

# KUR'ĀNI ENTUKUVU

Mu Luganda

Efulumizibbwa
Ahmadiyya Muslim Association, Uganda

2007

## KUR'ĀNI ENTUKUVU MU LUGANDA

# THE HOLY QUR'AN— ARABIC TEXT AND LUGANDA TRANSLATION

First Published in Uganda in 1974 Reprinted in UK in 1984 Present Revised Edition Published in UK 2007

#### © ISLAM INTERNATIONAL PUBLICATIONS LIMITED.

Published by: Islam International Publications Limited "Islamabad" Sheephatch Lane Tilford, Surrey GU10 2AQ United Kingdom

Printed at Willam Clowes UK

ISBN:1 85372 798 9

For further information please contact:

Ahmadiyya Muslim Association (Plot No. 66 Bombo Road) P.O. Box 98, KAMPALA UGANDA

Tel: 0414530802 Fax: 0414530403

Ahmadiyya Muslim Association (Plot No. 27 Gokhle Road, East) P.O. Box 95 JINJA UGANDA Ahmadiyya Muslim Association (Plot No. 70 Kumi Road) P.O. Box 1733 MBALE UGANDA

# Endagiriro

No. Essuula	Olupapula	No. Essuula	Olupapula
Ennyanjula	f	38. Şād	465
1. Al-Fātiḥah	1	39. Al-Zumar	472
2. Al-Baqarah	2	40. Al-Mu'min	481
3. Al-'Imrān	47	41. Ḥā Mīm Sajdah	491
4. Al-Nisā	73	42. Al-Shūrā	498
5. Al-Mā'idah	103	43. Al-Zukhruf	505
6. Al-An'ām	123	44. Al-Dukhān	513
7. Al-A'rāf	145	45. Al-Jāthiyah	517
8. Al-Anfāl		46. Al-Aḥqāf	
9. Al-Taubah	180	47. Muḥammad	
10. Yūnus		48. Al-Fatḥ	
11. Hūd		49. Al-Ḥujurāt	
12. Yūsuf		50. Qāf	
13. Al-Ra'd		51. Al-Dhāriyāt	
14. Ibrāhim		52. Al-Ṭūr	
15. Al-Ḥijr		53. Al-Najm	
16. Al-Naḥl		54. Al-Qamar	
17. Bani Isrā'il		55. Al-Raḥmān	
18. Al-Kahf		56. Al-Wāqi'ah	
19. Maryam		57. Al-Ḥadid	
20. Ţā Hā		58. Al-Mujādalah	
21. Al-Anbiyā		59. Al-Ḥashr	
22. Al-Ḥajj		60. Al-Mumtaḥinah	
23. Al-Mu'minūn		61. Al-Şaff	
24. Al-Nūr		62. Al-Jumuʻah	
25. Al-Furqān		63. Al-Munāfiqūn	
26. Al-Shu'arā'		64. Al-Taghābun	
27. Al-Naml		65. Al-Ṭalāq	
28. Al-Qaşaş		66. Al-Tahrim	
29. Al-'Ankabūt		67. Al-Mulk	
30. Al-Rūm		68. Al-Qalam	
31. Luqmān		69. Al-Ḥāqqah	
32. Al-Sajdah		70. Al-Maʻārij	
33. Al-Aḥzāb		71. Nūḥ	
34. Saba'		72. Al-Jinn	
35. Fātir		73. Al-Muzzammil	
36. Yā Sīn		74. Al-Muddaththir	
37. Al-Ṣāffāt		75. Al-Qiyāmah	

No. Essuula	Olupapula	No. Essuula	Olupapula
76. Al-Dahr	618	98. Al-Bayyinah	648
77. Al-Mursalāt	621	99. Al-Zilzāl	
78. Al-Naba'	624	100. Al-'Adiyāt	650
79. Al-Nāzi'āt	626	101. Al-Qāri 'āh	650
80. 'Abasa	628	102. Al-Takāthur	651
81. Al-Takwir	630	103. Al- 'Asr	651
82. Al-Infițār	631	104. Al-Ḥumazah	652
83. Al-Tatfif	632	105, Al-Fil	652
84. Al-Inshiqāq	634	106. Al-Quraish	653
85. Al-Burūj	635	107. Al-Mā'ūn	653
86. Al-Ṭāriq	637	108. Al-Kauthar	654
87. Al-A'lā	638	109. Al-Kāfirūn	654
88. Al-Ghāshiyah	639	110. Al-Nasr	654
89. Al-Fajr	640	111. Al-Laḥab	655
90. Al-Balad	642	112. Al-Ikhlāş	655
91. Al-Shams	643	113. Al-Falaq	656
92. Al-Lail		114. Al-Nās	
93. Al-Duḥā	645	Duwa Gy'osoma Nga Omaze	
94. Al-Inshirāh	645	Entukuvu	
95. Al-Tin	646	Amakulu G'ebimu Ku Bigam By'Oluwarabu	
96. Al-'Alaq	647	Endagiriro Ya Āya Za Kur'ā	
97. Al-Qadr	648	Elidagiillo Ta Aya Za Kur a	ши 660

### Note:

\* Buli awali akabonero ako kiba kitegeeza nti waliwo ennyinyonnyola eweereddwa ku nsonga eyo.



## **ENNYANJULA**

Okubikkulirwa Nabbi Muhammad (s.a.w) kwe yafuna okuva eri Allah mu bigambo bya Allah byennyini kwe kuyitibwa Kur'āni Entukuvu era kwaali mu lulimi Luwarabu. Kur'āni yakkanga mpolampola mu bitundutundu okumala ebbanga lya myaka 23. Kino kyasobozesa abamu ku bagoberezi be okugikwaata yonna ku mwoyo. Ekyo ky'ekimu ku by'amagero bya Kur'āni. Kino ky'ekitabo kyokka Allah kye yasuubiza Ye yennyini okukikuuma, ebigambo bya kyo bireme kukyuusibwakyuusibwa nga eby'ebitabo eby'eddiini endala bwe bigenda bikyuusibwakyuusibwa, (Soma Kur'āni: 4:83, 15:10). Ekyo Allah yakituukiriza, kuba n'okutuusa kati tewabangawo nnukuta wadde emu eyali eyongeddwa mu Kur'āni oba okukendeezebwa; wabula ekyaali nga bwe yassibwa ku Nabbi Muhammad (s.a.w).

Ekibiina ky'Abasiraamu ab'Ahmadiyya ky'efunyiridde ku mulimu gw'okuvvuunula Kur'āni Entukuvu mu nnimi ez'enjawulo mu nsi yonna. Kur'āni embereberye mu Luganda yafulumizibwa mu mwaka 1960. N'eddamu n'efulumizibwa mu mwaka 1974 ne mu 1984. Ku mulundi guno, tugifulumizza nga eriko n'endagiriro (Index) eyamba omusomi okunoonya Āya gy'aba ayagala .

Twebaza nnyo abo bonna abenyigira mu mulimu gw'okuvvuunula okuviira ddala ku Juzu eyasooka, n'abo abazze bagyekenneenya okutuuka ku lufulumya luno. Tusaba Allah abasaasire n'abantu baabwe era abasasule ekibagwaanira, Amiina.



#### **AL-FĀTIḤAH**

#### (Yakka lubereberye lwa Hijra)

1. Ku lw'erinnya lya Allah, Omusaasizi ennyo,Ow'ekisa ekingi.

في بشيما مله والدَّحْمُنِ الرَّحِيْمِ ()

2. Amatendo gonna amalungi ga Allah, Mukama w'ebitonde byonna.

ٱلْحَمْدُ يِتْهِ رَبِّ الْعُلَمِيْنَ ﴿

3. Omusaasizi ennyo, Ow'ekisa ekingi.

الرَّحْمٰنِ الرَّحِيْمِ (﴾

4. Mukama w'olunaku lw'okulamulirwako.

مْلِكِ يَوْمِ الدِّيْنِ أَ

5. Ggwe wekka Ggwe tusinza era Ggwe wekka Ggwe tusaba obuyambi.

رِيًّا كَ نَحْبُهُ وَرِيًّا كَ نَشْتَعِيْنُ أَ

6. Tulung'amye mu kkubo eggolokofu—

ا هد نا الصِراط الْمُسْتَقِيْمَنُ

7. Ekkubo ery'abo be wawa ebyengera, eritali ly'abo abaasunguwalirwa,\* wadde abaabula.

صِرَاطَ الَّذِيْنَ آنْعَمْتَ عَلَيْهِمْ الْهُ فَيُولِهُ الْمُعْفُوبِ عَلَيْهِمْ وَلَا الصَّالِيْنِينَ فَي فَيُ

<sup>1:7.</sup> Ekigambo 'Maghdhuubi' (مَنْضُوْب) ekitegeeza 'abaasunguwalirwa',wano tekitegeeza busungu bwa Allah bwokka, wabula kizingiramu n'obusungu bw'abantu.

#### AL-BAOARAH

(Yakka luvannyuma lwa Hijra)

- 1. Ku lw'erinnya lya Allah, Omusaasizi ennyo, Ow'ekisa ekingi.
- بِشمِ اللهِ الرَّحْمٰنِ الرَّحِيْمِ ()

2. Alif Lām Mim\*.

کوعاتها ٤٠

المَّةِ اللَّمِّ اللَّهِ اللَّهِ اللَّهِ

- 3. Kino ky'Ekitabo ekituukirivu ekitaliimu kubuusabuusa kwonna, bwe bulung'amu eri abatya Allah,
- الْمُ الْكِتُكُ الْكِتُكُ لَا رَيْبَ الْمُ فِيْهِ مُدُمَّى لِّلْمُتَّقِبُنِيُّ
- 4. Abo abakkiriza n'ebitalabika era ne bajjumbira essaala era ne batoola ne kw'ebyo bye twabawa;
- الزين يُؤمِنُونَ بِالْغَيْبِ وَ يُقِيْمُوْنَ الصَّلْوِةَ وَمِمَّا رَزَقُنْهُمْ اينوقة قال
- 5. N'abo abakkiriza ebyo ebyassibwa gy'oli n'ebyassibwa olubereberye lwo. n'ebyoluvannyuma bo babikakasa.
- وَالَّذِيْنَ يُؤْمِنُونَ بِمَآأُنْزِلَ إِلَيْكَ وَ مَآ ٱنْزِلَ مِنْ قَبْلِكَ \* وَبِالْأَخِرَةِ هُـهُ يُورِقِنُونَ۞
- 6. Abo nno be bali ku bulung'amu obuva eri Mukama waabwe era abo be b'okuganyulwa.
- ٱولَيْنَكَ عَلَى هُدًى مِنْ دُرِيِّهِ هُو وَٱولَيْكَ هُمُ الْمُقْلِحُونَ ﴿
- 7. Mazima abo abeerema ky'ekimu gye bali, bw'obalabula oba ne bw'otabalabula, si baakukkiriza.
- إِنَّ الَّذِيْنَ كُفَرُوْا سَوْآءُ عَلَيْهِمْ يَ آنذَ (تَهُمْ آمْ لَمْ تُنْذِدُهُمْ لَا يُؤْمِنُونَ ٧
- 8. Allah yassa envumbo ku mitima gyabwe ne ku matu gaabwe. Ne ku maaso gaabwe kuliko ekibikka, era balifuna ekibonerezo ekisukkirivu.
- خَتَمَ اللَّهُ عَلَى قُلُوْ بِهِمْ وَعَلَى سَمْعِهِمْ وَ وَعَلَىٰ ٱبْصَارِهِ مْغِشَاوَةُ وَلَهُمْ عَذَابُ

#### Ruku 2

وَمِنَ النَّاسِ مَنْ يَتَقُولُ المِنَّا بِاللَّهِ وَبِالْيَوْمِ إُ الْأَخِرِوَمَا هُمْ بِمُؤْمِنِيْنَ أَ

9. Era mu bantu mulimu abagamba nti:Tukkiriza Allah n'olunaku lw'enkomerero, so nga si bakkiriza.

2. Nze Allah amanyi byonna.

- 10. Mbu babuzaabuza Allah n'abo abakkiriza, naye tebabuzaabuza mulala wabula beebuzaabuza bokka, naye tebategeera.
- 11. Mu mitima gyabwe mulimu obulwadde, kale ne Allah yabongerako obulwadde; era balinayo n'ekibonerezo ekirumya olw'ebyo bye baalimbanga.
- 12. Era bwe bagambibwa nti: Temutabulatabula mu nsi, bagamba nti: Mazima ffe tuli baleesi ba mirembe.
- 13. Mwetegereze, ddala bo be batabuzitabuzi, naye tebategeera.
- 14. Era bwe bagambibwa nti: Mukkirize ng'abantu *abalala* bwe bakkiriza, bagamba nti: Abaffe, tukkirize ng'abasiru bwe bakkiriza? Mwetegereze, ddala bo be basiru, naye tebamanyi.
- 15. Era bwe basisinkana n'abo abakkiriza, bagamba nti: Tukkiriza. Naye bwe baba bokka eri balukulwe baabwe, bagamba nti: Mazima tuli wamu nammwe; ddala ffe tuguyaaguya buguyaaguya.
- 16. Allah alibabonereza olw'okuguyaaguya kwabwe era abaleka ne beeyongera mu bujeemu bwabwe, nga bawunaawuna.
- 17. Abo nno be bo abaawaanyisa obubuze mu bulung'amu; naye obusuubuzi bwabwe tebwagobolola wadde tebaali balung'amu.
- 18.Embeera yaabwe ering'anga ey'oli eyakuma omuliro; kale bwe gwamulisa ebimwetoolodde, Allah n'ajjawo obutangaavu bwabwe n'abaleka mu kizikiza ekikwafu nga tebalaba.

يُخْوِعُونَ اللهَ وَ الَّذِينَ أَمَنُوْا مِ وَمَا يَخُوعُونَ اللهَ وَ الَّذِينَ أَمَنُوْا مِ وَمَا يَخُوعُونَ اللهَ وَالْمَايَشُهُمُ وَمَا يَشُعُرُونَ أَنْ اللهُ عَوْنَ اللهُ عَلَى اللّهُ عَلَى اللهُ عَلَى اللهُ عَلَى اللهُ عَلَى اللّهُ عَلَى اللهُ عَلَى ال

فِيْ فُكُوْ بِهِمْ شَرَضٌ افْزَا دَهُمُ اللّهُ مَرَضًا وَكُهُمْ عَذَا بُ اللّهُ أَلِيمًا كَانُوْا يَكُذِ بُوْنَ (()

وَ إِذَا قِيْلَ لَهُ هَلَا تُفْسِدُ وَافِ الْاَرْضِ الْالْاِيْنِ الْاَرْضِ الْوَارْضِ الْاَرْضِ الْوَارْضِ الْاَرْدِيْنِ الْوَارْضِ الْوَارِقِ الْوَارِقِ الْوَارْضِ الْوَارْضِ الْوَارِقِ الْوَارْفِي الْوَارِقِ الْمِنْ الْمُنْفِي الْمِنْ الْوارْفِي الْوَارِقِ الْوَارِقِ الْفِي الْمُنْفِي الْوَارِقِ الْمِنْ الْوَارِقِ الْمُنْفِي الْمُنْفِي الْفِي الْوَارِقِ الْمُنْفِي الْمُنْفِي الْمُنْفِي الْمُنْفِي الْمُنْفِقِي الْمُنْفِي الْمُنْفِي الْمُنْفِقِي الْمُنْفِي الْمُنْفِقِي الْمُنْفِي الْمُنْفِقِي الْمُنْفِي الْمُنْفِقِ

ٱلآرا تَّهُمُ هُمُ الْمُفْسِدُوْنَ وَلٰكِنَ ۗ ۗ يَشْعُرُوْنَ

وَا ذَا قِيْلَ لَهُ هَ أَمِنُوا كُمَّا أَمِنَ النَّاسُ قَالُوْا اَنُؤُمِنُ كُمَّا أَمِنَ السُّفَقَاءُ مَ اَلَا اَنَّهُ هُمُهُمُ السُّفَقَاءُ وَلٰكِنْ ؟ يَعْلَمُوْنَ ۞

وَرِذَا لَقُوا الَّـزِيْنَ اَمَنُوْا ظَالُوْا اَمَنَّا ﷺ وَلِذَا خَلُوْا إِلَىٰ شَيْطِيْنِهِ هِ \* كَالُوْا إِنَّا مَحَكُمُ " إِنَّمَا زَحْنُ مُشْتَهْزِءُوْنَ⊙

الله يَسْتَهْزِئُ بِهِمْ وَ يَمُدُّهُمْ فِيْ طُعْيَانِهِمْ يَفُ

اُولَٰئِكَ الَّذِيْنَ اشْتَرَوُا الضَّلْلَةَ بِالْهُدٰى وَمَارِبِحَثْ رِّجَارَتُهُمْوَ مَا كَانُوْا مُهْتَدِيْنَ

مَثَلُهُمْ كَمَثَلِ الَّذِى اسْتَوْقَهُ تَارًا مَ فَلَمَّآ اَضَآءَتْ مَا حَوْلَهُ ذَهَبَ اللَّهُ بِنُوْرِهِمْ وَ تَرَكَهُمْ فِيْ ظُلُمْتٍ كَا يُنُورِهِمْ وَ تَرَكَهُمْ فِيْ ظُلُمْتٍ كَا يُبْصِرُوْنَ ۞

- 19. Bakiggala, bakasiru *era* bamuzibe; bwe batyo si baakudda .\*
- 20. Oba ering'anga enkuba ey'amaanyi eva mu bire nga erimu ekizikiza ekikwafu ne laddu n'okumyansa, *abantu* ne bassa ennwe zaabwe mu matu gaabwe olw'okubwatuka *mbu* nga beekeka okufa; naye Allah yeebunguludde abatakkiriza.
- 21. Okumyansa kumpi kubakwakkulemu okulaba kwabwe. Buli lwe kubamyansiza, bakutambuliramu; naye bwe kubazikirako, nga bayimirira. Naye singa Allah yayagala, yaaliggyeewo okuwulira kwabwe n'okulaba kwabwe. Mazima Allah ye w'Obuyinza ku buli kimu

#### Ruku 3

- 22. Abange mmwe abantu, musinze Mukama wammwe Oyo eyabatonda mmwe n'abolubereberye lwammwe, mulyooke mwekuume.
- 23. Oyo eyabakolera ensi okuba ekyaliiro n'eggulu okuba akasolya, era n'atonnyesa amazzi okuva mu bire n'agamezesesa ebibala nga by'ebyokulya byammwe. Kale temuteerangawo Allah bavuganya naye, so nga mutegeera.
- 24. Era bwe muba nga mulinamu okubuusabuusa kw'ebyo bye twassa ku Muweereza waffe, kale nammwe muleteyo essuula egifaanana, era mukoowoole abayambi bammwe nga oggyeeko Allah, obanga muli ba mazima.
- 25. Naye bwe mutaakikole era nga bwe mutalikikolera ddala kale mwerinde omuliro ogwo enku za gwo bantu na mayinja ogwategekerwa abatakkiriza.

صُمُّ بُكُمُ عُمْيُ فَهُمْ لا يَرْجِعُونَ أَنَّ الْكُمْ عُمْيُ فَهُمْ لا يَرْجِعُونَ أَنَّ الْكُمْتُ الْأَكْمَ يَبْعَلُونَ اصَابِعَهُمْ وَآنَ السَّمَاءِ فِيهِ طُلُمْتُ وَآنَ عُمْرَ السَّوَاعِقِ حَذَرَ الْكُورِيْنَ وَاللَّهُ مُحِيْطٌ بِالْكُورِيْنَ وَاللَّهُ مُحَيْطٌ بِالْكُورِيْنَ وَاللَّهُ كُلُّمَ الْمُنْ الْمُعَلِيهِمْ قَامُوا وَلَوْشَاءً اللَّهُ لَكُمْ مَلِيهِمْ وَالْمُعَلِيهِمْ وَالْمُعَلِيهِمْ وَاللَّهُ لَكُورِيْنَ فَيْ يَعْمُ وَالْمُ اللَّهُ اللَّهُ عَلَيْهِمْ فَامُوا وَلَوْشَاءً اللَّهُ لَذَهُ لَا يَعْلَى اللَّهُ عَلَيْهِمْ قَامُوا وَلَوْشَاءً اللَّهُ لَا مُعْلَى مِنْ مُعِيمُ وَا اللَّهُ عَلَيْهِمْ وَاللَّهُ اللَّهُ اللَّهُ عَلَيْهِمْ قَامُوا وَلَوْشَاءً اللَّهُ لَا مُعْلَى مُنْ اللَّهُ عَلَيْهِمْ وَالْمُعَلِيهِمْ وَا اللَّهُ عَلَيْهِمْ وَاللَّهُ عَلَيْهِمْ وَالْمُعْلِيهِمْ وَالْمُعْلِقُولُ اللَّهُ عَلَيْهُمْ وَاللَّهُ عَلَيْهُمْ وَالْمُ اللَّهُ عَلَيْهُمْ وَالْمُولِ اللَّهُ عَلَيْهُمْ وَالْمُ الْمُعْلِقُولُ الْمُعْلِقُولُ اللَّهُ عَلَيْهُمْ وَالْمُ اللَّهُ عَلَيْهُمْ وَالْمُ اللَّهُ اللَّهُ عَلَيْهُمْ وَالْمُ الْمُعْلِيلُولُ اللَّهُ عَلَيْهُمْ وَالْمُ اللَّهُ عَلَى اللَّهُ عَلَى اللَّهُ عَلَيْهِمْ وَالْمُ اللَّهُ عَلَى اللَّهُ عَلَى اللَّهُ عَلَيْهُمْ اللَّهُ اللَّهُ عَلَى اللَّهُ عَلَى اللَّهُ عَلَى اللَّهُ عَلَيْهُ اللَّهُ اللَّهُ اللَّهُ عَلَيْهُ اللَّهُ عَلَى اللَّهُ عَلَى اللَّهُ اللَّهُ اللَّهُ اللَّهُ اللَّهُ عَلَى اللَّهُ الْمُعْلِقُولُ اللَّهُ اللَّهُ اللَّهُ اللَّهُ اللَّهُ عَلَى اللَّهُ الْمُعْلِقُولُ اللْمُعِلَى الْمُعْلِقُولُ الْمُعْلِقُولُ الْمُلْعُلُولُ الْمُؤْلِقُولُ الْمُعْلِقُولُ الْمُعْلِقُولُ اللَّهُ الْمُعْلِقُولُ الْمُعْلِقُولُ الْمُعْلِقُولُ الْمُعْلِقُولُ الْمُعْلِقُولُ الْمُعْلِقُولُ الْمُعْلِقُولُ الْمُعُلِقُولُ الْمُعْلِقُولُ الْمُعْلِقُلُولُ الْمُعُلِقُلُولُ الْمُعْلِقُلُولُ الْمُعْ

يَّا يَّهُا النَّاسُ اعْبُدُ وَا رَبَّكُمُ الَّذِيُ الَّذِيُ الَّذِيُ الَّذِيُ الَّذِي الَّذِي الَّذِي الَّذِي اللَّذِي اللَّاكُمُ الَّذِي مِنْ قَبْلِكُمْ لَعَلَّكُمْ الَّذِينَ مِنْ قَبْلِكُمْ لَعَلَّكُمْ الَّذِينَ مِنْ قَبْلِكُمْ لَعَلَّكُمْ اللَّذِينَ مِنْ قَبْلِكُمْ لَعَلَّكُمْ اللَّذِينَ مِنْ قَبْلِكُمْ اللَّذِينَ مِنْ اللَّهُ اللَّذِينَ مِنْ اللَّهُ الللْلِهُ اللَّهُ الللْلِهُ الللْلِلْمُ اللْعُلِمُ الللْلِلْمُ الللْلِهُ اللْمُلْمُ اللَّهُ اللْمُلْلِلْمُ اللْمُلِي اللْمُولِلْمُ اللللْمُلِلْمُ اللْمُولِلْمُ اللللْمُلِلْمُ الل

النَّذِيْ جَعَلَ لَكُمُ الْاَرْضَ فِرَاشًا وَّالسَّمَاءَ بِنَاءُ وَ اَنْزَلَ مِنَ السَّمَاءِ مَاءً فَا خُرَجَ بِهِ مِنَ الثَّمَرْتِ رِزْقًا تَكُمْ عَ فَلَا تَجْعَلُوا بِللّٰهِ اَنْدَا دَا وَ اَنْتُمْ تَعْلَمُونَ ﴿ وَإِنْ كُنْتُمْ فِيْ دَيْبٍ مِّمَّا لَزُلْنَا عَلَى عَبْدِنَا فَانْتُوا بِسُورَةً مِّنْ وَقِمْ لِمِنْ اللهِ مِنَ اذْ عُوا شُهَداً عَلَمْ مِنْ دُونِ اللهِ إِنْ كُنْ تُمُ صَدِق مِنْ ﴿

فَإِنْ لَكُمْ تَفْعَلُوْا وَ لَنْ تَفْعَلُوْا فَاتَّقُوا النَّارَ الَّذِيْ وَقُودُهَا النَّاسُ وَ الْحِجَارَةُ ﴾ أعِدَّ شُ لِلْخُفِرِيْنَ⊚

<sup>2:19:</sup> Aya eno ekwata ku mbeera y'abannanfuusi ey'okugaana amazima nga tebaagala kugawuliriza,kugalaba wadde okugoogera. Olw'okuba bino babikola mu bugenderevu, olwo bo bennyini baba beggaliddewo omulyango gw'okulung'ama n'emikono gyabwe gyennyini.

26. Era wa amawulire ag'essanyu abo abakkiriza era ne bakola ebikolwa ebirungi nti ddala balifuna ensuku ezikulukutamu emigga wansi waazo. Buli lwe baliweebwa ku bibala ebizivaamu nga by'ebyokulya, baligamba nti: Bino by'ebyo bye twaweebwanga n'olubereberye; so nga balireeterwa bibifaanana. Era balifuniramu ne bannaabwe abaatukuzibwa, era bo omwo mwe balibeera.

27. Mazima Allah takwatibwa nsonyi okuleeta eky'okulabirako ne bwekiba ng'akabu oba ekikasingako *obutono*. Naye bo abakkiriza bamanya nti ddala ago ge mazima agava eri Mukama waabwe. Ate bo abatakkiriza bagamba nti: Allah agenderedde ki mu ky'okulabirako kino? Bangi abasalira okubula olw'ekyo, ate bangi abalung'amya olw'ekyo; naye tasalira yenna kubula olw'ekyo okuggyako aboononefu,

28. Abo abamenya endagaano ya Allah oluvannyuma lw'okugikakasa era ne bakutula n'ebyo Allah bye yalagira biyungibwe, era ne batabulatabula mu nsi; abo nno be اَنْ يَبُوْصَلَ وَيُفْسِدُونَ فِي الْكَارْضِ الْكَارِيْنِ الْكَارْضِ الْكَارِيْنِ الْكَارْضِ الْكَارِيْنِ الْكَارْضِ الْكَارِيْنِ الْكَارِيْنِ الْكَارْضِ اللَّهِ اللَّهِ اللَّهِ اللَّهُ اللَّالِي اللَّهُ ال b'okufaafaaganirwa.

29. Muyinza mutya okwegaana Allah so nga mw'ali temulina bulamu, n'abawa obulamu, n'oluvannyuma y'alibafiisa, nate era y'alibazuukiza; n'oluvannyuma gy'ali gye mulizzibwa?

30. Ye y'eyabatondera ebyo ebiri mu nsi byonna; n'oluvannyuma n'ayolekera eri eggulu, n'ayooyoota emigigi gy'eggulu musanvu; era Ye ye Mumanyi wa buli kimu. وَ بَشِّرِا لَّذِيْنَ إِمَنُوْا وَعَصِلُوا الصَّالِحُتِ آتًا لَهُمْ جَنَّتٍ تَجْرِيُّ مِنْ تَخَيِّهَا اللاَنْهُوا عُلَّمَا رُزِّقُوا مِنْهَا مِنْ كَمَرَةٍ رِّزْقًا قَا لُوْاهٰ ذَا الَّذِي رُزِ قَنَا مِنْ قَبْلُ وَٱتُوْابِهِ مُتَشَابِهًا ، وَلَهُمْ فِيْهَا آزُوَاجُ مُّطَهِّرَةُ يَهِ وَّهُمُ هُ فِيْهَا خلدۇن

إِنَّ اللَّهَ لَا يَشْتَحْيَ آَنْ يَضْرِبَ مَثَلًا مًّا بَعُوْضَةً فَمَا فَوْ كَهَا ﴿ فَامُّنَّا الَّذِيْنَ اْمَنُوْ ا**نْ**يَعْلَمُوْكَ ٱنَّـهُ الْمَقُّ مِنْ رَّبِيهِمْ وَآمًّا الَّذِيْنَ كُفَرُوْا فَيَتَقُولُونَ مَاذَّآ لَيْ آرَادَا ملتُهُ بِلْهَ أَمَثَلًام يُضِلُّ بِهِ كَثِيْرً دَّيَهُ دِيْ رِسِهِ كَنِيْرًا وَمَا يُضِلُّ بِهَ الداكفسقين الله

ٵڴڂۣؽڽٙؽؽڠڞؙۅٛڽۘڠۿۮٳٮڵٚۄڡ۞ؚۘؠۘڠڔ مِيْثَاقِهِ مِ وَيُقَطِّعُونَ مَآامَرَ اللَّهُ بِهَ اُولَيْكَ هُمُ الْخِيسِ وُن ١٠

كَيْفَ تَكْفُرُوْنَ بِاللَّهِ وَكُنْتُمْ آمْوَاتًا فَآهَيَا كُمْءَثُمَّ يُمِيْتُكُمْ ثُمَّ يُحْبِيْكُمْ ثُمَّالِيهِ تُرْجَعُونَ

هُوَ الَّذِيْ خَلَقَ لَكُمْ مَّا فِي الْأَرْضِ جَمِيْعًا لَهُ ثُمَّ اسْتَوْكَ إِلَى السَّمَاءِ فَيسَوّْ مَهُنَّ سَبْعَ سَمُوْتِ ، وَهُوَ بِكُلِّ

#### Ruku 4

- 31. Era awo Mukama wo bwe yagamba ba malayika nti: Ng'enda kussaawo omusigire mu nsi, baagamba nti: Abaffe, onoogissaamu oyo anaatabulatabula mu yo n'okuyiwa omusaayi, so nga ffe tukugulumiza n'amatendo go era tukkiriza obutukuvu bwo? N'agamba nti: Mazima Nze mmanyi mmwe bye mutamanyi.
- 32. Era yayigiriza Adamu amannya gonna, n'oluvannyuma ab'okugalaga n'abooleka ba malayika n'agamba nti: Kale muntegeeze amannya ga bano, obanga mwogera mazima.
- 33. Nebagamba nti: Obutuukirivu bubwo! Tetulina kumanya kwonna okuggyako okw'ebyo bye watuyigiriza. Mazima Ggwe کَلَمْتَنَا الْحَلِيْمُ الْحَلِيْمُ الْحَكِيْمُ الْحَكِيْمُ الْحَكِيْمُ Mumanyi wa byonna, Omugezi ennyo.
- 34. N'agamba nti: Owange Adamu, bategeeze amannya gaabwe. Kale awo bwe yabategeeza amannya gaabwe, n'agamba nti: Abaffe, ssaabagambye nti ddala Nze mmanyi eby'enkiso eby'omu ggulu ne mu nsi era nti mmanyi ebyo bye mwoleka ne bye mukisa?
- 35. Era awo bwe twagamba ba malayika nti: Mugondere Ādamu, kale bonna baagonda okuggyako Ibilis, ye yagaana ne yeekuza; era yali mw'abo abatakkiriza.
- 36. Netugamba nti: Owange Ādamu, ggwe ne mukyala wo mubeere mu lusuku *olwo* era mulye mu lwo mu bungi wonna nga bwe mwagala, naye temusembereranga omuti guno, si kulwa nga muba mu bakyaamu.
- 37. Naye bombi Sitaani yabaseereza ku lwa gwo, kale n'abajja mu *mbeera* gye baalimu. Netugamba nti: Muveemu, abamu mu mmwe balabe ba balala. Era mulina obubudamo mu nsi n'ebyokukozesa okumala ekiseera.
- 38. Olwo Adamu n'ayiga ebigambo by'okusaba okuva eri Mukama we,

وَإِذْ قَالَ رَبُّكَ لِلْمَلْئِكَةِ إِنِّي جَاعِلُ فِ الْأَرْضِ خَلِيْفَةً ﴿ قَالُوْا ٱ تَجْعَلُ فِيْهَا مَنْ يُفْسِدُ فِيْهَا وَ يَسْفِكُ الدِّمَاءَ ، وَ نَحْنُ نُسَبِّحُ بِحَمْدِكَ وَ نُقَرِّسُ لَكَ ﴿ قَالَ رَبِّيْ آعْلَمُ مَا لَا تَعْلُمُوْ كَنْ

وَعَلَّمَ أَدَ مَا لَا شَمَّاءَ كُلَّهَا ثُمَّ عَرَضَهُمْ عَلَى الْمَلْئِكَةِ 'فَقَالَ آنْبِئُونِيْ بِٱسْمَاءِ هَوُ لَاءران كُنْتُم طرِ قِيْنَ @

قَالُوْا سُبْلِهُ لَكَ لَا عِلْمَ لَنَاۤ إِلَّا مَا

قَالَ يَبَاءَ مُآثَبِئُهُمْ بِٱسْمَائِهِمْ فَلَقَّآ ٱنْبَا هُمْ مِاسْمَا يُهِمْ الْكَالَاكُمْ ٱقُلْ لَّكُمْ إِنِّيْ أَعْلَمُ غَيْبَ السَّمُوٰتِ وَ الْاَرْضُ وَآعْلَمُ مَا ثُيْدُوْنَ وَمَا كُنْتُمْ تَكْتُمُوْنَ 🟐

وَإِذْ قُلْنَا لِلْمَلْئِكَةِ اسْجُدُوْا لِأَدَمَ فَسَجَدُونَ اللَّهُ إِبْلِيْسَ و أَبِي وَ ا شتك بَر أَهُ وَكَانَ مِنَ الْكُفِرِيْنَ ۞ وَقُلْنَا يَا دَمُ اسْكُنْ آنْتَ وَ زَوْجُكَ الْچَنَّةَوَكُلامِنْهَارَغَدًّاحَيْثُ شِئْتُمَاً وَلَا تَقْرَبُاهُ إِلَّا لِشَّجَرَةً فَتَكُوْ نَامِنَ الظّلِمِينَ 😙

فَأَزَلُّهُمَا الشَّيْطِيُّ عَنْهَا فَأَخْرَجُهُمَا مِمَّاكَا نَا فِيْ مِ وَقُلْنَا اهْبِطُوْا بَعْضُكُمْ لِبَعْضِ عَدُوُّ مِوَلَكُمْ فِي الْارْضِ مُسْتَقَرُّوَّ مَتَاعُولِ فِين

فَتَكَثَّى أَدَمُ مِنْ رَّبِّهِ كَلِيمْتٍ فَتَابَ

مُ كَلَيْهِ وَإِنَّهُ هُوَالتَّوَّابُ الرَّحِيدُهُ n'amuddiramu. Mazima Ye ye Nannyini هَلَيْهِ وَإِنَّهُ هُوَالتَّوَّابُ الرَّحِيدُهُ kuddiramu, Ow'ekisa ekingi.

- 39. Netugamba nti: Mwenna muluveemu. Naye bwe mulituukibwako obulung'amu obuva gyendi, kale abo abaligoberera obulung'amu bwange, tebaliba na kutya kwonna wadde tebalinakuwala.
- 40 Naye abo abatalikkiriza nebalimbisa Aya zaffe, abo nno be bantu b'omuliro; bo mu gwo mwe balibeera.

#### Ruku 5

- 41. Abange mmwe abaana ba Isirairi, mujjukire ebyengera byange bye nnabawa era mutuukirize endagaano yange, nange ndituukiriza endagaano yammwe, era Nze nzekka gwe muba mutya.
- 42. Era mukkirize ebyo bye nassa ebikakasa ebyo ebiri nammwe, era temuba ababereberye okubigaana, era temuwaanyisanga bubonero bwange mu muwendo omutono era mutye Nze nzekka.
- وَلَا تَكُبِيسُواا لَحَقَّ بِا لَبَاطِلِ وَتَكُنُّهُوا 43. Era temutabikanga mazima na bulimba nemukisa amazima, so nga mumanyi.
- 44. Era mujjumbirenga essaala era mutoole zaka, era mukutamirenga wamu n'abo abakutama.
- 45. Abaffe, mulagira abantu okukola obulungi naye nemwerabira emyoyo gyammwe ng'ate mmwe musoma Ekitabo; abaffe temutegeera?
- 46. Era obuyambi mubusabenga na kugumiikiriza n'essaala; naye ddala kino kizibu nnyo okuggyako eri abeetoowaza,
- 47. Abo abakakasa nti ddala balisisinkana ne Mukama waabwe, era nti ddala gy'ali gye balidda.

#### Ruku 6

mujjukire ebyengera byange ebyo bye الَّتِينَ ٱنْعَمْتُ عَلَيْكُمْ وَ ٱنِّي الْبَعْمَتُ عَلَيْكُمْ وَ ٱنِّي الْبَعْمَتُ الْبَعْمَةُ عَلَيْكُمْ وَ أَنِّي bantu abaaliwo.

قُلْنَا اهْبِطُوْا مِنْهَا جَمِيْعًا \* فَإِمَّا يَاْتِيَنَّكُمْ مِّنِيْ هُدًى فَمَنْ تَبِعَ هُدَايَ فَلَاخَوْفُ عَلَيْهِمْ وَلَاهُمْ يَحْزَنُونَ 🕤 وَ الَّذِيْنَ حَفَرُوا وَ كُذَّ بُوا بِالْيَتِنَّا أولَعْكَ أَصْلِحُكُ النَّارِمِ هُمْ فِيْهَا 

يْبَيْنَ إِسْرَاءِ يُلُ اذْ كُرُوْا رِنحْمَتِي الَّتِينَ ٱنْعَمْتُ عَلَيْكُمْ وَ ٱوْفُوْا بِعَهْدِينَ ٱۉڣۣؠۼۿڍڴۿ؞ۊٳؾٵؽۣڣٙٵۯۿؠؙۉڮ۞ وَامِنُوا بِمَا آنزَلْتُ مُصَدِّقًا لِمُمَا مَعَكُمْ وَلَا تَكُوْنُوْا أَوَّلَ كَافِرْ بِهِ وَ لاتشتروايا يري تمنا قليلاز ورياي

فَاتَّقُوْنِ۞ الْحَقِّ وَٱنْتُمْ تَعْلَمُوْنَ ﴿

وَاقِيْمُواالصَّلُوةَ وَأَتُواالزَّكُوةَ وَ ا ( كَعُوا مَعَ الرَّاكِويْنَ ١٠

آتَا مُرُوْنَ النَّاسَ بِالْبِرِّوَتَنْسَوْنَ آثفُسَكُمْ وَآثِتُمْ تَتُلُونَ الْكِتْبِ ﴿ آفَلَا تَعْقِلُوْنَ۞

وَا سُتَحِينُوا بِالصَّبْرِ وَالصَّلْوةِ وَ إِنُّهَا لَكِيدِيْرَةُ إِلَّاعَلَى الْخَشِعِيْنَ أَنَّ

ٵڴڿؽؽؾڟؙؾؙٛۉؽٲٮۜٞۿۮۺ۠ڶڠؙۉٵۮؠؚؖڡؚۿۘۘۅؙ ڰٙ۞۫ٛٵۜؾۜۿۿڔڵؽۑۅڒڿ۪ۼۉؽ۞

ىلىتىنىڭ اىسىراء ئىكا ذۇ گۇرۇ ايىخىمىتىي Abange mmwe abaana ba Isirairi, يىلى دۇ گۇرۇ ايىخىمىتى فَضَّلْتُكُمْ عَلَى الْعُلِّمِيْنَ ۞

49. Era mutye olunaku omwoyo lwe gutaligasa mwoyo mulala n'akatono, n'okuwolereza tekulikkirizibwa ku gwo, n'ekyenunulo tekiritwalibwa okuva gye guli; wadde tebaliyambibwa.

مَا ذَنَجَيْنُكُمْرِقِنَ الْ فِرْحَوْنَ يَسُومُونَكُمْ Era mujjukire nga bwe twabawonya وَا ذَنَجَيْنُكُمْ وَمُنْ الْ فِرْحَوْنَ يَسُومُونَكُمْ abantu ba Farāwo abaababonyabonya embonyabonya embi, nga batta batabani عَنْ الْعُذَابِ يُسَانِي مُحُوْنَ اَبْنَاءَكُمْ وَ bammwe nebalekawo bakazi bammwe; era mw'ekyo mwalimu ekigezo kisuffu okuva eri Mukama wammwe.

51. Era *mujjukire* nga bwe twayawulamu ennyanja ku lwammwe netubawonya, naye ne tusaanyaawo abantu ba Farawo nga ۞ن وَ ثَاثَا اللهِ وَاللهُ وَاللَّهُ مُنْ اللَّهُ وَاللَّهُ مُنْ اللَّهُ وَاللَّهُ مُنْ اللَّهُ مُنْ اللَّالِي مُنْ اللَّهُ مُ nammwe mulaba.

Mūsa ebiro amakumi ana naye oluvannyuma مَعْدَا تَعْدَا لَكُ مُنْ الْعِجْلُ مِنْ بَعْدِهِ وَ my'avuddewo mwatwala ennyana okugisinza, ne muba aboononyi.

نُمَّ عَفَوْنَا عَنْكُمْ مِّنْ بَعْدِ ذَٰلِكَ Nate twabasonyiwa oluvannyuma lw'ebyo, mulyooke mwebaze.

وَ إِذْ أَتَيْنَاكُا مُوْ سَى الْكِتْبَ وَ الْفُرْقَاقِ 54. Era mujjukire nga bwe twawa Mūsa Ekitabo n'obubonero obwawula, mulyooke mulung'ame.

55. Era *mujjukire* awo Mūsa bwe yagamba abantu be nti: Abange, mazima mweryazaabantu be nu: Abange, mazima mweryaza-ظلَمُنتُهُمَا نَفُسَكُمْ بِالِّتِهَا ذِكُمُ الْحِجْلَ amaanyizza mwekka olw'okutwala kwammwe ennyana *nemugisinza*; kale mwenenye eri Omutonzi wammwe, era mutte emyoyo gyammwe *emibi*, ekyo ky'ekisinga obulungi gyemuli mu maaso g'Omutonzi wammwe. Kale yabaddiramu, ddala Ye ye Nannyini kuddiramu, Ow'ekisa ekingi.

56. Era *mujjukire* awo bwe mwagamba nti: Owange Mūsa, tetujja kukukkiriza okutuusa lwe tunaalaba Allah ekyeere, kale okubwatuka kwabakangavvula nga nammwe mulaba.

57. Nate twabazuukiza oluvannyuma lw'okufa kwammwe, mulyooke mwebaze.

58. Era twafuula ebire okuba ekisiikirize waggulu wammwe era netubassiza Manna ne Saliwa. Mulye ku birongoofu ebyo bye

وَا تَتَقُوا يَوْمًا لَا تَجْزِيْ نَفْسُ عَنْ سِ شَيْعًا وَ لَا يُقْبَلُ مِنْهَا شَفَاعَةً وَّ لَا يُؤْخَذُ مِنْهَا عَدْلُ وَّ لَا هُـمْ يُنْصَرُون ۞

يَشتَحْيُونَ نِسَاءَكُمْ وَفِي ذَلِكُمْ بَالدَّ مِّنْ رِّ يُكُمْ عَظِيْمُ ۞

وَإِذْ فَرَقْنَا بِكُمُ الْبَحْرَفَا ثَجَيْنُكُمْ وَ

52. Era mujjukire nga bwe twalagaanyisa وَإِذَوْ عَدْ نَا مُوْ سَى آرْبَحِيْنَ كَيْلَةً آئتُمُ ظلِمُونَ۞

لَعَلِّكُمْ تَشْكُرُوْنَ۞

لَعَاَّكُمْ تَمْتَدُوْنَ۞

وَإِذْ قَالَ مُوْسَى لِقَوْمِهِ لِنَقُوْمِ إِنَّكُمْ فَتُوْبُوْالِلْ بَارِئِكُمْ فَا قَتُلُوْ١ ٱنْفُسَكُمْ ذٰلِكُمْ خَيْرٌ لَّكُمْ عِنْدَ بَارِئِكُمْ وَنَتَابَ عَلَيْكُمْ وَإِنَّهُ هُوَالِنَّةُ الْهُ الرَّحِيمُ

وَ إِذْ قُلْتُمْ يُمُوْسَى كَنْ تُؤْمِنَ كُكَ حَتَّى تَرَى اللّهُ جَهْرَةً فَأَخَذَ ثُكُمُ الصِّعِقَةُ وَإِنْتُمْ تَنْظُرُونَ

ثُمَّ بَعَثْنُكُمْ مِّنَ بَعْدِ مَوْ تِكُمْ لَعَلَّكُمْ

وَظَلَّلْنَاعَلَيْكُمُ الْغَمَا مَرُوا نُزَلْنَا عَلَيْكُمُ الْمَنَّ وَالسَّلُوٰى وَكُلُوْا مِنْ طَيِّبْتِ مَا myanga bokka.

59. Era *mujjukire* nga bwe twagamba nti: Muyingire mu kyaalo kino kale mulye mu kyo mu bungi wonna nga bwe mwagala, era muyingire mu mulyango n'obuwulize. Era mugambenti: Tusonyiwe ebyoonoono byaffe. تَخْفِرْ لَكُمْ خَطْيِكُمْ وَسَنَزِيدُ الْمُحْسِنِينَ فَي Tujja kubasonyiwa ebyoonoono byammwe; التَّخْفِرْ لَكُمْ خَطْيِكُمْ وَسَنَزِيدُ الْمُحْسِنِينَ era tujja kwongeza abakozi b'ebirungi.

60. Naye aboonoonyi baakyusaamu ekigambo ekirala ekitaali ekyo ekyabagambibwa. Kale netussa kw'abo abaayonoona ekibonerezo okuva mu ggulu olw'okubanga baajeema.

#### Ruku 7

61. Era *mujjukire* nga Mūsa bwe yasaba amazzi ku lw'abantu be, netugamba nti: Kuba ejjinja n'omuggo gwo. Kale nelitiiriikamu ensulo kkumi nabbiri. Buli kika nekimanya awaakyo wekinywera. Netubagamba nti: Mulye era munywe ku bigabulwa bya Allah, naye temujeemeranga mu mutabulatabula.

62. Era mujjukire nga bwe mwagamba nti: Owange Mūsa, ffe tetujja kugumira ku mmere ya kika kimu, kale tusabire Mukama wo atumerezeeyo kw'ebyo ensi by'emeza: ku za yo, n'emyungu gya yo, n'eng'ano ya yo, n'empokya wa yo, n'obutungulu bwa yo. N'agamba nti: Abaffe, muwaanyise ebitaliimu nsa mw'ebyo ebisinga obulungi? Kale mugende mu kibuga, ddala mujja kufuna bye musabye. Era bassibwako obunyoomoofu n'obwavu nebeereetera obusungu obuva eri Allah. Ekyo lwa kubanga baagaana obubonero bwa Allah nebagezaako n'okutta ba Nnabbi awatali nsonga; ekyo lwa kubanga baajeema era nebasukka ekigero.

#### Ruku 8

63. Mazima abo abakkiriza n'abo Abayudaaya, n'Abakulisitaayo, n'Abasabiyi yenna mu bo akkiriza Allah mu butuufu n'olunaku lw'enkomerero era n'akola ebikolwa ebirungi, kale abatuukiriza ebyo

twabawa. Era tebaatulumya naye beeru- رَزَقْنَاكُمْ وَمَا ظَلَمُوْنَا وَلَكِنْ كَانُوْا انْفُسَهُمْ بِهِ يَظْلِمُوْ كَ⊙

وَ إِذْ قُلْنَا ادْخُلُوا هٰذِهِ الْقَرْيَةَ فَكُلُوْا مِنْهَا حَيْثُ شِئْتُمْ رَغَدًا وَّ ادْخُلُواالْبَابَ سُجَّدًا وَّ تُوْلُواحِطَّةً

فَيَدُّلُ الَّذِيْنَ ظَلَمُوْا قَوْلًا غَيْرً الَّذِيْ قِيْلَ لَهُ مْ فَأَنْزَ لْنَاعَلَ الَّذِيْنَ ظَلَمُوْا رِجْزًا مِّنَ السَّمَاءِ بِمَا كَانُوْا

الله يُفْسُقُونَ ١٠٠٠

وَ الإِ اسْتَشْقَى مُؤلِى لِقَوْمِهِ فَقُلْنَا اضْرِبْ بِعَصَاكَ الْحَجَرَ مَ فَانْفَجَرَتِ مِنْهُ اثْنَتَا عَشْرَةً عَيْنًا ﴿ قَدْ عَلِمَ كُلُّ أَنَاسٍ مَّشْرَبَهُ هُ وَكُلُوا وَاشْرَبُوا مِنْ رِّزْقِ اللَّهِ وَ لَا تَعْثُوا فِي الْأَرْضِ مُفْسِدٍ يُنَ

وَإِذْ قُلْتُمْ لِلْمُوْسَى لَنْ تَصْبِرَ عَلْ طَعَامِ وَّاحِدٍ فَادْعُ لَنَا رَبُّكَ يُخْرِجُ لِنَامِمًا تُنْبِتُ الْأَرْضُ مِنْ بَقْدِهَا وَقِثَّا بِهَا وَ فُوْمِهَا وَ عَدَسِهَا وَ بَصَلِهَا ، قَالَ ٱتشتبدلُون الَّذِيْهُوَ آذَنْ بِالَّذِيْهُوَ خَيْرُ الْهِيطُوْامِصْرًا فَإِنَّ لَكُمْ مَّاسَالْتُهُ وَ ضُرِبَتُ عِلَيْهِمُ الزِّكَةُ وَ الْمَسْكُنَةُ وَ بَاءُوَّ بِغَضَبُّ مِنَ اللهُ وَ ذٰلِكَ بِاَ تَهُمُكُا نُوْا يَكُفُرُوْنَ بِالْمِيْ وَيَقْتُكُونَ النَّبِيِّنَ بِغَيْرِ الْحَقِّ ﴿ خَالِكَ عُ بِمَاعَصَوْا وَكَانُوْا يَعْتَدُوْنَ ﴿ فِي إِمَّا عَرْنَ اللَّهِ اللَّهِ اللَّهِ اللَّهِ اللَّهِ اللَّهِ ال

رَكَّ الَّذِيْنَ أَمَنُوا وَ الَّذِيْنَ هَا دُوْا وَ النَّصْرَى وَالصَّابِئِينَ مَنْ أَمَنَ بِاللَّهِ وَ الْيَوْمِ الْأَخِرِوَ عَمِلَ صَالِحًا ۖ فَلَهُمْ

balifuna empeera yaabwe eri Mukama waabwe era tebaliba na kutya kwonna, wadde tebalinakuwala.

- 64. Era *mujjukire* nga bwe twatwala endagaano yammwe, netugulumiza olusozi waggulu wammwe *netugamba nti:* Mukwate n'amaanyi ekyo kye twabawa era mujjukire ebikirimu, mulyooke mwekuume.
- 65. Nate mwekyuusa oluvannyuma lw'ekyo. Kale singa tegyali mikisa gya Allah egiri ku mmwe n'okusaasira kwe, ddala mwalibadde mw'abo ab'okufaafaaganirwa.
- 66. Era ddala mwamanya *ebyafa* kw'abo abeesukkulumya mu mmwe ku *kiragiro kya* Sabbiiti. Kale netubagamba nti: Mufuuke *nga* enkima ennyoomoofu.
- 67. Kale netukifuula ekyokulabirako eri abo abaaliwo mu kiseera kya kyo n'abemabega wa kyo, era nga kyakuyiga eri abatya Allah.
- 68. Era mujjukire awo Mūsa bwe yagamba abantu be nti: Mazima Allah abalagira musale ente. Baddamu nti: Abaffe, otutwala ng'ekyokuzannyisa? N'addamu nti: Neewogoma eri Allah nneme kuba mw'abo ababuya.
- 69. Nebagamba nti: Tusabire Mukama wo atunnyonnyole efaanana etya? N'agamba nti: Ddala Ye agamba nti: Yo nte, si nkadde era si nto, mugongo; eri mu makkati ga byombi. Kale mukole kye mulagiddwa.
- 70. Nebagamba nti: Tusabire Mukama wo atunnyonnyole ebbala lya yo liri litya? N'agamba nti: Ddala Ye agamba nti: Ente eyo ya kyenvu, ebbala lya yo lyaggya bulungi, esanyusa abalabi.
- 71. Nebagamba nti: Tusabire Mukama wo atunnyonnyole ya ngeri ki? Mazima ffe ente *zonna* zitufaanaganira. Naye ddala nga Allah ayagadde, tujja kulung'ama.
- 72. N'agamba nti: Ddala Ye agamba nti: Yo y'ente etannayenjebuka olw'okukabala ettaka wadde tefukirira nnimiro. Nnamu tteke, teriiko kamogo. Nebagamba nti: Kati nno oleese

ٱڿۯؙۿؙۿ؏ؽٛۮڒؾۣڡۿ؆ۉڵٲۼۉػؙۼۘڵؽڽۿۿ ۘۘٷڵۿؙۿؽۿڒؘٮٛٛۉػ۞

وَإِذْ آخَذْ نَامِيْثَا قَكُمْ وَرَفَعْنَا فَوْ تَكُمُ الطُّوْرَ مِخْدَا فَوْ تَكُمُ الطُّوْرَ مِخْدُوا مَآ التَيْفُكُمْ بِعُوَّةٍ وَّ المَّاكُمُ التَّكُمُ التَّكُمُ وَالْمَا فِيْدِ لَكَلَّكُمْ تَتَقُونَ الْ

ثُمَّ تَوَكَّيْ تُمْ مِّنْ بَعْدِ ذَٰلِكَ مَ فَلَوْكَ فَضْلُ اللهِ عَلَيْكُمْ وَرَحْمَتُهُ لَكُنْتُمْ مِّنَ الْحِسِ يُنَ

وَلَقَدَ عُلِمْتُمُ الَّذِينَ اعْتَدَوْا مِنْكُمْ فِي السَّبْتِ فَقُلْنَا لَهُمْ كُونُوْا وِرَحَةً السَّبْتِ فَقُلْنَا لَهُمْ كُونُوْا وِرَحَةً السَّبْتِ فَقُلْنَا لَهُمْ كُونُوْا وِرَحَةً

فَجَعَلُنْهَا نَكَالُالِتَمَابَيْنَ يَدَيْهَا وَمَا خَلْفَهَا وَمَوْعِظَةً لِلْمُتَّقِيْنَ ﴿ وَلِاذْ قَالَ مُوسَى لِقَوْمِهِ إِنَّ اللّهِ يَامُرُكُمْ أَنْ تَذْبَحُوا بَقَرَةً وَقَالُوَا يَامُرُكُمْ أَنْ مَنْ بَحُوا بَقَرَةً وَقَالُوَا اَتَتَخِذُنَاهُزُ وَالْقَالُ اَعُوذُ بِاللّهِ آنَ اَتَتَخِذُنَاهُرُ وَالْفِهِلِيْنَ ﴿

قَا لُواا دُعُ لَنَا رَبَّكَ يُبَيِّنْ تَّنَا مَا هِيَ ا قَا لَا تَّهَ يَعُولُ إِنَّهَا بَقَرَةً كَانَا مَا هِيَ ا وَلَا بِكُرُ مَوَانَ بَيْنَ ذَلِكَ افَا فَعَلُوْا مَا تُؤْمَرُوْنَ ۞

قَا لُواادْعُ لَنَارَبُكَ يُبَدِّنْ لَنَا مَاكُونُهَا. قَالَ إِنَّهُ يَقُولُ إِنَّهَا بَقَرَةً صَفْرَا أُنْكَاقِحُ لَوْنُهَا تَسُرُّ النَّظِرِيْنَ ۞

قَالُواا ﴿ عُلَنَا رَبَّكَ يُبَرِّنْ لِّنَا مَا هِيَ ا رِقَ الْبَقَرَتَشْبَهَ عَلَيْنَا ﴿ وَإِثَّا رِثَ شَاءَ اللهُ لَمُهْتَدُونَ ۞

قَالَ إِنَّهُ يَقُولُ إِنَّهَا يَقَرَةُ لَّا ذَلُولُ تُشِيْرُ الْاَرْضَ وَلَا تَسْقِى الْحَرْثَ مُسَلَّمَةُ لَا شِيتَةَ فِيْهَا ﴿ قَالُوا الْعَنَ nga tebaalyagadde kukikola.

Ruku 9

73. Era *mujjukire* nga bwe mwatta omuntu nemulumagana ku kyo; naye Allah ye Mukwekuzi w'ebyo bye mwakwekanga.

74. Kale netugamba nti: Ekikolwa ekyo mukigerageranye ku binnaakyo. Bw'atyo nno Allah bw'azuukiza abafu; era abalaga يُحِي اللّهُ الْمَوْتُى وَ يُرِيكُمْ أَيْتِهِ obubonero bwe, mulyooke mukozese amagezi.

75. Nate emitima gyammwe gyakakanyala ثُمَّ قَسَتْ قُلُوْ بُكُمْ مِّنْ بَكُمْ إِلْكَ فَعِي oluvannyuma lw'ekyo, kale negiba ng'amayinja oba okukakanyala okusukkirivu; kuba ddala mu mayinja mulimu agafukumukamu emigga. Era ddala mu go mulimu agaatikayatika negavaamu amazzi. Era ddala mu go mulimu n'agagwa olw'okutya Allah. Era Allah si mugayaalirivu kw'ebyo bye mukola.

آفَتَطْمَعُوْنَ آنَيُّةُ مِنْوَ الْكُمْرَوَ قَدْكَانَ Abaffe, mulowooza nti banaabakkiriza وَكُونَا اللهُمُ وَاللهُمُ وَكُونَا اللهُمُ اللهُمُ اللهُمُ اللهُمُ اللهُمُ اللهُمُ اللهُ اللهُمُ اللهُمُ اللهُ اللهُمُ اللهُ اللهُ اللهُمُ اللهُ اللهُ اللهُ اللهُمُ اللهُ ng'ate waliwo ekibiina mu bo ekiwuliriza ing anc wantwo exidina inu do ekiwunitza غَرِيْقٌ مِّنْهُمْ يَسْمَعُوْنَ كَلَامُ اللهِ ekigambo kya Allah n'oluvannyuma nga bamaze okukitegeera nebakikyuusa, so nga bamanyi?

77. Era bwe basisinkana n'abo abakkiriza, bagamba nti: Tukkiriza. Naye bwe baba bokka na bokka, bagamba nti: Abaffe, mubategeeza ebyo Allah bye yabaggulirawo balyooke babawakanyise na byo mu maaso ga Mukama wammwe, abaffe temulina magezi?

78. Abaffe, tebamanyi nti ddala Allah amanyi ebyo bye bakweka n'ebyo bye booleka?

79. Era mu bo mulimu abatamanyi na kusoma; tebamanyi na Kitabo okuggyako okugoberera ebirowoozo eby'obulimba, era ddala *tebali ku kirala* wabula bateebeeka buteebeesi.

جِئْتَ بِالْحَقِّ الْذَبَهُوْهَا وَمَا كَادُوْا amazima. Olwo nebagisala, newaakubadde ع يَفْعَلُوْنَ۞

> وَإِذْ قَتَلْتُمْ نَفْسًا فَالْحُرَءْتُمْ فِيْهَاء وَاللَّهُ مُخْرِجُ مَّا كُنْتُمْ تَكْتُمُونَ ﴿ فَقُلْنَا اضْرِبُوْهُ بِبَعْضِهَا ﴿ كَذَٰ لِكَ لَعَلَّكُمْ تَعْقِلُوْنَ۞

> كَالْحِجَارَةِ أَوْ أَشَدُّ قَسُوةً مَرَ لَا يَنْ الْحِجَا رُوْ لَمَا يَتَفَجَّ رُمِنْهُ الْأَنْهُرُ وَإِنَّ مِنْهَا لَمَا يَشُّقَّقُ فَيَخُرُجُ مِنْهُ الْمَا أُوارَقُ مِنْهَا لِمَا يَهْبِطُ مِنْ خَشْيَةِ اللهُ وَمَا اللَّهُ بِخَا فِي لِعَمًّا تَحْمَلُهُ نَ۞

ثُمَّ يُحَرِّ فُوْلُـهُ مِنْ بَعْدِ مَا عَقَلُوْهُ رَّ هُــمْ يَعْـلَمُوْنَ ۞

وَإِذَ التَّقُواالُّذِيْنَ أَمَنُوا قَالُوٓا أَمَنَّا \* وَ إِذَا خَلَا بَعْضُهُمْ إِلَى بَعْضٍ قَالُوْآ ٱتُحَدِّثُوْ نَهُمْ بِمَافَتَحَ اللَّهُ عَلَيْكُمُ لِيُحَاجُّوْكُمْ بِهُ عِنْدَ رَبِّكُمْ ﴿ اَفَلَا تَعْقِلُهُ نَ۞

ٱۅؙڒؾڠڵڡؙۉڹٲؾٙ١ٮڵ۫ڡٙؽڠڵۿڡٵؽڛڗٞۉؽ وَمَا يُعْلِنُوْ نَ⊙

وَمِنْهُمْ أُرِّيتُونَ لَا يَعْلَمُوْنَ الْكِتْبَ إِلَّا إَنَّ آمَانِيَّ وَإِنْ هُمْ إِلَّا يَظُنُّونَ ۞

80. Kale zibasanze abo abawandiika Ekitabo n'emikono gyabwe n'oluvannyuma ne bagamba nti: Kino kyava eri Allah, balyooke bakiwaanyiseemu omuwendo omutono. Kale zibasanze olw'ebyo emikono gyabwe bye gyawandiika, era zibasanze olw'ebyo bye bafuna.

81. Era bagamba nti: Omuliro tegulitukoonako okuggyako ennaku embale. Gamba nti: Abaffe, mwafuna ekisuubizo okuva eri اللَّهِ عَهْدًا لللَّهِ عَهْدًا اللَّهِ عَهْدًا اللَّهُ عَلَى اللَّهُ اللّلَهُ اللَّهُ ال Allah; Allah ky'aliva tamenya kisuubizo kye oba mwogera ku Allah ebyo bye mutamanyi?

82. Ddala oyo akola ekibi n'ekibi kye nekimwebungulula, kale abo be bantu b'omuliro; bo mu gwo mwe balibeera.

83. Naye abo abakkiriza era nebakola ebikolwa ebirungi, abo nno be bantu b'e Janna, bo mu yo mwe balibeera.

#### Ruku 10

84. Era mujjukire nga bwe twatwala endagaano y'abaana ba Isirairi nti: Temuusinzenga mulala okuggyako Allah, n'abazadde munabayisanga bombiriri bulungi, n'abammwe ne bamulekwa n'abankuseere, era munayogeranga bulungi n'abantu. Era munajjumbiranga essaala era nemutoola zaka. Naye oluvannyuma mwefuula era nemukubayo mabega, okuggyako abatono mu mmwe.

85. Era mujjukire nga bwe twatwala endagaano yammwe nti: Temuuyiwenga misaayi gyammwe, era temuugobenga bannammwe mu maka gammwe; n'oluvannyuma mwakakasa endagaano era mwali bajulizi ku yo.

86. Nate mmwe muumwo abatta bannammwe era nemugoba n'abamu mu mmwe mu maka gaabwe, nga muyambagana ku bo n'ekibi n'obujoozi. Ate bwe bajja gye muli nga bawambe, mubanunula, so nga n'okubagoba kwabaziyizibwa. Abaffe, ڡؘؘۅؘؽۮٞٙڷؚؚڴۮؚؽؽؾػٛؾؙڣۉؽۥڷڮٟؾ۬ڹؠٲؽۮؽڝۿ ثُمَّ يَقُوْلُونَ هَٰذَا مِنْ عِنْدِ اللهِ لِيَشْتَرُوْا بِهِ ثَمَنَّا قَلِيْلًا ۚ فَوَيْلُ لَّهُمْ مِّمَّاكَتَبَثُ آيْدِيْهِمْرَوَيْلُ لُّهُمْ مِّمَّا يَكْسِبُوْنَ⊙

وَ قَا لُوْا لَنْ تَمَسَّنَا النَّارُ إِلَّا آيًّا مَّا فَكَنْ يُخْلِفَ اللَّهُ عَهْدَ فَآ آمْ تَقُوْلُونَ عَلَى الله مَالَا تَعْلَمُوْنَ ١٠

بَلْ مَنْ كَسَبَ سَيِّئَةً وَّ آهَا طَتْ بِهِ خَطَفَتُتُهُ فَأُولِيْكَ أَصْحُبُ التَّارِيمُ فِنْهَا خُلِدُوْنَ۞

وَ الَّذِيْنَ أَمَنُوا وَ عَمِلُوا الصَّالِحْتِ أُولِئِكَ آصْحُبُ الْجَنَّةِ مِ هُمْ فِيْهَا 

وَاذْ آخَذْ نَامِيْنَا قَ بَنِيْ اِسْرَآءِيْلَ كَا تَعْبُدُوْنَ إِلَّا اللَّهَ مَن وَ بِالْوَالِدَيْنِ إِحْسَانًا وَ ذِي الْقُرْبِي وَ ٱلْيَتْمَى وَ الْمَسْكِيْنِ وَ قُوْلُوْا لِلنَّنَّاسِ حُسْنًا وَّ أَقِيْمُوا الصَّلُوةُ وَ أَتُوا الزَّكُوةَ وَ ثُمَّ تَوَلَّيْتُمْ إِلَّا قَلِيْلًا رِمِّنْكُمْ وَ ٱنْتُمْ مَّعْرِضُوْنَ۞

وَ إِذْ آخَذْنَا مِيْثَا قُكُمْ لَا تَشْفِكُونَ دِمَاءَكُمْ وَ لَا تُخْرِجُونَ ٱنْفُسَكُمْ يِّنْ دِيَارِكُمْثُمَّاقُرُرْتُمْ وَٱنْتُمْ تَشْهَدُوْنَ™

ثُمَّآنْتُمْ هَوُّلًا تَقْتُلُونَ آنْفُسَكُمْ وَ تُخْرِجُوْنَ فَرِيْقًامِّنْكُمْرِمِّنْ دِيَارِهِمْ تَظْهَرُوْنَ عَلَيْهِمْ بِالْارْشِيرِوَالْحُدُوَانِ وَ مِانَ يَكَانُوكُ مُ أَلْسًا ي تُفْدُوهُمْ وَهُوَ Ekitabo mukikkirizaamu bimu ate ebirala ne mubigaana? Kale mpeera ki esaana oyo akola ekyo mu mmwe, okuggyako obuswaavu mu bulamu bw'ensi; ne ku lunaku lw'okuzuukira balizzibwa eri ekibonerezo ekisingira ddala obukakali. Era Allah si mugayaalirivu kw'ebyo bye mukola.

87. Abo nno be baawaanyisa obulamu bw'ensi mu bw'enkomerero. Kale tebalikendeerezebwa ku kibonerezo wadde tebaliyambibwa.

#### Ruku 11

88. Era mazima twawa Mūsa Ekitabo era netugobereza Abatume oluvannyuma lwe, era ne tuwa 'Isa mutabani wa Maryamu obubonero obw'olwatu era netumuwagira n'omwoyo gw'obutuukirivu. Abaffe mmwe buli lwe mujjirwa Omubaka n'ebyo emyoyo gyammwe bye gitayagala, nga mwekuza? Kale abamu mwabalimbisa n'abalala ne mubatta.

89. Era baagamba nti: Emyoyo gyaffe mibuutikire. Si kyo, Allah y'eyabakolimira olw'okwerema kwabwe. Bwe kityo nno bitono nnyo bye bakkiriza.

90. Era bwe baatuukibwako Ekitabo ekiva eri Allah ekikakasa ebyo bye bali nabyo baakigaana, so nga olubereberye be baasabanga obuwanguzi ku batakkiriza; naye kye bamanyidde ddala bwe kyabatuukako, baakigaana. Kale ekikolimo kya Allah kibe ku batakkiriza.

91. Nga kibi nnyo ekyo kye baatundamu emyoyo gyabwe olw'okugaana ebyo Allah bye yassa olw'obuggya mbu kubanga Allah assizza emikisa gye kw'oyo gw'asiimye mu baweereza be! Kale beereetera obusungu *ate* ku busungu; era abatakkiriza be balifuna ekibonerezo ekiswaaza.

92. Era bwe bagambibwa nti: Mukkirize ebyo Allah bye yassa, bagamba nti: Ffe tukkiriza ebyo ebyassibwa gye tuli, ate ne-

مُحَرَّمُّ عَلَيْكُمْ إِخْرَاجُهُمْ اَ فَتُؤْمِنُوْنَ بِبَعْضِ الْكِتْبِ وَ تَكْفُرُوْنَ بِبَعْضِ مِ فَمَا جَزَآءُ مَنْ يَّفْعَلُ ذٰلِكَ مِنْكُمْ الَّا خِرْيُّ فِي الْحَيْوةِ الدُّنْيَاءِ وَيَوْمَ الْقِيلْمَةِ يُرَدُّوْنَ إِلَى آشَةِ الْعَذَابِ وَمَا اللّٰهُ يُرَدُّوْنَ إِلَى آشَةِ الْعَذَابِ وَمَا اللّٰهُ بِنَا فِيلِ عَمَّا تَعْمَلُوْنَ ﴿

أُولِئِكَ الَّذِيْنَ اشْتَرَوُا الْحَيْوةَ الدُّنْيَابِالْاٰخِرَةِ فَلَا يُخَفَّفُ عَنْهُمُ غُ الْعَذَابُ وَلَا هُمْدُيُنْصَرُوْنَ۞

وَكَقَدُا تَيْنَامُوْ سَى الْكِتْبَ وَقَقَيْنَامِنَ بَعْدِهِ بِالرُّسُلُ وَاتَيْنَا عِيْسَى ابْنَ مَعْدِهِ بِالرُّسُلُ وَاتَيْنَا عِيْسَى ابْنَ مَرْيَبَمَ الْبَيِّنِيْنِ وَآيَدُ نُهُ بِرُوْجِ الْقُدُرِ سِمَا فَكُلَّمَا جَاءَكُمْ رَسُوْلُ بِمَا لَا تَقْدُر يُقَا تَقْتُلُونَ مُ مَفَفَر يُقًا تَقْتُلُونَ ﴿ لَكَذَبُمُ وَقَالُونَ هُونَ فَلُو بُنَا عُلْفُ و بَلْ لَعَمَمُمُ وَقَالُوا قُلُوْبُنَا عُلْفُ و بَلْ لَعَمَمُمُ وَقَالُوا قُلُونَ فَكُونَ فَا فَلُو بُنَا عُلْفُ و بَلْ لَعَمَمُمُ وَقَالُوا قُلُوبُنَا عُلْفُ و بَلْ لَعَمَمُمُ وَقَالُوا قُلُوبُنَا عُلْفُ و بَلْ لَعَمَمُمُ وَقَالُوا قُلُوبُنَا عُلْفُ و بَلْ لَعَمَمُمُ وَقَالُوا قُلُوبُهُ الْعَلَىٰ وَالْمُؤْتُ وَالْعُلُونَ وَالْعَلَىٰ الْعَلَىٰ الْعَلْمُ وَالْعُلُونَ وَلَيْ الْعَلْمُ وَالْعُلْمُ وَالْعُلْمُ وَالْفُلُونَ وَلَا لَهُ الْعُلُونَ وَالْعُلْمُ وَلَا الْعُلْمُ وَالْعُلْمُ وَالْعُلْمُ وَالْعُلْمُ وَالْعُلْمُ وَالْعُلْمُ وَالْعُلْمُ وَالْعُلْمُ وَالْعُلْمُ وَالْعُلْمُ الْعُلْمُ وَالْعُلْمُ وَالْعُلْمُ وَالْعُلْمُ وَالْعُلْمُ وَالْمُ الْعُلُولُ وَالْعُلُمُ الْمُعْلِمُ وَالْمُولِي وَالْعُلْمُ وَالْعُلُولُ وَالْعُلُولُ وَالْعُلُولُ وَالْعُلُمُ وَالْعُلُولُ وَالْعُلُولُ وَالْعُلُولُ وَالْعُلُولُ وَالْعُلُمُ وَالْعُلُولُ وَالْعُلُولُ وَالْعُلُولُ وَالْعُلُمُ وَالْعُلُولُ وَالْعُلُمُ وَالْعُلُولُ وَالْعُلُولُ وَالْعُلُولُ وَالْعُلُولُ وَالْعُلُولُ وَالْعُلُولُ وَالْعُلُمُ وَالْعُلُمُ وَالْعُلُولُ وَالْعُلُولُ وَالْعُلُمُ وَالْعُلُمُ وَالْعُلُولُ وَالْعُلُولُ وَالْعُلُمُ وَالْعُلُولُ وَالْعُلُمُ وَالْعُلُولُ وَالْعُلُمُ وَالْعُلِ

وَكَمَّا جَآءَهُمْ كِتْبُ مِّنْ عِنْدِ اللهِ مُصَدِّ قُ لِمَا مَعَهُمْ وَ كَانُوا مِنْ قَبْلُ يَشْتَفْتِحُوْنَ عَلَى الَّذِيْنَ كَفَرُوا \* فَلَمَّا جَآءُهُمْ مَمَّا عَرَفُوا كَفَرُوا بِهِ فَلَعْنَدُ اللهِ عَلَى الْكُفِرِيْنَ ۞

الله يكفرهم فقليلا مايؤمنون

بِئْسَمَا اشَّتَرَوْا بِهَ آنْفُسَهُمْ آنَ يَّكُفُرُوْا بِمَا آنْزَلَ اللهُ بَغْيًا آنَ يُّنَزِّلُ اللهُ مِنْ فَضْلِهِ عَلْ مَنْ يَشَآءُ مِنْ عِبَادِمْ مَنْبَآءُوْ بِغَضَبٍ عَلْ مَضَيٍ ، وَلِلْكُفِرِيْنَ عَذَا بُ شُهنئ ﴿

وَالْجَاقِيْلُ لَهُمْ امِنُوْا بِمَا آئِزُلُ اللهُ قَالُوا نُوْمِنُ بِمَا آئُزِلَ عَلَيْنَا وَ

bagaana ebyo eby'oluvannyuma lwa byo ng'ate ge mazima agakakasa ebyo bye bali nabyo. Gamba nti: Ate lwaki mwaagezaako okutta ba Nabbi ba Allah olubereberye, obanga muli bakkiriza?

93. Era ddala ne Mūsa yajja gye muli *n'obubonero* obw'olwatu naye nemudda mu kutwala nnyana *kugisinza* ng'avuddewo, nemuba aboonoonyi.

94. Era *mujjukire* nga bwe twatwala endagaano yammwe era netugulumiza olusozi waggulu wammwe *netugamba nti:* Mukwate bye twabawa n'amaanyi era muwulirize. Baddamu nti: Tuwulidde naye tujeemye. Era bajjuzibwa mu myoyo gyabwe *obwagazi* bw'ennyana olw'obutakkiriza bwabwe. Gamba nti: Kibi nnyo ekyo okukkiriza kwammwe kye kubalagira, singa mubadde bakkiriza.

95. Gamba nti: Obanga amaka g'enkomerero agali eri Allah gammwe mwekka ng'oggyeeko abantu *abalala*, kale mwooye okufa, obanga muli ba mazima?

96. Naye tebayinza kukwooya ddi na ddi olw'ebyo emikono gyabwe bye gyakulembeza. Era aboonoonyi Allah abamanyi bulungi.

97. Era ojja kubasanga nga be basingira ddala abantu bonna okululunkanira obulamu n'okusinga ne kw'abo abenkanya Allah n'ebirala. Omu ku bo yaalyagadde nti singa awangaaziddwa emyaka lukumi. So nno ne bw'awangaazibwa *atyo*, ekyo tekimuggyaako kibonerezo. Era bye bakola Allah abiraba.

#### Ruku 12

98. Gamba nti: Oyo aba omulabe eri Jiburilu y'afiirwa. Tewali kubuusabuusa, ddala Kur'āni y'eyagissa ku mutima gwo—olw'okulagira kwa Allah, okukakasa ebyo ebyagikulembera era nga bwe bulung'amu ate nga ge mawulire ag'essanyu eri abakkiriza.

99. Oyo aba omulabe eri Allah, ne ba malayika be, n'Abatume be ne Jiburilu ne Mikayiri, *amanye nti* ddala ne Allah mulabe wa batakkiriza.

يَكُفُرُوْنَ بِمَارَزَآءَةٌ وَهُوَالْحَقُّ مُصَدِّقًا لِّمَا مَعَهُمْ فَلُ فَلِمَ تَقْتُلُوْنَ ٱثْبِيّاً إِ اللهون قَبْلُ إِنْ كُنْتُمْ شُؤْمِنِ فِينَ ﴿ وَلَقَدْ جَآءَكُمْ مُّؤسى بِالْبَيِّنْتِ ثُمَّ ا تَّخَذْ تُهُ الْعِجْلَ مِنْ بَعْدِهِ وَآنْتُمْ وَ إِذْ ٱخَدْنًا مِيْثًا قَكُمْ وَ وَفَعْنَا فَوْقَكُمُ الطُّوْرَء هُذُوْا مَاۤ اٰتَيْنٰكُمْ بِقُوَّةٍ وَّ اسْمَعُوا وقاكُوا سَمِعْنَا وَ عَصَيْنَا ۗ وَ ٱشْرِبُوا فِيْ قُلُوبِهِمُ العجك بكفرحه فل بئسما يا مُركم بِهَإِيْمَا نُكُمْ إِنْ كُنْتُمْ مُؤْمِنِيْنَ ﴿ قُلُ إِنْ كَانَتْ لَكُمُ الدَّارُ الْأَخِرَةُ عِنْدَ اللهِ خَالِصَةً مِّنْ دُوْنِ النَّاسِ فَتَمَنَّوُا الْمَوْتَ إِنْ كُنْتُمْ صِرِ قِيْنَ ۞ وَكُنْ يُتَمَنَّوْهُ آبَكُ البِمَا عَدَّمَتْ أيْدِ يْهِمْ وَاللَّهُ عَلِيْمُ إِللَّهُ لِيهِمْ وَاللَّهُ عَلِيمُ إِللَّهُ الظُّلِمِيْنَ ١٠ وَ لَتَجِدَ تُنْهُمُ آخْرَصُ النَّاسِ عَلَى فِي حَلِوةٍ \* وَمِنَ الَّذِيْنَ ٱشْرَكُوا \* يَوَدُّ آكَدُهُ مُ لَو يُعَمَّرُ ٱلْفَ سَنَةٍ ، وَمَاهُوَ بِمُزَهْزِهِهِ مِنَ الْعَذَابِ آنَ يُعَمَّرَ وَ عُ اللهُ بُولُورُ بِمَا يَعْمَلُونَ ﴿

قُلْ مَنْ كَانَ عَدُوًّ الِّجِبْرِيْلَ فَانَّهُ نَزَّ لَهُ عَلْ قَلْبِكَ بِلِدْنِ اللهِ مُصَرِّقًالِّمَا بَيْنَ يَدَيْدِ وَهُدًى وَّ بُشْرَى لِلْمُؤْمِنِيْنَ۞

مَنْكَانَ عَدُوَّا وَتُلُودَ مَلْكِكَتِهِ وَرُسُلِهِ وَجِهْرِيْلَ وَ مِيْكُملَ فَإِنَّا اللَّهَ عَدُوَّ لِلْخُفِرِيْنَ ()

100. Era mazima twassa gy'oli Aya ez'olwaatu, naye tewali azigaana okuggyako abajeemu.

101. Abaffe, bo buli lwe banaalagaananga endagaano, nga ekibiina ekimu mu bo nga kigisuula? Nedda, abasinga obungi mu bo tebakkiriza.

102. Era bwe baatuukibwako Omubaka ava eri Allah akakasa ebyo bye bali nabyo, abamu mw'abo abaaweebwa Ekitabo baasuula Ekitabo kya Allah emabega w'emigongo gyabwe ne baba ng'abatamanyi.

103. Nebakoppa ebyo abajeemu bye baagoberera mu bwakabaka bwa Sulaimani, so nga ve Sulaimāni tevali mutakkiriza, wabula abaajemu be baali abatakkiriza nga bayigiriza abantu eby'okubuzaabuza. Era beefuula abakoppa ebyo ebyassibwa ku ba malayika ababiri Hārūta ne Mārūta e Babulooni, so nga *nabo* bombi tebaayigirizanga muntu yenna okutuusa nga bagambye nti: Mazima ffe tuli kigezo, kale toba omutakkiriza. Bwe batyo baayiga okuva gye bali bombi ebyo bye baayawukanyisa na byo wakati w'omusajja ne mukyala we, so tebalina gwe baalumya nabyo okuggyako nga Allah y'akkirizza. *Naye ate* bo bano bayiga bibakosa, ebitabagasa namu. Kyokka ddala bamanyi nti oyo abigula talina mugabo gwonna mulungi ku nkomererero. Ddala kibi nnyo ekyo kye baatundamu emyoyo gyabwe, singa babadde bamanyi!

104. So singa bakkiriza era nebatya Allah, mazima empeera eva eri Allah y'esinga obulungi, singa babadde bamanyi.

#### Ruku 13

105. Abange mmwe abakkiriza, temwogeranga nti: 'Rā'inā', naye mwogerenga nti: 'Unzurnā', era muwulirizenga nnyo. Naye abatakkiriza be baliba n'ekibonerezo ekirumya ennyo.

وَلَقَدْا نُولُنَّا إِلَيْكَ أَيْتُ بِيِّنْتِءُو مَا يَكُفُرُ بِهَا إِلَّا اللَّهِ اللَّهِ عَنْ اللَّهِ عَنْ اللَّهِ عَنْ اللَّهِ عَنْ اللَّهِ عَنْ اللَّهِ آوَ كُلُّمَا عُهَدُوْا عَهْدًا نَّبَذَة فَرِيْقُ يِّنْهُمُ ﴿ بَلْ ٱكْثَرُ هُمْ لَا يُؤْمِنُونَ ۞ وَلَمَّا جَآءَهُ هُ رَسُولٌ مِّنْ عِنْدِ اللَّهِ مُصَرِّقُ لِمَا مَعَهُمْ نَبَدَ فَرِيقٌ مِّنَ الليزين أوتواالكثت اكتت الثه وَرَآءَظُهُوْدِهِ هَكَأَتُّهُ مُلاَيَعْلَمُوْنَهُ وَاتَّبَعُوْا مَا تَتْلُوا الشَّيْطِيْنُ عَلَى مُلْكِ سُكَيْمُنَ وَمَاكُفَرَ سُلَيْمُنُ وَلٰكِنَّ الشَّيْطِيْنَ كَفَرُوْا يُعَلِّمُوْنَ النَّاسَ السِّحْرَة وَمَا أَنْزِلَ عَلَى الْمَلَكَيْنِ بِبَابِلَ هَارُوْتَ وَ مَارُوْتَ ، وَ مَا يُعَلِّمٰنِ مِنْ آحَجٍ حَتَّى يَقُوْلَا إِنَّمَا نَحْنُ فِتْنَةً فَلَا تَكُفُرُه فَيَتَعَلَّمُونَ مِنْهُمَا مَا يُفَرِّ قُوْنَ بِهِ بَـيْنَ الْمَرْءِ وَذَوْجِهِ وَمَاهُمْ بِضَارِّيْنَ بِهِ مِنْ آحَدٍ اِلَّا بِإِذْ فِ اللَّهِ وَيَتَعَلَّمُوْنَ مَا يَضُرُّهُمْ وَلا يَنْفَعُهُمْ وَلَقَدْعَلِمُوْالَمَنِ اشْتَارْكُ مَالَهُ فِي الْمُ خِرَةِ مِنْ خَلَا قِي شُرَكِيلُسَ مَا شَرَوْا بِهِ ٱنْفُسَهُمْ لَوْ كَانُوا ؾڠۘڬڡۢۉػۘ۞ ۘۘۘۘۘػٷٵۜؾٞۿۿٳ۠ڡٙڹؙۉٳٷ۩ؾٛؖڰۉٳڬڡؘؿؙۉۺڠؙ يِّنْ عِنْدِ اللَّهِ خَيْرُ الْوَ كَانُوْا لى يَعْلَمُونَ ١٠ يٓا يُهاالُّذِينَ أَمَنُوالَا تَقُولُوا رَاعِناً وَقُوْ لُواانْظُرْنَا وَاسْمَعُوْا وَلِلْكُفِرِيْنَ

عَذَابُ ٱلِيمُ

106. Abo abatakkiriza mu bantu b'Ekitabo wadde abenkanya Allah n'ebirala tebaagalira ddala mutuukweko kalungi konna okuva eri Mukama wammwe. Naye Allah y'alondera okusaasira kwe oyo gw'aba asiimye. Era Allah ye Nannyini mikisa emisukkirivu.

107. Tetusangulawo kabonero konna oba okukerabiza, wabula tuleetayo akakasingako oba akakafaananako. Abaffe, tomanyi nti ddala Allah ye w'Obuyinza ku buli kimu?

108. Abaffe, tomanyi nti ddala obwakabaka bw'eggulu n'ensi bwa Allah yekka? Era temulinaayo mukuumi yenna wadde omuyambi ebbali wa Allah.

109. Nandiki nammwe mwagala kubuuza Omutume wammwe nga Musa yabuuzibwa edda? Naye oyo awaanyisa obutakkiriza mu bukkiriza, ddala aba abuze ku kkubo ettuufu.

110. Bangi mu bantu b'Ekitabo oluvannyuma nga bamaze okunnyonnyokerwa amazima, olw'ensaalwa eri mu myoyo gyabwe, beegomba nti singa babazzaayo nemuba abatakkiriza oluvannyuma lw'okukkiriza kwammwe. Kale musonyiwe era muleke okutuusa Allah lw'alireeta ekiragiro kye. Mazima ddala Allah ye w'Obuyinza ku buli kimu.

111. Era mujjumbirenga essaala era mutoole zaka. Era buli kirungi kyonna kye mukulembeza olw'emyoyo gyammwe, mulikisanga eri Allah. Mazima bye mukola byonna Allah abiraba.

112. Era bagamba nti: Tewali aliyingira mu okuggako Omuyudaaya Omukulisitaayo. Okwo nno kwe kwagala kwabwe. Gamba nti: Muleete obukakafu bwammwe, obanga muli ba mazima.

113. Si bwekiri. Oyo eyeeweerayo ddala yenna eri Allah ate nga mukozi wa birungi, kale alifuna empeera ye eri Mukama we, era abalikola ebyo tebaliba na kutya kwonna wadde tebalinakuwala.

مَا يَوَدُّا لَّذِيْنَ كَفَرُوْا مِنْ آهْلِ الْكِتٰبِ وَلَا الْمُشْرِكِيْنَ آنَ يُنتَزَّلَ عَلَيْكُمْ رِمِّنْ خَيْرٍ وِّنْ رَّبِّكُمْ وَاللَّهُ يَخْتَثُ بِرَحْمَتِهِ مَنْ يَنَشَأَءُ ﴿ وَاللَّهُ ذُوالْفَصْلِ الْعَظِيْمِ ﴿ مَانَنْسَخْ مِنْ أَيَةٍ آوْنُنْسِهَا نَأْتِ بِخَيْرٍ مِّنْهَآآدُمِ شُلِهَا وآلَمْ تَعْلَمْ آتَ اللَّهَ عَلَى كُلِّ شَيْءِ قديرُ

ٱكَمْ تَعْلَمْ آنَّ اللَّهُ لَهُ مُلْكُ السَّمْوْتِ وَالْأَرْضِ وَمَا لَكُمْ يَتِنْ دُوْنِ اللهِ مِنْ وَّلِيَّ وَلَا نَصِيْرِ ۞

ريد ون آن تشعَلُوا رَسُولَكُمُ كَمَاسُئِكَ مُوْسَى مِنْ قَبْلُ وَمَنْ يَتَبَدُّ لِ الْكُفْرَ بِالْدِيْمَانِ فَقَدْ ضَلَّ سَوَّاءَ

ڲؿؚؽۯڝٞؽٱۿڮ۩ڷڮؾ۬ۑؚۘۘۘۘۘڵۅٛۑۜۯڋ۠ۉڬڴۿ مِّنُّ بَحْدِ إِيْمَا رِنكُمْ كُفًّا رَّا يُحَسَّدُا يِّنْ عِنْدِ ٱنْفُسِهِمْ رِّنْ بَعْدِ مَا تَبَيِّنَ لَهُمُ الْحَقُّ ﴿ فَاعْفُوا وَاصْفَحُوا كَثَّى يَأْتِي اللَّهُ بِأَمْرِهِ ﴿ إِنَّ اللَّهَ عَلَى كُلِّ شَيْءٍ

وَٱقِيْمُوا الصَّلُوةَ وَاتُوا الزَّكُوةَ وَمَا تُقَدَّرُ مُوْالِكَ نَفُسِكُمْ مِنْ خَيْرٍ تَجِدُوْهُ عِنْدَ اللَّهِ اللَّهُ اللَّهُ بِمَا تَعْمَلُوْنَ

وَ قَا لُوْا لَنْ يَدْخُلُ الْجَنَّةُ إِلَّا سَنْ كَا نَهُودًا أَوْ نَصْرًى تِبْلُكُ أَمَّا نِيُّهُمْ قُلْ هَا تُوْا بُوْهَا نَكُمْ إِنْ كُنْتُمْ

فَلَهُ آجُرُهُ عِنْدَ رَبِّهِ ﴿ وَلَا خَوْفُ ع عَلَيْهِ مْ وَلَا هُمْ يَحْزُ نُوْنَ شَ

Ruku 14

114. Ate Abayudaaya bagamba nti: Abakulisitaayo tebalina kye baliko, n'Abakulisitaayo bagamba nti: Abayudaaya tebalina kye baliko; so nga bonna basoma Ekitabo kimu. Bwe batyo n'abo abatamanyi baayogera ekifaananira ddala n'okwogera kwabwe. Kale Allah aliramula wakati waabwe ku lunaku lw'okuzuukira mw'ebyo bye baayawukanangamu.

فِي الدُّنْيَا وَالْأَخِرَةِ ، وَيَسْعَلُوْ نَكَ عَنِ الْيَتْمِي وَقُلُ إِصْلَاحُ لَّهُمْ خَنْرٌ وَإِنَّ تُخَالِطُوْ هُ هِ فَاهْوَا نُكُوْدُوا لِلَّهُ يَعْلَمُ الْمُفْسِدَ مِنَ الْمُصْلِحِ وَلَوْ شَاءً اللَّهُ لَاعْنَتَكُمْ الدَّا للهُ عَزِيزُ حَكِيمُ ١٠٠

وَلاَ تَنْكِحُوا الْمُشْرِكُتِ حَتَّى يُؤْمِنَّ ﴿ وَ لاَمَةُ مُّؤُمِنَةً خَيْرُةِن مُّشْرِكَةٍ وَّلَوْ آعْجَبَتْكُمْ وَكَا تُنْكِحُواالْمُشْرِكِيْنَ حَتَّى يُؤْمِنُوْا ﴿ لَحَبْدٌ شُؤْمِنَّ خَيْرٌ مِّنْ مُّشْرِكِ وَ كَوْ أَعْجَبَكُمْ ﴿ أُولَٰ لِكَ يَدْعُوْنَ إِلَى النَّارِجُ وَاللَّهُ يَهُ عُوْا إِلَّى الْجَنَّةِ وَالْمَخْفِرَةِ بِإِذْ نِهِ وَيُبَيِّنُ أَيْتِهِ عَ لِلنَّاسِ لَعَلَّهُمْ يَتَذَكَّوُنَ اللَّهُ اللَّالِمُ الللَّهُ اللَّهُ اللَّهُ اللَّهُ الللَّهُ اللَّهُ اللَّهُ ال

وَيَسْتَلُوْنَكَ عَنِ الْمَحِيْضِ وَ قُلْ هُوَ آذًى فَاعْتَزِ لُواالِيِّسَآءَ فِي الْمَحِيْضِ وَلَا تَقْرَبُوْهُنَّ حَتَّى يَطْهُرْنَ مِ فَإِذَا تَطَهَّرْنَ فَأْتُوْهُنَّ مِنْ حَيْثُ آمَرَكُمُ اللُّكُ ﴿ إِنَّ اللَّهَ يُحِبُّ النَّهُ وَالِينَا وَ يُحِبُّ الْمُتَطَيِّرِ يُنَ

نِسَا وُكُمْ حَدْثُ ثُلُكُمْ مِنَا أَوْلَا حَدْثَكُمْ وَالْعَالِمِ 224. Bakyala bammwe nnimiro yammwe; kale آتى شِيئَتُمْ زَوَ قَدِّ مُوْالِا ثَفُسِكُمْ وَاتَّقُوا wemwagalira era mukulembeze birungi

<sup>2:223.</sup> Ekigambo 'Adhan' ( الكوَّى ) 'kya kabi' eky'Oluganda wano tekimalaayo bulungi makulu gali mu Aya eno. Amakulu gennyini amatuufu gali 'kukaluubirizibwa' oba 'kutawaanyizibwa' okw'akaseera

olw'emyoyo gyammwe. Era mutye Allah era mumanye nti ddala muli ba kusisinkana naye. Era wa amawulire ag'essanyu eri abakkiriza.

225.Era temufuulanga Allah ekyekwaso ku birayiro byammwe muleme kukola birungi n'okuba abekuumi n'okutabaganya wakati w'abantu. Era Allah y'Awulira byonna, ye Mumanyi wa byonna.

226. Allah tabavunaana olw'ebirayiro byammwe eby'okubalaata, naye abavunaana olw'ebyo emitima gyammwe bye gikola *mu bumalirivu*. Era Allah ye Musonyiyi ennyo, Alumirwa ennyo *abaweereza be*.

227. Eri abo abeerayirira *obutayita* eri bakyala baabwe, *ekiseera ekikomwako* okulinda myezi ena. Naye bwe badding'ana, kale ddala Allah ye Musonyiyi ennyo, Ow'ekisa ekingi.

228. Naye bwe bamalirira ku Talaka, kale ddala Allah y'Awulira byonna, y'Amanyi byonna.

229. Era abakyala abateereddwa balindirire ku lwabwe okumala ensuulumba ssatu. Naye tebakkirizibwa kukweka ekyo Allah ky'aba atonze mu nnabaana waabwe, bwe baba nga ddala bakkiriza Allah n'olunaku lw'enkomerero. Era mu kiseera ekyo, ba bbaabwe be babasinza obuyinza mu kubazza, bwe baba nga baagadde okutabagana. N'abakyala balina eddembe ly'erimu ng'ery'abasajja lye babalinako mu butuufu. Kyokka abasajja basinza abakyala eddaala.Era Allah ye Luwangula, Omugezi ennyo

## Ruku 29

230. Talaka *elangirirwa* emirundi ebiri; n'oluvannyuma *ogwokusatu* kuba *kusalawo* kusigala nabo lwa bulungi oba okubasiibula n'ekisa. Naye temukkirizibwa kutwala kintu kyonna kw'ebyo bye mwabawa, okuggyako nga bombi batidde nti tebajja kukuuma nsalo za Allah. Kale bwe mutya nti bombi tebajja kukuuma nsalo za Allah, olwo bombi tebabaako kinenyo kw'ebyo omukyala by'aba yeenunuzza nabyo. Ezo z'ensalo za Allah, kale temuzibuukanga. Era oyo abuuka ensalo za Allah, kale abo be boononyi.

الله وَاعْلَمُوْااَتَّكُمْ مُّلْقُوْهُ وَ بَشِّرِ الْمُؤْمِنِيْنَ

وَلاَ تَجْعَلُوا اللّهَ عُرْضَةً لِآيَمَانِكُمْ آنْ تَبَرُّوُا وَتَتَّقُوا وَتُصْلِحُوا بَيْنَ النَّاسِ وَاللهُ سَمِيْعُ عَلِيهُمُ النَّاسِ وَاللهُ سَمِيعَ عَلِيهُمُ النَّامِ وَاللَّهُ إِللَّهُ إِللَّهُ فِي اللَّهُ وِفَيْ آيَمَانِكُمْ وَلَكِنْ يُّوَاخِذُكُمْ بِمَاكَسَبَتْ قُلُوبُكُمْ وَاللّهُ عَفْوَدُ خَلَهُ مِمَاكَسَبَتْ قُلُوبُكُمْ

لِلَّـٰذِيْنَ يُؤُلُوْنَ مِنْ نِسَآ ثِهِمْ هَتَرَبُّصُ ٱدْبَعَـٰةِ ٱشْهُرِ؞َ فَإِنْ فَآءُوْ فَإِنَّ اللّٰهَ غَفُوْرُرَّ حِيْمُ

وَإِنْ عَزَمُواالطَّلَا قَ فَإِنَّ اللَّهَ سَمِيثَةُ عَلِيثِمُّ

وَالْهُ طُلُقْتُ يَتَرَبَّضَى بِأَنْفُسِهِنَّ كَلْكَةَ قُورُوْ وَلَا يَحِلُّ لَهُنَّ أَنْ يَكْتُمْنَ مَا هَلَقَ اللَّهُ فِنَ آرْحَامِهِنَّ إِنْ كُنَّ مُكْوَلِّ مِنَّ بِاللَّهِ وَ الْيَوْمِ الْأَخِرِ وَ بُعُولَتُهُنَّ أَحَتُّ بِرَدِّ هِنَ فِي ذَٰلِكَ إِنْ بُعُولَتُهُنَّ أَحَتُّ بِرَدِّ هِنَ فِي ذَٰلِكَ إِنْ ادَادُ وَالصَّلَاعَا وَلَهُنَّ مِثْلُ الَّذِي عَلَيْهِنَّ بِالْمَعْرُوفِ وَلِلرِّجَالِ عَلَيْهِنَّ دَرَجَةً وَلَا اللَّهُ عَزِيرُ خَكِيثَةً وَاللَّهُ اللَّهُ عَزِيرُ خَكِيثَةً وَاللَّهُ عَزِيرُ خَكِيثَةً وَاللَّهِ اللَّهُ عَزِيرُ خَكِيثَةً وَاللَّهُ اللَّهُ عَزِيرٌ خَكِيثَةً وَاللَّهُ عَزِيرُ خَكِيثَةً وَالْعَلَيْهِا لَهُ عَلَيْهِا لَهُ عَزِيرُ خَكِيثَةً وَاللَّهُ اللَّهُ عَزِيرٌ خَكِيثَةً وَاللَّهُ اللَّهُ عَزِيرٌ فَكِيثَةً وَاللَّهُ اللَّهُ عَزِيرٌ فَكُولِيرَ خَلَالًا اللَّهُ عَزِيرٌ فَكُولِيرٌ خَلَالًا اللَّهُ عَزِيرٌ فَكِيثَةً وَاللَّهُ اللَّهُ عَزِيرٌ وَاللَّهِ عَلَيْهِا اللَّهُ عَزِيرٌ وَالْعَلَيْدِينَ اللَّهُ عَزِيرٌ مَنْ اللَّهُ عَزِيرٌ فَكُولُونَ اللَّهُ عَرْمُ اللَّهُ عَنْ اللَّهُ عَالِي اللَّهُ عَلَيْهُ الْكُلُولُ عَلَيْهِا لَهُ اللَّهُ الْعَلَيْمُ اللَّهُ اللَّهُ الْمُنْ اللَّهُ الْمُنْ اللَّهُ عَلَيْهُ اللَّهُ الْمُنْ اللَّهُ الْمِنْ اللَّهُ عَزِيرٌ الْمُعْلَقُ الْمُنْ الْمُنْ الْمُنْ اللَّهُ الْمُنْ الْمُنْ الْمُنْ اللَّهُ الْمُنْ الْمُنْ الْمُنْ الْمُنْ الْمُنْ الْمُنْ الْمُنْ الْمُنْ اللَّهُ الْمُنْ ا

ٱلطَّلَاقُ مَرَّنُوس فَامُسَاكُ بِمَعْرُوفِ ٱوْتَشْرِيْحُ بِإِحْسَانٍ ﴿ وَلَا يَحِلُّ لَكُمْ آنَ تَاهُدُوُ اصِمَّ الْآيَتُمُوْهُنَّ شَيْعًا إِلَّاآنَ يَّخَافَآ الَّا يُقِيْمَا كُدُودَ اللهِ فَلَا يُغَانَ عَلَيْهِمَا الْآيُقِيْمَا افْتَدَتْ بِهِ ﴿ تِلْكَحُدُودُ اللهِ فَلَا تَعْتَدُوْهَا ءَ وَمَن يَّتَحَدَّ كُدُودُ اللهِ فَلَا فَأُولُؤِكَ هُمُ الظِّلِمُونَ ۞ 231. Naye bw'amala okumuwa Talaka ey'okusatu, kale oluvannyuma lwa yo omukazi aba takyamukkirizibwa nate, okutuusa ng'amaze kufumbirwa musajja mulala. Kale oyo bw'amuwa Talaka,olwo bombi tebabaako kinenyo bwe badding'ana, bwe baba nga bombi bakakasa nti bajja kukuuma ensalo za Allah. Ezo nno z'ensalo za Allah z'annyonnyola eri abantu abamanyi.

232. Era bwe mubanga muwa abakyalaTalaka n'oluvannyuma ne batuuka ku kiseera kyabwe eky'okubata, kale musigale nabo lwa bulungi, oba mubasiibule lwa bulungi. Naye temusigalanga nabo olw'okubalumya mulyooke mwejoogere. Era oyo akola ekyo aliba yeeryazaamanyizza yekka. Era temutwalanga mateeka ga Allah nga eky'okubalaata. Era mujjukire enneema ya Allah eri ku mmwe n'ebyo bye yassa gye muli mu Kitabo n'ebyamagezi by'ababuulirizisa. Era mutye Allah; nate mumanye nti ddala Allah ye Mumanyi wa buli kimu.

### Ruku 30

233. Era bwe muwanga abakyala Talaka nebatuusa ekiseera kyabwe *eky'okubata*, kale temubaziyizanga kufumbirwa basajja baabwe, kasita baba nga bakkiriziganyizza mu butuufu. Ekyo, alabuddwa ku kyo oyo yenna mu mmwe akkiriza Allah n'olunaku lw'enkomerero. Ekyo ky'ekisinga obutuufu gye muli era ky'ekisinga obulongoofu. Era Allah y'amanyi *byonna* naye mmwe temumanyi.

234. Era abakazi abazadde bayonse abaana baabwe okumala emyaka ebiri emijjuvu, eri abo ababa baagala okutuukiriza okuyonsa okujjuvu. Naye omusajja nannyini mwana y'avunaanyizibwa emmere yaabwe n'engoye zaabwe mu butuufu. Omuntu yenna tazitowerezebwanga wabula ng'okusobola bwe kuli. Omuzadde omukazi talumizibwanga olw'omwana we, wadde omusajja nannyini mwana olw'omwana we; era n'omusika avunaanyizibwa ky'ekimu kw'ebyo. Naye bombi bwe baagalanga okumuggya ku mabeere, nga bombi bakkiriziganyizza n'okuteeseganya, olwo tebabaako kinenyo. Era bwe muba mwagala abaana bammwe okubayonsesa abakazi abalala, kale temubaako kinenyo, فَإِنْ طَلَّقَهَا فَلَا تَحِلُّ لَهُ مِنْ بَعْدُحَتَّىٰ تَنْكِحَ زَوْجُا فَيْرَهُ ﴿ فَإِنْ طَلَّقَهَا فَلَا تَنْكِحَ زَوْجُا فَيْرَهُ ﴿ فَإِنْ طَلَّقَهَا فَلَا جُنَاحَ عَلَيْهِ مَآنَ يَتَرَاجَعَ آلِنْ طُنَّآآنَ يُتَوْمَ مَا هُوُ وَاللَّهِ مُؤْدَا اللهِ ﴿ وَتِلْكَ هُوُ وَ اللهِ يُبَيِّنُهُ الِقَوْمِ يَتَعْلَمُ وْ نَ ﴿

وَالوَالِدْتُ يُوْضِعْنَ اَوْلَادَهُنَّ حَوْلَيْنِ
كَامِلَيْنِ لِمَنْ اَرَادَانَ يُّنِتُمَّ الرَّضَاعَةُ وُ
عَلَى الْمَوْلُوْدِ لَهُ رِزْقُهُنَّ وَكِيشَوَ تُهُنَّ عَلَى الْمَوْلُوْدِ لَهُ رِزْقُهُنَّ وَكِيشَوَ تُهُنَّ عِلَى الْمَوْلُودُ لَهُ مَوْلُودُ لَهُ الْمَوْلُودُ لَهُ الْمَوْلُودُ لَكُ الْمَوْلُودُ اللّهُ الْمُوادِثِ مِثْلُ ذٰلِكَ الْمَوْلُودُ اللّهُ الْمُؤْلِدُ اللّهُ الْمُؤْلُودُ اللّهُ الْمُعْلَادُ اللّهُ الْمَعْلَى الْمُؤْلِقُ اللّهُ الللّ

kasita musasula ebyo bye mwakkiriziganyako mu butuufu. Naye mutye Allah era mumanye nti bye mukola Allah abiraba.

235. Era n'abo mu mmwe abatuusibwako okufa ne baleka abakyala, kale *abakyala* balindangako ku lwabwe *okumala* emyezi ena *n'ennaku* kkumi. Naye bwe batuukanga ku kiseera kyabwe *ekyagerebwa*, olwo mmwe temubaako kinenyo kw'ebyo bye baba bakoze ku lwabwe mu butuufu. Era bye mukola byonna Allah abitegeera.

236. Era temunenyezebwa olw'ebyo bye muba mweyanjuzza nabyo olw'okwogereza abakazi bannamwandu oba bye mukisa mu myoyo gyammwe. Allah akimanyi nti mujja kubalowoozanga. Naye temulagaananga nabo mu nkukutu, wabula mwogeranga ekigambo ekituufu, era temumaliriranga kugattibwa *nabo* mu bufumbo, okutuusa nga ekiseera ekyalagirwa kituuse ku nkomerero yaakyo. Era mumanye nti ddala Allah amanyi ebiri mu myoyo gyammwe, mumwekuume; era mumanye nti ddala Allah ye Musonyiyi ennyo, Alumirwa ennyo abaweereza be.

# Ruku 31

237. Temubaako kinenyo bwe mutalaka abakazi be mutannatuukako oba be mutannakakasiza mahare. Naye mubatonerengayo —omugagga kibeere ng'okusobola kwe bwe kuli, n'omwavu kibeere ng'okusobola kwe bwe kuli —nga mubatonera ebyeyambisibwa nga bwe kisaanira. Ekyo kikakafu ku bakozi b'ebirungi.

238. Era bwe mubawanga Talaka nga temunnabatuukako, naye nga mumaze okubakakasiza amahare, kale *mubawe* kitundu ky'amahare ge mwakakasa, okuggyako nga *abakyala* be babasonyiye oba nga oyo alina mu mikono gye obuyinza bw'okufumbiza y'asonyiye. Era bwe musonyiwa, ky'ekisinga okuba okumpi n'okutya Allah. Era temwerabiranga *okuteekawo* enkolagana ennungi wakati wammwe. Mazima bye mukola Allah abiraba.

239.Mukuumenga nnyo *ebiseera by*'essaala naddala essaala y'omu makkati, era muyimirirenga mu maaso ga Allah nga muli beetoowaze.

وَاتَّتُهُوااللَّهُ وَاعْلَمُوَّا اَنَّ اللَّهَ بِمَا تَعْمَلُوْنَ اللَّهَ بِمَا تَعْمَلُوْنَ اللَّهَ بِمَا تَعْمَلُوْنَ اللَّهِ بِمَا تَعْمَلُوْنَ اللَّهُ بِمَا تَعْمَلُوْنَ اللَّهُ بِمَا تَعْمَلُوْنَ اللَّهُ بِمَا تَعْمَلُوْنَ اللَّهُ بِمِنْ اللَّهُ اللَّ

وَالَّذِيْنَ يُتَوَقَّوْنَ مِنْكُمْوَيَذَرُوْنَ اَزْوَاجًا
يَّتَرَبَّضَنَ بِأَنْفُسِهِنَّ اَرْبَعَةَ اَشْهُرِوَّ
عَشَرًا \* فَإِذَا بَلَغْنَ اَجَلَمُنَّ فَلَا جُنَاحَ
عَلَيْكُمْ فِيْمَا فَعَلْنَ فِيْ اَنْفُسِهِنَّ الْمُعْرَفُونَ فَيْمَا فَعَلْنَ فِيْ اَنْفُسِهِنَّ بِالْمُعْرُوفِ وَاللَّهُ بِمَا تَعْمَلُونَ فَيِيمَا وَيُمَا فَعَلْنَ فِي اَنْفُسِهِنَّ بِالْمُعْرُوفِ وَاللَّهُ بِمَا تَعْمَلُونَ فَيِيمَا وَيُمَا مَعْمَلُونَ فَيْمِيمَا وَيُمَا مَعْمَلُونَ فَيْمِيمَا وَيُمَا مَعْمَلُونَ فَيْمِيمَا وَيُمَا مَعْمَلُونَ فَيْمِيمَا وَيُمَا مَرْفَعَ وَالْمُؤَنَّ وَلَيْمَا مَعْمَلُونَ اللَّهُ الْمُعْمَلُونَ اللَّهُ الْمُعْمَلُونَ اللَّهُ الْمُعْمَلُونَ اللَّهُ الْمُعْمَلُونَ اللَّهُ الْمُعْمَلُونَ اللَّهُ الْمُعْمَلُونَ اللَّهُ مَعْمَلُونَ اللَّهُ الْمُعْمَلُونَ اللَّهُ وَاعْلَمُوا اللَّهُ الْمُعْمَلُونَ اللَّهُ الْمُعْمَلُونَ اللَّهُ الْمُعْمَلُونَ اللَّهُ الْمُعْمَلُونَ اللَّهُ الْمُعْمَلُونَ اللَّهُ عَفُولُوا وَيُوا اللَّهُ الْمُعْمَلُونَ اللَّهُ عَلْمُ الْمُعْمَلُونَ اللَّهُ الْمُعْمَلُونَ اللَّهُ الْمُعْمَلُونَ اللَّهُ الْمُعْلِمُ وَالْمُوا مَنْ اللَّهُ عَفُولُوا وَيُعْلَمُ وَالْمُونَ اللَّهُ الْمُعْمَلُونَ اللَّهُ الْمُعْلِمُ وَالْمُ الْمُعْمُ الْمُعْلِمُ الْمُعْلِمُ وَالْمُونَ اللَّهُ الْمُعْمَلُونَ اللَّهُ الْمُعْمَلُونَ اللَّهُ الْمُعْمَلُونَ اللَّهُ الْمُعْمَلُونَ اللَّهُ الْمُعْمَلُونَ اللَّهُ الْمُعْمَلُونَ اللَّهُ الْمُعْمُونَ اللَّهُ الْمُعْمَلُونَ اللَّهُ الْمُعْمَلُونَ اللَّهُ الْمُعْمُونَ اللَّهُ الْمُعْمَلُونَ اللَّهُ الْمُعْمِلُونَ اللَّهُ الْمُعْمَلُونَ اللَّهُ الْمُعْمَلُونَ اللَّهُ الْمُعْمَلِقُونَ اللَّهُ الْمُعْمُونُ الْمُعْمُونَ اللَّهُ الْمُعْمُونُ اللَّهُ الْمُعْمِلُونَ اللَّهُ الْمُعْمِلُونُ اللَّهُ الْمُعْمُلُونَ اللَّهُ الْمُعْلِمُ الْمُعْلِمُ الْمُعْمُونُ الْمُعْمُ الْمُعْمُونُ الْمُعْلِمُ الْمُعْلِمُ الْمُعْلِمُ الْمُعْلِمُ الْمُعْلِمُ الْمُعُلِقُونَ الْمُعْلِمُ الْمُ

لَا جُنَا حَ عَلَيْ كُمْرَنْ طُلَقْتُهُ النِّسَآءَ مَا لَمُ تَمَسُّوْ هُنَّ أَوْ تَفْرِضُوْ النِّسَآءَ مَا لَمُ تَمَسُوْ هُنَّ أَوْ تَفْرِضُوْ النَّهُ تَ فَرِيْضُوْ النَّهُ تَعَلَى الْمُقْتِرِ قَدَّرُهُ \* مَتَاعًا لِمَحْرِنِيْنَ هَا الْمُقْتِرِ قَدَرُهُ \* مَتَاعًا لِالْمَحْرُونِ ثَعْلَى الْمُحْرِنِيْنَ هُوَ عَلَى الْمُحْرِنِيْنَ هُوَ عَلَى الْمُحْرِنِيْنَ هُوَ الْمُحْرِنِيْنَ هُوَ الْمُحْرِنِيْنَ هُوَ الْمُحْرِنِيْنَ هُو اللَّهُ وَعَلَى الْمُحْرِنِيْنَ هُو اللَّهُ وَعَلَى الْمُحْرِنِيْنَ اللَّهُ وَعَلَى الْمُحْرِنِيْنَ اللَّهُ الْمُولِلَّةُ اللَّهُ اللَّهُ ال

مَافِظُوْا عَلَى الصَّلَوٰتِ وَ الصَّلُوةِ الصَّلُوةِ الْكُلُوةِ الْكُلُوةِ الْكُلُوةِ الْكُلُوةِ الْكُلُوةِ الْكُلُوةِ الْمُلُوةِ الْمُلُوةِ الْمُلُوةِ الْمُلُودِ الْمُلُودِ الْمُلُودِ الْمُلُودِ الْمُلُودِ اللّهِ الْمُلْوِقِ الْمُلُودِ اللّهِ الْمُلُودِ السَّلُودِ السَّلَادِ السَّلُودِ السَلَّلُودِ السَّلُودِ السَّلُودِ السَّلُودِ السَّلُودِ السَّلَادِ السَّلُودِ السَّلَادِ السَّلُودِ السَّلُودِ السَّلُودِ السَّلُودِ السَّلُودِ السَّلُودِ السَّلُودِ السَّلُودِ السَلَّلَادِ السَّلَادِ السَّلَادِ السَّلُودِ السَّلُودِ السَّلُودِ السَّلَادِ الس

240. Naye bwe mubangamu okutya, kale *musaale* ng'eno bwe mutambula oba nga mwebagadde. Naye bwe mubanga emirembe, olwo mutenderezenga nnyo Allah nga bwe yabayigiriza ebyo bye mwali mutamanyi.

241. Era abo abafa mu mmwe nebaleka abakyala, balaamire bakyala baabwe okubawa ebyetaago okumala omwaka gumu nga tebagobeddwa mu nnyumba. Naye bwe bavangamu ku lwabe, olwo mmwe temubaako kinenyo olw'ekyo kye baba bakoze ku lwabwe mu butuufu. Era Allah ye Luwangula, Omugezi ennyo.

242. Era abakazi abateereddwa baweebwe ebyeyambisibwa nga bwe kisaanira. *Ekyo* kikakafu ku batya Allah.

243. Bw'atyo nno Allah bw'annyonnyola gye muli ebiragiro bye mulyooke mukozese amagezi.

Ruku 32

244. Abaffe, tewalaba abo abaava mu maka gaabwe nga bali mu nkumi olw'okwekeka okufa? Kale Allah n'abagamba nti: Mufe, n'oluvannyuma n'abazuukiza. Ddala Allah ye nannyini mikisa eri abantu, naye abasinga obungi tebeebaza.

245. Era mulwane mu kkubo lya Allah era mumanye nti ddala Allah ye Muwulizi wa byonna, Omumanyi wa byonna.

246. Ani oyo anaawola Allah okuwola okulungi alyooke amuyingiwalize okuyingiwaza okungi? Era Allah y'akendeeza era y'ayanjuluza, era gy'ali gye mulizzibwa.

247. Abaffe, tewalaba ebyafa ku bakungu b'abaana ba Isirairi oluvannyuma lwa Mūsa? Awo bwe baagamba Nabbi waabwe nti: Tuteerewo kabaka tulyooke tulwane mu kkubo lya Allah. Nabbi n'agamba nti: Ob'olyawo mwaliba nga bwe munaalaalikibwa okulwana, temuulwane. Nebagamba nti: Nsonga ki eneetugaana okulwana mu kkubo lya Allah ng'ate twagobebwa ne mu maka gaffe netulesebwa n'abaana baffe? Naye bwe baalaalikibwa okulwana, beekyuusa okuggyako abatono ennyo mu bo. Era aboonoonyi, Allah abamanyi bulungi.

فَانَ خِفْتُهُ فَرِجَالًا أَوْ رُكْبَانًا \* فَإِذَآ آمِنْتُهُ فَاذْ خُرُواالله حَمَاعَلَّمَكُهُ اللهِ آمِنْتُهُ ذَهُ وَاذَهُ آرُهُ وَاللهِ

لَّهُ تَكُوْنُوْا تَعْلُمُوْنَ ﴿
وَالَّذِيْتَ يُتُوَقِّوْنَ مِنْكُمْ وَيَذَرُوْنَ وَالَّهِ مِنْكُمْ وَيَذَرُوْنَ الْمَادُونَ الْمَادُونَ الْمَادُونَ الْمَادُونَ الْمَادُونَ الْمَادُونَ الْمَادُ فَيْرَ الْمُونَ الْمَادُ فَيْرَ الْمُعَلِّمُ ﴿
وَالْمُطَلَّقُتِ مَتَاعٌ إِالْمَعْرُونِ ، مَقًّا الْمَعْرُونِ ، مَقًّا عَلَالُمُ عَرُونِ ، مَقًّا عَلَى الْمُعَرُونِ ، مَقًّا الْمُعَلَى الْمُتَقَانَ ﴾

كَذْلِكَ يُبَيِّنُ اللَّهُ لَكُمْ الْنِهِ لَعَلَّكُمْ عَ تَعْقِلُونَ شُ

الَمْتَرَالَى الَّذِيْنَ خَرَجُوْامِنْ حِيَارِهِمْ وَهُمُ الُوْفُ مَذَرَالْمَوْتِ مِنْقَالَ لَهُمُ اللَّهُ مُوْتُوْاتِ ثُمَّ آهِيَاهُمْ وَلِثَّ اللَّهُ لَذُوْ فَضْلٍ عَلَى النَّاسِ وَلٰكِنَّ اكْتُرَ النَّاسِ لَا يَشْكُرُونَ

وَقَاتِلُوْا فِي سَبِيْلِ اللهِ وَاعْلَمُوْا آنَّ اللهِ اللهِ وَاعْلَمُوْا آنَّ اللهِ اللهِ وَاعْلَمُوْا

مَنْ ذَاالَّ ذِيْ يُقُرِضُ الله قَرْضًا حَسَنًا فَيُضْحِفَهُ لَهَ اَصْعَافًا حَرِيْكُمْ وَاللهُ فَيُضْحِفَهُ لَهَ اَصْعَافًا حَرِيْكُمْ وَاللهُ يَقْبِضُ وَيَبْصُّطُ وَ لِنَهِ مِثْرَ جَعُونَ ﴿ اللهُ مِنْ بَنِيْ اِسْرَاءِ يَلَ الْمَلَا مِنْ بَنِيْ اِسْرَاءِ يَلَ لَا الْمَلَا مِنْ بَنِيْ السَّرَاءِ يَلَ لَا مَلَا مَلِكُمُ الْقِالِيْ فَيْ سَيْمُلُ اللهِ اللهُ مُنَا مَلِكُ اللهُ عَلِيمُ اللهُ اللهُ عَلِيمُ اللهُ اللهُ اللهُ اللهُ اللهُ عَلِيمُ اللهُ اللهُ عَلَيمُ اللهُ اللهُ عَلَيمُ اللهُ اللهُ اللهُ عَلِيمُ اللهُ اللهُ

248.Era Nabbi waabwe yabagamba nti: وَقَالَ لَهُمْ نَبِيتُهُمْ إِنَّا اللَّهِ قَدْ بَعَتَ اللَّهِ اللهِ عَدْ بَعَتَ اللهِ اللهِ عَدْ بَعَتَ اللهِ اللهِ عَدْ بَعَتَ اللهِ اللهِ عَدْ اللهِ اللهِ عَدْ اللهِ اللهُ اللهِ اللهُ اللهِ Mazima Allah amaze okubalondera Tālūti okuba kabaka, ne bagamba nti: Ng'afuna atya كُمْ طَا لُوْتَ مَالِكًا وَالْقَى يَكُوْنُ لَهُ الْمُعَالِقَا لُوْنَ مَالِكُمْ طَا لُوْتَ مَالِكًا وَالْوَا الْفَيْكُوْنُ لَهُ الْمُعَالِقُونَ لَهُ اللّهُ اللّهُ اللّهُ عَلَيْهُ اللّهُ اللّهُ مِنْ اللّهُ اللّهُ اللّهُ اللّهُ اللّهُ عَلَيْهُ اللّهُ اللّهُ عَلَيْهُ اللّهُ اللّهُ اللّهُ اللّهُ عَلَيْهُ اللّهُ اللّهُ اللّهُ اللّهُ اللّهُ اللّهُ عَلَيْهُ اللّهُ اللّهُ اللّهُ اللّهُ عَلَيْهُ اللّهُ عَلَيْهُ اللّهُ الللّهُ اللّهُ obufuzi ku ffe so nga ffe tusaanira obufuzi okusinga ku ye? Ate taweebwanga na ku butitimbe bwa bya bugagga. Nabbi n'agamba المال nti: Mazima Allah ye gw'alonze ku mmwe era amwongedde okumugaziyiza eby'amagezi اصطفعه عَلَيْكُمْ وَزَادَة بشطةً فِ الْعِلْمِ obwakabaka bwe oyo gw'aba ayagadde. Era كَالْجِشُودُ وَاللَّهُ يُؤُرِّنَ مُلْكَهُ مَنْ يَشَاءُ وَ وَالْجِشُودُ وَاللَّهُ يُؤُرِّنَ مُلْكَهُ مَنْ يَشَاءُ وَ وَالْجِشُودُ وَاللَّهُ يُؤُرِّنَ مُلْكَهُ مَنْ يَشَاءُ وَ وَالْجِشُودُ وَاللَّهُ يَا اللَّهُ عَلَى اللَّ Allah ye Lugaba, Omumanyi wa byonna.

249. Era Nabbi waabwe yabagamba nti: Mazima akabonero k'obufuzi bwe kali nti mujja kujjirwa omutima ogulimu obutebenkevu obuva eri Mukama wammwe n'ebyo ebyasigalawo kw'ebyo ebyalekebwawo abantu ba Mūsa n'abantu ba Hārūna nga bisituddwa ba malayika. Mazima mw'ekyo mulimu akabonero gye muli, bwe muba nga muli bakkiriza.

#### Ruku 33

250. Kale awo Tālūti bwe yasitula n'amagye, yagamba nti: Mazima Allah ajja kubagezesa n'omugga. Kale oyo anaagunywamu, ddala oyo si wange; naye oyo ataligalozaako, ddala oyo ye wange, okuggyako oyo alisenesa ky'omukono ekibatu gwe. baagunywamu,okuggyako abatono ennyo mu bo.Kale bwe yagusomoka, ye n'abo abakkiriza abaali awamu naye, bali baagamba nti: Olwa leero tetujja kusobola Jālūti n'amagye ge. *Naye* abo abakakasa nti ddala ba kusisinkana ne Mukama waabwe, baagamba nti: Ebibinja bimeka ebitono ebyawangula ebibinja ebingi olw'okulagira kwa Allah! Era Allah ali n'abagumiikiriza.

251. Awo bwe baatala eri Jālūti n'amagye ge, baagamba nti: Mukama waffe, tuyiire obugumiikiriza era onyweze ebigere byaffe era otuyambe ku bantu abatakkiriza.

252. Kale baabawangula olw'obuyinza bwa Allah ne Dāūda n'atta Jālūti era Allah n'amuwa obwakabaka n'ebyamagezi era n'amuyigiriza kw'ebyo bye yayagala. Era singa tekwali kukubirira kwa Allah eri abantu ku bannaabwe, mazima ensi yonna

الْمُلْكُ عَلَيْنَا وَنَحْنُ آحَقُّ بِالْمُلْكِ مِنْهُ اللُّهُ وَاسِعٌ عَلِيْمُ

وَقَالَ لَهُمْ نَبِيتُهُمْ إِنَّ أَيَّةً مُلْكِمْ أَنْ يَّالْتِيكُمُ التَّاكِبُوْتُ رِفِيْدِ سَكِيْنَةُ رِبِّنْ رَّيِّكُمْ وَبَقِيَّةُ يِّمَّا تُولِكَ الْ مُوسَى وَ الُ هُرُونَ تَحْمِلُهُ الْمَلْئِكَةُ التَّفِي ذَلِكَ عُ لايةً لَكُمْ إِنْ كُنْتُمْ مُؤْمِنِيْنَ ﴿

فَلَمَّا فَصَلَ طَالُوْتُ بِالْجُنُودِ "قَالَ إِنَّ الله مُبْتَلِيْكُمْ بِنَهَرِ ﴿ فَمَنْ شَرِبَ مِنْهُ فَكَيْسَ مِخِّيْ ۚ وَمَنَ لَكُمْ يَطِحَمْهُ فَإِنَّهُ مِخِيْ الله مَنِ اعْتَرَفَ غُرْفَةً بِيدِهِ مَ فَشَرِبُوا مِنْهُ إِلَّا قَلِيْلًا مِنْهُمُ ﴿ فَلَمُّنَّا كِمَا وَزَهُ هُوَ وَالَّذِيْنَ أَمَنُوا مَعَكُ عَا لُوْالُاطَا قَةَ لَنَا الْيَوْمَ بِجَالُوْتَ وَجُنُوْدِهِ قَالَ الَّذِينَ يَظُنُّونَ ٱلَّهُمْ مُّلْقُواا سُلِّهِ كُمْ مِّنْ فِئَةٍ قليثكة غكبث فئة كثيرة بإذب اللها وَاللَّهُ مَعَ الصَّبِرِيْنَ

وَكُمَّا بَرُزُوْا لِجَالُوْتَ وَجُنُوْدٍ مِ قَالُوْا رَبَّنَا آفْرِغ عَلَيْنَا صَبْرًا وَثَبَّتْ ٱقْدَامَنَا وَأَنْصُرْنَاعَلَى الْقَوْمِ الْكُفِرِيْنَ ٥ فَهَزَمُوْهُمْ بِإِذْنِ اللهِ سُوقَتَلَ دَاؤَدُ جَالُوْتَ وَأَتْمَهُ اللَّهُ الْمُلْكَ وَالْحِكْمَةَ وَعَلَّمَهُ مِمًّا يَشَآءُ وَلَوْ كَا دَفْعُ اللَّهِ النَّاسَ يَعْضَهُمْ بِبَعْضِ الْفَسَدَتِ

yaalitabuse. Naye Allah ye nannyini kisa eri abantu.

253. Ezo nno ze Aya za Allah zetukusomera mu mazima. Era ddala oli mu Batume.

### Juzu 3

254. Abo be Batume, abamu ku bo twabasukkulumya ku balala. Mu bo mulimu Allah be yayogera ennyo nabo era n'asitula n'abamu mu bo mu madaala. Era twawa 'Isa mutabani wa Maryamu obukakafu obw'olwaatu era netumuwagira n'omwoyo gw'obutuukirivu. Era singa Allah yayagala, abo ab'oluvannyuma lwabwe tebaalirwanaganye nga bamaze okutuukibwako obubonero obw'olwaatu, naye baayawukanamu. Kale mu bo mulimu abakkiriza, ne mu bo mulimu abeerema. Era singa Allah yayagala, tebaalirwanaganye. Naye Allah akola nga bw'aba ayagadde.\*

# Ruku 34

256. Allah ye yekka. Teri musinzibwa mulala okuggyako Ye. Ye Mulamu, Eyeebeezawo yekka era Abeezaawo buli kimu. Takwatibwa kusumagira wadde otulo. Byonna ebiri mu ggulu n'ebiri mu nsi bibye. Ani oyo awolereza omuntu yenna mu maaso ge, okuggyako olw'okukkiriza kwe? Y'amanyi ebiri mu maaso gaabwe n'ebiri emabega waabwe; era tebayinza kwetooloola kyonna mu kumanya kwe, okuggyako ekyo ky'aba ayagadde. Nnamulondo\* ye yabuna wonna mu ggulu ne mu nsi; era okubikuuma tekumukooyesa; era Ye ye wa Waggulu ennyo, Omusukkirivu.

الَّارُفُ وَلْحِنَّ اللهَ ذُوْفَضْلٍ عَلَىٰ اللهَ اللهُ وَفَضْلٍ عَلَىٰ اللهِ اللهُ عَلَىٰ اللهُ عَلَىٰ اللهُ الل

تِلْكَ أَيْتُ اللّٰهِ نَتْلُوْ هَا عَلَيْكَ بِالْحَقِّ الْحَقِّ الْحَقِّ اللَّهِ الْحَقِّ اللَّهِ الْحَقِّ الْ وَإِنَّاكَ لَمِنَ الْمُرْسَلِيْنَ

وَلا يَئُودُهُ حِفْظُهُما مِ وَهُ

<sup>2:254.</sup> Aya eno okutegeerekeka obulungi kyetaagisa omusomi ayimirireko ku kigambo 'alaa ba'dhi (ku balala) atandike ne Min-hum (mu bo), nga bwe kiri mu nzivuunula yaffe.

<sup>2:256:</sup> Ekigambo 'Kursiyyu' ( צُלْפּבْ ) kitegeeza obuyinza, entebe oba nnamulondo. Wano nnamulondo kiwa amakulu magazi kubanga kizingiramu okumanya kwa Allah, obuyinza bwe awamu n'ekitiibwa kye.

257. Mu ddiini temuliimu kuwaliriza. Ddala obulung'amu bumaze okunnyonnyoka okuva ku bubuze. Kale oyo aneegaana Sitaani n'akkiriza Allah, mazima anaaba yekutte ku kyekwatwako ekinywevu ennyo ekitamenyeka. Era Allah ye Muwulizi wa byonna, Omumanyi wa byonna.

258. Allah ye Mukwano gw'abo abakkiriza: abaggya mu kizikiza okubalaza mu butangaavu. Naye abo abatakkiriza, abajeemu gye mikwano gyabwe: babaggya mu butangaavu nebabalaza mu kizikiza. Abo be bantu b'omuliro; bo mu gwo mwe balibeera.

## Ruku 35

259. Abaffe, tewalaba oyo eyawakana ne Ibrāhimu ku bifa ku Mukama we olw'okubanga Allah yamuwa obwakabaka? Awo Ibrāhimu bwe yagamba nti: Mukama wange y'Oyo awa obulamu era y'afiisa. *Oli* n'agamba nti: Nange mpa obulamu era nfiisa. Ibrāhimu n'agamba nti: Kale ddala Allah aleeta enjuba okuva ebuvanjuba, kati ggwe gireete ng'eva bugwanjuba. Oli omutakkiriza yamumunyala. Era Allah talung'amya bantu bajoozi.

260. Oba okufaanana ng'oli eyayita ku kibuga nga kigudde wansi ku busolya bwa kyo, n'agamba nti: Abaffe, kino Allah alikiramusa ddi oluvannyuma lw'okuzikirira kwa kyo? Kale Allah n'amufiisa okumala emyaka kikumi, n'oluvannyuma n'amuzuukiza. N'agamba nti: Omaze bbanga ki? N'agamba nti: Mmaze olunaku lumu oba ekitundu ky'olunaku. Allah n'agamba nti: Nedda, omaze emyaka kikumi. Naye tunulako eri emmere yo n'ebyokunywa byo, tebinnagaga. Ate tunulako n'eri endogoyi yo. Era ekyo tukikoze tulyooke tukufuule akabonero eri abantu. Era tunulako olabe amagumba engeri tugayungamu n'oluvannyuma netugambaza ennyama. Kale bwe kyannyonnyoka gy'ali, n'agamba nti: Ntegedde nti ddala Allah ye Musobozi wa buli kimu.

لَآلِكُوالاَ فِ الرِّيْوِدُ قَدْ تَبَيَّنَ الرُّنَدُ مِنَ الْغَيِّ مِ فَمَنْ يَكُفُرُ بِالطَّاغُوْتِ وَ يُؤْمِنُ بِاللهِ فَقَرِ اسْتَمْسَكَ بِالْكُورَةِ الْوُثْقَى كَا نَفِصَامَ لَهَا وَاللَّهُ سَمِيعَ عَلِيدُمُ

آنله وليُّ الَّذِينَ امَنُوا الْيُخْرِجُهُمْ قِنَ الظُّلُمْتِ إِلَى النُّوْرِ الَّذِينَ كَفَرُوْ الطُّلُمُتِ اللَّاعُوثُ الطَّاعُوثُ المَّاعُوثُ الطَّاعُوثُ المَّاعُوثُ المَّاعُونُ الطَّاعُونُ المَّاكُورِ اللَّا الظُّلُمُتِ المُعْلَمِةُ المُعْلَمِةُ النَّارِ مَهُمُ وَيْنَهَا الْمُعْلَمِينَ المُعْلَمِينَ النَّارِ مَهُمُ وَيْنَهَا الْمُعْلِقِينَ المُعْلَمِينَ المُعْلَمِينَ المُعْلِمُ المُعْلَمِينَ المُعْلِمُ المُعْلَمِينَ المُعْلَمِينَ المُعْلِمِينَ المُعْلَمِينَ المُعْلِمُ المُعْلَمِينَ الْمُعْلِمُ المُعْلِمُ المُعْلَمِينَ الْمُعْلِمُ المُعْلِمُ المُعْلِمُ المُعْلِمُ المُعْلَمِينَ اللَّهُ الْمُعْلِمُ المُعْلَمِينَ الْمُعْلِمُ اللَّهُ الْمُعْلِمُ اللَّهُ الْمُعْلَمِينَ الْمُعْلَمِينَ الْمُعْلِمُ الْمُعِلِمُ الْمُعْلِمُ الْمُعِلَمُ الْمُعْلِمُ الْمُعِلِمُ الْمُعْلِمُ الْمُعْلِمُ الْمُعْلِمُ الْمُعْلِمُ الْم

ٱلَمْ تَوَ إِلَى الَّـٰذِي حَاجَّ إِبْرُحِمَ فِي و ربية أن الله الله المثلك مرد قال لِ ابْرُهِ مُرَرِّتِيَ الْكَذِيْ يُحْي وَيُمِيْتُ، قَالَ أَنَا أُحِي وَأُمِيْتُ ، قَالَ رِابُوْهِمُ فَإِنَّ بِهَا مِنَ الْمَغْرِبِ فَبُهِتَ الَّذِيْ حَفَرَ، وَاللَّهُ لَا يَهْدِي الْقَوْمَ الظُّلِمِ انْ أَقَ ٱڎٛػٳڷۧڿؽٛڡڗۜۼڶۊۯؽۊؚڐڝؽڂ<u>ٳۅ</u>ؽڎؙ عَلَى عُرُوْشِهَا تَالَ الله يحي هذوا مله بَعْدَ مَوْتِهَاء فَأَمَا تَسْهُ اللَّهُ مِا ثَنَّةً عًا مِرْثُمَّ بَعَثَهُ وَالَ عَمْ لَمِ ثُبِّ وَ قَالٌ لَينْتُ يَوْمًا أَوْ بَعْضَ يَوْمِ ، قَالَ بَلْ لَبِنْتَ مِائِهَ عَامِمِ فَانْظُرْ إِلَى طَعَامِكَ وَشَرَابِكَ لَمْ يَتَسَنَّا انْظُرْ إِلَى حِمَّارِكُ وَلِنَجْعَلَكَ أَيّ لِلنَّاسِ وَانْظُرْ إِلَى الْعِظَا مِكَيْفَ نُنْشِرُهَا ثُمَّ نَكُسُوْ هَا لَحُمًّا، فَلَمًّا تَبَيَّنَ لَهُ، قَالَ آعْلَمُ آنَّ اللَّهُ عَلَىٰ كُلِّ شَيْءٍ قَدِيرُج

261.Era *mujjukire* nga Ibrāhīmu bwe yagamba nti: Mukama wange, ndaga engeri gy'ozuukizaamu abafu. *Allah* n'agamba nti: Abaffe, tokkiriza? N'agamba nti: Si kyo, naye *nkisabye* omutima gwange gulyooke gutebenkere. *Allah* n'agamba nti: Kale ddira ennyonyi nnya ozeemanyiize n'oluvannyuma oteeke buli emu ku zo ku lusozi, n'oluvannyuma zikoowoole; zijja kujja gy'oli bunnambiro. Era manya nti ddala Allah ye Luwangula, Omugezi ennyo.

### Ruku 36

262. Enfaanana y'abo abatoola eby'obugagga bwabwe mu kkubo lya Allah ering'anga empeke *emu esimbwa* n'ebalako ebirimba musanvu, nga buli kirimba kiriko empeke kikumi. Era Allah y'ayingiwaliza oyo gw'aba ayagadde; era Allah ye Lugaba, Omumanyi wa byonna.

263. Abo abatoola eby'obugagga bwabwe mu kkubo lya Allah n'oluvannyuma nebatagobereza ebyo bye batodde na kukomereza oba okulumya, balifuna empeera yaabwe eri Mukama waabwe era tebaliba na kutya kwonna wadde tebalinakuwala.

264. Ekigambo ekirungi n'okusonyiwa bisinga saddaaka egoberezebwa okulumya. Era Allah Yeemala, Alumirwa ennyo abaweereza be.

265. Abange mmwe abakkiriza, temudibaganga saddaaka zammwe n'okukomereza n'okulumya, okufaanana ng'oyo atoola eby'obugagga bwe olw'okulabwa abantu, naye nga takkiriza Allah n'olunaku lw'enkomerero. Kale enfaanana ye aling'anga olwazi oluseerevu oluliko ettaka, kale nelutuukibwako enkuba ey'amaanyi n'eruleka nga lwereere. Tebalina kyonna kye basobola *kufuna* mw'ebyo bye bakola. Era Allah talung'amya bantu beeremye.

266. Era enfaanana y'abo abatoola eby'obugagga bwabwe olw'okunoonya okusiima kwa Allah n'okunyweza emyoyo gyabwe, ering'anga ennimiro eri ku kasozisozi etuukiddwako enkuba ey'amaanyi, olwo

وَ إِذْقَالَ إِبْرُهِمُرَتِ ارِنْ كَيْفَ تُحْيِ الْمَوْتَٰ ، قَالَ اَوْ لَمْ تُؤْمِنْ ، قَالَ بَلْ وَلٰكِنْ لِيَطْمَئِنَّ قَلْبِيْ ، قَالَ نَهُنْ اَرْبَعَةُ مِّنَ الطَّيْرِ فَصُرْهُنَّ إِلَيْكَ ثُمَّ اجْعَلْ عَلْ حُلِّ جَبَلٍ مِّنْهُنَّ جُزْءُ ثُمَّ اجْعَلْ عَلْ حُلِّ جَبَلٍ مِّنْهُنَّ جُزْءُ ثُمَّ اذْعُهُنَّ يَاْتِينَكَ سَعْيًا ، وَاعْلَمُ اَنَّ عَلَى اللّهُ عَزِيدُزُ كُلِيمُ

مَثَلُ الَّذِيْنَ يُنْفِقُونَ آمُوَالَهُمْ فِيْ سَبِيْلِ اللهِ كَمَثَلِ حَبَّةٍ آثُبَتَثَ سَبْعَ سَنَابِلَ فِيْ كُلِّ سُنْ بُلَةٍ يِّاكَةُ حَبَّةٍ وَاللهُ يُضْعِفُ لِمَنْ يَشَاءُ وَاللهُ عَلِيمُ

الذين يُنْفِقُونا مُوالهُمْ فِي سَبِيلِ اللهِ ثُمَّلا يُعْبِعُون مَا اَنْفَقُوا مَثَّا وَ آادًى اللهُمْ اَجُرُهُمْ وَنَدَرَبِهِمْ كَاخَوْفُ عَلَيْهِمْ وَلاهُمْ يَحْزَنُون وَكَا هُمُ يَحْزَنُون وَكَا هُمُ يَعْزَنُون وَكَا مُعْفِرَةً خَيْرُ مِّن قُولُ مَعْوُونَ وَمَعْفِرةً خَيْرُ مِّن صَدَقَةٍ يَتْبَعُهَا اَذًى اوَاللهُ عَنِيْ

يَّا يُّهُا الَّذِينَ امَنُوا لَا تُبْطِلُوا صَدَقْتِكُمْ بِالْمَنِّ وَالْاَذِي الْكَلْذِي يُنْفِقُمَا لَهُ رِكَاءَ النَّاسِ وَ لَا يُؤْمِنُ بِاللَّهِ وَالْيَهِ هِ الْاِخِرُ فَمَثَلُهُ كُمَثَلِ صَفْوَاتٍ عَلَيْهِ تُرَابُ فَاصَابَهُ وَابِلُ فَتَرَكَهُ صَلْمًا لَا يَقْدِرُونَ عَلْ يَيْ فَتَرَكَهُ صَلْمًا وَاللَّهُ لَا يَهْدِى الْقَوْمَ الْكُفِرِينَ 6

وَمَثَلُ الَّذِيْنَ يُنْفِقُونَ امْوَالَهُمُ ابْتِغَاءَمَرْضَاتِ اللهووَ تَغْبِيثًا مِّنْ انْفُسِهِمْكَمَثَلِجَنَّةٍ بِرَبْوَةٍ اصَابَهَا n'ebaza ebibala bya yo emirundi ebiri. Ate nga ne bw'etatuukibwako nkuba ya maanyi, n'oluwandaggirize *lumala*. Era bye mukola, Allah abiraba.

267. Abaffe, omu mu mmwe yaalyagadde abeere n'essamba y'emitende n'emizabibu nga n'emigga gikulukuta wansi wa yo, nga agirinamu n'ebibala ebya buli ngeri—n'atuukibwako obukadde ng'alina abaana nsonjogo— olwo *essamba* n'ekubibwa kibuyaga alimu omuliro n'ebengeya? Bwe kityo nno Allah abannyonnyola Aya ze mulyooke mufumiitirize.

## Ruku 37

268. Abange mmwe abakkiriza, mutoolenga okuva mu birongoofu bye mufunye ne kw'ebyo bye tubaggyira mu ttaka; naye temunoonyangamu bibi nti bye muba mutoola, so nga nammwe singa bibaweereddwa temwalibitutte, okuggyako nga mubikkiridde bubikkirizi ku byo. Era mumanye nti ddala Allah Yeemala, y'Atenderezebwa.

269. Sitaani abatiisa obwavu ate n'abalagira n'okukola ebitasaana. Naye Allah abasuubiza okusonyiyibwa okuva gy'ali n'emikisa. Era Allah ye Mwanjulukufu w'okugaba, Omumanyi wa byonna.

270. Y'awa amagezi oyo gw'aba ayagadde. Era oyo aweebwa amagezi, kale ddala aba aweereddwa ebirungi nfaafa. Era teri afumiitiriza, okuggyako abo abalina amagezi.

271.Era *buli* kyonna kye mutoola mu bitoolebwa oba kye mweyama mu byeyamo, mazima Allah akimanya. Era aboonoonyi tebalina bayambi.

272. Bwe mutoola saddaaka mu lwaatu, kale n'ekyo kirungi nnyo; naye bwe muzikisa nemuziwa abaavu, kale ekyo ky'ekisingira ddala obulungi ku lwammwe; ne *Allah* abasangulako ebibi byammwe. Era byonna bye mukola, Allah abitegeera.

وَابِلُ فَأَتَثُ أُكُلَهَا ضِعْفَيْنِ مِفَانَ لَهُ يُصِبْهَا وَابِلُ فَطَلُّ ، وَاللَّهُ بِمَا تَعْمَلُوْنَ بَصِيْرُ

اَيَوَدُّا َحَدُّكُمْ اَنْ تَكُوْنَ لَهُ جَنَّةً مِّنْ اَنْ وَيُمُ اَنْ تَكُوْنَ لَهُ جَنَّةً مِّنْ اَنْ وَيُمُامِنْ كُلِّ الشَّمَرُ اِن الشَّمَرُ اللهُ وَ اَصَابَهُ الْكِبَرُ وَ لَهُ دُرِيّةً وَ اَصَابَهُ الْمُصَادُ وَيَهُ اللّهُ صُعَفَاءً عِنْ فَاصَابِهُ الْمُصَادُ وَيُهُ مَنْ وَاللّهُ صُعَفَاءً عَنَا مَا اللّهُ اللّهُ مُعَفَاءً عَنَا اللّهُ عَنِينًا اللّهُ اللّهُ اللّهُ اللّهُ عَنِينًا اللّهُ عَنْ اللّهُ عَنْ اللّهُ اللّهُ اللّهُ اللّهُ عَنْ اللّهُ اللّهُ عَنْ اللّهُ اللّهُ عَنْ اللّهُ الللللللللللّهُ اللّهُ اللّهُ اللّهُ اللّهُ

الشَّيْطِيُ يَعِدُكُمُ الْفَقْرَ وَ يَاْمُزُكُمْ الْفَقْرَ وَ يَاْمُزُكُمْ الْفَقْرَ وَ يَاْمُزُكُمْ الْفَقْرَ وَ يَاْمُزُكُمْ الْفَقَرَ وَ يَاْمُزُكُمْ الْفَقَرَ وَ يَاْمُزُكُمْ اللَّهُ يَعِدُكُمُ مَّغَفِيرَةً فَيَّا اللَّهُ عَلِيمَهُ أَنَّ الْحَامَةُ مَنْ يَسْتَنَا الْحِكْمَةُ مَنْ يَسْتَنَا الْحِكْمَةُ مَنْ يَسْتَنَا الْحِكْمَةُ مَنْ يَسْتَنَا الْحِكْمَةُ فَقَدْ الْوَرْقِي خَيْرًا لَيْكُوا الْحَامَةُ مَنَا يَدَدُّكُمُ اللَّهُ الْوَلُوا الْوَلُوا الْوَلُوا الْوَلُوا الْوَلُوا الْوَلْمَا اللَّهُ الْوَلُوا الْوَلْمَا اللَّهُ الْوَلُوا الْوَلْمَالِي الْوَلْمُوا الْوَلْمَالُوا الْوَلْمُ الْوَلْمُوا الْوَلْمُوا الْوَلْمُوا الْوَلْمُوا الْوَلْمُوا الْوَلْمُوا الْوَلْمُ الْوَلْمُ الْوَلْمُ الْوَلْمُ الْوَلْمُ الْوَلْمُ اللَّهُ الْمُؤْمِنُ اللَّهُ الْمُؤْمِنُ اللَّهُ الْمُؤْمِنُ اللَّهُ الْمُؤْمِنُ اللَّهُ الْمُؤْمِنُ اللَّهُ اللَّهُ الْمُؤْمِنُ اللَّهُ اللَّهُ اللَّهُ اللَّهُ الْمُؤْمِنُ اللَّهُ الْمُؤْمِنُ اللَّهُ الْمُؤْمِنُ اللَّهُ الْمُؤْمِنُونُ اللَّهُ اللَّهُ الْمُؤْمِنُ اللَّهُ الْمُؤْمِنُ اللَّهُ الْمُؤْمِنُ الْمُؤْمِنُ الْمُؤْمِنُ اللَّهُ الْمُؤْمِنُ الْمُؤْمِنُ اللَّهُ الْمُؤْمِنُ الْمُؤْمِنُ اللَّهُ الْمُؤْمِنُ الْمُؤْمِنُ الْمُؤْمِنُ الْمُؤْمِنُ اللَّهُ الْمُؤْمِنُ الْمُؤْمِنُ الْمُؤْمِنُ الْمُؤْمِنُ الْمُؤْمِنُ الْمُؤْمِنُ اللَّهُ الْمُؤْمِنُ اللْمُؤْمِنُ اللْمُؤْمِنُ الْمُؤْمِنُ الْمُؤْمُ الْمُؤْمِنُ الْمُؤْمُ الْمُؤْمُ الْمُؤْمُ الْمُؤْمُ الْمُؤْمِمُ الْمُؤْمُونُ الْمُؤْمُ الْمُؤْمُ الْمُؤْمُ الْمُؤْمُ الْمُؤْمُ

الْأَلْبَابِ۞ وَمَا اَنْفَقْ تُمْ مِّنْ نَفَقَةٍ اَوْنَذَرْتُمْ قِنْ تَنْذُرٍ فَإِنَّ اللّهَ يَغْلَمُهُ وَمَا لِلظَّلِوِيْنَ مِنْ اَنْصَارِ۞ لِلظَّلِوِيْنَ مِنْ اَنْصَارِ۞

لِلظَّلِمِيْنَ مِنْ آنْصَارِ ﴿
اِنْ تُبُدُ وَالصَّدَ فَتِ فَيْعِمَّا هِيَ مِوَانَ الْفَقُولَةِ وَالصَّدَ فَتِ فَيْعِمَّا هِيَ مِوَانَ تُخْفُوهَا وَتُؤْتُوهَا الْفُقَرَاءَ فَهُوَ خَيْدُرُ كُنُمُ وَيُكَوِّرُ عَنْكُمْ مِنْ سَيِّاتِكُمْ وَاللَّهُ بِمَا تَعْمَلُونَ خَيِيْرُ ﴿

273. Okulung'ama kwabwe tekuli ku ggwe; naye Allah y'alung'amya oyo gw'aba asiimye. Era eky'obugagga kyonna kye mutoola, kale kigasa mmwe bennyini. Era temutoola wabula lwa kunoonya kusiima kwa Allah. Era eky'obugagga kyonna kye mutoola, kya kubasasulwa mu bujjuvu era temugenda kulyazaamanyizibwa.

274. Saddaaka zitoolwa ku lw'abaavu abakugirwa mu kkubo lya Allah abatasobola kutaayaaya mu nsi. Atamanyi ababala nti beemala, olw'obutasaba. Obamanyira ku bubonero bwabwe; bo tebasaba bantu mu ngeri ya kupeeka. Era eky'obugagga kyonna kye mutoola, ddala Allah akimanyi.

Ruku 38

275. Abo abatoola eby'obugagga bwabwe ekiro n'emisana, mu kyaama ne mu lwaatu, kale balifuna empeera yaabwe eri Mukama waabwe; era tebaliba na kutya kwonna wadde tebalinakuwala.

276. Abo abalya enkizo tebasituka wabula basituka ng'oyo Sitaani gw'esudde akajabangu. Ekyo lwa kubanga bagamba nti: Ddala obusuubuzi ky'ekimu n'enkizo; so nga Allah akkiriza obusuubuzi naye n'awera enkizo. Kale oyo atuukwako okubuulirira okuva eri Mukama we n'abonerera, olwo n'ebyayita biriba bibye n'ensonga ye eri eri Allah. Naye oyo aliddira, kale abo be bantu b'omuliro; bo mu gwo mwe balibeera.

277. Allah ajja kusangulawo enkizo era agaziye saddaaka, era Allah tayagala buli mutakkiriza wawu, omwonoonyi.\*

278. Mazima abo abakkiriza era nebakola ebikolwa ebirungi nebajjumbira essaala nebatoola zaka, balifuna empeera yaabwe eri Mukama waabwe, era tebaliba na kutya

كَيْسَ عَكَيْكَ هُدْمُهُمْ وَلْكِنَّ اللَّهَ يَهْدِيْ مَنْ يَشَاءُ ، وَمَا تُنْفِقُوْنَ وِلِآ ابْتِغَاءُ وَجْهِ اللّهِ ، وَمَا تُنْفِقُوْنَ وِلَّا ابْتِغَاءُ يُهُوفُ إلَيْكُمُ وَانْ تُنْفِقُوا مِنْ خَيْر يُهُوفُ إلَيْكُمُ وَانْ تُمْمَ لَا تُظْلَمُونَ خَيْر وَلَمْهُ قَرَاءِ النّهِ يَنْ الْحَصِرُوا فِي الْأَرْضِ نِيْحَسَّبُهُمُ الْجَاهِلُ اخْدِيكَاءُ مِنَ النَّحَقُّ فِ ، تَحْرِفُهُمْ وَسِيْمُهُمُ الْجَاهِلُ الْخَيْرِيَاءُ مِنَ النَّحَقُّ فِ ، تَحْرِفُهُمْ وَسِيْمُهُمُ الْجَاهِلُ الْخَيْرَةُ وَمَا تُنْفِقُوا يَشْعَلُونَ النَّاسَ وَلَحَاقًا وَمَا تُنْفِقُوا يَشْعَلُونَ النَّاسَ وَلَحَاقًا وَمَا تُنْفِقُوا

اَلَّذِيْنَ يُنْفِقُوْنَ اَمْوَالَهُمْ بِالْيَهِلِوَ النَّهَادِ سِرُّا وَ عَلانِيةً فَلَهُمْ اَجْرُهُمْ عِنْدَ رَبِّهِمْ وَلَا خَوْفُ إِنَّا عَلَيْهِمْ وَلَا هُمْ يَحْزَنُوْنَ

الزيمن بَا كُون الرّبوالا يَقُومُون الرّبوالا يَقُومُون الْكَمَا يَقُومُون الرّبَعَ اللّهَ يَطُهُ الشّيُطُ اللّهَ يَعْ الْكُمَا يَقُو مُالّزِي يَتَخَبّطُ الشّيطُ السّيعُ مِن الْمَسِ عَلْمَا الرّبواء فَمَن جَاءَ كَلّ اللّهُ البَيْعُ مِثْلُ اللّهُ البَيْعُ مَوْعِظَةً وَحَرّمَ الرّبواء فَمَن جَاءَ كَلّ اللّهُ البَيْعُ مَوْعِظَةً وَحَرّمَ الرّبواء فَمَن جَاءَ كَا مَوْعِظَةً وَحَرّمَ الرّبواء فَمَن عَادَ فَأُولِيكَ مِنْ عَادَ فَأُولِيكَ اللّهُ اللّهُ الرّبواء مُن عَادَ فَأُولِيكَ اللّهُ الرّبواء مُن عَادَ فَأُولِيكَ اللّهُ الرّبواء مُن عَادَ فَأُولِيكَ يَمْحَقُ اللّهُ الرّبواء يُولِيكَ السّلَمُ اللّهُ الرّبواء يُولِي الصّدور وَ اللّهُ الللّهُ اللّهُ اللّهُ اللّهُ الللّهُ اللّه

<sup>2:277.</sup> Aya eno eraga kaati nti eby'enfuna ebyesigamizibwa ku musingi gw'enkizo ne zzaala ddaaki biteekwa okufaafaagana, so ng'ate ebyo ebyesigamizibwa ku musingi gwa zaka byeyongera bweyongezi kugaziwa.

279. Abange mmwe abakkiriza, mutye Allah era mulekeyo n'enkizo ebadde ekyasigalidde, bwe muba nga *ddala* muli bakkiriza.

280. Naye bwe mutaakikole, kale mwerinde olutalo okuva eri Allah ne Mutume we. Naye bwe muneenenya, olwo mulifuna emmaali yammwe wawu; olwo temuliryazaamaanya, ate *nammwe* temuliryazaamaanyizibwa.

281. Era *omwewozi* bw'abanga alina obuzibu, kale aweebwe akaagaanya okutuusa mu buwewufu. Era bwe musonyiwa *ku lwa Allah*, ekyo ky'ekisinga obulungi gye muli, singa mubadde mumanyi.

282. Era mutye olunaku lwe muliddizibwamu eri Allah n'oluvannyuma buli omu alisasulwa mu bujjuvu ebyo bye yakola, era tebaliryazaamanyizibwa

## Ruku 39

283. Abange mmwe abakkiriza, bwe muwolagananga ebbanja ely'ekiseera ekigere, kale muliwandiikenga. omuwandiisi awandiikire wakati wammwe mu bwenkanya. Era omuwandiisi tagaananga kuwandiika; kale awandiike nga Allah bwe yamuyigiriza. Era oyo aliko obuvunaanyizibwa bw'ebbanja y'aba awa ebiwandiikibwa; naye asaana atye nnyo Allah, Mukama we era takendeezangako akantu konna ku lyo. Naye oyo aliko obuvunaanyizibwa bw'aba nga si mutegeevu oba nga mukosefu oba nga ye tasobola kuwa biwandiikibwa, kale omuyima we y'aba awa ebiwandiikibwa mu bwenkanya. Era mujulizangawo abajulizi babiri okuva mu basajja abammwe. Naye bwe watabangawo basajja babiri, kale omusajja abeere omu n'abakazi babiri mw'abo be mukkiriziganyizzaako okuba abajulizi. Singa abakazi, omu ku bo awubwa, omulala ajjukize munne. Era abajulizi tebagaananga kujulira nga bayitiddwa. Era temutendewererwanga kuliwandiika si nsonga ttono oba ddene, muliwandiike ku kiseera kya lyo ekigere. Ekyo ky'ekisinga okuba eky'obwenkanya mu maaso ga Allah era ky'ekisinga okuba eky'esimbu mu kuwa obujulizi ate ky'eعَكَيْهِ مْ وَلَاهُ مْ يَحْزَنُوْنَ ۞ يَـاَ يُّهَاالَّذِيْنَ امَنُوااتَّقُواا لِلْتَ وَذَرُوْا مَا بَقِيَ مِنَ الرِّبَوا إِنْ ڪُنْتُمْ مُّؤْمِنِ يُنَ۞

فَإِنْ لِكُمْ تَفْعَلُوْا فَأَذَ نُوْابِحَوْبِ مِّنَ اللّٰهِ وَدَسُوْلِ بُ وَإِنْ ثُبْتُمُ فَلَكُمْ دُءُوسُ آهُوَالِ كُمْ ﴿ لَا تَظْلِمُوْنَ وَلَا تُظْلَمُوْنَ ۖ

وَرِكْ كَانَ ذُوْ عُشْرَةٍ فَنَظِرَةً رِلَىٰ مَيْسَرَةٍ ﴿ وَآنَ تَصَدَّ فَوُاخَيْرُ لِّكُمْرِانَ كُنْتُدُتَّ عَلَمُوْنَ ۞

وَاتَّقُوْا يَوْمًا ثُمْرَجَعُوْنَ فِيْدِوالَى اللهِ الله مَّ نُمَّرَ ثُوَفِّ كُلُّ نَفْسٍ مَّا كَسَبَثَ وَهُمْ لَا اللهِ اللهِ اللهِ اللهِ اللهِ اللهِ اللهِ اللهِ الله اللهُ اللهُ اللهُ اللهُ اللهِ ال

يَـايُهُاالَّذِيْنَ الْمَنُوْالِذَاتَ اينْنَهُمُوهُ الْمَدُيْنِ إِلَى اَجَلِ مُّسَمَّى فَاكْتُبُوهُ الْمَدُيْنِ الْمَا اَجُلِ مُّسَمَّى فَاكْتُبُوهُ الْمَدُيْنِ الْمَا الْجَلِ مُّسَمَّى فَاكْتُبُوهُ الْمَدُيْنِ الْمَدُيْنِ الْمَدَيْنِ الْمَدَيْنِ الْمَدُيْنِ اللّهُ فَلْيَكْتُبُ كَمَا عَلَيْهِ اللّهُ فَلْيَكْتُبُ كَمَا عَلَيْهِ اللّهُ فَلْيَكْتُبُ وَلَيُمْلِلِ الّذِي عَلَيْهِ الْحَقُّ اللّهُ فَلْيَكْتُبُ وَلَيُمُلِلِ الّذِي عَلَيْهِ الْحَقُّ الْحَقُّ وَلَيْهُ الْمَا اللّهُ فَلَيْكُونَ اللّهُ الْمَدِيْنِ فَرَجُلُ وَلَيْهُ إِللّهُ الْمَدُونِ وَمَا لَكُمْ الْمُحَلِلُ وَلِينُهُ إِللّهُ الْمَدُونِ وَمَا لَكُمْ اللّهُ الْمُحَلِلُ وَلِينُهُ الْمُحَلِلُ وَلِينُهُ إِللّهُ الْمُحَلِلُ وَلِينُهُ إِللّهُ الْمُحَلِلُ وَلِينُهُ إِللّهُ الْمُحَلِلُ وَلِينُهُ اللّهُ الْمُحَلِلُ وَلِينُهُ اللّهُ الْمُحَلِلُ وَلِينُهُ اللّهُ الْمُحَلِلُ وَلَيْكُونِ وَمَنْ اللّهُ الْمُحَلِلُ وَلِينُهُ اللّهُ الْمُحَلِقُ وَلَا مَا اللّهُ هُمَا الْمُحَلِلُ وَلِينُهُ اللّهُ الْمُحَلِقُونَ مِنْ السَّلُهُ الْمُعَلِقُونَ عَلَى الْمُحَلِقُ وَاللّهُ الْمُحَلِقُ وَلَا مَا اللّهُ الْمُحَلِقُ وَلَا مَا اللّهُ الْمُولُ وَلَا اللّهُ الْمُحَلِقُ الْمُحَلِقُ وَاللّهُ الْمُحَلِقُ اللّهُ الْمُحَلِقُ الْمُعَلِقُولُ وَلَا اللّهُ الْمُحَلِقُ الْمُحَلِقُ الْمُحَلِقُ وَالْمُ الْمُحَلِقُ وَلَا مَا اللّهُ الْمُحَلِقُ الْمُحَلِقُ الْمُحَلِقُولُ وَلَا اللّهُ الْمُحَلِقُ الْمُحَلِقُ الْمُعَلِقُ الْمُعَلِقُولُ الْمُحَلِقُ الْمُعَلِقُ الْمُحَلِقُ الْمُعَلِقُ الْمُعَلِقُ الْمُعَلِقُولُ الْمُحَلِقُ الْمُعَلِقُ الْمُعُلِقُ الْمُعِلِقُ الْمُعَلِقُ الْمُعُلِقُ الْمُعُلِقُ الْمُعَلِقُ الْمُعَلِقُ الْمُعُلِقُولُ اللّهُ الْمُعُلِقُولُ اللّهُ الْمُ

kisinga obwangu, muleme kutankana; okuggyako nga bibadde bya busuubuzi eby'obuliwo bye muzung'anya wakati wammwe, olwo temubaako kinenyo bwe mutabiwandiika. Naye mussangawo obujulizi nga mugulaana. Era omuwandiisi tabonyabonyezebwanga wadde omujulizi. Era ekyo bwe mukikola, ddala bujja kuba bujeemu ku ludda lwammwe. Era mutye nnyo Allah. Era Allah yennyini ajja kubayigiriza. Anti era Allah ye Mumanyi wa buli kimu.

284. Naye bwe mubanga mu lugendo nga temufunye muwandiisi, olwo omusingo gukwasibwe omuwozi. Era omu ku mmwe bw'asigiranga omulala ekintu kyonna, kale oyo eyasigirwa azzangayo ekyo ekyamusigirwa eri nnyini kyo era asaana atyenga Allah Mukama we. Era temukisanga obujulizi. Naye oyo alibukisa, kale ddala oyo omwoyo gwe mwonoonyi. Era bye mukola Allah abimanyi.

Ruku 40

285. Ebiri mu ggulu n'ebiri mu nsi byonna bya Allah. Era ne bwe mwoleka ebiri mu myoyo gyammwe oba nemubikisa, era Allah abibabalirako. Kale asonyiwa oyo gw'aba asiimye era abonereza oyo gw'aba asalidde. Era Allah ye w'Obuyinza ku buli kimu.


286. Omubaka akkiriza ebyo ebyamubikkulirwa okuva eri Mukama we, n'abakkiriza. Bonna bakkiriza Allah, ne ba malayika be, n'Ebitabo bye, n'Abatume be, era bagamba nti: Tetusosola yenna mu Batume be. Era bagamba nti: Tuwulidde era tugonze. Mukama waffe, tusaba okusonyiyibwa okuva gy'oli era gy'oli y'eri obuddo.

وَرَن كُنْتُمْ عَلْ سَفَرِ وَّلَمْ تَجِدُوْا كَاتِبًا فَرِهْنَ مُّقْبُوْضَةً ، فَإِنْ آمِنَ بَخْضُكُمْ بَعْضًا فَلْيُؤَدِّ الَّذِى اؤْتُمِنَ امَانَتَهُ وَلَيْتَقِ اللّهَ رَبَّهُ ، وَلا تَكْتُمُوا الشَّهَا ذَةَ ، وَ مَنْ يَكْتُمُهَا فَإِنَّهُ الْمِثْمُ قَلْبُهُ ، وَ اللّهُ بِمَا فَإِنَّهُ الْمِثْمُ قَلْبُهُ ، وَ اللّهُ بِمَا

رِلْهِ مَا فِي السَّمَوْتِ وَمَا فِي الْآرْضِ، وَإِنْ تُبْدُوْا مَا فِي اَنْفُسِكُمْ اَوْتُخْفُوْوُ يُحَاسِبْكُمْ بِواللَّهُ، فَيَغُوْرُ لِمَنْ يَتَشَاءُ يُحَاسِبْكُمْ بِواللَّهُ، فَيَغُورُ لِمَنْ يَشَاءُ، وَاللَّهُ عَلَى كُلِّ تَنْ يَعَدِّبُ مَنْ يَشَاءُ، وَاللَّهُ عَلَى كُلِّ شَيْءٍ قَدِيرُهِ

اَمَنَ الرَّسُولُ بِمَآاُنْزِلَ النَّهِ مِنْ رَّيِّهِ وَالْمُؤْمِنُونَ ﴿ كُلُّ اٰمَنَ بِاللَّهِ وَ مَلْئِكَتِهِ وَكُثِبِهِ وَ رُسُلِهِ سَلَا نُفَرِّقُ بَيْنَ اَحَدِقِنْ رُّسُلِهِ سَوَقَالُواسَمِعْنَا وَاطْعَنَا أَنْ غُفْرَا نَكَ رَبِّنَا وَ النَيْكَ الْمَصِنُونَ 287. Allah tazitoowereza mwoyo gwonna wabula agutwala nga okusobola kwa gwo bwe kuba. Gulifuna empeera olw'ebyo bye gwakola era gulivunaanibwa olw'ebyo bye gwakola. Mukama waffe, totukangavvula bwe tuba nga twerabidde oba nga tukoze ekisobyo. Mukama waffe, totutikkako buzito nga bwe wabutikka kw'abo\* abaatusooka. Mukama waffe, totutikka ebyo bye tutasobola. Naye tusanguleko ebibi byaffe, era otusonyiwe, era otusaasire. Anti Ggwe Mukama waffe; kale tuyambe ku bantu abatakkiriza.

2:287. Wano abantu aboogerwako be bo abaaweebwa obuvunaanyizibwa bw'okutambuza eddiini ne babutwala ng' ekizibu gye bali era ne babulagajjalira . Kino kyaviirako abataali bayivu bulungi okubutwala n'okubwefuga, kyokka nga ebisinga tebabitegeera bulungi. N'olwensonga eyo, waasibukawo bannaddiini abaalina ebirowoozo ebifunda, ab'emputtu, abatawuliriza kya balala era nga tebategeera makulu na bigendererwa bya kigambo kya Katonda. Bano nno bageraageranyizibwa ku ndogoyi ezeetikka emigugu naye nga tezitegeera bigirimu (62:6). N'olwekyo ekigambo 'Iswiran' (اشرا) ) kisaana okutegeerwa mu makulu ago, kuba obuvunaanyizibwa bw'eddiini tebwalisaanye kutwalibwa ng'ekizibu omukkiriza kye yaalidduse.







## ĀL-'IMRĀN

# (Yakka luvannyuma lwa Hijra)

- Ku lw'erinnya lya Allah, Omusaasizi ennyo, Ow'ekisa ekingi.
- 2. Alif Lām Mim\*

کوعاتها ۲۰

- 3. Allah ye yekka. Teri musinzibwa mulala okuggyako Ye. Ye Mulamu, Eyeyimirizaawo yekka, Ayimirizaawo buli kimu.
- 4. Y'eyassa ku ggwe Ekitabo ekirimu amazima nga ky'ekikakasa\* ebyo ebyakikulembera era y'eyassa Taurāti n'Enjiri
- 5. Olubereberye, nga bulung'amu eri abantu, n'assa n'Ekyawula (ebituufu n'ebikyaamu). Mazima abo abatakkiriza Aya za Allah balifuna ekibonerezo ekikakali. Era Allah ye Luwangula, Nannyini kwesasuza.
- 6. Mazima tewali kyonna mu nsi wadde mu ggulu ekyekweka Allah.
- 7. Ye y'Oyo abawa enfaanana yammwe mu nnabaana nga bw'aba ayagadde. Teri musinzibwa mulala okuggyako Ye yekka. Ye Luwangula, Omugezi ennyo.
- 8. Ye y'Oyo eyassa ku ggwe Ekitabo nga kirimu Aya ennamuzi— ezo nga y'ennono y'Ekitabo— n'endala nga za nnyinyonnyola ez'enjawulo. Naye abo abalina obukyaamu mitima gyabwe, kale mu bagobereramu ezo ez'ennyinyonnyola ez'enjawulo olw'okunoonya n'okunoonya ennyinyonnyola ya zo bo gye baagala. Naye tewali amanyi nnyinyonnyola ya zo *mu bujjuvu* okuggyako Allah n'abo abakugu mu by'okumanya; bagamba nti: Tuzikkiriza, zonna zaava eri Mukama waffe. Naye tebafumiitiriza ku zo okuggyako abo abalina amagezi-

شورالله الرَّحْمٰنِ الرَّحِيْمِن اللُّهُ لَا إِلَّهُ مِلَّا لَهُ مُورًا الْحَيُّ الْقَيُّو مُنْ

نَزُّلَ عَلَيْكَ الْكِتٰبَ بِالْحَقِّ مُصَدِّقًا لِّمَا بَيْنَ يَهُ يُسُودًا نُزَلَ التَّوْلُ سَةَ وَ الد ثجيل ال

مِنْ قَبْلُ هُدًى لِلنَّاسِ وَ آنْزَلَ الْفُرْقَانَ أَ رَبُّ الَّهِ إِينَ كَفَرُوْا بِالْبِينِ هُ عَذَابُ شَوِيدٌ وَاللَّهُ عَزِيدٌ ذُوا ثيتقامِ ۞

إِنَّ اللَّهُ لَا يَخْفَى عَلَيْهِ شَيْءٌ فِي الْأَرْضِ وَلَافِي السَّمَّاءِ أَنَّ

هُوَالَّذِي يُصَوِّرُكُمْ فِي الْأَرْحَامِ كَيْفَ يَشَآءُ وَلَا لِمُوالَّاهُوالْعَزِيْزُ الْحَكِيْمُ

هُوَالَّذِي آنْزَلَ عَلَيْكَ الْكِتْبَ مِنْهُ أيْتُ مُّحْكُمْتُ هُنَّ أُمُّ الْكِتْبِ وَأَخَرُ مُتَشْبِهِتُ ، فَأَمَّا الَّذِيْنَ فِي قُلُوْ بِهِمْ زَيْخُ فَيَتَّبِعُونَ مَا تَشَابِهَ مِنْهُ ايْتِغَاءَ إَي الْفِتْنَةِ وَابْتِغَاءَ تَاوِيْلِهِ \* وَمَا يَعْلَمُ اللهِ عَا وِيلَهَ وَالْآا مِنْهُ مَرَالاً السِّخُوْنَ فِي الْعِلْمِ يَقُوْلُوْنَ أَمَنَّا بِهِ عُلَّ مِّنْ عِنْدِرَ بِنَاء وَمَا يَذَّ كُورًا لا أو لُواالا كُنَّابِ

<sup>3:2.</sup> Nze Allah amanyi byonna.

<sup>3:4:</sup> Ekigambo 'Muswaddiqan' ( کُصُوّی ) kirina amakulu magazi kubanga kitegeeza okukakasa okubikkulirwa okutuufu okuli mu bitabo ebyasooka Kur'ani awamu n'okutuukiriza okulanga okubirimu. 'Al-Furqān' kitegeeza amazima nantameggwa era kitegeeza ekyo kyonna ekikozesebwa ng'ekipimo okwawula ekintu ekimu ku kirala.

- 9. Abagamba nti: Mukama waffe, tokyamya mitima gyaffe oluvannyuma ng'omaze okutulung'amya, era tuwe okusaasira okuva gy'oli; mazima Ggwe Lugaba.
- 10. Mukama waffe, ddala Ggwe w'okukung'aanya abantu ku lunaku olutaliimu kubuusabuusa. Mazima Allah tamenya ndagaano.

# Ruku 2

- 11. Mazima abo abatakkiriza, eby'obugagga bwabwe wadde abaana baabwe tebigenda kubagasa n'akatono ku Allah, era abo z'enku z'omuliro;
- 12. Okufaanana nga abantu ba Farāwo n'abo abaabakulembera abaalimbisa obubonero bwaffe; kale Allah n'abakangavvula olw'ebibi byabwe. Era Allah mukakali mu kubonereza.
- 13. Gamba abo abatakkiriza nti: Mujja kuwangulwa era mukung'aanyizibwe eri omuliro; era ekyo ky'ekiwummulo ekibi ennyo.
- 14. Mazima kaali kabonero gye muli mu kusisinkana kw'amagye abiri, ng'eggye erimu lirwanira mu kkubo lya Allah n'eddala nga lya batakkiriza, nga babalaba ng'ababasinga emirundi ebiri mu kulaba kw'amaaso. Naye Allah awagira n'obuyambi bwe oyo gw'aba ayagadde. Mazima mw'ekyo mulimu eky'okuyiga eri abo abalina amaaso.
- 15. Kwalungiyizibwa eri abantu okwagala kw'ebyegombebwa— ng'abakazi, n'abaana, n'entuumu za zaabu ezituumiddwa, n'effeeza, n'embalaasi ez'olulyo olulungi, n'ebisolo ebifugibwa, n'ennimiro. Ebyo nno by'ebikozesebwa mu bulamu bw'ensi; naye eri Allah y'eri obuddo amakula.
- 16. Gamba nti: Abaffe, mbategeeze ebirungi ebisinga kw'ebyo? Abo abatya Allah balifuna ensuku eri Mukama waabwe ezikulukutamu emigga wansi wa zo; omwo mwe balibeera; ne bannaabwe abaatukuzibwa, n'okusiima okuva eri Allah. Era Allah alaba bulungi abaweereza be,

رَبِّنَا لَا تُرْغُ قُلُوْبَنَا بَعْدَ إِذْ هَدَيْتَنَاوَ هَبْ لَنَاصِ قَلْدُ ثُلْكَ رَحْمَةً وَلِّلْكَ آثْتَ الْوَهَّا بُن

رَبُّنَا رَنَّكَ جَامِعُ النَّاسِ لِيَوْمِرُّلارَيْبَ ﴿ فِيْدِو ﴿ إِنَّا اللّٰهَ لَا يُخْلِفُ الْمِيْعَا كُ

اِنَّ الَّذِيْنَ كَفَرُوْا لَنْ تُغْنِيَ عَنْهُمُ اَهُوَالُهُهُوَلَآآوَلَادُهُمُهُمِّتَ اللَّهِ شَيْئًاءُوَ اُولِنِكَ هُهُوَدُّالِثَّارِشُ

كداب إلى فِرْعَوْنَ ، وَ الّذِيْنَ مِنْ قَبْلِهِمْ كُذُّ بُوْا بِالْيِتِنَا فَاكَهَ ذَهُ مُاللَّهُ بِدُنُوْ بِهِ الْيِتِنَا فَاكَهَ ذَهُ مُاللَّهُ بِدُنُوْ بِهِمْ وَاللَّهُ شَدِيدُ الْعِقَابِ ﴿ يَدُنُونَ وَ لِكُنْ الْمِهَادُ ﴿ لَكُنْ الْمِهَادُ ﴿ لَا لَهُ شَدِيدُ الْمِهَادُ ﴿ لَا لَهُ الْمُهَادُ الْمُهَادُ ﴿ لَا لَهُ الْمُهَادُ اللّهُ الْمُهَادُ ﴿ لَا اللّهُ اللّهِ اللّهِ اللّهِ اللّهُ الْمُهَادُ ﴿ لَا اللّهُ الللّهُ الللّهُ اللّهُ الللللّهُ اللّهُ اللّهُ اللّهُ اللّهُ اللّهُ اللللّهُ الللّهُ الللّهُ الللّهُ الللّهُ الللّهُ اللّهُ الللللّهُ اللّهُ اللّهُ الللللّهُ الللللّهُ الللّهُ اللّهُ اللّهُ اللّهُ الل

قَدْكَانَ لَكُمْ أَيَةً فِي فِئَتَيْنِ الْتَقَتَاءُ فِئَةً ثُقَاتِلُ فِيْ سَبِيْلِ اللهِ وَ اُخْرَى كافِرَةً يَّرَوْ نَهُمْ مِّثْلَيْهِمْ رَاْيَ الْعَيْنِ كافِرَةً يَّرَوْ نَهُمْ مِّثْلَيْهِمْ رَاْيَ الْعَيْنِ وَاللّٰهُ يُؤَيِّهُ بِنَصْرِهٖ مَنْ يَّشَآءُ الْاَقِفِ ذٰلِكَ لَعِبْرَةً يَّا وَلِي الْاَبْصَارِ ال

رُيِّنَ لِلنَّاسِ عُبُ الشَّهُوْتِ مِنَ النِّسَاءِ وَالْبَنِيْنَ وَالْقَنَاطِيْرِ الْمُقَنْطَرَةِ مِنَ النَّهَاءِ النَّهُ فَيْلِ الْمُقَنْطَرَةِ مِنَ النَّهَاءِ الْفُسَوَّمَةِ النَّهُ مَنَاعُ الْمُسَوَّمَةِ وَالْاَنْعَامِ وَالْفِضَةِ وَالْخَيْلِ الْمُسَوَّمَةِ وَالْاَنْعَامِ وَالْفَرْفِ ذَلِكَ مَنَاعُ الْمُسَوَّمَةِ اللَّهُ عُسْنُ الْمَابِ ﴿ اللَّهُ مُنَاعُ اللَّهُ الْمُؤْمُ الْمُؤْمُ اللَّهُ الْمُؤْمُ اللَّهُ الْمُؤْمُ الْمُؤْمُ الْمُؤْمُ الْمُؤْمُ اللَّهُ الْمُؤْمُ اللَّهُ اللَّهُ الْمُؤْمُ الْمُؤْمُ الْمُؤْمُ الْمُؤْمُ اللَّهُ الْمُؤْمُ الْمُؤْمُ الْمُؤْمُ اللَّهُ الْمُؤْمُ الْمُؤْ

17. Abo abagamba nti: Mukama waffe, ddala ffe tukkirizza; kale tusonyiwe ebibi byaffe, era otuwonye ekibonerezo ky'omuliro.

18. *Era* abagumiikiriza era ab'amazima era okukya.

19. Allah akakasa nti mazima teri musinzibwa mulala okuggyako Ye—ne ba malayika, n'abalina okumanya nabo bakakasa — Allah ayimiridde ku bwenkanya. Teri musinzibwa mulala okuggyako Ye yekka, Luwangula, Omugezi ennyo.

20. Mazima eddiini entuufu eri Allah bwe Busiraamu. Era abo abaaweebwa Ekitabo, tebaayawukana wabula luvannyuma lwa kutuukibwako kumanya olwo ne baawukana, olw'obuggya obwali wakatiwaabwe. Naye oyo agaana okulabula kwa Allah, kale ddala Allah mwangu nnyo mu kubala.

- 59. Mazima Allah abalagira okuwanga obuvunaanyizibwa abo abalina ebisaanyizo bya bwo. Eranti bwe mulamulanga wakati w'abantu, kale mulamulenga mu bwenkanya. Mazima Allah by'ababuulirizisa si birungi ggero! يَعِظُكُمْ بِهِ وَإِنَّ اللَّهُ كَانَ سَمِيْعًا بَصِبُرًا ﴿ Ddala Allah ye Muwulizi wa byonna, ﴿ يَعِظُكُمْ بِهِ وَإِنَّ اللَّهُ كَانَ سَمِيْعًا بَصِبُرًا Omulabi wa byonna.
- فَيَ يَتُهَا الَّذِيْنَ أَمَنُوْ الطِيْعُوا اللَّهِ وَاطِيْعُوا Abange mmwe abakkiriza, mugondere Allah era mugondere Mutume, n'abobuyinza mu mmwe.\* Era bwe mutotoogananga mu kintu kyonna, kale mukizzenga eri Allah ne Mutume; bwe muba nga ddala mukkiriza Allah n'olunaku lw'enkomerero. Ekyo ky'ekisinga obulungi era ky'ekikomekkerezebwa obulungi.

- 61. Abaffe, tewalaba abo abeefuula nti bakkiriza ebyo ebyassibwa gy'oli ebyassibwa olubereberye 1wo ng'ate baagala kulamulirwa eri Sitaani, so nga baalagirwa obutamukkiriza? Naye Sitaani ky'ayagala, kwe kubabuza okubula okw'ewala.
- 62. Era bwe bagambibwa nti: Mujje eri ebyo وَإِذَا قِيْلُ لَهُمْ تَعَا لَوْ إِلَىٰ مَا أَنْزَلَ اللهُ Allah bye yassa n'eri Mutume, olaba bannanfuusi bakwemansulako hwe olwemansula.
- 63. Naye kitya awo nga batuukiddwako akabenje olw'ebyo emikono gyabwe bye gyakulembeza? Olwo bajja gy'oli nga balayira nti: Mu mazima ga Katonda, tetwagenderera kirala kyonna okuggyako okukola ekisa n'okutabagana.
- 64. Abo nno Allah amanyi bulungi ebiri mu mitima gyabwe. Kale ggwe baleke era babuulirire, era yogera nabo ekigambo

إِنَّ اللَّهُ يَاْمُؤُكُمْ أَنْ تُوَدُّوا الْأَمْنُتِ ماني آهلها وواذ احكمتُه بَيْنَ النَّاسِ آن تَحْكُمُوْا بِالْعَدْ لِي وَلَّ اللَّهُ يَعِمَّا

الرَّسُوْلَ وَ اُولِي الْاَمْرِ مِنْكُمْر ء فَإِنْ تَنَازَعْتُمْ فِيْ شَيْءٍ فَرُدُّوهُ إِلَى اللَّهِ وَ الرَّسُولِ إِنْ كُنْتُمْ تُؤْمِنُونَ بِاللّٰهِ وَ الْيَوْمِ الْمُخْرِدِ ذَٰ لِكَ خَيْرٌ وَّ آحْسَنُ عَ تَأْدِيْلًانَ

ٱكَمْتَرَ إِلَى الَّذِيْنَ يَهِزْ عُمُوْنَ ٱنَّهُمْ أَمَنُوا بِمَآاُنْزِلَ إِلَيْكَ وَمَآ أُنْزِلَ مِن قَبْلِكَ يُرِيدُونَ آنَ يُتَكَاّلُمُوۤا إِلَى الطَّاغُوْتِ وَ قَدْ أُمِرُوَّا آنْ يَّحُفُرُوْا بِهِ ﴿ ذِي يُونِهُ وَالشَّيْطِنُ آنَ يُتُضِلُّهُ مَ ضَلْلاً يَعِثُدُان

وَ إِلَّى الرَّسُولِ رَآيْتَ الْمُنْفِقِيْنَ يَصُدُّوْنَ عَنْكَ صُدُوْدًاشَ

فَكُمُفَ إِذَا اصاً بَتْهُمْ قُصِيْبَةٌ بِمَاقَدٌ مَتْ ٱيْدِيْهِمْ نُمَّجَآءُوْكَ يَحْلِفُوْنَ ﴿ بِاللَّهِ لِكُ آدَدُ نُلَا كُولِهُ الْمُسَا نَا وَتَهُ فِعُقًا اللهِ

أُولِيْكَ الَّذِينَ يَعْلَمُ اللَّهُ مَا فِي قُلُوْ بِهِمْ وَ فَاعْرِضْ عَنْهُمْ وَعِظْهُمْ وَ

<sup>4:60.</sup> Abantu abamu tebategeera bulungi makulu gava mubigambo 'ulil amri minkum' (ألها الآثرونكُمْ) ekitegeeza 'ab' obuyinza mu mmwe', naddala ekigambo 'minkum' ekirimu ebigambo ebibiri 'min' (حُث ) ne 'kum' (צֹב'). 'Min' kitegeeza 'okuva' oba 'mu', ate 'kum' kitegeeza 'mmwe'. Abamu balowooza nti Aya eno etegeeza nti Abasiraamu basaanye kugondera ab'obuyinza abo bokka abava mu bo nga Basiraamu. Okusinziira ku mateeka g'Oluwarabu, 'min' egatta bugassi 'kum' ku 'amri', n'olwekyo amakulu amatuufu gasaanye kuba 'n'abobuyinza 'mu mmwe' oba <sup>8</sup>kummwe' so si 'okuva mu mmwe'.

AL-NISĀ

ekibakwatirako ddala.

65. Era tetwatuma Mubaka yenna wabula twamutuma alyooke agonderwe olw'ekiragiro kya Allah. So singa bwe beeryazaamaanya, bajja gy'oli nebasaba okusonyiyibwa kwa Allah, ne Mutume n'abasabira okusonyiyibwa, mazima baalisanze nga Allah Musonyiyi nnyo, Musaasizi nnyo.

66. Nedda, amazima ga Mukama wo, tebajja kuba bakkiriza okutuusa lwe balikufuula omulamuzi mu buli mpaka eziri wakati waabwe, n'oluvannyuma baleme kusanga nkenyera yonna mu mitima gyabwe kw'ekyo ky'osazeewo era bajeemulukuke olujeemulukuka.

67. Era singa twabalagira nti mutte abantu bammwe oba nti muve mu maka gammwe, tebaalikikoze okuggyako abatono ennyo mu bo. So nno singa baakola ebyo ebibabuulirirwako, ky'ekyalisinze obulungi gye bali era bwe bwalibadde obunyweevu obwa nnamaddala.\*

68. Era olwo ddala twalibawadde empeera nsuffu okuva gye tuli;

69. Eraddala twalibalung'amizza mu kkubo eggolokofu.

70. Era oyo agondera Allah ne Mutume, kale abo be bali mw'abo Allah be yawa ebyengera: Mu ba Nabbi, n'Abamazima, n'Abajulizi, n'Abatuukirivu. Era bano si ba mukwano ggero!

Era Allah ye Mumanyi amalira ddala.

#### Ruku 10

72. Abange mmwe abakkiriza, mutwale eby'okwerinza byammwe; kale mulumbise ekibiina kimu kimu, oba mwenna mugende bumu.

eyeesigaza emabega. Kale bwe Mutuukibwako akabenje, ng'agamba nti: Mazima

قُلْ لَهُمْ فِي آنْفُسِهِمْ قَوْلًا بَلِيْغًا وَمَا اَرْسَلْنَا مِنْ رَّسُولِ رَاكُ لِيُطَاعَ بِإِذْ فِي اللَّهِ \* وَكُوْ ٱنَّهُمْ إِذْ ظَّكُمُوٓا آنْفُسَهُ هُ جَاءُ وْكَ فَاسْتَغْفَ وُلِاللَّهُ وَاسْتَغْفَو لَهُمُ الرَّسُولُ كَوْحَدُوا الله تقاربًا رَّحِنمًا ١٩ يَجِدُوا فِي آنفُسِهِمْ حَرَجًا مِّمَّا قَضَيْتَ وَيُسَلِّمُوا تَشِلِيْمًا اللهُ مَا اللهُ مَا وَكُوْ آتًا كَتَيْنَا عَلَيْهِمْ آبِ اقْتُلُوْآ ٱنْفُسَكُمْ آدِ اخْرُجُوْا مِنْ دِيَارِكُمْ مَّا فَعَلُوْهُ إِلَّا قِلِيْلُ مِّنْهُمْ وَكُوْاَنَّهُمْ فَعَلُوْا مَا يُوْعَظُوْنَ بِهِ لَكَانَ خَيْرًا لَّهُمْ وَ اَشَدَّ تَثْبِيْتًا اللهُ

وَّادًا لَا تَيْنَهُمْ يِّنْ لَـُهُ ثَلَا ٱجْرًا

وَ لَهَدَ يُنْهُمُ صِرَاطًا مُّسْتَقِيْمًا ١٠ وَمَنْ يُطِيمِ اللَّهَ وَ الرَّسُولَ فَأُولَيْكَ مَعَ الَّذِيْنَ ٱنْعَمَامِلُّهُ عَلَيْهِمْ مِّنَ الْنَّبِيِّنَ وَ الصِّدِيْقِيْنَ وَالشَّهُدَّاءِ وَالصَّلِحِيْنَ ، وَ حَسُنَ أُولَئِكَ رَفِيْقًانُ

71. Egyo nno gy'emikisa egiva eri Allah. خَالِكَ الْفَضْلُ مِنَ اللّهِ ، وَكُفَى بِاللّهِ عِلَا اللّهِ اللّهُ اللّهُ اللّهِ اللّهِ اللّهُ اللّهِ اللّهِ اللّهِ اللّهِ اللّهُ اللّهُ اللّهِ اللّهِ اللّهِ اللّهِ اللّهِ اللّهِ اللّهِ اللّهِ اللّهِ اللّهُ اللّهِ الللّهِ اللّهِ اللّهُ اللّهِ اللّهِ اللّهِ اللّهِ اللّهِ الللّهِ اللّهِ اللّهِ اللّهِ الللّهِ الللّهِ الللّهِ اللّهِ اللّهِ اللّهِ اللّهِ اللّهِ اللّهِ الللّهِ الللّهِ الللّهِ الللّهِ الللّهِ الللّهِ الللّهِ الللّهِ الللّ الله عَلَيْمُالُ

> يَّا يُّهَا الَّذِيْنَ أَمَنُوا خُذُوْا حِذْرَكُمْ فَا نُفِرُوْا شَبَاتٍ آوِا نُفِرُوْا جَمِيْعًا

73. Era ddala mu mmwe mulimu n'oyo كُواتَّ مِثْكُمْ لَمَنْ لَيُبَطِّئُنَّ مِنْوَانَ اصَا بَتْكُمْ مُونِي مِنْكُمْ لَمَنْ لَيُبَطِّئُنَّ مِنَا وَاصَا بَتْكُمْ مُونِي مِنْكُمْ لَمَنْ لَيُبَطِّئُنَّ مِنَا وَاصَا بَتْكُمْ مُونِي مِنْكُمْ لَمُنْ لَيْدِينَ مِنْكُمْ لَمُنْ لَيْدِينَ مِنْكُمْ لَمُنْ لَيْدِينَ مِنْ اللّهِ مِنْ اللّهِ مِنْ اللّهِ مِنْ اللّهُ مُنْ اللّهُ مِنْ اللّهُ مِ مُّصِيْبَةً قَالَ قَدْاَنْعَمُ اللهُ عَلِيَّ إِذْ لَهُ

<sup>4:67.</sup> Kino tekitegeeza nti baalagirwa okwetta wabula baakubirizibwa okwemalamu omuze gw'okwemanya, amaddu n'empisa embi basobole okujeemulukukira Allah mu bujjuvu.

nze Allah ansaasidde nemba nga siri wamu nabo.

74. Naye bwe mutuukibwako emikisa egiva eri Allah, ddala ajja kwogera nga wali ng'awataabadde mukwano wakati wammwe naye, nti: Nga ndabye! Kale singa nabadde nabo, naaliganyuddwa okuganyulwa okusuffu!

75. Kale balwane mu kkubo lya Allah abo فَلْيُقَاتِلْ فِيْ سَبِيْلِ اللَّهِ الَّذِيْنَ يَشْرُونَ كَ abatunda obulamu bw'ensi olw'enkomerero. Era oyo alwana mu kkubo lya Allah n'attibwa oba n'awangula, kale mangu nnyo tujja سَبِيْلِ اللهِ فَيُقْتَلُ أَوْ يَعْلِبُ نَسَوْفَ kumuwa empeera ensukkirivu.

76. Ye mubadde kkubo lya Allah n'olw'abateesobola mu basajja n'abakazi n'abaana abo abagamba nti: Mukama waffe, tujje mu kibuga kino abantu ba kyo bajoozi nnyo,era otuteerewo ow'omukwano ava gy'oli, era otuteerewo n'omuyambi ava gy'oli?

77. Abo abakkiriza be balwana mu kkubo lya آگذِيْنَ اٰمَنُوْا يُقَاتِلُوْنَ فِيْ سَيِيدِكِ اللَّهِ ءَ Allah. Naye abatakkiriza, balwana mu kkubo lya Sitaani. Kale mmwe mulwanyise الطَّاغُوْتِ فَقَاتِلُوْا اوْلِيَا ءَالشَّيْطِي مِل قَاتِلُوْا اوْلِيَا ءَالشَّيْطِي مِل قَاتِلُوْا اوْلِيا ءَالسَّ Sitaani nnafu nnyo.

## Ruku 11

Muziyize emikono gyammwe temulwana, naye mujjumbire essaala era mutoole zaka? Naye bwe baalaalikibwa okulwana, okwejjuukiriza nga abamu mu bo batya abantu nga bwe baalitidde Allah,oba okutya رِذَا فَرِيْقٌ مِّنْهُ مْ يَخْشُوْنَ النَّاسَ okusinga nawo. Era baagamba nti: Mukama waffe, lwaki watulaalika okulwana? Singa nno watulwisalwisaako okumala akaseera akampimpi! Gamba nti: Emigaso gy'ensi nnyo, naye egy'enkomerero gy'egisinga obulungi eri oyo atya Allah; era temuliryazaamaanyizibwa n'akatono.

79. Wonna wemuba, okufa kwa kubatuukako, ne bwe muba mu bigo ebinyweevu

آكُن مَّعَهُمْ شَهِدُوا 🕜

وَكَيْنَ اصَا بَكُمْ فَضْلُ مِّنَ اللهِ لَيَقُولَنَّ كَأَنْ لُـمْتَكُنْ بَيْنَكُمْ وَبَيْنَهُ مُوَدَّةً يُّلَيْسَتَنِيْ كُنْتُ مَعَهُمْ فَأَفُورٌ فَوْزًا

الْحَيْوةَ الدُّنْيَا بِالْأَخِرَةِ ﴿ وَمَنْ يُقَاتِلُ فِي نُوْرِينُهِ آجُرًا عَظِيْمًا

وَمَا لَكُمْ لَا تُقَاتِلُوْنَ فِي سَبِيْكِ اللهِ وَ ki obutalwana mu الْمُسْتَضْعَفِيْنَ مِنَ الرِّجَالِ وَالنِّسَاءِ وَ الْوِلْدَاكِ الَّذِيْنَ يَقُوْلُوْنَ رَبِّنَاۤ آخرجنا مِنْ هٰذِو الْقَرْيَةِ الظَّالِمِ آهْلُهَاءِوَ اجْعَلْ تَنَا مِنْ لَكُونُكَ وَلِيًّا ا وَّا جُعَلُ لَّنَامِنَ لَّهُ نُكَ نَصِهُ اللهِ

اكَّذِيْنَ كَفَرُوْا يُقَاتِلُوْنَ فِيْ سَيِيْلِ ﴾ كَيْدَ الشَّيْطُنِ كَانَ ضَعِيْفًا ۞

اَكُمْ تَكُرُ إِلَى النَّذِينَ قِيْلُ لَهُمْ مُكُفُّهَا .78. Abaffe, tewalaba abo abaagambibwa nti أَيْدِيَكُمْ وَ أَقِيْمُوا الصَّلُوةُ وَ أَتُوا الزُّكُوةَ \* فَلَمَّا كُتِتِ عَلَيْهِمُ الْقِتَالُ كَخَشْيَةِ اللَّهِ أَوْ ٱشَدَّخَشْيَةً مِ وَ قَالُوْ ا رَبَّنَا لِمَ كَتَبْتَ عَلَيْنَا الْقِتَالَ ، لَوْكَ ٱخَّرْتَنَاۤ إِلَى اَجَلِ قَرِيْبٍ ﴿ قُلْ مَتَاعُ الدُّنْيَا قَلِيلُ ءَوَ الْأَخِرَّةُ خَيْرٌ لِمَن اتَّفَى سَوَلَا تُظْلَمُهُ نَ فَيَسِيْلًا

> آيْنَ مَا تَكُوْ نُوْا يُهُدُ رِكُكُّمُا لْمَوْتُ وَلَوْ كُنْتُمْ فِيْ بُرُوْجِ مُّشَيِّدَةٍ ﴿ وَإِنْ

Era bwe batuukibwako ebirungi, bagamba nti: Bino bivudde eri Allah. Naye bwe batuukibwako akabi, bagamba nti: Kano kavudde gy'oli. Gamba nti: Byonna biva eri Allah. Abaffe, abantu bano babadde ki, tebakyayinza na kutegeera kigambo kyonna?

80. Ekirungi kyonna ekikutuukako kiva eri Allah, naye ekibi kyonna ekikutuukako kiva gy'oli. Era twakutuma nga ggwe Mubaka eri abantu bonna. Era Allah nga Omujulizi, amala.

81. Oyo agondera Mutume, ddala aba agondedde Allah. Era yenna eyeekyuusa, *amanye nti* ggwe tetwakutuma kuba mukuumi ku bo.

82. Era bagamba nti: Obuwulize *bwe tugenderera*. Naye bwe bava w'oli, ekibiina ekimu mu bo kisula kiteesa okuwakanya ebyo bye wayogedde. Naye Allah awandiika ebyo bye basula bateesa. Kale ggwe baleke, era weesige Allah *yekka*. Era Allah nga Omulabirizi, amala.

83. Abaffe, Kur'āni *eno* tebagifumiitirizaako? Ddala singa yava eri atali Allah, tewali kubuusabuusa, baaligisanzeemu ebitatabagana nfaafa.\*

84. Era bwe batuukibwako amawulire ag'emirembe oba ag'entiisa, bagalaalaasa bulaalaasa. So singa bagazza eri Mutume oba eri ab'obuyinza mu bo, ddala abo mu bo abaganoonyerezaako baalitegedde *ekituufu*. Era singa si mikisa gya Allah egiri ku mmwe n'okusaasira kwe, mazima mwaligoberedde Sitaani, okuggyako abatono ennyo.

85. Kale lwana mu kkubo lya Allah—tovunaanyizibwa okuggyako ku lulwo ggwe wennyini— era kubiriza n'abakkiriza

مَا آصاً بَكَ مِنْ حَسَنَةٍ فَمِنَ اللهِ وَ مَا آصاً بَكَ مِنْ سَيِّئَةٍ فَمِنْ تَفْسِكَ ا وَ ارْسَلْنُكَ لِلنَّاسِ رَسُولًا ، وَ كَفَى باللهِ شَهِيدًا (()

مَّن يُّطِعِ الْرَّسُوْلَ فَقَدْ آطَاعَ اللَّهَ وَمَنْ تَوَلَّ فَقَدْ آطَاعَ اللَّهَ وَمَنْ تَوَلَّ فَكَذَا طَاعَ الله عَلَيْهِمْ حَفِيْظًا أَنْ

وَيَقُوْلُوْنَ طَاعَةً نَوَاذَا بَرَزُوْا مِنْ عِنْدَا مُنْ اللّهُ يَكُتُبُ مَا يُبَيّتُونَ مَا يُبَيّتُونَ مَا يُكَتْبُ مَا يُبَيّتُونَ مَا يَكُمْ وَتَوَكَّلُ عَلَى اللّهِ وَكَيْلًا ﴿ كَالْمُ اللّهِ وَكَيْلًا ﴿ كَالْمُ اللّهِ وَكِيلًا ﴿ كَالْمُ اللّهِ وَكِيلًا ﴿ كَالْمُ اللّهِ وَكِيلًا ﴿ كَالْمُ اللّهِ وَكُيلًا ﴿ كَالْمُ اللّهِ وَكُيلًا ﴿ كَالْمُ اللّهِ وَكُيلًا ﴿ كُلّ اللّهِ وَلَا لَهُ اللّهِ وَكُلِيلًا ﴿ كُلْ اللّهِ وَكُلِيلًا ﴿ اللّهُ اللّهِ اللّهِ اللّهِ اللّهِ اللّهُ الللّهُ اللّهُ اللّهُ اللّهُ اللّهُ اللّهُ اللّهُ اللّهُ اللّهُ اللّهُ الللّهُ الل

آفَلَا يَتَدَ بَّرُوْنَ الْقُرْاٰنَ ﴿ وَكُوْ كَانَ مِنْ عِنْدِ غَيْرِ اللهِ لَوَجَدُوْا فِيْهِ اغْتِلَاقًا كُنْثِيرًا ۞

وَإِذَا جَآءَ هُمْ أَمْرُقِنَ الْأَمْنِ آوِالْغَوْفِ
آذَاعُوْابِهِ ، وَلَوْرَدُّوْهُ إِلَى الرَّسُولِ وَإِلَى
أَدِلِ الْاَمْرِ مِنْهُمْ لَعَلِمَهُ الَّذِيْنَ
أُولِ الْاَمْرِ مِنْهُمْ لَعَلِمَهُ الَّذِيْنَ
يَسْتَنْبِطُوْنَهُ مِنْهُمْ ، وَكَوْلَافَضْلُ اللهِ
عَلَيْكُمْ وَرَحْمَتُهُ لَا تَبَعْتُهُ الشَّيْطِي
الَّا قَلِيدُلُانِ

فَقَاتِلُ فِي سَمِيْلِ اللهِ عَلَا ثُكُلَّفُ إِلَّا تَفْسَكُ وَ مُتَكِلَفُ إِلَّا تَفْسَكُ وَ مُرِيْنِ مَا لَكُوْمِنِيْنَ مَ عَسَى

4:83. Ebigambo 'ikhtilāfan katheeran' (עָבּבּלְעוֹלְבּיבָּלִין) wano bitegeeza butatabagana, kukontana oba kukoonagana okungi. Ekitegeeza nti singa ddala Kur'ani Entukuvu teyava eri Katonda, yandibaddemu ebitatabagana nfaafa. Amakulu ge gamu gasangibwa ne mu 67:4 Katonda w'agamba nti toyinza kulaba njawukana (oba butatabagana)mu kutonda kwe.

*okulwana*; ob'olyawo Allah n'aziyiza enkundi y'abatakkiriza. Era Allah musukkirivu mu maanyi, era Mukakali mu kubonereza.

86. Oyo awolereza okuwolereza okulungi, akufunamu omugabo. N'oyo awolereza okuwolereza okubi, afuna omutemwa *gw'ekibi* gwa kwo. Era Allah ye w'Obuyinza ku buli kimu.

87. Era bwe mulamusibwanga n'ekiramuso *ekirimu okusaba*, kale nammwe mulamusenga mu ngeri ekisingako obulungi, oba mukiddengamu. Mazima buli kimu Allah akibala.\*

88. Allah *ye yekka*, teri musinzibwa mulala okujjako Ye. Ddala ajja kugenda ng'abakung'a-anya okutuusa ku lunaku lw'okuzuukira, tekiriimu kubuusabuusa. Y'ate ani asinga ku Allah okwogera amazima?

### Ruku 12

89. Abaffe, mubadde mutya *okwetemamu* awabiri ku nsonga za bannanfuusi, songa Allah yabasuula dda olw'ebyo bye baakola? Abaffe, mwagala kulung'amya abo Allah be yasalira okubula? Naye oyo Allah gw'asalidde okubula, kale toyinza kumuzuulirayo kkubo *ddala*.

90. Era beegomba nnyo nammwe mubeere batakkiriza nga bo bwe bali abatakkiriza, olwo mwenna mwenkanenkane. Kale temutwalanga yenna mu bo okuba ow'omukwano, okutuusa lwe balisengukira mu kkubo lya Allah. Naye ate bwe beefuulanga, olwo mubakwate era mubatte wonna wemubasanganga. Era temutwalanga yenna mu bo okuba ow'omukwano wadde omuyambi;

91. Okuggyako abo abalina enkolagana n'abantu nga wakati wammwe nabo waliwo endagaano, oba nga bazze gye muli nga emitima gyaabwe gikaluubiriddwa okulwana nammwe oba okulwana ne bannaabwe. Era singa Allah yayagala, ddala yaalibawadde amaanyi ku mmwe; olwo ddala baalirwanye nammwe. Naye bwe babeesambanga nebatalwana nammwe era nebassaawo emirembe gye muli, kale olwo Allah *mmwe* tabakkiriza

الله أَنْ يَكُفَّ بَأْسَ الَّذِيْنَ كَفَرُوْا اللهُ أَنْ يَكُفَّ بَأْسَ الَّذِيْنَ كَفَرُوْا اللهُ أَشَدُّ تَنْكِيلًا ﴿
مَنْ يَشْفَعُ شَفَاعَةً حَسَنَةً يَكُنْ لَكَ
نَصِيْبٌ مِّنْهَا مَ وَمَنْ يَشْفَعُ شَفَاعَةً
سَيِّنَةً يَكُنْ لَكَ كَفْلُ مِّنْهَا وَكَانَ
اللهُ عَلْ كُلِّ شَيْءً مُّ قِيْدَتًا ﴿
وَاذَا كُتُنْهُ لِنَ شَيْءً مُّ قِيْدَتًا ﴿
وَاذَا كُتُنْهُ لِنَ مَنْ مَا مَنَّةً وَكَانَ

وَإِذَا حُيِّيْتُمُ بِتَحِيَّةٍ فَحَيُّوْا بِأَحْسَنَ مِنْهَا آوُرُدُّ وْهَا مِلْكَ اللَّهَ كَانَ عَلَى كُلِّ شَهُ عِ حَسِنْ عَلَى كُلِّ

ا تَلْكُ كُورَ لَهُ وَلَا هُوَ لَيَجْمَعَتُكُمُ وَلَى يَوْمِ الْهِ يَوْمِ الْهِ يَوْمِ الْهِ يَوْمِ الْمَعْدَ ف الْقِيْمَةِ لَا رَيْبَ فِيْهِ ، وَ مَنْ اَصْدَقُ اللهِ عَمِنَ اللهِ حَمِيثًا اللهِ عَمِنَ اللهِ حَمِدِيثًا اللهِ

فَمَا كَكُمْ فِي الْمُنْفِقِيْنَ فِتُنَيْنِ وَاللهُ آذَكَسَهُمْ بِمَا كَسَبُوا ؞ آثُويْدُوْنَ آنَ تَهْدُوْا مِنْ آضَلَّ اللهُ ، وَمَنْ يُصْلِلِ اللهُ فَكَنْ تَحِدُكَ صَبِيلًا ۞

وَدُّوْا لَوْ تَكُفُرُوْنَ كَمَا كَفَرُوْا فَتَكُوْنُوْنَ سَوَاءً فَلَا تَتَخِذُوْا فِي مِنْهُمْ اَوْلِيَاءَ حَتَّى يُهَاجِرُوْا فِي مِنْهُمْ اَوْلِيَاءَ حَتَّى يُهَاجِرُوْا فِي مِنْهُمْ اَوْلِيَاءَ حَتَّى يُهَاجِرُوْا فِي سَيْدُلِ اللَّهِ وَلَا تَكُذُوْهُمْ وَلَا تَعْدُوهُمْ وَلَا تَعْدُوهُمْ وَلَا تَعْدُولُ اللَّهِ وَلَا نَصِيْرًا اللَّهِ اللَّهِ عَنْهُمْ وَلِيَّا اوَلا نَصِيْرًا اللَّهِ اللَّهِ عَنْهُمْ وَلِيَّا وَلا نَصِيْرًا اللَّهُ الْمُنْ اللَّهُ اللْمُلْكُولُ اللَّلَالَةُ اللَّهُ اللَّهُ اللَّهُ اللَّهُ اللَّهُ اللَّهُ اللْمُلْ

4:87. Mu butuufu Aya eno tekwata ku kulamusaganya kwokka, wabula ekwata ne ku kuweerezaganya ebirabo eby'enjawulo ebiddizibwamu ebibisingako oba ebibyenkana.

kubasosonkereza.

92. Mujja kukisanga nti abalala baagala mirembe gye muli era nga baagala mirembe eri abantu baabwe. *Naye ng'ate* buli lwe bazzibwa eri obulabe, basindika asitamye. Naye bwe bataabaveeko era bwe bataateekewo mirembe gye muli ate nebaziyiza emikono gyabwe *ku mmwe*, olwo mubakwate era mubatte wonna wemubasanganga. Era abo tubabawaddeko obuyinza obwetadde.

Ruku 13

93. Era si kituufu omukkiriza okutta omukkiriza, mpozzi mu butanwa. Era oyo atta omukkiriza mu butanwa, kale awe omuddu omukkiriza eddembe, n'engassi y'omusaayi esasulwe eri ababe; okuggyako nga bo be bagisonyiye. Naye *omufu* bw'aba nga yali ava mu bantu abalabe bammwe, nga ye mukkiriza, olwo *omussi* awe omuddu omukkiriza eddembe. Naye bw'aba nga yali ava mu bantu nga wakati wammwe nabo waliwo endagaano, kale engassi y'omusaayi esasulwe eri ababe, n'okuwa omuddu omukkiriza eddembe. Naye oyo atabirina, kale asiibe emyezi ebiri egiddiring'ana. Okwo nno kusaasira okuva eri Allah. Era Allah ye Mumanyi wa byonna, Omugezi ennyo.

94. Era oyo atta omukkiriza nga agenderedde, kale empeera ye Jahannamu; mu yo mw'alibeera, ne Allah agenda kumusunguwalira era alimukolimira; nate yamutegekera ekibonerezo ekisuffu.

95. Abange mmwe abakkiriza, bwe mugendanga *mu lutalo* mu kkubo lya Allah, kale mwekkaanyanga nnyo.

Naye temugambanga oyo abatooledde Salaamu *nti*: Toli mukkiriza, nga munoonya *okufuna* ebintu by'ensi, so nga eri Allah y'eri eby'obugagga enfaafa. Anti nammwe bwe mutyo bwe mwali edda, naye Allah

وَمَاكَانَ لِمُؤْمِنِ اَنَّ يَتَقَتُلَ مُؤْمِنًا الآ خَطَأَءُ وَمَن قَتَلَ مُؤْمِنًا خَطَأَ فَتَحْرِيرُ خَطَأَءُ وَمَن قَتَلَ مُؤْمِنًا خَطَأَ فَتَحْرِيرُ وَقَبَةٍ مُؤْمِنَةٍ وَّدِيةً مُسَلَّمَةً إِلَى اَهْلِهَ إِلَّا اَن يَصَدَّ قُوا الْ فَإِن كَان مِن قَوْمٍ وَقَبَةٍ مُّؤْمِنَةٍ الْكُمْ وَهُو مُؤْمِنُ فَتَحْرِيرُ مُسَلِّمَةً إِلَى اَهْلِهِ وَتَحْرِيرُ وَقَبَ عَرِيدَةً مُسَلِّمَةً إِلَى اَهْلِهِ وَتَحْرِيرُ وَقَبِي مَن قَوْمٍ شَهْرَيْنِ مُتَتَابِعَيْنِ اتَوْبَةً مِنْنَ اللهِ وَكَانَ اللهِ وَكُنْ مَا اللهِ وَكُنْ اللهِ عَلِيمًا حَكِيْمًا وَكُنْ اللهِ وَكُنْ اللهِ عَلِيمًا حَكِيْمًا وَكُنْ اللهِ وَكُنْ اللهِ عَلَيْمًا حَكِيْمًا حَكُونُونُ وَكُنْ اللهُ عَلِيمًا حَكُونُومُ وَلَهُ وَكُنْ اللهُ عَلِيمًا حَكُونُومُ وَكُونُ اللهِ وَكُنْ اللهُ عَلَيْمًا حَكُونُ وَكُنْ اللهُ عَلَيْمًا حَكُونُومُ وَاللهِ وَكُنْ اللهُ عَلَيْمًا حَكُونُ وَلَا اللهُ عَلَيْمًا حَكُونُ وَلَا اللهُ عَلَيْهُ وَلَا اللهُ عَلَيْ مَا اللهُ عَلَيْ اللهُ وَلَا اللهُ عَلَيْمًا حَكُونُ وَلَا اللهُ عَلَيْمُ اللهُ وَتُولِمُ اللهُ وَلَا اللهُ عَلَيْ اللهُ وَلَا اللهُ عَلَيْمُ الْهُ وَلَا اللهُ عَلَيْ مُنْ اللهُ عَلَيْ اللّهُ وَلَا اللهُ عَلَيْ اللّهُ وَلَا اللهُ عَلَيْ اللّهُ وَلَا اللّهُ اللّهِ اللّهُ اللّهُ اللّهُ اللهُ اللهُ اللهُ اللهُ اللّهُ اللّهُ اللهُ اللّهُ اللهُ اللهُ اللهُ اللهُ اللهُ اللهُ اللّهُ اللهُ اللهُ اللّهُ اللهُ الل

وَ مَنْ يَقْتُلُ مُؤْمِنًا مُتَعَمِّدًا فَجَزَاؤُهُ جَهَنَّمُ خَالِدًا فِيْهَا وَ غَضِبَ اللهُ عَلَيْهِ وَلَعَنَهُ وَاعَدَّلَهُ عَذَا بًا عَظِيْمًا ۞

يَا يُهَا الَّذِيْنَ أَمَنُوٓا إِذَا ضَرَبْتُمُ لَهُ الَّذِيْنَ أَمَنُوٓا إِذَا ضَرَبْتُمُ لَوَا لَكُو اللهُ الله

nnyo. Mazima bye mukola, Allah abitegeera.

96. Abakkiriza abatuula obutuuzi nga tebalina bulemu bwonna tebayinza kwenkana n'abo abatakabana mu kkubo Allah lya n'ebyobugagga bwabwe n'emyoyo gyabwe. yasukkulumya ekitiibwa ky'abo abatakabana n'ebyobugagga bwabwe n'emyoyo gyabwe kw'abo abatuula obutuuzi. Wewaawo bombiriri Allah yabasuubiza ebirungi. Naye Allah yasukkulumya nnyo abo abatakabana mu kkubo lye mu mpeera ensukkirivu okusinga kw'abo abatuula obutuuzi,

97. Mu bitiibwa okuva gy'ali n'okusonyiwa, n'okusaasira. Era Allah ye Musonyiyi ennyo, Omusaasizi ennyo.

# Ruku 14

98. Mazima abo abafiisibwa ba malayika nga beryazaamaanyizza bokka, ba malayika balibagamba nti: Mwali ku ki? Baliddamu nti: Twali tutwalibwa nti tuli banafu nnyo mu nsi. *Ba malayika* baliddamu nti: Abaffe, ensi ya Allah teyali ngazi mmwe okusengukira mu yo? Kale abo amaka gaabwe muliro. Naye *obwo* buddo bubi nnyo;

99. Okuggyako abo abateesobola mu basajja n'abakazi n'abaana, abatasobola na ntegeka yonna era-abatasobola kuzuula kkubo *ddala* lyonna;

mu. Era Allah ye Musanguzi w'ebibi, Omusonyiyi ennyo.

101. Era oyo asengukira mu kkubo lya Allah\*, asanga obubudamu bungi mu nsi n'okwetaaya. Era oyo yenna ava mu nju ye nga asengukira eri Allah ne Mutume we n'oluvannyuma n'atukibwako okufa, kale empeera ye eba ekakase ku Allah. Era Allah ye Musonyiyi ennyo, Omusaasizi ennyo.

n'abasaasira busaasizi. Kale mwekkaanyanga كَذْلِكَ كُنْتُمْ مِّنْ قَبْلُ فَمَنَّ الله عَلَيْكُمْ فَتَبَيَّنُوا اللهَ اللهَ كَانَ بِمَا تَعْمَلُوْنَ خَبِيْرًا؈

لَّا يَسْتَوِى الْقَاعِدُ وْنَ مِنَ الْمُؤْمِنِيْنَ غَيْرُ أُولِي الضَّرَرِ وَ الْمُجَا هِـ دُوْنَ فِي سَبِيْلِ اللهِ بِأَمْوَ الِهِ مْرَوَا نُفُسِهِمْ وَنَضَّلَ الله المُجْهِدِيْنَ بِأَمْوَالِهِمْ وَآثَفُسِهِمْ عَلَى الْقُعِدِيْنَ دَرَجَةً ، وَكُلَّ وَعَدَ اللَّهُ الْحُسْنَى ، وَ فَضَّلَ اللَّهُ الْمُجْهِدِيْنَ عَلَى الْقُعِدِيْنَ آجُرًا عَظِيْمًا اللهُ

حرَجْتِ مِنْهُ وَمَغْفِرَةً وَرَحْمَةً وَكِأَنَ ع اللهُ غَفُورًا رَّحِيْمًا ١٠

إِنَّ الَّذِيْنَ تَوَقَّىٰهُمُ الْمَلَيِّكَةُ ظَالِمِيْ ٱنْفُسِهِمْقَالُوْافِيْمَكُنْتُمْ وَقَالُوْاكُنَّا مُسْتَضْعَفِيْنَ فِي اكْرَضِ عَقَالُوْ آلَكُمْ تَكُنُ آرْضُ اللهِ وَاسِعَةً فَتُهَاجِرُوْا فِيْهَا ، فَأُولَئِكَ مَأُوْمِهُمْ جَهَا نَّكُمُ ، وَ

ركا المُشتَضْعَفِيْنَ مِنَ الرِّجَالِ وَ ساء و الولدان لايشتطيعُون حِيْلَةً وَّلايَهْتَدُوْنَ سَبِيْلاً ﴿

قَاُولِيَكَ عَسَى اللهُ آن يَكْفُو عَنْهُمْ و وَ 100. Kale abo ob'olyawo Allah alibaddira-كان اللهُ عَفُهُ اغَفُهُ رَان

وَمَنْ يُنْهَاجِرُفِيْ سَبِيْلِ اللهِ يَهِ فِي الْأَرْضِ مُراغَمَّا كَثْنُارًا وُّلَّا وَمَنْ يَخُورُجُ مِنْ بَيْتِهِ مُهَاجِرًا إِلَى الله وَرَسُوْ لِهِ ثُمَّ يُهِدْ رِكُهُ الْمَوْتُ فَقَدْ وَقَعَ آجُرُهُ عَلَى اللَّهِ ﴿ وَكَانَ اللَّهِ اللَّهِ اللَّهِ اللَّهُ

الم عَفُورًا رُّحِيمًا اللهِ

<sup>4:101. &#</sup>x27;Fii sabiilillah' ( فيُسَعِيفُواسُّتِي bitegeeza: 'Ku lwa Allah' oba 'ku lw'omulimu gwa Allah'oba 'mu kkubo lya Allah.'

102. Era bwe muba nga mutambula mu nsi, kale temubaako kinenyo bwe muyimpawaza ku ssaala, bwe muba nga mwekeka nti abo abatakkiriza bayinza okubaleetera emitawaana. Mazima abatakkiriza balabe bammwe ba lwaatu.

103. Era bw'obanga mu bo mu biseera eby'akabi n'obakulembera mu ssaala, kale ekibiina ekimu mu bo kiyimirire naawe mu ssaala era batwale n'ebyokulwanyisa byabwe. Naye bwe bamalanga okuvuunama, kale abo badde emabega wammwe, nate ekibiina ekirala ekitannasaala kijje kisaale naawe, naye era nabo batwalenga eby'okwerinza byabwe n'ebyokulwanyisa byabwe; *kuba* abatakkiriza baagala nti singa mulagajjalira eby'okulwanyisa byammwe n'ebintu byammwe, olwo babagwiira olugwiira lumu. Naye temubaako kinenyo bwe muba nga mulina obuzibu olw'enkuba oba nga muli balwadde nemussa wansi eby'okulwanyisa Naye byammwe. mutwalenga eby'okwerinza byammwe. Mazima Allah yategekera abatakkiriza ekibonerezo ekiswaaza.

104. Kale bwe mumalirizanga essaala, mujjukirenga nnyo Allah mu kuyimirira ne mu kutuula n'awo *nga mugalamidde* ku mbiriizi zammwe. Naye bwe mubanga emirembe, olwo mutuukirizenga essaala *mu bujjuvu*. Mazima essaala yalaalikibwa ku bakkiriza *okugisaalanga* mu biseera ebigere.

105. Era temuddiriranga nga mulondoola abantu *ababalwanyisa*, kuba bwe muba nga mulumizziddwa, ddala nabo baba balumiziddwa nga mmwe bwe mulumiziddwa; naye mmwe musuubira eri Allah bo bye batasuubira. Era Allah ye Mumanyi wa byonna, Omugezi ennyo.

وَ إِذَا ضَرَبْتُمُ فِي الْآرَضِ فَلَيْسَ عَلَيْكُمْ جُنَاحُ آنْ تَقْصُرُوْا مِنَ الصَّلُوةِ انْ خِفْتُمُ آنَ يَّفْتِنَكُمُ الَّذِيْنَ كَفَرُوْا لَمْ الْكَفِرِيْنَ كَانُوْا لَكُمْ عَدُوَّا مُّهِيْنًا اللَّهِ

وَإِذَا كُنْتَ نِيْهِمْ فَاقَمْتَ لَهُمُ الصّلُوةَ فَلْتَقُمْمُ طَالُهُ الصّلُوةَ فَلْتَقُمْمُ طَالُهُ قَا تَنْهُمْ مَتَعَكَ وَلَيَاهُمُ وَلَيْكُمُ وَلَيْكُمُ وَلَيَاهُمُ وَلَيْكُمُ وَلِي وَاللّهُ وَلِي وَلِي وَاللّهُ وَلَيْكُومُ وَلَيْكُومُ وَلَيْكُومُ وَلَيْكُومُ وَلَيْكُومُ وَلِي وَلِي وَلِي وَاللّهُ وَلِي وَاللّهُ وَلَيْكُومُ وَلَيْكُومُ وَلَيْكُومُ وَلَيْكُومُ وَلَيْكُومُ وَلَيْكُومُ وَلَيْ وَاللّهُ وَلِي وَلِي وَاللّهُ وَلِي اللّهُ وَلِي الللّهُ وَلِي وَلِي وَاللّهُ وَلِي اللّهُ وَلِي الللّهُ وَلِلْمُعُلِقُوا اللّهُ وَلِي الللّهُ وَلِي اللّهُ وَلِي الللّهُ وَلِي ا

فَإِذَا قَضَيَّتُمُ الصَّلُوةَ فَاذْكُرُواا لِلْهَ قِيمَا مَّا وَ قُعُودًا وَ عَلْ جُنُو بِكُمْ فَإِذَا اطْمَأْنَنْ تُمْ فَأَقِيْمُوا الصَّلُوةَ \* إِنَّ الصَّلُوةَ كَانَتُ عَلَى الْمُؤْمِنِيْنَ كِتْبًا الصَّلُوةَ كَانَتُ عَلَى الْمُؤْمِنِيْنَ كِتْبًا

وَكُونُوافِ ابْتِغَاء الْقَوْمِ وَانْ تَكُونُوا تَاكُمُونَ فَإِنْهُمْ يَاكُمُونَ كَمَا تَاكَمُونَ مِنَ اللهِ مَاكَ يَرْجُونَ وَكُانَ اللهِ عَلِيمًا يَرْجُونَ وَكُانَ الله عَلِيمًا

حَكِيْمًا۞

106. Ddala twassa gy'oli Ekitabo ekirimu amazima olyooke olamule wakati w'abantu n'ebyo Allah bye yakulaga. Era tobanga muyomberezi wa balyaake.

mazima Allah ye Mubikkirizi ennyo, Ow'ekisa ekingi.

108. Era towolerezanga abo aberyazaamaanya bokka. Mazima Allah tayagala buli mukumpanya, omwonoonyi lukulwe.

109. Beekweka bantu naye tebayinza kwekweka Allah; anti abeera wamu nabo awo bwe basula nga bateesa ekiro ku bigambo ebyo by'atasiima. Era Allah yetoolodde ebyo bye bakola.

110. Anti mmwe muumwo ababawolereza mu bulamu bw'oku nsi. Naye ani alibawolereza eri Allah ku lunaku lw'okuzuukira, era ani alibeyimirira?

111.Era oyo akola ekibi oba aba yeeryazaamaanyizza yekka n'oluvannyuma n'asaba Allah okumusonyiwa, alisanga nga Allah Musonyiyi nnyo, Musaasizi nnyo.

112. Era oyo akola ekibi, kale ddala akikola nekikosa mwoyo gwe. Era Allah ye Mumanyi wa byonna, Omugezi ennyo.

113. Era oyo akola ekisobyo oba ekibi n'oluvannyuma n'akipaatiika kw'oyo atalina musango, kale ddala aba yetisse okuwaayiriza n'ekibi eky'enkukunala.

## Ruku 17

114. Era singa si mikisa gya Allah egiri ku ggwe n'okusaasira kwe, mazima ekibiina ekimu mu bo kyali kimaliridde okukusaanyaawo. Naye tebasaanyaawo mulala wabula beesaanyaawo bokka, era tebayinza kukulumya n'akatono. Era Allah yakussiza Ekitabo n'ebyamagezi era

إِنَّآ ٱنْزَلْنَآ إِلَيْكَ الْكِتٰبَ بِالْعَقِّ لِتَحْكُمَ بَيْنَ النَّاسِ بِمَاۤ أَرْمِكُ اللهُ وَلَا تَكُن لِلْفَا لِينِينَ تَحْصِيمًا الله وَاسْتَغْفِرِ اللّٰهَ وَاتَّ اللّٰهَ كَانَ خَفُورًا (Allah; اللّٰهَ وَاللّٰهَ وَاللّٰهَ وَاللّٰهَ عَلْهُ وَاللّ

> وَ لَا تُجَادِلُ عَنِ الَّذِيْنَ يَخْتَانُوْنَ أَنْفُسَهُمْ وَإِنَّ اللَّهَ لَا يُحِبُّ مَنْ كَانَ خَةَ ا نُا آيْنِيمًا أَنْ

> يَّشتَخْفُوْنَ مِنَ النَّاسِ وَ لَا يَسْتَخْفُوْنَ مِنَ اللَّهِ وَهُوَمَعَهُ مُراذُ يُبَيِّتُونَ مَا لَا يَرْضَى مِنَ الْقَوْلِ وَوَ كَانَ اللَّهُ بِمَا يَعْمَلُونَ مُحِيْطًا اللهَ هَا نَتُمْ هَوُلاً عِادَلْتُمْ عَنْهُمْ فِ الْحَيْوةِ الدُّ نْيَاس فَمَن يُجَادِلُ اللّهَ عَنْهُمْ يَوْمَا لَقِيلَمَةِ آمْ مَّنْ يَكُوْنُ

وَمَنْ يَعْمَلُ شُوْءً وَيُظْلَمْ نَفْسَهُ ثُمَّ يَسْتَغْفِرا للْهَ يَجِدِا للهُ عَفُوْرًا

عَلَيْهِمْ وَ كِيْلًا ١

وَمَنْ يَكُسِبُ إِثْمًا فَإِنَّمَا رَكْسِنُهُ عَلْ نَفْسِهِ ﴿ وَكَانَ اللَّهُ عَلَيْمًا حَكِيْمًا ١

وَ مَنْ يَكسِبُ خَطِيْئَةً أَوْلِ ثُمَّا ثُمَّ يَرْمِ بِهِ بَرِيْكًا فَقَدِ احْتَمَلَ 

وَكُوْ لَا فَضْلُ اللَّهِ عَلَيْكَ وَ رُحْمَتُكَ لَهُمَّتْ طَّآئِفَةً مِّنْهُمْ آنَ يُضِلُّوكَ وَ مَا يُضِلُّوْنَ الَّرِ آنْفُسَهُمْ وَ مَا يَضُرُّوْنَكَ مِنْ شَيْءٍ، وَ آنْزَلَ اللّٰهُ عَلَيْكَ الْكِتْبُ وَالْحِكْمَةُ وَعَلَّمَكَ مَا

n'akuyigiriza n'ebyo bye wali tomanyi. Era ekisa kya Allah ekiri ku ggwe kisuffu.

115. Mu bufubo bwabwe obusinga obungi temuli kalungi, okuggyako nga bakubirizza okutoola saddaaka, oba okukola ebikolwa ebirungi ebigasa abantu, oba okutabaganya wakati w'abantu. Era oyo akola atyo olw'okunoonya okusiima kwa Allah, kale mangu nnyo tujja kumuwa empeera ensuffu.

116. Era oyo awakanya Mutume oluvannyuma lw'okunnyonnyokerwa obulung'amu n'agoberera ekkubo eritali lya bakkiriza, naffe tulimwolekeza gy'ayolekedde era tulimuyingiza mu muliro. Era obwo buddo bubi nnyo.

### Ruku 18

117. Mazima Allah tasonyiwa kumwenkanya na kirala, naye asonyiwa ekitali ekyo eri oyo gw'aba asiimye. Era oyo eyenkanya oyo gw aba asiimye. Era oyo eyenkanya يُتشَرِكُ بِاللَّهِ فَقَدُ ضَلَّ ضَلْلاً بَعِيدًا إِللهِ Allah n'ekirala, mazima aba abuze okubula اللهُ بَعِيدًا اللهُ عَلَيْهُ اللهُ عَلَيْهُ اللهُ اللهُ عَلِيهُ اللهُ عَلَيْهُ اللهُ عَلَيْهُ عَلَيْهُ اللهُ عَلَيْهُ اللهُ عَلَيْهُ اللهُ عَلَيْهُ عَلَيْهُ اللهُ عَلَيْهُ عَلَيْهُ عَلَيْهُ اللهُ عَلَيْهُ اللهُ عَلَيْهُ عَلَيْهُ عَلَيْهُ عَلَيْهُ عَلَيْهُ عَلَيْهُ عَلَيْهُ اللهُ عَلَيْهُ عَلِيهُ عَلَيْهُ عِلْمُ عَلَيْهُ عَلِيهُ عَلَيْهُ عَلَيْهِ عَلَيْهُ عَلَيْهُ عَلَيْهِ عَلَيْهِ عَلَيْهُ عَلَيْهِ عَلَيْهُ عَلَيْهِ عَلَيْهِ عَلَيْهُ عَلَيْهُ عَلَيْهُ عَلَيْهِ عَلَيْهُ عَلَيْهِ عَلَيْهِ عَلَيْهِ عَلَيْهُ عَلَيْهِ عَلِيهُ عَلَيْهِ عَلَيْهِ عَلَيْهُ عَلَيْهُ عَلَيْهِ عَلَيْهُ عَل okw'ewala ennyo.

118. Abamu nno tebalina kye basaba ebbali we okuggyako ba lubaale abakazi; era mu butuufu tebalina kye basaba okuggyako Sitaani omujeemu,

119. Allah gwe yakolimira, era eyagamba nti: Mazima ng'enda kwetwalira omutemwa omugereke mu baddu bo.

120. Era ddala ndibabuza nti ndibeegombesa ebitaliimu nsa era ddala ndibapikiriza nebasala amatu g'ebisolo era ddala ndibapikiriza nebakyuusakyuusa ebitonde bya Allah. Era oyo atwala Sitaani nga ye w'omukwano abbali wa Allah, mazima aba afiiriddwa okufiirwa okw'olwaatu.

121. Sitaani abasuubiza era n'abegombesa ebitaliimu nsa. Naye Sitaani tasuubiza kirala okuggyako okubuzaabuza.

122. Abo amaka gaabwe muliro era tebalizuulayo buddukiro ku gwo.

123. Era abo abakkiriza era ne bakola ebikolwa ebirungi tulibayingiza mu nsuku ezikulukutamu emigga wansi wa zo; omwo كَمْ تَكُنْ تَعْلَمُ وَكَانَ فَضْلُ اللهِ عَلَيْكَ

لَاخَيْرَ فِي كَثِيْرِيِّنْ تَجْوِٰ مُهُمْ إِلَّا مَنْ آمَرَ بِصَدَ قَيْةٍ آوْ مَعْرُوْفِ آوْ إِصْلَاجُ بَيْنَ النَّاسِ ءَوَ مَنْ يَنْفَعَلْ ذَٰلِكَ ابْنِيْغَآءَ مَرْضاً بِنِ اللهِ فَسَوْفَ نُؤْتِيْهِ آجُدًا

وَ مَنْ يُشَاقِقِ الرَّسُولَ مِنْ بَعْدِ مَا تَبَيِّنَ لَـهُ الْهُ لِمِي رَبِّتَ بِعُغَيْرَسَبِيْلِ الْمُؤْمِنِيْنَ نُولِّبِهِ مَا تَوَكَّرَ نُصْلِهِ ع جَهَدَّمَ وَسَأَءَ ثَ مَصِيْرًا اللهُ

ات الله كا يَغْفِرُ أَنْ يُشْرَكِ بِهِ وَ يَغْفِرُمَا دُوْنَ ذَٰ لِكَ لِمَنْ يَشَاءُ وَمَنْ

إِنْ يَدْعُونَ مِنْ دُونِهَ إِلَّا إِنْكًا \* وَإِنْ يَّدْعُوْنَ إِلَّا شَيْطْنًا مَّرِيدًا اللهُ

﴾ لَّعَنَهُ اللَّهُ مِنَ قَالَ كَا تَنْفِذَنَّ مِنْ عِبَا وِكَ نَصِيْبًا مَّفْرُوْضًا الله ۊؖ؆ؙۻڷڹۧۿۿۯڵٲڝ<u>ٙٚؾڹۜۿۿ</u>ۯ؆ؗڡؙڗؾٞۿۿ فَكَيُ بَيِّكُنَّ أَذَا نَ الْأَنْعَامِ وَلَا مُرَثَّكُهُمْ فَلَيُغَيِّرُتَّ خَلْقَ اللهِ ﴿ وَ مَنْ يَتَنْخِز الشَّيْطُنَ وَلِيَّامِّنْ دُوْنِ اللهِ فَقَدْ خَسِر

يَجِهُ هُمْ وَيُمَيِّيْهِمْ وَمَا يَعِدُهُمُ الشَّيْطِيُ إِلَّا غُورُاس

خُشرَانًا مُبيئنًا أَ

أولِتُكَمَا وْسَهُ هُجَهَنَّمُ وَلَا يَجِدُونَ عَنْهَا مَحِيْصًا

وَالَّذِيْنَ أَمَنُوا وَ عَمِلُوا الصَّلِحْتِ سَنُدْخِلُهُمْ جَنَّتٍ تَجْرِيْ مِنْ تَحْتِهَا mwe balibeera emirembe n'emirembe. Okwo kwe kusuubiza kwa Allah okw'amazima. Y'ate ani asinga Allah okwogera amazima?

124. Tekigenda kuba nga mmwe bwe mwagala oba ng'abantu b'Ekitabo bwe baagala. Oyo akola ekibi alikisasulwa era talizuulayo wa mukwano wadde omuyambi ebbali wa Allah.

125. Era oyo akola ebirungi, k'abe musajja oba mukazi, naye nga mukkiriza, kale abo be baliyingira mu Janna era tebaliryazaamaanyizibwa wadde akatono ennyo\*.

126. Y'ate ani asinga eddiini kw'oyo eyeewayo yenna eri Allah ate nga mukozi wa birungi era nga agoberera eddiini ya Ibrāhimu omwesimbu? Era Allah yatwala Ibrāhimu nga mukwano gwe ow'enjawulo.

127. Era byonna ebiri mu ggulu n'ebiri mu nsi bya Allah. Era buli kimu Allah yakyetooloola.

Ruku 19

128. Era banoonya ensala yo ku bifa ku bakazi. Gamba nti: Allah abawa ensala ye ku bo. N'ebyo ebibasomerwa *awalala* mu Kitabo ebifa ku bakazi ba mulekwa abo be mutawa mahare ago agaabalagirwa so nga mwagala okubawasa, era *abawa ensalaye ku* baana abateesobola, nti mulabirirenga bamulekwa mu bwenkanya. Era buli kirungi kye mukola, ddala Allah akimanya.

129. Era omukyala bw'atya bba okumuyisa obubi oba okusuulirirwa, kale tekiba kinenyo gye bali bombiriri bwe batabagana bokka na bokka. Era okutabagana kulungi nnyo. Era abantu baateekerwawo okululunkana. Naye bwe mweyisa obulungi era nemwekuuma, mazima bye mukola Allah abitegeera.

130. Era temusobola kwenkanyankanyiriza ddala wakati w'abakyala ne bwe muba nga

لاَ نَهْرُخْلِدِ مُنَ فِيْهَا آبَدُ ا وَعُدَا لِلهِ مَقَّا وَ مَنْ آصَدَقُ مِنَ اللهِ قِيْلًا ﴿ مَقَا اللهِ قِيلًا ﴿ لَا مَالَٰ إِلَّا اللهِ مَنْ اللهِ قِيلًا ﴿ لَا مَالَٰ إِلَّا اللهِ مَنْ يَعْمَلُ سُوْءً يُجْزَيِهِ وَلِيثًا وَ لَا يَحِدُ لَهُ مِنْ دُونِ اللهِ وَلِيثًا وَ لَا يَصِيْرًا ﴿ إِلَيْ اللهِ وَلِيثًا وَ لَا يَصِيْرًا ﴾

وَيِلْهِمَا فِي السَّمْوْتِ وَمَا فِي الْأَرْضِ، وَ كَانَ اللَّهُ بِكُلِّ شَيْءٍ مُّحِيْطًا أَ

وَ يَسْتَفْتُوْ نَكَ فِي النِّسَآءِ ، قُلِ اللهُ يُفْتِ يَكُمْ فِيهِنَ ، وَمَا يُثَلِّ عَلَيْكُمْ فِي يَعْمَى النِّسَآءِ ، قُلِ اللهُ يَكُمْ فِي النِّسَآءِ النِّيْ كَا الْكَتْبُ وَمَا يُثَلِّ عَلَيْكُمْ فِي النِّسَآءِ النِّيْ كَا الْكَتْبُ وَنَ تَقُوْمُوا لِلْيَتُمْ فِي الْمُسْتَضْعَفِيْنَ الْهُ الْمُسْتَضْعَفِيْنَ مِنَ الْوِلْدَانِ اللهُ تَقُوْمُوا لِلْيَتُمْ فِي الْمُسْتَضْعَفِيْنَ مِن الْوِلْدَانِ اللهُ الل

وَكَنْ تَسْتَطِيْعُوا أَنْ تَعْدِلُوا بَيْنَ النِّسَأَءِ

<sup>4:125. &#</sup>x27;Naqiir' kitegeeza akannya akabeera ku nsigo y'entende.

AL-NISĀ

mwagala mutya, naye temwekubiiranga ne mwemalira kw'omu, ne muleka omulala nga aling'anga awanikiddwa aleebeeta. Naye

131. Naye bwe baawukananga, buli omu Allah alimuwa okwemalirira okuva ku butitimbe bwe. Era Allah y'Agaziya, Omugezi ennyo.

132. Era byonna ebiri mu ggulu n'ebiri mu nsi bya Allah. Era ddala twakuutira abo abaaweebwa Ekitabo olubereberye lwammwe, n'eri mmwe nti: Mutye nnyo Allah. Naye bwe mulyerema, mumanye nti ddala byonna ebiri mu ggulu n'ebiri mu nsi bya Allah. Era Allah Yeemala, y'Atenderezebwa.

byonna ebiri mu ggulu n'ebiri 133. Era mu nsi bya Allah. Era Allah nga ye Mulabirizi, amalira ddala.

134. Abange mmwe abantu, *Allah* bw'aba nga ayagadde, mmwe abaggyawo n'aleeta abalala. Era ekyo Allah akisobola nnyo.

135. Oyo aba ayagala empeera y'oku nsi yokka, kale ajjukire nti eri Allah y'eri empeera y'oku nsi n'eyenkomerero. Era Allah y'Awulira byonna, y'Alaba byonna.

Ruku 20

136. Abange mmwe abakkiriza, mubeerenga beesimbu mu bwenkanya, abawa obujulizi ku lwa Allah, ne bwe kiba ku mmwe bennyini oba ku bazadde bombiriri oba abammwe. Aweebwako obujulizi k'abe mugagga oba mwavu, kale era Allah y'asinga okubalumirwa bombi okusinga mmwe. Kale temugobereranga kwagala kwa mitima gyammwe nemutaba benkanya. Era bwe amazima oba nemwebalama, mukweka mumanye nti ddala bye mukola, Allah abitegeera.

137. Abange mmwe abakkiriza, mukkirize Allah ne Mutume we, n'Ekitabo ekyo kye yassa ku Mutume we, n'Ekitabo ekyo kye yassa olubereberye. Era oyo eyeegaana Allah, ne ba malayika be, n'ebitabo bye, n'Ababaka be, n'olunaku lw'enkomerero, mazima aba abuze okubula okw'ewala.

وَلَوْحَرَ صَـ تُمْ فَلَا تَمِيْلُوْاكُلَّ الْمَيْلِ فَتَذَرُوْهَا كَالْمُعَلَّقَةِ وَإِنْ تُصْلِحُوْا كَتَّقُوْا فَا تَا مِلْهُ كَا نَ خَفُوْرًا تَحِيمًا اللهِ اللهِ كَا نَ خَفُوْرًا تَحِيمًا اللهِ اللهِ اللهِ كا كان غَفُوْرًا تَحِيمًا اللهِ اللهِ كان غَفُوْرًا تَحِيمًا اللهِ اللهِ اللهِ كان غَفُوْرًا تَحْدِيمًا اللهِ اللهُ اللهِ اللهُ اللهِ اللهِ اللهُ اللهِ اللهُ اللهُ اللهِ اللهِ اللهِ اللهِ اللهُ اللهِ اللهِ اللهُ اللهِ اللهِ اللهُ اللهُ اللهُ اللهُ اللهُ اللهُ اللهُ اللهُ اللهُ اللهِ اللهُ اللهُ اللهِ اللهُ اللهُ اللهُ اللهُ اللهُ اللهُ اللهُ اللهِ اللهُ اللهُ اللهُ اللهُ اللهُ اللهُ اللهُ اللهِ اللهُ اللّهُ اللهُ ال وَإِنْ يَتَفَرَّقًا يُغْنِ اللَّهُ كُلًّا مِّنْ سَعَتِهِ ، وَكَانَ اللَّهُ وَاسِعًا حَكِيْمًا اللهُ

وَ يِلْهِ مَا فِي السَّمُوٰتِ وَمَا فِي الْأَرْضِ وَ لَقَدْ وَصَّيْنَا الَّذِينَ أَوْتُواالْكِتٰبَ مِنْ قَبْلِكُمْ وَإِيَّاكُمْ آنِ اتَّقُواا للَّهَ ﴿ وَإِنْ تَكُفُرُوْافَإِنَّ بِلْهِ مَافِي السَّمَوْتِ وَمَا فِي الْأَرْضِ وَكَانَ اللّهُ غَينيًّا حَمِيْدًا ١٠ وَ بِتُهِما فِي السَّمَٰواتِ وَمَا فِي الْأَرْضِ وَ كُفْي بِاللَّهِ وَكِيْلًا ﴿

إِنْ يَتَشَا يُهِذْ هِيْكُمْ ٱبْتُهَا النَّاسُ وَيَأْتِ بِأَخَرِيْنَ وَكَانَ اللّهُ عَلَى ذَلِكَ قَدِيرًا ﴿ مَنْ كَانَ يُويدُ ثُوابَ الدُّنْيَافَعِنْدَاللهِ ثَوَابُ اللَّهُ نُبِيَا وَ الْأَخِرَةِ ﴿ وَكَانَ اللَّهُ

الَّذِيْنَ أَمَنُوْا كُوْنُوَا فَوَّا مِيْنَ بِالْقِسْطِ شُهَدَّاءَ بِيتُهِ وَلَوْ عَلَى آنْفُوسِكُمْ آوِالْوَالِدَيْنِ وَالْاَقْرَبِيْنَ مِإِنْ يَكُنْ غَنِيتًا اَوْ فَقِيْرًا فَاللَّهُ اوْلَى بِهِمَات فَلَا تَتَّبِعُوا الْهَوْتَى أَنْ تَعْدِ لُوْآءً وَإِنْ تَكُوُّا أَوْ تُعْرِضُوا فَإِنَّ اللَّهَ كَانَ بِمَا تَعْمَلُوْنَ خَبِيْرًا 🗇

يَّا يُّهَا الَّذِينَ إَمَنُوْا أَمِنُوا بِاللَّهِ وَ رَسُولِم وَالْكِتْبِ الَّذِيْ نَزَّلَ عَلَى رَسُولِهِ وَ الْكِتٰبِ الَّذِينَ آنْزَلَ مِنْ كُتُبِهِ وَ رُسُلِهِ وَ الْيَهُومِ الْأَخِرِ فَقَدْ 138. Mazima abo abakkiriza n'oluvannyuma ne bagaana, nate ne bakkiriza, n'oluvannyuma ne bagaana, n'oluvannyuma ne beeyongera okwerema, Allah talibasonyiwa wadde talibalung'amya mu kkubo.

139. Wa amawulire eri bannanfuusi nti balifuna ekibonerezo ekirumya ennyo,

140. Be bo abafuula abatakkiriza okuba ab'emikwano mu kifo ky'abakkiriza, abaffe banoonya kitiibwa gye bali? Naye ddala ekitiibwa kyonna kya Allah.

141. Era ddala yamala okubassiza mu Kitabo nti: Bwe muwuliranga Aya za Allah nga zigaanibwa oba nga zijeregebwa, kale temutuulanga wamu n'abo *abazijerega*, okutuusa lwe badda ku mboozi *endala* eteri eyo; *kubanga bwe mutuula nabo*, olwo nammwe muba nga bo. Mazima Allah alikung'aanyiza abannanfuusi n'abatakkiriza bonna mu Jahannamu:

142. Be bo abalindirira ebinaagwa kummwe. Kale bwe muba nga mmwe mufunye obuwanguzi obuva eri Allah, bagamba nti: Abaffe, ffe tetwali wamu nammwe? Ate abatakkiriza bwe baba nga be bafunye omugabo, bagamba nti: Si ffe twabawanguzza n'okubakubirira eri abakkiriza? Kale Allah aliramula wakati wammwe ku lunaku lw'okuzuukira. Era Allah tajja kuwa batakkiriza kkubo *lya buwanguzi* ku bakkiriza.

Ruku 21

143. Mazima abannanfuusi mbu babuzaabuza Allah, naye ajja *kubaleka* bo bennyini babuzibwebuzibwe.Era bwe basituka okugenda eri essaala, basituka beenyoola na lwa kulabibwa bantu, era tebajjukira Allah okuggyako akatono ennyo.

144. Bannampawengwa; tebali eri bano wadde tebali eri bali. Era oyo Allah gw'ayabulira, toyinza kumuzuulirayo kkubo ddala *nate*.

رِنَّ الَّذِيْنَ أَمَنُوا ثُمَّ كَفَرُوا ثُمَّ الْمَانُوا ثُمُّ الْمَانُوا بُلُهُ لِيَغُورَ لَهُمْ وَلَالِيَهُ مِيهُمُ سَبِيلًا أَنَّ

بَشِّرِ الْمُنْفِقِيْنَ بِأَنَّ لَهُمْ عَذَابًا اَلِنْمَاهُ

اِلَّذِيْنَ يَتَّخِذُ وْنَ الْكُفِرِيْنَ اَوْلِيَآءَ مِنْ دُوْفِ الْمُؤْمِنِيْنَ مَ اَيَبْتَغُوْنَ عِنْدَهُمُ الْعِزَّةَ فَإِنَّ الْعِزَّةَ بِللهِ حَمْدُانُ

وَفَكُرْ تَنَزَّلُ عَلَيْكُمْ فِ الْكِتْبِ آنَ إِذَا يَسْمِعْتُمْ الْبِتِ اللَّهِ يُكُفُو بِهَا وَ يُسْمَعُهُمْ مِهَا وَ يُسْتَهُزَائِهِافَلَا تَقْعُدُ وَامَعَهُمْ حَتَّى يَعْوَضُوا فِي حَدِيثِ عَيْرِهِ النَّكُمْ الْمُنْفِقِيْنَ وَ يَعْوَضُوا فِي حَدِيثِ عَيْرِهِ النَّكُمْ الْمُنْفِقِيْنَ وَ يَعْوَضُونَ بِكُمْ عَنْوَلَا تَقْعُدُ وَكُمْ الْمُنْفِقِيْنَ وَ يَعْدَلُهُ مَعْمَلُمُ اللَّهُ يَعْمَلُمُ اللَّهُ وَالْمُوْمِنِيْنَ سَبِيلًا اللَّهُ لِلْحُورِيْنَ اللَّهُ يَعْمَلُ اللَّهُ لِلْحُورِيْنَ سَبِيلًا اللَّهُ لِلْحُورِيْنَ سَبِيلًا اللَّهُ لِلْحُورِيْنَ اللَّهُ عِلَى اللَّهُ لِلْحُورِيْنَ سَبِيلًا اللَّهُ لِلْحُورِيْنَ سَبِيلًا اللَّهُ لِلْحُورِيْنَ سَبِيلًا اللَّهُ لِلْحُورِيْنَ اللَّهُ لِلْحُورِيْنَ سَبِيلًا اللَّهُ لِلْحُورِيْنَ اللَّهُ عِلَى اللَّهُ لِي عَلَى اللَّهُ لِلْحُورِيْنَ سَبِيلًا اللَّهُ اللَّهُ لَا تَعْمَلُهُ اللَّهُ عَلَى اللَّهُ اللَّهُ عَلَى اللَّهُ وَاللَّهُ عَلَى اللَّهُ وَاللَّهُ الْمُؤْمِنِيْنَ سَبِيلًا اللَّهُ اللَّهُ عَلَى اللَّهُ وَاللَّهُ عَلَى اللَّهُ اللَّهُ عَلَى اللَّهُ اللَّهُ عَلَى اللَّهُ اللَّهُ عَلَى اللَّهُ اللَّهُ اللَّهُ عَلَى اللَّهُ اللَّهُ عَلَى اللَّهُ اللْهُ اللْهُ الْمُؤْمِنِيْنَ اللْهُ اللَّهُ الْمُؤْمِنِ اللْهُ الْمُؤْمِنِ اللْهُ الْمُؤْمِنِ اللْهُ اللَّهُ اللَّهُ الْمُؤْمِنِ اللْهُ الْمُؤْمِنِ اللْهُ اللَّهُ اللَّهُ اللْهُ اللَّهُ اللْهُ الْمُؤْمِنِ اللْهُ اللْهُ اللَّهُ اللْهُ اللَّهُ اللْهُ الْمُؤْمِنِ الللَّهُ اللَّهُ اللْهُولِ اللْهُ الْمُؤْمِنِ اللْهُ الْمُؤْمِنِ الللَّهُ اللْهُ الْمُؤْ

اِنَّ الْمُنْفِقِيْنَ يُخْدِعُوْنَ اللَّهَ وَهُوَ خَامُوْا لَّهُ وَهُوَ خَامُوْا خَامُوْا فَالْمُوْا اللَّالَ الصَّلُوةِ قَامُوْا كُسَالُى، يُكرَآءُوْنَ النَّاسَ وَلَايَذْ كُرُوْنَ النَّاسَ وَلَايَذْ كُرُوْنَ النَّاسَ وَلَا يَذْ كُرُوْنَ النَّاسَ وَلَا يَذَلُانُ فَيْ

مُّذَبُذَ بِيُنَ بَيْنَ ذِلِكَ الْكَالَالِلْهُ هَوُلاَءَوَ لَاهِ هَوُلاَءْ وَمَن يُّضُلِلِ اللهُ فَكَنْ تَجِدَ لَهُ سَبِيْلُانِ

145. Abange mmwe abakkiriza, temufuulanga abatakkiriza okuba ab'emikwano mu kifo ky'abakkiriza. Abaffe, kye mwagala kwe kwewaako mwekka obujulizi obw'olwaatu eri Allah?

146. Mazima bannanfuusi be baliba mu ssa erisemberayo ddala wansi mu muliro; era tolibazuulirayo muyambi yenna,

147. Okuggyako abo abalibonerera ne batereerera ddala, era nebanywerera ku Allah, era ne bamalira obuwulize bwabwe eri Allah; kale abo baliba mu bakkiriza. Era mangu nnyo Allah ajja kuwa abakkiriza empeera ensuffu.

148. Allah ababonereze lwaki singa muba nga mwebazizza era nga mukkirizza? Era Allah ye Musiimi ennyo, Omumanyi wa byonna.

Juzu 6

149. Allah tayagala kulaalaasa kigambo kibi, okuggyako eri oyo aba ayisiddwa obubi. Mazima Allah ye Muwulizi wa byonna, Omumanyi wa byonna.

150. Bwe mwoleka ekirungi oba ne mukikisa, oba ne musonyiwa ekibi, mazima Allah ye Musanguzi w'ebibi, Nannyini buyinza.

151. Mazima abo abeegaana Allah n'Ababaka be era ne baagala okwawula wakati wa Allah n'Ababaka be, era ne bagamba nti: Tukkirizaako bamu, abalala tetubakkiriza, era nga baagala kukwata kkubo eriri wakati w'ebyo,

152. Abo nno be batakkiriza wawu. Era twategekera abatakkiriza ekibonerezo ekiswaaza.

153. Naye abo abakkiriza Allah n'Abatume be ne batasosola n'omu mu bo, abo mangu nnyo Allah ajja kubawa empeera yaabwe. سَوْفَ يُوْرِينِهِمْ ٱجُوْرَهُ مُ دَوَكًانَ اللهُ Era Allah ye Musonyiyi ennyo, Ow'ekisa ekingi.

يّاَيُّهَا الَّذِيْنَ أَمّنُوا لَا تَتَّخِذُوا الْكُفِرِيْنَ أَوْلِيَاءَ مِنْ دُوْنِ الْمُؤْمِنِيْنَ ا آتُرِيْـدُوْنَ آنْ تَجْعَلُوْا رِللَّهِ عَلَيْكُمْ سُلْطُنَّا مُّبِينًا

إِنَّ الْمُنْفِقِيْنَ فِي الدَّرْكِ الْأَسْفَلِ مِنَ النَّارِ \* وَكَنْ تَجِدَ لَهُ مْ نَصِيْرًا إِنَّ

إلَّا الَّذِينَ تَا بُوْادَ أَصْلَحُوْا وَاعْتَصِيمُوْا بِاللهِ وَآخْلَصُوْا دِيْنَهُمْ يِلْهِ فَأُولَئِكَ مَعَ الْمُؤْمِنِيْنَ ، وَسَوْفَ يُهُوْتِ اللَّهُ الْمُؤْمِنِيْنَ آجُرًا عَظِيْمًا

مَا يَفْعَلُ اللهُ بِعَذَا بِكُمْ إِنْ شَكَرْ تُمْرَوَ أَمَنْتُمُ وَكَانَ اللَّهُ شَاكِرًا عَلِيْمًا ١

لا يُحِبُّا للهُ الْجَهْرَبِالسُّوْءِ مِنَ الْقَنُولِ إِنَّا مَنْ ظُلِمَ ﴿ وَكَانَ اللَّهُ سَمِينَعًا عَلِيمًا

رِانْ تُبْدُوْا خَيْرًا ٱوْ تُخْفُوْهُ ٱوْتَحْفُوا عَنْ سُوْءٍ فَإِنَّ اللَّهُ كَانَ عَفُوًّا قَدِيْرًا ۞ إِنَّ الَّذِيْنَ يَكُفُرُوْنَ بِاللَّهِ وَرُسُلِهِ وَ يُرِيْدُ وْكَانَ يُنْفَرِّ قُوْا بَـيْكَا لِلْهِ وَرُسُلِهِ وَ يَقُولُونَ نُؤْمِنُ بِبَعْضٍ وَ نَكُفُرُ بِبَعْضِ وَيُرِيدُونَ أَن يَّتَّخِذُوا بَيْنَ ذَٰلِكَ سَبِيْلًا ٥

أُولِيِّكَ هُمُ الْكُفِرُونَ حَقَّاءً وَ آعْتَدُنَا لِلْكُورِيْنَ عَذَابًا مُّهِيْنًا ۞

وَ الَّذِيْنَ أَمَنُوا بِاللَّهِ وَ رُسُلِهِ وَلَمْ يُفَرِّ قُوْا بَيْنَ آحَدٍ مِّنْهُمْ أُولِيَّكَ الم عَفُورًا رُحِيمًا الله

154. Abantu b'Ekitabo bakusaba mbu obassize Ekitabo okuva mu ggulu. Naye baasaba Mūsa ekisinga n'ekyo obukulu nebagamba nti: Tulage Allah mu lwaatu. Olwo baakwatibwa ekibonerezo ky'okubwatuka olw'okwonoona kwabwe. Ate oluvannyuma baafuula ennyana *okuba omusinzibwa*, *so* ng'ate baali bamaze n'okutuukibwako obubonero obw'olwaatu, naye n'ekyo ne tukisonyiwa. Era twawa Mūsa obukakafu obwetadde.

155. Era twagulumiza olusozi waggulu waabwe nga tulagaana nabo, era netubagamba nti: Muyingire mu mulyango n'obuwulize. Era netubagamba nti: Temujeemeranga bya Sabbiiti era netubaggyako endagaano enkakafu.

156. Kale olw'okumenya kwabwe endagaano yaabwe, n'olwokugaana kwabwe obubonero bwa Allah, n'okugezaako kwabwe okutta ba Nabbi awatali nsonga, n'okwogera kwabwe nti: Emitima gyaffe misaanikire— si kyo, wabula Allah yassa envumbo ku gyo olw'okwerema kwabwe, kale tebakkiriza okuggyako akatono ennyo—

157. N'olwobutakkiriza bwabwe, n'okwogera kwabwe ku Maryamu okw'okuwaayiriza okusuffu,

\*158. N'olw'okwogera kwabwe nti: Mazima twatta Masihi, 'Isa, mutabani wa Maryamu Omubaka wa Allah; songa tebaamutta, wadde tebaamuttira ku musaalaba, wabula yafaananyirizibwa bufaananyirizibwa gye bali ng'afudde. Era ddala abo abatakkiriziganya ku kyo, mazima bali mu kubuusabuusa ku kyo. Tebalina kye bakimanyiiko, okuggyako okugoberera okuteebereza kwokka, naye nga mu butuufu tebaamutta,

\*159. Wabula Allah yamugulumiza gy'ali. Era Allah ye Luwangula, Omugezi ennyo.

يَسْعَلُكَ آهُلُ الْكِتْبِ آنْ ثُنَزِّلُ عَلَيْهِمْ كِتْبًا مِّنَ السَّمَاءِ فَقَدْ سَاَلُوا مُوْشَى اكْبَرُمِنْ ذَلِكَ فَقَالُوْآ آرِنَا اللّهَ جَهْرَةً فَاخَذَ اللّهُ مُ الصِّعِقَةُ بِظُلْمِهِمْ مُثَمَّ اتَّخَذُوا الْعِجْلَ مِنْ بَعْدِمَا جَاءَ تُهُمُ الْبَيِّنْكُ فَعَفَوْنَا عَنْ ذَلِكَ مَ وَاتَيْنَا مُوْسَى مُلْطِنًا ثُمِينَا اللهِ

وَرَفَعْنَافَوْ قَهُمُ الطُّوْرَبِمِيثَا تِهِمْ ا وَ قُلْنَا لَهُمُ ادْخُلُواالْبَابَ سُجَّدًا وَ قُلْنَا لَهُمْ لَا تَعْدُوْا فِي السَّبْتِ وَ احَدْنَا مِنْهُمْ مِيْثَا قَامَ لِيظًا الْهَ فَهِمَا نَقْضِهِمْ مِيثَا قَهُمْ وَكُفْرِهِمُ عِلْيُتِ اللهِ وَ قَتْلِهِمُ الْاَثْبِينَا مَهْ مِنْ اللهِ عَيْرِ عِلْيُكُو اللهِمُ قُلُو بُنَا عُلْفُ وَمُنُونَ اللهِ اللهِ عَلَيْهِمُ الْالْمُ عَلَيْهُ اللهُ عَلَيْهِ اللهُ اللهُ اللهُ عَلَيْهُ اللهُ اللّهُ ال

وَّ بِكُفْرِهِمْ وَ قَوْلِهِمْ عَلَى مَرْيَـمَ بُهْتَا تُاعَظِيْمًا۞

وَّ قَوْلِهِمْ رَنَّا قَتَلْنَا الْمَسِيْحَ عِيْسَى
ابْنَ مَرْيَمَ رَسُولَ اللهِ وَمَا قَتَلُوْهُ وَ
مَا صَلَبُوهُ وَلَكِنْ شُتِهَ لَهُمْ وَ إِنَّ مَا تَتَلُوهُ وَ لِيَ شُتِهَ لَهُمْ وَ إِنَّ النَّذِينَ اخْتَلَفُوا فِي لِلْوَيْ شَلْقٍ مِنْكُ مِنْ اللَّمِينَ الْخُتَلَفُوا فِي لِلْا الْتِبَاعَ الظَّيِّ وَنَهُ مَا لَكُمُ مُهِ وَنْ عِلْمِ اللَّا الْتِبَاعَ الظَّيِّ وَ مَا قَتَلُوهُ يَقِيدُنَا اللَّهِ اللَّهُ الْمُنْ الْمُنْفَالُ اللَّهُ الْمُنْفَا اللَّهُ الْمُنْفَالُ اللَّهُ الْمُنْفَالُ الْمُنْفَالُ الْمُنْفَالُ الْمُنْفَالُ الْمُنْفَالُ الْمُنْفَالُهُ الْمُنْفَالُهُ الْمُنْفَالُ الْمُنْفَالُهُ الْمُنْفِقُ الْمُنْفَالُهُ الْمُنْفَالُهُ الْمُنْفَالُولُ الْمُنْفَالُهُ الْمُنْفَالُولُ الْمُنْفَالُولُ الْمُنْفِقُولُ الْمُنْفَالِقُلْمُ الْمُنْفَالُولُ الْمُنْفِقُولُ الْمُنْفَاقُولُ اللّهُ الْمُنْفَالِقُولُ اللّهُ الْمُنْ الْمُنْفُولُ الْمُنْ الْمُنْ الْمُنْ الْمُنْ الْمُنْ الْمُنْ الْمُنْ الْمُنْ الْمُنْ الْمُنْفِيلُ اللّهُ اللّهُ اللّهُ الْمُنْ الْمُنْ الْمُنْ الْمُنْ اللّهُ الللّهُ اللّهُ اللّهُ اللّهُ اللّهُ اللّهُ اللّهُ الل

بَلْدَّفَخَهُ اللَّهُ اللَّهُ اللَّهُ عِنْ وَكَانَ اللَّهُ عَزِيْزًا اللَّهُ عَزِيْزًا اللَّهُ عَزِيْزًا المَّ

4:158,159. Aya eno okussa essira ku kwoleka nti Abayudaaya baalemwa okutemula Nabbi 'Isa (a.s.) n'okumuttira ku musaalaba, kitegeeza bulungi nti wano Allah asambajja okwewaana kwabwe bwe baagamba nti: Mazima twatta Masihi 'Isa mutabani wa Maryamu, Omubaka wa Allah. Kur'āni Entukuvu egaanira ddala okwewaana kuno nga eggumiza nti mu byonna ebyatuuka ku 'Isa (a.s), eky'Abayudaaya okumutta tekyalimu; era y'ensonga lwaki Aya eno efundikira

n'ebigambo ebigamba nti'...naye mu butuufu tebaamutta'. Mu kigambo 'wamaa swalabuuhu'('&\) bekigaanibwa si kuwanikibwa kwa Yesu ku musaalaba oba okumubambako, wabula kuttirwa ku gwo; kubanga singa aba yattirwa ku gwo, olwo Abayudaaya baba batuufu mu kwewaana kwabwe olw'okuba nti be baasala olukwe olwamutuusa ku musaalaba. N'olwekyo oyo agamba nti 'Isa(a.s) yafiira ku musaalaba, aba awagira kwewaana kw'Abayudaaya.


Ate bwe kigambibwa nti 'Isa(a.s) teyattibwa Bayudaaya, tekitegeeza nti teyafa, kubanga era omuntu bw'asimattuka olukwe lw'okumutta, tekitegeeza nti talifa. Ekigambo 'Walaakin shubbiha lahum' (الكون كُون كُون كُون ) wano kisaana kutunuulirwa n'obwegendereza. Ekigambo kino okusinziira ku ntegeka y'ebigambo nga bw'eri mu Aya eno, kidda eri 'Isa(a.s), kuba y'eyakolwako ekikolwa kino ekya 'shubbiha' (i.e.ye yennyini ye 'yafaananyirizibwa' ng'afudde). Okusinziira ku mateeka g'Oluwarabu, pronoun 'hu' oba 'huwa' eri mu kigambo 'shubbiha' (\$\frac{1}{2}\) esaana kudda eri Nabbi 'Isa (a.s). N'olwekyo 'Isa (a.s) yeunyini y'eyafaananyirizibwa eri abalabe ng'afudde, so si muntu mulala. Kino kitegeeza nti okusinziira ku mivuyo egyaliwo, Abayudaaya okugamba nti battira 'Isa (a.s) ku musaalaba, baali bateebereza buteebereza kubanga yafaananyirizibwa bufaananyirizibwa ng'afudde, naye nga ddala si bwe kyali.

Ekigambo 'shubbiha' oba 'yafaananyirizibwa' bwe kizzibbwa eri ekyafaayo ky'okuwanikibwa kwa 'Isa (a.s) ku musaalaba, kiba kitegeeza nti ab'enjuyi zombi — Abakulisitaayo n'Abayudaaya—bali mu bya kuteebereza ebitaliiko bukakafu. Abakulisitaayo abagamba nti Yesu yabafiiririra ku musaalaba, tebalina bujulizi bukakasa nti ddala yafiira ku musaalaba. N'olwekyo eddiini y'Abakulisitaayo n'eba nti etambulira ku bya kuteebereza, so si bukakafu. Ate Abayudaaya abeewaana nti batta 'Isa(a.s), nabo tebalina bujulizi bulaga nti ddala baamutta, okuggyako okuteebereza obuteebereza. Okumanya nga n'abaaliwo tebaakakasa nti 'Isa(a.s) ddala yali afiiridde ku musaalaba, baasaba Gavana Pilato akuume butiribiri 'omulambo' gwa 'Isa (a.s). Okumanya nga bo bennyini baali tebakakasa, baatuuka n'okulabula Pilato nti 'Isa(a.s) bw'aba nga mulamu, yandiddamu okulabika neyerangirira nti azuukidde! Matayo (27:63-64). Abaffe, ddala ekyo tekimala okukakasa nti 'Isa(a.s) teyafiiririra Bakulisitaayo? Ekyo kye tunnyonnyodde waggulu ky'ekyogerwako mu bigambo bya Aya eno ebigamba nti 'Wa innalladhiina...' ekitegeeza nti 'Ddala abo abatakkiriziganya ku kyo... mazima bali mu kubuusabuusa ku kyo'.

Abasiraamu bangi batwala ekigambo 'bal' (בּלֹמּלֹבּאוֹ )ekiri unu 'Bal rafa'ahullahu ilaihi' (בּלֹמְלֹבּאוֹ )nti kiraga nti Isa teyafiira ku musaalaba wabula Allah yamusitula n'omubiri gwe mbu n'amutwala mu ggulu mu kifo ky'okumuleka afiire ku gwo. Olwo asaana kuba nga ali eyo mu bwengula n'omubiri gwe gweyalina mu kusooka! Endowooza y'Abasiraamu abo ereeta ebibuuzo ebiwerako, gamba: (a) Oba ddala 'Isa (a.s) teyawanikibwako ku musaalaba, abaffe ebyaafaayo byonna ebikwaata ku kuwanikibwa kwe ku gwo ebittottolwa Abakulisitaayo, Abayudaaya n'Abarooma nga biriko n'obujulizi, by'ebituufu oba ebigambo obugambo Abasiraamu ab'endowooza eyo bye boogera?. (b) Mu Aya eno, nga oggyeeko ekigambo 'rafa', ekitegeeza okusituka mu madaala, wa ate wekyawandiikibwa nti Allah yasitula 'Isa (a.s) n'omubiri gwe n'amutwala mu ggulu?

Mu kuddamu ekibuuzo ekisooka, Abasiraamu abagamba nti 'Isa (a.s) yasitulwa n'atwaalibwa mu ggulu, bajwetekawo ekyafaayo, kyokka nga mu kyo tebagaana kuwanikibwa ku musaalaba wabula bagamba mbu omuntu omulala y'eyawanikibwa ku gwo era mbu ku lw'ekiragiro kya Allah, malayika zaamufaananya nga 'Isa (a.s), mbu era eby'okuteebereza bikwata kw'oli eyateekebwa ku musaalaba so si 'Isa (a.s) yennyini. Kino, mu kifo ky'okugonjoola, kyongera kusajjula nsonga yaabwe, kuba tewali bujulizi bwonna okuva mu biwandiiko eby'edda, oba Kur'ani Entukuvu wadde mu Hadith entuufu eza Nabbi Omutukuvu Muhammad (s.a.w) bukakasa kujweteka kwabwe kuno; okuggyako nti ate kyo kijweteka nnyo n'okusingako

\*160. Era tewali n'omu mu bantu b'Ekitabo wabula *buli omu ku bo* alikkiririza mw'ekyo nga okufa kwe tekunnatuuka; naye ku lunaku lw'enkomerero '*Isa* aliba mujulizi ku bo.



n'ebyabalala! Kya nnaku nnyo era kyesisiwaza ku ludda lw'abo abaayiiya okujweteka kuno, okulaba nti baagezaako okulaga Abasiraamu nti baali bategeera nnyo ebyaafa ku 'Isa (a.s) okusinga ne Allah yennyini oba ne Nabbi Omutukuvu Muhammad (a.s). Mu kuddamu ekibuuzo eky'okubiri, obunafu bwabwe bweyolekera mu kulemwa kwabwe okutegeera enkozesa y'ekigambo 'rafa' mu Kur'ani Entukuvu. Ekigambo 'rafa' mu Kur'ani Entukuvu kitegeeza 'kusitulwa' oba 'kugulumiza mu madaala' oba 'kuwa kitiibwa'. Era buli lwe kigambibwa nti 'Allah asitula' oba 'yasitula omuntu', kiba kitegeeza nti 'yamusitula' oba 'yamugulumiza mu madaala'; ekitiibwa' so si 'kumusitula 'vamuwa mu 2:254;6:84,166;7:177;19:58;58:12 etc). N'olw'ekyo, tekisoboka mu Aya eno ekigambo ʻrafa' kuwa makulu malala okuggyako aga ʻIsa (a.s) okusitulwa mu mwoyo. Mu Aya egamba nti Allah yagulumiza 'Isa (a.s) gy'ali (4:159) tetulabamu wagamba nti yamutwaala mu ggulu; ekitegeeza nti Allah yagulumiza 'Isa (a.s) nga akyali wano wennyini ku nsi weyali; kubanga okugamba nti Allah asitula oba agulumiza omuntu mu mubiri, kiba kikyaamu. N'ekirala, tetusaanye kwerabira nti Allah ali buli wamu, tali mu ggulu wokka. Kale nno okugulumizibwa kwa 'Isa(a.s) kwali kumutaasa kufa nga omukolimire nga afiiridde ku musaalaba. N'olwekyo mu kifo kya Allah okumuleka afiire ku nga omukolimire, nga Abayudaaya bwe baali baagala, Allah yamuwonya obuswaavu obwo n'amugulumiza mu kitiibwa n'afa enfa eya bulijjo. Y'ensonga lwaki ne Aya yennyini (4:159) efundikira nga egamba nti, 'Wa kaanallahu 'aziizan hakiiman' (كنيرُا كَكِيْدًا) 'era Allah ye Luwangula, Omugezi ennyo'.Ddala kiba kuba nti Allah, mu kifo ky'okuwonya 'Isa(a.s) mu ngeri eya bulijjo, ate Ye yayambaza omuntu omulala — atalina w'ayogerwako wonna mu Kur'ani wadde mu Hadith entuufu — ekifaananyi kya 'Isa(a.s) Abayudaaya nebamukomerera mu kifo kya 'Isa(a.s) bo gwe baali bavunaana; ate naddira 'Isa(a.s) n'amutwaala mu ggulu mu bubba, olwo Allah okweyita 'aziizi' (Luwangula) lwandibadde lusaago lwennyini. Abo abagamba nti Allah yasitula 'Isa (a.s) n'amutwaala mu ggulu mu butuufu baba bagamba nti Allah yatya Abayudaaya n'abbawo 'Isa(a.s) n'amutwaala mu ggulu ng'atya okwetantala ebitonde, bw'atyo n'alaga obutiitiizi; n'olwekyo si Luwangula.

4:160. Aya eno etera okutawaanya abantu abamu okugitegeera. Abayivu abamu balowooza nti Aya eno eyogera ku biseera eby'omu maaso ennyo, nga amakulu ga yo geekuusaako ku kyafaayo ky'omusaalaba nga kitwalibwa nti luliba lumu Abayudaaya bonna ne bakkiriza nti Yesu ddala yali Mubaka wa Allah. Era bagamba nti kino kiribaawo nga ne Yesu mwennyini mulamu atemya era mbu ekyo bakiggya mu bigambo 'qabla mautihi' (قون خوده), ekitegeeza 'nga okufa kwe tekunnatuuka'. Era basinziira ku kino nebagamba nti kati nga Abayudaaya bonna bwe batannaba kukkiriza nti Yesu yali Nabbi mutuufu, n'olwekyo ateekwa kuba nga akyaali mulamu. Abamu batera n'okugamba nti ebigambo 'nga okufa kwe tekunnatuuka' bikwata ku Bayudaaya abaaliwo mu mulembe gwa Yesu; amakulu nti buli omu ku bo yakkiriza Yesu awo nga asemberedde okufa. Kino nno Allah yekka y'ayinza okukiwaako obujulizi kubanga wetwoogerera kati, tewali muntu yenna alina bujulizi bwesimbu bukakasa nti ddala buli Muyudaaya eyaliwo mu kiseera ekyo, yasookanga kukakasa nti ddala Yesu Nabbi mutuufu, n'alyoka afa. Mu nkola eya bulijjo, Aya eno etera okuvvuunulwa nti '...Era tewali n'omu mu bantu b'Ekitabo wabula (buli omu ku bo) alikkiririza mw'ekyo...'. Mu Luwarabu, ekigambo 'n'omu' tekiriimu, wabula abavvuunuzi bakinyigawo bunyizi; era kiba kubaamu, olwo mu Luwarabu Aya yaalibadde bw'eti:(לפוֹבְלָּפוֹלְטוֹנְאַלָּבּׁ)Kati okugonza ensonga eno, mu kifo ky'abavvuunuzi okunyigangawo ekigambo 'Ahad'(גּעוֹבּיּ)ekitaja nawo, waakiri banyigewo ekigambo 'fariiq'( בֹּיָנָבּ ) ekitegeeza 'ekibiina; olwo amakulu ganjulukuka 161. Kale olw'obukyaamu bw'abo Abayudaaya, n'olwokuziyiza kwabwe *abantu* abangi mu kkubo lya Allah, twabaziyiza ebirongoofu ebyali bibakkiriziddwa,

162. N'olwokutwala kwabwe enkizo songa yabaziyizibwa, n'olwokulya kwabwe ebintu by'abantu mu bulimba. Era abatakkiriza mu bo twabategekera ekibonerezo ekirumya.

163. Naye abakugu mu bo mu kumanya n'abakkiriza, bo bakkiriza ebyassibwa gy'oli n'ebyo ebyassibwa olubereberye lwo, naddala abo abajjumbira essaala nebatoola zaka ne bakkiriza Allah n'olunaku lw'enkomerero. Abo tulibawa empeera ensukkirivu.

# Ruku 23

164. Mazima twakubikkulira nga bwe twabikkulira Nūhu ne ba Nabbi ab'oluvannyuma lwe. Era twabikkulira Ibrāhimu, ne Ismaili, ne Isihāka, ne Ya'qūbu, n'ezadde *lye* ne 'Isa, ne Ayyūbu, ne Yūnusu, ne Hārūna, ne Sulaimāni, era Dāūda twamuwa Zabuli.\*

165. Era Abatume abamu twabakutegeezaako olubereberye naye Abatume abalala tetwabakutegeezaako, era Allah yayogera ne Mūsa olwogera\*

فَيِظُلُو مِّنَ الَّذِينَ هَادُوْا حَرَّمُنَا عَلَيْهِ مُطَيِّبُتِ أُحِلَّتُ لَهُمْ وَبِصَدِّهِمْ عَنْ سَبِيْلِ اللَّهِ كَيْنِيْرًا اللهِ

وَّآخَذِهِمُ الرِّبُوا وَ قَدْ نُهُوَا عَنْهُ وَ آكِلِهِ هُ آهُوَ أَلَ النَّاسِ بِالْبَاطِلِ وَ آغَتَّوْنَا لِلْخُفِرِيْنَ مِنْهُمْ عَذَابًا آلِنْمُّاسَ

لَكِنِ الرَّاسِخُوْنَ فِي الْحِلْمِ مِنْهُمْ وَ الْمِلْمِ مِنْهُمْ وَ الْمُؤْمِنُوْنَ بِمَا أَنْزِلَ الْمُلْكَ الْمُؤُمِنُوْنَ يُؤْمِنُوْنَ بِمَا أَنْزِلَ الْمُلْكِثَةِ وَالْمُؤْمِنُونَ وَمَا أُنْزِلَ مِنْ قَبْلِكَ وَالْمُؤْمِنُونَ الصَّلُوةَ وَالْمُؤْمُونَ الزَّخُوةَ وَالْمُؤْمِنُونَ بِاللّهِ وَ الْيَوْمِ الْاَخِرِ الْمُلْكِرِ الْمُلْكِدِ الْوَلْمِكَةِ فِي سَنْمُؤْمِنَهُ هِمِ آجُرًا عَظِيمًا شَا

وَرُسُلُا قَدْ قَصَصْنٰهُمْ عَلَيْكَ مِنْ قَبْلُ وَرُسُلًا كَمْ نَقْصُصْهُمْ عَلَيْكَ ا وَكَلَّمَا اللّٰهُ مُوْسَى تَكْلِيْمًا ۞

ne gaba nti 'tewali kibiina mu bantu b'Ekitabo, wabula balimukkiriza nga okufa kwe tekunnatuuka. Kino kiba kituukagana bulungi n'ekyafaayo ekimanyiddwa nti Yesu oluvannyuma lw'okuwona okuttirwa ku musaalaba, yasengukira mu bitundu ebyalimu amawanga g'Abaisirairi agaabula olwo ne kituukirira nti yatuusa obubaka bwe ku buli ggwanga ly'Abaisirairi era nebamukkiriza. Ennyinyonnyola eno ewagirwa okulanga okuli mu Baibuli (Mat.15:24) okutegeeza nti Yesu yali ajja kulondoola amawanga gonna agaabula ag'enju ya Israili abatuuseeko obubaka bwe yajja nabwo (Mat.15:24).

<sup>4:164. &#</sup>x27;Zaboor' (زَكْرُدُوّ) wano kitegeeza Ekitabo kya Baibuli ekiyitibwa Zabuli.

<sup>4:165.</sup> Okusinziira ku mateeka g'Oluwarabu, ekigambo bwe kidding'anwa nga bwe kiri wano, 'kallama... takliima' (צאלנים אלנים amakulu ga kyo gabaamu okuggumiza, okunogaanya ensonga, okwoleka omutindo ogwa waggulu mu bukugu bw'olulimi, n'okutangaaza. Era ebyo byonna biyinza okugendera awamu.

166. Abo be Batume abawi b'amawulire amalungi era abalabuzi, walyooke waleme kubaawo kwekwasa kwonna eri abantu ku Allah oluvannyuma lw'Abatume okubalabula. Era Allah ye Luwangula, Omugezi ennyo.

167. Naye Allah akakasa ebyo bye yassa gy'oli nti yabissa mu kumanya kwe, ne ba malayika bawa obujulizi *ku byo*. Era Allah ng'omujulizi, amala bulungi.

168. Mazima abo abatakkiriza era abeekiika mu kkubo lya Allah, mazima baabula okubula okw'ewala.

169. Mazima abo abeerema era abaalyazaamaanya, Allah tagenda kubasonyiwa wadde talibalung'amya mu kkubo,

170. Okuggyako ekkubo ly'omu muliro; omwo mwe balibeera ekiseera ekiwanvu ennyo. Era ekyo eri Allah kyangu nnyo.

171. Abange mmwe abantu, ddala Mutume amaze okujja gye muli n'amazima agava eri Mukama wammwe; kale mukkirize, ky'ekisinga obulungi gye muli. Naye bwe muneerema, *mumanye nti* ddala ebiri mu ggulu ne mu nsi bya Allah. Era Allah ye Mumanyi wa byonna, Omugezi ennyo.

172. Abange mmwe abantu b'Ekitabo, temusukkanga kigero mu ddiini yammwe era temwogeranga ku Allah okuggyako eby'amazima. Tewali kubuusabuusa, ddala Masihi 'Isa, mutabani wa Maryamu, Mutume wa Allah era y'eyatuukiriza ekigambo kye kye yassa ku Maryamu, era kwe kusaasira okuva gy'ali. Kale mukkirize Allah n'Abatume be era temugambanga nti: Ba Katonda bali basatu. Mubonerere, ky'ekisinga obulungi gye muli. Mazima ddala Omusinzibwa Allah ali Omu yekka. Ye okuba n'omwana kiri wala nnyo n'obutuukirivu bwe, kuba byonna ebiri mu ggulu n'ebiri mu nsi bibye. Era Allah ng'omukuumi, amala bulungi.

رُسُلًا مُّبَشِّرِينَ وَ مُنْذِرِينَ لِئَلًا يَكُوْنَ لِلنَّاسِ عَلَى اللهِ حُجَّةُ بَعْدَ الرُّسُلِ وَكَانَ اللهُ عَزِيزًا حَجَةً بَعْدَ الرُّسُلِ وَكَانَ اللهُ عَزِيزًا حَكِيمًا اللهِ حُجَّةً بَعْدَ لَكِنِ اللهُ يَشْهَدُ بِمَا اَنْزَلَ إِلَيْكَ اَنْزَلَ إِلَيْكَ اَنْزَلَ لَا يَشِهُ وَ الْمَلْئِكَةُ الْخَرْلَ اللهُ عَلْمَهُ وَكَانَ اللهُ عَلْمَا اللهِ شَهِيمًا اللهِ اللهِ عَلْمِهُ وَلَى اللهِ عَلَي اللهِ عَلْمُ اللهُ الل

آهُلَ الْكِتْ لَا تَغْلُوا فِيْ دِيْنِكُمُولَا اللّهِ اللّهِ اللّهِ الْكَتْ النّهِ اللّهِ الْكَتْ الْمَوْلُ الْمَسِيْحُ عِيْسَى ابْنُ مَرْ يَسَمَرَ سُوْلُ الْمَسِيْحُ عِيْسَى ابْنُ مَرْ يَسَمَرَ سُوْلُ اللّهِ وَكُلَمَتُكُمُ الْفُهُولَ يَمْ وَرُونُ مَا اللّهِ وَ رُسُلِهِ ﴿ وَ لَا لِللّهِ وَ رُسُلِهِ ﴿ وَ لَا لَيْهُ وَ لَوْ اللّهُ وَ لَا اللّهِ وَ رُسُلِهِ ﴿ وَ لَا لَيْهُ وَ لَا اللّهِ وَ رُسُلِهِ ﴿ وَ لَا لَيْهُ وَ لَوْ اللّهُ وَالْمَدُولَ النّهُ وَ لَا اللّهُ وَالْمَدُولُ اللّهُ وَالْمَدُولُ اللّهُ وَاللّهُ وَلَا اللّهُ وَاللّهُ وَاللّهُ وَاللّهُ وَلَا اللّهُ وَلَا اللّهُ وَلَا اللّهُ وَلَا اللّهُ وَلَاللّهُ وَلَا اللّهُ وَلّهُ وَلَا اللّهُ وَلَا اللّهُ وَلَا اللّهُ وَلَا اللّهُ وَلَا اللّهُ وَلّهُ وَلّهُ وَلّهُ وَلّهُ وَلَا إِلّهُ وَلّهُ وَلّهُ وَلّهُ وَلَا اللّهُ وَلّهُ وَلّهُ وَلَا اللّهُ وَلّهُ وَلّهُ وَلّهُ وَلّهُ وَلّهُ الللّهُ وَلَا اللّهُ وَلّهُ وَلّهُ وَاللّهُ وَلّهُ وَلَا اللّهُ وَلّهُ وَلّهُ وَلّهُ وَلّهُ وَلّهُ وَلّهُ وَلّهُ وَلّهُ وَلّهُ وَاللّهُ وَلّهُ وَلّهُ وَلّهُ وَلّهُ وَلّهُ وَلَا لَا لَا لَا لَاللّهُ وَلّهُ وَلّهُ وَلّهُ وَلّهُ وَلّهُ وَلَا لَا لَا لَا لَا لّهُ وَلّهُ وَلَا لَا لَا لَا لَا لَا لَاللّهُ وَلّهُ وَلّهُ لَا الللللّهُ وَلّهُ وَلّهُ اللّهُ وَلّهُ وَلّهُ وَلّهُ وَلّهُ وَلّهُ

# Ruku 24

173. Mazima Masīhi tayinza kunyoomerera kuba muwereza wa Allah, wadde ba malayika ab'okulusegere *lwa Allah*. Era yenna anyoomerera okusinza *Allah* neyeekuza, kale *abo* bonna *Allah* alibakung'aanyiza gy'ali.

174. Naye abo abakkiriza era ne bakola ebikolwa ebirungi, kale alibasasula empeera yaabwe mu bujjuvu era alibawa n'ennyongeza ku mikisa gye. Naye abo abanyoomerera ne beekuza, kale alibabonereza ekibonerezo ekirumya. Era tebalifunayo na mukuumi wadde omuyambi ebbali wa Allah.

175. Abange mmwe abantu, mazima mumaze okutuukibwako obukakafu obw'olwaatu obuva eri Mukama wammwe, era twassa ne gye muli obutangaavu obwetadde.

176. Naye abo abakkiriza Allah era nebanywerera ku Ye, kale mazima alibayingiza mu kusaasira n'emikisa egiva gy'ali era alibalung'amya mu kkubo eggolokofu eliraga gy'ali.

177. Bakubuuza *ebifa ku kalaala*, gamba nti: Allah y'abawa okusalawo kwe ku kalaala nti: Singa omuntu afa nga talina mwana, naye ng'alina mwannyina, kale afune kimu kya kubiri eky'ebyo *afudde* by'alese. Naye (omusajja) asikira mwannyina bw'aba nga talina mwana. Naye bannyina *b'omusajja* bwe baba ababiri, kale bafune bibiri bya kusatu eby'ebyo by'aleseewo. Naye ab'oluganda bwe baba nga basajja na bakazi, olwo omusajja afune kyenkanyi n'omugabo gw'abakazi ababiri. Allah abannyonnyola, muleme kuwaba. Era Allah ye Mumanyi wa buli kimu.

كَنْ يَسْتَنْكِفَ الْمَسِيْعُ آنْ يَتُكُوْنَ عَبْدُاتِلُوكَ الْمَلْرِكَةُ الْمُقَرِّبُوْنَ الْمُلْرِكَةُ الْمُقَرِّبُوْنَ الْمَلْرِكَةُ الْمُقَرِّبُوْنَ الْمَنْ عَنْ عِبَادَ سِم وَكَنْ عَنْ عِبَادَ سِم وَكَنْ اللّهِ لَيْسَاءَ شُرُ هُمْ اللّهِ لَيْسَاءَ اللّهِ اللّهِ اللّهِ اللّهِ اللّهِ اللّهِ اللّهِ اللهِ اللهِ اللهِ اللهِ اللهِ اللهِ اللهُ الل

فَأَمَّاالَّ زِيْنَ اَمَنُوْا وَعَمِلُوا الصَّلِحْتِ
فَيُوقِيْهِ مُا جُوْرَهُ مُودَيَزِيدُ هُمُّمَّنَ فَيُووَقِينَ الْمَتَنْكُفُوْا وَ
فَضْلِهِ \* وَ آمَّا الَّذِيْنَ اشْتَنْكُفُوْا وَ
اسْتَكُلْبَرُوْا فَيُعَزِّ بُهُمْ عَذَابًا الِيمًا اللهُ وَلِيًّا الْكِمَّا اللهُ وَلِيًّا اللهُ وَلِيَّا اللهُ اللهُ وَلِيَّا اللهُ اللهُ وَلِيَّا اللهُ اللهُ وَلِيَّا اللهُ اللّهُ اللهُ ال

يَا يُهَا النَّاسُ قَدْ جَاءَكُمْ بُرْهَاكُ مِّنْ رَّبِّكُمْ وَأَنْزَلْنَا لِيَكُمْ نُوْرًا تُبِينًا

فَامَّاالَّذِيْنَ اَمَنُوْا بِاللهِ وَاعْتَصَمُوْا بِهِ فَسَيُهُ خِلُهُ مُنِيْرَحُمَةٍ بِتَنْهُ وَفَضْلٍ، وَ يَهْدِيْهِ مُ الْكِيهِ صِرَاطًا مُشتَقِدُ مَالُهُ

يَسْتَفْتُوْنَكَ فَلِ اللهُ يُفْتِ يَكُمْ فِي الْكَالَةِ وَلِوَ امْرُؤُا هَلَكَ لَيْسَ لَكُ وَلَا اللهُ يُفْتِ يَكُمْ فِي الْكَالَةِ وَلِوَ امْرُؤُا هَلَكَ لَيْسَ لَكُ وَلَا الْكَالَةِ وَلَا الْمُكَاتِكَ مَا تَرَكَ وَلَا اللهُ اللهُ مَا اللهُ لُمْنِ وَلَا اللهُ اللهُ مَا اللهُ لُمْنِ وَلَا كَانُوْا اللهُ لُمُنَ وَلَا كَانُوْا اللهُ لَكُو وَلَى كَانُوْا اللهُ لَكُو وَلَى كَانُوا اللهُ لَكُو وَلَى كَانُوا اللهُ لَكُو وَلَى كَانُوا اللهُ لَكُو وَلَى كَانُوا اللهُ لَكُو وَلَى اللهُ لَكُو وَلَى اللهُ لَكُو وَلَى اللهُ لَكُمْ اللهُ لَكُمْ اللهُ لَكُمْ اللهُ لَكُمْ اللهُ لَكُمْ اللهُ لَكُمْ اللهُ لِكُلِ شَيْءً عَلِيمَكُن هَيْءً عَلِيمَكُونَ فَي اللهُ لَكُمْ اللهُ اللهُ لِللهُ اللهُ اللهُ







#### AL-MĀ'IDAH

(Yakka luvannyuma lwa Hijra)

- 1. Ku lw'erinnya lya Allah, Omusaasizi ennyo, Ow'ekisa ekingi.
- 2. Abange mmwe abakkiriza, mutuukirizenga ebisuubizo. Mukkirizibwa okulya ebisolo eby'amagulu ana, okuggyako ebyo ebirangiriddwa gye muli *nti tebikkirizibwa;* wabula temukitwala nti okuyigga kukkirizibwa nga muli mu Ihrāmu. Mazima Allah alagira ky'aba ayagadde.
- 3. Abange mmwe abakkiriza, temudibaganga bintu Allah bye yatukuza\* wadde Omwezi Omutukuvu oba ebisolo ebireeteddwa olw'okusaddaaka oba ebisolo bya saddaaka ebirina ebbona mu bulago oba abaluubirira eri Enju Entukuvu nga banoonya emikisa n'okusiima okuva eri Mukama waabwe. Naye bwe mweyambulanga engoye za Ihrāmu, olwo muyinza okuyigga. Era obulabe bw'abantu, olw'okuba nti baabaziyiza *okugenda* Omuzigiti Omutukuvu, tebubapikirizanga nemusukka ekigero. Era muyambaganenga bulungi n'okutya Allah, naye temuyambagananga kibi mu n'okulumbagana. Era mutye nnyo Allah. Mazima Allah mukakali mu kubonereza.
- 4. Mwaziyizibwa *okulya* kalannamye, n'omusaayi, n'ennyama y'embizzi, n'ekyo ekiramiriziddwako elinnya ly'atali Allah, n'ekitugumbuddwa, n'ekifudde olw'okukubwa, n'ekifudde olw'okugwa, n'ekifumitiddwa ejjembe ne kifa, n'ekiririddwako ensolo enkambwe, okuggyako ekyo kye mwesalidde mu butuufu. *Era muziyizibwa* n'ebyo ebisaliddwa olw'ebifaananyi n'amasabo, n'okweraguza n'obusaale; ebyo *byonna* bya bujeemu. Olwa leero, abo abatakkiriza baweddemu essuubi ku kumenyawo eddiini yammwe; kale temubatya, naye mutye Nze nzekka. Olwa leero mbatuukiririzza eddiini yammwe n'embajjuuliriza ebyengera byange era mbalondedde Obusiraamu nga y'eddiini. Naye oyo awalirizibwa ku byaziyizibwa

بِشمِاللهِ الرَّحْمٰنِ الرَّحِيْمِ ()

﴿ يَا يُّهَا الَّذِيْنَ اَمَنُوْ اَوْ فُوْا بِالْحُقُودِةُ أُحِلَّتُ لَكُمْ بَهِيْمَةُ الْاَنْعَامِ الَّامَا يُثْلُ عَلَيْكُمْ غَيْرَمُ حِلِّ الصَّيْدِوَ أَنْتُمْ حُرُمُ الصَّيْدِوَ أَنْتُمْ حُرُمُ الصَّيْدِوَ أَنْتُمْ حُرُمُ السَّيْدِ وَأَنْتُمْ حُرُمُ اللَّهِ يَحْمُكُمُ مَا يُرِيْدُ ۞

آیگها اگذین امنوالات کی افعاً مر الله و کالشهر الکرام ولا الهدی و کا القلاشة و کا احین البیت الکرام یب تنوی فضلاً من البیت دِضُوانا و و الحکلت و فضلاً و و البیت یجرمتکم شنای قوم آن صدو و ک یجرمتکم شنای قوم آن تختکوا و و ک تعاونوا عل البرو و التقوی و کلا تعاونواعل الدشور العدواب و التقوا تعاونواعل الدشور العدواب و التقوا

كُرِّ مَثْ عَلَيْكُمُ الْمَيْتَةُ وَالدَّمُ وَلَحْمُ الْجِنْزِيْرِ وَمَّا أُصِلَّ لِغَيْرِ اللهِ بِهِ وَ الْجُنْزِيْرِ وَمَّا أُصِلَّ لِغَيْرِ اللهِ بِهِ وَ الْمُنْخَنِقَةُ وَالْمَوْقُوْدَةُ وُالْمُتَرَدِّيةُ وَالنَّكُمْ السَّبُعُ اللَّمَا السَّبُعُ اللَّمَا وَالنَّكُمْ وَمَا ذُبِحَ عَلَى النَّصُبِ وَآنَ ذَكْمَ فَشِقَ النَّصُبِ وَآنَ تَشْتَقْسِمُوا بِالْأَزْلَامِ ، ذٰلِكُمْ فَشِقَ النَّصُبِ وَآنَ الْيَوْمَ الْمُدَّفِي النَّصُبِ وَآنَ الْيَوْمَ الْمُدَافِي الْاَيْوَمَ الْمُدَافِي الْيَوْمَ الْمُدَافِي الْيَوْمَ الْمُدَافِي الْمُدَافِقُ الْمُدَافِي الْيَوْمَ الْمُدَافِي الْمُدَافِي الْمُدَافِي الْمُدَافِقُ الْمُدَافِقُ عَلَيْكُمُ لَا يَعْمَدِي وَالْمُدَافِي الْمُدَافِقُ الْمُدَافِقُ عَلَيْكُمُ الْمُدَافِقُ الْمُدَافِقُ عَلَيْكُمُ الْمُدَافِقُ الْمُنْفُ الْمُدَافِقُ الْمُدَافِقُ الْمُدَافِقُ الْمُدُولُ الْمُدَافِقُ الْمُنْفُ الْمُنْفِي الْمُدَافِقُ الْمُدَافِقُ الْمُدَافِقُ الْمُنْفِي الْمُنْفِي الْمُنْفِي الْمُنْفُقُ الْمُنْفُلُولُ اللْمُنْفُقُ الْمُنْفِقُ الْمُنْفِي الْمُنْفِقُ الْمُنْفَافُ الْمُنْفَافُ الْمُنْفُقُولُ اللّهُ الْمُنْفَافِقُ الْمُنْفُقُ الْمُنْفُقُولُ الْمُنْفُقُولُ الْمُنْفِقُ الْمُنْفِقُ الْمُنْفُلُولُولُولُ الْمُنْفِي الْمُنْفِقُ الْمُنْفِقُ الْمُنْفِقُ الْمُنْفِقُ الْمُنْفِقُ الْمُنْفِقُ الْمُنْفِقُ الْمُنْفِقُ الْمُنْفِقُولُ الْمُنْفِقُ ال

<sup>5:3. &#</sup>x27;Ebyo Allah bye yatukuza' kitegeeza ebintu,ebiseera,ebifo oba ebitonde ebirina obulamu.

olw'enjala,nga tawugukidde eri kibi mu bugenderevu, mazima Allah ye Musonyiyi ennyo, Ow'ekisa ekingi.

- 5. Bakubuuza nti biki bye bakkirizibwa okulya? Gamba nti: Mukkirizibwa ebirongoofu byonna era n'ebyo ebikwatibwa ebisolo n'ebinyonyi bye muyigirizza nga mubigunjula mu kuyigga nga mubiyigiriza kw'ebyo Allah bye yabayigiriza. Kale mulye kw'ebyo bye biba bibakwatidde, naye mukiraamiririzangako elinnya lya Allah. Era mutye Allah. Mazima Allah Mwangu nnyo mu kubala.
- 6. Olwa leero, mukkiriziddwa ebirongoofu byonna. N'emmere y'abo abaaweebwa Ekitabo ebakkiriziddwa, n'emmere yammwe nabo ebakkiriziddwa, n'abakazi abalongoofu mu bakkiriza, n'abakazi abalongoofu mw'abo abaaweebwa Ekitabo olubereberye lwammwe, bwe muba nga mubawadde amahare gaabwe, nemubawasa mu bufumbo obutuufu; so si kukola bya bwenzi wadde okutwaala emikwano egy'obubba. Naye oyo agaana okukkiriza, ddala ebikolwa bye biba by'onoonese; era oyo ku nkomerero y'aliba mw'abo ab'okufaafaaganirwa.

Ruku 2

- 7. Abange mmwe abakkiriza, musitukanga okugenda eri essaala, kale munaabenga amaaso gammwe n'emikono gyammwe okutuuka ku nkokola, era muyisenga *amazzi* mu mitwe gyammwe, era munaabenga ebigere byammwe okutuusa ku bukongovvule. Naye bwe mubanga ne janaba, olwo munaabenga *mubiri*. Naye bwe mubanga abalwadde oba nga muli mu lugendo oba nga omu mu mmwe ava weyeyambidde oba nga muyiseeko eri abakyala naye nemutafuna mazzi, olwo muluubirirenga eri enfuufu ennyonjo mugiyise mu maaso gammwe ne ku mikono gyammwe. Allah tayagala kubassaako buzito naye ky'ayagala kwe kubatukuza era alyooke atuukirize enneema ye ku mmwe, mulyooke mwebaze.
- 8. Era mujjukire enneeema ya Allah eri ku mmwe n'endagaano ye eyo gye yalagaana nammwe, bwe mwagamba nti: Tuwulidde

زِثْمِ، فَإِنَّ اللَّهُ غَفُهُ زُرٍّ. مَكُمُ اللَّهُ لَا فَكُلُوْا مِ عَكَيْكُمْ وَاذْكُرُواا شَمَا لِلَّهِ عَلَيْهِ مِوَاتَّقُهُ ا الْنَهُ مَ أُحِلُّ لَكُمُ الطَّتِينُ وَطَعَامُ

وَاذْ كُرُّوْ الْنَصْمَةَ اللهِ عَلَيْكُمْ وَمِيْتَاقَهُ اللهُ عُلَيْكُمْ سَمِعْنَا وَ اللهُ عُلَيْمُ سَمِعْنَا وَ

amanyi bulungi ebiri mu bifuba.

- 9. Abange mmwe abakkiriza, mubeerenga اَلَّذِيْنَ أَمَنُهُ اكُونُوا قَوَّالِكِيْنَ besimbu ku lwa Allah, abawa obujulizi mu obulabe bw'abantu bwenkanya. Era tebubapikirizanga nemutaba benkanya. Mubeerenga benkanya *bulijjo*, ekyo ky'ekiri okumpi ennyo n'obutuukirivu. Era mutye هُوَ آَقْرُكِ لِلتَّقُوٰى زُوَا تَقُولُوا لِلْتُصَالِقَ Allah. Mazima bye mukola, Allah abitegeera.
- nebakola ebikolwa ebirungi nti balifuna okusonyiyibwa n'empeera ensuffu.
- ن يَن كَفَرُوْا وَ كَذَّبُوا بِأَيْتِنَا اللَّهِ اللَّهِ اللَّهِ اللَّهِ عَلَيْهِ اللَّهِ اللَّهِ اللَّهِ اللّ obubonero bwaffe, abo nno be bantu b'omuliro.
- 12. Abange mmwe abakkiriza, mujjukire ekisa kya Allah ekiri ku mmwe awo abantu bwe baamalirira okugolola emikono gyabwe ku mmwe, kale n'aziyiza emikono gyabwe ku mmwe. Kale mutye Allah, era abakkiriza beesige Allah yekka.

# Ruku 3

13. Era mazima Allah yatwala endagaano ku baana ba Isirairi, era netusitula mu bo abakulembeze\* kkumi na babiri. Era Allah n'agamba nti: Mazima ndi wamu nammwe bwe munajjumbiranga essaala, nemutoola zaka, nemukkiriza Ababaka bange era nemubawagira, nemuwola Allah okuwola okulungi, mazima ndibasangulako ebibi byammwe era ddala ndibayingiza mu nsuku ezikulukutamu emigga wansi wa zo. Naye oyo alyerema mu mmwe oluvannyuma lw'ekyo, mazima aliba amaze okuwaba ku kkubo ettuufu.

14. Kale olw'okumenya kwabwe andagaano yaabwe, twabakolimira era emitima gyabwe netugifuula emikakanyavu. Bakyuusakyuusa ebigambo ne babiggya mu nteeko ya byo,

era tugonze. Era mutye Allah. Mazima Allah عَلِيمًا الله عَلِيمًا الله عَلِيمًا الله عَلِيمًا الله عَلِيمًا

قَوْمِ عَلَى ٱلْكَاتَعْدِلُوْا وَإِعْدِ لُوْاتِ الله خَييْزُيمَا تَعْمَلُونَ ٠

10. Allah yasuubiza abo abakkiriza era وَعَمَا اللَّهُ الَّذِيْنَ أَمَنُوا وَ عَمِلُوا

أُولِئِكَ آصْلِفُ الْجَجِيْمِ (ا

يَا يُهَا الَّذِينَ أَمَنُوا اذْكُرُوا نِعْمَتَ كَيْكُمْ إِذْ هَمَّ قَوْمٌ آنْ يَبْسُطُوۤا عُمْ آيْدِيَهُمْ فَكُفَّ آرُ عَنْكُمْ وَاتَّقُواا بِلَّهِ وَكَلَّا بِلَّهِ فَلْ

ن شواضعه ونسواحظامة

<sup>5:13.</sup> Tewali kigambo kisaana kukozesebwa wano okusinga 'Naqeeb', (نَقِيْتُ) kubanga kyo tekikoma ku makulu ga 'mukulembeze' gokka, wabula kitegeeza omulanzi, avunaanyizibwa ku kufulumya ekirango kyonna oba okulamula ku lw'eggwanga oba ku lw'oyo amusingako.

nebeerabira n'ekitundu ekimu kw'ebyo bye baabuulirirwa na byo. Era tojja kukoma kuzuula bukumpanya mu bo, okuggyako abatono ennyo mu bo. Kale baddiremu era obesonyiwe. Mazima Allah ayagala nnyo abakozi b'ebirungi.

15. Era n'okuva eri abo abagamba nti: Ffe tuli Bakulisitaayo, twatwala endagaano yaabwe, naye nebeerabira ekitundu kw'ebyo bye baabuulirirwa na byo. Kale twassa\* obulabe n'obukyayi wakati waabwe okutuusiza ddala ku lunaku lw'okuzuukira. Era mangu nnyo Allah ajja kubategeeza ebyo bye baakolanga.

16. Abange mmwe abantu b'Ekitabo, mazima Omubaka waffe amaze okujja gye muli okubannyonnyola ebisinga obungi mw'ebyo bye mwali mukisa mu Kitabo era asonyiwa bingi. Mazima mumaze okutuukibwako obutangaavu obuva eri Allah, n'Ekitabo ekitangaaza,

17. Allah ky'alung'amizisa abo abagoberera okusiima kwe mu makubo ag'emirembe, era n'abaggya mu kizikiza n'abalaza mu butangaavu olw'okulagira kwe era n'abalung'amya eri ekkubo eggolokofu.

18. Mazima baamala okuba abatakkiriza abo abagamba nti: Ddala Masihi, mutabani wa Maryamu ye Allah. Gamba nti: Ani alina obuyinza bwonna ku Allah bw'aba nga ayagadde okuzikiriza Masihi mutabani wa Maryamu, ne nnyina, n'abali mu nsi bonna? Era obwakabaka bw'eggulu n'ensi n'ebiri wakati wa byombi bwa Allah. Atonda nga bw'aba ayagadde. Era Allah ye w'Obuyinza ku buli kimu.

19. Era Abayudaaya n'Abakulisitaayo bagamba nti: Ffe tuli baana ba Allah era ffe baagalwa be. Gamba nti: Ate lwaki ababonereza olw'ebibi byammwe? Si kyo, nammwe muli bantu abali mw'abo be yatonda. Asonyiwa oyo gw'aba asiimye, n'abonereza oyo gw'aba asalidde. Era obwakabaka bw'eggulu n'ensi n'ebiri wakati wa byombi, bwa Allah. Era gy'ali y'eri obuddo.

ۮؙڲؚۯۉٳؠؚ؋؞ۘۘۘۅؘڵٲؾڒٵڷؙؾڟؖڸۼؙۼڶۼؖٚٳٚۼڹٙؾٟ ؾڹٛۿۿٳ؆ؙۘٷڸؽڸٞڒؾڹٛۿۿڣؘٵۼۛڡؙؙۼڹٛؠؙؗؗؠٛ ۘۅٵڞڣؘڂ؞ٳ؆ٳٮڵ۬ؗؗؗؗؿؽؙڿۺؙۘٳڷڡؙٛڂڛڹؽؚڹ؈ٛ

وَمِنَ الَّذِينَ قَالُوۤ التَّا نَصٰرَى آَخَذُ نَا مِيثَا قَهُمْ فَنَسُوْا حَظَّا يَحَادُوَ الْمِيثَا قَهُمْ فَنَسُوْا حَظَّا يَحَادُوَةً وَ مِيثَا الْعَدَادَةَ وَ الْمَخْضَاءَ إِلَى يَوْمِ الْقِيلَمَةِ وَ سَوْفَ الْمَنْكُونَ وَ سَوْفَ الْمَنْكُونَ وَ الْمَكْدُونَ وَ الْمَنْكُونَ اللهِ نُورُدُو وَ اللهِ اللهُ مَن الْمَنْكُمُ وَاللهُ مَن التَّالَةِ مُنَا اللهُ مَن التَّالَةِ وَ يُخْرِجُهُمُ مَن اللهُ وَ يُخْرِجُهُمُ مَن السَّلْمِ وَ يُخْرِجُهُمُ مَن السَّلْمِ وَ يُخْرِجُهُمُ مَن السَّلْمِ وَ يُخْرِجُهُمُ مَن اللهُ وَيَهُونِ اللهُ اللهُ اللهُ وَيُورِيلِ وَيُورِيلِ وَيُهُولِ اللهُ اللهُ وَيُعْرِيهِمُ اللهُ اللهُ وَيُؤْرِيلِ وَيُورِيلِ وَيُهُولِ اللهُ اللهُ وَيُورِيلِ وَيُورِيلِ وَيُهُولِ اللهُ اللهُ وَيُهُولِ اللهُ وَيُهُولُوا عَن اللهُ وَيَهُولُوا عَن اللهُ وَيَهُولُوا اللهُ وَيُورِيلِ وَيُولُولُ اللهُ اللهُ وَيُعْرِيهُ وَيُهُولُولُ اللهُ اللهُ وَاللهُ اللهُ وَاللّهُ اللهُ اللهُ اللهُ وَاللّهُ اللهُ اللهُ وَاللّهُ وَاللّهُ اللّهُ وَاللّهُ اللّهُ وَلَا عَن اللّهُ اللّهُ وَاللّهُ اللّهُ اللّهُ اللّهُ اللّهُ وَاللّهُ اللّهُ الللّهُ اللّهُ الللّهُ الللّهُ اللّهُ الللّهُ اللّهُ اللّهُ اللّهُ اللّهُ اللّهُ اللّهُ اللّهُ

وَقَالَتِ الْيَهُوْ وُوَالنَّصْرَى نَحْنُ اَبْنَوُ النَّصْرَى نَحْنُ اَبْنَوُ اللَّهِ وَ آحِبَّا وُهُ وَقُلْ فَلِمَ يُعَوِّبُكُمْ اللهِ وَآحِبَا وُهُ وَقُلْ فَلِمَ يُعَوِّبُكُمْ يَشَاءُ وَيُعَوِّبُ خَلَقَ وَيَعْفِرُ لِمَنْ يَشَاءُ وَيُعَوِّبُ مَنْ يَشَاءُ وَيُعْفِرُ لِمَنْ يَشَاءُ وَيُعَوِّبُ مَنْ يَشَاءُ وَيُعْفِرُ لِمَنْ يَشَاءُ وَيُعْفِرُ لِمَنْ يَشَاءُ وَيَعْفِرُ السَّمُوتِ مَنْ يَشَاءُ وَيَعْفِرُ السَّمُوتِ وَيَعْفِرُ اللهُ وَيَعْفِي اللهُ اللهُ وَيَعْفِي اللهُ وَاللّهُ وَيَعْفِي اللّهُ وَاللّهُ وَاللّهُ وَاللّهُ وَاللّهُ وَاللّهُ وَاللّهُ وَلِي اللّهُ وَاللّهُ وَاللّهُ وَاللّهُ وَاللّهُ وَلِي اللّهُ وَاللّهُ وَاللّهُ وَاللّهُ وَاللّهُ وَاللّهُ وَاللّهُ وَاللّهُ ولَا لَهُ مِنْ اللّهُ وَاللّهُ وَلِي اللّهُ وَاللّهُ وَلّمُ وَاللّهُ وَلِلْمُواللّهُ وَاللّهُ وا

20. Abange mmwe abantu b'Ekitabo, mazima mumaze okutuukibwako Omutume waffe oluvannyuma lw'akabuliriro k'Abatume, abannyonnyole *buli kimu*, si kulwa nga mugamba nti: Tetwatuukibwako muwi wa mawulire malungi wadde omulabuzi. Mazima Omuwi w'amawulire amalungi era Omulabuzi amaze okubatuukako. Era Allah ye Muyinza wa byonna.

### Ruku 4

- 21. Era *mujjukire nga* Mūsa bwe yagamba abantu be nti: Abange, mujjukire emikisa gya Allah egiri ku mmwe era mujjukire nga bwe yassa mu mmwe ba Nabbi era n'abafuula bakabaka, era n'abawa n'ebyo by'atawanga yenna mu nsi.\*
- 22. Abange, muyingire mu nsi entukuvu eyo Allah gye yabalagira, naye temudda emabega wammwe nemufuuka abafaafaaganiddwa.
- 23. Nebagamba nti: Owange Musa, mazima mu yo mulimu abantu bannalukalala, era ddala ffe tetujja kugiyingiramu okutuusa lwe baligivaamu. Kale bwe baligivaamu, olwo ddala ffe tuliyingira.
- 24. Abantu babiri kw'abo abatya *Allah* era Allah be yawa ebyengera bye nebagamba nti: Mubayingirire *lumu* mu mulyango; kale فَاذَا حَكَلْتُمُوْهُ فَاِنَّكُمْ غَلِبُوْنَ ۚ وَعَلَى bwe munaayingiramu, mazima mmwe mujja okubeera abawanguzi. Era mwesige Allah, bwe muba nga muli bakkiriza.
- 25. Nebagamba nti: Owange Musa, mazima ffe tetujja kugiyingiramu ddi na ddi nga bo bakyagirimu. Kale genda ggwe ne Katonda wo mulwane, ffe twetuulidde wano.
- 26. N'agamba nti: Mukama wange, nze sirina buyinza ku yenna, okuggyako ku nze ne muganda wange; kale yawula wakati الْفُورِ الْفُوسِو بُنَ الْمُعَادِينَ الْقَوْمِ الْفُوسِو بُنَ waffe n'abantu abajeemu.
- ebaziyiziddwa okumala emyaka amakumi مَنَادُّ مِيَدِيهُوْنَ فِي الْأَرْضَ الْكَلَّ تَأْسُ اللهُ اللهُ عَلَيْ ال tolumirwa bantu bajeemu.

يَاهُكَ الْكِتْبِ قَدْجَاءً كُهْرَسُولُنَا يُبَيِّنُ لَكُمْ عَلْ فَتْرَةٍ مِّنَ الرُّسُلِ آن تَقُولُوا مَا جَآءَنَا مِنْ بَشِيْرِ وَّ لَا تَذِيْرِ نَقَدْ جَآءَكُمْ بَشِيْرُ وُّ عُ نَذِيرُ وَ اللَّهُ عَلَى كُلِّ شَيْءٍ قَدِيرُ وَإِذْ قَالَ مُوْسَى لِقَوْمِهِ لِمُقَوْمِ اذْكُرُوْا نِعْمَةَ اللهِ عَلَيْكُمْ إِذْ جَعَلَ فِيكُمْ يَآءَ وَجَعَلَكُمْ مُنُلُهُ كَالَّاقًا تُعِلُّمُ مَّا كَمْ يُؤْتِ آحَدًا مِنَ الْعَلَمِينَ يٰقَوْمِ ادْخُلُوا الْأَرْضَ الْمُقَدَّسَةَ اللين كتنب الله ككمؤلا توتد واعل آدْبَارِكُمْ فَتَنْقَلِبُوا خُرِيرِينَ قَالُوا يُمُوْسَى إِنَّ فِيْهَا تَوْمًا جَبَّارِينَ ﴿ وَإِنَّا لَنْ تَدْخُلُهَا كُتُّ يَخْرُجُوْا مِنْهَا \* فَإِنْ تَخْرُجُوْ امِنْهَا فَإِنَّا دَاخِلُوْنَ 🕾

قَالَ رَجُلُو مِنَ الَّذِينَ يَخَا فُوْنَ ٱنْعَمَ اللهُ عَلَيْهِمَا ادْخُلُوا عَلَيْهِمُ الْبَاكِ، اللهِ فَتُوكُّلُو الآن كُنْتُهُمُّ وُمِنيْنَ

قَالُوْالِمُوْسَى إِنَّا لَنْ تُدْخُلُهَا أَبُدًّا مَّا دَامُوا فِيْهَا فَاذْهَبْ آنْتَ وَ رَبُّكَ فَقَاتِلاً إِنَّا هَهُنَا قَاعِدُونَ

قَالَ رَبِّ النِّيْ كَمَ آمُلِكُ إِلَّا نَفْسِيْ وَ آخِيْ

عَالَ وَانَّهَا مُحَرَّمَةً عَلَيْهِمْ اَدْبَعِيْنَ 27. Allah n'agamba nti: Mazima ensi eyo ﴿ عَلَى الْقَوْمِ الْفُسِقِيْنَ ﴿

## Ruku 5

baawaayo saddaaka; kale ey'omu ku bo مَا اللّٰهُ اللّٰلِمُ اللّٰمُ اللّٰمُ اللّٰمُ اللّٰمِ اللّٰمِلْمُ اللّٰ اللّٰمُ n ekkirizibwa, naye ey omulala n etakkirizi-bwa. Eyaziririrwa n'agamba munne nti: لُ مِنَ الْأَخْدِ ط قَالَ Mazima nzija kukutta. *Munne* n'agamba nti: Ddala Allah akkiriza biva eri bamutya.

29. Kale bw'onogolola omukono gwo gyendi nti onzite, nze sijja kugolola mukono gwange gy'oli nti nkutte. Nze ntya Allah, Omulezi w'ebitonde byonna.

30. Nze njagala ggwe weetikke ekibi kyange eky'okunzita n'ekibi kyo, kale obeere mu bantu b'omuliro. Era eyo y'empeera v'aboononefu.

okutta muganda we, kale n'amutta. Bw'atyo n'afuuka omu mw'abo abaafaafaaganirwa.

- مَكَتَكَ اللَّهُ غُرًا بَا يَتُبَحَثُ فِي الْأَرْضِ 32. Awo Allah n'atuma namung'oona atakuletakule mu ttaka alyooke amulage engeri y'okukweeka enjole ya muganda we. N'agamba nti: Zinsanze! Abaffe, مثل مثل مثل الكيان مثل الكيان مثل الكيان مثل الكيان مثل الكيان الكيان مثل الكيان الك sisobodde na kuba nga namung'oona ono n'enkweka enjole ya muganda wange? Kale هذا الْغُرَابِ قَاوَادِي سَوْاقًا رَخِيْء فَاصْبَحَ n'afuuka *omu* mw'abo abejjusa.
- 33. Olw'esonga eyo, twalifuula tteeka ku baana ba Isirairi nti ddala oyo yenna anattanga omuntu nga tewali muntu gw'asse oba anaaleetanga akatabanguko mu nsi, kale anaabanga ng'asse abantu bonna. N'oyo anaamulamyanga, ddala anaabanga ng'alamizza abantu bonna. Era ddala Ababaka baffe bajja gye bali n'obubonero obw'olwaatu, nate era bangi mu bo oluvannyuma lw'ebyo, beesukkulumya mu nsi.
- 34. Mazima empeera y'abo abalwanyisa Allah n'Omutume we era nebanyiikira okuleeta obutabanguko mu nsi. eba kuttibwa oba kuttirwa ku musaalaba oba kusalibwako mikono gyabwe n'amagulu gaabwe mu mpulinkanya oba bawang'angusibwe okuva mu nsi. Bwe kityo, balifuna obuswaavu mu nsi, era balifuna ekibonerezo kisuffu ku nkomerero:

يَّ وَاتْلُ عَلَيْهِ مْزَنِبَا ابْنَيْ ادْمُهِا لْحَقِّ راِذْ Bra babuulire ebyafa ku baana ba أَيْ وَاتْلُ عَلَيْهِ مْزَنِبَا ابْنَيْ ادْمُهِا لْحَقِّ راِذْ كَنَّكَ، قَالَ مِانَّمَا يَتَقَتُّلُ مِنْهُ

> بِبَأَسِطِ يَدِي رَالَيْهِ كَيَ لِا قَتُلَكَ، فُ اللهُ وَتُ الْعُلَمِيْنَ ١٠ اِنْيُ أُدِيدُ آنْ تَبُوءَ ابِإِثْمِيْ وَإِثْمِكَ فَتَكُوْنَ مِنْ أَصْحٰبِ النَّارِءُ وَ ذٰلِكَ

فَطَةٌ عَتْ لَهُ نَفْسُهُ قَتْلَ آخِيْهِ فَقَتْلَهُ 31. Naye omwoyo gwe gwamupikiriza المُصبَح مِنَ الْخُسِرِيْنَ 😙

في مِنَ النَّدِم

ذٰلِكَ ﴿ كَتُنْنَا عَلَى بَنِيْ إشراء يل آنك مَنْ قَتَلَ نَفْسًا بِغَيْر نَفْسِ آوْ فَسَأَجِ فِي الْأَرْضِ فَكَأَنَّمَا قَتَلَ وُّا اللَّذِينَ يُحَادِيُونَ اللهُ وَ ع و يَسْعَوْنَ فِي الْرَاضِ فَسَادًا أَنْ تَّلُوْ الوَيْصَلَّبُوْ الوَ تُقَطَّعَ ايْدِيهِمْ وَ ٱرْجُلُهُمْ مِينَ خِلَافٍ أَوْ يُنْفُوا مِنَ الْاَ رُضِ ﴿ ذَٰلِكَ لَهُمْ يَخِزْيُ فِي اللَّهُ نَيَا وَ لَهُمْ فِي الْأَخِرُةِ عَذَا كِ عَظِيْمُ الْ

35. Okuggyako abo ababonerera nga temunnafuna buyinza ku bo. Kale mumanye nti ddala Allah ye Musonyiyi ennyo, Ow'ekisa ekingi.

Ruku 6

36. Abange mmwe abakkiriza, mutye Allah era munoonye engeri y'okusembera gy'ali, era munyiikire nnyo mu kkubo lye, mulyooke muganyulwe.

- 37. Mazima abo abeerema ne bwe baalibadde n'ebiri mu nsi byonna nga bigattiddwako n'ebibyenkana, nti beenunuze nabyo ku kibonerezo ky'olunaku lw'okuzuukira, tebyalikkiriziddwa ku bo; era balifuna ekibonerezo ekirumya ennyo.
- يُرِيْدُوْنَ آنْ يَخْرُجُوْا مِنَ النَّارِوَمَا Balyagala okuva mu muliro, naye يُرِيْدُوْنَ آنْ يَخْرُجُوْا مِنَ النَّارِوَمَا tebalisobola kuguvaamu; era balifuna ekibonererezo eky'enkalakkalira.
- 39. Era omubbi omusajja n'omubbi omukazi, kale mubasaleko emikono gyabwe nga kwe kusasulwa kw'ekyo kye bakoze, *era* nga ky'ekibonerezo eky'okulabirako okuva eri Allah. Era Allah ye Luwangula, Omugezi ennyo.
- 40. Naye oyo alibonerera oluvannyuma lw'okwonoona kwe n'atereerera ddala, mazima Allah alimuddiramu. Ddala Allah ye Musonyiyi ennyo, Ow'ekisa ekingi.
- 41. Abaffe, tomanyi nti ddala Allah ye nannyini bwakabaka bw'eggulu n'ensi? Abonereza oyo gw'aba asalidde, n'asonyiwa oyo gw'aba asiimye. Era Allah ye w'Obuyinza ku buli kimu.
- 42. Owange ggwe Mutume, baleme kukunakuwaza abo abanguyira eri obutakkiriza mw'abo aboogera n'emimwa gyabwe nti: Tukkiriza, so nga emyoyo gyabwe tegikkirizza. Era ne mw'abo Abayudaaya mulimu abanyumirwa ennyo okuwuliriza eby'obulimba nga babiwuliriza olw'abantu abalala abatannajja na gy'oli. Era bafuulafuula ebigambo oluvannyuma lw'okussibwa mu nteeko ya byo, nga bagamba nti: Bwe muwebwanga kino, kale mukitwale. Naye bwe mutakiwebwanga, olwo mwerinde! Era oyo Allah gw'aba ayagadde

اِلَّا الَّذِيْنَ تَكَابُوا مِنْ قَبْلِ آنْ تَقْدِرُوْا عَلَيْهِمْ مَا ثَالِكَ تَقْدِرُوْا عَلَيْهِمْ مَا اللّهَ غَفُوْرً وَلَا اللّهَ غَفُورً وَلَا اللّهَ غَفُورً وَلَا اللّهَ غَفُورً وَلَا اللّهَ غَفُورً وَلَا اللّهَ خَفُورً وَلَا اللّهَ خَفُورً وَلَا اللّهُ عَلَيْهُمْ اللّهُ الللّهُ اللّهُ الللّهُ اللّهُ اللّهُ الللّهُ اللّهُ اللّهُ اللّهُ اللّهُ الللّه

يٓاُ يُّهَا الَّذِينَ المَنُوااتَّقُوااللَّهَ وَ ابْتَغُوۤالاَيْهِ الْوَسِيْلَةَ وَجَاهِدُوْافِيْ سَبِيْلِه لَعَلَّكُمْ تُفْلِحُوْنَ۞

رِنَّ الَّذِيْنَ كَفَرُوْا لَوْ آنَّ لَهُمْ مَّا فِي الْاَرْضِ جَمِيْعًا وَّ مِثْلَهُ مَعَهُ لِللَّهُ مَعَهُ لِيكَانُوْ الْوَالْمَةِ مَعْهُ لِيكَانُومِ الْقِيلَمَةِ لِيكَانُومِ الْقِيلَمَةِ مَا تُقَامِدُونَ الْمَا الْمُعُلَّمِ مَا تُقَامِدُونَ الْنَّارِ وَمَا لَيْمُ مِنْ مَا نَهُ اللَّارِ وَمَا لَيْمُ مِنْ مَا نَهُ اللَّارِ وَمَا لَيْمُ مِنْ مَا نَهُ اللَّارِ وَمَا لَيْمُ مِنْ مَا نَهُ اللَّهُ مَعْدًا بُ هُمْ مَنْ اللَّارِ وَمَا لَمُ مُعْمَدًا بُ هُمْ مَنْ اللَّالِ وَمَا لَيْمُ مِنْ مَا نَوْ لَهُمْ عَذَا بُ اللَّهُ الْمُ اللَّهُ الْمُ اللَّهُ الْمُعْمَالِيَّةُ الْمُعْلَقِيْنَ اللَّهُ الْمُعْلِيْ اللْمُعْلَقِيْنُ اللَّهُ اللَّهُ الْمُعْلِيْفُونَ اللَّهُ الْمُعْلِيْفُ اللَّهُ اللَّهُ اللَّهُ اللَّهُ اللَّهُ اللَّهُ الْمُعْلَقِيْنَ اللَّهُ الْمُعْلَقِيْنَ اللَّهُ الْمُعْلَقِيْنَ اللَّهُ اللَّهُ الْمُعْلِي اللَّهُ الْمُعْلِقُلُومُ اللَّهُ الْمُعْلِمُ اللَّهُ الْمُعْلِيْفُ الْمُعْلِمُ اللَّهُ الْمُعْلِقُلْمُ اللَّهُ الْمُعْلِقُلْمُ اللَّهُ الْمُعْلِقُلْمُ اللَّهُ الْمُعْلِمُ اللَّهُ الْمُعْلِقُ اللَّهُ الْمُعْلِمُ اللَّهُ الْمُعْلِمُ اللَّهُ الْمُعْلِمُ اللَّهُ الْمُعْلِمُ اللَّهُ الْمُعْلِمُ اللَّهُ الْمُعْلِمُ اللْمُعْلِمُ اللَّهُ الْمُعْلَمُ اللْمُعْلِمُ اللْمُعُلِمُ الْمُعْلِمُ اللَّهُ الْمُعْلَمُ اللْمُعْمُ الْمُعْلَمُ الْمُعْلَمُ الْمُعْلَم

وَ ٱلشَّارِقُ وَ السَّارِقَةُ فَاقَطَعُوۤا السَّارِقَةُ فَاقَطَعُوۤا السَّارِقَةُ فَاقَطَعُوۤا الْكِيرِيَةُ مَن اللهِ مَوَاللهُ عَزِيزُ حَكِيمُ ۞

فَمَنْ تَابَ مِنْ بَعْدِظُلْمِهِ وَاَصْلَحَ فَإِنَّ اللهَ عَفُوْدُ اللهَ عَفُوْدُ اللهَ عَفُوْدُ اللهَ عَفُودُ رَبِّهِ اللهُ اللهُ عَفُودُ رَبِّهِ اللهُ اللهُ اللهُ عَفُودُ رَبِّهِ اللهُ اللهُ

ٱلَمْ تَعْلَمُ ٱنَّ اللهَ لَهُ مُلْكُ السَّمُوٰتِ وَالْاَرْضِ مِيُعَذِّبُ مَنْ يَشَا اُو كَيْغُوْرُلِمَنْ يَشَاءُ وَاللهُ عَلْكُلِّ شَيْءِ قَدِيْرُ

يَآيُهُا الرَّسُولُ لَا يَحْزُنْكَ الَّذِيْنَ يُسَادِعُونَ فِي الْكُفْرِ مِنَ الَّذِيْنَ قَالُوَا امْتَا بِالْفَواهِمِهُ وَلَمْتُوْمِنَ أَ قُلُوبُهُمْ \* وَ مِنَ الَّذِيْنَ هَادُوْا \* سَمْعُونَ لِلْكَذِبِ سَمْعُونَ لِقَوْمٍ الْمَرِيْنَ الْمَيْاتُوكَ الْمِحَوِّنَ لِقَوْمِ الْكَلِمَمِنْ بَعْدِمَواضِعِهِ يَتَقُولُونَ الْكَلِمَمِنْ بَعْدِمَواضِعِهِ يَتَقُولُونَ الْكُلِمَمِنْ بَعْدِمَواضِعِهِ يَتَقُولُونَ الْكُلِمَمِنْ بَعْدِمَواضِعِهِ يَتَقُولُونَ الْكُلِمَ مِنْ بَعْدِمَواضِعِهِ يَتَقُولُونَ الْكُلُمَ مِنْ بَعْدِمَواضِعِهِ يَتَقُولُونَ الْكُلُمَ مِنْ بَعْدِمَواضِعِهِ يَتَقُولُونَ okugezesa, kale toliba na buyinza bwonna عُثُورَوْهُ فَاحْذَرُوْا لَمْ وَ مَنْ يُبُرِدِ اللهُ عُلْمَاهُ مُلاهِ اللهُ عُلْمُ اللهُ عُلِمُ اللهُ عُلْمُ اللهُ عُلْمُ اللهُ عُلْمُ اللهُ عُلْمُ اللهُ عُلِمُ اللهُ عُلْمُ اللهُ عُلِمُ اللهُ عُلْمُ اللهُ اللهُ عُلِمُ اللهُ عُلْمُ اللهُ اللّهُ عُلْمُ اللهُ اللّهُ عُلِمُ اللّهُ الللّهُ اللّهُ اللّهُ اللّهُ اللّهُ اللّهُ اللّهُ الللّهُ الللللّهُ ku ye ku Allah. Abo be bo Allah b'ataasiima kutukuza myoyo gyabwe; balina obuswaavu ku nsi, ne ku nkomerero baliba n'ekibonerezo ekisukkirivu.

43. Bawuliriza nnyo eby'obulimba, balya nnyo ebyaziyizibwa. Naye bwe bajjanga gy'oli, kale lamula wakati waabwe oba baleke. Bw'olibaleka, tebalikulumya wadde akatono. Naye bw'olamulanga, olwo olamulanga wakati waabwe mu bwenkanya. Mazima Allah ayagala nnyo abenkanya.

44. Ye bakufuula batya omulamuzi waabwe عُنْكُ وَعِنْدُهُ مُ التَّهُ إِللَّهُ وَإِنْ عُنْكُ وَعِنْدُهُ مُ التَّهُ وَإِنْ اللهُ اللهُ اللهُ عَنْدُهُ مُ اللهُ عَنْدُهُ مُ اللهُ عَنْدُ اللهُ عَنْدُهُ مُ اللهُ عَنْدُ اللهُ عَنْدُوا اللهُ عَنْدُ اللهُ عَنْدُوا اللهُ عَنْدُ اللهُ عَنْدُوا عَنْدُ اللهُ عَنْدُ اللهُ عَنْدُ اللهُ عَنْدُوا عَنْدُ اللّهُ عَنْدُ عَنْدُ اللّهُ عَنْدُ عَالِمُ عَلَا عَنْدُ عَنْدُ عَنْدُ عَنْدُ عَنْدُ عَنْدُ عَنْدُ عَنْدُوا عَنْدُ عَنْدُ عَنْدُ عَنْدُ عَنْدُ عَنْدُ عَنْدُوا عَنْدُ عَالْمُ عَنْدُ عَنْدُ عَنْدُ عَنْدُ عَنْدُ عَنْدُ عَنْدُ عَنْدُ عَالِمُ عَنْدُ عَنْدُ عَنْدُ عَنْدُ عَلَا عَنْدُ عَنْدُ عَنِي عَلَا عَنْدُوا عَنْدُوا عَلَا عَنْدُوا عَلَا عَالِمُ عَلَا عَلَا عَلَ Allah? So nno oluvannyuma lw'ebyo, gy'eri عُدُ اللَّهِ ثُمَّ يَتُوَلَّوْنَ مِنْ بَعْدِ bakubayo mabega; ddala abo si ba kukkiriza.

Ruku 7

45. Mazima twassa Taurēti nga erimu obulung'amu n'obutangaavu. Ba Nabbi abaali abawulize baagiramuzisa Abayudaaya, bwe batyo n'abantu ba Allah n'abakugu mu by'eddiini baagiramuzisa kubanga be baasigirwa Ekitabo kya Allah era be baali abalabirizi ba kyo. N'olwekyo temutya bantu naye mutye Nze nzekka. Era temuwanyisanga Aya zange mu muwendo omutono. Era oyo atalamula n'ebyo Allah bye yassa, kale abo be batakkiriza.

46. Era twabalagira mu yo nti: Omuntu ku muntu, n'eliiso ku liiso, n'ennyindo ku nnyindo, n'okutu ku kutu, n'elinnyo ku linnyo, n'ebiwundu byesasuzibwe kyenkanyi. Naye oyo akuleka ku lwa Allah, kale ekyo kiba kyetangiriro gy'ali. Era oyo تَصَدَّقَ بِهِ فَهُو كَفَّارَةً لَّهُ وَمَنْ لَكُمْ atalamula n'ebyo Allah bye yassa, kale تَصَدَّقَ بِهِ فَهُو كَفَّارَةً لَّهُ وَمَنْ لَكُمْ abo be boonoonefu.

47. Nate twagobereza 'Isa mutabani wa وَقَفَّيْنَا عَلَى أَثَارِهِمْ بِعِيْسَى أَبْنِ إِنْ الْعَارِهِمْ بِعِيشَى Maryamu mu buwufu bwabwe, nga ye

فِتْنَتَكَ فَكُنْ تَمْلِكَ لَهُ مِنَ اللَّهِ شَيْئًا، ٱولَيْكَ الَّذِينَ لَمْ يُردِ اللَّهُ أَنْ يُطَهِّرَ تُلُوْ بَهُمْ الهُمْ فِي أَلَدُّ نَيّا خِزْيُ الْجُوَّ لَهُمْ فِي الْأَخِرَةِ عَذَا بُ عَظِيْمٌ اللهُ سَمُّعُوْنَ لِلْكَذِبِ ٱكْلُوْنَ لِلسُّحْتِ وَ فَإِنْ جَآءُوكَ فَأَهْكُمْ يَسْنَهُمْ أَوْ آ عُرِضْ عَنْهُمْ ، وَإِنْ تُعْرِضُ عَنْهُمُ فَكُنْ يَصُرُّوْ كَ شَيْعًا ﴿ وَإِنْ حَكَمْتَ فَاحْكُمْ بَيْنَهُمْ بِالْقِسْطِ، إِنَّ اللَّهَ يُحِ الْمُقْسِطِيْنَ ﴿

عَ ذَٰ لِكَ وَمَا أُولَمُكَ بِالْمُؤْمِنِيْنَ ١٠

إِنَّا آنْزَلْنَا التَّوْلِيةَ فِيهَا هُدَّى وَّ نُوْرُم يَحْكُمُ بِهَا النَّبِيُّوْنَ الَّذِينَ اَسْلَمُوْا لِلَّذِيْنَ هَا دُوْا وَالرَّبَّانِيُّوْنَ وَ الكَهْبَارُيمَااشتُحْفِظُوامِن كمتبِ الله وَكَانُوا عَلَيْهِ شُهَدّاءَ مَ فَلَا تَخْشُوا النَّاسَ وَاخْشُوْكِ وَلَا تَشْتُرُوْا بِأَيْتِيْ ثَمَنًا قِلِيْلًا وَمَنْ لَمْ يَحْكُمْ بِمَا آثْزُلَ الله فَأُولَيْكَ هُمُ الْكُفِرُونَ

وَكُتُبْنَا عَلَيْهِ مْ فِيْهَا آنَّ النَّفْسَ بِالنَّفْسِ ، وَ الْعَيْنَ بِالْعَيْنِ وَ الْاَنْفُ بِالْأَنْفِ وَالْأُذُنَ بِالْأُذُنِ وَ السِّنَّ بِالسِّيِّهِ وَالْجُرُوْحَ قِصَاصً ، فَمَنْ يَجْكُمْ بِمَاآنْزَلَ اللهُ فَأُولَمِكُ هُمُ

الظُّلِمُوْنَ ﴿

mu Taurēti, era twamuwa Enjiri nga erimu مِنَ التَّوْدُ مِقِرُواْ تَيْنَدُ الْرِنْجِيْلُ فِيْدِ obulung amu n'obutangaavu era nga المُدَّى وَ نُوْرُ وَ مُصَدِّقًا لِمَا الْمِيْنَ الْمِيْنَ الْمِيْنَ الْمِيْنَ هُدًى وَ نُورُ وَ مُصَدِّقًا لِمَا الْمِيْنَ الْمِيْنَ الْمِيْنَ الْمِيْنَ الْمِيْنِ الْمِيْنِ الْمِيْنِ الْم يَدَيْدِ مِنَ التَّوْرُدِةِ وَ هُدِّى وَ Taurēti era nga bulung'amu n'okubuulirira eri abatya Allah.

n'ebyo Allah bye yassa mu yo. Era oyo atalamula n'ebyo Allah bye yassa, kale abo be bajeemu.

49. Era twassa gy'oli Ekitabo ekirimu amazima ekikakasa ebyo ebyakikulembera ebyali mu Kitabo kya Taurēti era nga ky'ekirabirizi kya kyo. N'olwekyo lamula wakati waabwe n'ebyo Allah bye yassa, naye togobereranga kwagala kwabwe n'ova اَهُوَاءَ هُمُ مُ عَمَّا جَاءَكَ مِنَ الْكَتَّى الْكَتَّى الْكَتَّى الْكَتَّى الْكَتَّى الْكَتَّى الْكَتَّى ال buli omu mu mmwe twamuteerawo amateeka g'eddiini ag'olwaatu n'ekkubo elyetadde. Era singa Allah yayagala *kukaka*, yaalibafudde ekibiina kimu, naye yakireka alyooke abagezese mw'ebyo bye yabawa. Kale muvuganyenga mu birungi. Eri Allah y'eri obuddo bwammwe mwenna; olwo alibategeeza ebyo bye mwaali mwawukanamu.

50. Era lamula wakati waabwe n'ebyo Allah bye yassa, naye togobereranga kwagala kwabwe; era beerinde baleme kukussa mu bigezo olw'ebimu kw'ebyo Albye yassa gy'oli. Naye bwe beefuulanga, kale manya nti ddala Allah agenderera kubatuusako kibonerezo olw'ebimu ku bibi byabwe. Era ddala bangi mu bantu bajeemu.

51. Abaffe, okulamula *okw'edda* okw'omu butamanya era kwe baagala? Naye ani asinga Allah mu kulamula eri abantu abalina obukakafu?

Ruku 8 52. Abange mmwe abakkiriza, temufuulanga Bayudaaya na Bakulisitaayo okuba

mukakasa w'ebyo ebyamukulembera ebiri مَرْيَامَ مُصَدِّقًا لِمَا بَيْنَ يَدَيْهِ مَوْ عِظَةً لِلْمُتَّقِبُنَ أَمْ

48. Era abantu b'Enjiri basaana balamule وَلَيَحْكُمْ آهَلُ الْانْجِيْلِ بِمَآ ٱنْزَلَ اللهُ عُلَامِهِ مَا الْمُنْجِيْلِ بِمَآ ٱنْزَلَ اللهُ فِيْدِي وَمَنْ لَّمْ يَحْكُمْ بِمَآا نُزَلَ اللَّهُ فَأُولِيَاكَ هُمُ الفِسقُةُ نَ

> وَ ٱنْزَلْنَآ إِلَيْكَ الْكِتْبَ بِالْحَقِّ مُصَدِّقًا لِلْمَا بَيْنَ يَدُيْدُ مِنَّ الكِتْبِ وَمُهَيْمِنًّا عَلَيْهِ فَاحُكُمْ بَيْنَهُمْ بِمَآ أَنْزَلَ اللَّهُ وَلَا تَتَّبِعُ لِكُلِّ جَعَلْنَا مِنْكُمْ شِرْعَ مِنْهَا جًا ، وَكُوْ شَاءً اللهُ لَا أُمَّةً وَّاحِدَةً وَّلَكِنَ لِّبَيْلُو مَآاتْ مُكُمْ فَاسْتَيِقُوا الْفَيْلِيِّ وَإِلَّى اللَّهِ مَرْجِعُكُمْ جَمِيْعًا فَيُنَبِّئُكُمْ بِمَاكُنْ نُمْ فِيْهِ تَخْتَلِفُونَ أَن

> وَآنِ احْكُمْ بَيْنَهُمْ بِمَاۤ ٱنْزَلَ اللَّهُ وَ كَ تَتَّبِعُ آهُوَآءً هُـهُ وَ احْذَرُهُمْ آن يَّفْتِنُوكَ عَنْ بَعْضِ مَّا آنْزَلَ ا ملَّهُ إِلَيْكَ وَ فَإِنْ تَوَكُّوا فَاعْلَمْ أَنَّمَا يُرِيْدُ اللهُ آنَ يُصِيْبَهُمْ بِبَعْضِ نُوْبِهِهُمُ وَلِنَّ كَيْنِيْرًا مِّنَ النَّاسِ لَفْسِقُوْ ك⊙

ٱۏؘۿڬٛم الٛجَاهِلِيَّةِ يَبْغُوْنَ وَمَن ٱحْسَنُ ﴿ مِنَ اللَّهِ حُكُمَّا لِلَّقَوْمِ يُتُوْقِنُوْنَ أَنَّ

يَا يُهُمَّا النَّذِينَ أَمَنُوْا لَا تَتَخِذُوا لَا تَتَخِذُوا لَا تَتَخِذُوا لَا يَتَخِذُوا لَا يَتَخَفُّهُم

ab'emikwano. Bo ba mikwano bokka na bokka. Era yenna mu mmwe alibafuula هُ اللَّهُ اللَّهُ إِلَّ اللَّهُ إِلَّ اللَّهُ وَمَ الْقَوْمَ ab'emikwano, kale naye aliba mu bo. هُ اللَّهُ اللّ Allah talung'amya Mazima bakumpanya.

53. Kale ojja kulaba abo abalina obulwadde mu mitima gyabwe nga beeyunira nnyo mu bo, nga bagamba nti: Tutya nti tuyinza okutuukibwako emitawaana. So nno ob'olyawo Allah n'aleeta obuwanguzi oba ensonga endala eva gy'ali, olwo bafuuke abejjusa olw'ebyo bye baakisanga mu myoyo gyabwe.

54. N'abo abakkiriza bagambe nti: Abaffe, bano be bo abaalayiranga Allah mu kulayira kwabwe okw'okwekaza nti ddala bali wamu nammwe? Abo ebikolwa byabwe byayonooneka nebafuuka abafaafaaganiddwa.

55. Abange mmwe abakkiriza, yenna mu mmwe alyekyuusa n'ava mu ddiini ye, kale akimanye nti mangu nnyo Allah ajja kuleeta mu kifo kye abantu b'alyagala era abalimwagala, abeetoowaze, ab'ekisa eri abakkiriza, abanywevu eri abatakkiriza, abatakabana mu kkubo lya Allah era abatatya kunenya kwa munenyi yenna. Egyo nno gy'emikisa gya Allah gy'awa oyo gw'aba asiimye. Era Allah ye Lugaba, Omumanyi wa byonna.

56. Mazima mukwano gwammwe *owa ddala* ye Allah n'Omubaka we n'abo abakkiriza, abo abajjumbira essaala era abatoola zaka nebakutama n'obwesimbu gy'ali.

n'abo abakkiriza, *amanye* nti ddala ekibiina kya Allah ky'ekiteekwa okuwangula.

Ruku 9

58. Abange mmwe abakkiriza, abo abatwala eddiini yammwe nga eky'okubalaata n'okuzannya- abali mw'abo abaaweebwa Ekitabo olubereberye lwammwe n'abeerema — temubafuulanga ab'omukwano. Era mutye Allah, bwe muba nga *ddala* muli bakkiriza.

59. Era nga bwe mukoowoola *abantu* eri essaala, bo bakitwala nga eky'okubalaata n'okuzannya. Ekyo lwa kubanga be bantu abatategeera.

أَوْلِيَآءُ يَعْضِ دُوَ مَنْ يَتِتَوَلَّهُمْ مِنْكُمْ

فَتُرَى الَّذِينَ فِي قُلُوبِهِمْ مَّرَضً يُسَارِعُونَ فِيْهِمْ يَقُولُونَ نَفْشَى آنَ ميْبَناً دَائِرَةً ، فَعَسَى اللّهُ آن يَّا رِي بِالْفَتْحِ آوْ آمْرِ مِّنْ عِنْدِمْ فَيُصْبِحُواْ عَلَى مَا أَسَرُ وَافِي ٱلْفُسِهِمْ نَدِمِيْنَ ﴿ وَ يَقُولُ الَّذِينَ أَمَنُوٓا آ لَمَهُ لَآدِ النيذين أقسموا بالله جهدا يمكانهم إنَّهُمُ لَمَعَكُمْ الْمَيطَتْ آعْمَالُهُمْ و قاصبَحُوْ الحسرين

لَيَا يُنْهَا ٱلَّذِيْنَ امَنُوْا مَنْ يَبُرْتُدَّ مِنْكُمْ عَنْ ﴿ يُنِهِ فَسَوْفَ إِيَاتِي اللَّهُ بِقَوْمِ يُحِبُّهُمْ وَ يُحِبُّوْنَهُ ﴿ أَذِلَّةِ عَلَى الْمُؤْمِنِيْنَ آعِزُّةِ عَلَى الْكُفِرِيْنَ: يُجَاهِدُوْنَ فِيْ سَبِيْلِ اللَّهِ وَلَا يَخَا فُوْنَ كُوْمَة لَائِيمِ ﴿ ذَٰلِكَ فَضْلُ اللَّهِ يُؤْتِيهِ مَنْ يَشَاءُ وَاللَّهُ وَاللَّهُ وَاللَّهُ وَاللَّهُ مَا سِمٌّ عَلِيهُ إِنَّا مَا وَلِيُّكُمُ اللَّهُ وَرَسُولُهُ وَالَّذِينَ أَمَنُوا الَّذِيْنَ يُقِيْمُوْنَ الصَّلُوةَ وَ يُؤْتُونَ الرَّحُوةَ وَهُمْدَرَاكِعُوْنَ ۞ 57. Era oyo akwana Allah n'Omubaka we وَمَنْ يَتَتُولُ اللّهَ وَرَسُولَ كَوَالَّذِينَ أَمَنُوا اللّهَ وَرَسُولَ كَا وَالَّذِينَ أَمَنُوا كَ فَا تَكْحِزْبَ اللهِ هُمُ الْغُلِبُوْنَ اللهِ

يَا يُتُهَا الَّذِينَ أَمَنُوا لا تَتَّخِذُوا الَّذِينَ اتَّخَذُ وَا دِينَكُمْ هُزُوًّا وَّلَحِبًا مِّنَ الَّذِينَ أُوْتُواالْكِتْبَ مِنْ قَيْلِكُمْ وَالْكُفَّادَ ٱۉڔڸؾؖٳٚءٙ؞ۉٳؾٛڠؙۅٳڔؠڷڡٳؽڴؙڹٛڎۿڟؙۄٛ۫ڡڹؽؽ۞ وَ إِذَا نَادَيْتُمْ إِلَى الصَّلُوةِ اتَّخَذُوْهَا هُزُوًا وَ كَعِبًا ۚ ذَٰ لِكَ بِٱنَّهُمْ قَوْمُ لَّا يَعْقِلُوْنَ۞

- 60. Gamba nti: Abange mmwe abantu b'Ekitabo, mutukijjanya lwa kuba nti tukkiriza Allah n'ebyo ebyassibwa gye tuli n'ebyo ebyassibwa olubereberye, oba *lwa* kubanga nti abasinga obungi mu mmwe bajeemu?
- 61. Gamba nti: Abaffe, mbategeeze abo abalifuna okusasulwa okuva eri Allah okusinga obubi kw'okwo? Be bo nno Allah be yakolimira era n'abasunguwalira, era n'afuula abamu mu bo enkima n'embizzi era abasinza sitaani, Abo nno be bali mu mbeera embi ennyo era be basinga okuba ababuze ku kkubo elyenkamu.
- 62. Era bwe bajja gye muli, bagamba nti: Tukkiriza, so nga baayingira n'obutakkiriza era ne bafuluma nabwo. Naye Allah amanyi bulungi ebyo bye bakisa.
- 63. Era olaba bangi mu bo nga banguyira eri ebibi n'obujeemu n'okulya kwabwe *ebintu* ebyaziyizibwa. Ddala bibi nnyo ebyo bye bakola.
- 64. Lwaki bannaddiini n'abakugu mu mateeka g'eddiini tebabaziyiza kwogera kwabwe okwo okubi n'okulya kwabwe ebintu ebyaziyizibwa? Mazima bibi nnyo ebyo bye bakola.
- 65. Era Abayudaaya bagamba nti: Omukono gwa Allah musibe. *Nedda*, emikono egyabwe gy'egyasibibwa era nebakolimirwa olw'ebyo bye boogera. Si kyo, emikono gye gyombi myanjulukufu nnyo; asaasaanya nga bw'aba ayagadde. Era ddala ebyo ebyassibwa gy'oli okuva eri Mukama wo bijja kwongera bangi mu bo obujeemu n'obutakkiriza. Era twateeka wakati wabwe obulabe n'obukyayi okutuusa ku lunaku lw'okuzuukira. Buli lwe bakoleeza omuliro olw'olutalo, Allah aguzikiza. Era bafuba nnyo okutabulatabula mu nsi; naye Allah tayagala batabuzitabuzi.
- 66. Era singa abantu b'Ekitabo bakkiriza اَكُوْاَتُ الْكِتْبِ أَمَنُوا وَاتَّقَوْا ne batya Allah, mazima twalibasanguddeko ebibi byabwe era ddala twalibayingizza mu

قُلْ يَا هُلَ الْكِتْبِ هَلْ تَنْقِمُوْنَ مِنَّا ١٠٥ أمَنَّا بِاللَّهِ وَمَا ٱنْزِلَ لِليَّنَاوَ مَا أُنْزِلَ مِنْ قَبْلُ أَوْ آَنَّ أَكُثْرَكُمْ

وْجَنَّةُ عِنْدُ اللَّهِ وَمُنْ لَّكُونَ لَكُونَا مُنْكُونًا بَ عَلَيْهِ وَ جَعَلَ مِنْهُمُ الْقَادَةُ وَ الْخَنَازِيْرِ وَ عَبَدَ الطَّاعُوْتَ ﴿ أُولَيَٰكَ شَدُّ مَّكَانًا وَّ آضَلُ عَنْ سَوّاء

وَإِذَا جَاءُ وْكُمْ قَالُوْ الْمَنَّا وَقَدْدُ خَلُوْ ا بِالْكُفْرِوَهُ مُ قَدْ خَرَجُوْا بِهِ ، وَاللَّهُ آعْكُمُ بِمَاكًا نُوْا يَكْتُمُوْنَ

وَتُرَى كَثِيْرًا مِنْهُمْ يُسَارِعُونَ فِي ا ثلاثيدة الْعُدْدَانِ وَٱكْلِهِمُ السُّهْتُ، لبئس مَا كَا نُوْا يَعْمَلُوْنَ

كَوْلَا يَنْفُهُ مُوالِدَّ تِتَارِنْتُوْنَ وَاكْهَ هُمُا رُ عَنْ قَوْلِهِمُ الْاشْمَةِ ٱكْلِهِمُ السُّحْتَ ع لَينُسُ مَا كَا نُهُ ا يَصْنَعُوْ نَ 🕦 وَقَالَتِ الْيَهُوْدُ يَدُ اللهِ مَغْلُوْكَةً ، إ عُلَّتْ آيريه فرركينوا بِمَا قَالُوا مِبَلْ يَدْهُ مَبْسُوْ طَتْنِ " يُنْفِقُ كَنْفَ تَشَاءُ ا راكيك مِنْ رَبِّكَ طُخْ ٱلْقَيْنَا بَيْنَهُمُ الْعَدَاوَةَ وَالْيَغْضَاءُ

الى يَوْمِ الْقِيلِمَةِ ، كُلُّمَا آوْقَدُوْا نَارًا لِّلْحَرْبِ آطْفَآهَا اللهُ او يَسْعَوْنَ فِي الْإِرْضُ فَسَادًا ﴿ وَ اللَّهُ كَا يُحِبُّ المُفْسِدِينَ

ككَفَّرْنَاعَنْهُمْ سَيِّارِتهِ مُرَوَلَا ذَخَلْنْهُمْ

nsuku ez'essanyu erijjuvu.

67. Era singa bassa omwoyo ku Taurēti n'Enjiri n'ebyo ebyassibwa gye bali okuva eri Mukama waabwe, mazima baaliridde ku biri waggulu waabwe n'ebiri wansi w'ebigere byabwe. Mu bo mulimu abantu abesimbu, naye abasinga obungi mu bo bye bakola bibi nnyo.

### Ruku 10

- 68. Owange ggwe Omubaka, tuusa *eri abantu* ebyo ebyassibwa gy'oli okuva eri Mukama wo; naye bw'otookikole, onooba totuusizza bubaka bwe. Era Allah ajja kukukuuma ku bantu. Mazima Allah talung'amya bantu beeremye.
- 69. Gamba nti: Abange mmwe abantu b'Ekitabo, temulina kye muliko okutuusa lwe mulissa mu nkola Taurēti, n'eEnjiri, n'ebyo ebyassibwa gye muli okuva eri Mukama wammwe. Era ddala ebyo ebyassibwa gy'oli okuva eri Mukama wo bijja kwongera bangi mu bo obujeemu n'obutakkiriza. Kale tonakuwala ku lw'abantu abatakkiriza.
- 70. Mazima abo abakkiriza, n'abo Abayudaaya, n'Abasabiyi, n'Abakulisitayo, yenna *mu bo* alikkiriza Allah *mu butuufu* n'olunaku lw'enkomerero era n'akola ebikolwa ebirungi, kale *abo abatuukiriza ebyo* tebaliba na kutya kwonna, wadde tebalinakuwala.
- 71. Mazima twatwala endagaano y'abaana ba Isirairi era netubatumira Ababaka. Naye buli lwe bajjirwanga Omubaka n'ebyo emyoyo gyabwe bye gitayagala, abamu baabalimbisanga, n'abalala baagezaako okubatta.
- 72. Era baalowooza nti tewagenda kubaawo kubonereza, kale nebaziba amaaso nebaziba n'amatu. *Naye* oluvannyuma Allah yabaddiramu; naye ate era bangi mu bo baaziba amaaso nebaziba n'amatu. Naye bye bakola, Allah abiraba bulungi.
- 73. Mazima bamaze okuba abatakkiriza abo abagamba nti: Ddala Masihi mutabani wa Maryamu ye Katonda, so nga Masihi

وَكَقَوْمَكُّنَّكُمْ فِ الْأَرْضِ وَجَعَلْنَاكُمُمْ ﴿ فِيْهَا مَعَا بِشَ ﴿ قُلِيلًا مَّا تَشْكُرُونَ شُ

- 12. Era mazima twabatonda nate netukola enfaanana yammwe, n'oluvannyuma netugamba ba malayika nti: Mugondere Adamu; nebamugondera, okuggyako Ibilisi y'ataali mw'abo abawulize.
- 13. Allah n'agamba nti: Kiki ekikugaanyi okuba omuwulize awo nga nkulagidde? N'agamba nti: Lwa kubanga nze Adamu mmusinga; wantonda mu muliro ate ye n'omutonda mu budongo.
- 14. *Allah* n'agamba nti: Kale vaamu, kuba tekikugwanira kwekuliza omwo. Kale fuluma; mazima oli mu banyoomoofu.
- 15. N'agamba nti: Mpa akaagaanya okutuusa ku lunaku lwe balizuukizibwa.
- 16. Allah n'agamba nti: Ddala oli mw'abo abaweereddwa akaagaanya.
- 17. *Ibilīsi* n'agamba nti: Nga bw'onsalidde okuba omubuze, mazima nzija kubateeganga mu kkubo lyo eggolokofu.
- 18. N'oluvannyuma ndibajjira okuva mu maaso gaabwe n'emabega waabwe ne ku ddyo waabwe ne ku kkono waabwe; era togenda kusanga nga abasinga obungi mu bo beebaza.
- 19. Allah n'agamba nti: Kale fulumamu nga oli agayibwa, asindiikirizibwa. Naye yenna alikugoberera mu bo, mazima ndijjuza Jahannamu okuva mu mmwe mwenna.
- 20. Era ggwe Ādamu, beera ggwe ne mukyala wo mu lusuku, kale mwembi mulye okuva mu lusuku nga bwe mwagala; naye temusembereranga omuti guno, si kulwa nga muba mu bakyaamu.
- 21. Kale Sitaani yabasendasenda alyooke abooleke ebyali bikisiddwa mu bunafu bwabwe. N'agamba nti: Mukama wammwe teyabaziyiza muti guno wabula lwa kuba nti mwembi mwalifuuka ba malayika oba okuba mw'abo ab'olubeerera.
- 22. Era n'abalayirira nti: Mazima nze ndi mu شَحْيُنَ النُّوحِيْنَ النُّوحِيْنَ النُّوحِيْنَ النُّوعِيْنَ النُّوعِيْنَ النُّوعِيْنَ النُّوعِيْنَ النُّوعِيْنَ النُّوعِيْنَ النُّوعِيْنَ النُّوعِيْنَ النُّوعِيْنَ النَّوعِيْنَ النَّعِيْنَ النَّهِ الْعِيْنَ الْعَلَى الْعَلَيْنِيْنِ الْعَلَيْنِ النَّعِيْنِ النَّالِيْنِيْنَ الْعَلَيْنِيْنِ الْعَلَيْنِ الْعَلَيْنِ الْعَلَيْنِ الْعَلَيْنِ الْعَلَيْنِ الْعَلَيْنِ الْعَلَيْنِ الْعَلَيْنِ اللَّهِ اللَّهِ الْعَلَيْنِ الْعَلَيْنِ الْعَلَيْنِ الْعَلَيْنِ الْعَلِيْنِ اللْعَلِيْنِ اللَّهِ اللَّهِ الْعَلَيْنِ الْعَلَيْنِ الْعَلِيْنِ اللْعَلِيْنِ اللْعَلِيْنِ اللَّهِ الْعَلَيْنِ الْعَلَيْنِ الْعَلَيْنِ الْعَلَيْنِ الْعَلَيْنِ اللَّهِ الْعَلَيْنِ الْعَلَيْنِ اللَّهِ الْعَلَيْنِ الْعَلَيْنِ الْعَلَيْنِ الْعَلِيْنِ الْعِلْمِيْنِ اللَّهِ الْعَلَيْنِ الْعَلَيْنِ الْعَلَيْنِ الْعَلَيْنِ الْعَلَيْنِ الْعَلَيْنِ الْعَلَيْنِ الْعَلَيْنِ الْعَلِيْنِ الْعَلَيْنِيْنِ الْعَلِيْنِ الْعَلِيْنِ الْعَلِيْنِ الْعَلَيْنِ الْعَلَيْنِ الْعَلَيْنِ الْعَلَيْنِ الْعَلَيْنِ الْعَلَيْنِ الْعَلَيْنِ الْعَلِيْنِ الْعَلِيْنِ الْعَلِيْنِ الْعَلِيْنِ الْعَلِيْنِ الْعَلِيْنِ الْعَلَيْنِ الْعَلَيْنِ الْعَلَيْنِ الْعَلَيْنِ الْعَلِيْنِي الْعَلَيْنِي الْعَلِيْنِ الْعَلِيْنِ الْعَلِيْنِ الْعَلْمِي ا

وَلَقَدْ خَلَقَا الْحُدْثُمَّ صَوَّدُ نَكُمُ ثُمَّ قُلْنَا لِلْمَلْكِكَةِ اسْجُدُوْالِأُدَمَ اللَّهِ فَسَجَدُوْا وَلَا اِبْلِيْسَ الْمَيْكُنْ مِّنَ اللَّهِ وَيُنَ۞ قَالَ مَا مَنْعَكَ الَّا تَسْجُدَ إِذْا مَرْتُكَ ا قَالَ اَنَا خَيْرٌ مِّنْهُ ءَ خَلَقْتَنِيْ مِنْ ثَارٍ وَّ خَلَقْتَهُ مِنْ لِمُيْنِ۞

قَالَ فَاهْبِطْ مِنْهَا فَمَا يَكُوْنُ لَكَ آنَ تَتَكَلَّبُرَ فِيْهَا فَاخْرُجُ إِنَّكَ مِنَ الصَّغِرِيْنَ

> قال آئظر نِي الى يَوْمِ يُبْعَثُونَ ۞ قال إِنَّكَ مِنَ الْمُنْظَرِيْنَ ۞

صِرَاطَكَ الْمُسْتَقِيْمَ اللهِ مَنْ الْمُسْتَقِيْمَ اللهِ الْمُسْتَقِيْمَ اللهِ اللهِ اللهِ اللهِ اللهِ اللهِ مَنْ اللهِ اللهِ اللهِ مَنْ اللهِ اللهِ مَنْ وَعَنْ اللهُ اللهُ وَعَنْ اللهُ وَعَا اللهُ وَعَنْ اللهُ وَعَنْ اللهُ وَعَنْ اللهُ وَعَنْ اللهُ وَعَا اللهُ وَعَنْ اللهُ وَعَلْ اللهُ وَعَلْ اللهُ وَعَلْ اللهُ وَعَا اللهُ وَعَنْ اللهُ وَعَلْ اللهُ وَعَلْ اللهُ وَعَلَا اللهُ وَعَلْ اللهُ وَعَلْ اللهُ وَعَلْ اللهُ وَعِنْ اللهُ وَعِنْ اللهُ وَعَلْ اللهُ وَعِنْ اللهُ وَعِنْ اللهُ وَعَلْمُ اللهُ وَعِنْ اللهُ وَعَلَا اللهُ وَعَلَا اللهُ وَعَلَى اللهُ وَعِلْمُ اللهُ وَعِلْ اللهُ وَعَلْمُ اللهُ وَعَلَا اللهُ وَعَلَا اللهُ وَعَلَا اللّهُ وَعَلَا اللّهُ وَعَلَا اللّهُ وَعَلْمُ اللّهُ اللّهُ اللّهُ اللّهُ وَعَلَا اللّهُ وَعَلَا اللّهُ وَعَلّمُ وَاللّهُ اللّهُ ا

قَالَ فَيِمَا اعْوَيْتَنِيْ كَاقْعُدَنَّ لَهُمْ

وَيَهَا دُمُ اسْكُنُ آنْتُ وَ زَوْجُكَ الْجَنَّةُ فَكُلِامِنْ حَيْثُ شِئْتُمَا وَلَا تَقْرَبَا لَمَذِةِ فَكُلِامِنْ حَيْثُ شِئْتُمَا وَلَا تَقْرَبَا لَمَذِةِ الشَّجَرَةَ فَتُكُونَا مِنَ الظَّلِمِيْنَ ﴿ لَكُنُو يَ لَهُمَا مَا فَوَشُوسَ لَهُمَا الشَّيْطُ لِيُبُودِي لَهُمَا مَا فَوَشَو الشَّجَرَةِ اللَّهَ مَا وَقَالَ مَا فَلْمِكُمَا رَبِّي عَنْهُمَا مَنْ الْخِلِويَ وَلَا آنَ فَلْمُكُمَا رَبِّي مَا فَلْمُكُمَا مَنْ الْخُلِويَ وَلَا الشَّجَرَةِ اللَّهُ وَقَالَ مَا تَكُمُونَا مِنَ الْخُلِويَ وَلَا أَنْ مَا تَكُمُا لَمِنَ النَّلُومَ وَقَالَ مَنَ الْخُلِويَ فَي السَّمَةُ مَا إِنِّي لَكُمَا لَمِنَ النَّهِ حِيْنَ اللَّهُ وَقَالَ مَنْ الْخُلُومِ وَقَالَ مَنْ الْخُلُومِ وَقَالَ مَنْ الْمُوحِينَ فَي اللَّهُ مَا مَنْ الْخُلُومِ وَيُنَا مِنَ النَّهُ وَقَالَ مَنْ الْمُعَلِيقِ السَّمِ هُمَا إِنِّي لَكُمَا لَمِنَ النَّاسِ وَيَنَ الْمُنَا مِنَ النَّهُ وَالْمُنَا اللَّهُ عَلَيْمُ الْمُنْ الْمُنْ الْفُلُومُ وَالْمُنَا اللَّهُ الْمُنْ الْمِنْ الْمُنْ الْمُلْ الْمُنْ الْمُنْ الْمُنْ الْمُنْ الْمُنْ الْمُنْ الْمُنْ الْمُلْمُ الْمُنْ الْم

- 23. Kale bombi yabasuula olw'okubuzaabuza. Naye bombi olwaloza ku muti, obunafu bwabwe nebubeeyoleka nebatandika okwetungirirako amakoola g'omu lusuku. Olwo Mukama waabwe n'abakoowoola nti: Abaffe, ssaabagaana omuti ogwo era nembagamba nti: Mazima Sitaani mulabe wammwe wa lwaatu?
- 24. Nebagamba nti: Mukama waffe, tweryazaamaanyizza fekka; naye bw'ototusonyiwe n'otusaasira, mazima tujja kuba mw'abo ab'okufaafaaganirwa.
- 25. N'agamba nti: Kale muveemu, muli balabe mwekka na mwekka. Era munaafuna obubudamo ku nsi n'ebikozesebwa okumala ekiseera.
- 26. Allah n'agamba nti: Mu yo mwe mujja okubeerera abalamu, ne mu yo mwe mulifiira, era mu yo mwe mulijiibwa.
- Ruku 3
  27. Abange mmwe abaana ba Ādamu, mazima twamala okubassiza ebyambalo olw'okubikka obweereere bwammwe era bibeere eby'okunekaanekana. Naye ekyambalo ky'okutya Allah ekyo ky'ekisinga obulungi. Ekyo ky'ekimu ku biragiro bya Allah, balyooke bafumiitirize.
- 28. Abange mmwe abaana ba Ādamu, Sitaani tabakemanga nga bwe yajja abazadde bammwe mu lusuku nga abanaanuulako ebyambalo byabwe nga agenderera okubalaga obunafu bwabwe. Mazima ye abalaba, ne banne be nga asinziira mmwe wemutabalabira. Mazima twafuula ba Sitaani okuba mikwano gy'abo abatakkiriza.
- 29. Era buli lwe bakola ebyambyoone, bagamba nti: Twasanga ne bakitaffe nga bwe bakola era Allah y'eyabitulagira. Gamba nti: Mazima Allah talagira byambyoone. Abaffe, mwogera ne ku Allah bye mutamanyi?
- 30. Gamba nti: Mukama wange alagira bwenkanya. Era mussenga nnyo emyoyo gyammwe *ku kiseera ne* ku buli kifo ekisinzibwamu era mumusabenga nga muli

قَدَ للهُ مَا بِغُرُوْدٍ ، فَلَقَا ذَا قَا الشَّجَرَةَ بَدَ ثَلَهُ مَا مِغُرُوْدٍ ، فَلَقَا ذَا قَا الشَّجَرَةَ عَلَيْهِ مَا مِنْ وَرَقِ الْجَنَّةِ ، وَ نَا دِّ هُمَا رَبُّهُ مَا اَكُمَا اَنْهَا مُنَا عَنْ تِلْكُمَا الشَّجَرَةِ وَ اَقُلْ لَكُمَا إِنَّ الشَّيْطُنَ لَكُمَا الشَّجَرَةِ مُويْنُ اللَّهُ مَا الشَّيْطُنَ لَكُمَا عَدُوَّ مُويْنُ اللَّهُ مَا الشَّيْطُنَ لَكُمَا عَدُوَّ

قَالَارَبَّنَاظَلَمْنَآانَهُ سَنَاءِ وَإِنْ لَمُرَّنَغُهِرُ لَنَا وَتَرْحَمْنَالَئَكُوْنَتَّ مِنَ الْخُسِرِ بُنَ ﴿ قَالَ اهْبِطُوْا بَعْضُكُمْ لِبَعْضٍ عَدُوُّ \* وَ لَكُمْ فِي الْاَرْضِ مُشَنَقَرُّ وَّ مَتَاعٌ إِلَىٰ حِيْنِ۞

قَالَ فِيهَا تَحْيَوْنَ وَنِيْهَا تَمُوْتُوْنَ وَ غِ مِنْهَا ثُخْرَجُوْنَ۞

يَبَنِيْ اَدَمَ قَدْ آنْزَلْنَا عَلَيْكُمْ لِبَاسًا يُبُوَارِيْسَوْارِكُمْ وَرِيشًا وَ لِبَاسُ التَّقُوٰی وَلَكَ خَيْرُ وَلِكَ مِنْ الْبِ اللهِ لَعَلَّهُمْ مَيْذَكُمُ الشَّيْطُنُ كُمَّا لِبَنِيْ اَدَمَ لَا يَفْتِنَنَّكُمُ الشَّيْطُنُ كُمَّا آخْرَجُ آبُوْيُكُمْ مِّنَ الْجَنَّةِ يَنْزُعُ عَنْهُمَا لِبَاسَهُمَا لِيُرِيهُمَاسُوْارِهِمَا الْخَدَرَجُ آبُوْيُكُمْ وَقَيْيَلُهُ مِنْ حَيْثُ إِنَّهُ مَيْلُهُمَا لِلْكُمْهُو وَقَيْيَلُهُ مِنْ حَيْثُمَا الشَّيْطِيْنَ ارْبَاءً لِلَّا يَعْمُدُ وَقَيْمِنُونَ فَى الْمَنْفِيدَةُ الشَّيْطِيْنَ ارْبِياً عَلِلْكُورْمِنُونَ فَى الْمُؤْمِنُونَ فَى الْمُنْفَالِينَ السَّيْطِيْنَ

وَ إِذَا فَعَلُوا فَاحِشَةً قَالُوا وَجَدْنَا عَلَيْهَا أَبَاءَنَا وَاللّهُ اَصَرَنَا بِهَا وَكُوْلُ إِنَّ اللّهُ لَا يَكُولُ إِنَّ اللّهُ لَا يَامُو بِالْفَحْشَاءِ اللّهُ لُوْنَ عَلَى اللّهِ مَا لَا تَعْلَى اللّهِ مَا لَا تَعْلَى اللّهِ مَا لَا تَعْلَمُونَ فَنَ

قُلْ آمَرَ رَبِّيْ بِالْقِسْطِ سَ وَ اَقِيْمُوْا وُجُوْهَكُمْ عِنْدَ كُلِّ مَشْجِدٍ وَادْعُوهُ bamalirivu ku lulwe mu ddiini. Engeri gye yabatandikamu era gye muliddamu gy'ali.

- 31. Abamu yabalung'amya n'abalala nebakakatako obubuze *olw'okubanga* baatwaala ba Sitaani okuba ab'emikwano ebbali wa Allah era nebalowooza nti olwo ddala balung'amye.
- 32. Abange mmwe abaana ba Ādamu, mutwalenga ebyewundo byammwe eri buli muzigiti era mulye era munywe, naye temudiibuudanga; mazima Ye tayagala badiibuuzi.

#### Ruku 4

- 33. Gamba nti: Ani yawera ebyewundo bya Allah ebyo bye yaggyirayo abaweereza be n'ebirongoofu mu bigabulwa? Gamba nti: Ebyo by'abo abakkiriza, mu bulamu bwooku nsi, *n'abalala*; naye *biriba* byabwe bokka ku lunaku lw'okuzuukira. Bwe tutyo tuttottola okulabula eri abantu abamanyi.
- 34. Gamba nti: Mazima Mukama wange bye yawera by'ebyambyoone eby'olwaatu mu byo n'ebyenkiso n'ebibi, n'okujeema awatali nsonga, nammwe okwenkanyankanya ebirala ne Allah ebyo byatassizangako bukakafu bwonna, nammwe okwogera ku Allah bye mutamanyi.
- 35. Era buli bantu balina entuuko. Kale entuuko yaabwe bw'etuuka, tebayinza kwerwiisa mabega wadde essaawa,wadde okugiyitako.
- 36. Abange mmwe abaana ba Ādamu, bwe mutuukibwangako Abatume nga bava mu mmwe okubasomera Aya zange, kale oyo alitya Allah n'akola ebirungi, kale abo tebaliba na kutya kwonna wadde tebalinakuwala.
- 37. Naye abo abalimbisa Aya zaffe nebazeekulumbalizaako, abo nno be bantu b'omu muliro; bo mu gwo mwe balibeera.
- 38. Kale ani asinga obukyaamu kw'oyo apaatiika ku Allah eby'obulimba oba alimbisa

مُخْلِصِيْنَ لَهُ الرِّيْنَ لِأَكْمَا بَدَاكُمْ تَعُوْدُوْنَ أَنِي

فَرِيْقًا هَدَى وَ فَرِيْقًا حَقَّ عَلَيْهِمُ الطَّيْلِيَةُ الصَّيْطِيْنَ الصَّيْطِيْنَ الصَّيْطِيْنَ الصَّيْطِيْنَ اللهِ وَيَحْسَبُوْنَ اللهِ وَيَحْسَبُونَ اللهِ وَيَحْسَبُونَ اللهِ وَيَحْسَبُوْنَ اللهِ وَيَحْسَبُونَ اللهِ وَيَحْسَبُونَ اللهِ وَيَحْسَبُونَ اللهِ وَيَحْسَبُونَ اللهِ وَيَحْسَبُونَ اللهِ وَيَحْسَبُونَ اللهُ وَيَعْلَمُ اللَّهُ وَيَعْلَمُ اللَّهُ وَيَعْلَمُ اللَّهُ وَيَعْلَمُ اللَّهُ وَيَعْلَمُ اللَّهُ وَيْعَالِمُ اللَّهُ وَيَعْلَمُ اللَّهُ وَيَعْلَمُ اللَّهُ وَيَعْلَمُ اللَّهُ وَيَعْلَمُ اللَّهُ عَلَيْكُونَ اللّهُ وَيَعْلَمُ اللّهُ وَيَعْلَمُ اللّهُ وَيَعْلَمُ اللّهُ عَلَيْكُ اللّهُ اللّهُ

لِبَنِيَ أَدَمَ خُذُوا زِيْنَتَكُمْ عِنْدَكُلِّ مَسْجِدٍ وَّكُلُوا وَاشْرَبُواوَلَا تُسْرِفُواءَ إِلَّا لَكُ لَا يُحِبُّ الْمُسْرِفِيْنَ ﴿

قُلُمَنْ حَرَّمَ زِيْنَةَ اللهِ الَّتِيَّ آخْرَجَ لِحِبَادِهِ وَالطَّيِّبُتِ مِنَ الرِّزْقِ وَقُلْ هِيَ لِلَّذِيْنَ امَنُوا فِ الْجَيْوةِ الدُّنْيَا خَالِصَةً يَوْمَ الْقِيْمَةِ ﴿كَذَٰلِكَ نُفَصِّلُ الْأَيْنِ لِقَوْمِ يَعْلَمُوْنَ ۞

قُلُ اِنَّمَا حَرَّمَ رَيِّ الْفَوَاحِشَ مَا ظَهَرَ مِنْهَا وَمَا بَطَنَ وَالْرِ ثُمَ وَالْبَغْيَ بِخَيْرِ الْحَقِّ وَآنَ تُشْرِكُوا بِاللهِ مَالَمْ يُنَزِّلُ بِهِ سُلْطُنًا وَآنَ تَقُولُوا عَلَى اللهِ مَا لَا تَعْلَمُونَ ۞

وَلِكُلِّ اُمَّةٍ اَجَلُ مِ فَإِذَا جَآءَ اَجَلُهُمْ لَا يَسْتَأْخِرُوْنَ سَاعَةً وَلاَ يَسْتَقْدِمُوْنَ ۞ يَسْتَأْخِرُوْنَ سَاعَةً وَلاَيَسْتَقْدِمُوْنَ ۞ يَبْنِيَ اذَهَ اِمّاً يَاتِينُكُمْ رُسُلُ مِّنْكُمْ يَعْضُونَ عَلَيْكُمْ الْيَرِيْ الْمُنْ وَيَعْضُونَ عَلَيْكُمْ الْيَرِيْ الْمُنْ وَيَعْضُ فَمَنِ النَّقْلِ وَيَعْضُونَ عَلَيْهِمْ وَ لَا هُمْ الْمُنْزُنُونَ ۞ يَحْزَنُونَ ۞

وَ الَّذِيْنَ كَذَّبُوا بِالْتِنَا وَ اسْتَكْبَرُوْا عَنْهَا أُولِئِكَ مَثْمَ فِيْهَا عَنْهَا أُولِئِكَ آصُحْبُ النَّارِءَ هُمْ فِيْهَا النَّارِءَ هُمْ فِيْهَا النَّارِءَ هُمْ فِيْهَا

مَوْمُ رُكُنَّ قَمَنُ ٱظْلَمُ مِمَّنِ افْتَرَى عَلَى اللهِ كَذِبًا ٱوْكَذَّبَ بِأَيْتِهِ الْوَلْيِكَ يَنَا لُهُمْ Aya ze? Abo be balituukibwako omutemwa gwabwe okusinziira ku kiragiro, okutuusa awo nga batuukiddwako Ababaka baffe okubafiisa, bagambe nti: Baluwa abo be mwawanjagiranga ebbali wa Baliddamu nti: Batwabulidde. Era balyewaako bokka obujulizi nti ddala baali batakkiriza.

39. Aligamba nti: Kale muyingire mu muliro n'emigigi egyayita olubereberye lwammwe mu Majinni n'abantu. Buli kibinja ekiriyingiranga kirikolimiranga kinnaakyo, okutuusa bonna lwe baliguggweeramu, ab'oluvannyuma lwabwe balyoogera ku b'olubereberve lwabwe nti: Mukama waffe, bano be baatubuza, kale bawe ekibonerezo ky'omuliro enfunda nnyingi. Allah aligamba nti: Buli omu mu mmwe waakubonerezebwa enfunda nyingi, naye mmwe temumanyi.

40. Era ab'olubereberye lwabwe baligamba ab'oluvannyuma lwabwe nti: Nammwe temwalina kye mwatusinzangako; kale muloze ku kibonerezo olw'ebyo bye mwakolanga.

#### Ruku 5

41. Mazima abo abalimbisa *obubonero* bwaffe era ne babwekulumbalizaako, tebaliggulirwawo nzigi za ggulu era tebaliyingira mu Janna okutuusa eng'amira lw'eriyita mu nnyindo y'empiso. Era bwe tutyo bwe tusasula aboononyi.

- 42. Balifuna ebyeyalirwa eby'omuliro, nga ne waggulu waabwe eriyo ebibikka eby'omuliro. Era bwe tutyo bwe tusasula aboonoonyi.
- 43. Naye abo abakkiriza era nebakola ebikolwa ebirungi-anti tetuzitoowereza muntu yenna wabula nga okusobola kwe bwe kuba—abo be bantu b'omu Janna, bo mu yo mwe balibeera.
- 44. Era tulibaggyamu effutwa lyonna eliri mu bifuba byabwe. Emigga girikulukuta wansi waabwe. Era baligambanti: Amatendo gonna ga Allah Oyo atulung'amizza eri bino, era tetwalisobodde kulung'ama singa Allah teyatulung'amya. Ddala Ababaka ba Mukama waffe baaleeta mazima. Era kirirangirirwa gye bali nti: Y'eno e Janna gye musikiziddwa

نَصِيْبُهُمْ مِنَ الْكِتْبِ وَ كُتِّي إِذَا حَاءَتْهُمْ دُسُلُنَا يَتَوَفَّوْنَهُمْ اقَالُوٓا آيْنَ مَا كُنْتُمْ تَدْعُوْنَ مِنْ دُوْنِ اللهِ وَ قَالُوْ إِ ضَلُّوا عِنَّا وَ شَهِدُوْا عَلْ ٱنْفُسِهِمْ ٱنَّهُمْكَانُوْ ٱلْفِرِيْنَ ۞ قَالَ ادْخُلُوا فِي آُمُمِ قَدْ خَلَتْ مِنْ قَبُلِكُمْ مِّنَ الَّجِيِّ وَالْإِنْسِ فِي التَّارِدِ ادَّارَكُوا فِيهَا جَمِيْعًا \* قَالَتْ أَخُا مِهُمْ لِأُوْلِيهُمْ رَبُّنَا هَوُلاءَ آضَتُوْنَا فَاتِهِمْ عَذَابًا ضِعْفًا مِّنَ النَّارِ \* قَالَ لِكُلُّ ضِعْفُ وَّلْكِنْ لَا تَعْلَمُوْنَ 🕾 وَ قَالَتُ ٱوْلِيهُ مُلِأَخْرِيهُ مُ فَمَا كَانَ لَكُمْ عَلَيْنَا مِنْ فَضْلِ فَذُوْثُوا الْعَذَابَ بِمَا

﴿ كُنْتُمْ تَكْسِبُونَ ۗ ﴾

راتً الَّذِينَ كُذَّ بُوْا بِالْبِينِيَا وَاسْتَكُبُرُوْا عَنْهَا لَا تُفَتَّحُ لَهُمْ آبُوَابُ السَّمَآءِ وَلَا يَدْخُلُوْنَ الْجَنَّةَ كَتَّى يَلِجَ الْجَمَلُ فِي سَمِّر الْخِيَاطِ وَكَذٰلِكَ نَجْزِى الْمُجْرِمِيْنَ ۞ لَهُمْ مِّنْ جَهَنَّمَ مِهَادً وَّ مِنْ فَوْقِهِمْ غَوَاشِ و كَذْ لِكَ نَجْزِى الظَّلِمِيْنَ ﴿ وَالَّذِينَ أَمَنُوا وَعَمِلُوا الصَّلِحْتِ لَا نُكِلِّفُ نَفْسًا إِلَّا وُسْعَهَ آزاُ وَلَيْكَ آصْحُبُ الْجَنَّةِء هُمْ فِيْهَا خُلِدُوْنَ وَنَزَعْنَامَا فِيْ صُدُورِ هِـمُةِنْ غِيِّلَ

تَجْرِيْ مِنْ تَحْتِهِمُ الْأَنْهُ رُو قَالُوا الْحَمْدُ يِلْهِ الَّذِيْ هَدْ مِنَا لِهِذَاسِرَ مَا كُنَّا لِنَهْتَدِي لَوْكَ آنَ هَذِ مِنَا اللَّهُ ، كَقَدْ جَآءَتْ رُسُـ لُ رَبِّنَا بِالْحَقِّ ﴿ وَ

olw'ebyo bye mwakolanga.

- 45. Era abantu b'omu Janna balikoowoola abantu b'omu muliro nti: Mazima ffe tumaze okusanga ekyo ekyatusuubizibwa Mukama waffe nga kituufu. Abaffe, nammwe mumaze okusanga ekyabasuubizibwa Mukama wammwe nga kituufu? Baliddamu nti: Yee. Olwo omulanzi alirangirira wakati waabwe nti: Ekikolimo kya Allah kibe ku bantu aboononefu —
- 46. Abo abeekiika mu kkubo lya Allah nga balyagaliza obukyaamu; era bo n'enkomerero tebagikkiriza.
- 47. Era wakati waabwe walibaawo ekyawulawo, ne mu bifo ebiri waggulu eribaayo abantu abalimanya buli bamu olw'obulambe bwabwe. Era balikoowoola abantu b'omu Janna nti: Emirembe gibeere ku mmwe. *Abalikowoola* baliba tebannagiyingira naye nga balina essuubi.
- 48. Era amaaso gaabwe bwe galikyuusibwa okwolekera eri abantu b'omu muliro, baligamba nti: Mukama waffe, totussa wamu na bantu boonoonefu.

#### Ruku 6

- 49. Era abaliba mu bifo ebya waggulu balikoowoola abantu be balimanya olw'obulambe bwabwe, bagambe nti: Obungi bwammwe tebwabagasa wadde okwekulumbaza kwammwe!
- 50. Abaffe, bano be mwalayirirangako nti Allah talibatuusaako kusaasira? *Wamma* muyingire mu Janna, tewali kutya kwonna ku mmwe wadde temujja kunakuwala.
- 51. Era abantu b'omu muliro balikoowoola abantu b'omu Janna nti: Mutuyiweeko ku mazzi oba *mutuweeko* kw'ebyo Allah by'abagabudde. Baligamba nti: Mazima byombiriri Allah yabiziyiza eri abajeemu —

نُوْدُوْاآن تِلْكُمُ الْجَنَّةُ أُوْرِثْتُمُوْهَا لَيِّ بِمَاكُنْتُمُ تَعْمَلُوْنَ۞ وَنَاذَى آصَحْبُ الْجَنَّةِ آصَحْبَ النَّالِ

وَ نَا ذَى آصَحْبُ الْجَنَّةِ آصَحْبُ النَّارِ
آنَ قَدْ وَجَدْنَامَا وَعَدَنَا رَبُّنَا حَقًّا
فَهَلُ وَجَدْ تُنْمَ مَّا وَعَدَ رَبُّكُمْ حَقًّا وَعَدَ رَبُّكُمْ حَقًّا وَعَدَ رَبُّكُمْ حَقًّا وَعَدَ رَبُّكُمْ حَقًّا وَقَالُوا نَعَمْ وَقَالًا المَّلِيمِينَ فُي مَنْ الظَّلِمِينَ فُي النَّالِ عَلَى الظَّلِمِينَ فُي

الذين يَصُدُّوْنَ عَنْ سَبِيْلِ اللهِ وَ يَبْغُوْ نَهَا عِوَجَّاءِ وَ هُمْ بِالْأَخِرَةِ ﴿ خُفِرُوْنَ۞

وَ بَيْنَهُمَا حِجَابُهِ وَ عَلَى الْاَعْرَافِ رِجَالُ يَعْرِفُونَ كُلًا بِسِيْمُهُمْهُ وَنَادَوْا اَصْحٰبَ الْجَنَّةِ اَنْ سَلْمٌ عَلَيْكُمْ سَلَمْ يَدْخُلُوْهَا وَهُمْ يَطْمَعُوْنَ۞

وَإِذَاصُرِفَتُ آبْصَارُهُمْ رِتِثَقَآءَ اَصْحٰبِ النَّارِدِقَا لُوْارَبَّنَالَا تَجْعَلْنَامَعَ الْقَوْمِ عُ الظَّلِمِيْنَ شُ

رَ نَاذَى آصْحُبُ الْآعْرَافِ رِجَالًا يَعْرَافِ رِجَالًا يَعْرَفُونَهُمْ يِسِيْمُمهُمْ قَالُوْا مَآ آغْنَى عَنْكُمْ جَمْعُكُمْ وَ مَا كُنْتُمْ تَسْتَكْمِرُوْنَ۞

ٱۿٓؤُلَآءِ الَّذِينَ ٱقْسَمْتُمْ لَا يَنَا لُهُمُ اللهُ بِرَحْمَةٍ الْاحْدُلُواالْجَنَّةَ لَاخَوْفُ عَلَيْكُمْ وَلَآ اَنْتُمْ تَحْزَنُونَ ۞

وَ نَا ذَى اَصْحُبُ النَّارِ اَصْحُبَ الْجَنَّةِ
اَنْ اَفِيْضُوا عَلَيْنَا مِنَ الْمَاءِ اَوْ مِمَّا
دَرَ قَكُمُ اللَّهُ وَقَالُوۤ اللَّهَ عَرَّمَهُمَا
عَلَ الْكُفِرِيْنَ اللَّهُ عَلَى الْكُورِيْنَ اللَّهُ عَرَّمَهُمَا
عَلَ الْكُفِرِيْنَ اللَّهُ عَلَى اللَّهُ عَرَّمَهُمَا

- 52. Abo abaatwalanga eddiini yaabwe nga eky'okwegayaaza era ng'omuzannyo, obulamu bw'ensi ne bubabuzaabuza. Kale olwa leero tujja kubasuulirira nga nabo bwe beerabira okusisinkana kw'olunaku lwabwe luno, n'olwokubanga baagaana mu bugenderevu obubonero bwaffe.
- 53. Era mazima tubaleetedde Ekitabo kye tuttottodde mu bumanyi, nga bwe bulung'amu era nga kwe kusaasira eri abantu abakkiriza.
- 54. Abaffe, balindayo *ekirala* okuggyako okutuukirira kwa kyo? Olunaku lw'okutuukirira kwa kyo bwe lulituuka, baligamba abo abaakyerabira olubereberye nti: Ddala Ababaka ba Mukama waffe baaleeta mazima. Naye abaffe, tulinayo ku bawolereza batuwolerezeko? Oba tuzzibweyo tulyooke tukole ebitali ebyo bye twakolanga? Mazima beefiiriza bokka era n'ebyo bye baali bajingajinga biribaabulira.

- 55. Mazima Mukama wammwe ye Allah Oyo eyatonda eggulu n'ensi mu biseera omukaaga n'oluvannyuma n'atebenkera ku Nnamulondo. Asaanikiza ekiro ku misana nekigugoberera ku mbiranye *era y'eyatonda* enjuba n'omwezi n'emmunyeenye ebyassibwa ku kuweereza olw'okulagira kwe. Mwetegereze, okutonda n'okulagira bibye. Nannyini mikisa ye Allah, Omulezi w'ebitonde byonna.
- 56. Musabenga Mukama wammwe mu kwetoowaza ne mu kyaama, mazima Ye tayagala basukka kigero.
- 57. Era temutabulatabulanga mu nsi oluvannyuma lw'okutereera kwa yo, era mumusabenga n'okutya n'essuubi. Mazima okusaasira kwa Allah kuli kumpi nnyo n'abakozi b'ebirungi.
- 58. Era Ye y'Oyo aweereza empewo okuwa amawulire ag'essanyu agakulembera okusaasira kwe, okutuusa lwe zeetikka ebire ebizito, netubisindika eri ensi enfu, olwo netutonnyesa ku yo amazzi, kale netugamezesesa ebibala ebya buli ngeri. Bwe tutyo nno bwe tuzuukiza n'abafu, mulyooke mufumiitirize.

رَقَّ رَبُّكُمُ اللهُ الَّذِيْ خَلَقَ السَّمُوْتِ وَ الْآرَضَ فِيْ سِتَّةِ آيَّامِ ثُمَّ اسْتُوْى عَلَى الْكَثَمُ اسْتُوْى عَلَى الْكَثَمُ اسْتُوْى عَلَى الْكَثَمُ النَّهَارَ يَطْلُبُهُ وَلَمَ الْعَرْشِ وَيُغْشِى الْكَثَلُ النَّهَارَ يَطْلُبُهُ وَمَ حَيْمَةً النَّهُ وَالْقَمَرَ وَالنَّجُوْمَ الْكَثَمُ وَالْقَمَرَ وَالنَّبُورَةِ وَالْقَمَرَ وَالنَّجُومَ الْكَثَمُ وَالْقَمَرُ وَالنَّهُ وَالنَّهُ وَالنَّهُ وَالْمَالِمَ يُنَ فَى الْعَلَمِينَ فَى الْعَلَمِينَ فَى الْمَالُولُونَ فَى الْمَالُولُونَ فَى الْمُعْتَدِينَ فَى الْعَلْمَ اللّهُ الْمُعْتَدِينَ فَى الْمُعْتَدِينَ فَى الْمُعْتَدِينَ فَى اللّهُ اللّهُ اللّهُ عَلَيْدَ اللّهُ الللّهُ الللّهُ اللّهُ اللّهُ الللّهُ اللّهُ الللّهُ الللّهُ اللّهُ اللّهُ

وَ لَا تُفْسِدُوْا فِي الْأَرْضِ بَعْدَ إِصْلَاحِهَا وَاذْ عُوْهُ خَوْقًا وَّ طَمَعًا اللهِ وَهُمَتَ اللهُ عُسِنِيْنَ ﴿ وَهُمَتَ اللهُ عُسِنِيْنَ ﴿ وَهُمَتُ اللهُ عُسِنِيْنَ ﴿ اللهُ عُسِنِيْنَ ﴿ اللهُ عُسِنِيْنَ ﴿ اللهُ عُلَا اللّهِ اللهُ اللّهُ المَوْتُ التَّمَرُ حِدَ المَوْتُ الْعَلَا اللّهُ اللّهُ اللّهُ المَوْتُ الْعَلَا اللّهُ اللّهُ اللّهُ المَوْتُ الْعَلَا اللّهُ المَوْتُ الْعَلَا اللّهُ الْمَوْتُ الْعَلَا اللّهُ الْمَوْتُ الْعَلَا اللّهُ اللّهُ اللّهُ اللّهُ المَوْتُ الْعَلَا اللّهُ الْمَوْتُ الْعَلَا اللّهُ الللّهُ اللّهُ اللّهُ اللّهُ اللّهُ اللّهُ اللّهُ اللّهُ اللّهُ اللّهُ الل

59. Era n'ettaka eddungi ebisimbe bya lyo bimera lwa kulagira kwa Mukama wa lyo. N'eryo ebbi, terimerako okuggyako eby'omuswaaba. Bwe tutyo nno bwe tukyuusakyuusa obubonero eri abantu abeebaza.

#### Ruku 8

- 60. Mazima twatuma Nūhu eri abantu be n'abagamba nti: Abange, musinze Allah, temulinaayo musinzibwa mulala okuggyako Ye. Mazima nze mbatiisa ekibonerezo ky'olunaku olw'entiisa.
- 61. Abakungu b'omu bantu be nebagamba nti: Mazima ffe tukulaba nga oli mu kubula kwa lwaatu.
- 62. N'agamba nti: Bannange, sirina kubula kwonna, wabula ndi Mubaka ava eri Omulezi w'ebitonde byonna—
- 63. Mbatuuseeko obubaka bwa Mukama wange n'okubabuulirira, era mmanyi okuva eri Allah mmwe bye mutamanyi.
- 64. Abaffe, mwewuunya olw'okutuukibwako okubuulirira okuva eri Mukama wammwe nga kuyita ku muntu ava mu mmwe abalabule era mulyooke mutye Allah era mulyooke musaasirwe?
- 65. Kale baamulimbisa, netumuwonya n'abo abaali awamu naye mu kyombo, netusaanyaawo abo abaalimbisa obubonero bwaffe. Mazima ddala baali bantu abatalaba.

#### Ruku 9

- 66. N'eri aba 'Ādi *twatumayo* muganda waabwe Hūdu, n'agamba nti: Abange, musinze Allah, temulinaayo musinzibwa mulala okuggyako Ye. Abaffe, temuutye Allah?
- 67. Abakungu b'abo abatakkiriza mu bantu be ne bagamba nti: Mazima ffe tukulaba nga oli mu bya busirusiru era ddala tukakasa nti oli mu balimba.
- 68. N'agamba nti: Abange, nze sirina bya busiru, wabula ndi Mubaka ava eri Omulezi w'ebitonde byonna—

وَالْبَكُدُالطَّيِّبُ يَخْرُجُ نَبَا ثُكَ بِإِذْ نِ رَبِّهِ \* وَ الَّذِيْ خَبُثَ لَا يَخْرُجُ إِلَّا تَكِكُا الْكَذٰلِكَ نُصَرِّفُ الْأَيْتِ لِقَوْمِ غُ يَشْكُرُونَ۞

لَقَدْ آرْسَلْنَا نُوهَا رالى قوْسِهِ فَقَالَ يَقَوْمِهِ فَقَالَ يَقَوْمِهِ فَقَالَ يَقَوْمِهِ فَقَالَ يَقَوْمِ أَكُمْ مِّنْ رائِمِ فَكَيْرُكُو مِ الْآيَ آخَافُ عَلَيْكُمْ عَذَابَ يَوْمِ عَظِيْمِ ©
يَوْمِ عَظِيْمٍ ©

قَالَ الْمَلَأُمِنْ قَوْمِهِ إِنَّالُنَا مِكَ فِيْ ضَلْلٍ مُّبِيْنٍ ۞

قَالَ لِقَوْمِ لَيْسَ بِيْ ضَلْلَةُ وَلَكِنِيْ رَسُولَ مِّنْ رَبِّ الْعُلُمِيْنَ ﴿ اُبَلِّعُكُمْ رِسْلَتِ رَبِّيْ وَ انْصَحُ لَكُمْ وَاعْلَمُونَ اللّٰهِ مَالا تَعْلَمُونَ ﴿ اَوَعَجِبْتُمْ اَنْ جَالَا تُكْمَدُ كُرُمِّنْ رَبِّكُمْ عَلْى رَجُلِى مِتْنَكُمْ لِلْيُنْذِ رَكُمْ وَ

فَكَذَّ بُوهُ فَأَنْجَيْنُهُ وَالَّذِيْنَ مَعَهُ فِ الْفُلُكِ وَ آغْرَ قُنَا الَّذِيْنَ كُذَّ بُوا ﴿ بِأَيْرِتِنَا مِلِ تَهُمْ كَانُوا قَوْمًا عَمِيْنَ ۞

لِتَتَقُوْا وَلَعَلَّكُمْ تُرْحَمُوْنَ ٠

وَ إِلَى عَادٍ آخَاهُمْ هُوْدًا وَالَ يَقَوْمِ اعْبُدُوا اللهِ اعْبُدُوا اللهِ مَا لَكُمْ رَمِّنَ إِلْهِ عَيْرُهُ وَاللهِ عَيْرُونُ وَاللهِ عَيْرُونُ وَاللهِ عَيْرُونُ وَاللهِ عَيْرُونُ وَاللهِ عَيْرُونُ وَاللهِ عَيْرُهُ وَمِنْ اللهِ عَيْرُونُ وَاللهِ عَيْرُونُ وَاللّهُ وَعَيْرُونُ وَاللّهُ وَعَلَيْكُونُ وَاللّهُ وَعَلَّهُ وَعَلَيْكُمُ وَعَلَيْكُونُ وَاللّهُ وَعَلَيْكُونُ وَاللّهُ وَعَلَّهُ وَاللّهُ وَعَلَّهُ وَاللّهُ وَعَلَّهُ وَعَلَّهُ وَاللّهُ وَعِلْمُ وَاللّهُ وَاللّهُ وَاللّهُ وَاللّهُ وَعَلّهُ وَاللّهُ وَعَلّهُ وَاللّهُ وَاللّهُ وَعَلَّمُ وَلَهُ وَيْكُونُ وَاللّهُ وَالْكُونُ وَلِي اللّهُ وَاللّهُ وَلّهُ وَاللّهُ وَاللّ

قَالَ الْمَلَاُ الَّذِينَ كَفَرُوْا مِنْ قَوْمِهَ إِنَّا لَنَزْمِكَ فِي سَفَا هَةٍ وَّرَاثًا لَنَظُنُكَ مِنَ الْكَذِبِيْنَ

قَالَ لِقَوْمِ لَيْسَ بِيْ سَفَاهَةً وَّ لَكِنِيْ رَسُولُ مِّنْ رَّتِ الْعُلَمِيْنَ ۞

- 69. Mbatuuseeko obubaka bwa Mukama wange era nze ndi Mubuulirizi omwesigwa gye muli.
- 70. Abaffe, mwewuunya olw'okubanga mutuukiddwako okubuulirira okuva eri Mukama wammwe nga kuyita ku muntu ava mu mmwe alyooke abalabule? Naye mujjukire nga bwe yabafuula abasika oluvannyuma lw'abantu ba Nūhu era n'abongera ekiwago mu nkula. Kale mujjukire ebyengera bya Allah, mulyooke muganyulwe.
- 71. Ne bagamba nti: Owange, otujjiridde tulyooke tusinze Allah omu *bw'ati* era tulekeyo ebyo bakitaffe bye baasinzanga? Kale tuleetere ebyo by'otutiisatiisa nabyo, obanga oli mu b'amazima.
- 72. N'agamba nti: Mazima mumaze okugwibwako ekibonerezo n'obusungu obuva eri Mukama wammwe. Abaffe, mumpakanya olw'amannya obunnya ge mwatuuma, mmwe ne bakitammwe, Allah g'atassangako bukakafu bwonna? Kale mulindirire, nange ndi wamu n'abo abalinda.
- 73. Kale twamuwonya wamu n'abo be yali nabo olw'okusaasira okuva gye tuli, era netukutula omulandira gw'abo abaalimbisa obubonero bwaffe, era tebaali bakkiriza.

74. N'eri aba Thamūda *twatumayo* muganda waabwe Swālehe, n'agamba nti: Abange, musinze Allah, temulinayo musinzibwa mulala okuggyako Ye. Mazima mumaze okutuukibwako obukakafu obw'olwaatu okuva eri Mukama wammwe. Eng'amira ya Allah enkazi yiino, nga kabonero gye muli, kale mugireke erye mu nsi ya Allah, era temugituusangako kabi konna, si kulwa nga mukwatibwa ekibonerezo ekirumya.

75. Era mujjukire nga bwe yabafuula abasika oluvannyuma lw'abantu ba 'Adi era n'abawa obubudamo mu nsi, nemuzimba embiri ku miseetwe gya yo, nemuwookoola amayumba mu nsozi. Kale mujjukire ebyengera bya Allah era temujagalalanga mu nsi *ne muba* abatabuzitabuzi.

بَلِّغُكُمْ دِسْلْتِ رَبِّيْ وَآنَا لَكُمْ نَاصِحُ مِيْنُ۞ بِينَ

اَوَعَجِبْتُهُانَ جَاءَكُهُ ذِكُرُمِّنَ رَّتِكُمْ عَلَى
رَجُلِ مِّنْكُمْ لِيُنْذِرَكُمْ وَاذْ كُرُوَّالَاذْ
جَعَلَكُمْ خُلَفًا مِنْ بَعْدٍ قَوْمِ نُوْمِ وَ
زَاحَكُمْ فِي الْخَلْقِ بَصْطَةً مَ فَاذْكُرُوَا
الْرَءَاللهِ لَعَلَّكُمُ تُقْلِحُونَ ﴿

قَالُوْ آاجِئْتَنَالِنَعْبُدَا سُلَّهُ وَهُدَةُ وَنَذَرَ مَا كَانَ يَعْبُدُا بَاؤُنَاءَ فَأْتِنَا بِمَا تَعِدُ نَآلِانُ كُنْتَ مِنَ الصَّدِقِيْنَ ۞ قَالَ قَدْوَقَعَ عَلَيْكُمْ مِّنْ رَبِّكُمْ رِجْسُ وَ غَضَبٌ مَ اَتُجَادِلُوْنَنِيْ فِي آسْمَاعِ سَمَّيْتُمُوْهَا آنْتُمْ وَ ابَاؤُكُمْ مَّا نَزَّلَ اللهُ بِهَا مِنْ سُلْطِنٍ مِنَاثَتُطُرُوْا إِنِّيْ

مَعَكُمْ مِّنَ الْمُنْتَظِرِ بَنَنَ ۞ فَانْجَيْنُهُ وَالَّذِيْنَ مَعَهُ بِرَحْمَةٍ مِّنَّا وَقَطَعْنَا دَابِرَالَّذِيْنَ كَذَّ بُوْا بِالْيَسِنَا ﴿ وَمَا كَا نُوْا مُؤْمِنِيْنَ ۞

﴿ وَالْ ثَمُوْدَ آخَاهُمُ صَلِمًا مِقَالَ يَقَوْمِ اعْبُدُوا الله مَا لَكُمْ مِنْ الْهِ عَيْرُهُ ا قَدْ جَاءَ تُكُمْ بَيِّنَةً مِّنَ آيِّكُمْ الْهِ عَيْرُهُ ا نَاقَةُ اللهِ لَكُمْ البَةً فَذَرُوْهَا تَاكُلُ فَيَا شُو وَ لا تَمَسُّوْهَا بِسُوْءِ فَيَا شُذَ كُمْ عَذَا بُ اللهُمُ اللهِ

وَاذْكُرُوَ الذَّجَعَلَكُمْ خُلَفَا ءَمِنَ بَعْدِ عَادٍ وَ بَوْ الذَّجَعَلَكُمْ خُلَفَا ءَمِنَ بَعْدِ عَادٍ وَ بَوْ الْخَرُونَ عَلَيْ فَرُنَ الْحَبَالَ مِنْ سُهُولِهَا قُصُورًا وَ تَنْحِتُونَ الْحِبَالَ بُعُورًا وَ تَنْحِتُونَ الْحِبَالَ بُعُورًا وَ تَنْحِتُونَ الْحِبَالَ بُعُورًا الْآءَ اللهِ وَ كَا بَعْدُ وَ لَا تَعْدَوْا فِي الْاَرْضِ مُفْسِدِ يُنَ نَ نَا الْاَرْ فِي مُفْسِدِ يُنَ نَ نَا الْاَرْ فِي مُفْسِدِ يُنَ نَنَ نَا الْاَرْ فِي مُفْسِدِ يُنَ نَنَ نَا الْاَرْ فِي مُفْسِدِ يُنَ نَنَ الْاَرْ فِي مُفْسِدٍ يُنَ نَا الْاَرْ فِي مُفْسِدِ يُنَ نَا اللهُ وَ الْاَرْ فِي مُفْسِدٍ يُنَ نَا اللهُ وَالْوَالِقُونَ الْوَالْمِينَ الْعَلَيْ فَلَيْ الْعَلَيْ فَلَيْ الْعَلَيْ فَالْمُ الْعَلَيْ الْعَلَيْ فَلَيْ الْعَلَيْ الْعَلَيْ فَلْ الْعَلَيْ الْعَلَيْ فَلِي الْعَلَيْ فَلَيْ الْعَلَيْ الْعَلَيْ الْعَلَيْ فَالْعَلَيْ فَا الْعَلَيْ الْعِلَيْ فَا الْعَلَيْ عَلَيْ الْعِلَيْ الْعَلَيْ الْعَلَيْ الْعَلَيْ فَا الْعَلَيْ عَلَيْ الْعَلَيْ عَلَيْ الْعَلَيْ عَلَيْ الْعِلْمُ الْعِلْمُ اللّهُ عَلَيْ الْعَلَيْ عَلَيْ الْعَلَيْ عَلَيْ عَلَيْ الْعَلَيْ عَلَيْ الْعِلْمُ الْعَلَيْ عَلَيْ عَلَيْ الْعَلَيْ عَلَيْ عَلَيْ الْعَلَيْ عَلَيْ الْعِلَيْ عَلَيْ الْعِلْعِلَا عَلَيْ عَلَيْ عَلَيْ عَلَيْ الْعَلَيْ عَلَى الْعِلْمِيْ عَلَيْ عَلَى الْعَلَيْ عَلَيْ عَلَيْ عَلَيْ عَلَيْ عَلَيْ عَلَيْ عَلَيْ عَلَى عَلَيْ عَلَيْ عَلَيْ عَلَيْ عَلَى عَلَيْ عَلَيْ عَلَيْ عَلَيْ عَلَى عَلَى عَلَيْ عَلَيْ عَلَى عَلَيْ عَلَى عَلَيْ عَلَيْ عَلَيْ عَلَيْ عَلَيْ عَلَى الْعَلَيْ عَلَى عَلَى الْعَلَى عَلَى عَلَيْ عَلَى عَلَيْ عَلَى عَلَيْ عَلَى عَلَيْ عَلَى عَلَيْ عَلَى الْعِلْمِ عَلَى عَلَيْ عَلَيْكَاعِلَى عَلَى عَلَيْ عَلَيْكُوا عَلَيْكُونِ الْعَلَيْكُولِ عَلَيْكُونَا عَلَيْكُمْ عَلَيْكُولِ عَلَيْكُونِ عَلَى عَلَيْكُولِ عَلَيْكُونَا عَلَيْكُولِ عَلَيْكُوا عَلَيْكُونَا عَلَيْكُولِ عِلَيْكُولِ عَلَيْكُولِ عَلَيْكُولُ عَلَيْ

76. Abakungu b'abo abeekuluntaza mu bantu be nebagamba abo abateesobola abaali abakkiriza mu bo nti: Abaffe, mumanyidde ddala nti Swālehe yatumwa kuva eri Mukama we? Baddamu nti: Mazima ffe bye yatumwa nabyo tubikkiriza.

77. Abo abeekuluntaza nebagamba nti: Mazima ebyo mmwe bye mukkiriza, ffe tubigaanyi.

78. Olwo eng'amira nebagitemako amagulu, nebajeemera ekiragiro kya Mukama waabwe, nebagamba nti: Owange Swālehe, kale tuleetere ebyo by'otutiisatiisa nabyo, obanga ddala oli mu Babaka.

79. Kale nebakwatibwa musisi, enkeera ne baba mirambo egyevuunise mu maka gaabwe.

80. Kale *Swālehe* yabeesammulako n'agamba nti: Abange, nze mmaze okubatuusaako obubaka bwa Mukama wange era nembabuulirira, naye mmwe temwagala babuulirizi.

81. Ne Lūti, awo bwe yagamba abantu be nti: Abaffe, mukola eky'ekivve ekitakolwanga yenna mu bantu olubereberye lwammwe?

82. Ddala nemugenda eri basajja *banna-mmwe* olw'ebyobwagazi mu kifo ky'abakazi? Mazima muli bantu abasukkiridde obubi!

83. Naye okuddamu kw'abantu be tekwali kulala, wabula baagamba nti: Mubagobe mu kibuga kyammwe, ddala abo be bantu abetukuzatukuza.

84. Kale twamuwonya n'aboomu maka ge, okuggyako mukazi we: ye yali mw'abo abaasigalira.

85. Era netubatonnyesereza enkuba *ey'a-kabi*. Kale laba enkomerero y'aboononyi nga bwe yali!

#### Ruku 11

86. N'eri abe Madiyani, *twatumayo* muganda waabwe Shu'aibu. N'agamba nti: Abange, musinze Allah, temulinayo

قَالَ الْمَلَاُ الَّذِيْنَ اسْتَكُبَرُوْا مِنْ قَوْمِهِ لِلَّذِيْنَ اسْتُضْعِفُوْا لِمَنَ أَمِنَ مِنْهُمْ اَتَعْلَمُوْنَ آنَّ طِلِمًا شُرْسَلُ مِنْهُمْ أَتَعْلَمُوْنَ آنَّ طِلِمًا شُرْسَلَ مِنْهُ تَبِهِ ﴿ قَالُوْا إِنَّا بِمَا أَدْسِلَ بِهِ مُؤْمِنُوْنَ ﴿

قَالَ الَّذِيْنَ اسْتَكُبَرُوْا إِنَّا بِالَّذِيْ المَنْتُمْ بِهِ كُفِرُونَ ۞

فَعَقَرُوا النَّاقَةَ وَ عَتَوَا عَنَ آمَرِ كَرْتِهِمْ وَقَالُوا لِلْسَلِحُ اثْتِنَا بِمَا تَحِدُنَا إِنْ كُنْتَ مِنَ الْمُرْسَلِيْنَ ﴿ وَلَهُ ذَنْهُ مُ النَّهُ فَيْ فَأَنْ يَكُوا فَيْ

فَآخَذَ ثُهُمُ الرَّجْفَةُ فَآصْبَحُوا فِيَ دَارِهِمْجُثِمِيْنَ

فَتُوَلَّى عَنْهُمْ وَ قَالَ يُقَوْمِ لَقَدْ اَيُلَغْتُكُمْ رِسَالَةَ رَتِّيْ وَ نَصَحْتُ لَكُمْوَلْكِنْ لَا تُحِبُّوْنَ النِّصِحِيْنَ۞ وَلُوْطًا إِذْ قَالَ لِقَوْمِهَ آتَا تُوْنَ الْفَاحِشَةَ مَا سَبَقَكُمْ بِهَا مِنْ آخَوْنَ قِنَ الْعُلَمِنْنَ۞

رِ تَكُمْ لِتَا ثُوْنَ الرِّجَالَ شَهُوَةً مِّنْ دُوْنَ ﴿
النِّسَاءِ عَبَلَ آنْنُمْ فَوْمُ مُّسْرٍ فُوْنَ ﴿
وَمَا كَانَ جَوَابَ قَوْمِهَ إِلَّا آنْ قَالُوْآ
آخْدِ جُوْهُمْ مِّنْ قَرْيَتِكُمْ عَلِيَّا لُوْآ
أَنْ اللَّهُ مَا تَتَطَهَّرُونَ ﴿

ڡؙٲؽٛڿؽڹ۠ۿٷٵۿڵۿٙٳڵؖٳٵۿڗٲؾؘۿ<sup>ۻ</sup>ػٵٮؘۜث ڡؚڹٳڷۼۑڔؚؽؽ۞

وَ آمْطَوْنَا عَلَيْهِمْ مَّطَوَّا ﴿ فَانْظُوْ كَيْفَ ﴿ كَانَ عَافِبَتُ الْمُجْرِمِيْنَ۞

وَإِلْ مَدْيَنَ آخَا هُمْ شُعَيْبًا وَالَ يِقَوْمِ اعْبُدُواالله مَا لَكُمْ مِّنْ إِلْهِ غَيْرُهُ و musinzibwa mulala okuggyako Ye. Mazima mumaze okutuukibwako akabonero ak'olwaatu okuva eri Mukama wammwe. Kale mutuukirize ekipimo ne minzaani, era temukendeezanga ku bintu bya bantu, era temuleetanga butabanguko mu nsi ng'emaze okutereera. Ekyo ky'ekisinga obulungi gye muli, bwe muba nga *ddala* muli bakkiriza.

87. Era temuteeganga *bantu* ku buli kkubo nga mubatiisatiisa, era nemuziyiza eri ekkubo lya Allah oyo amukkiriza, nga mulyagaliza libeere kkyaamu. Kale mujjukire nga bwe mwaali abatono *ennyo* naye n'abayingiwaza. Kale mulabe enkomerero y'abatabuzitabuzi nga bwe yali.

88. Era bwe wabangawo ekibiina ekimu mu mmwe ekikkiriza ebyo bye natumwa nabyo, ate nga ekibiina ekirala tekikkiriza, kale mugumiikirize okutuusa Allah lw'alisalawo wakati waffe: Anti Ye y'asinga abalamuzi bonna.

#### Juzu 9

89. Abakungu b'abo abeekuluntazanga mu bantu be baagamba nti: Mazima tujja kukugoba ggwe Shu'aibu n'abo abakkiriza abali awamu naawe mu kibuga kyaffe, oba si ekyo, oteekwa okukomawo mu nzikiriza yaffe. N'agamba nti: Abaffe, ne bwe tunaaba nga tetwagala?

90. Mazima tunaaba twakonjeranga Allah bya bulimba bwe tunaddayo nate mu nzikiriza yammwe, oluvannyuma lwa Allah okugituwonya. Era tekitusaanira nate kugiddamu, okuggyako nga Allah Mukama waffe y'ayagadde. Anti mu kumanya, Mukama waffe yabuna ku buli kimu. Ffe Allah yekka gwe twesiga. Mukama waffe, lamula wakati waffe ne bannaffe mu mazima, anti Ggwe osinga abalamuzi bonna.

91. Era abakungu b'abo abatakkiriza mu bantu be baagamba nti: Bwe munaagoberera Shu'aibu, olwo nammwe ddala mujja kuba mw'abo ab'okufaafaaganirwa. قَدْ جَاءَ ثَكُمْ بَيِتَنَةً مِّنْ رَّ بِكُمْ فَاوَفُوا الْكَيْلُ وَالْمِيْزَانَ وَلَا تَبْخَسُواالتَّاسَ آشْيَاءَ هُمْ وَ لَا تُفْسِدُوا فِي الْاَرْضِ بَعْدَ إِصْلَاحِهَا، ذٰلِكُمْ خَيْرُ لَّكُمْ إِنْ كُنْتُمْ مُّؤْمِنِيْنَ قَ

وَلاَ تَقْعُدُوْا بِكُلِّ صِرَاطٍ تُوْعِدُوْنَ وَ تَصُدُّوْنَ عَنْ سَبِيْلِ اللّهِ مَنْ أَمَنَ بِهِ وَتَبْغُوْنَهَا عِوَجًاء وَاذْكُرُوْ الْأَكُنْ تُمْ وَتَبْغُوْنَهَا عِوَجًاء وَاذْكُرُوْ الْأَكْنُ تُمْ قَلِيْلًا فَكَ ثَرَكُمْ وَانْظُرُوْا كَيْفَ كَانَ عَاقِبَةُ الْمُفْسِدِيْنَ ﴿

وَاِنْ كَانَ طَآئِفَةً مِّنْكُمْ أَمَنُوْا بِالَّذِيْ أُرْسِلْتُ بِهِ وَطَآئِفَةً كَمْ يُؤْمِنُوْا فَاصْبِرُوْا حَتَّى يَحْكُمُ اللهُ بَيْنَنَاء وَهُوَخَيْرُالْحٰكِمِيْنَ ۞

بَيِّ قَالَ الْمَكُرُ الَّهِ يُنَ اسْتَكُبَرُوْا مِنْ قَوْمِهِ لَنُهْرِجَنَّكَ لِشُعَيْبُ وَ الَّذِيْنَ امَنُوْا مَعَكَ مِنْ قَرْيَتِنَا اوْ لَتَعُوْدُ قَ فِي مِلْتِنَا اقالَ اوَلَوْكُنَّا كَتَعُوْدُ قَ فِي مِلْتِنَا اقالَ اوَلَوْكُنَّا كَارِهِ يُنَ أَنْ

قرافتريناً على الله كزيارة عُدْنا في مِلْتِكُمْ بَعْدَرِدْ نَجْسَا اللهُ مِنْهَا وَ مَا يَكُونُ لَنَا أَنْ تَعُود فِيْهَا إِلَّ آنَ يَكُفُ أَوَ اللهُ رَبُنَا وَسِعَ رَبُنَا كُلَّ شَيْء عِنْمًا وَعَلَى اللهِ تَوَكَّلْنَا وَبَيْنَا فَتَحْ بِيْنَنَا وَبَيْنَ قَوْمِنَا بِالْحَقِّ وَأَنْتَ بَيْنَنَا وَبَيْنَ قَوْمِنَا بِالْحَقِّ وَأَنْتَ خَيْرُا لَفَا تِحِيْنَ قَ

وَقَالَ الْمَلَاُ الَّذِيْنَ كَفَرُوْا مِنْ قَوْمِهِ كَيْنِ النَّبَعْتُمْ شُعَيْبًا راتَّكُمْ رادًا لَخْسِرُوْنَ الْ

- 92. Olwo nebakwatibwa musisi, enkeera nebaba mirambo egyevuunise mu maka gaabwe.
- 93. Abo abaalimbisa Shu'aibu nebaba ng'abatagabeeranga namu. Abo abaalimbisa Shu'aibu be baafaafaaganirwa.

94. Olwo yabeesammulako n'agamba nti: Abange, mazima nze namala okubatuusaako obubaka bwa Mukama wange era nembabuulirira; kale ate nnaalumirwa ntya abantu abatakkiriza?

#### Ruku 12

95. Era tetutumanga Nabbi yenna mu kibuga, wabula twakangavvula abakibeeramu n'obuyinike n'emitawaana, balyooke beetowaze.

- 96. N'oluvannyuma twakyuusa *embeera* yaabwe embi n'eba nnungi okutuusa lwe beeyongerera ddala mu bungi n'okuba obulungi, olwo nebagamba nti: Ddala ne bakitaffe baatuukibwako okubonaabona n'essanyu. Olwo twabakangavvula kibwatukira nga tebategedde.
- 97. Era singa ddala abantu b'omu bibuga bakkiriza nebatya Allah, mazima twalibagguliddewo emikisa okuva mu ggulu ne mu nsi; naye baalimbisa, kale netubakangavvula olw'ebyo bye baakolanga.
- 98. Abaffe, abantu b'omu bibuga bali mirembe ku kutuukibwako ekibonerezo kyaffe ekiro nga beebase?
- 99. Nandiki, abantu b'omu bibuga bali mu mirembe ku kutuukibwako ekibonerezo kyaffe mu kalasamayanzi nga bayinaayina?
- 100. Abaffe, bali mirembe ku ntegeka ya Allah? Naye tewali *alowooza nti* ali mirembe ku ntegeka ya Allah okuggyako abantu abaafaafaaganirwa.

### Ruku 13

101. Abaffe, tebalabuka abo abaasikira ensi oluvannyuma lw'abaali ba nnyini yo nti bwe tuba twagadde, nabo tubakangavvula olw'ebibi byabwe ne tussa n'envumbo ku mitima gyabwe, bwe batyo nebatawulira?

فَاَخَذَتْهُمُ الرَّجْفَةُ فَأَصْبَحُوا فِيَ الْأَجْفَةُ فَأَصْبَحُوا فِي الْأَجْفَةُ فَأَصْبَحُوا فِي

الَّذِيْنَ كَذَّبُواشُعَيْبًا كَآنَ لَمْ يَغْنَوْا فِيْهَا جُ آلَّذِيْنَ كَذَّبُوْا شُعَيْبًا كَآنُوا هُمُ الْخُسِرِيْنَ ۞

فَتُوَلَّى عَنْهُمْ وَ قَالَ لِقَوْمِ لَقَدَ ٱبْلَغْتُكُمْ دِسْلْتِ رَبِّيْ وَ نَصَحْتُ ﴿ لَكُمْءَ فَكَيْفَ اللَّى عَلْ تَوْمِكُ فِرِيْنَ ﴾

وَمَا اَرْسَلْنَا فِي قَرْيَتِ إِنَّهِ اَلْكَا اَرْسَلْنَا فِي قَرْيَتِ إِنَّهُ الْكَا الْكَلْوَ الْكَا الْكَ اَخَذْنَا اَهْلَهَا بِالْبَاسَاءِ وَالضَّرَّاءِ لَعَلَّهُمْ مَيْضَرَّعُونَ⊕

ثُمَّرَبَةً ثَنَا مُكَاكُ السَّيِّعَةِ الْحَسَنَةَ كَمَّ مَكَ السَّيِّعَةِ الْحَسَنَةَ كَمَّ مَكَ الْكَاءَنَا السَّرَّاءُ وَالسَّرَّاءُ وَالسَّرَاءُ وَالْكُلُونُ وَلَالْكُلُونُ وَالْكُلُونُ وَالْلَالْكُلُونُ وَالْكُلُونُ وَلَالْكُلُونُ وَلَالْكُلُونُ وَالْلَالْلُونُ وَلَالْلُونُ وَلَالْلُونُ وَلَالْلُونُ وَلَالْلُونُ وَلَالْلُونُ وَلَالْلُونُ وَلَالْلُولُ وَلَالْلُولُ لَلْلُلُونُ اللَّلْلُونُ الْلَالْلُولُونُ وَلَالْلُولُونُ وَلَالُولُونُ وَلَالْلُلْلُولُونُ وَلَالْلُولُونُ وَلَالْلُلْلُولُونُ وَلَالْلُولُونُ وَلَا

رُ لَوْ أَنَّ آهْلَ الْقُرْآَى اَمَنُوْا وَاتَّقَوْا لَفَتَحْتَاعَلَيْهِمْ بَرَخْتِ مِّنَ السَّمَاءِ وَالْاَرْضِ وَلْحِنْ كَذَّ بُوْا فَاهَذْ نْهُمْ بِمَا كَانُوا يَكْسِبُوْنَ۞

آفَامِنَ آهُلُ الْقُرْمِ آنَ يَّاتِيكُهُمْ بَاسُنَابِيَاتًا وَهُمُ مُنَائِمُونَ ۞ كَوَرَحِنَ آهُلُ الْقُلَّامِينَ ثَانِيكُهُ وَكُنْ اللهِ

ٱۉٵڝؽٵۿڶ١ڷڠؙڒٙؽٵڽؾٵٛڗؾۿۿؠٵٛڛؙٵ ڞؙڴۜٷۜۿۿؽڶۼؠؙۉؽ۞

اَفَاَمِنُوْا مَكُوَ اللهِ مَفَلَا يَاْمَنُ مَكُوَ عُ اللهِ إِلَّا الْقَوْمُ الْخُسِرُوْنَ شَ

آوَلَهُ يَهُدِلِلَّذِينَ يَرِثُوْنَ الْأَوْنَ مِنْ مِنْ مِنْ الْمُحْدِ اَهُلِهَا آنَ لَّوْنَشَاءُ آصَبْنُهُ هُ بَعْدِ اَهْلِهَا آنَ لَّوْنَشَاءُ آصَبْنُهُ هُرُ بِذُ نُوْمِهِمْ مَ وَنَطْبَعُ عَلْ قُلُوْمِهِمْ فَهُ مُلَا يَسْمَعُوْنَ ۞

- 102. Ebyo nno by'ebibuga bye tukutegezezzaako ku by'abifaako, era ddala baatuukibwako Ababaka baabwe n'obubonero obw'olwaatu, naye era tebaali ba kukkiriza ebyo bye baalimbisa olubereberye. Bw'atyo nno Allah bw'assa envumbo ku mitima gy'abatakkiriza.
- 103. Era tetwasanga *kukuuma* ndagaano mu basinga obungi mu bo, wabula twasanga nga abasinga obungi mu bo boononefu.
- 104. N'oluvannyuma lwabwe twatuma Mūsa n'obubonero bwaffe eri Farāwo n'abakungu be naye nebabusambajja. Kale laba enkomerero y'abatabuzitabuzi nga bwe yali!
- 105. Era Mūsa yagamba nti: Owange Farāwo, mazima ndi Mubaka ava eri Mukama w'ebitonde byonna.
- 106. Nteekwa buteekwa obutayogera ku Allah okuggyako eby'amazima, era ddala nzize gye muli n'akabonero ak'olwaatu akava eri Mukama wammwe, n'olwekyo leka abaana ba Isirairi bagende nange.
- 107. Farāwo n'agamba nti: Obanga ddala ozze n'akabonero, kale kaleete, obanga oli mw'abo ab'amazima.
- 108. Olwo n'asuula omuggo gwe, okwejjuukiriza nga gwe musota ogulabikira ddala.
- 109. Era n'aggyayo omukono gwe,okwejjuukiriza nga mweeru tuku eri abalabi.

- 110. Abakungu b'omu bantu ba Farāwo ne-bagamba nti: Mazima ono mulogo mukugu.
- 111. Ky'ayagala kwe kubagoba mu nsi yammwe, naye muwa magezi ki?
- 112. Nebagamba nti: Ogira omuleka, ye ne muganda we, otume mu bibuga abalaalisi,
- 113. Bakuleetere buli mulogo omukugu.
- 114. Kale abalogo bwe bajja eri Farāwo, baagamba nti: Ddala tunaafuna empeera bwe tunaaba nga ffe bawanguzi?

تِلْكُ الْقُرِى نَقُصُّ عَكَيْكَ مِنْ الْكُورِ الْقُرِى نَقُصُّ عَكَيْكَ مِنْ الْمُنْ الْمُنْ الْمُنْ اللهُ مُ الْمُنْ اللهُ اللهُ اللهُ اللهُ اللهُ اللهُ اللهُ اللهُ عَلْ قُلُورِ اللهُ عَلْ قُلُورِ اللهُ عَلْ قُلُورِ اللهُ عَلْ قُلُوبِ الْكَفِرِ يُنَ ﴿

وَمَاوَجَدُ نَالِاكُنُرُ هِمْ يِّنْ عَهْدٍ ءَوَانْ وَجَدُ نَآآكُ ثَرَهُ هُ لَفْسِقِيْنَ ﴿ ثُمَّ بَعَثْنَامِنْ بَعْدِهِمْ ثُوْسَى بِالْيَتِنَآ وَلَى فِرْعَوْنَ وَمَلَا ثِهَ الْطَلَمُوا بِهَاء فَانْظُرْ كَيْفَ كَانَ عَاقِبَةُ الْمُفْسِدِ يُنَ ﴿

وَقَالَ مُوَّ لَى يُفِرْعَوْنُ إِنِّيْ رَسُوْلُ مِّنْ زَّبِ الْعُلَمِيْنَ أَنْ

حَقِيثَ عَلَى آنَ ﴾ آقُول عَلَى اللهِ إِلَّا اللهِ إِلَّا اللهِ إِلَّا اللهِ اللهِ اللهِ اللهِ اللهِ اللهِ اللهُ اللهُ

فَٱلْقُى عَصَاهُ فَإِذَا هِيَ ثُعْبَا ثُمُّهِ بِيُثَّ هُ وَ نَزَعَ يَهَ فَإِذَا هِيَ بَيْضَآءُ عِيِّ لِلنَّظِرِيْنَ هُ

قَالَ الْمَلَا مِنْ قَوْمِ فِرْعَوْنَ إِنَّ هٰذَا تَسْجِرُ عَلِيثُمُرُ

يُّرِيْدُ اَنْ يُخْرِجَكُمْ تِّنْ اَدْضِكُمْ. فَمَاذَا تَاْصُرُوْنَ۞

قَالُوْلَ ٱرْجِهُ وَ آخَاهُ وَ ٱرْسِلُ فِي الْمَدَائِنِ خُشِرِيْنَ ﴿

يَاْتُوْكَ بِكُلِّ سُجِرٍ عَلِيْمٍ ﴿

وَ جَمَاءَ السَّمَرَةُ فِوْعَوْنَ قَالُوْا اِنَّ لِنَا لاَجُرُّلاثُ كُنَّا نَحْنُ الْغَلِبِيْنَ

- 115. Farāwo n'agamba nti: Yee, era ddala mujja na kuba mw'abo ab'oku lusegere.
- 116. Nebagamba nti: Owange Mūsa, ggwe onosooka okusuulawo *ebibyo* oba ffe tunaasooka okusuulawo?
- 117. N'agamba nti: Mmwe muba musuulawo *okusooka*. Kale bwe baasuulawo, baabuzaabuza amaaso g'abantu era nebabatiisa nnyo kuba baaleeta eby'obulogo bisukkirivu.
- 118. Netubikkulira Mūsanti: Suula omuggo gwo, okwejjuukiriza nga gumize *byonna* bye bajinzejinze.
- 119. Kale amazima negakakata, bye baali bakoze nebisaanawo.
- 120. Bwe batyo nebawangulirwa awo, nebafuuka abanyoomoofu.
- 121. Era abalogo baawalirizibwa okugwa wansi nebavuunama.
- 122. Nebagamba nti: Tukkiriza Mukama w'ebitonde byonna,
- 123. Mukama wa Mūsa ne Hārūna.
- 124. Farāwo n'agamba nti: Mumukkirizza nga nze sinnaba na kubakkiriza? Mazima luno lukwe lwe musalidde mu kibuga mulyooke mukigobemu ba nnyini kyo, naye mangu nnyo mujja kumanya ebinaavaamu.
- 125. Mazima nzija kubatemako emikono gyammwe n'amagulu gammwe mu mpulinkanya, n'oluvannyuma mwenna nzija kubattira ku musaalaba.
- 126. Nebagamba nti: Mazima *era* tunaaba tuzze eri Mukama waffe.
- 127. Anti totubonereza lwa kirala wabula lwa kuba nti tukkirizza obubonero bwa Mukama waffe nga bututuuseeko. Mukama waffe, tuyiire obugumiikiriza era otufiise nga tuli bawulize.

128. Era abakungu b'omu bantu ba Farāwo baagamba *Farāwo* nti: Abaffe, era onooleka Mūsa ne banne batabuletabule mu nsi era bakuleke *bw'omu* ne bakatonda bo? N'agamba nti: Mazima tujja kutta batabani baabwe tulekewo bakazi baabwe, era ddala ffe b'obuyinza ku bo.

قَالَ نَعَدُوا تَكُمْ لَمِنَ الْمُقَرِّمِينَ ١٠ قَالُوْا يُمُوْسَى إِمَّاآنْ تُلْقِي وَإِمَّاآنَ تَّكُوْنَ نَحْنُ الْمُلْقِيْنَ ﴿ قَالَ ٱلْقُوْاءِ فَلَمَّا ٱلْقَوْاسَحَرُ وْاٱعْـيُنَ النَّاسِ وَاسْتَرْهَبُوْهُمْ وَ كَاءُوْ بِسِمْرٍ عَظِيْمٍ وَٱوْحَيْنَا إِلَى مُوْسَى آنْ ٱلْقِعْصَاكَ، فَإِذَا هِيَ تَلْقَفُ مَا يَأْ فِكُوْنَ أَنَّ فَوَقَعَ الْمَقُّ وَبَطَلَ مَا كَانُوْا يَعْمَلُوْنَ ﴿ فَغُلِبُواهُنَالِكَ وَانْقَلَبُواصْغِرِيْنَ ١ وَٱلْقِيَ السَّحَرَةُ سُجِدِ بْنَ شَ قَالُوٓاا مَنَّا بِرَبِّ الْعُلَمِيْنَ ١٠٠ رَبِّ مُوْسَى وَهُرُوْنَ قَالَ فِرْعَوْنُ امَّنْتُمْ بِهِ قَبْلُ آنَ اذَنَ لَكُمْ مِ إِنَّ هَذَا لَمَكُرُّ مُّكُرْتُكُمُوهُ فِي الْمَدِيْنَةِ لِتُخْرِجُوْا مِنْهَا آهْلَهَاء فَسَوْفَ تَعْلَمُوْنَ كُ قَطِّعَتَ آيْدِيكُمْ وَآرَجُلَكُمْ مِّنَ جلاف ثُمَّلاُ صَلِّبَتُنَكُمْ آجْمَعِيْنَ ﴿ قَالُوْ الِكُلُولُ رَبِّنَا مُنْقَلِبُوْنَ أَ وَمَا تَنْقِمُ مِنْ اللَّهِ آنَ امْنًا بِالْبِ رَبِّنَا كَمَّا جَاءُ ثَنَا ﴿ رَبُّنَا افْرِعْ عَلَيْنَا صَبُّرًا ﴿ وَ تَوَفَّنَا مُشلِمِ يُنَ ﴿

 129. Mūsa n'agamba abantu be nti: Musabe Allah obuyambi era mugumiikirize. Mazima ensi ya Allah, y'agisikiza oyo gw'aba ayagadde mu baweereza be, era enkomerero ennungi y'abo abatya Allah.

130. Nebagamba nti: Twakijjanyizibwa dda nga tonnaba na kututuukako, n'oluvannyuma nga omaze okututuukako. *Mūsa* n'agamba nti: Kyandiba nti Mukama wammwe anaatera okuzikiriza omulabe wammwe era mmwe abafuule abasika mu nsi, olwo Alabe nga nammwe bwe munaakola.

#### Ruku 16

131. Era mazima twakangavvula abantu ba Farāwo n'ekyeya, n'okukendeeza ebibala, balyooke beddemu.

132. Naye nga bwe batuukibwako ekirungi, bagamba nti: Kino kyaffe. Naye nga bwe batuukibwako akabi, ekikwa nga bakiteeka ku Mūsa n'abali naye. Mwetegereze, ddala ekikwa kyabwe kiva eri Allah, naye abasinga obungi mu bo tebamanyi.

133. Era baagamba nti: Mazima ne bw'onotuleetera buli kabonero mbu otubuzeebuze nako, ddala tetujja kukukkiriza.

134. Kale twabaweereza omuyaga n'enzige n'ensekere, n'ebikere, n'omusaayi, nga bwe bubonero obwetadde; naye beekuza era baali bantu boonoonyi.

135. Naye bwe baamala okugwibwako ekibonerezo nebagamba nti: Owange Mūsa, tusabire eri Mukama wo ku lw'ebyo bye yakusuubiza. Kale bw'onootuggyako ekibonerezo, mazima tujja kukukkiriza era ddala tujja kuleka abaana ba Isirairi bagende naawe.

136. Naye bwe twamala okubaggyako ekibonerezo olw'ekiseera ekyagerebwa kye baali ab'okutuukako, okwejjuukiriza nga beefudde.

قَالَ مُوْسَى لِلقَوْمِهِ اسْتَعِيْنُوْا بِاللهِ وَ اصْبِرُوْا الآالاَدُضَ بِللهِ للهُ يُمُوْرِثُهَا مَنْ يَشَاعُ مِنْ عِبَادِم ﴿ وَ الْعَاقِبَةُ لِلْمُتَّقِيْنَ ﴿

قَالُوٓ ا اُوْذِینَا مِنْ قَبْلِ اَنْ تَاْتِینَا وَ مِنْ بَعْدِ مَا جِئْتَنَا ﴿ قَالَ عَسَى رَبُّكُمْ اَنْ یُهْلِكَ عَدُدٌّ كُمْ وَ یَشْتَهْلِفَكُمْ عُ فِ الْاَرْضِ فَیَ نَظُرَكَیْفَ تَعْمَلُوْنَ شَ

وَلَقَدْ آخَذْ نَا الْ فِرْعَوْنَ بِالسِّنِيْنَ وَ
نَقْصٍ مِّنَ الثَّمَرْتِ لَعَلَّمُ مُنَدُّ كُرُوْنَ ﴿
فَإِذَا جَاءَ ثُهُمُ الْمَسْنَةُ قَالُوْ النَّا
هٰ ذِهِ \* وَإِنْ تُصِبْهُمْ سَيِّعَةُ يَّطَيَّرُوْا
هٰ ذِهِ \* وَإِنْ تُصِبْهُمْ سَيِّعَةُ يَّطَيَّرُوْا
مِمُوْسَى وَمَنْ مُّعَدْ الْآرِاتُمَا طُعِرُهُمْ مَر عِنْهُ اللّهِ وَلٰكِنَّ آعُتُمَا طُعِرُهُمْ مَرَ وَلَيْ الْعَلْمُونَ وَالْكِنَّ آعُتُمَا طُعِرُهُمْ لَا عِنْهُ مَهُونَ الْعَلْمُونَ الْعَلْمُ وَنَهُ الْعَلْمُونَ الْعَلْمُ وَنَاهُ الْعَلْمُ الْعَلْمُ الْعَلْمُ الْعُلْمُونَ الْعَلْمُ الْعَلْمُ الْعَلْمُ الْعَلْمُ الْعُلْمُ الْعُلْمُ الْعُلْمُ الْعَلْمُ الْعَلْمُ الْعُلْمُ الْعُلُمُ الْعُلْمُ الْعُلْمُ الْعُلْمُ الْمُ الْعُلْمُ الْعُلْمُ الْعُلْمُ الْعُلْمُ الْعُلْمُ الْعُلِيْمُ الْعُلْمُ الْعُلْمُ الْعُلْمُ الْعُلْمُ الْعُلْمُ الْعُلِمُ الْعُلْمُ الْعِلْمُ الْعُلْمُ الْعُ

وَ قَالُوْا مَهْمَا تَأْتِنَا بِم مِنْ أَيَةٍ لِتَسْحَرَنَا بِهَا ﴿ فَمَا نَهْنُ لَكَ بِمُؤْمِنِيْنَ

فَارْسَلْنَا عَلَيْهِمُ الطُّوْفَانَ وَالْجَرَادَ وَ الْتُورِدُو الْقُمَّلُ وَ الضَّفَادِعَ وَ الدَّمَ الْيَتِ مُّفَصَّلْتِ سَ فَاشْتَكُبُرُوْا وَ كَانُوا تَوْمًا مُّجْرِمِيْنَ

وَ لَمَّا وَقَعَ عَلَيْهِمُ الرِّهِزُ قَالُوْا يُمُوْسَى ادْعُ لَنَا رَبُّكَ بِمَا عَهِدَ عِنْدَكَ مَ لَئِنْ كَشَفْتَ عَنَّا الرِّهِزَ يَنْؤُمِنَنَّ لَكَ وَ لَنُرْسِلَنَّ مَعَكَ بَنِيْ اِشْرَاءِيْلَشَ

فَلَقًا كَشَفْنَا عَنْهُمُ الرِّجْزَ إِنَّ آجَلٍ هُـهْ بَالِغُوْهُ إِذَا هُـهْ يَنْكُثُوْنَ ₪ 137. Kale twesasuza gye bali netubasaanyizaawo mu nnyanja, olw'okubanga baalimbisa obubonero bwaffe era tebaabufangako.

138. Era abantu abo abaatwalibwanga nti tebeesobola be twasikiza ebuvanjuba w'ensi gye twassaamu omukisa n'ebugwanjuba wa yo, olwo ekigambo kya Mukama wo eky'ekisa ne kituukirira ku baana ba Isirairi kubanga baagumiikiriza, era netuzikiriza ebyo Farāwo n'abantu be bye baali bakola n'ebyo bye baali bazimbye.

- 139. Era twasomosa abaana ba Isirairi ennyanja, kale nebatuuka ku bantu abasinza amasanamu gaabwe. *Abaisirairi* nebagamba nti: Owange Mūsa, naffe tukolereyo omusinzibwa nga *bano* bwe balina abasinzibwa. N'agamba nti: Mazima muli bantu abeesiruwaza.
- 140. Mazima bano bye balina *byonna* bya kuzikirizibwa, ne bye bakola temuli nsa.
- 141. N'agamba nti: Abaffe, era mbanoonyezeeyo omusinzibwa omulala atali Allah ng'ate Ye y'eyabasukkulumya ku bantu b'ebiro bino?
- 142. Era *mujjukire* nga bwe twabawonya abantu ba Farāwo, abaababonyabonyanga n'ekibonerezo ekibi, nga batta batabani bammwe nebalekawo bakazi bammwe. Era mw'ekyo mwalimu ekigezo kisuffu ku lwammwe nga kiva eri Mukama wammwe.

#### Ruku 17

143. Era twalagaanya Mūsa ebiro amakumi asatu ne tubijjuuliriza n'ekkumi. Bwe kityo eky'ebiro ekyagerekebwa Mukama we eky'ennaku amakumi ana nekituukirira. Bw'atyo Mūsa n'agamba muganda we Hārūna nti: Beera omusigire wange mu bantu bange era tereeza byonna, naye togoberera ekkubo ly'abatabuzitabuzi.

144. Era awo Mūsa bwe yajja ku kiseera kyaffe ekyagerekebwa, ne Mukama we n'ayogera naye, yagamba nti: Mukama

فَانْتَقَـمْنَا مِنْهُمْ فَاغْرَقْنٰهُمْ فِي الْيَمِّرِ بِآثَهُمْ كَذَّهُوْا بِالْيِّنَا وَ كَانُوْاعَنْهَا غْفِلِيْنَ۞

وَ اوْرَثْنَا الْقَوْمَ اللّذِيْنَ كَانُوا يُشتَضْعَفُونَ مَشَارِقَالْاَرْضِوَمَغَارِبَهَا الَّتِي لِرَحْنَا نِيْهَا ﴿ وَ تَمَّتُ كَلِمَتُ رَبِّكَ الْحُشْنَى عَلْ بَنِيَ اِسْرَاءِ يُلَ الْإِمَا صَبَرُوا ﴿ وَ دَمَّرُنَا مَا كَانَ يَصْنَهُ فِرْعَوْنُ وَ قَوْمُهُ وَ مَا كَانُوا فِرْمُونَ ﴿ وَ قَوْمُهُ وَ مَا كَانُوا

وَ جَاوَزْنَا بِبَنِيْ اِسْرَآءِ يُلَ الْبَحْرَ فَاتَوْاعَلْ قُوْمِ يَعْكُفُوْنَ عَلَى آصْنَامِ لَّهُ هُ وَالُوْا لِهُ مُوْسَى اجْعَلْ لَّنَآ اِلْهَا كَمَا لَهُ هُ الِهَدَّءُ قَالَ إِنَّكُمْ قَوْمُ تَجْهَلُوْنَ اللَّهِ الْهِ

رِتَّ هَ وَلَا مُتَبَّرُهُا هُمْ فِيْهِ وَ بِطِلُ مَّا كَانُوا يَعْمَلُونَ۞

قَالَ ٱغَيْرَ اللهِ آبَغِيْكُمْ إِلْهًا وَّهُوَ فَضَّ لَكُمْ عَلَى الْعُلَمِيْنَ ﴿

wange, nneeraga nkulabeko. Allah n'agamba nti: Toyinza kundaba, wabula tunula eri olusozi. Kale bwe lunaasigala mu kifo kya lwo, olwo nga onondaba. Kale Mukama we bwe yeeyoleka eri olusozi, yalufuula lusensebufu, ne Mūsa n'agwa wansi n'azirika. Naye bwe yadda engulu, n'agamba nti: Obutuukirivu bubwo! Mboneredde gy'oli era nze mubereberye mu bakkiriza.

145. Allah n'agamba nti: Owange Mūsa, nze nnakulonda ku bantu olw'obubaka bwange n'ebigambo byange. Kale nyweza ebyo bye nnakuwa era obeere mw'abo abeebaza.

146. Era twamuwandiikira ku bipande okubuulirira okufa ku buli kimu n'okuttottola kwa buli kimu netugamba nti: Kale bikwate n'amaanyi era olagire abantu bo bagoberere ebyo ebisinga obulungi mu byo. Mangu nnyo nzija kubalaga amaka g'aboonoonefu.

147. Era nzija kwewaza obubonero bwange abo abeekulumbaliza mu nsi awatali nsonga, era nga ne bwe balaba obubonero obwa buli ngeri, tebabukkiriza. Ate bwe balaba ekkubo ery'obulung'amu, tebalitwala ng'ekkubo. Naye bwe balaba ekkubo ery'obubuze, eryo lye batwala ng'ekkubo. Ekyo lwa kubanga baalimbisa obubonero bwaffe, era baalinga tebabufaako.

148. Era abo abaalimbisa obubonero bwaffe n'okusisinkana kw'enkomerero, ebikolwa byabwe byayonooneka. Abaffe, balisasulwayo *ekirala* okuggyako ebyo bye baakola?

#### Ruku 18

149. Era abantu ba Mūsa ng'avuddewo baakola mu by'amajolobera gaabwe ennyana — nga kibiribiri ekirimu okung'oong'a. Abaffe, baali tebalaba nti teyogera nabo era nti tebalung'amya mu kkubo? Baagifuula *ekisinzibwa* era baali boonoonefu.

150. Naye bwe beekuba mu bifuba byabwe nebalabira ddala nga babuze, nebagamba nti: Mukama waffe bw'ataatusaasire n'atusonyiwa, mazima tujja kuba mw'abo ab'okufaafaaganirwa.

قَالُكَ تَرْسِيْ وَلَكِنِ الْظُرْ إِلَى الْجَبَلِ فِانِ اسْتَقَرَّمُكَا كَنَهُ فَسُوْفَ تَرْسِيْ مِ فَلَمَّا تَجَلُّرَ بُّهُ لِلْجَبَلِ جَعَلَهُ دَكًّا وَخَرَّ مُوسَى صَحِقًا مِ فَلَمَّا آفَاقَ قَالَ شَبْخُنَكَ تُبْتُ رِلَيْكَ وَ آنَا آوَّلُ شَبْخُنَكَ تُبْتُ رِلَيْكَ وَ آنَا آوَّلُ

قَالَ يُمُوْكَنَى إِنِّى اصْطَفَيْ تُلَكَ عَلَى النَّاسِ بِرِسْلَتِيْ وَبِكَلَامِيْ ﴿ فَخُذْ مَاۤ اٰتَيْتُكَ وَكُنْ مِّنَ الشَّكِرِيْنَ۞

وَكُتَكُنْنَا كَهُ فِي الْالْوَاحِ مِنْ حُلِّ شَيْءٍ مَوْ حُلْ شَيْءٍ مَوْ حُلْ شَيْءٍ مَوْ حُدْمَا مَوْ عَلَى شَيْءٍ مَوْ حُدُمَا مَوْ عَلَى شَيْءٍ مَوْ حُدُمَا مِثُوّةٍ وَ الْمُرْ قَوْمَكَ يَا هُدُوْا مِنْ وَ الْمُرْ فَوْمَكَ يَا هُدُوْا سَاصَرِفُ عَنْ الْبِي الّذِينَ يَتَكَبَّرُوْنَ سَاصَرِفُ عَنْ الْبِي الّذِينَ يَتَكَبَّرُوْنَ فَالْارْضِ بِعَيْرِ الْحَقِّ وَ وَ اِنْ يَتَكَبَّرُوْا حُلَّ الْبِي الْمُؤْالِقِهَا وَ وَانْ يَتَكَلَبُوا الْمُلْكَ الْمُؤْالِقَاءِ وَ إِنْ يَتَكَلَبُوا الْمُلْكَ الْمُؤْالِقَاءِ وَ إِنْ يَتَكُوا السَمِيلُ اللهُ شَدِيلًا مِوَ الْمُؤَالِقَ اللهُ ال

وَالَّذِينَ كَذَّبُوا بِالْيَتِنَا وَ لِقَاءِ
الْاَخِرَةِ كَبِطَتْ آغْمَالُهُمْ مَلُ
الْاَخِرَةِ كَبِطَتْ آغْمَالُهُمْ مَلُ
إِنْ يُجْزَوْنَ إِلَّا مَا كَانُوا يَعْمَلُوْنَ ﴿
وَالْخَذَ قَوْمُ مُوْسَى مِنْ بَعْدِة مِنْ مُلِيِّهِمْ عِجْلَاجَسَدًالَّهُ خُوَادُ مِآلَمُ مُلِيِّهِمْ عِجْلَاجَسَدًالَّهُ خُوَادُ مِآلَمُ مُلِيِّهِمْ عِجْلَاجَسَدًالَهُ خُوادُ مِآلَمُ مُلِيِّهِمْ عِجْلَاجَسَدًالَهُ خُوادُ مِآلَمُ مُلِيِّهِمْ عِجْلَاجَسَدًالَهُ خُوادُ مِآلَهُمْ مُولِكُونَ اللَّهُمُ مُولَا يَكُونُ الْطِلِمِيْنَ ﴿
وَلَمَّا اللَّهُ مُلْوَا اللَّهُ وَلَا يَكُونُ الْطِلِمِيْنَ ﴿
وَلَمَّا اللَّهُ اللَّهُ مِنْ الْمُوالِقُولُ اللَّهُ وَلَا يَكُونُ الْمُؤْلِقُولَ اللَّهُ وَلَا لَكُونُ الْمُؤْلِقُولُ مَنَا وَيَغُولُونَا النَّكُونَ مِنَ الْخُسِرِينَ ﴿
وَلَمُنَا وَيَغُولُونَ اللَّهُ اللَّهُ اللَّهُ اللَّهُ مِنْ الْخُسِرِينَ ﴿
وَلَمُنَا وَيَغُولُ لَنَا اللَّهُ الْمُؤْلِقُ الْمُسْتَاكُولُهُ اللَّهُ اللَّهُ اللَّهُ اللَّهُ الْمُؤْلِقُولُ اللَّهُ الْمُؤْلِقُولُ الْمُؤْلِقُولُ اللَّهُ الْمُؤْلِقُولُ الْمُؤْلِقُولُ اللَّهُ الْمُؤْلِقُولُ اللَّهُ الْمُؤْلِقُولُ الْمُؤْلُولُ الْمُؤْلُولُ الْمُؤْلِقُولُ اللَّهُ الْمُؤْلِقُولُ الْمُؤْلِقُولُ الْمُؤْلِقُولُ الْمُؤْلِقُولُ اللَّهُ الْمُؤْلِقُولُ الْمُؤْلِقُ الْمُؤْلِقُولُ اللَّهُ الْمُؤْلِقُولُ الْمُؤْلِقُ

151. Era awo Mūsa bwe yaddayo eri abantu be nga musunguwavu *nnyo era* nga munakuwavu, n'agamba nti: Engeri gye mwanzirira mu bigere nga nvuddewo nga mbi nnyo! Abaffe, *lwaki* mwayanguyiriza *okumenya* ekiragiro kya Mukama wammwe? Olwo n'assa ebipande wansi, n'akwata omutwe gwa muganda we nga amuwalulira gy'ali. *Muganda we* n'agamba nti: Mwana wa nnyabo, mazima abantu bano bannyoomodde nnyo era baabuze kata banzite, kale tonneeyagalizaako balabe era tonteeka wamu n'abantu aboonoonefu.

152. *Mūsa* n'agamba nti: Mukama wange, mbikkirira ne muganda wange era otuyingize mu kusaasira kwo; anti Ggwe Musaasizi asinga abasaasizi bonna.

Ruku 19

153. Mazima abo abaakola ennyana *okugisinza* bajja kutuukibwako obusungu obuva eri Mukama waabwe n'obuswaavu mu bulamu bw'oku nsi. Era bwe tutyo bwe tusasula abajingajinga.

154. Era abo abakola ebibi naye oluvannyuma lwa byo nebabonerera era nebakkiriza, mazima Mukama wo oluvannyuma lwa byo, ye Musonyiyi ennyo, Omusaasizi ennyo.

155. Era Mūsa obusungu bwe bwamuggwako, n'akwata ebipande nga mu buwandiike bwa byo mulimu obulung'amu n'okusaasira eri abo abatya Mukama waabwe.

156. Era Mūsa yalonda mu bantu be abasajja nsanvu olw'ekiseera kyaffe *kye twamulagaanya*. Bwe baakwatibwa musisi, *Mūsa* n'agamba nti: Mukama wange, singa wayagala, waalibazikirizza olubereberye era nange. Abaffe, on'otuzikiriza olw'ebyo abasiru mu ffe bye baakola? Kino si kirala wabula kugezesa kwo. Okuzikirizisa oyo gw'oba osalidde, n'olung'amya oyo gw'oba osiimye. Ggwe Muyambi waffe, kale tusonyiwe era otusaasire; anti Ggwe osinga abasonyiyi bonna.

157. Era tuwandiikeko ebirungi ku nsi kuno ne ku nkomerero, mazima ffe twolekedde gy'oli *otuddiremu*. *Allah* n'agamba nti: Ekibonerezo kyange nkituusa kw'oyo gwemba nsalidde; naye okusaasira

وَلَمَّا رَجَعَ مُوْسَى إِلَى قَوْمِهِ غَضْبَانَ آسِفًا "قَالَ بِحُسَمًا خَلَفْتُمُونِي مِنْ بَعْدِيْ مُ اعْجِلْتُمْ اَمْرَرَبِّكُمْ وَ اَلْقِي الْإِلْوَاحَ وَ اَخَذَ بِرَاْسِ اَخِيْدِ يَجُرُّهُ الْإِلْوَاحَ وَ اَخَذَ بِرَاْسِ اَخِيْدِ يَجُرُّهُ الْيُدِهِ \* قَالَ ابْنَ أُمَّ إِنَّ الْقَدُومَ اشْتَضْعَفُونِيْ وَكَادُوا يَقْتُلُونَنِيْ \* فَلَا تُشْمِثُ بِيَ الْاَعْدَاءَ وَلَا تَجْعَلُنِيْ مَمَ الْقَوْمِ الظّلِمِيْنَ

قَالَ رَبِّ اغْفِرْلِيْ وَلِاَخِيْ وَ اَ دَخِلْنَا فِيْ مُعْمَتِكَ ﴿ وَاَنْتَ اَرْحَمُ الرِّحِمِ يُنَ اَنْ

وَلَمَّا سَكَتَ عَنْ شُوْسَى الْغَضَبُ آهَٰذَ الْالْوَاحَ ﴿ وَنِي نُسْخَتِهَا هُدًى وَّرَحْمَةً لِلَّذِيْنَ هُمْ لِرَبِّهِ مُيرَهُمُونَ ﴿ وَهُمَةً وَاهْتَا رَمُوسَى قَوْمَهُ سَبْحِيْنَ رَجُلًا لِمَيْقَارِنَا ﴿ فَكُمَّا آخَذَ ثُهُمُ الرَّجْفَةُ قَالَ رَبِّ لَوْشِئْتَ آهَٰلَكُتُهُمْ وَنُ فَبُلُ وَ وَيَا عَادَاتُهُ لِكُنَا بِمَا فَعَلَ السُّفَهَا مُونَا مِنَا وَيَا عَدَاتُهُ لِكُنَا مِمَا فَعَلَ السُّفَهَا مُونَا مَثَالًا وَيَعْمَا لَاللَّهُ مِنْ تَشَالُهُ مِنَا مَنْ تَشَالُهُ وَتَهْدِيْ مَنْ تَشَالُهُ مَا الْمَنْ اللَّهُ عَلَى اللَّهُ فَهَا مَنْ تَشَالُهُ وَتَهْدِيْ مَنْ تَشَالُهُ مَا اللَّهُ عَلَى اللَّهُ عَلَى اللَّهُ فَهَا مُن تَشَالُهُ وَتَهْدِيْ مَنْ تَشَالُهُ مَا اللَّهُ عَلَى اللَّهُ عَلَى اللَّهُ فَهَا مَنْ تَشَالُهُ وَلَيْكُنَا وَالْمَمْنَا وَ الْمَمْنَا وَ الْمَنْ الْمُنْ اللَّهُ الْمُنْ اللَّهُ الْمُنْ الْمُنْ الْمُنْ الْمُنْ الْمُنْ الْمُنْ اللَّهُ الْمُنْ اللَّهُ الْمُنْ اللَّهُ الْمُنْ الْمُنْ الْمُنْ الْمُنْ اللَّهُ الْمُنْ الْمُنْ الْمُنْ الْمُنْ الْمُنْ الْمُنْ اللَّهُ الْمُنْ ال

وَاكُنتُبُ لَنَا فِي هٰ ذِوالدُّنْيَا حَسَنَةً وَ فِالْأَخِرَةِ إِنَّا هُدْ ثَآ رِلَيْكَ مِقَالَ عَذَا بِيَ أُصِيْبُ بِهِ مَنْ أَشَاءُ مِوَرَحْمَرِيْ kwange kwabuna ku buli kimu; kale ddala nzija kukuwandiika kw'abo abeekuuma era ne batoola zaka, n'abo abakkiriza Aya zaffe.—

158. Abo abagoberera Omubaka, Nabbi atali muyigirize, oyo gwe basanga nga yawandiikibwa mu Tawurēti ne mu Njiri ebyo bye bali nabyo. Abalagira ebituufu, n'abaziyiza ebitasaana,era abakkiriza ebirongoofu, n'abawera ebibi, abatikkulako obuzito bwabwe n'enjegere ezo ezaabaliko. Kale abo abamukkiriza era nebamuwagira, nebamuyamba, nebagoberera obutangaavu obwo obwassibwa awamu naye, abo nno be baliganyulwa.

#### Ruku 20

159. Gamba nti: Abange mmwe abantu, mazima nze ndi Mubaka wa Allah gye muli mwenna. *Natumwa* Oyo nannyini bwakabaka bw'eggulu n'ensi. Teri musinzibwa *mulala* okuggyako Ye. Y'awa obulamu era y'afiisa. Kale mukkirize Allah n'Omubaka we, Nabbi atali muyigirize, oyo akkiriza Allah n'ebigambo bye; era mumugoberere, lwe mujja okulung'ama.

160. Era mu bantu ba Mūsa mulimu abantu abalung'amya n'amazima era nga ku go kwe bakolera obwenkanya.

161. Era twabakutulakutulamu ebika ebyafuuka amawanga kkumi n'abiri, era netubikkulira Musa awo nga abantu be bamusabye amazzi ag'okunywa nti: Kuba olwazi n'omuggo gwo, olwo nelufukumukamu ensulo kkumi nabbiri, buli bantu nebamanya obunywero bwabwe. Netusiikiriza waggulu waabwe ebire era netubassiza Manna ne Saliwa. Mulye ku birongoofu bye twabagabula, naye tebaalyaazaamaanya Ffe, wabula beeryazaamaanya bokka.

وَسِعَتْ كُلُّ شَيْءٍ م فَسَاكُتُبُهَا لِلَّذِيْنَ يَتَّقُوْنَ وَيُوفُ ثُوْنَ الزَّكُوةَ وَالَّذِيْنَ هُمْ بِأَيْتِنَا يُؤْمِنُوْنَ ﴿ ٱكَّذِيْنَ يَتَّبِعُوْنَ الرَّسُوْلَ النَّبِيَّ الأرقيَّ الَّذِي يَجِدُ وْنَـهُ مَكْتُوبًا عِنْدَهُمْ فِي التَّوْرُلِةِ وَ الْرِنْجِيْلِ دَ يَاْمُرُهُمْ بِالْمَعْرُوْفِ وَيَنْهُدِهُمْ عَنِ الْمُنْكُرِوَيُحِلُّ لَهُمُ الطَّيِّبَٰتِ وَيُحَرِّمُ عَلَيْهِمُ الْغَبِّيْثُ وَ يَضَعُ الشركم و الكفلك البي كانت عَكَيْهِمْ وَكَا لَّذِيْنَ أَمَنُوْا بِهِ وَعَزُّرُوْكُ وَنَصَاوُوْهُ وَا تَّكِعُوا النُّوْرَاكِذِي ٓ أَنْزِلَ ع مَعَهُ الرَّلِيُكَ هُمُ الْمُفْلِمُوْنَ ۞ قُلْ يَا يُنْهَا النَّاسُ إِنِّنَ رَسُولُ اللَّهِ إِلَيْكُمْ جَمِيْحًا إِلَّذِيْ لَهُ مُلْكُ الشَّمُهُ بِنِهِ وَالْإِرْضِ وَلْإِلْهُ مِا لَّا هُوَيُهُي وَ يُمِيْتُ مَ فَأَمِنُوْا بِاللَّهِ وَ رَسُولِهِ بِيِّ الْأُرِّيِّيِّ الَّـذِيْ يُؤْمِنُ بِاللَّهِ وَ كَلِمْتِهِ وَاتَّبِعُوهُ لَعَلَّكُمْ تَهْتَدُونَ ا وَمِنْ قَوْمِمُوْ سَي أُمَّةُ يَتِهَدُوْنَ بِالْحَقِّ وَبِهِ يَعْدِ لُوْ نَ۞ وَقَطَّعْنُهُمُ اثْنَتَيْ عَشْرَةً آشِيَاطًا

وَقَطَّعُنْهُمُ اثْنَتَيْ عَشْرَةَ آشَبَاطًا اَسَمًا وَ آوْ حَيْنَا إِلَى مُوسَى إِذِ اَسْتَشْقُنهُ قَوْمُهَ آنِ اصْرِبْ تِعَصَاكَ الْحَجَرَةَ فَا ثَبَجَسَتْ مِنْهُ اثْنَتَا عَشْرَةً عَيْنًا وَ لَا عَلِمَ عُلُّ اُنَاسٍ مَّشْرَبَهُمُ وَ وَظَلَّلْنَا عَلَيْهِمُ الْعَمَا مَوَ آنْزَلْنَا عَلَيْهِمُ الْمَتَّ وَ السَّلُوٰ وَ مُا ظَلَمُوْنَا وَلَكِنْ كَانُوَا وَرَقْنِكُمْ وَ مَا ظَلَمُوْنَا وَلَكِنْ كَانُوَا وَرَقْنِكُمْ وَ مَا ظَلَمُونَا وَلَكِنْ كَانُوَا وَلَمْسَهُمْ يَظِيمُونَ الْمَا الْمَوْنَا وَلَكِنْ كَانُوَا 162. Era awo bwe baagambibwa nti: Mutuule mu kibuga kino mulye mu kyo wonna nga bwe mwagala era mugambe nti: Tutikkuleko obuzito bwaffe. Era muyingire mu mulyango n'obuwulize, tujja kubasonyiwa ebibi byammwe. *Era* ddala tujja kwongeza abakozi b'ebirungi.

163. Naye aboononyi mu bo baakyusaamu ekigambo *ekirala* ekitaali ekyo ekyabagambibwa. Kale netubaweereza ekibonerezo okuva mu ggulu olw'ebikyaamu bye baakolanga.

### Ruku 21

164. Era babuuze ebyafa ku kibuga ekyo ekyali kiri ku nnyanja awo bwe bavvoola Sabbiiti, awo eby'ennyanja byabwe bwe byabajjiranga ku lunaku lwa Sabbiiti yaabwe nebirabika ne kungulu ku mazzi, so nga ku lunaku lwe bataabanga mu Sabbiiti, tebyabajjiranga. Bwe tutyo nno bwe twabagezesa kubanga baali bajeemu.

165. Era awo ekibiina ekimu mu bo bwe kyagamba nti: Lwaki mubuulirira abantu Allah b'agenda okuzikiriza oba okubonereza ekibonerezo ekikakali? Baagamba nti: Lwa kweggyako musango eri Mukama wammwe, era nti ob'olyawo banaatya Allah.

166. Naye bwe beerabira ebyo bye baabulirirwako, twawonya abo abaaziyiza ebibi, netukangavvula abo abakyaamu n'ekibonerezo eky'akabi olw'ebibi bye baakolanga.

167. Kale bwe baajeemera ddala kw'ebyo ebyabaziyizibwa, twabagamba nti: Mufuuke nkima ennyoomoofu.

168. Era *jjukira* nga Mukama wo bwe yalangirira nti mazima agenda kubaweereza abo abalibabonyaabonya n'ekibonerezo ekibi okutuusiza ddala ku lunaku lw'okuzuukira. Mazima Mukama wo mwangu nnyo mu kubonereza, era ddala ye Musonyiyi ennyo, Omusaasizi ennyo.

169. Era twabakutulakutulamu ebibiina mu nsi nga mu bo mulimu abakozi b'ebirungi

وَاذْ قِيْلُ لَهُمُ اسْكُنُواهٰ وَالْقَرْيَةَ

وَ كُلُوا مِنْهَا حَيْثُ شِئْتُمْ وَ قُولُوَا
حِطَّةً وَاهْ خُلُوا الْبَابِ سُجَّمًّا تَغْفِرْ
لَكُمْ خَطِيْلًا كُمُ اسْنَزِيدُالْمُحْسِنِيْنَ اللَّمَ خَطِيْلًا لَكُمْ خَطِيْلًا لَكُمُ الْمُحْسِنِيْنَ اللَّمَ اللَّهُمُ قَوْلًا
فَبَدَّلَ الَّذِي قِيْلَ لَهُمْ فَارْسَلْنَا
عَيْدُ اللَّذِي قِيْلَ لَهُمْ فَارْسَلْنَا
عَيْدُ اللَّذِي قِيلَ لَهُمْ فَارْسَلْنَا
عَيْدُ مِمَا كَانُوا
عَلَيْهِمْ رِجُرًّا مِنَّ السَّمَاءِ بِمَا كَانُوا

وَشَعْلُهُمْ عَنِ الْقَرْيَةِ الَّتِيْ كَانَتُ وَشَعْلُهُمْ عَنِ الْقَرْيَةِ الَّتِيْ كَانَتُ الْمَثْمِ الْمَثْمِ الْمَثْمِ الْمَثْمِ الْمَثْمِ الْمَثْمِ الْمَثْمِ الْمَثْمِ الْمَثْمِ الْمُثَمِّ الْمُثَالِقِيمَ الْمُثَلِّقِيمَ الْمُثَلِيمِ الْمُثَلِّقِيمَ الْمُثَلِقِيمَ الْمُثَلِقِيمِ الْمُثَلِقِيمَ الْمُثَلِقِيمِ الْمُثَلِقِيمَ الْمُثَلِقِيمِ الْمُلْمِيمِ الْمُثَلِقِيمِ الْمُلْمُ الْمُنْ الْمُثَلِقِيمِ الْمُلْمِيمِ الْمُلْمِيمِ الْمُنْ الْمُلْمِيمِ الْمُلْمِيمِ الْمُلْمُ الْمُلْمِيمِ الْمُلْمِيمِ الْمُلْمُ الْمُنْ الْمُلْمِيمِ الْمُلْمُ الْمُلْمِيمُ الْمُلْمُ الْمُلْمُعِيمُ الْمُلْمُ الْمُلْمُ

وَ إِذْ قَالَتُ اللّهَ مُهْلِكُهُمْ لِمَ تَعِظُوْنَ قَوْمَا الْمِلْكُ مُهْلِكُهُمْ اَوْ مُعَذِّبُهُمْ عَذَابًا شَدِيدًا ﴿ قَالُوْا مَعْذِرَةً إِلَىٰ مَنْ اللّهُ مُهْلِكُهُمْ اَوْ مُعَذِرَةً إِلَىٰ وَيَالُوا مَعْذِرَةً إِلَىٰ وَيَعْفُونَ ﴿ لَا يَعْفُونَ وَهُو مَنْ مَنْ مُنْ اللّهُ مُنْ يَتَّقُونَ ﴿ وَاللّهُ مُنْ يَتَقُونَ ﴿ وَاللّهُ مُنْ يَتَقُونَ وَ اللّهُ عَلَىٰ وَاللّهُ اللّهُ عَلَىٰ اللّهُ مُنْ اللّهُ الللّهُ اللّهُ اللّهُ اللّه

فَلَمَّا عَتُوا عَنْ مَّا نُهُوا عَنْهُ قُلْنَا لَهُمْ كُونُوا قِرَدَةً خَاسِمِيْنَ

تهم تو توارده ها سِحِين ﴿

وَإِذْ تَكَاذُّنَ رَبُّكَ لَيَهُ عَنْ تَكُوهُ مَهُمُ لِلْ يَوْمِ الْقِيلِمَةِ مَنْ يَكُسُو مُهُمُ لَمُ سُوْءً الْحَذَابِ اللَّهِ رَبِّكَ لَسَرِيْعُ الْحَذَابِ اللَّهُ لَكَفُو لَرَبِكَ لَسَرِيْعُ الْحَقَابِ ﴾ وَإِنَّهُ لَخَفُو زَرَّحِيْمُ ﴿

وَقَطَّعُنْهُمْ فِي الْاَرْضِ أُمَمًّا مِ مِنْهُمُ السَّلِحُونَ وَ مِنْهُمْ دُونَ ذَلِكَ نَوَ السَّلِحُونَ وَ مِنْهُمْ دُونَ ذَلِكَ نَوَ السَّلِحُونَ وَ مِنْهُمْ دُونَ ذَلِكَ نَوَ

ne mu bo nga mulimu abatali batyo. Era twabagezesa n'ebirungi n'ebibi, balyooke beddemu.

170. Kale oluvannyuma lwabwe, abasika ababi abaabaddira mu bigere, abaasikira Ekitabo, baatwala eby'obugagga bw'ensi eno etaliimu nsa nga ky'ekikulu nga bagamba nti: Biritusonyiyibwa. So nga ne bwe batuukibwako eby'obugagga ebirala ebibifaanana, babitwaala. Abaffe, tebaggyibwako ndagaano mu Kitabo nti teboogerenga ku Allah okuggyako eby'amazima ne basoma n'ebikirimu? Naye amaka g'enkomerero ge gasinga obulungi eri abo abatya Allah. Abaffe, temutegeera?

171. Era abo abanywerera ku Kitabo era nebajjumbira essaala, mazima Ffe tetufiiriza mpeera ya bakozi ba birungi.

172. Era *mujjukire* nga bwe twasulika olusozi waggulu waabwe neruba ng'ekidaala, era nebalowooza nti lugenda kubagwako. *Netugamba nti*: Mukwate n'amaanyi ebyo bye twabawa era mujjukire ebikirimu, lwe mujja okwekuuma

## Ruku 22

173. Era *jjukira* nga Mukama wo bwe yaggya mu migongo gy'abaana ba Ādamu abaana baabwe era n'abafuula abeewako bokka obujulizi, *n'ababuuza nti*: Abange, si Nze Mukama wammwe? Nebaddamu nti: Yee, tukakasa. *Ekyo yakikola*, muleme kwogera ku lunaku lw'okuzuukira nti: Ffe bino tetwabimanyaako,

174. Oba mmwe okugamba nti: Mazima ba kitaffe edda be benkanyanga Allah n'ebirala, naye ffe twali zzadde lya luvannyuma lwabwe. Abaffe, onotuzikiriza olw'ebyo ebyakolwa abalimba?

175. Era bwe tutyo bwe tutottola okulabula, balyooke badde *gye tuli*.

176. Era basomere ebyafa kw'oyo gwe twawa obubonero bwaffe n'abwesowolamu, olwo Sitaani n'amulondoola; kale n'aba mw'abo abaawaba.

بكؤ نهُمْ بِالْحَسَنْتِ وَالشَّيِّاٰتِ لَعَلَّهُمْ يَرْجِعُوْكَ۞

فَخَلَفَ مِنْ بَعْدِهِمْ خَلْفُ وَّرِثُوا الْكِتْبَ يَاْ هُذُوْنَ عَرَضَ هٰ ذَاالْاَدُنْ وَ يَقُوْلُوْنَ سَيُعْفَرُ لَنَاء وَإِنْ يَاْتِهِمْ عَرَضٌ تِعْلُهُ يَاهُدُوْهُ وَالَمْ يَوْهُدُا عَلَيْهِمْ مِّيْعَاقُ الْكِتْبِ آنَ لَا يَقُولُوا عَلَيْهِمْ مِّيْعَاقُ الْكِتْبِ آنَ لَا يَقُولُوا عَلَى اللهِ إِلَّا الْحَقَّ وَدَرَسُوا مَا فِيْهِمْ وَالْمَارُ الْأَخِرَةُ خَيْرُ لِلّذِيْنَ يَتَعَقُونَ مَا فَيْدِهِمْ وَالْمَارُ الْأَخِرَةُ خَيْرُ لِلّذِيْنَ يَتَعَقُونَ مَا فَلَا تَعْقِلُونَ فَيَهِمْ

وَ الَّذِيْنَ يُمَتِّكُونَ بِالْكِتْبِ وَ الْكَامُواالصَّلُوةَ الِّالَا لَانُضِيْعُ آجْرَ الْمُصْلِحِيْنَ

وَ إِذْ نَتَقَنَا الْجَبَلَ فَوْقَهُمْ كَاتَهُ ظُلَّةً وَّظَنُّوْااتَّهُ وَاقِعُ بِهِمْ مُخُذُوْا مَا اتَيْنَكُمْ بِقُوَّةٍ وَّاذْكُرُوْا مَا فِيْهِ ﴾ كَالْكُمْ تَتَّقُوْنَ ﴾

وَ إِذْ آخَذَ رَبُكَ مِنْ بَنِيَ اَدَمَ مِنْ فَكُورِهِمْ ذُرِيَّتُكُمْ وَ ٱشْهَدَهُمْ عَلَى فَكُورَهِمْ ذُرِيَّتُكُمْ وَ ٱشْهَدَهُمْ عَلَى الْفُورِهِمْ ذُرِيَّتُكُمْ عَلَى الْفُورِهِمْ أَلَسْتُ بِرَبِّكُمْ قَالُوا بَلْ ﴿ الْفُورِيَوْمَ الْقِيلَمَةِ فَيَا الْفُولِيَنَ الْمُورِيَّةُ وَالْفُورِيَةُ مَا الْفَلِيمَةُ الْفُولِينَ اللهُ اللهُ الْفُولِينَ اللهُ الْفُولِينَ اللهُ الل

اَوْ تَقُوْ لُوْا إِنَّمَا اَشْرَكَ الْبَاوُنَ مِنْ قَبَلُ وَكُوْلًا مِنْ قَبَلُ وَكُوْلًا مِنْ قَبَلُ وَكُونً قَبَلُ وَكُنَّا ذُرِّيَةً مِّنْ بَعْدِ هِمْ مَ اَفَتُهْلِكُنَا بِمَا فَعَلَ الْمُبْطِلُونَ

ۇڭۈلك ئۇشىل اكايىت ۇككىگىم يىزچئىۋى⊚

وَا ثُلُ عَلَيْهِمْ نَبَاً الَّـزِيَّ الْآيَدِ فَهُ الْتِنَا فَا نُسَلَخُ مِنْهَا فَا ثَبَعَهُ الشَّيْطِنُ فَكَانَ مِنَ الْغُوِيْنَ 177. Era singa twayagala, twalimugulumizza ku lwa bwo, naye ye yagugubira ku ttaka n'agoberera kwagala kwe. Kale enfaanana ye efaanana n'embwa: Bw'ogigoba, ewejjawejja; ne bw'ogireka era ewejjawejja. Eyo nno y'enfaanana y'abantu abo abalimbisa obubonero bwaffe. Kale bategeeze ebyafaayo, balyooke bafumiitirize.

178. Nga mbi nnyo enfaanana y'abantu abo abalimbisa obubonero bwaffe, era beeryazaamaanya bokka.

179. Oyo Allah gw'alung'amya, kale oyo ye mulung'amu *owa ddala*. N'oyo gw'asalira okubula, kale abo be b'okufaafaaganirwa.

180. Era ddala twatonda bangi mu Majimi n'abantu nga enkomerero yaabwe muliro: Balina emitima, naye tebagikozesa mu kutegeera. Era balina amaaso naye tebagalabisa. Era balina amatu naye tebagakozesa kuwulira. Abo baling'anga bisolo. Mpozzi ate bo be basinga okuba ababuze. Abo be balagajjavu.

181. Era Allah ye Nannyini matendo agasingira ddala obulungi, kale mumukowoolenga nago. Era muleke abo abawuguka ku matendo ge, bajja kusasulwa olw'ebyo bye baakolanga.

182. Era ne mw'abo be twatonda mulimu abantu abalung'amya n'amazima era nga ku go kwe bakolera obwenkanya.

# Ruku 23

183. Naye abo abalimbisa obubonero bwaffe, tujja kubawalulira mpola mpola *eri okuzikirira* mu ngeri gye batamanyi.

184. Era mbawa akaagaanya *kuba* ddala entegeka yange ya maanyi nnyo.

185. Abaffe, tebafumiitiriza *ne balaba* nga ddala munnaabwe si mugwi wa ddalu? Ye si mulala, wabula ye Mulabuzi ow'olwaatu.

186. Abaffe, tebatunulako mu bwakabaka bw'eggulu n'ensi ne mu bintu Allah bye yatonda? Era ob'olyawo nga entuuko yaabwe emaze okusembera. Kale ate

وَكُوْشِئْنَاكُو فَعْنَهُ بِهَاوُلْكِنَّهُ ٱخْلَهُ إِلَى الْمَاكِلُونِ وَالتَّبَعَ هَوْمَهُ مَ فَمَثَلُهُ كَمْثَلِوا لَكُلْبِأُونَ تَعْمِلُ عَلَيْدِ يَلْهَثُ آوَتَثُرُكُهُ يُلَهِثُ وَلِكَ مَثَلُ الْقَوْمِ الّذِيْنَ كُذَّبُوا بِالْيَتِنَامَ فَاقْصُصِ الْقَصَصَ لَعَلَّهُمْ يَتَفَكَّرُونَ ﴿ الْقَصَصَ لَعَلَّهُمْ يَتَفَكَّرُونَ ﴿ الْقَصَصَ لَعَلَّهُمْ يَتَفَكَّرُونَ ﴿ الْقَصَصَ لَعَلَّهُمْ يَتَفَكَّرُونَ ﴿ الْقَصَصَ لَعَلَّهُمْ يَتَفَكُرُونَ ﴿ الْقَصَصَ لَعَلَّهُمْ يَتَفَكُّرُونَ ﴿ الْقَصَصَ لَعَلَّهُمْ يَتَفَكُّرُونَ ﴿ الْقَصَصَ لَعَلَّهُمْ يَتَفَكُّرُونَ ﴿ مَنْ يَتُهُمْ لِلْ فَأُولِيَكُ هُمُ الْخُسِرُونَ فَيْ ﴿ يُضْلِلْ فَأُولِيَكَ هُمُ الْخُسِرُونَ فَيْ

وَيِلْهِ الْاَسْمَاءُ الْحُسْنَى فَادْعُوهُ بِهَا مَ وَذَرُواالَّذِيْنَ يُلْحِهُ وْنَ فِيْ آَسْمَارُهِ وُ سَيُجْزَوْنَ مَا كَانُوا يَعْمَلُوْنَ ﴿ سَيُجْزَوْنَ مَا كَانُوا يَعْمَلُوْنَ ﴿ وَمِمْنَ خَلَقْنَا أُمَّةً يَهْدُوْنَ بِالْحَقِّ ﴿ وَمِمْ يَعْدِلُونَ ﴿

وَالَّذِيْنَ كَذَّ بُوْابِ أَيْتِنَا سَنَسْتَدْرِجُهُمْ مِّنْ حَيْثُ لَا يَعْلَمُوْنَ هُمُّ وَامْرِنَ لَهُمْ تَهُ إِنَّ كَيْدِيْ مَتِيْنَ هِ اَوْ لَمْ يَتَفَكَّرُوْا عَمَا بِصَاحِبِهِمْ مِّنْ جِنْتَةٍ النَّهُ هُوَلِ لَا نَذِيْرُ شُبِينَ هِ اَوْلَمْ يَنْظُرُوْا فِيْ مَلْكُوْتِ السَّمْوِتِ وَ الْاَرْضِ وَ مَا خَلَقَ اللَّهُ مِنْ شَيْءٍ السَّمْوِتِ وَ عَلَى اَنْ يَتَكُونَ قَوا اللَّهُ مِنْ شَيْءٍ السَّمْوِتِ وَ عَلَى آنَ يَتَكُونَ قَوا اللَّهُ مِنْ شَيْءٍ السَّمْوِتِ وَ kigambo ki kye balikkiriza ebbali wa yo?

187. Oyo Allah gw'asalira okubula, tewali amulung'amya. Era *abo* abaleka mu bujeemu bwabwe nga bawunaawuna.

188. Bakubuuza ebifa ku Ssaawa nti: Eribaawo ddi? Gamba nti: Mazima okumanya kwa yo kuli eri Mukama wange. Tewali aligyoleka ku kiseera kya yo okuggyako Ye yekka. Ezitowa nnyo mu ggulu ne mu nsi. Teribatuukako wabula kibwatukira. Bakubuuza ebigifaako gy'obeera nti ggwe omanyi ebigifaako. Gamba nti: Mazima okumanya kwa yo kuli eri Allah yekka, naye abantu abasinga obungi tebamanyi.

189. Gamba nti: Sirina buyinza kwegasa oba kwerumya, okuggyako nga Allah bw'aba ayagadde. Era singa nali mmanyi eby'enkiso, nalyeyingiwalizza ebirungi era saalituukiddwako kabi *konna*. Naye nze siri kirala wabula ndi mulabuzi era omuwi w'amawulire ag'essanyu eri abantu abakkiriza.

### Ruku 24

190. Ye y'eyabatonda mu mwoyo ogumu era n'akola mu gwo munne wa gwo, gulyooke gutebenkere ku lulwe. Naye bw'ayita gy'ali, aba olubuto *naye nga* luwewufu, olwo n'akunnumba nalwo. Naye bwe luzitowa, olwo bombi basaba Allah Mukama waabwe nti: Bw'onotuwa *omwana* omulungi, mazima tujja kuba mw'abo abeebaza.

191. Naye bw'abawa *omwana* omulungi, badda mu kumuteerawo abenkana naye mw'ekyo ky'abawadde. Kale Allah ali waggulu nnyo n'ebyo bye bamwenkanya nabyo.

192. Abaffe, bamwenkanya n'ebyo ebitayinza na kutonda kyonna ate nga nabyo bitondebwa butondebwa?

193. Era tebayinza kubayamba wadde tebasobola kweyamba bokka.

194. Era bwe mubakoowoola eri obulung'a-

فَرِاً يُّ عَرِيْثُ بَعْدَهُ يُوُمِنُوْنَ ﴿
مَنْ يُّضْلِلِ اللهُ فَلَا هَادِيَ لَكَ وَ
يَذَرُهُمْ مَنْ طُغْيَا نِهِمْ يَعْمَهُوْنَ ﴿
يَشْعَلُوْنَكُ عَنِ السَّاعَةِ ايَّانَ
مُرْسَمَا وَثُلُ اِنَّمَا عِلْمُهَاعِنْدَ رَبِّي مَ
السَّمُوْتِ وَالْاَرْضُ لَا تَاْرِيْكُمْ الْاَبْعُنَةُ وَ
السَّمُوْتِ وَالْاَرْضُ لَا تَاْرِيْكُمْ اللَّا مُوْلَ أَنَّ تُقُلَتُ فِ
السَّمُوْتِ وَالْاَرْضُ لَا تَاْرِيْكُمُ اللَّا بَعْنَةً وَ
السَّمُوْتِ وَالْاَرْضُ لَا تَاْرِيْكُمُ اللَّا بَعْنَةً وَ
السَّمُوْتِ وَالْاَرْضُ لَا تَاْرِيْكُمُ اللَّا بَعْنَةً وَلَا اللهِ وَلَيْ عَنْهَا وَلُو النَّاسِ
عِلْمُهَا عِنْدَا لِلهِ وَلَيْ قَلَى النَّاسِ
عِلْمُهَا عِنْدَا لِلهِ وَلَيْ قَلَى النَّاسِ
كَيْعُلُمُونَ ﴿

قُلْ كَلَ آمَلِكُ لِنَفْسِيْ نَفْعًا وَّلَا ضَرَّ الِآلَّا مِنْ الْفَادِّ لَوْ ضَرَّ الِآلَا مِنْ الْفَادِ اللهُ أَوْلَوْ كُنْتُ آعْلَمُ الْفَيْبَ لَا شَتَكُمُ الْفَيْرِ ﴿ وَمَا مَسَّنِيَ لَا السَّوْءُ مُرَاثَ اَنَا لِآلَا نَاذِيدً وَ مَا مَسَّنِيَ إِلَّا السَّوْءُ مُرَاثَ اَنَا لِآلَا نَاذِيدً وَ مَا مَسَّنِي إِلَّا السَّوْءُ مُرَاثُ اللهِ اللهُ الذِيدُ وَ مَنْ اللهُ اللهُو

هُوَ اللّٰذِي خَلَقَكُمْ مِّنْ تَّفْسِ وَّاحِمَةٍ وَّ جَعَلَ مِنْهَا رَوْجُهَا لِيَسْكُنَ إِلَيْهَا مَنَكَمًا تَخَشَّمَا كَمَلَثُ حَمْلًا خَفِيْفًا فَمَرَّث بِهِ مَ فَكَمَّا اَثْقَلَتُ ذَّعُوا اللّٰهَ رَبَّهُمَا لَئِنْ اَتَيْتَنَا صَالِمًا لَّنَكُونَنَ مِنَ الشَّكِرِيْنَ اللهِ

فَكُمَّ افْدَهُمَا صَالِمًا جَعَلَا لَهُ شُرَكًا : فِيْمَا الْمِهُمَا مِفَعَلَى اللهُ عَمَّا يُشْرِكُونَ ﴿

ٱيُشْرِكُوْنَ مَا لَا يَخْلُقُ شَيْعًا وَّ هُمْ

وَ لَا يَشْتَطِيْعُوْنَ لَهُ مُ نَصْرًا وَّ لَاَ اَنْفُسَهُمْ يَنْصُرُوْنَ ﴿

وَإِنْ تَدْعُوهُمْ إِلَّ الْهُدِّي لَا

mu, tebabagoberera. Ky'ekimu gye muli bwe mubakowoola oba bwe mwesirikira.

195. Mazima abo be muwanjagira ebbali wa Allah nabo baweereza, okufaanana nga mmwe. Kale mubasabe babaanukule, obanga muli ba mazima.

196. Abaffe, balina amagulu ge batambuza, nandiki balina emikono gye bakwasa? Oba balina amaaso ge balabisa, nandiki balina amatu ge bawuliza? Gamba nti: Kale mukoowoole abammwe be mwenkanya ne Allah n'oluvannyuma munneekobere, era temumpa kaagaanya.

197. Mazima omukuumi wange ye Allah Oyo eyassa Ekitabo era y'akuuma abakozi b'ebirungi.

198. Naye abo be muwanjagira ebbali we, tebasobola kubayamba wadde bo bennyini okweyamba.

199. Era bwe mubakoowoola eri obulung'amu, tebawulira. Era obalaba ng'abatunula gy'oli naye nga tebalaba.

200. Weekwate okusonyiwa era kubiriza okukola ebirungi era weesambe abatategeera.

201. Naye bw'ofukuutirirwanga Sitaani olufukuutirira, kale wewogomenga eri Allah. Mazima Ye y'Awulira byonna, Omumanyi wa byonna.

202. Mazima abo abeekuuma bwe balumbibwa ebirowoozo ebiva eri *Sitaani*, bajjukira *mangu Allah*, okwejjuukiriza nga balabuse.

203. Naye *abatakkiriza* baganda baabwe (ba Sitaani) babongera mu kubula, nate era tebaddirira.

204. Era bw'otabaleetera kabonero, bagamba nti: Lwaki tewakayiiya? Gamba nti: Mazima nze ngoberera ebyo ebimbikkulirwa okuva eri Mukama wange. Buno bwe bujulizi okuva eri Mukama wammwe era bwe bulung'amu n'okusaasira eri abantu abakkiriza.

يَتَّبِعُوْكُمْ سُوّا ءَعَلَيْكُمْ آدَعَوْ تُمُوْهُمْ آمْ آنْتُمْ مَسَامِتُوْنَ ﴿ إِنَّا لَّذِيْنَ تَدْعُوْنَ مِنْ كُوْنِ اللهِ عِبَاكُ إِنَّا لَّذِيْنَ تَدْعُوْنَ مِنْ كُوْنِ اللهِ عِبَاكُ وَمُذَالُكُمْ ذَادَةُ مُ أَدْدَةً مُنْ مُنْدَ وَمَدْ مُوْدِ

رە كۆرگە ئادىمۇن ئون دوۋە للوچباد آھنگا ئىگىم قادىمۇ ھىم قلىكى شتىمى بۇدا ئىگىمان گىنىتەم ھىرقى يىن @

آلهُمْ آدَجُلُ يَتَمشُّوْنَ بِهَآ رَآهُ لَهُمْ آَنَ الْهُمُ الْهُمْ آَنَ الْهُمُ الْهُمْ آَنَ الْهُمُ آَنَ الْهُمُ آَنَ الْهُمُ آَنَ الْهُمُ آَنَ الْهُمُ آَنَ الْهُمُ الْمَانَ الْمُواشُرَكُا وَكُمْ الْمُرَكُّا وَكُمْ الْمُرَكُّا وَكُمْ الْمُرَكِّا وَكُمُ الْمُرَكِّا وَكُمْ الْمُرَكِّا وَكُمْ الْمُرْكُونِ الْمُرَكِّا وَكُمْ الْمُرْكُونِ الْمُرْكُونُ الْمُرْكُونِ الْمُرْكُونِ الْمُرْكُونِ الْمُرْكُونِ الْمُرْكُونِ الْمُرْكُونِ الْمُرْكُونِ اللَّهُ اللَّهُ اللَّهُ الْمُرْكُونُ اللَّهُ الْمُرْكُونِ اللَّهُ اللَّهُ اللَّهُ الْمُرْكُونِ اللَّهُ اللَّهُ الْمُرْكُونُ اللّهُ اللَّهُ اللَّهُ الْمُرْكُونُ اللَّهُ اللَّهُ الْمُرْكُونُ اللَّهُ اللَّهُ اللَّهُ الْمُرْكُونُ اللَّهُ اللَّهُ الْمُرْكُونُ اللَّهُ الْمُرْكُونُ اللَّهُ اللَّهُ الْمُرْكُونُ اللَّهُ اللَّهُ اللَّهُ الْمُرْكُونُ اللَّهُ الْمُرْكُونُ اللَّهُ الْمُرْكُونُ اللَّهُ الْمُعْلِي الْمُعْمِلِي الْمُعْلِي ال

اِنَّ وَلِيِّ يَ اللَّهُ الَّذِيْ مَنَّ لَلَ الْكِتْبَ ﴿ وَكُولَ الْكِتْبَ ﴿ وَكُولَ الْكِتْبَ ﴿ وَ

وَ الَّذِيْنَ تَدْعُوْنَ مِنْ دُوْنِهِ كَا يَشْتَطِيْعُوْنَ نَصْرَكُمْوَلَآآ نْفُسَهُمْ يَنْصُرُوْنَ۞

وَإِنْ تَسْدَعُوْهُ هَالَى الْهُدَّى لَا يَسْمَعُوْا ا وَ تَكَرْمُهُ هَ يَنْظُرُوْنَ رِالْيُلِكَ وَهُـهُ لَا يُبْصِدُوْنَ

خُوْالْحَفْوَ وَآمُرْ بِالْحُرْ فِ وَآعْرِضَ عَنِ الْجِهِلِيْنَ

وَ إِنَّا يَنْزُعَنَّكَ مِنَ الشَّيْطُنِ تَزُخُّ فَاشْتَعِذْ بِاللَّهِ اللَّهِ النَّهُ سَمِيْمُ عَلِيْمُ ﴿ إِنَّ اللَّذِيْنَ التَّقَوْا إِذَا مَسَّهُمْ طَئِفُ مِّنَ الشَّيْطِنِ تَذَكَّرُوْا فَإِذَا هُمْمُّنْهُ مِرُوْنَ ﴿

وَرِخُوا نُهُمْ يَمُدُّونَهُمْ فِي الْغَيِّ ثُمَّرً لا يُقْصِدُونَ

وَ إِذَا لَمْ تَاْتِهِمْ بِأَيَةٍ قَالُوْا لَوْ كَالَا لَوْ كَالُوْا لَوْ كَالَا لَوْ كَالَا لَوْ كَالَا كَالُو كَالُوْكَ كَالْكُوْكَ لَا الْكَالُونُ كَالُونُ كَالُونُ كَالُونُ كَالُونُ كَالْكُمْ وَكُلُمْ مَا يُؤْمِنُونَ ﴿ لَا لَهُ مَا يُؤْمِنُونَ ﴿ وَلَا مُعَلَّمُ مِنْوُنَ ﴿ وَمُنْوُنَ ﴿ وَمُنْوُنَ ﴿ وَمُنْوُنَ ﴿ وَمُنْوُنَ ﴿ وَمُنْوُنَ ﴿ وَمُنْوُنَ ﴿ وَمُنْوَنَ ﴿ وَمُنْوَنَ ﴿ وَمُنْوَنَ ﴿ وَمُنْوَنَ اللَّهُ وَمُنْوُنَ ﴿ وَمُنْوَنَ اللَّهُ وَمِنْوُنَ ﴿ وَمُنْوَنَ ﴿ وَمُنْوَنَ ﴿ وَمُنْوَنَ اللَّهُ وَمُنْوَنَ اللَّهُ وَمِنْ وَاللَّهُ وَمِنْ وَاللَّهُ وَمِنْ وَاللَّهُ وَمِنْ وَاللَّهُ وَمُ اللَّهُ وَمِنْ وَاللَّهُ اللَّهُ وَاللَّهُ وَاللَّهُ وَاللَّهُ وَاللَّهُ وَاللَّهُ وَاللّهُ وَاللَّهُ وَالْمُؤْلِقُونُ وَاللَّهُ وَاللَّهُ وَاللَّهُ وَاللَّهُ وَلَا مُنْ وَاللَّهُ واللَّهُ وَاللَّهُ وَاللَّهُ وَاللَّهُ وَاللَّهُ وَاللَّهُ وَاللّهُ وَاللَّهُ وَال

205. Era Kur'āni bw'ebanga esomebwa, kale mugiwulirizenga nnyo era musiriikirirenga, lwe mujja okusaasirwa.

206. Era jjukiranga Mukama wo mu mwoyo gwo mu bwetoowaze n'okutya, so si kwogera kwa kuleekaana, *bw'otyo* ku makya n'eggulo; era tobeeranga mw'abo abalagajjavu.

207. Mazima abo abali ku lusegere lwa Mukama wo tebeekuluntaliza ku kumusinza era bamutendereza era Ye gwe bavuunamira.

وَ اِذَا قُرِئَ الْقُرَاكُ فَا سُتَمِعُوا لَـ هَوَ
انْصِتُوا لَعَلَّكُمْ تُرْحَمُونَ۞
وَ اذْكُرْ رَّبَكَ فِي نَفْسِكَ تَضَرُّعًا وَّ
خِيْفَةً وَّدُونَ الْجَهْرِمِنَ الْقَوْلِ بِالْغُدُوِّ
وَ الْأَصَالِ وَلَا تَكُنْ مِّنَ الْغُولِينَ ۞
وَ الْأَصَالِ وَلَا تَكُنْ مِّنَ الْغُولِينَ ۞
وَ الْأَصَالِ وَلَا تَكُنُ مِّنَ الْغُولِينَ ۞
وَ الْأَصَالِ وَلَا تَكُنُ مِّنَ الْغُولِينَ وَ لَكُ اللّهُ اللّهُ اللّهُ اللّهُ اللّهُ اللّهُ وَلَا لَكُنْ مِنْ اللّهُ اللّهُ اللّهُ اللّهُ وَلَى اللّهُ اللّهُ اللّهُ اللّهُ وَلَى اللّهُ اللّهُ اللّهُ اللّهُ اللّهُ اللّهُ اللّهُ اللّهُ اللّهُ وَلَى اللّهُ اللللّهُ اللّهُ الللّهُ

# سُوَةُ الْأَنْفَ الِمَدَنِيَّةُ ٨



# AL-ANFĀL 8

(Yakka luvannyuma lwa Hijra)

- 1. Ku lw'erinnya lya Allah, Omusaasizi ennyo, Ow'ekisa ekingi.
- 2. Bakubuuza ebifa ku minyago. Gamba nti: Eminyago gya Allah ne Mutume. Kale mutye Allah era mutereeze n'ebyo ebiri wakati wammwe era mugondere Allah ne Mutume we, bwe muba nga *ddala* muli bakkiriza.
- 3. Mazima abakkiriza *abatuufu* be bo emitima gyabwe egitekemuka nga Allah ayogeddwako, era bwe basomerwa Aya ze, zibongera bukkiriza era Mukama waabwe *yekka* gwe beesiga.
- 4. Be bo abajjumbira essaala era nga ne mu bye twabawa babitoolamu.
- 5. Abo nno be bakkiriza ab'amazima. Balina amadaala eri Mukama waabwe n'okusonyiyibwa n'ebigabulwa eby'ekitiibwa.
- 6. Nga Mukama wo bwe yakufulumya mu nnyumba yo ku lw'amazima, so nga ddala ekibiina ekimu mu bakkiriza kyali tekyagala.
- 7. Bakuwakanya ne kw'ebyo eby'amazima oluvannyuma lw'okunnyonnyoka nekiba nga abagoberwa eri okufa nga balaba.
- 8. Era *mujjukire* nga Allah bwe yabasuubiza nti ekimu ku bibinja ebibiri ddala kijja kuba kyammwe, naye ate mmwe ne mwagala ekyo ekitaalina bya kulwanyisa *nti* ky'ekiba kiba ekyammwe; so nga Allah yayagala kukakasa mazima n'ebigambo bye era akutule n'omulandira gw'abatakkiriza.
- 9. Alyooke akakase amazima era asaanyeewo obulimba, newaakubadde nga aboonoonyi tebaagala.

يَسْعَلُوْ نَكَ عَنِ الْاَنْفَالِ الْاَنْفَالُ لِللهِ الْاَنْفَالُ لِللهِ وَلَا الْاَنْفَالُ لِللهِ وَاللهِ الْاَنْفَالُ لِللهِ وَاللهُ وَاصْلِحُوْا ذَاتَ بَيْزِكُمُ مَا طَيْعُوا اللهَ وَرَسُوْكَ فَاتَ اللهَ وَرَسُوْكَ فَا

يشيرا لله الرَّحْمٰنِ الرَّحِيْرِ ()

رِنْ كُنْتُمْ مُّؤْمِنِيْنَ ﴿ رِنَّمَا الْمُؤْمِنُوْنَ الَّذِيْنَ إِذَا ذُكِرَ اللَّهُ وَجِلَتْ قُلُوْ بُهُمْ وَإِذَا تُلِيَتْ عَلَيْهِمْ

النَّهُ وَادَتُهُمْ إِيْمَانًا وَ عَلَى رَبِّهِمْ النَّهُ وَكُلُونَ أَنَّ اللَّهُ مِنْ اللَّهُمُ اللَّهُ اللَّلِي اللَّهُ اللَّالِي الللِّهُ اللَّهُ اللَّالِمُ اللَّالِمُ اللَّالِي اللَّالِ اللَّالِمُ اللَّالِي الللِّهُ اللْمُعَالِمُ اللَّالِي اللَّا الَّالِمُ اللِّهُ اللْمُواللِمُ اللَّالِلْمُ اللَّالِمُ اللللِّهُ ا

الَّذِيْنَ يُقِيْمُوْنَ الصَّلُوةَ وَ مِمَّا رَاكِمُونَ وَمِمَّا وَ مِمَّا وَرَاكُمُونَ وَمِمَّا وَرَاكُمُونَ وَمِمَّا

ۯڒڠٛٛۘڹ۠ۿۿڲؙڹٛڣۣڡؙٛۉؾ۞ ٲۅڶؿڬۿۿؙٵڷۿۅٛٛؠڹؙۉؾػڟؖٵۥڵۿۿ ڮڒڂ۪ڰٙۼڹٛۮڒؾؚۿۿٷڡؘڂٛڣڒٷؖڒڒٛؿؙ ػڒؽڴ۞ٛ

كَمَآ آغْرَجَكَ رَبُّكَ مِنْ بَيْتِكَ بِالْحَقِّ وَإِنَّ فَرِيْقًا مِّنَ الْمُؤْمِنِيْنَ كَكْرِهُوْنَ أُنِ

يُجَاَدِ لُوْنَكَ فِ الْحَقِّ بَعْدَ مَا تَبَيَّنَ كَانَّمَا يُسَا قُوْنَ إِلَى الْمَوْتِ وَ هُمْرَ يَنْظُرُوْنَ۞

وَإِذْ يَجِدُكُمُ اللّهُ إِحْدَى الطّائِفَةَ يُنِ اَنَّهَا لَكُمْ وَتَوَدُّ وْقَاقَ غَيْرَ ذَاتِ الشَّوْكَةِ تَكُوْنُ لَكُمْ وَيُرِيدُا لِللهُ اَنْ يُحِقُّ الْحَقَّ بِكَلِمْتِهِ وَيَقْطَعَ دَابِرَالْكُفِرِيْنَ ۞

رِلِيُحِقَّ الْكَقَّ وَ يُبْطِلُ الْبَاطِلَ وَلَوْ كَرِوَ الْمُجْرِمُوْنَ أَنْ

- 10. Awo bwe mwawanjagira Mukama wammwe, kale yabaanukula *n'agamba nti*: Ddala nzija kubadduukirira n'olukumi lwa bamalayika abagoberagana.
- 11. Era ekyo Allah teyakikola wabula lwa kuwa mawulire ag'essanyu, n'emitima gyammwe giryooke gimatire ku lwa go. Era tewali buyambi bulala okuggyako obuva eri Allah. Mazima Allah ye Luwangula, Omugezi ennyo.

- 12. Mujjukire nga bwe yababuutikiza otulo nga ke kabonero k'emirembe egiva gy'ali era n'abatonnyeseza enkuba okuva mu bire alyooke abatukuze nayo, era abaggyeko ekko lya Sitaani, era alyooke anyweze emitima gyammwe, nate anyweze nayo ebigere byammwe.
- 13. Awo Mukama wo bwe yabikkulira ba malayika nti: Ddala nangendi wamu nammwe, kale munyweze abo abakkiriza. Nzija kussa encukwe mu mitima gy'abo abatakkiriza. Kale mukube waggulu ku nsingo era mubakube ku buli busanso bwa ngalo.
- 14. Ekyo lwa kubanga baawakanya Allah ne Mutume we. Era oyo awakanya Allah ne Mutume we, *amanye nti* mazima Allah mukakali mu kubonereza.
- 15. Bwe kityo *ekibonerezo* mukirozeeko; era ddala abatakkiriza be balifuna ekibonerezo ky'omuliro.
- 16. Abange mmwe abakkiriza, bwe musisinkananga abatakkiriza nga bali mu kikwekweeto, kale temubalaganga enkoona.
- 17. Era yenna *mu mmwe* mu kiseera ekyo alibalaga enkoona—okuggyako nga akyuuka kwetegekera kulwaana oba okwegatta ku kibinja *kya banne*—aliba yereetedde obusungu obuva eri Allah, n'obutuulo bwe Jahannamu; era obwo bwe buddo obubi ennyo.
- 18. Kale si mmwe mwabatta, naye Allah y'eyabatta. Era si ggwe wakasuka awo bwe

رِذْ تَسْتَغِيْثُوْنَ رَبِّكُمْ فَاسْتَجَابَ لَكُمْ اَنِّيْ مُحِدُّكُمْ بِالْفِ لِتِّنَ الْمَلْئِكَةِ مُرْدِفِيْنَ۞

وَمَاجَعَلَهُ اللّهُ إِلّهُ بُشْرِى وَلِتَطْمَهُ وَقَ بِهِ قُلُوْبُكُمْ مِ وَمَا النّصْرُ إِلّا مِنْ عِنْدِ فَى اللّهِ اللّهُ عَزِيْزُ مَكِيْمُ شُ

ا ﴿ يُغَشِّيْكُمُ النَّعَاسَ اَمَنَةً مِّنْهُ وَ يُعَرِّلُ عَلَيْكُمْ مِّنَ السَّمَاءِ مَاءُ رِيُطُقِرَكُمْ بِهِ وَ يُهْوَهِبَ عَنْكُمْ رِجْزَ الشَّيْطُونِ وَلِيَرْبِطَ عَلَى قُلُوْ بِكُمْ وَ يُخَبِّتَ بِعِالْا كَثَرَامَ شَ

ا ﴿ يُوْحِيْ رَبُّكَ إِنَى الْمَلْئِكَةِ اَبِّيْ مَعَكُمْ فَيْ مِتَكُمْ فَيْ مِنْ لَكُوْدَ وَسَأَلْتِيْ فِيْ فَكُمْ الْمُنُوْدَ وَسَأَلْتِيْ فِيْ ثُلُوْبِ اللَّهِ عَنْ فَكُرُوا الرُّعْبُ فَاضُو بُوْدَ الْمُرْبُوْدَ وَاضْرِبُوْدَ وَاضْرِبُوْدَ وَاضْرِبُوْدَ وَاضْرِبُوْدَ وَاضْرِبُوْدَ وَانْ مُنْ لِينُ اللَّهُ مِنْ لَكُونُ وَانْ مُنْ اللَّهُ مِنْ اللَّهُ مُنْ اللَّهُ مُنْ اللَّهُ مُنْ اللَّهُ مِنْ اللَّهُ اللَّهُ مُنْ اللَّهُ مُنْ اللَّهُ مُنْ اللَّهُ مُنْ اللَّهُ مِنْ اللَّهُ مِنْ اللَّهُ مِنْ اللَّهُ اللَّهُ مُنْ اللَّهُ مُنْ اللَّهُ مِنْ اللَّهُ مِنْ اللَّهُ مُنْ اللَّهُ مُنْ اللَّهُ مُنْ اللَّهُ مِنْ اللّلِي اللَّهُ مِنْ اللَّهُ مِنْ اللَّهُ مِنْ اللَّهُ مُنْ اللّهُ مُنْ اللَّهُ مُنْ اللَّهُ مُنْ اللَّهُ مُنْ اللَّهُ مُنْ اللّهُ مِنْ اللَّهُ مِنْ اللَّهُ مُنْ اللَّهُ مُنْ اللَّهُ مُنْ اللّهُ مُنْ اللَّهُ مُنْ اللَّهُ مُنْ اللَّهُ مُنْ اللَّهُ مُنْ اللّهُ مُنْ اللَّهُ مُنْ اللَّهُ مُنْ اللَّهُ مُنْ اللَّهُ مُنْ اللّهُ مُنْ اللَّهُ مُنْ اللَّهُ مُنْ اللَّهُ مُنْ اللَّهُ مُنْ اللّهُ مُنْ اللَّهُ مُنْ اللَّهُ مُنْ اللَّهُ مُنْ اللَّهُ مُنْ اللّهُ مُنْ اللَّهُ مُنْ اللَّهُ مُنْ اللَّهُ مُنْ اللَّهُ مُنْ اللّهُ مُنْ اللَّهُ مُنْ اللَّهُ مُنْ اللَّهُ مُنْ أَلِي مُنْ اللَّهُ

ذلك بِالنَّهُمْ شَافُوااللَّهَ وَرَسُوْكَةَ ۗ وَ مَنْ يُشَاعِقِ اللَّهَ وَرَسُوْكَ الْعَالَ اللَّهَ شَدِيْدُ الْحِقَابِ ۞

ذٰلِكُمْ فَذُوْتُوَهُ وَ آتَ لِلْكُفِرِيْنَ عَذَابَ النَّارِ

يَّا يُنْهَا الَّذِيْنَ اَسَنُوْا رَذَا كَقِيْتُهُ الَّذِيْنَ كَفَرُوْا زَحْفًا كَلَا تُوَتُّوْهُمُ الْاَذِيْنَ كَفَرُوْا زَحْفًا كَلَا تُوَتُّوْهُمُ

وَمَنْ يُتُولِهِ هَ يَوْمَئِذِ دُ بُرَةَ الْأَمْتَحَرِّفًا لِقِتَالٍ اَوْ مُتَحَيِّزًا إِلَى فِئَةٍ فَقَدْ بَاءَ بِعَضَبِ مِّنَ اللهِ وَمَاوْسَهُ جُهَنَّهُ ﴿ وَ بِعُضَبِ مِّنَ اللهِ وَمَاوْسَهُ جُهَنَّهُ ﴿ وَ بِعُسَ الْمَصِيرُ ﴿

فَكَمْ تَقْتُلُوْ هُمْ وَلَكِنَّ اللَّهَ قَتَلَهُمْ وَ

wakasuka, naye Allah y'eyakasuka, olwo alyooke agezese abakkiriza okugezesa okulungi okuva gy'ali. Mazima Allah

- 19. Bwe kityo nno Allah y'ayenjebula entegeka y'abatakkiriza.
- 20. Obanga munoonya kusalawo, mazima okusalawo kwamala okubatuukako. Naye bwe munaabonerera, ekyo ky'ekisinga obulungi gye muli. Naye bwe munaddira, naffe tunaddira era eggye lyammwe terijja kubagasa n'akatono ne bwe linaaba ddene litya; era mumanye nti ddala Allah ali wamu n'abakkiriza.

#### Ruku 3

- 21. Abange mmwe abakkiriza, mugondere Allah n'Omutume we era temumukubanga amabega, so nga muwulira.
- Tuwulidde, so nga tebawulira.
- 23. Mazima ebisolo ebisingira ddala obubi mu maaso ga Allah, be baggavu b'amatu, bakasiru, abo abatakozesa magezi.
- 24. Era singa Allah yamanya nti balimu akalungi, mazima yaalibawulizza. Naye ne bwe yaalibawulizza, era baalyeekyuusizza, nebatafaayo.
- 25. Abange mmwe abakkiriza, mwanukule Allah n'Omubaka nga abakoowodde eri ebyo ebibawa obulamu, era mumanye nti ddala Allah yeekiise wakati w'omuntu n'omutima gwe, era nti ddala gy'ali gye mulikung'aanyizibwa.
- Era mwekuume ekibonyobonyo ekitalikoma kw'abo aboononyi bokka abali mu mmwe. Era mumanye nti ddala Allah mukakali nnyo mu kubonereza.
- 27. Era mujjukire nga mwali bwe ab'omuswaaba nga mmwe mugayirirwa mu nsi nga mutya abantu okubakwakkula. Kale Allah n'abawa obuddukiro era n'abawagira n'obuyambi bwe era n'abagabula ku birungi, mulyooke mwebaze.

ماً رَمَيْتَ رِذْ رَمَيْتَ وَلَحِنَّ اللَّهُ دَخْى ﴿ وَ لِيُبْلِيَ الْمُؤْمِنِينَ مِنْهُ y'Awulira byonna, ye Mumanyi wa byonna. هُمُوَا عَلِيهُمُ عَلِيهُمُ اللهُ عَلِيهُمُ اللهُ عَلِيهُمُ عَلِيهُمُ اللهُ عَلِيهُمُ اللهُ عَلِيهُمُ اللهُ عَلَيْهُمُ اللهُ اللهُ اللهُ عَلَيْهُمُ اللهُ عَلَيْهُ عَلَيْهُمُ اللهُ عَلَيْهُ عَلَيْهُمُ اللهُ عَلَيْهُ عَلَيْهُمُ اللهُ عَلَيْهُ عَلَيْهُمُ اللهُ عَلَيْهُ عَلَيْهُمُ اللهُ عَلَيْهُ عَلَيْهُمُ اللّهُ عَلَيْهُمُ اللّهُ عَلَيْهُمُ اللهُ عَلَيْهُمُ اللّهُ عَلَيْهُمُ اللّهُ عَلَيْهُمُ اللّهُ عَلَيْهُمُ اللّهُ عَلِيهُ عَلَيْهُمُ اللّهُ عَلَيْهُمُ اللّهُ عَلَيْهُمُ اللّهُ عَلَيْهُمُ اللّهُ عَلَيْهُمُ اللّهُ عَلَيْهُمُ اللّهُ عَلَيْهُ عَلَيْهُمُ اللّهُ عَلَيْهُمُ اللّهُ عَلَيْهُمُ اللّهُ عَلَيْهُمُ اللّهُ عَلَيْهُ عَلِيهُ عَلَيْهُ عَالْمُعُمُ عَلَيْهُ عَلِي عَلَيْهُ عَلَيْهُ عَلَيْهُ عَلَيْهُ عَلَيْهُ عَلَيْهُ عَلِيهُ عَلَيْهُ عَلِيهُ عَلَيْهُ عَلِي عَلِي عَلِي عَلِي عَلَيْهُ عَلِي عَلَيْهُ عَلِي عَلَيْهُ عَلِي عَلِي عَلِي عَلِي عَلِي عَلَيْه ذٰلِكُمْ وَ أَنَّ اللَّهُ مُوْهِنُ كَيْدِ الكفيرين ١

> إِنْ تَسْتَفُيْحُوافَقَ كَاءَكُمُ الْفَتْحُ وَإِنْ تَنْتُهُوا فَهُوَ خَيْرٌ لَّكُمْ وَإِنْ تَعُوْدُوْا نَعُدْ \* وَكَنْ تُغْنِي عَنْكُهُ فِئَتُكُمْ شَيْعًا وَّلَوْكَثُرَتْ " وَاَنَّ اللَّهَ مَعَ في المُؤمِنِينَ

يَّايُّهَا الَّذِيْنَ أَمَنُوٓا اَطِيْعُوا اللَّهَ وَ رَسُوْلَهُ وَ لَا تَوَلُّوْا عَنْهُ وَ آنْـتُمْ

وَكَا تَكُونُوا كَالَّذِينَ قَالُوا سَمِعْنَا وَ 22. Era temuba ng'abo abagamba nti: وَكَا تَكُونُوا هُ هُ لا يَسْمَعُوْنَ ١٠٠

> إِنَّ شَرَّ الدِّ وَآتِ عِنْدُ اللهِ الصُّمُّ الْبُكُمُ اللَّذِيْنَ لَا يَعْقِلُوْنَ

وَكَوْعَلِمَ اللَّهُ فِيْهِمْ خَيْرًا لَّا سُمَعَهُمْ ا وَكُوْا سُمَحَهُمْ لَتُوَتُّوْا وَّهُمْ مُتُعْرِضُوْ كَ۞

يَّا يُّهَا الَّذِينَ أَمَّنُوا اسْتَجِيْبُوا بِلَّهِ وَ لِلرَّسُولِ إِذَا وَعَاكُمْ لِمَا يُحْبِيثُكُمْ مَ وَاعْلَمُوا آتَ الله يَحُولُ بَيْنَ الْمَدْءِ وَ قَلْبِهِ وَأَنَّكُ آلِيُهِ تُحْشَرُونَ ۞

وَالْتَقُوْا فِتْنَةً لَّا تُصِيْبَنَّ الَّذِيْنَ ظَلَمُوْ امِنْكُمْ خَاصَّةً ، وَاعْلَمُوْا آنَّ الله شريدُ العِقابِ

وَاذْكُرُ وَالِدْ آثْتُمْ قَلِيْلٌ مُسْتَضَعَفُهُ كَ فِ الْاَدْفِ تَخَافُوْنَ آنَ يَتَخَطَّفَكُمُ النَّاسُ فَأَوْ سُكُمْ وَآيَّتُهُ كُمْ بِنَصْرِمْ وَ رَزَقَكُمْوَيِّنَ الطَّيِّبَلِتِ لَعَلَّكُمْ تَأَشْكُرُوْنَ™

- 28. Abange mmwe abakkiriza, temukumpanyanga Allah n'Omubaka *we* wadde temukumpanyanga okusigirwa kwammwe nga mugenderedde.
- 29. Era mumanye nti ddala eby'obugagga bwammwe n'abaana bammwe kigezo era *mumanye* nti ddala eri Allah y'eri empeera ensukkirivu.

- 30. Abange mmwe abakkiriza, bwe munaatya Allah, ajja kubateerawo ekyawula era abasanguleko n'ebibi byammwe, nate abasonyiwe. Anti Allah ye Nannyini mikisa emisuffu.
- 31. Era *jjukira* nga abatakkiriza bwe baakwekobera okukusiba oba okukutta oba okukuwang'angusa. Kale beekobanga nga ne Allah yeekoba. Naye Allah y'asinga abeekobi bonna.
- 32. Era bwe basomerwa Aya zaffe, bagamba nti: Tumaze okuwulira. Naye bwe tuba twagadde, ddala naffe tuyinza okwogera ebiringa ebyo. Bino si birala wabula ngero z'abedda.
- 33. Era jjukira nga bwe baagamba nti: Ayi Allah, obanga ddala gano ge mazima agava gy'oli, kale tuyiweeko amayinja okuva mu ggulu oba tuleetere ekibonerezo ekirumya.
- 34. Naye Allah teyaalibabonerezza nga naawe oli mu bo, era Allah teyaalibabonerezza ng'ate eno basaba okusonyiyibwa.
- 35. Naye kati balina ki Allah ky'anaava tababonereza ng'ate baziyiza n'abantu eri Omuzigiti Omutukuvu so nga si be bakuumi ba gwo? Naye abakuumi ba gwo *abatuufu si balala* wabula be bo abatya Allah. Naye abasinga obungi mu bo tebamanyi.

يَّاَيُّهَا الَّذِيْنَ امَنُوْا لَا تَخُوْنُوا اللَّهَ وَ الرَّسُوْلَ وَ تَخُوْنُوَا اَلْمَنْتِكُمْ وَ اَنْتُمْ تَعْلَمُوْنَ

وَاعْلَمُوْا اَنَّمَا آمُوَالُكُمْ وَ اَوْلَادُكُمْ فِشْنَةً ﴿ أَنَّ اللّهَ عِنْدَةً آجَرً غَظِيْمُ ۞

يَاكَيُّهَا الَّذِيْنَ اسَنُوْ اللهُ تَتَقُوا اللهُ يَجْعَلُ لَّكُمْ فُرْقَا نَاوَّيُ كَيِّرْ عَنْكُمْ سَيِّا تِكُمْ وَ يَخْفِرْ لَكُمْ وَ اللهُ دُوالْفَصْلِ الْعَظِيْمِ ﴿

وَإِذْ يَهْكُرُ بِكَ اللَّإِيْنَ كَفَرُوا رئي ثَيْتُوكَ أَوْ يَتَقْتُلُوْكَ آَوْ يُغْرِجُوْكَ ﴿ وَيَهْكُرُونَ وَيَهْكُرُا لِلْكُ اللَّهُ اللَّهُ اللَّهُ عَلَيْهُ اللَّهُ اللَّهُ عَلَيْهِ اللَّهُ عَلَيْهُ اللَّهُ اللَّهُ عَلَيْهُ اللَّهُ عَلَيْهُ اللَّهُ عَلَيْهُ اللَّهُ اللَّهُ عَلَيْهُ اللَّهُ عَلَيْهُ اللَّهُ عَلَيْهُ اللَّهُ عَلَيْهُ اللَّهُ عَلَيْهُ اللَّهُ عَلَيْهُ اللَّهُ اللَّهُ اللَّهُ عَلَيْهُ اللَّهُ عَلَيْهُ اللَّهُ عَلَيْهُ اللَّهُ اللَّهُ عَلَيْهُ اللَّهُ عَلَيْهُ اللَّهُ عَلَيْهُ اللَّهُ عَلَيْهُ اللَّهُ عَلَيْهُ اللَّهُ اللَّهُ عَلَيْهُ اللَّهُ عَلَيْهُ اللَّهُ عَلَيْهُ اللَّهُ عَلَيْهُ اللَّهُ اللَّهُ عَلَيْهُ اللَّهُ اللَّهُ عَلَيْهُ اللَّهُ اللَّهُ عَلَيْهُ اللْهُ اللَّهُ عَلَيْهُ اللَّهُ عَلَيْهُ اللَّهُ عَلَيْهُ اللَّهُ عِلَيْهُ اللْهُ عَلَيْهُ اللَّهُ عَلَيْهُ عَلَيْهُ اللَّهُ عَلَيْهُ عَلَيْهُ الْمُعَلِّ عَلَيْهُ اللَّهُ عَلَيْهُ اللَّهُ عَلَيْكُ اللَّهُ عَلَيْهُ الْمُعَلِي عَلَيْكُ وَالْمُعُلِمُ اللَّهُ عَلَيْهُ اللَّهُ عَلَيْهُ الْعَلَيْمُ اللْمُعَلِّمُ اللَّهُ عَلَيْهُ الْمُعَلِّمُ الْمُعَلِمُ الْمُؤْلِقُلُولُ الْمُعَلِمُ الْمُعَلِمُ الْمُعَلِمُ الْمُعَلِمُ الْمُعِلَى الْمُعَلِمُ الْمُعَلِمُ الْمُعِلِمُ الْمُعَلِمُ الْمُعَلِمُ الْمُعَلِمُ الْمُعَلِمُ الْمُعَلِمُ الْمُعَلِمُ الْمُعَلِمُ الْمُعَلِمُ الْمُعُلِمُ الْمُعَلِمُ الْمُعُلِمُ الْمُعُلِمُ الْمُعَ

وَإِذَا تُثَلَّى عَلَيْهِ هُ أَيْتُنَا قَالُوْا عَدْ سَمِعْنَا لَوْ نَشَاءُ لَقُلْنَا مِثْلَ هُذَا " إِنْ هُذَا إِلَّا اَسَاطِيرُ الْاَوْلِيْنَ

وَرِدْ قَالُوااللّٰهُ مَّرِانْ كَانَ لَمْذَا هُوَالْحَقَّ مِنْ عِنْدِكَ فَآمُطِرْ عَلَيْنَا حِجَارَةً مِّنَ السَّمَاءِ آوا ثَيْنَا بِعَذَا بِ اَلِيْدِهِ

وَ مَا كَانَّ اللهُ لِيُعَدِّ بَهُمْ وَ آنْتَ فِيْهِمْ وَمَاكًا نَ اللهُ مُعَزِّ بَهُمْ وَهُمْ يَسْتَغْفِرُوْنَ ﴿

وَمَا لَهُمْ اللهِ يُعَزِّبَهُمُ اللهُ وَ هُمْ اللهُ وَهُمْ اللهُ وَهُمْ اللهُ وَهُمْ اللهُ وَكُمْ اللهُ وَكُمُ اللهُ وَكُمُ اللهُ وَكُمُ اللهُ وَكُمُ اللهُ وَكُمْ اللهُ الْمُتَافُونَ وَ لَكِنَّ اَكْثُرُ هُمْ لَا اللهُ تَتُونُونَ وَ لَكِنَّ اَكْثُرُ هُمْ لَا اللهُ تَتُونُونَ وَ لَكِنَّ اَكْثُرُ هُمْ لَا اللهُ تَتُمُونَ اللهُ ال

- 36. Era essaala yaabwe awali Enju Entukuvu teyali kirala, wabula kwali kufuuwa mpa na kukuba mu ngalo. Kale muloze ku kibonerezo olw'ebyo bye mutakkiriza.
- 37. Mazima abo abatakkiriza batoola eby'obugagga bwabwe balyooke baziyize *abantu* eri ekkubo lya Allah. Kale bajja kweyongera okubitoola naye oluvannyuma bijja kuba eky'okwejjusa gye bali, nate era bawangulwe. Era abo abeerema, mu muliro mwe balikung'aanyirizibwa,
- 38. Allah alyooke ayawule ekibi ku kirungi era alyooke asse ekibi ekimu ku kinnaakyo, kale abituume wamu byonna; olwo abakasuke mu muliro. Abo nno be b'okufaafaaganirwa.

## Ruku 5

- 39. Gamba abo abatakkiriza nti bwe banaalekera awo, bajja kusonyiyibwa ebyo ebyayita. Naye bwe baliddira, kale mazima eky'okulabirako kyamala okubaawo eky'abaabasooka.
- 40. Era mubalwanyise okutuusa lwe watalibawo kutulugunya kwonna, olwo eddiini yonna ebeerewo ku lwa Allah. Naye bwe baneekomako, kale mazima bye bakola Allah abiraba.
- 41. Era bwe beekyusanga, kale mumanye nti ddala Allah ye Mukuumi wammwe. Anti si Mukuumi ggero, era si Muyambi ggero!

## Juzu 10

42. Era mumanye nti ekintu kyonna kye muba mufunye ng'omunyago, ddala ekitundu kya kyo ekyokutaano kya Allah, n'Omubaka, n'ababe, ne bamulekwa, n'abankuseere, n'omutambuze, bwe muba nga mukkiriza Allah n'ebyo bye twabikkulira Omuweereza waffe ku lunaku lw'okwawulawo — olunaku amagye abiri lwe gaasisinkana — era Allah ye w'Obuyinza ku buli kimu.

43. Awo bwe mwali ku lubalama lw'ekiwonvu olw'emitala w'eno nga bo bali

وَمَا كَانَ صَلَا تُهُمْ عِنْدَالْبَيْتِ رِكَّا مُكَّاءٌ وَّ تَصْدِيدةً ، فَذُوْ قُواالْعَذَابَ بِمَا كُنْتُمْ تَكُفُرُوْنَ۞

رِقَ الَّذِينَ كَفَرُوْ ايُنْفِقُوْنَ آمُوَ الَهُمْ لِيَكُونَ الْمُوالَهُمْ لِيَكُونُ الْمُوْفَقُوْنَهَا لِيَكُونُ اللَّهِ فَسَيُنْفِقُوْنَهَا فُكَّ مَكُونُ عَلَيْهِمْ حَسْرَةً ثُمَّ مُكَالِمُونَ هُوَ اللَّذِينَ كَفَرُ وَاللَّهِمَ مُكَالِمُ مُكَالِمُ اللَّهِمَ مُكَالِمُ اللَّهُمَ اللَّهُمَ اللَّهُمُ اللَّهُمَ اللَّهُمَ اللَّهُمَ اللَّهُمَ اللَّهُمَ اللَّهُمَ اللَّهُمُ اللْمُوالِمُوالِمُ اللْمُوالِمُ اللَّهُمُ اللَّهُمُ ال

لِيَمِيْزَ اللهُ الْخَبِيْثُ مِنَ الطَّيِّبِ وَ يَجْعَلَ الْخَبِيْثُ بَعْضَ هُ عَلْ بَعْضِ فَيَرْكُمَهُ جَمِيْعًا فَيَجْعَلَهُ فِيْ فَيَرْكُمَهُ جَمِيْعًا فَيَجْعَلَهُ فِيْ غُ جَهَنَّمَ الْولِيُكَ هُمُ الْخَسِرُوْنَ شَيْ عُلْ لِتَلْيَرِيْنَ كَفَرُوْا إِنْ يَتَنْتَهُوا يُعْفَرُلَهُمْ مَنَا فَكْسَلَفَ وَإِنْ يَتَعُودُوا فَقَدْ مَضَتْ سُنَّتُ الْهَ وَلِلْيَنَ

وَقَاتِ لُوْهُ مُحَتَّى لاَ تَكُوْنَ فِشْنَةً وَّ يَكُوْنَ الرِّينُ كُلُّهُ لِلْهِ فَإِنِ انْتَهَوْا فَإِنَّ اللَّهَ بِمَا يَصْمَلُوْنَ بَصِيْرُ وَإِنْ تَوَكُّوْا فَاعْلَمُوْا اَنَّ اللَّهَ مَوْلَدَكُمُ الْخَمَ الْمَوْلَى وَ زِخْمَ النَّصِيْرُ

﴿ وَاعْلَمُوْ النَّمَا غَنِمْتُمْ مِّنْ شَيْءٍ

فَاتَّ بِللْهِ خُمُسَهُ وَلِلرَّسُولِ وَ لِإِي الْقُرْبُ وَ الْيَتْمَى وَ الْمَسْكِيْنِ وَ ابْنِ السَّبِيْلِ " إِنْ كُنْتُمْ الْمَنْتُمْ بِاللَّهِ وَ مَا آئْزَلْنَا عَلَى عَبْدِنَا يَوْمَ الْفُرْقَانِ يَوْمَ الْتَقَى الْجَمْعٰنِ الْوَرَ اللَّهُ عَلَى كُلِّ شَيْءٍ قَدِيْرُ ﴿

إِذْ أَنْتُمُ بِالْعُدُوَّةِ الدُّنْيَا وَ هُـمْ

ku lubalama lw'emitala w'eri, nga entwala y'abatambuze eri wansi wammwe. Era ne bwe mwaliragaanye, ddala mwalyawukanye ku kiseera ekyalagaanyizibwa. Naye *ekyo kyakolwa*, Allah alyooke atuukirize ensonga eyali esaliddwawo; oyo eyazikirira alyooke azikiririre ddala olw'obubonero obw'olwaatu, n'oyo eyalama alyooke alamire ddala olw'obubonero obw'olwaatu. Era ddala Allah y'Awulira byonna, Omumanyi wa byonna.

44. Era *jjukira* nga Allah bwe yabakulaga mu kirooto kyo nga batono. So singa yabakulaga nga bangi, mazima mwaliterebuse era ddala mwalitotooganye ku nsonga; naye Allah *mmwe* yabawonya. Mazima Ye y'amanyi ebiri mu bifuba.

45. Era jjukira nga bwe yababalaga awo nga musisinkanye mu nsiike nga batono mu maaso gammwe, ate nammwe n'abatoniya mu maaso gaabwe, olwo Allah alyooke atuukirize ensonga eyali esaliddwawo. Era eri Allah ensonga zonna gye zizzibwa.

## Ruku 6

46. Abange mmwe abakkiriza, bwe musisinkananga n'eggye *ly'abalabe*, kale munyweranga nnyo era mujjukiranga nnyo Allah, mulyooke muganyulwe.

47. Era mugondere Allah n'Omubaka we era temutotoogananga, si kulwa nga muyenjebuka nemuggwamu endasi zammwe. Era mugumiikirizanga. Mazima Allah ali wamu n'abagumiikiriza.

48. Era temubanga ng'abo abaafuluma mu maka gaabwe nga beewaana *olw'ebikolwa byabwe* n'okulabwa abantu era nebeekiika ne mu kkubo lya Allah. Era byonna bye bakola Allah abyetoolodde.

49. Era *mujjukire* nga Sitaani bwe yabalungiyiza ebikolwa byabwe n'agamba nti: Olwa leero tewali yenna mu bantu anaabawangula, era ddala nze mudduukirize wammwe. Naye amagye gombiriri bwe gaayolekagana, *Sitaani* neyekyuusiza ku bisinziiro bye, n'agamba nti: Nze mmwe mbebenguddeko. Mazima nze ndaba mmwe

بِالْحُدُوةِ الْقُصْوٰى وَالرَّكْبُ اَسْفَلَ مِنْكُمْ وَ لَوْتُوَاعَهُ تُّمْ لَاخْتَلَفْتُمْ فِي الْمِيْخُو الْكِنْ لِيَقْضِي اللَّهُ اَمْرًا كَانَ مَفْحُولًا وُلِيمُولِكَ مَنْ هَلَكَ عَنْ بَيِّنَةٍ مَفْحُولًا وُلِيمُولِكَ مَنْ هَلَكَ عَنْ بَيِّنَةٍ وَيَحْيِي مَنْ حَيَّاعَنْ بَيِّنَةٍ وَ راتَّ اللَّهَ لَسَمِيْعُ عَلِيمُ صُ

اذْ يُرِيْكُهُمُ اللَّهُ فِيْ مَنَا مِكَ قَلِيْلًا اللَّهُ فِي مَنَا مِكَ قَلِيْلًا اللَّهُ فَي مَنَا مِكَ قَلِيْلًا اللَّهُ مَنَا رَحْتُ اللَّهُ مَنَا رَحْتُ اللَّهُ مَنَا رَحْتُ اللَّهُ مَنَا رَحْتُ اللَّهُ مَنْ وَلَى اللَّهُ مُرْدِقَ اللَّهُ مُرْدِقَ اللَّهُ مَنْ مُؤْدِقً اللَّهُ مَنْ مُنْ مُؤْدُ اللَّهُ اللَّهُ مُؤْدُ اللَّهُ مَنْ مُؤْدُ اللَّهُ اللَّهُ مُؤْدُ اللَّهُ اللَّهُ اللَّهُ مُؤْدُ اللَّهُ اللَّهُ مُؤْدُ اللَّهُ اللْهُ اللَّهُ اللْهُ اللَّهُ اللَّهُ اللَّهُ اللَّهُ اللَّهُ اللَّهُ اللَّهُ اللللْهُ الللَّهُ اللَّهُ اللَّهُ اللللْهُ اللَّهُ اللَّهُ اللللْهُ اللَّهُ الللْهُ اللَّهُ الللَّهُ اللللْهُ الللْهُ الللْهُ الللْهُ اللَّهُ اللللْهُ الللْهُ الللْهُ اللَّهُ الللْهُ الللْهُ اللللْهُ الللْهُ اللْهُ الللْهُ اللْهُ الللْهُ اللللْهُ الللْهُ اللْهُ اللْهُ اللَّهُ اللْهُ اللْهُ الللْهُ اللْهُ الللْهُ اللْه

يَاكَتُهَا الَّذِيْنَ الْمَنُوْا إِذَا كَقِيْتُمْ فِئَةً فَاثْبُتُوا وَ اذْكُرُوا اللَّهَ كَثِيْرًا لَّحَلَّكُمْ تُفْلِحُونَ۞

وَ اَطِيْعُواا سِلْهُ وَ رَسُوْلَهُ وَلاَ تَنَازَعُوْا فَتَفْشَلُوا وَتَذْهَبُ رِيمُكُمُ وَاصْبِرُوا اللهِ اللهُ مَعَ الصَّبِرِينَ ﴿ اللهِ اللهِ مَعَ الصَّبِرِينَ ﴿

وَ لَا تَكُوْنُوْا كَالَّذِيْنَ خَرَجُوْا مِنْ إِيَارِهِ مُ بَطَرًا وَ رِكَاءَ النَّاسِ وَيَصُدُّوْنَ عَنْ سَمِيْلِ اللَّهِ وَ اللَّهُ بِمَا يَعْمَلُونَ مُحِيْطُ

وَرِدْ زَيِّنَ لَهُمُ الشَّيْطُنُ اَعْمَالَهُمْ وَ قَالَ لَا غَالِبَ لَكُمُ الْيَوْمَ مِنَ التَّاسِ وَ رِنِّي جَادُلَّكُمْ فَلَمَّا تُوَاءَتِ الْفِعَتٰنِ تَكُصَ عَلْ عَقِبَيْهِ وَقَالَ رِنِّي بَرِيْءُ مِتْكُمُ رِنِّيْ الرى مَا لَا تَرَوْنَ رِنِّيْ اَكَا فُ اللَّهُ وَاللَّهُ kye mutalaba. Mazima nze ntya nnyo Allah. Era Allah mukakali mu kubonereza.

Ruku 7

50. Era *mujjukire* nga bannanfuusi n'abo abalina obulwadde mu mitima gyabwe bwe baagamba nti: Bano eddiini yaabwe yababuzaabuza. Naye oyo eyeesiga Allah, *amanye nti* ddala Allah ye Luwangula, Omugezi ennyo.

51. Era singa olaba awo nga ba malayika bafiisa abo abatakkiriza nga bakuba obwenyi bwabwe n'amabega gaabwe nga babagamba nti: Muloze ku kibonerezo ky'okubengeya!

52. Ekyo lwa nsonga y'ebyo emikono gyammwe bye gyakulembeza era *mumanye* nti ddala Allah si mulyazaamaanyi eri abaweereza *be* .

53. Embeera yaabwe efaanana n'embeera y'abantu ba Farāwo n'abo abaabasooka abaagaana obubonero bwa Allah, kale Allah n'ababonereza olw'ebibi byabwe. Mazima Allah wa maanyi nnyo, Mukakali mu kubonereza.

خُلِكَ بِأَنَّ اللهُ لَمْ يَلِكُ مُغَيِّرًا أَنْعُمَةً tayinza kukyuusa kyengera ky'awadde bantu, okutuusa nga bo bennyini be bakyuusizza embeera yaabwe. Era nti ddala Allah بِأَنْفُسِهِ مُ الْأَكَا اللهُ سَمِيْعُ عَلِيمٌ فَي اللهُ عَلَيْمُ اللهُ اللهُ عَلَيْمُ اللهُ اللهُ اللهُ عَلَيْمُ اللهُ الله

55. Embeera yaabwe efaanana n'embeera y'abantu ba Farāwo n'abo abaabakulembera abaalimbisa obubonero bwa Mukama waabwe, kale netubazikiriza olw'ebibi byabwe era netusaanyawo abantu ba Farāwo, anti bonna baali boonoonefu.

56. Mazima ebitonde ebisingira ddala obubi mu maaso ga Allah, be bantu abatasiima. N'olwekyo abo si baakukkiriza,

57. Be bo be walagaana nabo n'oluvannyuma buli mulundi nebamenya endagaano yaabwe era nebatatya Allah.

58. Kale bwe musisinkananga nabo mu lutalo, mukangisenga nabo abo abali emabega waabwe, balyooke beddemu.

ع شريدُ العِقابِ

رِذْ يَقُوْلُ الْمُنْفِقُوْنَ وَ الَّذِيْنَ فِيْ قُلُوبِهِ مُشَرِّضُ غَرَّهَ وُلَاءِ دِيْنُهُمْ وَ قُلُوبِهِ مُشَرِّضُ غَرَّهَ وُلَاءً دِيْنُهُمْ وَ مَنْ يَتُو كُلُ عَلَى اللهِ فَإِنَّ اللهَ عَزِيزً مَنْ مَكِيمُ

ڂ۬ڔڵڰ ؠِمَا قَدَّ مَثْ ٱيْدِ يُكُمْ وَٱنَّ ا مِلْكَ كَيْسَ بِظَلَّا مِرِبِّلْعَبِيْدِڻُ

كَدَاْبِ ال فِرْعَوْنَ ﴿ وَ الَّذِيْنَ مِنْ قَبْلِهِمْ كَفَرُوْا بِالْبِتِ اللهِ فَاكَذَ هُمُ اللهُ بِذُنُوْبِهِمْ اللهِ الله قويِّ شَرِيدُ الْعِقَابِ ﴿ اللهِ ا

النزيكُنَّ عَاْهَدُ تَكُمِّ نُهُمْ ثُمَّ يَنْقُضُونَ عَهْدَهُمْ فِي كُلِّ مَرَّةٍ وَّهُمْ لَا يَتَّقُونَ۞ فَا مَّا تَثْقَ فَنَّهُمْ فَ الْحَرْبِ فَشَرِّهُ بِهِمْ مَّنْ خَلْفَهُمْ لَعَلَّهُمْ يَذَّ كُرُونَ۞

59. Era bw'otyanga obukumpanya bw'abantu be wakola nabo endagaano, kale basuulire endagaano yaabwe, olwo mubeere kyenkanyi. Mazima Allah tayagala bakumpanya.

### Ruku 8

- 60. Era abo abatakkiriza baleme kulowooza nti bayise ku Allah. Mazima tebayinza kulemesa Allah.
- 61. Era mubeetegekere nga bwe musobola n'ebyokulwanyisa eby'amaanyi n'okusiba embalaasi ku nsalo mutiise nazo abalabe ba Allah n'abalabe bammwe n'abalala abali ebbali w'abo. Mmwe temubamanyi naye Allah abamanyi. Era kyonna kye mutoola mu kkubo lya Allah, kiribasasulwa mu bujjuvu era temuliryazaamaanyizibwa.
- 62. Naye bwe boolekeranga eri emirembe, kale naawe yolekera gye giri, naye weesige Allah. Mazima Ye y'Awulira byonna, y'Amanyi byonna.
- 63. Era bwe baliba nga bagenderera kukubuzaabuza, kale totya, mazima Allah akumala. Anti y'eyakuwagira n'obuyambi bwe n'abakkiriza;
- 64. Era w'emitima gyabwe. Ggwe ne bwe waalitodde ebiri mu nsi byonna, tewaalitadde kwagalana wakati wa mitima gyabwe, naye Allah yassa okwagalana wakati waabwe. Ddala Ye ye Luwangula, Omugezi ennyo.
- 65. Owange ggwe Nabbi, Allah akumala nnyo ggwe n'abo abakugoberera mu bakkiriza.

#### Ruku 9

66. Owange ggwe Nabbi, kubiriza abakkiriza ku kulwana. Kuba abammwe bwe banaabanga amakumi abiri nga bagumiikiriza, banaawangulanga ebikumi bibiri eby'abatakkiriza. Ate abammwe bwe banaabanga ekikumi, banaawangulanga olukumi lw'abo abatakkriza, olw'okubanga bo be bantu abatategeera.

وَإِمُّا تَخَا فَنَّ مِنْ قَوْمِ خِيَا نَدٌّ فَانْبِ رِلَيْهِمْ عَلَى سَوَا اللهُ اللهُ لَا يُحِبُّ عُ الْخَائِدِينَ 6

وَلَا يَحْسَبُنَّ الَّهِ يُنَ كَفَرُوْا سَيَقُوْاء رِنَّهُ مُلَا يُعْجِزُونَ ۞

وَ آعِدُّوْا لَهُمْ مَااسْتَطَعْتُمْ مِّنْ تُوَّةٍ وَ مِنْ رِّ بَاطِ الْخَيْلِ تُرْجِبُوْنَ بِهِ عَـُ وُ الله و عَدُوَّكُ مْ وَ أَخَرِيْنَ مِنْ دُونِهِمْ مِ لَا تَعْلَمُوْ نَهُمُ مَ اللَّهُ يَعْلَمُهُمْ وَمَا تُنْفِقُوا مِنْ شَيْءِ فِيْ سَبِيْلِ اللهِ يُوَفُّ إِلَيْكُمْ وَآنْتُمْكُ تُظلَمُون 🛈

وَ إِنْ جَنَحُوا لِلسَّلْمِ فَاجْنَحُ لَهَا وَ تَوَكُّلُ عَلَى اللَّهِ ﴿ إِنَّهُ هُوَ السَّمِيثُ

وَ إِنْ يُسْرِيمُ وَإِنَّا أَنْ يَنْهُ مَعُوْكَ فَإِنَّ حَسْبَكَ الله م هُوَ الَّذِي آيَدَكَ بِنَصْرِهِ وَبِالْمُؤْمِنِيْنَ ﴿

n'assa okwagalana wakati وَٱلْفَ بَدِينَ قُلُوْ بِهِمْ لِلْوَانْفَقْتَ مَا فِي الْأَرْضِ جَمِيْعًا مَّا ٱلَّفْتَ بَيْنَ قُلُوْرِهِمْ وَ لَكِنَّ اللَّهُ ٱلَّفَ بَيْ مَهُمْ مَ رِتُ عَزِيزُ عَكِيْمُ ۞

> يَّا يَثُهَا النَّبِيُّ مَشِيلُكَ اللَّهُ وَمَنِ اتَّبَعَكَ عُ مِنَ الْمُؤْمِنِيْنَ أَنْ

يَّا يُنْهَا النَّبِيُّ حَرِّضِ الْمُؤْمِنِيْنَ عَلَ القِتالِ ورن يُكُن مِنكُمْ عِشْرُونَ صَابِرُوْنَ يَغْلِبُوْا مِائْتَكُنِ مِ وَإِنْ يُّكُنُّ مِّنكُمْ مِّائَـةً يُّغُلِبُهُوۤ الْفًا مِّنَ اللَّذِينَ كَفَرُوْا بِالنَّهُمْ تَوْمُ لَا يَفْقُهُونَ ﴿

- 67. Kaakano Allah abawewuddeko obuzito, kuba amanyi nga waliwo obunafu mu mmwe. Kale kati abammwe bwe baba ekikumi nga bagumiikiriza, bajja kuwangula ebikumi bibiri; ate abammwe bwe banaabanga olukumi, bajja kuwangula enkumi bbiri olw'okulagira kwa Allah. Era Allah ali wamu n'abagumiikiriza.
- 68. Tekisaanira eri Mutume okuba n'abawambe, okutuusa nga alwanye olutalo mu nsi. Mmwe mwagala kufuna bintu bya nsi, naye Allah ayagala *mufune* bya nkomerero. Era Allah ye Luwangula, Omugezi ennyo.
- 69. Singa tekwali kulagira okwava eri Allah okwakulembera,mazima mwalituukiddwako ekibonerezo ekisuffu olw'ebyo bye mwatwala.
- 70. Kale mulye kw'ebyo bye muba muwambye ebikkirizibwa, ebiroongoofu, era mutye Allah. Mazima Allah ye Musonyiyi ennyo, Omusaasizi ennyo.

## Ruku 10

- 71. Owange ggwe Nabbi, gamba abo abawambe abali mu mikono gyammwe nti: Allah bw'anaamanya nga mu mitima gyammwe mulimu akalungi, ajja kubawa ebisinga ne kw'ebyo ebyabaggyibwako, era abasonyiwe. Anti Allah ye Musonyiyi ennyo, Omusaasizi ennyo.
- 72. Naye bwe baliba nga bagenderera kukwefuulira, kale n'olubereberye beefuulira Allah, naye n'abanafuya. Era Allah ye Mumanyi ennyo, Omugezi ennyo.
- 73. Mazima abo abakkiriza era nebasenguka ne batakabana n'ebyobugagga bwabwe n'emyoyo gyabwe mu kkubo lya Allah, n'abo abaawa obubudamo n'obuyambi, abo be b'emikwano eri bokka na bokka. Naye abo abakkiriza naye nebatasenguka, mmwe temuvunaanyizibwa ku kukuumwa kwabwe n'akatono, okutuusa nga nabo basenguse. Naye bwe babasabanga obuyambi ku bikwata ku ddiini, olwo muteekwa okuyamba, okuggyako nga kiri ku bantu nga wakati wammwe nabo waliwo endagaano. Era bye mukola Allah abiraba.

اَلْنُنَ كَفَّفَ اللهُ عَنْكُمْ وَ عَلِمَ اللهُ عَنْكُمْ وَ عَلِمَ اللهُ عَنْكُمْ وَ عَلِمَ اللهُ عَنْكُمْ وَ عَلِمَ اللهُ عَنْكُمْ وَعَلِمَ اللهُ صَابِرَةُ يَعْلِمُوا مِائَتَيْنِ مِ وَ إِنْ يَكُنْ مِّنْكُمْ اللهُ يَعْلِمُوا اللهُ يَعْلِمُوا اللهُ يَعْلِمُوا اللهُ يَعْلِمُ اللهُ يَعْلِمُ اللهُ يَعْلِمُ اللهُ يَعْلِمُ وَنَ اللهُ عَلِيمُ وَنَ اللهُ عَلِمُ اللهُ عَلِيمُ وَنَ اللهُ عَلِيمُ وَنَ اللهُ عَلِيمُ اللهُ عَلَيمُ اللهُ عَلِيمُ اللهُ عَلَيمُ اللهُ عَلِيمُ اللهُ عَلَيمُ اللهُ عَلَيمُ اللهُ عَلَيمُ اللهُ عَلَيمُ اللهُ عَلَيمُ اللهُ عَلَيمُ عَلَيمُ اللهُ عَلَيمُ اللهُ عَلَيمُ عَلَيْ اللهُ عَلَيمُ عَلَيمُ اللهُ عَلَيمُ عَلَيمُ اللهُ عَلَيمُ عَلَيمُ اللهُ عَلَيمُ عَلَيمُ اللهُ عَلَيمُ عَلَيْ عَلَيْمُ اللهُ عَلَيْمُ اللهُ عَلَيْمُ عَلَيْمُ اللهُ اللهُ عَلَيْمُ اللهُ عَلَيمُ عَلَيْمُ اللهُ اللهُ عَلَيْمُ اللهُ اللهُ عَلَيْمُ عَلَيْمُ اللهُ اللهُ اللهُ عَلَيْمُ اللهُ عَلَيْمُ اللهُ اللهُه

لُوْلَاكِتُكِ مِّنَ اللهِ سَبَقَ لَمَسَّكُمْ فِيْمَا اللهِ سَبَقَ لَمَسَّكُمْ فِيْمَا اللهِ سَبَقَ لَمَسَّكُمْ فِيْمَا

فَكُلُوْا مِمَّا غَنِهْ تُمْحَلُلًا طَيِّبًا رُّ وَاتَّقُوا غُ اللَّهُ وَإِنَّا لِللَّهُ غَفُوْرٌ رَّحِيْمُ أُنْ

ؽٙٲؿؙۿٵۥٮؾۜٛڿۣ۠ٷؙڷڔؖٮٞڡڽٛ؋ٛؽٙٵؽڔؽڴۿ ڡٞۜڹ۩ؙڰۺڒٙڡۥڔڽؾٛڂڶڔ؞ٮڵٷڣۣٷؙڵۉؠڴۿ ڂؽۘۯٵؿؙٷٛڗڴۿڂؽڔٞٵ؞ڽڝۜۧٲٲڿۮؘڔڡٛٛڰؙۿ ڎؿۼٛڣۯڵڪؙۿۥڎؘٵٮڷٷۼؘڡؙۉڒؙڗۜڿؽۿ۞

رَانْ يُسْرِيْدُ وَاخِيَا نَتَكَ فَقَدْ خَانُوا الله حِنْ قَبْلُ فَأَمْكَنَ مِنْهُمْ وَاللهُ عَلِيْدَ حَكِيدُهُ

اِنَّ الَّذِينَ اَسَنُوا وَهَا جَرُوْا وَجَاهَدُوْا بِاَشُو بِاَ مُوَالِهِمْ وَآئَ فَسِهِمْ فِيْ سَبِيْلِ اللهِ وَالَّذِينَ اَوَوْا وَ نَصَرُوْا اُولَئِكَ بَعْضُهُمْ وَالَّذِينَ اَمَنُوْا وَ لَمْ اَوْلِيَاءُ بَعْضُ هُمْ وَالَّذِينَ الْمَنُوْا وَ لَمْ يَهَا جِرُوْا مِ كَانِيهِمْ رَقَى الْمَنُوْا وَ لَمْ شَيْءً حَرُوْا مِ وَ لَكُمْ يَقِي الْمَنُوا وَ لَمْ شَيْءً حَرُوْا مِ وَ لَالِي شَيْءً حَرُوْا مِ وَ لَا لِي السَّيْسُ وَكُمْ وَلِي السَّيْسُ وَكُمْ وَلِي السَّيْسُ وَلَا السَّرِينِ فَعَلَيْكُمُ السَّيْسُ وَلَا مَلْ فَوْمُ بَيْسَكُمُ وَبَيْسَنَهُمْ السَّيْسُ وَلَا مَلْ فَوْمُ بَيْسَكُمُ وَبَيْسَنَهُمْ وَاللّهُ إِلَا عَلَى قَوْمُ بَيْسَكُمُ وَبَيْسَنَهُمُ وَاللّهُ وَلَا مِلْ وَلَمْ بَيْسَكُمُ وَكَانُونَ بَصِيْرُ وَلَا اللّهُ وَلَمْ بَيْسَكُمُ وَكَانِهُ وَلَهُ مِنْ السَوِّيْنَ اللّهُ اللّهُ اللّهُ وَلَمْ بَيْسَكُمُ وَكِيْسَكُمُ وَكِيْسَاتُ اللّهُ الللّهُ اللّهُ اللّهُ

74. Era n'abo abatakkiriza ba mikwano eri bokka na bokka. *Bye tugambye* bwe mutaabikole, wajja kubaawo okubonaabona n'obutabanguko obunene mu nsi.

75. Naye abo abakkiriza nebasenguka era nebatakabana mu kkubo lya Allah, n'abo abaawa obubudamu era nebayamba, abo be bakkiriza ab'amazima. Balifuna okusonyiyibwa n'okugabulwa okw'ekitiibwa.

76. Era n'abo abanakkiriza oluvannyuma nebasenguka era nebatakabana awamu nammwe, kale nabo bali mu mmwe. Naye era ab'olulyo be bakulembezebwa ku bikwata ku busika bokka na bokka mu Kitabo kya Allah. Mazima Allah ye Mumanyi wa buli kimu.

ۘۘۘۅؘٱڷۜڿ۬ؽؾؙػڣؘۯۉ١ڮڠۻؙؠؗ؋ۯۑؾٵٛۼڮڠۻ؞ٳڵؖ ؾڣٛڂڵۉڰ ؾػؙؿ ڣؿڬڎؙڣٳ۩ٛڒۯۻػڬۺٵڿ ػڽؚؽڒؙ۞

وَ النَّذِيْنَ أَمَنُوا وَهَاجَرُوْا وَجَاهَدُوْا فِي النَّذِينَ أَمَنُوا وَهَاجَرُوْا وَجَاهَدُوْا فِي سَبِيْلِ اللَّهِ وَ النَّذِيْنَ أَوُوْا وَ تَصَرُوْا اللَّهِ وَ النَّذِيْنَ أَوُوْا وَ تَصَرُوْا اللَّهُ اللَّهُمُ النَّهُ وَلَيْدُونَ حَقًّا مَلَهُمْ النَّهُ وَلَيْدُونَ حَقًّا مَلَهُمْ صَمَّعُ فِرَةً وَرِزْقُ كَرِيْمُ صَ

وَ الَّذِيْنَ الْمَنُوا مِنْ بَعْدُ وَ هَا جَرُوا وَ جَا هَدُوا مَعَكُمْ فَاُولَئِكَ مِنْكُمْ هِ وَ اُولُواالُازَ حَامِ بَعْضُهُمْ اَوْلَى بِبَعْضٍ فِيْ حِسْبِ اللهِ اللهِ مِنْ اللهَ مِكُلِّ شَيْءٍ فَيْ حِسْبِ اللهِ اللهِ مِنْ اللهَ مِكُلِّ شَيْءٍ

# سُورَةُ التَّوْبَةِ مَدَنِيَّةُ ٩



#### **AL-TAUBA**

(Yakka luvannyuma lwa Hijra)

- 1. *Kino* ky'ekirangiriro ky'okwejjeerera ekiva eri Allah ne Mutume we eri abo be mwali mulagaanye nabo mu benkanya Allah n'ebirala.
- 2. Kale mutambuleko mu nsi emyezi ena, olwo mumanye nti temuyinza kulemesa Allah, era nti ddala Allah ye Muswaaza w'abatakkiriza.
- 3. Era kuno kwe kulangirira okuva eri Allah ne Mutume we eri abantu ku lunaku lwa Hijja enkulu, nti ddala Allah ne Mutume we bejjeeredde eri abenkanya Allah n'ebirala. Kale bwe munaabonerera, ekyo ky'ekisinga obulungi gye muli; naye bwe muneekyuusa, olwo mumanye nti ddala mmwe temuyinza kulemesa Allah. Era wa amawulire g'ekibonerezo ekirumya eri abatakkiriza,
- 4. Okuggyako abo be mwalagaana nabo mw'abo abenkanya Allah n'ebirala n'oluvannyuma nebatabayiwa mu kyonna era ne batayamba mulala yenna ku mmwe. Kale abo mubatuukiririze endagaano yaabwe okutuusa ku kiseera kyabwe. Mazima Allah ayagala nnyo abeekuuma.
- 5. Kale emyezi emitukuvu bwe giggwangako, olwo mutte abenkanya Allah n'ebirala wonna wemubasanganga era mubawambe era mubazingize era mubateege buli awateegerwa. Naye bwe babonereranga era nebajjumbira essaala nebatoola zaka, olwo muve mu kkubo lyabwe. Mazima Allah ye Musonyiyi ennyo, Omusaasizi ennyo.
- 6. Era yenna mu benkanya Allah n'ebirala bw'akusabanga obubudamo, kale omuwanga obubudamo asobole okuwulira ekigambo kya Allah; n'oluvannyuma

بَرَآءَةً يِّنَ اللهِ وَ رَسُولِهٖ إِلَى الَّذِينَ عَا هَدْ تُسُمْرِ عِنَ الْمُشْرِ عِيْنَ أَن

فَسِيْهُوْا فِي الْأَرْضِ اَرْبَحَةَ اَشْهُرٍ وَّ اعْلَمُوَ النَّكُمْ غَيْرُمُعْجِزِى اللَّهِ وَ اعْلَمُوَ اللَّهُ مُخْزِى الْكُفِرِيْنَ ﴿

وَٱذَانَ مِنْ اللَّهِ وَرَسُوْ لِهِ إِلَى النَّاسِ يَوْمَ الْحَجِّ الْأَكْبَرِآنَ اللَّهُ بَرِيْ ؛ مِّنَ الْمُشْرِكِيْنَ الْ وَرَسُولُهُ ﴿ فَإِنَّ تُبْتُمْ فَهُوَ خَيْرُ لُكُمْ وَإِنْ تَوَكَّيْتُمْ فَاعْلَمُوٓا ٱنَّكُمْ غَيْرُ مُعْجِزِى اللهِ ﴿ وَ بَشِّرِ الَّذِيْنَ كَفَرُوْا بِعَذَا بِ ٱلِيثِوِثُ راكم الكزين عَاحَمْ ثُنُمْ مِنْنَ المُشْرِكِينَ ثُمَّ لَمْ يَنْقُصُوكُمْ شَنْعًا وَّكُمْ يُظُا هِرُوْا عَلَيْكُمْ آحَدًا فَأَتِتُهُوا إِلَيْهِمْ عَهْدَهُمْ إِلَى مُدَّرتِهِمْ وَإِنَّ اللَّهُ يُحِبُّ الْمُتَّقِيدَن فَإِذَا انْسَلَحُ الْإَشْهُرُ الْحُدُمُ فَا قُتُرِلُوا الْمُشْرِكِيْنَ حَيْثُ وَجَدْ تُنْمُوهُ مَ وَ خُذُوهُ مَ وَ احْصُرُوْهُمْ وَ اقْعُدُوْا لَهُمْ كُلُّ مَرْصَدٍ \* فَإِنْ تَا بُوْا وَأَقَامُواالصَّلُوةَ وَأَتَوُا الزَّكُوةَ فَخَلُّوا سَبِيْلَهُ مُواتَ الله غَفُورُرُّحِيْمُن

رَانَ اَ مَدُّ مِّنَ الْمُشْرِكِيْنَ اسْتَجَارَكَ فَأَجِرْهُ مَتَّى يَسْمَعَ كَلْمَ اللهِ ثُمَّ اَبْلِخُهُ مَا مَنَهُ ﴿ ذِلِكَ بِالنَّهُمْ قَوْمُ omutuusanga mu kifo kye eky'emirembe. Ekyo lwa kubanga bo be bantu abatamanyi.

## Ruku 2

- 7. Kiyinzika kitya eri Allah n'eri Mutume we okuba n'endagaano n'abenkanya Allah n'ebirala, okuggyako abo be mwalagaana nabo awali Omuzigiti Omutukuvu? Kale kasita baba abeesimbu gye muli, kale nammwe mubeere beesimbu gye bali. Mazima Allah ayagala nnyo abakozi b'ebirungi.
- 8. Watya nga be babawangudde? Olwo baba tebayinza nakufa ku nkolagana ya luganda wadde endagaano eziri wakati wammwe. Babasanyusa n'emimwa gyabwe, naye emitima gyabwe tegikkiriza; era abasinga obungi mu bo bamenyi ba mateeka.
- 9. Bawaanyisa Aya za Allah mu muwendo omutono era nebeekiika ne mu kkubo lye. Mazima abo bibi nnyo bye bakola.
- 10. Tebafa ku nkolagana ya luganda wadde ku ndagaano ezikwata ku mukkiriza. Era abo be basussi b'ekigero.
- 11. Naye bwe babonereranga nebajjumbira essaala nebatoola zaka, olwo baba baganda bammwe mu ddiini. Era tuttottola okulabula eri abantu abategeera.
- 12. Naye bwe bamenyanga ebirayiro byabwe oluvannyuma lw'okulagaana kwabwe era nebasekeeterera eddiini yammwe, olwo mulwanyise abakulembeze b'abatakkiriza اَرُحِيَّةُ الْكُفْرِ اللَّهُ مُلاَ آيُمَانَ أَنْكُمُ الْمُعَانَ kuba ddala tebakuuma birayiro byabwe, balyooke beekomeko.
- 13. Abaffe, temuulwanyise bantu abaamenya ebirayiro byabwe era nebamalirira n'okugoba Omubaka ng'ate be baabasosonkereza ne ku mulundi ogwasooka? Abaffe, mubatya? Naye nno Allah gwe musaana okutya ennyo, bwe muba nga ddala muli bakkiriza.
- 14. Mubalwanyise, Allah ababonereze n'emikono gyammwe era abaswaaze, nate mmwe abayambe ku bo era akkakkanye emitima gy'abantu abakkiriza;

عُ لَا يَعْلَمُوْ كَ أَن

كَيْفَ يَكُونُ لِلْمُشْرِحِيْنَ عَهْدُ عِنْكَ اللهِ وَعِنْدُ رَسُولِهُ اللهِ اللهِ اللهِ عَلَى اللهِ اللهِ اللهِ اللهِ اللهِ اللهِ اللهِ اللهِ اللهِ المُعَامِدُ الْمُحَرَامِ \* فَمَا اسْتَقَا مُوْا لَكُمْ فِاسْتَوْقِيمُوا لَهُمْ اِنَّ اللَّهُ يُحِبُّ الْمُتَّقِيْنِ ﴿

كَيْفَ وَإِنْ يَكْظُهُرُوْا عَلَيْكُمْ لَا يَوْ قُبُوْا فِيْكُمْ إِلَّا وَّ لَا ذِيَّتُهُ اللَّهُ وَنُحُمْ بِأَفْوَا هِمِهُ وَ تَأْبِى قُلُوبُهُمْ مَ ٱكْثَرُهُ مُ فَسِقُونَ ٥

إشْتَرَوْا بِالْيتِ اللَّهِ ثَمَنًا قَلِيلًا فَصَدُّوا عَنْ سَبِيْلِهِ إِنَّهُمْ سَاءً مَا كَانُوا يَعْمَلُونَ ٠

لاير قُبُون فِي مُؤْمِدٍ إِلَّا وَ لَا ذِ مَّةُ وَ أولَّعْكَ هُمُ الْمُعْتَدُوْنَ ١٠

فَإِنَّ تَابُوا وَ أَقَامُوا الصَّلُوةَ وَ أَتُواالزُّكُوةُ فَإِخْوَانُكُمْ فِالدِّيْنِ، وَ نُفُصِّلُ الْإِلْتِ لِقَوْمِ يَتَعْلَمُوْنَ ١٠٠ وَإِنْ تُكَنُّوا إِيمَا نَهُمْ مِّنْ بَعِدٍ عَهْدِهِمْ وَ طَعَنُوا فِي دِينِكُمْ لَهُمْ لَعَلَّهُمْ يَنْتَهُوْ نَ۞

ٱلاثُقَاتِلُونَ قَوْ سًاتُكَثُوا آيْمَا نَهُمْ وَ هَمُّوا بِإِخْرَارِجِ الرُّسُولِ وَ هُـمْ بَدَءُ وْكُمْ ٱوَّلَ مَرَّةٍ ؞ ٱتَخْشُوْ نَهُمْ؞ فَاللَّهُ ٱ كَتُّ ٱنْ تَخْشُوْهُ إِنْ كُنْتُمْ شو منین ۱

قَاتِلُوْهُمْ يُعَذِّيْهُمُ بأيريكُمْ وَيُغْزِهِمْ وَيُنْصُرْكُمْ عَكَيْهِمْ دَيَشْفِ صُدُوْرَ قَوْمِ مُّؤْمِنِيْنَ أَنْ 15. Era aggye ekiruyi ku mitima gyabwe. Naye Allah addiramu oyo gw'aba asiimye. Era Allah ye Mumanyi wa byonna, Omugezi ennyo.

16. Abaffe, mulowooza nti mujja kulekebwa awo nga Allah tamanyisizza abo abanyiikivu mu mmwe era abatatwala mulala yenna okuba enfiirabulago ebbali wa Allah ne Mutume we wadde abakkiriza? Era bye mukola, Allah abitegeera.

#### Ruku 3

17. Si kituufu eri abenkanya Allah n'ebirala okulabirira emizigiti gya Allah nga nabo bennyini beekakasako obutakkiriza. Abo ebikolwa byabwe byafaafaagana, era mu muliro mwe balibeera.

18. Mu butuufu alabirira emizigiti gya Allah y'oyo akkiriza Allah n'olunaku lw'enkomerero era n'ajjumbira essaala n'atoola zaka n'atatya *mulala yenna* okuggyako Allah; kale abo be basaana okubeera mu balung'amu.

- 19. Abaffe, mukitwala nti okunywesa abalamazi n'okulabirira Omuzigiti Omutukuvu kyenkana n'oli akkiriza Allah n'olunaku lw'enkomerero era nga atakabana ne mu kkubo lya Allah? Tebayinza kwenkanankana mu maaso ga Allah. Era Allah talung'amya bantu boonoonefu.
- 20. Abo abakkiriza era nebasenguka *ku lwa Allah* nebatakabana mu kkubo lya Allah n'ebyobugagga bwabwe n'emyoyo gyabwe, be basinga obusukkirivu mu madaala mu maaso ga Allah. Era abo be bawanguzi.
- 21. Mukama waabwe abawa amawulire ag'essanyu ag'okusaasira okuva gy'ali n'okusiima ne Janna zebalifuniramu essanyu erijjuvu ely'olubeerera.
- 22. Omwo mwe balibeera emirembe n'emirembe. Mazima eri Allah y'eri empeera ensuffu.

وَيُنْ هِبَ غَيْظَ قُلُوْ بِهِمْ وَ يَتُوْبُ اللهُ عَلِيمُ اللهُ اللهُ عَلِيمُ اللهُ الله

آهُ حَسِبْتُمْ آنْ ثُتْرَكُوْ اوَلَمَّا يَعْلَمُ اللهُ اللهُ الَّذِينَ جَاهَدُوْ المِثْكُمْ وَ لَهُ اللهُ اللهُ اللهُ وَلَا دَسُولِهِ يَتَخِذُ وَامِنْ دُوْفِ اللهِ وَلَا دَسُولِهِ وَلَا اللهُ وَلَا اللهُ وَلَا اللهُ وَلَا اللهُ وَلَا اللهُ عَنِيْزُ بِمَا تَعْمَلُوْنَ أَنْ

مَا كَانَ لِلْمُشْرِكِيْنَ أَنْ يَعْمُرُوْا مَسْجِدَاللّهِ شَهِدِيْنَ عَلَى آنْفُسِهِمْ بِالْكُفُورِ الْوَلِئِكَ خَبِطَتْ آعْمَا لُهُمْ ﴾ و في النّارِ هُمْ خُلِمُوْنَ۞ إنّمَا يَعْمُرُ مَسْجِدَاللّهِ مَنْ امَنَ

بالله و الكور الأخر و الحام الصّلوة و الله الزّخوة و له يخش الا الله من فعشى أوليك آن يمكونوا من المه هتدين

اَجَعَلْتُهُ سَقَايَةً الْعَايِّةِ وَ عِمَارَةً الْمَايِّةِ وَ عِمَارَةً الْمَايِّةِ وَ عِمَارَةً الْمَسْجِدِ الْحَرَامِ كَمَنْ الْمَن بِاللّٰهِ وَ الْمَسْجِدِ الْحَرَامِ كَمَنْ الْمَن بِاللّٰهِ وَ الْمَيْوَمِ الْمَاخِدِ وَ جَاهَدَ إِنْ سَبِيلِ اللّٰهِ وَ اللّٰهُ كَا اللّٰهِ وَ اللّٰهُ وَ اللّٰهِ وَ اللّٰهُ كَا اللّٰهِ وَ اللّٰهُ كَا اللّٰهِ وَ اللّٰهُ وَ اللّٰهُ لَهُ اللّٰهِ وَ اللّٰهُ وَ اللّٰهُ اللّٰهِ وَاللّٰهُ اللّٰهِ وَاللّٰهُ اللّٰهُ اللّٰهُ اللّٰهُ وَاللّٰهُ اللّٰهُ اللّٰهُ اللّٰهُ وَاللّٰهُ اللّٰهُ الللّٰهُ الللّٰهُ اللّٰهُ الللّٰهُ اللّٰهُ اللّٰهُ اللّٰهُ اللّٰلِلْمُ اللللّٰلْمُ الللّٰلَّالِمُ اللللّٰ الللّٰلِلْمُ اللّٰلِمُ اللّٰلِلْمُ اللّٰ

يُكَوِّشُّرُهُمْ دَبُّهُمْ بِرَحْمَةٍ مِّـثُهُ وَ رِضُوَاتٍ وَّ جَنَّتٍ لَّهُمْ نِيْهَا نَحِيْمُ مُعِيْمُنُ

خٰلِدِيْنَ فِيْهَآ ٱبَدَّاء إِنَّ اللَّهَ عِنْدَكَاۤ ٱجْرُعَظِيْمُ۞ Juzu 10

23. Abange mmwe abakkiriza, temutwalanga bakitammwe ne baganda bammwe okuba ab'emikwano, bwe baba nga basinga kwagala butakkiriza okusinga ku bukkiriza. Kale yenna mu mmwe alibafuula ab'emikwano, kale abo be bakyaamu.

24. Gamba nti: Obanga ba kitammwe, n'abaana bammwe, ne baganda bammwe, ne bakyala bammwe, n'abekika kyammwe, n'ebyobugagga bye mwafuna, n'ebyobusuubuzi bye mutya okudiba kwa byo, n'amaka ge musanyukira ennyo, bye mwagala ennyo okusinga Allah ne Mutume we n'okutakabana mu kkubo lye, kale mulindirire okutuusa Allah lw'alireeta okusalawo kwe. Naye Allah talung'amya bantu bajeemu.

Ruku 4

25. Mazima Allah abayambye mu malwaniro mangi, ne ku lunaku lw'e Hunaini awo bwe mweyinula olw'obungi bwammwe naye nebutabagasa n'akatono, n'ensi n'ebafundirira, so nga yali ngazi; n'oluvannyuma mwakyuuka nemudda emabega.

26. Oluvannyuma Allah yassa obutebenkevu bwe ku Mubaka we ne ku bakkiriza, n'assa n'amagye ge mutaalaba, n'abonereza abo abatakkiriza. Era eyo y'empeera y'abatakkiriza.

27. Nate oluvannyuma lw'ebyo, Allah aliddiramu oyo gw'aliba asiimye. Era Allah ye Musonyiyi ennyo, Ow'ekisa ekingi.

28. Abange mmwe abakkiriza, mazima abenkanya Allah n'ebirala kyenyinyalwa. Kale tebasembereranga Omuzigiti Omutukuvu oluvannyuma lw'omwaka gwabwe guno. Bwe mubanga mutya bwavu, kale mangu nnyo Allah ajja kubagaggawaza okuva mu mikisa gye, bw'aliba nga ayagadde. Mazima Allah ye Mumanyi wa byonna, Omugezi ennyo.

يَّا يُّهَا الَّذِينَ الْمَنُوا لَا تَنَّخِذُ وَا الْمَاءُ كَا الْمِدُولَ الْمَاءُ الْمِاءُ وَلَمْ الْمَلَاءُ وَلَا الْمَاءُ وَلَا الْمُؤَاتَكُمُ الْمُلِيكَاءُ إِنِ الْمَنْتَكَبُّوا الْكُفْرَ عَلَى الْمَرْيَمَا وَ وَمَنْ يَتَوَكُّهُ مَا وُلِيَّاكُ هُمُ اللَّهُ لِمُونَ اللَّهُ مُلَّمُ اللَّهُ لِمُونَ اللَّهُ الْمُؤْلِقُ الْمُؤْلِقُ الْمُؤْلِقُ الْمُؤْلِقُ الْمُؤْلِقُ الْمُؤْلِقُ الْمُؤْلِقُ الْمُؤْلِقُ الْمُؤْلِي اللَّهُ الْمُؤْلِقُ الْمُؤْلِي الْمُؤْلِقُ الْمُؤْلِقُ الْمُؤْلِقُ الْمُؤْلِقُ الْمُؤْلِقُ ال

كَقَدْ نَصَرَكُمُ اللهُ فِيْ مَوَاطِنَ كَثِيْرَوَّ اللهُ فِيْ مَوَاطِنَ كَثِيْرَوَّ اللهُ فِي مَوَاطِنَ كَثِرَ وَاللهُ وَيَوَمَ اللهُ مَنْكُمْ شَيْعًا وَ ضَا قَتْ عَدَيْكُمْ الْأَرْضُ بِمَا رَحُبَتُ ثُمَّةً وَتَيْدَكُمْ الْأَرْضُ إِينَ فَيْ اللهُ الله

شُمِّ آنْزَلَ اللهُ سَحِيْنَتَهُ عَلَىٰ رَسُوْلِهِ وَ عَلَى اللهُ وَمِنِيْنَ وَ آنْزَلَ هَمُنُو مِنْيِنَ وَ آنْزَلَ هُمُنُو گَا اللهُ وَعَلَى اللهُ وَعَلَى اللهُ وَعَلَى اللهُ وَعَلَى اللهُ عَلَى حَفَرُ وَاءَ وَلَيْكَ جَزَآءُ الْخُفِرِينَ ﴿ كَفَرِينَ اللهُ عَلَى اللهُ عَلَى اللهُ عَلَى مَنْ يَتُو لِللّهُ عَلَى مَنْ يَتُو لِللّهُ عَلَى مَنْ يَتُهُ اللهُ عَلَى وَلَا يَعْمُ ﴿ وَاللّهُ عَلَى مَنْ يَتُهُ اللهُ عَلَى وَلَا يَعْمُ وَلَا يَعْمُ اللهُ عَلَى وَلَا يَعْمُ ﴿ وَاللّهُ عَلَى وَلَا يَعْمُ اللهُ عَلَى وَلَا اللهُ عَلَى وَلَا اللهُ عَلَى وَلَا يَعْمُ اللهُ عَلَى وَلَا اللهُ عَلَى وَلَا اللهُ عَلَى اللهُ عَلَى اللهُ عَلَى وَلَا اللهُ عَلَى اللّهُ عَلَى ال

يَهَا يُهَا الَّذِيْنَ أَمَنُوا إِنَّمَا الْمُشْرِكُونَ نَجَسُ فَلَا يَقْرَبُوا الْمَشْجِدَ الْحَرَامَ بَعْدَ عَلَمِهِمْ لَهَ أَنَّ وَإِنْ خِفْتُمْ عَيْلَةً فَسَوْفَ يُغْزِيْكُمُ اللَّهُ مِنْ فَضْلِهَ إِنْ شَاءَ دَانَ اللَّهَ عَلِيمُ مَكِيدُمُ 29. Mulwanyise abo abatakkiriza Allah wadde olunaku lw'enkomerero, era abataziza ebyo Allah ne Mutume we bye baaziza, era abatakkiririza mu ddiini ey'amazima, abava mw'abo abaaweebwa Ekitabo, okutuusa lwe baliwa omusolo *ku lwabwe* n'omukono gwabwe era nga beetoowaze.

Ruku 5

- 30. Era Abayudaaya bagamba nti 'Uzairu mwana wa Allah, n'Abakulisitaayo bagamba nti Masihi mwana wa Allah. Okwo nno kwogera kwabwe n'emimwa gyabwe nga bakopperera enjogera y'abo abatakkiriza ab'edda. Allah abakolimire! Abaffe, bakyuusibwa batya!
- 31. Baatwala abakungu baabwe ne bakabona baabwe okuba ba katonda ebbali wa Allah, era ne Masihi mutabani wa Maryamu *naye bwe bamutwala*, so nga tebalagirwanga okuggyako okusinza Omusinzibwa Omu *yekka*. Teri musinzibwa mulala okuggyako Ye *yekka*. Ye Mutuukirivu nnyo kw'abo be benkanyankanya naye.
- 32. Kye bagenderera kwe kuzikiza obutangaavu bwa Allah n'emimwa gyabwe, naye Allah takkiriza wabula ajja kutuukiriza obutangaavu bwe, newaakubadde nga abatakkiriza tebaagala.
- 33. Ye y'eyatuma Omutume we n'obulung'amu n'eddiini ey'amazima, alyooke agiwanguzise eddiini *endala* zonna, newaakubadde nga abenkanya Allah n'ebirala tebaagala.
- 34. Abange mmwe abakkiriza, mazima bangi mu basosodooti ne bakabona ddala balya ebintu by'abantu mu bulimba era nebeekiika ne mu kkubo lya Allah. Era n'abo abatuuma ezzaabu n'effeeza nebatazitoola mu kkubo lya Allah, kale bawe amawulire g'ekibonerezo ekirumya.
- 35. Olunaku lwe biriyengerezebwa mu muliro gwa Jahannamu, olwo biryokesebwa mu bwenyi bwabwe ne ku mbiriizi zaabwe

قَاتِلُواالَّذِ يُنَ لَا يُؤْمِنُوْنَ بِاللهِ وَ لَا بِالْيَوْمِ الْأَخِرِ وَ لَا يُحَرِّ مُوْنَ مَا حَرَّ مَا مِلْهُ وَرَسُولُهُ وَلَا يُحَرِّ مُوْنَ حَيْنَ الْحَقِّ مِنَ الَّذِيْنَ اُوثُوا وَيُنَ الْحَقِّ مِنَ الَّذِيْنَ اُوثُوا الْكِتٰبَ كَتَّى يُعْطُواالْجِزْيَةَ عَنْ عُ يَدْدٍ وَ هُمُ مُصَاغِرُونَ شَ

وَ قَالَتِ الْيَهُوْدُ عُزَيْرُ إِبْنُ اللهِ وَ قَالَتِ الْيَهُودُ عُزَيْرُ إِبْنُ اللهِ وَ قَالَتِ النَّصَرَى الْمَسِيْحُ ابْنُ اللهِ وَ قَالَتِ النَّصَرَى الْمَسِيْحُ ابْنُ اللهِ وَ فَوْلَ اللهِ عَوْنَ اللهُ عُوْنَ قَبْلُ اللهُ عُرُونَ اللهُ عُرُونَ اللهُ عَلَوْنَ ﴿ قَالَمُ اللّهُ اللّهُ اللّهُ اللّهُ اللّهُ اللّهُ اللّهُ اللهُ الل

يُرِيمُ وُنَ آن يُطْفِعُوا نُورَ اللهِ

بِا فُوا هِ هِ مُ وَ يَابَى اللهُ الل

آيا يُّهَا الَّذِينَ أَمَنُوْ الْ قَ كَثِيْرًا حِنَّ الْاَحْبَارِةِ الرُّهْبَانِ لَيَا كُلُونَ آمُوالَ النَّاسِ بِالْبَاطِلِ وَيَصُدُّونَ عَنْ سَبِيْلِ اللَّهِ ﴿ وَالَّذِيْنَ يَكُنِزُونَ الذَّهْبَ وَالْفِضَّةَ وَلَا يُنْفِقُونَهَا فِيْ الذَّهْبَيْلِ اللَّهِ ﴿ فَبَشِّرْهُ هُمْ بِعَذَابٍ المَيْمِنِيُ

يَّـُوْمَّ يُهُمٰى عَلَيْهَا فِي نَارِ جَهَنَّمَ فَتُكُوٰى بِهَاجِبَاهُهُمْ وَجُنُوْ بُهُمْ وَ n'emigongo gyabwe, *era baligambibwa nti:* Bino by'ebyo bye mwetuumiranga mwekka, kale muloze kw'ebyo bye mwatuumanga.

36. Mazima omuwendo gw'emyezi eri Allah giri emyezi kkumi n'ebiri okusinziira ku tteeka lya Allah *okuva ku* lunaku lwe yatonda eggulu n'ensi. Mu gyo mulimu ena emitukuvu. Eyo y'enjigiriza ennesimbu. Kale temweryaza-amaanyanga mu gyo. Era mulwanyise abenkanya Allah n'ebirala mwenna okufaanana nga bo bwe babalwanyisa bonna; era mumanye nti ddala Allah ali wamu n'abamutya.

37. Mazima okujjululajjulula *omwezi omutukuvu* kuba kwongera ku butakkiriza. Abo abatakkiriza babuzibwabuzibwa nakwo, *nga* bagukkiriza mu mwaka *agumu* ate mu mwaka *omulala* nebaguziza, balyooke *babe nga* abakkiriziganya n'embala y'emyezi Allah gye yatukuza; olwo ebyo Allah bye yaziza balyooke babifuule ebyakkirizibwa. Ebikolwa byabwe ebibi byalungiyizibwa gye bali. Era Allah talung'amya bantu batakkiriza.

#### Ruku 6

38. Abange mmwe abakkiriza, mubadde ki? Bwe mugambibwa nti mutabaale mu kkubo lya Allah, mugugubira ku ttaka? Abaffe, musiima bulamu bwa nsi okusinga obw'enkomerero? Naye nno omugaso gw'ensi ku nkomerero guliba gwa muswaaba nnyo.

39. Bwe mutaatabaale, *Allah* ajja kubabonereza n'ekibonerezo ekirumya era akyuuse *aleeteyo* abantu abatali nga mmwe, era temujja kumulumya n'akatono. Era Allah ye Musobozi wa buli kimu.

40. Omubaka bwe mutaamuyambe, kale mujjukire nti era Allah y'eyamuyamba awo nga abatakkiriza bamugobye mu Makka nga ye wokubiri ku babiri nga bali mu mpuku, awo weyagambira munywanyi we nti: Teweraliikirira, mazima Allah ali wamu naffe. Olwo Allah n'assa ku ye obukkakkamu bwe era n'amuwagira n'amagye ge mutaalaba, n'ekigambo ky'abo abatakkiriza n'akifuula ekya wansi, ate ekigambo kya Allah nekiba nga ky'ekiri waggulu. Era Allah ye Lawangula, Omugezi ennyo.

يَايُهُا الَّذِيْنَ امَنُواْ مَالَكُمْ إِذَا قِيْلَ لَكُمُ انْفِرُوْ إِنْ سَبِيْلِ اللهِ اثَّا قَلْتُمْ إِلَى الْاَرْضِ الرَّضِيْتُمْ بِالْحَيْوةِ الدُّنْيَا مِنَ الْاَخِرَةِ مَنَا مَتَاعُ الْحَيْوةِ الدُّنْيَا فِي الْاَخِرَةِ مَنَا مَتَاعُ الْحَيْوةِ الدُّنْيَا فِي الْاَخِرَةِ الْاَتِيلِيْلُ الْكِيلِيْلِيْ

رِلَّا تَنْفِرُوْا يُحَزِّ بَكُمْ عَذَا بَالَيْمَا الْهُ تَنْفِرُوْا يُحَزِّ بَكُمْ عَذَا بَالَيْمَا الْهُ تَكْمُ وَلَا تَضُرُّوْهُ فَيَا مَنْكُمُ وَلَا تَضُرُّوْهُ فَيَا مَنْكُمُ اللّهُ اللهُ اله

- 41. Kale mutabaale nga muli bangu oba nga muli bazito era mufuubaane n'ebyobugagga bwammwe n'emyoyo gyammwe mu kkubo lya Allah. Ekyo ky'ekisinga obulungi gye muli, singa mubadde mumanyi.
- 42. Singa *ddala* kwali kufuna okw'amangu nga n'olugendo lwa kumpimpi, mazima baalikugoberedde; naye olugendo oluzibu lwabalabikira nga luwanvu nnyo. Era ddala bajja kulayira Allah *nti*: Singa twali tusobola, ddala twaligenze nammwe. *Abo* beezikiriza bokka, era Allah amanyi nti ddala balimba.

#### Ruku 7

- 43. Allah akuggyeko *emitawaana*. Lwaki wabakkiriza *okusigala emabega? Waalirinze* okutuusa lwe waalinnyonnyokeddwa abo aboogera amazima n'omanya n'abalimba.
- 44. Abo abakkiriza Allah n'olunaku lw'enkomerero tebajja kusaba *kulekayo* kutakabana neby'obugagga bwabwe n'emyoyo gyabwe *mu kkubo lya Allah*. Era abamutya, Allah abamanyi bulungi.
- 45. Mazima abakusaba okubakkiriza okusigalira be bo abatakkiriza Allah n'olunaku lw'enkomerero ate nga n'emitima gyabwe gitankana, kale abo be bali mu kutamattama kwabwe nga babulubuuta.
- 46. Era singa baali bamaliridde kutabaala, mazima baalikwetegekedde olwetegeka. Naye Allah teyayagala kutabaala kwabwe, kale kyeyava abaziyiza, nekigambibwa nti: Mwetuulire wamu n'abo abeetuulidde.
- 47. *Kuba* singa baatabaala awamu nammwe, tebaalibongeddeko kirala okuggyako emitawaana era baalibamidde eno n'eri wakati wammwe nga babanoonyeza emitawaana. Ate nno mu mmwe mulimu ababawuliriza. Naye Allah aboonoonyi abamanyi bulungi.

رانفِرُوْ خِفَا فَا وَّرْفَا كُا وَّجَاهِدُوْا بِاَ شُوالِكُمْ وَ اَنْفُسِكُمْ فِيْ سَبِيْلِ الله الخَلِكُمْ خَيْرُ لَّكُمْ رِنْ كُنْتُمْ تَعْلَمُوْنَ۞

كُوْ كَانَ عَرَضًا قَرِيْبًا وَ سَفَرًا وَ سَفَرًا وَكَانَ عَرَضًا قَرِيْبًا وَ سَفَرًا فَكَامِثُ مَكْمَ ثَكُم مَكَمُ مَعَلَيْهُ وَ سَيَحْلِفُوْنَ عِلَيْهِمُ الشُّقَّةُ وَ سَيَحْلِفُوْنَ بِاللَّهِ كَواشَعُكُمُ مَعَلَيْهُمْ وَاللَّهُ يَحْلَمُ يَعْلَمُ مَعَلَمُ مَعَلَيْهُمْ وَاللَّهُ يَحْلَمُ فَيَ اللَّهُ يَحْلَمُ فَيْ وَاللَّهُ يَحْلَمُ فَيْ وَلَا فَيْ وَاللَّهُ يَحْلَمُ فَيْ وَاللَّهُ يَعْلَمُ اللَّهُ يَعْلَمُ وَلَا اللَّهُ يَحْلَمُ وَلَا اللَّهُ يَعْلَمُ وَلَا اللَّهُ يَعْلَمُ وَلَا اللَّهُ يَعْلَمُ وَلَا اللَّهُ يَعْلَمُ وَلَا اللَّهُ يَعْلِمُ وَلَا اللَّهُ يَعْلَمُ وَلَيْلُونَ اللَّهُ الْعُلَمُ وَلَا اللَّهُ يَعْلَمُ وَاللَّهُ وَلَا اللَّهُ يَعْلَمُ وَاللَّهُ وَلَا اللَّهُ يَعْلَمُ وَلَوْنَ اللَّهُ اللْعُلِمُ اللَّهُ اللَّهُ اللَّهُ اللَّهُ اللَّهُ اللَّهُ اللَّهُ اللْعُلِمُ اللَّهُ اللْعُلِمُ اللْعُلِمُ اللْعُلِمُ اللَّهُ الْعُلِمُ اللَّهُ الْعُلِمُ اللَّهُ اللْعُلِمُ اللْعُلِمُ اللَّهُ اللْعُلِمُ اللْعُلِمُ اللْعُلِمُ اللْعُلِمُ اللْعُلِمُ اللْعُلِمُ الْعُلِمُ اللْعُلِمُ اللْعُلِمُ اللْعُلُمُ اللْعُلِمُ اللْعُلِمُ الْعُلِمُ اللْعُلِمُ اللْعُلِمُ اللَّهُ الْعُلِمُ اللْعُلْمُ اللْعُ

عَفَا اللّٰهُ عَنْكَ مَ لِمَ اَذِنْتَ لَهُمْ حَتَّى يُتَبَيَّنَ لَكَ الَّذِيْنَ صَدَقُوْا وَتَعْلَمَ الْكَذِبِيْنَ

لايشتا ذِنك الذين يُؤمِنُون بِاللهِ كَالَّذِينَ يُؤمِنُون بِاللهِ كَالْمِ اللهِ عَلَيْهُ اللهِ عَلَيْهُ اللهُ عَلِيمَةً اللهُ عَلَيمَةً اللهُ عَلِيمَةً اللهُ عَلِيمَةً اللهُ عَلَيمَةً اللهُ اللهُ عَلَيمَةً اللهُ اللهُ عَلَيمَةً اللهُ اللهُ اللهُ عَلَيمَةً اللهُ اللهُ

رَتَّمَا يَشْتَاذِنُكَ الَّذِيْنَ لَا يُؤْمِنُوْنَ بِاللَّهِ وَالْيَوْمِ الْلَخِرِ وَ ارْتَابَتْ قُلُوبُهُ مَ فَهُمْ فِيْ كَيْمِهِمْ يُتَكُوبُهُ وُنَ۞

وَكُوْاَرَادُواالْخُرُوْجَ كَاعَدُّوْالْكَا عُدَّةً وَلَكِنْكَرِهَاللَّهُا نَبْعَا ثَهُمْ فَنَبَّطَهُمْ وَ قِيْلَ اقْعُدُوْا مَعَ الْقُعِدِيْنَ۞

كُوْخَرَجُوْ وَيُكُمْ مَّا ذَادُ وْكُمْ وَكُا خَبَاكُ وَ كُ أَوْضَعُوْ وَلْكُمْ يَبْغُوْ نَكُمُ الْفِشْنَةَ \* وَ وَيْكُمْ سَمَّعُوْنَ لَهُمْ لا وَاللّٰهُ عَلِيْمُ بِالظّٰلِمِيْنَ ﴿

- 48. Mazima baanoonya okutabulatabula kuva lubereberye era nebakwefuulira ne mu nsonga *ezimu*, okutuusa amazima lwe gajja n'ekigendererwa kya Allah nekyeyoleka, newaakubadde nga bo tebaayagala.
- 49. Era mu bo mulimu agamba nti: Nzikiriza *nsigale*, naye tonzisa mu kigezo. Mwetegereze, ddala ekigezo baakigwamu dda. Era ddala omuliro gwetoolodde abeerema.
- 50. Kale bw'otuukibwako ekirungi, kibalumya. Naye bw'otuukibwako akabenje, bagamba nti: Ffe okwekuuma kwaffe twakukwatirawo kuva lubereberye. Olwo nga bakubayo mabega nga beesanyukira.
- 51. Gamba nti: Tewali kyonna kiyinza kututuukako okuggyako ekyo Allah kye yatutegekera. Ye ye mukuumi waffe. Era abakkiriza, Allah yekka gwe baba beesiga.
- 52. Gambanti: Mmwe temutulindiriza kirala wabula ekimu ku birungi ebibiri; naye ffe tubalindiriza Allah kubassaako kibonerezo ekiva gy'ali oba *Ye okukibatuusaako* n'emikono gyaffe. Kale mulindirire, naffe tuli wamu nammwe tulindirira.
- 53. Gamba nti: Ka mutoole *ebintu byammwe* mu kwagala oba mu butayagala, naye era bya kubaziririrwa kuba ddala muli bantu bajeemu.
- 54. Era tewali kyaligaanyisizza kukkiriza bitoolebwa byabwe wabula lwa kubanga beegaana Allah n'Omubaka we era tebagenda eri ssaala wabula nga beenyoola, *ate* era tebatoola kyonna wabula nga banyolwa.
- 55. Kale eby'obugagga bwabwe bireme kukwewuunyisa wadde abaana baabwe. Mazima ddala Allah ky'agenderera kwe kubabonereza nabyo mu bulamu bw'ensi, n'emyoyo gyabwe giveewo, *bafe* nga batakkiriza.
- 56. Era balayira Allah nti mazima nabo bali mu mmwe, so nga ddala tebali mu mmwe.

كَقَدِ ا بَتَخُوُ الْفِتْ نَةَ مِنْ قَبْلُ وَ قَلَّبُوْ اللَّكَ الْأُمُوْرَ حَتَّى جَاءَ الْحَقُّ وَظَهَرَا مُسرُ اللهِ وَهُلَمْ خُرِهُوْنَ ﴿ وَمِنْهُمْ مَّنْ يَتُقُولُ اشْذَنْ لِيْ وَكُ تَفْتِرَقِيْ الَوْ الْفِتْ نَةِ سَقَطُوْا وَوَلَّ جَهَنَّمَ لَمُحِيْطَةً بِالْكَفِرِ يُنَ ﴿

اِنْ تُصِبْكُ حَسَنَةٌ تَسُوَّهُمْ مَ وَاِنْ تُصِبْكُ مُصِيْبَةً يَّقُوْلُوْ اَ كَمْ دَانَ اَتُصِبْكُ مُصِيْبَةً يَّقُوْلُوْ اَ كَانَا وَالْمَا اَلَّا اَلَّا اَلَّا اَلَّا اَلَّا اَلَّا اَ الْمُدَا اَلَّا اللَّهُ اللَّا اللَّهُ اللَّهُ اللَّا اللَّا اللَّا اللَّا اللَّا اللَّا اللَّا اللَّا اللَّا اللَّهُ اللَّا اللَّهُ اللْمُلْمُ اللَّهُ اللَّهُ اللْمُلْمُ اللَّهُ اللْمُلْمُ اللَّهُ اللْمُلْمُ اللْمُلْمُ الْمُلْمُ اللَّهُ اللَّهُ اللْمُلْمُ اللَّهُ اللَّهُ اللَّهُ الْمُلْمُ اللْمُلْمُلُلِمُ اللَّهُ الْمُلْمُلُولُوالِمُلْمُ اللَّالِمُ

قُلُ كَنْ يُصِيْبَنَآ إِلَّا مَا كَتَبَ اللهُ لَنَاءَ هُوَ مَوْلُمِنَاءَ وَ عَلَى اللهِ فَلْيَتُوكِلِ الْمُؤْمِنُونَ۞

قُلْ هَلْ تَرَبَّصُوْنَ بِنَآرِكُوْ هَدَى الْكُوهِ هَا الْكُوهِ هَا الْكُولُ هَذَى الْكُولُ الْكُولُ الْكُولُ اللهُ الل

قُلْ آنْفِقُوا طَوْعًا آوْ كَوْهًا لَّنْ يُتَعَبَّلُ مِنْكُمْ النَّكُمْ كُنْتُمْ قَوْمًا فْسِقِيْنَ۞

وَمَا مَنْعَهُمْ آَنْ ثَقْبَلَ مِنْهُمْ نَفَقْتُهُمْ وَلَا اللّهُ مُكَفَرُوا مِا مِلْهِ وَمِرَسُولِهِ وَلَا يَا ثُونَ الصَّلُوةَ وَكَا كُومُ مُكْسًا لَى وَكَا يُنْفِقُونَ وَكَا لَكُومُ مُكْرِمُونَ ﴿ يُنْفِقُونَ وَالْحَادَ مِنْ مُونَ وَمَا يَدَدُهُ وَمِنْ وَالْحَادِمِ وَمِنْ وَمِنْ وَمِنْ مِنْ وَمِنْ وَمُنْ وَمِنْ وَمُنْ وَمِنْ وَمِنْ وَمُنْ وَمِنْ وَمُنْ وَمِنْ وَمُنْ وَمُنْ وَمِنْ وَمِنْ وَمُنْ وَمُنْ وَمُنْ وَمُنْ وَمُنْ وَقَالُهُ وَمُنْ وَمُنْ وَمُنْ وَمُنْ وَالْتُونُ وَمِنْ وَالْمُؤْمِنْ وَمُنْ وَالْمُنْ وَالْمُنْ وَمُنْ وَمِنْ وَمُنْ وَالْمُنْ وَمُنْ وَمُنْ وَالْمُنْ وَمُنْ وَمُنْ وَمُنْ وَالْمُنْ وَمِنْ وَمُنْ وَمُنْ وَالْمُنْ وَمُنْ وَمُنْ وَالْمُنْ وَمُنْ وَنْ وَالْمُنْ وَالْمُنْ وَمُنْ وَالْمُنْ وَمُنْ وَالْمُنْ وَالْمُونِ وَالْمُنْ وَالْمُنْ وَالْمُنْ وَالْمُنْ وَالْمُنْ وَالْمُنْ وَالْمُنْ وَالْمُنْ مُنْ وَالْمُنْ وَالْمُلِمُ وَالْمُنْ وَالْمُل

فَلَاتُعْجِبُكَ آمُوا لُهُمْ ذَوَلَآ اَوْلَادُهُمْ مُرْ رِثْمَا يُرِيدُ اللهُ لِيُعَرِّبُهُمْ بِهَا فِي الْحَيْوةِ اللهُ ثَيَاوَ تَزْهَقَ آنْفُسُهُمْ وَهُمُ حُفِوْدُونَ ۞

وَيَحْلِفُوْنَ بِاللهِ إِنَّهُ مُلَمِنْكُمْ وَ وَمَا هُمْ مِّنْكُمْ وَلْكِنَّهُمْ قَوْمً Naye bo be bantu abatiitiizi.

57. Era singa bazuulayo obuddukiro bwonna oba empuku oba ekifo awayingirwa, mazima baalikyukidde gye kiri nga bagabattuka.

58. Era mu bo mulimu abakunenya olwa saddaaka. Kyokka bwe baweebwa ku zo, olwo nga basanyuka. Naye bwe bataziweebwako, amangu ago nga banyiiga.

59. So singa baasiima ebyo ebibaweebwa Allah n'Omubaka we, era nebagamba *nti*: Allah atumala *era nti* Allah anatuwa ku mikisa gye n'Omubaka we, *era nti*: Ffe eri Allah gye twolekedde, *ky'ekyalisinze*.

#### Ruku 8

- 60. Mu butuufu saddaaka ziba za baavu n'abankuseere, n'abo abazikolako, n'abo emitima gyabwe egigenda okwegatta *ku bakkiriza*, *n'okununula* abali mu nkomyo, n'abali mu mabanja *amagweko*, ne mu kkubo lya Allah, n'omutambuze. *Eryo* ly'etteeka okuva eri Allah. Era Allah ye Mumanyi wa byonna, Omugezi ennyo.
- 61. Era mu bo mulimu abanyiiza Nabbi nebagamba nti: Ye awuliriza buli omu. Gamba nti: Okuwuliriza kwe buli omu kulungi gye muli; akkiriza Allah era yeesiga abakkiriza, nate ye kwe kusaasira eri abo abakkiriza mu mmwe. Naye abo abanyiiza Omubaka wa Allah, balifuna ekibonerezo ekirumya ennyo.
- 62. Babalayirira Allah mbu balyooke babasanyuse, so nga Allah n'Omubaka we be basinga obutuufu okusanyusa, singa babadde bakkiriza.
- 63. Abaffe, tebamanyi nti ddala oyo awakanya Allah n'Omubaka we, nti ddala alifuna omuliro gwa Jahannamu, mu gwo mw'alibeera? Okwo nno kwe kuswaala okusuffu.
- 64. Bannanfuusi beeraliikirira nti si kulwa nga wassibwayo *gye muli* essuula ebakwatako, ebategeeza ebyo ebiri mu mitima

ڲڡٛٛۯڰؙۉؽ۞ ٮۜۉڮڿٟڋۉػڡؘڷڮٲۘٲۉڡٙۼ۬ڒؾ۪ٲۉۺڐ۪ڿؘڰ ٮؖٞٷڷؖۉۥڒڵؽؠۅۯۿۦۿؾڿڝٞڞؙۅٛؽ۞

وَمِنْهُمْ مَّن يَّلْمِزُكَ فِالصَّدَ فَتِ مَ فَإِنْ أُعْطُوْا مِنْهَا رَضُوْا وَ إِنْ لَمْ يُعْطَوْا مِنْهَا إِذَا هُمْ يَسْخَطُوْن ﴿ وَلَوْ اَنَّهُمْ دَضُوْا مَا اللهُ مُ اللهُ وَ رَسُولُهُ ﴿ وَقَالُوا حَسْبُنَا اللهُ وَ سَيُورِيْنَا اللهُ مِنْ فَضَلِهِ وَ سَيُورِيْنَا الله مِنْ فَضَلِهِ وَ إِنَّمَا الصَّدَ فَتُ لِلْهُ وَاغِبُون ﴿ الْمَمْ لَكُور وَ الْعٰمِلِيْنَ عَلَيْهَا وَ الْمُولِّنَةَ قُلُوبُهُمْ وَ فِي الرِّقَالِ وَ الشَّهِيلِ اللهِ وَابْنِ السَّبِيلِ اللهِ وَابْنِ السَّبِيلِ اللهِ وَابْنِ السَّبِيلِ اللهِ وَابْنِ السَّبِيلِ اللهِ وَابْنِ

وَمِنْكُهُمُ اللَّذِيْنَ يُؤُذُوْنَ النَّبِيَّ وَ يَقُولُوْنَ هُوَ اُذُنَّ اثْلُ اُدُنُ خَيْرٍ لَّكُمْ يُؤْمِنُ بِاللَّهِ وَ يُؤْمِنُ لِلْمُؤْمِنِيْنَ وَرَحْمَةُ لِلَّذِيْنَ امْنُوْا مِنْكُمْ وَالَّذِيْنَ يُؤُذُوْنَ رَسُوْلَ اللَّهِ مِنْكُمْ عَذَا كِ الْمِيْمُ (اللَّهُ

يَحْلِفُوْنَ بِاللهِ لَكُمْ لِيُرْضُوْكُمْ مَ وَاللّٰهُ وَرَسُولُكَ آكَتُ آنَ يُرْضُوْهُ إِنْ ﴿ كَا نُوْا مُؤْمِنِيْنَ ﴿

آكى كى كى كَوْرَا تَكْ مَنْ يُحَادِدِ اللهُ وَرَسُو كَ فَ فَانَّ كَ فَ نَارَجَهَ نَّمَ خَالِدًا فِيْهَا دِذْلِكَ الْخِرْيُ الْعَظِيْمُ ﴿ يَحْذَرُ الْمُنْفِقُهُ فَ اَنْ تُنَزَّلَ عَلَيْهِمْ

ؽۿۮٙڒؙٵڷؙڡؙڹٝڣڤؘۉػٵؽؾؙڹ۬ڗٚڷؘۘۼڵؽۿۣۿ ڛؙۉڒۊؙٞؾؙڬؾؚٮؙٞۿۿؠؚڡ**ٵؽ**ڠؙڶۉؠۿٟۿۥڠؙڸ gyabwe. Gamba nti: Kale ggwe mubalaate, mazima Allah ye Mukwekuzi w'ebyo bye mweraliikirira.

65. Era bw'obabuuza, bajja kugamba *nti*: Ffe twali tusaaga busaazi era nga tuzannya. Gamba *nti*: Abaffe, Allah ne Aya ze n'Omubaka we be mwali musaagirako?

66. Temuwampanya. Ddala mwerema oluvannyuma lw'okukkiriza kwammwe. Kale ne bwe tunaasonyiwa ekibiina ekimu mu mmwe, era ekibiina ekirala tujja kukibonereza, olw'okubanga baali boononyi.

Ruku 9

67. Bannanfuusi abasajja ne bannanfuusi abakazi *bakolagana* bokka na bokka. Balagira bibi era nebaziyiza ebirungi era bafunya emikono gyabwe *nebatatoola*. Beerabira Allah, bw'atyo naye n'abasuulirira. Mazima bannanfuusi ddala bajeemu.

68. Allah yasuubiza bannanfuusi abasajja ne bannanfuusi abakazi n'abeerema, omuliro gwa Jahannamu; mu gwo mwe balibeera. Gwo gwe gulibamala. Era Allah yabakolimira. Era balina n'ekibonerezo ekiwangaazi,

69. Okufaanana nga bwe yabonereza abo abaabakulembera abaali basinga mmwe amaanyi nga babasinza n'ebyobugagga n'abaana. Kale beesanyusaamu n'omugabo gwabwe okumala akaseera, bwe mutyo nammwe mwesanyusizzaamu n'omugabo gwammwe nga abaabasooka bwe beesanyusamu n'omugabo gwabwe. Era mubalaata nga bo bwe baabalaatanga. Abo nno ebikolwa byabwe byafaafaagana ku nsi ne ku nkomerero, era abo be b'okufiirwa.

70. Abaffe, tebaatuukwako ebyafa kw'abo abaabakulembera—abantu ba Nūhu n'aba 'Adi n'aba Thamūda n'abantu ba Ibrāhīmu n'abatuuze b'e Madiyani n'ebibuga ebyavuunikibwa? Bajjirwa Abatume baabwe n'obubonero obw'olwaatu. Kale

اشتکھزءُ وَاجَرِكَ اللّٰہَ مُخْرِجُ كَمَا تَحْدَدُونَ

ۯڬؽؙؚڽٛڛٵۜڷؾۿؗۿڔڮؿٷٛڮؾۧڔؾ۠ۜۿٵۘڪؙؾٞٵ ؿڿؙۉۻ۫ۯؽڷۼۘۻ؞ڠؙڷ٦ڽٳٮڷٚڡؚۯٳؗؽؾؚ؋ۯ ڒڛؙۉڸؚ؎ڲؙڹٛؾؙۿڗۺؾۿڔۣ۫ٷؽ۞

لَا تَعْتَذِرُوْا قَدْ كَفَرْ تُدْ بَعْدَ إيْمَانِكُمْ الدَّ تَعْفُ عَنْ طَائِفَةٍ مِنْكُمْ نُعَذِّبْ طَآئِفَةً بِالنَّهُمْ كَانُوْا مُجْرِمِيْنَ أَنْ

اَلْمُنْفِقُوْنَ وَالْمُنْفِقْتُ بَعْضُهُمْ مِّنَ بَعْضِ مِ يَاهُرُوْنَ بِالْمُنْكَرِ وَ يَنْهُوْنَ عَنِ الْمَعْرُوْفِ وَ يَنْفُونَ آيْدِيهُمْ انْسُوا اللهَ فَنَسِيّهُمْ الْ الْمُنْفِقِيْنَ هُمُ الْفُسِقُونَ۞

وَعَدَا مِلْهُ الْمُنْفِقِينَ وَالْمُنْفِقْتِ وَ الْكُفَّارَ تَارَجَهَ تَّمَ خُلِدِيْنَ فِيْهَا ﴿ هِيَ حَسْبُهُ مُ \* وَكَعَنَهُمُ اللَّهُ \* وَ لَهُمْ عَذَا بُ مُقِيمًا ﴾

كَالَّذِينَ مِنْ قَبْلِكُمْ كَانُوٓا اللّهِ مَنْكُمْ قَوْةً وَّاكْثَرَ اَمْوَالُا وَّ اَكْثَرَ اَمْوَالُا وَّ اَكْثَرَ اَمْوَالُا وَّ اَوْلَادًا مَ فَاسْتَمْتَعُوْا بِحَلَاقِهِمْ فَاسْتَمْتَعُمَ اسْتَمْتَعُمَ اللّهَ مُكَا اسْتَمْتَعُ اللّهِ فِيكَ مِنْ قَبْلِكُمْ بِخَلَاقِهِمْ وَ اللّهِ فِيكَ مِنْ قَبْلِكُمْ بِخَلَاقِهِمْ وَ اللّهُ فَيْكَا وَالْمُؤْلِكُ مَنْ مَا لَهُ فَيْكَا وَالْمُؤْلِكُ مَنْ مَا لُهُ فَيْكَا وَالْمُؤْلِكُ مَنْ مَا لُهُ فَيْكَا وَالْمُؤْلِكُ مَا لَهُ فَيْكَا وَالْمُؤْلِكُ مَا لُهُ فَيْكَا وَالْمُؤْلِكُ مَا لَهُ مَا لَهُ فَيْكَا وَالْمُؤْلِكُ مَا لَهُ فَيْكَا وَالْمُؤْلِكُ مَا لَهُ فَيْكَا وَالْمُؤْلِكُ مِنْ فَاللّهُ فَيْكَا وَالْمُؤْلِكُ مِنْ فَاللّهُ فَيْكَا وَالْمُؤْلِكُ مِنْ فَيْكُولُولُكُ اللّهُ فَيْكَا وَالْمُؤْلِكُ فَيْكُولُولُكُ اللّهُ فَيْكُولُولُكُ اللّهُ فَيْكُولُولُكُ اللّهُ فَيْكُولُولُكُ اللّهُ فَيْكُولُولُكُ اللّهُ فَيْكُولُولُكُ مِنْ فَيْكُولُولُكُ اللّهُ فَيْكُولُولُكُ اللّهُ فَيْكُولُولُولُكُ وَاللّهُ فَيْكُولُولُكُ اللّهُ فَيْكُولُكُ اللّهُ فَيْكُولُولُكُ اللّهُ فَيَعْلُولُكُ اللّهُ فَيْكُولُولُكُ اللّهُ فَيْكُولُولُكُ اللّهُ فَيْكُولُولُكُ اللّهُ فَالْمُؤْلُولُ فَاللّهُ فَيْكُولُولُكُ اللّهُ فَيْكُولُولُكُ اللّهُ فَيْكُولُولُكُ اللّهُ فَاللّهُ فَيْكُولُولُكُ اللّهُ فَيْكُولُكُ اللّهُ فَاللّهُ فَيْكُولُولُكُ اللّهُ فَاللّهُ فَاللّهُ فَالْمُ فَاللّهُ لَاللّهُ فَاللّهُ فَاللّهُ فَاللّهُ فَاللّهُ فَاللّهُ فَ

ٱلَّمْيَاْتِهِمْ نَبَاُۥ تَّزِيْنَ مِنْ قَبْلِهِمْ قَوْمِ نُوْجٍ وَّعَادٍ وَ قَمُوْدَهُ وَ قَوْمِ اِبْلُهِیْمَ وَ اَصْحٰبِ مَسْیَنَ وَ اِبْمُؤْتَفِکْتِ ء اَتَتْهُمْ رُسُلُهُمْ Allah si y'eyabalyazaamaanya, beeryazaamaanyanga bokka.

71. Era abakkiriza abasajja n'abakkiriza abakazi baagalana bokka na bokka. Bakubiriza ebirungi, nebaziyiza ebitasaana, era nebajjumbira essaala, nebatoola ne zaka nebagondera Allah n'Omubaka we. Abo nno Allah b'alisaasira. Mazima Allah ye Luwangula, Omugezi ennyo.

72. Allah yasuubiza abakkiriza abasajja n'abakkiriza abakazi ensuku ezikulukutamu emigga wansi wa zo, ng'omwo mwe balibeera, n'amaka amalungi ennyo agali mu nsuku ez'olubeerera. Ng'ate okusiima okuva eri Allah kwe kulisinga byonna الله الكبرة عدد وشواك مِن الله الكبرة الك obukulu. Obwo nno bwe buwanguzi obusuffu.

Ruku 10

73. Owange ggwe Nabbi, nyiikirira nnyo abatakkiriza ne bannaanfuusi era beera munywevu ku bo. Anti obutuulo bwabwe muliro. Era obwo bwe buddo obubi ennyo.

74. Balayira Allah *nti* teboogeranga *kigambo* kyonna kibi, so nga ddala baayogera enjogera ey'obukaafiiri, era nebeerema oluvannyuma lw'okusiramuka kwabwe, nebeegwaanyiza n'ebyo bye batayinza na kufuna. Era tebawalana bakkiriza wabula lwa kuba nti Allah yabagaggawaza, n'Omubaka we, ku mikisa gye. Kale singa babonerera, ky'ekisinga obulungi gye bali. Naye bwe baneekyuusa, Allah ajja kubabonereza ekibonerezo ekirumya, ku nsi ne ku nkomerero, era tebalifunayo wa mukwano mulala ku nsi wadde omuyambi.

75. Era mu bo mulimu abo abaalagaanya Allah nti: Bw'alituwa ku mikisa gye, mazima tujja kutoola saddaaka era ddala tujja kuba mw'abo abakola ebirungi.

76. Naye bwe yamala okubawa ku mikisa gye, baagikodowalira era beekyuusa nebakubayo mabega.

wabula مُهُمْ لِمُعُمْ اللّهُ لِيَظْلِمُهُمْ wabula ولُحِنْ كَا نُوْا أَنْفُسَهُ هُ يُظْلِمُونَ ۞ وَالْمُؤْمِنُوْنَ وَالْمُؤْمِنْتُ بَعْضُهُمْ إِنَّ آوُلِيَكَاءُ مُعْضِ يَا مُرُونَ بِالْمَعْرُو يِ وَ يَنْهَوْنَ عَنِ الْمُنْكُرِ وَ يُقِيمُوْنَ الصَّلُوةَ وَيُوهُ تُونَ الزَّخُوةَ وَكُيطِيعُونَ الله ورسو كفار لفك سكر حدة اللهُ وإنَّ اللهُ عَزِيزُ مَكِيمُ ١ وَعَهِ اللهُ الْمُؤْمِنِينَ وَالْمُؤْمِنِينَ جَنَّتٍ تَجْرِيُ مِنْ تَحْتِهَا لَا نَهُو هٰلِرَ يَنَ فِينَهَا وَمَسْكِنَ طَيِّبَةً فِي في ذلك مُوالْفُوزُالْعَظِيْمُ

> يْـاَ يُبُهَا النَّبِيُّ جَاهِمِ الْكُفَّارَ وَ المُنْفِقِينَ وَ اغْلُطْ عَلَيْهِمْ وَ مَا وْسَهُمْ جَهَنَّمُ وَبِئْسَ الْمَصِيْرُ يَحْلِفُونَ بِاللَّهِ مَا قَالُوْا ﴿ وَلَقَهُ قَالُوْا كَلِمَةَ الْكُفْرِةَ كَفَرُوْا بَعْدَ اِسْلَامِهِمْ وَهَمُّوا بِمَا كَمْ يَنَا لُوَاء وَمَا نَقَمُوا إِنَّا أَنْ اَغْنُمُ مُواللَّهُ وَ رَسُوْلُـ لَا مِنْ فَصْلِهِ \* فَإِنْ يَتَوْبُوْا يَكُ خَيْرًا لَّهُمْ ﴿ وَإِنْ يَتَوَكُّوا يُعَذِّبُهُمُ اللَّهُ عَذَا بِأَلَيْمًا " فِي الدُّنْيَاوَالْأَخِرَةِ وَمَاكَهُمْ فِي الْأَرْضِ مِنْ وَّرِبِيِّ وَّلَا نَصِيْرٍ ﴿

> وَمِنْهُمْ مَّنَ عَهَدَا مِلْتَهُ لَئِنْ الْمُسَا مِنْ فَضْلِم لَنَصَّدُّ قَنَّ وَلَنَكُوْ نَنَّ مِنَ الصَّلِحِيْنَ

> فَلَمُّ اللَّهُمْ مِّنْ فَضْلِهِ بَخِلُوْا بِه وَ تَوَلَّوْا وَ هُدهُ مُّعْرِضُوْنَ 🕾

77. Kale n'abasasula bunnaanfuusi mu mitima gyabwe, okutuusa ku lunaku lwebalisisinkana naye, olw'okubanga baamenya *ekisuubizo* kye baasuubiza Allah, n'olwebyo bye baalimbanga.

78. Abaffe, tebamanyi nti ddala Allah amanyi ebyaama byabwe n'enkiiko zaabwe ez'enkukutu, era nti ddala Allah y'Asinga okumanya ebitalabika?

79. Abo abageya abo mu bakkiriza abatoola saddaaka mu kweyagalira n'abo abatafuna *kye batoola* okuggyako obunyiikivu bwabwe *ate bo* nebabasekerera,Allah alibasasula olw'okuseka kwabwe era balifuna n'ekibonerezo ekirumya.

80. Bw'obasabira okusonyiyibwa oba bw'otabasabira kusonyiyibwa, *ky'ekimu;* kuba ne bw'obasabira okusonyibwa emirundi ensanvu, Allah talibasonyiwa. Ekyo lwa kubanga beegaana Allah n'Omubaka we. Era Allah talung'amya bantu boonoonefu.

Ruku 11

81. Abo abeesigaza emabega baasanyuka olw'okusigala kwaabwe emabega w'Omubaka wa Allah,ne bakyaawa okutakabana n'ebyobugagga bwabwe nabo bennyini mu kkubo lya Allah. Era nebagamba *banna-abwe* nti: Temutabaala mu bbugumu. Gamba nti: Omuliro gwa Jahannamu gusingira wala ebbugumu okwokya, singa babadde bategeera.

82. Kale basaanye baseke katono naye bakaabe nnyo, *kubanga eyo* y'empeera y'ebyo bye baakolanga.

83. Kale Allah bw'akuzzangayo eri abamu mu bo nebakusaba okubakkiriza okutabaala *naawe*, kale gamba nti: Temulitabaala nange ddi na ddi era temulirwanyisa mulabe wamu nange. Ddala mmwe mwasiima kwetuulira *ka* ku mulundi ogwasooka; kale mweetuulire wamu n'abo abeesigaza emabega.

84. Era tosaaliranga yenna mu bo afudde ddi na ddi, wadde toyimiriranga ku ntaana ye. Mazima abo beegaana Allah n'Omubaka

ٱكَّزِيْنَ كَيْكَورُوْنَ الْمُطَّوِّعِيْنَ مِنَ الْمُؤْمِنِيْنَ فِالصَّدَفْتِ وَاكْزِيْنَ كَايَجِهُ وْنَ الْاجُهْدَهُمُ مُدْذَيَ شَخَرُوْنَ مِنْهُ مُدَّ سَخِرًا مِنْهُ مِنْهُ مَدْ وَكَهُمْ عِنْ الْكَالِيْمُ

اِسْتَغْفِرُ لَهُمْ آوَ كَا تَسْتَغْفِرُ لَهُمْ اَوْ كَا تَسْتَغْفِرُ لَهُمْ اللهِ اللهُ اللهُ

فَرِحَ الْمُحَلَّفُونَ بِمَقْعَدِهِمْ خِلْفَ رَسُولِ اللهِ وَكَرِهُوَ الْنَ يُجَاهِدُ وَابِا مُوَالِهِمْ وَانْفُسِهِمْ فِي سَبِيْلِ اللهِ وَقَالُوا لَا تَنْفِرُوا فِي الْحَرِّ فُلُ نَارُجَهَنَّمَ اشَدُّ حَرَّا اللهِ اللهِ عَلَيْهُ وَقَالُوا لَا تَنْفِرُوا لَوْ كَانُوا يَفْقَلُهُ وَنَ

فَلْيَضْحَكُوْا قِلِيْلَا وَلَيْبَكُوْا كَثِيْرًا مَ جَزَا ﴿ بِمَا كَانُوا يَكْسِبُونَ ﴿

جراء بِمِمَّ الْ اللهُ اللهُ

we era nebafa nga bajeemu.

85. Era eby'obugagga bwabwe n'abaana babwe bireme kukwewuunyisa. Mazima Allah ky'agenderera kwe kubabonereza nabyo ku nsi, n'emyoyo gyabwe giveewo bafe nga batakkiriza.

86. Era awo essuula bw'essibwa nga eragira nti mukkirize Allah era mutakabane mu kkubo lya Allah wamu n'Omubaka we, ba bifeekeera abali mu bo ate bakusaba kubakkiriza kusigala, nga bagamba nti: Tuleke tubeere wamu n'abo abanaatuula eka.

87. Baasiima kubeera *na bakazi* abasigala eka, olwo emyoyo gyabwe ne gikoonwako envumbo, bwe batyo tebategeera.

88. Naye Omubaka, n'abo abakkiriza abali naye abatakabana mu kkubo lya Allah n'ebyobugagga bwabwe n'emyoyo gyabwe, era abo be balifuna ebirungi ebya buli ngeri, era abo be b'okuganyulwa.

89. Allah yabategekera ensuku ezikulukutamu emigga wansi wa zo ng'omwo mwe balibeera. Okwo nno kwe kuwangula okusuffu.

Ruku 12

90. Era n'abo abawampanya okuva mu Bawarabu b'omu ddungu, bajja okusaba bakkirizibwe okusigalira. Naye abo abaalimbisa Allah n'Omutume we beetuulira چَذَبُوا اللَّهَ وَرَسُوْلَهُ مَسْيُصِيْبُ bwetuulizi. Naye mangu nnyo abo abeerema mu bo bajja kutuukibwako ekibonerezo ekirumya.

oba ku balwadde, oba kw'abo abatasobola kufuna kye batoola, kasita baba abesimbu eri Allah n'Omubaka we. Era tewali kunenya ku bakozi b'ebirungi. Anti Allah ye Musonyiyi ennyo, Omusaasizi ennyo;

كَفَرُوْا بِاللَّهِ وَ رَسُولِهِ وَ مَا ثُوْا وَ هُــم فسِقُوْن 👀

وَلَا تُعْجِبُكُ أَمْوَا لُهُمْ وَٱوْكُا دُهُمُهُ رِيُّمَا يُرِيدُا مِلْهُ آنَ يُحَرِّ بَهُمْ بِهَا فِي الدُّنْكَا وَ تَزْهَقَ آنْفُسُهُمْ وَ هُمْ كفِورُ وْ تَ ۞

وَإِذَا النَّا لَتُ سُوْرَةً آثا مِنُوابِ اللَّهِ وَجَا هِـ دُوْا مَعَ رَسُوْلِ وِاسْتَا ذَنْكَ أُولُوا الطُّولِ مِنْهُمْ وَ قَالُوا ذَرْنَا نَكُنْ شَعَ الْقَحِدِيْنَ (١)

رَضُوْا بِاكَ يَحَدُوْ نُوْاسَحَ الْخَوَالِفِ وَ طُبِعَ عَلْ قُلُوبِهِمْ فَهُمْ لَا كِفْقَهُون ن

لْكِنِ الرَّسُولُ وَالَّذِيْنَ أَمَنُوْا مَعَكَ جَا هَدُوا بِا مُوَالِهِمْ وَ ٱثْفُسِهِمْ وَ أولِيْكَ كَهُمُ الْخَيْرَاتُ دَوَ أُولَيْكَ هُمُ المُفْلِحُوْنَ

أعَدَّ اللهُ لَهُمْ جَلَّتٍ تَجْرِيْ مِنْ تَحْتِهَا الْكَنْهُمُ خُلِدِيْنَ فِيْهَاء ي ذلك الفورُ الْعَظِيمُ

وَ كِمَاءَ الْمُعَذِّرُونَ مِنَ الْاَعْرَابِ لِيُؤْذَنَ لَهُمْ وَ قَعَدُ الَّذِيْنَ الَّذِينَ كَفَرُوْا مِنْهُ مُعَذَا بُ آلِيهُ

91. Tewali kunenya kwonna ku bateesobola, كَيْسَ عَلَى الضُّعَفَّاءِ وَلَاعَلَى الْمَرْضَى وَ لَا عَلَى الَّـزِيْنَ لَا يَجِـدُوْنَ مَا يُنْفِقُونَ حَرَجُ إِذَا نَصَحُوا رِبُّهِ وَ رَسُولِهِ مَا عَلَى الْمُحْسِنِيْنَ مِنْ سَبِيْلِ وَاللَّهُ غَفُوْرٌرِّحِيْمُ اللَّهُ عَفُوْرٌرِّحِيْمُ

92. Wadde kw'abo ababa nga bazze gy'oli آتَوْكَ obawe ekibatwala n'ogamba nti: Sikyalinawo kwembatwaalira; nebaddayo nga amaaso gaabwe gakulukusa amaziga آعُنُنُهُمْ olw'ennaku kubanga tebafunye na kye batoola.

93. Ddala ekinenyo kiri kw'abo abakusaba النَّذِينَ obakkirize okusigala ng'ate bagagga, naye nebasiima okusigala emabega n'abakazi. Era كَا يَكُو نُوْا صَعَ الْخُوالِفِ ﴿ Allah yassa envumbo ku mitima gyabwe, وَ الْخُوالِفِ اللَّهِ وَاللَّهِ اللّ kale tebategeera.

#### Juzu 11

94. Bajja kuwampanya gye muli nga muzzeeyo gye bali. Gamba Temuwampanya, kuba tetujja kubakkiriza. Mazima Allah yamaze okututegeeza ebibafaako. Era Allah ajja kwetegereza ebikolwa byammwe, n'Omubaka we; n'oluvannyuma mulizzibwa eri Allah Omumanyi w'ebitalabika n'ebirabika, olwo Ye abategeeze ebyo bye mwakolanga.

gye bali mbu mubaleke. Kale mubaleke. Ddala abo kyenyinyalwa, era amaka gaabwe muliro; ng'eyo y'empeera olw'ebyo bye عَنْهُمْ لِإِنَّهُمْ رِجْسُ نِ وَمَأُولُهُمْ فَهُمْ اللَّهِ اللَّهُمُ ال baakolanga.

96. Babalayirira mbu mubasiime. Naye ne bwe munaabasiima, mazima Ye Allah tasiima bantu bajeemu.

97. Abawarabu b'omu ddungu basukkirivu mu butakkiriza n'obunnanfuusi era batuukana nnyo n'obutamanya nsalo z'ebyo Allah bye yassa ku Mubaka we. Naye Allah ye Mumanyi wa byonna, Omugezi ennyo.

abatwala ebyo bye batoola (saddaaka) ng'omutango, era babalindiriza mitawaana. So nno be baliko emitawaana egy'akabi. Era عَلَيْهِ مَ السَّمَةِ السَّلَةِ عَلَيْهِ عَلِيهِ عَلَيْهِ عَلِي عَلَيْهِ عَلِي عَلَيْهِ عَلِي عَلَيْهِ عَلِي عَلَيْهِ عَلَيْهِ عَلَيْهِ عَلَيْهِ عَلَيْهِ عَلَيْهِ عَلَيْهِ عَلَيْهِ عَل Allah ye Muwulizi wa byonna, Omumanyi wa byonna.

وَ لَا عَلَى الَّـذِينَ إِذَا شَآ لِتَحْمِلُهُمْ قُلْتُ لَآ فِيْضُ مِنَ الدَّمُعِ حَذَيْنًا ٱلَّا يَحِ مًا كُنْف قُونُ أَنْ

يَشْتُأُذِنُوْ نُلُكُ وَهُمْ أَغْنِينَا أَمِّ وَضُوْر نرًا للهُ عَلَى قُلُوْ مِهِ

كغتذ رُوْن اليْكُمْ إِذَا رَجَعْتُمْ هُ و قُلُكُ كَا تَعْتَذِ رُوْا لَـن تُهُ مِنَ لَكُمْ قَدْ نَيَّا نَا اللَّهُ مِنْ آخْيَا رَكُمْ ا يَرَى اللهُ عَمَلُكُمْ وَ رَسُولُهُ نُمَّ تُرَدُّوْنَ إِلَى عَلِمِ الْغَيْبِ وَالشَّهَا دَةِ بِّئُكُمْ بِمَا كُنْتُمْ تَعْمَلُوْنَ ﴿ 95. Bajja kubalayirira Allah nga muzzeeyo يَحْلِفُوْنَ بِاللَّهِ لَكُمْ إِذَا انْقَلَبْتُمْ لهِ هُ لِتُعْرِضُوْا عَنْهُ هُ ﴿ فَأَعْرِضُوْا جَهَنَّكُم م جَزَاء بِمَاكًا نُوْا يَكُسِبُونَ يَحْلِفُونَ لَكُمْ لِتَرْضُوا عَنْهُمْ عَوَانَ تَرْضَوْا عَنْهُمْ فَإِنَّ اللَّهَ لَا يَرْضَى عَنِ الْقَوْمِ الْفُسِقِيْنَ

ٱلْاَعْرَا بُ ٱشَدُّ كُفْرًا وَّزِفَا قَاوَّ آجْدَرُ ٱكَّا يَعْلَمُوْ الْحُدُوْدَ مَاۤ ٱنْهَ كَا سَلَّهُ عَلَى رَسُولِهِ وَاللَّهُ عَلَيْهُ حَكِيمُ

98. Ne mu Bawarabu b'omu ddungu mulimu وَ مِنَ الْاَعْرَابِ مَنْ يَّبَتَّخِذُ مَا يُنْفِقُ مَغْرَمًا وَيَتَرَبُّصُ بِكُمُ الدَّوَ آئِرَهُ

99. Naye mu Bawarabu b'omu ddungu, mulimu oyo akkiriza Allah n'olunaku lw'enkomerero, n'atwala n'ebyo by'atoola nti bimuyamba okusembera eri Allah n'okusabirwa Omubaka. Mwetegereze, ddala ebyo bye batoola bijia kubasembeza eri Allah. Era Allah ajja kubayingiza mu kusaasira kwe. Mazima Allah ye Musonyiyi ennyo, Ow'ekisa ekingi.

#### Ruku 13

100. Era abo abaakulembera mu Basenguse ab'olubereberye, n'Abayambi, n'abo abaabagoberera mu *kukola* obulungi, Allah yabasiima nabo nebamusiima; era yabategekera n'ensuku ezikulukutamu emigga wansi wa zo. Omwo mwe balibeera olubeerera. Obwo nno bwe buwanguzi obusuffu.

101. Era ne mw'abo abali ebbali wammwe mu Bawarabu b'omu ddungu, mulimu abannanfuusi; era ne mu batuuze b'e Madina. Bagugubira nnyo ku bunnanfuusi. Ggwe tobamanyi, naye Ffe tubamanyi. Tujja kubabonereza enfunda bbiri, n'oluvannyuma balizzibwa eri ekibonerezo ekisukkirivu.

اَخُرُوْنَ اعْتَرُنُوْا بِذُنُوْ بِهِمْ خَلْطُوْا مِنْ نُوْ بِهِمْ خَلْطُوْا مِنْ نُوْ بِهِمْ خَلْطُوْا مِنْ نُو بِهِمْ خَلْطُوْا مِنْ نُو بِهِمْ خَلْطُوْا مِنْ نُو بِهِمْ خَلْطُوْا مِنْ مُو اللهِ اللهُ اللهُل

103. Jja saddaaka mu bintu byabwe obayonje era obatukuze nayo era obasabire. Mazima okusaba kwo bwe butebenkevu bwabwe. Era Allah y'Awulira byonna, y'Amanyi byonna.

مَ نُنَجِّيكَ بِيدِيكَ لِتَكُونَ لِمَنْ كَ أَيْدًا وَإِنَّ كَثِيرًا مِّنَ النَّاسِ ع عَن ايتِنَا لَغْفِلُونَ۞

هُ وَقِنَ الطَّيِّيٰتِ مِ فَمَا رُبُّكَ يَقْضِى بَيْنَهُمْ يَوْمَ الْقِيْمَةِ شِمَاكًا ثُوْآ فِنهِ يَخْتُلُفُونَ فِي فَانْ كُنْتَ فِي شَلِكِ يِمِمَّا أَنْذَ لَنَا اللَّهُ لَيْكًا

فَسْعُلِ اللَّهِ يُنَ يَقْرُءُونَ الْكِتْبُ مِنْ قَبْلِكَ مِ لَقَدْ جَآءَكَ الْحَقُّ مِن رَّبِّكَ فَلاَ تَكُوْ نَنَّ مِنَ الْمُمْتَرِيْنَ الْمُ وَلا تَكُو نَنَّ مِنَ الَّهِ يُن كُذَّ بُوا بايت الله فتكون من الخسرين ٠٠

إِنَّ الَّذِيْنَ حَقَّتْ عَلَيْهِمْ كُلِّمَتُ رَبِّكَ لَا يُؤْمِنُوْنَ ﴿

جَآءَ ثُهُمْ كُلُّ أَيْبَةٍ حَتَّى يَرَوُا

فَكُهُ لَا كُانَتْ قَانَـةً أَمُنَهُ رِيْمَا نُهَا رِلَّا قَوْمَ يُوْنُسَ. لَمَّا أَمَنُوْا كَشَفْناً عَنْهُمْ عَذَابَ الْخِزْي فِي

ekiseera.

100. Era singa Mukama wo yayagala kuwaliriza, ddala abali mu nsi bonna baalikkirizza. Abaffe, ggwe onoowaliriza abantu bafuuke bakkiriza?

101. Era tekisoboka muntu kukkiriza okuggyako nga Allah akkirizza. Era obusungu abussa kw'abo abatakozesa magezi.

102. Gamba nti: Mwetegereze *nnyo* ebigenda bibaawo mu ggulu ne mu nsi. Naye nno obubonero n'Abalabuzi tebigasa eri abantu abatakkiriza.

103. Abaffe, balindayo ekirala okuggyako ebifaanana n'ebyebiseera by'abo abaafa olubereberye lwabwe? Gamba nti: Kale mulindirire, nange ndi wamu nammwe mu balindirira.

104. N'oluvannyuma tujja kuwonya Ababaka baffe n'abo Abakkiriza. Bwe kityo kikakafu ku Ffe okuwonya abakkiriza.

## Ruku 11

105. Gamba nti: Abange mmwe abantu, obanga mulinamu okubuusabuusa kwonna ku ddiini yange, kale mumanye nti nze sisinza abo be musinza ebbali wa Allah, wabula nsinza Allah oyo abafiisa, era nalagirwa okuba mw'abo abakkiriza.

106. Era nalagirwa okugamba buli omu nti: Yolekeza obwenyi bwo eri Eddiini ng'oli mwesimbu, era tobanga mw'abo abenkanya Allah n'ebirala.

107. Era *nti:* Towanjagiranga kyonna ebbali wa Allah ekitasobola kukugasa wadde okukukosa. Kale bw'olikikola, olwo naawe ddala oliba mw'abo aboonoonefu.

108. Era Allah bw'akutuusaako obuzibu, tewali asobola kubuggyawo okuggyako Ye yennyini. Era bw'akwagaliza ekirungi, tewali aziyiza mikisa gye. Agituusa ku gw'aba ayagadde mu baweereza be. Era Ye ye Musonyiyi ennyo, Omusaasizi ennyo.

bw'oku nsi era netubeeyagazamu okumala الْكَيْوَةِ الدُّنْيَا وَمُتَّعْنُهُمُ إِلْ حِيْنِ الْهُالِيَةِ وَالدُّنْيَا وَمُتَّعْنُهُمُ إِلْ حِيْنِ وَلَوْ شَمَاءَ رَبُّكَ كَأْمَنَ مَنْ فِي الْأَرْضِ هْ جَمِيْعًا ﴿ أَفَانْتُ تُكْرِهُ النَّاسَ حَتُّى يَكُوْ ثُوا مُؤْمِنِيْنَ

وَمَا كَانَ لِنَفْسِ آنْ تُؤْمِنَ إِلَّا بِإِذْنِ الله و و يَجْعَلُ الرَّجْسَ عَلَى الَّذِينَ لَا يَعْقِلُوْ نَ۞

قُلِ انْظُرُوا مَا ذَا فِي السَّمُونِ وَ الْأَرْضِ ﴿ وَمَا تُغْنِي الْأَيْتُ وَ النُّذُرُ عَنْ قَوْمِلًّا يُؤْمِنُونَ

فَهَلْ يَنْتَظِرُوْنَ إِلَّا مِثْلُ آيًّا مِ الَّذِيْنَ خَكُوْا مِنْ قَبْلِهِمْ وَتُلْ فَانْتَظِرُوْا رِبِّيْ مَعَكُمْ مِنَ الْمُنْتَظِرِيْنَ ﴿

ثُمَّرُنُنَجِيْرُ سُلَنَا وَالْكَرِيْنَ امَنُوْاكُ إِلَكَ مَ عَ مَقًا عَلَيْنَا نُنْجِ الْمُؤْمِنِيْنَ الْ

تُلُ يَاكِبُهَا النَّاسُ إِنْ كُنْتُمْ فِي شَلِيٍّ مِّنْ ﴿ يُنِيْ فَلُا آعْبُدُ الَّذِينَ تَعْبُدُونَ مِنْ دُوْنِ اللهِ وَلٰكِنْ اَعْمُدُ اللَّهُ الَّذِيْ يَتَوَفَّىكُمْ ﴿ وَ أُمِرْتُ أَنْ ٱكُوْنَ مِنَ الْمُؤْمِنِيْنَ 🕝

وَ أَنْ أَرِّعْمُ وَجُهَكَ لِلدِّ يُنِ حَنِيْفًاء وَلَا تَكُوْ نَنَّ مِنَ الْمُشْرِكِ بُنَ ﴿

وَلَا تَدْعُ مِنْ دُوْنِ اللَّهِ مَا لَا يَنْفَعُكَ وَلَا يَضُرُّكَ مِ فَإِنْ فَعَلْتَ فَإِنَّكَ إِذًا يِّن الظُّلمان ١٠٠٠

وَإِنْ يَهُمُ سُلْكَ اللَّهُ بِضُرِّفَ لَا كَا شِفَ كَ فَا لَا هُو مَوَان يُرِدُكَ بِخَيْرِ فَلَا زَآدٌ لِفُضْلِهِ وَيُصِيْبُ بِهِ مَنْ تُشَاءُ مِنْ عِبَادِهِ وَهُوَ الْغَفُوْرُ الرَّحِيْمُ 109. Gamba nti: Abange mmwe abantu, amazima gamaze okubatuukako nga gava eri Mukama wammwe. Kale oyo alung'ama, mazima aba alung'amye lwa kugasa mwoyo gwe; n'oyo awaba, kale awaba lwa kugufiiriza yekka. Era nze siri mukuumi ku mmwe.

110. Era goberera ebyo ebikubikkulirwa era ogumiikirize okutuusa Allah lw'alisalawo. Anti Ye y'asinga abalamuzi bonna.

قُلْ يَا يُهَا النَّاسُ قَدْ جَاءَكُمُ الْحَقُّ مِنْ رَّبِكُمْ \* فَمَنِ اهْتَدٰى فَإِنَّمَا يَهْتَدِيْ لِنَفْسِهِ \* وَمَنْ ضَلَّ فَإِنَّمَا يَضِلُّ عَلَيْهَا \* وَمَآانَا عَلَيْكُمْ بِوَكِيْلِ فَ وَاتَّبِعْ مَا يُوْخَى إِلَيْكَ وَاصْبِرْ حَتَّى وَاتَّبِعْ مَا يُوْخَى إِلَيْكَ وَاصْبِرْ حَتَّى يُصْكُمُ الله \* وَهُوَخَيْرُ الْحُكِمِيْنَ فَيْ



## HŪD

## (Yakka lubereberye lwa Hijra)

- 1. Ku lw'erinnya lya Allah, Omusaasizi ennyo, Ow'ekisa ekingi.
- 2. Alif Lām Rā.\* Kino ky'Ekitabo Aya zaakyo ezanywezebwa *nga teziriimu bukyaamu* nate ne zittottolwa. Kyava eri Nannyini magezi, Ategeera byonna.
- 3. Kiyigiriza nti: Temusinzanga omulala yenna okuggyako Allah yekka, ddala nange nvudde gy'ali ku lwammwenga nze Mulabuzi eraomuwi w'amawulire ag'essanyu;
- 4. Era nti: Musabe okusonyiyibwa eri Mukama wammwe, n'oluvannyuma mwenenye gy'ali. Ajja kubeeyagaza okweyagala okulungi okutuusa ku kiseera ekigere. Era buli agwanira emikisa ajja kumuwa ku mikisa gye. Naye bwe balyekyuusa, *gamba nti:* Nze mbatiisa ekibonerezo ky'olunaku olw'entiisa.
- 5. Eri Allah y'eri obuddo bwammwe; era Ye ye w'Obuyinza ku buli kimu.
- 6. Muwulirize! Ddala baweta ebifuba byabwe *mbu* bamwekweke. Muwulirize! Ne mu kiseera we beebuutikirira engoye zaabwe, *era* amanya ebyo bye bakisa ne bye booleka. Ddala Ye y'amanyi ebiri mu bifuba.

## Juzu 12

- 7. Era tewali kiramu kyonna mu nsi, wabula okugabulwa kwa kyo kuli ku Allah, era y'amanyi ekisulo kya kyo n'amaka ga kyo. *Ebyo* byonna biri mu Kitabo ekitangaaza.
- 8. Era Ye y'eyatonda eggulu n'ensi mu biseera omukaaga, ne Nnamulondo ye eri ku mazzi, alyooke abagezese amanyise ani mu mmwe asinga okukola ebikolwa ebirungi. Era bw'oyogera nti: Muli ba kuzuukizibwa oluvannyuma lw'okufa, ddala abatakkiriza bajja kugamba nti: Kino si kirala wabula kwe kubuzaabuza okw'olwaatu.

بِشــمِاشُهِ الرَّحْـلُمِ الرَّحِـيْمِ۞ الْزُ سَـرَكْبُ أَحْكِمَتُ الْيَّكُ ثُمَّ فُصِّلَتْ مِنْ لَّـدُنْ حَكِيْمٍ خَبِيْرٍ۞

ٱلَّا تَعْبُدُ أَوْا لِلَّا اللهَ اللهَ اللَّهِ لَكُمْ مِّنْهُ نَا يُمَرُّ أَبَشِيرُ ۞

وَّ آنِ اسْتَغْفِرُوْا رَبَّكُمْ ثُمَّ ثُوْ بُوَّا رَبَّكُمْ ثُمَّ ثُوْ بُوَّا رَبَّكُمْ ثُمَّ الْمَالَىٰ الْمَ اَكِيْكِ يُمَتِّعْكُمْ مَّتَاعًا حَسَنًا الْمَا اَجَلِى مُسَمَّى وَّ يُؤْتِ كُلُّ ذِيْ فَضْلٍ فَضْلُهُ اللَّهُ الْنَ تَوَلَّوْا فَإِنِّيْ اَخَافُ عَلَيْكُمْ عَذَابَ يَوْمِ كَبِيْرٍ ۞

ٳڬ١ٮٮؖ۠ۅڡۘۯڿؚۼػؙۿ؞ۘۘۘۘۘڗۿۅۜۼڸ۬ڲؙڷۣۺؘؽ؞ۣ ؿۜڔؽڔڰ

اَلَارِ اَتُهُمْ يَثْنُوْنَ صُدُوْرَهُمْ لِيَسْتَخْفُوْا مِنْهُ اَلَا حِيْنَ يَسْتَخْشُوْنَ شِيَا بَهُمْ ا يَعْلَمُ مَا يُسِرُّوْنَ وَمَا يُعْلِنُوْنَ مِ إِنَّكَ عَلِيمٌ إِنِذَاتِ الصُّدُوْرِ ۞

وَمَا مِنْ دَا بَّ تَيْ فِي الْاَرْضِ إِلَّا عَلَى
اللهِ رِزْقُهَا وَ يَعْلَمُ مُسْتَقَرَّهَا وَ
مُسْتَوْدَعَهَا وَ يَعْلَمُ مُسْتَقَرَّهَا وَ
مُسْتَوْدَعَهَا وَيَعْلَمُ مُسْتَقَرَّهَا وَ
مُسْتَوْدَعَهَا وَيُكُم فِي كِلْمِ مُسْتَقَرَّهَا وَ
وَهُوَ اللَّذِيْ خَلَقَ السَّمٰوْتِ وَ الْاَرْضَ
فِيْ سِتَّةِ اَيَّامٍ وَ كَانَ عَرْشُدُ عَلَى الْمَاءِ
لِيَبْلُوكُمْ اَيُّكُمْ اَحْسَنُ عَمَلًا وَلَيْنَ
لِيبُلُوكُمْ اَيُّكُمْ اَحْسَنُ عَمَلًا وَلَيْنَ
لِيبُلُوكُمْ اَيُّكُمْ اَحْسَنُ عَمَلًا وَلَيْنَ
لِيبُلُوكُمْ الْكُوتِ
فَيْلَتَ اِلْكُمُ مَنْ عُونَ مِنْ اَعْمَدُ الْمَوْتِ
لَيتُقُولَتَ اللَّذِيْنَ كَفَرُوا إِنْ هُذَا الْمَوْتِ
سِحْرًا مُبِينًا ﴾

9. Era bwe tubalwisiza ekibonerezo okutuusa ku kiseera ekyabalirirwa, ddala bajja kugamba nti: Kiki ekikiziyizza? Mwetegereze, olunaku lwe kiribatuukako, tekiribatakkuluzibwako era balyebungululwa ebyo bye baajereganga.

Ruku 2

- 10. Era bwe tuloza omuntu ku kusaasira okuva gye tuli n'oluvannyuma netukumuggyako, ddala afuuka omuterebufu. omuteebaza.
- 11. Ate bwe tumuloza ku bulungi oluvannyuma lw'obuyinike obwamutuukako, ddala agamba nti: Ebibamba binvuddeko; olwo nga yeesanyukira, nga yeejabaata;
- 12. Okuggyako abo abagumiikiriza era nebakola ebikolwa ebirungi. Abo be balifuna okusonyiyibwa n'empeera ennene.
- 13. Basuubira nti ob'olyawo n'oleka ebimu kw'ebyo ebikubikkulirwa oba nebikukeng'entereza ekifuba kyo olw'okubanga bagamba nti: Lwaki teyassizibwa ggwanika ly'ebyobugagga oba malayika okujja awamu naye? Mazima ggwe oli Mulabuzi, naye Allah ye mulabirizi wa buli kimu.
- 14. Kazzi bagamba nti: Kur'āni y'eyagijingajinga? Gamba nti: Kale nammwe muleeteyo Essuula kkumi enjingejinge ezigifaanana, ate mukoowoole bonna bemusobola, ng'oggyeeko Allah, obanga ddala mwogera mazima.
- 15. Kale bwe batalibaanukula, olwo nga mumanya nti mazima yo yabikkulwa na أَنْزِلَ بِعِلْمِ اللَّهِ وَ آنْ لَّا ٓ الْهُ وَالَّهُ هُوَ مِنْهَلُ humanya kwa Allah yennyini era nti teri musinzibwa mulala okuggyako Ye yekka. Abaffe, munaajeemulukuka?
- 16. Abo abaagala obulamu bw'ensi n'amatiribona ga yo, tujja kubasasula mu yo mu bujjuvu ng'emirimu gyabwe bwe giri mu yo, era bo tebaliseerebwa mu yo.
- 17. Abo nno be bo abatalifuna kyonna ku nkomerero okuggyako omuliro, ne bye baagunja mu yo biribafiirira, ne bye baakola biribafaafaaganira.

وَ لَكِنُ آخَوْنَا عَنْهُمُ الْعَذَابَ إِلَّ أُمَّةٍ مَّعْدُوْدَةٍ لَيَقُوْلُنَّ مَا يَحْبِسُهُ ﴿ اَلَّا يَوْمَ يَأْتِيْهِمْ لَيْسَ مَصْرُوْ قَاعَنْهُمْ وَكَانَ عُ رِبِهِمْ مَّا كَانُوارِهِ يَسْتَهْزِءُوْنَ أَن وَلَيْنُ آذَ قَنَا الْهِ نُسَانَ مِنَّا رَحْمَةً ثُمَّ نَزَعْنُهُ مِنْهُ مِ إِنَّهُ لَيْتُ سُ كُفُرُ رُسُ وَلَئِنْ آذَ قُنْهُ نَعْمَا ء يَعْدَ ضَيّاءً مَسَّنْهُ لَيَقُوْلَنَّ ذَهَبَ السَّبِّاتُ عَنِّيْ النَّكَ لَفَرِحُ فَخُوْرُ اللهِ

Juzu 12

ا لكا النيذين صيرواوعيملواالصلطي ٱولَيْكَ لَهُمْ مَّغْفِرَةً وَّ آجُرُ كَبِيْرُ ® فَلَعَلَّكَ تَارِكُ بَعْضَ مَا يُوْخَى إلَيْكَ وَ ضَائِئًا بِهِ صَدْرُكَ إِنْ يَقُوْلُوا لَوْكَا أنزل عَلَيْهِ كَنْزًا وْجَاءَمَعَهُ مَلَكُ، رِاتُّمَآ آنْتَ نَذِيرٌ ﴿ وَاللَّهُ عَلَى كُلِّ شَيْءٍ

ٱۿۑؘڡؙؖۉڵۅٛؽ١ؽٛ؆ٛڒٮڰ؞ڠؙڷ ڬٲؿؙۉٳۑۼۺٛڕ سُورٍ مِّثْلِهِ مُفْتَرَيْتٍ وَّادْعُوا مَنِ اسْتَطَعْتُمْ مِّنْ دُوْنِ اللهِ إِنْ كُنْتُمْ طرقين ٠

فَإِلَّمْ يَسْتَجِيْبُوْا لَكُمْ فَاعْلَمُوْا ٱنَّمَا آئتُمُ مُّسْلَمُهُ نَص

مَنْ كَانَ يُرِيدُ الْحَيْوةَ الدُّ نَيَا وَزِينَتَهَا نُوَيِّ إِلَيْهِمْ آعْمَا لَهُمْ نِيْهَا وَهُمْ فِيْهَا لا يُبْخَسُون ١٠٠

ٱولَئِكَ الَّذِينَ لَيْسَ لَهُمْ فِي الْأَخِرَةِ إِلَّا النَّارُ اللَّهُ وَحَبِطَ مَا صَنَعُوْ افِيْهَا وَبُطِلُ مَّا النائم عند النالة 18. Abaffe, Oyo alina obukakafu obw'olwaatu obuva eri Mukama we ate nga n'Omujulizi ow'okukakasa amazima ge ava gy'ali (Allah) ajja kumugoberera, ate nga n'olubereberye lwe yaliyo Ekitabo kya Mūsa ekyali obulung'amu era nga kwe kusaasira, ayinza okuba omulimba? Abo abakakasa ebyo bo bamukkiriza.\* Era buli atakkiriza ekyo okuva mu bibiina by'abeerema, kale omuliro ky'ekisuubizo kye. Bwe kityo nno ggwe omuntu tobaamu kubuusabuusa ku kyo. Ddala ago ge mazima agava eri Mukama wo, naye abantu abasinga obungi tebakkiriza.

19. Naye ani asinga obujoozi kw'oyo akonjera Allah eby'obulimba? Abo nno be balireetebwa mu maaso ga Mukama waabwe, olwo n'abajulizi baligamba nti: Bano be bo abaayogeranga obulimba ku Mukama wabwe. Mwetegereze, ekikolimo kya Allah kiri ku boonoonyi,

20. Abo abeekiika mu kkubo lya Allah ne balyagaliza okuba ekkyaamu, era be bo

abatakkiriza nkomerero.

21. Abo tebayinza kufufuggaza *ntegeka ya Allah* ku nsi era tebalifuna bayambi ebbali wa Allah, n'ekibonerezo kyaabwe kirikubisibwamu emirundi ebiri, anti tebaasobola kuwulira wadde *tebaasobola* kulaba.

22. Abo nno be bo abeefiiriza bokka, n'ebyo bye baajingiriranga biribaabuulira.

23. Tewali kuwannaanya, ddala bo ku مُعْمَدُ nkomerero be balisinga okufiirwa.

24. Mazima abo abakkiriza era nebakola ebikolwa ebirungi era nebeetowaza eri Mukama waabwe, abo be bannannyini Janna;

آفَمَن گان عَلْ بَيِّنَةٍ مِّنْ رَبِّهِ وَ يَتْلُوْهُ شَاهِدُ مِنْ فَكْلِهِ كِتْبُ مُوْسَى إِمَامًا وَكَهُمَةً الْوَلْكَ يُوُمِنُونَ بِهِ الْمَامًا وَكَهُرَابِ فَالنَّارُ وَمَنْ يَكُفُرُ بِهِ مِنَ الْاَهْزَابِ فَالنَّارُ مَوْعِدُهُ مَ فَلَا تَكُ فِي مِرْيَةٍ مِّنْهُ تَ إِنَّهُ الْكُونُ مِنْ رَبِّكَ وَلْكِنَّ الْكُثْرَالنَّاسِ إِنَّهُ الْكُونُ مِنْ رَبِّكَ وَلْكِنَّ الْكُثْرَالنَّاسِ

وَ مَنْ أَظْلَمُ مِمَّنِ افْتَرَى عَلَ اللهِ كَذِبًا اللهِ كَذِبًا اللهِ كَذِبًا اللهِ كَذِبًا اللهِ كَذِبًا اللهِ كَذِبُ اللهِ اللهُ الل

الَّذِيْنَ يَصُدُّوْنَ عَنْ سَبِيْلِ اللهِ وَ يَبْغُوْنَهَا عِوَجًاء وَ هُمْ بِالْأَخِرَةِ هُمْ كُفُوُنَ۞

اُولِيْكَ كَمْ يَكُونُوا مُعْجِزِيْنَ فِى الْأَرْضِ وَ الْمِيْكَ لَمْ يَكُونُوا مُعْجِزِيْنَ فِى الْآرْضِ وَ اللهِ مِنْ اَوْلِيَاءَ مَ اللهُمُ الْعَذَابُ مَا كَانُوا لَيُسْتَطِيْعُونَ السَّمْعَ وَ مَا كَانُوا لِيُسْتَطِيْعُونَ السَّمْعَ وَ مَا كَانُوا لِيُسْتَمْعَ وَ مَا كَانُوا لِيَسْمَعَ وَ مَا كَانُوا لَيْنَا لَهُ مُنْ السَّمْعَ وَ مَا كَانُوا لَيْنَا لَهُ مِنْ السَّمْعَ وَ مَا كَانُوا لَيْنَا لَعْلَى الْمُعَلَّمُ الْمُعْمَالِيْنُوا لَيْنَا لَهُ مَا كَانُوا لَيْنَا لَهُ مُنْ السَّمْعَ وَ مَا كَانُوا لَيْنَا لَهُ مُنْ الْمُعْلَى الْمُعْلِيْلُولُ اللّهُ الْمُعْلَى الْمُعْمُ الْمُعْلَى الْمُعْلَى الْمُعْلَى الْمُعْلَى الْمُعْلَى الْمُعْلَى الْمُعْلِيلِيْ الْمُعْلَى الْمُعْلِيقِيْ الْمُعْلَى الْمُعْلِيقِيْ الْمُعْلَى الْمُعْلَى الْمُعْلَى الْمُعْلَى الْمُعْلَى الْمُعْلَى الْمُعْلِيقِيْ الْمُعْلِيقِيْ الْمُعْلِيقِيْ الْمُعْلِيقِيْ الْمُعْلَى الْمُعْلَى الْمُعْلَى الْمُعْلَى الْمُعْلِيقِيْ الْمُعْلِيقِيْ الْمُعْلَى الْمُعْلَى الْمُعْلِيقِيْ الْمُعْلِيقِيْ الْمُعْلِيقِيْ الْمُعْلِيقِيقِ الْمُعْلِيقِيقِي الْمُعْلِيقِيقِ الْمُعْلِيقِيقِ الْمُعْلِيقِيقِيقِ الْمُعْلِيقِيقِيقِ الْمُعْلِيقِيقِ الْمُعْلِيقِيقِ الْمُعْلِيقِيقِ الْمُعْلِيقِيقِ الْمُعْلِيقِ الْمُعْلِقِيقِ الْمُعْلِيقِيقِ الْمُعْلِيقِيقِ الْمُعْلِيقِيقِ الْمُعْلِيقِيقِ الْمُعْلِمِيقِيقِ الْمُعْلِيقِيقِ الْمُعْلِمِيقِيقِ الْمُعْلِقِيقِ الْمُعْلِمِيقِيقِ مِنْ الْمُعْلِمِيقِلِيقِيقِ الْمُعْلِقِيقِ الْمُعْلِيقِ الْمُعْلِمِيقِيقِ الْمُعِيقِيقِيقِ الْمُعْلِيقِ الْمُعْلِمِيقِيقِلْمُ الْمُعْلِيقِيقِ ال

اُولَئِكَ الَّذِيْنَ خَسِرُآوَا اَنْفُسَهُمْ وَ ضَلَّ عَنْهُمْ مَّاكَا نُوا يَفْتَرُوْنَ۞ كَا جَرَمَ اَنَّهُمْ فِي الْإِخِرَةِ هُمُ

الآخْسَرُوْنَ۞ إِنَّا الْغِيْنَ أَمَنُوا وَعَمِلُوا الصَّلِختِ

11:18. Kikulu nnyo okumanya ebigambo 'Abo abakakasa era ne bamukkiriza' be bikwatako kubanga mu Aya eno, Nabbi Omutukuvu Muhammad (s.a.w) n'omujulizi ajja okumugoberera be bokka aboogerwako. Musa (a.s) tayogerwako, wabula Ekitabo kye kyokka kye kyogerwako, ate kyo tekiyinza kukakasa ne kikkiriza. N'olwekyo, kyeraga kaati nti wano mu 'abakakasa era ne bamukkiriza', mulimu Nabbi Omutukuvu yennyini Muhammad (s.a.w), n'omujulizi ajja okumugoberera ng'ali wansi we (s.a.w) era nga akakasa amazima ge, n'abantu abalala. Wano Aya eno eba etegeeza nti Nabbi Muhammad (s.a.w) n'omujulizi si be bokka abakkiriza amazima g'obubaka, wabula n'abagoberezi baabwe. Kitegeerekeke bulungi nti ebiseera ebimu, ba Nabbi abakulu boogerwako nga omuntu omu, naye olw'obusobozi bwe baba balina mu kuyingiwaza abagoberezi nebaba bangi, bayitibwa 'ummah', (ﷺ) ekitegeeza 'kibiina'. Abamu balowooza nti wano 'abo' ( المُؤلِكُ ) kitegeeza Musa (a.s) n'abantu be.

bo mu yo mwe balibeera.

25. Enfaanana y'ebibiina ebyo byombi ering'anga muzibe ng'ate kiggala, n'oyo alaba era ng'awulira. Abaffe, embeera ya bombi yenkanankana? Abaffe, temufumiitiriza?

Ruku 3

26. Era ddala twatuma Nūhu eri abantu be n'abagamba nti: Nze ndi Mulabuzi ow'olwaatu gye muli,

27. Nti temusinzanga kyonna okuggyako Allah, Nze mbatiisa ekibonerezo ky'olunaku lw'okuluma obugigi.

bantu be baagamba nti: Tetukulaba ng'ekirala wabula oli muntu nga ffe, era tetukulaba n'abakugoberera okuggyako abo abaawansi اتَّبَعَكُ إِلَّا الَّذِيْنَ هُمُ آرَاذِ لُنَا بَادِي ennyo mu ffe mu ndabika, era tetubalaba na kyonna kye mutusukkulumamu, era tukakasiza ddala nti muli balimba.

29. Nūhu n'agamba nti: Abange, mulabye n'obukakafu mutya? Singa mba obw'olwaatu obuva eri Mukama wange era nga ampadde n'okusaasira okuva gy'ali naye mmwe nga ebyo mulemereddwa okubiraba, abaffe, tubibakakaatikeko bukakaatisi nga mmwe temubyagala?

30. Era abange, nze sibasaba bya bugagga ku lwa byo, wabula empeera yange eri eri Allah. Era nze siyinza kugoba abo abakkiriza, mazima bo be b'okusisinkana ne Mukama waabwe; naye mmwe mbalaba nga muli bantu abali mu butamanya.

- 31. Ye abange, ani anannyamba ku Allah singa nnaaba mbagobye? Abaffe, mmwe temufumiitiriza?
- 32. Era sibagamba nti amawanika g'ebyobugagga bwa Allah nze ngalina, era simanyi byankiso, era sigamba nti ndi malayika, wadde sigamba abo amaaso gammwe be gagayirira nti Allah talibawa birungi. Allah y'asinga okumanya ebiri mu myoyo gyabwe; bwe nkikola, olwo nange mba ndi mu bakyaamu.

الْجَنَّةِ مَ هُمْ فِيْهَا خُلِدُ وْنَ ١٠ مَثُلُ الْفَرِيْقَيْنِ كَالْآعْلَمِي وَ الْآصَيِّرِ وَ الْبَصِيْرِوَالسَّمِيْجِ اهَلْ يَسْتَوِيْنِ مَثَلًا ا ا فَلَا تَذَكَّرُوْنَ اللَّهُ اللَّا اللَّا اللَّهُ اللَّا اللَّا اللَّهُ اللَّهُ اللَّهُ اللَّهُ اللَّهُ الللَّهُ الل

وَلَقَدْ آرْسَلْنَا نُوْحًا إِلَى قُوْمِهِ وَإِنِّي لَكُمْ

ٱؽ؆ؖڗؾڠٮؙۮؙۉۧٳؠٳؖڵٳٮڵڠ؞ٳڹؖٛۜٛٛٛٛٲڬ**ٵڣؙ**ۼٙڵؽڴۿ عَذَابَ يَوْمِ ٱلِيْمِ

28. Kale abakungu b'abo abatakkiriza mu كَفَارُوْا مِنْ فَوْمِهِ كَالَ الْمَلَا الْمَلَا الَّذِيْنَ كَفَرُوْا مِنْ فَوْمِهِ مَا نَزْمِكُ إِنَّ بَشَرًا مِّثْلُنَا وَ مَا نَزْمِكَ الرَّاْيِء وَمَا نَزى لَكُمْ عَلَيْنَا مِنْ فَضْلٍ تَلْ نَظُنُّكُمْ كُو بِيْنَ ۞

> قَالَ يَقَوْمِ ٱرْءَيْتُمْ إِنْ كُنْتُ عَلَى بَيِّنَةٍ مِّنْ رَبِّيْ وَ اللَّهِ مِنْ رَحْمَةً مِّنْ عِنْدِهُ فَعُمِّيَتُ عَلَيْكُمْ اللهُ اللهُ مُكُمُوْهَا وَ آئتُمْ لَهَا خُرِهُوْنَ

> وَيْقَوْمِ لَكَ آسْتَلُكُمْ عَلَيْهِ مَا لَكَ وَلَ آجُرِيَ إِلَّا عَلَى اللَّهِ وَمَّا آنَا بِطَارِدِ الكذين أمننوا وإتهم ملفوا ربيهم وَلٰكِنِّيُ اَلْكُمْ تَوْمًا تَجْهَلُونَ ۞ وَ يُقَوْمِ مَنْ يَنْصُرُنِيْ مِنَ اللَّهِ إِنْ طَرَدْ ثُهُمْ الْمَاكَلَا تَذَكَّرُوْنَ ۞ وَلَا اَ قُولُ لَكُمْ عِنْدِيْ خَزْ آئِنُ اللَّهِ وَ لا اَعْلَمُ الْعَيْبَ وَ لَا ٱقُوْلُ إِنَّىٰ مَلَكَ وَ لاَ آفُولُ لِللَّذِيْنَ تَنْزَدَرِيْ آعَيُنْكُمْ لَنْ يُّوْتِيهُمُ اللهُ خَيْرًا وا بلهُ إَعْلَمُ بِمَا فِيْ آنْفُسِهِ مُهُ إِنِّي اذًا لَّمِنَ

- 33. Baagamba nti: Owange Nūhu, mazima otuwakanyizza n'okatagga, kale kati tuleetere ebyo by'otutiisatiisa nabyo, obanga ddala oli mu b'amazima.
- 34. N'agamba nti: Mazima Allah y'ajja okubibatuusaako, bw'anaaba asazeewo, era mmwe temuyinza kulemesa *Allah*.
- 35. Era okubuulirira kwange tekuyinza kubagasa ne bwemba njagadde ntya okubabuulirira, kasita Allah aba nga asazeewo kubazikiriza. *Anti* Ye ye Mukama wammwe, era gy'ali gye mulizzibwa.
- 36. Kazzi bagamba nti: Y'eyagiyiiya? Gamba nti: Obanga nze nnagiyiiya, kale omusango gwange guli ku nze, era nze nejjeeredde ku bibi bye mukola.

## Ruku 4

- 37. Era Nūhu yabikkulirwa nti: Teri balala bajja kukkiriza mu bantu bo okuggyako abo abaamala okukkiriza. Kale tewennyamira olw'ebyo bye babadde bakola.
- 38. Era kola ekyombo mu maaso gaffe ng'okubikkulirwa kwaffe *bwe kuli*, naye toyogera nange kw'abo abaayonoona. Mazima bo b'akusaanyizibwawo.
- 39. Era ng'akola ekyombo, abakungu b'omu bantu be buli lwe baamuyitangako, nga bamusekerera. N'agamba nti: Obanga mutusekerera, kale mazima naffe tulibasekerera nga bwe museka.
- 40. Naye mangu nnyo mujja kumanya ani w'okutuukibwako ekibonerezo eky'okumuswaaza era agwiibweko n'ekibonerezo eky'olubeerera.
- 41. Okutuusa ekiragiro kyaffe lwe kyatuuka, ensulo nezifukumuka, netugamba nti: Tikka mu kyo ku buli mugogo gw'ebiba ebibiri (ekisajja n'ekikazi), n'aboomu maka go, ng'oggyeeko oyo eyamaze okwogerwako, osseemu n'abo abakkiriza. Naye tewaali bakkiriza wamu naye okuggyako ab'omuswaba.

قَالُوالِنُوْمُ قَدْجَادَ لَتَنَا فَاحُثَرْتَ جِدَالَنَا فَأْتِنَا بِمَا تَعِدُنَا لِثُلْنَتُ مِنَ الصِّدِقِيْنَ

قَالَ إِنَّمَا يَارِّتِيْكُمْ بِعِ اللَّهُ إِنْ شَاءَ وَمَا َ اَنْتُمْ بِمُعْجِزِيْنَ

وَلَا يَنْفَعُكُمْ نُصْحِيْ إِنْ آرَدْتُ آنَ آنْصَحَ لَكُمْ إِنْ كَانَ اللهُ يُرِيدُ آنَ يُغُويَكُمْ اهُوَ رَبُّكُمْ اللهُ يُرايدُ تُوْجَعُونَ قَ

آھ يَقُوْلُوْنَ افْتَرْمَهُ ﴿ قُلْ لِإِنَّا اَفْتَرْمَهُ ﴿ قُلْ لِإِنَّا اَفْتَرَيْتُكُ فَعَلَيَّ اِجْرَامِيْ وَأَنَا بَرِيْ عُ غَيِّرِيَّنُكُ فَعَلَيَّ اِجْرَامِيْ وَأَنَا بَرِيْ عُ غَيِّ مِّمَّا تُجْرِمُوْنَ ﴾

وَٱوْحِيَالِلَ نُوْرِج آنَكَ لَن يُوْرِصَ مِنْ قَوْمِكَ إِلَّا مَنْ قَدْ اٰمِنَ فَلَا تَبْنَوْش بِمَا كَا نُوْا يَفْعَلُوْنَ ﴿

وَّاصْنَعِ الْفُلْكَ بِآعَيُنِتَا وَوَحْيِنَا وَ لَا تُخَاطِبُنِي فِي الَّذِيْنَ ظَلَمُوْا \* الذَّهُ ثَاطِبُنِي فِي الَّذِيْنَ ظَلَمُوْا \*

اِنَّهُمْ مُعْرَقُونَ۞ وَيَصْنَعُ الْفُلْكُ سَوَكُلَّمَا مَرَّ عَلَيْهِ مَلاَ مِّنْ قَوْمِهِ سَخِرُوامِنْهُ وَقَالَ إِنْ تَسْخَرُوا مِنَّا فَإِنَّا نَسْخَرُ مِنْكُمْ كَمَا تَسْخَرُوا مِنَّا فَإِنَّا نَسْخَرُ مِنْكُمْ كَمَا تَسْخَرُونَ۞

فَسَوْفَ تَعْلَمُوْنَ " مَنْ يَاْرِتِيْهِ عَذَابُ يُخْزِيْهِ وَيَحِلُّ عَلَيْهِ عَذَابُ مُّقِيْمُ۞

حَتِّى إِذَا جَآءَ آمُرُنَا وَ فَارَ التَّنُّوُرُ " قُلْنَا احْمِلُ التَّنُّورُ " قُلْنَا احْمِلُ الْنَيْنِ وَ احْمِلُ افِيهَا مِنْ حُلِّ زَوْجَيْنِ اثْنَيْنِ وَ اهْلَكَ الَّا مَنْ سَبَقَ عَلَيْهِ الْقَوْلُ وَمَنْ امْنَ وَمَنْ امْنَ وَمَا لَا قَلِيْدُ لُ 42. N'agamba nti: Kale musaabale mu kyo. Okuseeyeeya kwa kyo n'okuyimirira kwa kyo kube ku lw'erinnya lya Allah. Mazima Mukama wange ye Musonyiyi ennyo, Omusaasizi ennyo.

43. Era kyaseeyeeya nabo mu mayengo agalinga ensozi. Kale Nūhu n'akowoola mutabani we eyali amwesambye nti: Mwana wange, saabala wamu naffe era tobeera wamu n'abatakkiriza.

44. *Omwana* n'addamu nti: Mangu nnyo nzija kubudama eri olusozi lujja kumponya amazzi. *Nahu* n'agamba nti: Olwa leero, tewali kinaawonya *muntu yenna* ku kiragiro kya Allah, okuggyako oyo gw'anasaasira. Awo ejjengo lyekiika wakati waabwe, bw'atyo n'aba mw'abo abaasaanyizibwawo.

45. Era nekigambibwa nti: Owange ensi, mira amazzi go. Naawe ebire, lekera awo okutonnyesa *amazzi go*. Olwo amazzi gaanyunyuntibwa; ensonga n'ekomekkerezebwa, n'ekyombo nekitereera ku lusozi Juudi, era nekigambibwa nti: Okuzikirira kubeere ku bantu aboonoonefu.

46. Era Nühu yakowoola Mukama we n'agamba nti: Mukama wange, mazima mutabani wange y'omu mu b'omu maka gange ate nga ddala okusuubiza kwo kwa mazima, era Ggwe mulamuzi asinga abalamuzi bonna.

47. Allah n'agamba nti: Owange Nūhu, oyo tali mu ba mu maka go. Ddala Ye yeeyisa mu ngeri etali nnungi. Kale tonsaba by'otalina ky'obimanyiiko. Nze nkubuulirira oleme kuba mw'abo abatamanyi.

48. N'agamba nti: Mukama wange, mazima nkusaba onkingirize nneme kukusabanga bye sirina kye mbimanyiiko. Era okuggyako nga onsonyiye, n'onsaasira, nzija kuba mw'abo ab'okufaafaaganirwa.

49. Kyagambibwa nti: Owange Nūhu, kka n'emirembe egiva gye tuli n'emikisa gibeere ku ggwe ne ku bantu abaliva mw'abo abali naawe. N'abalala, tujja kubeeyagazaamu, oluvannyuma batuukweko ekibonerezo ekirumya ekiva gye tuli.

وَقَالَ ارْكَبُوْا فِيْهَا بِسْمِ اللهِ مَجْرِ مِهَا وَمُرْسْمِهَا ﴿ إِنَّ رَبِّيْ لَغَفُوْرٌ رَّحِيْمُ

وَهِيَ تَجْرِيْ بِهِمْ فِي مَوْجِ كَالْجِبَالِ ... وَ نَادَى نُوْحُ لِابْنَهُ وَكَانَ فِي مَعْزِلِ يُبُنِيُّ ارْكَبْ مَّعَنَا وَلَا تَكُنْ مُّعَ الْكَهْرِيْنَ ﴿

قَالَ سَاْوِيَ إِلَى جَبَلٍ يَعْصِمُنِي مِنَ الْمَاْءِ وَقَالَ كَا عَاصِمَ الْيَوْمَ مِنْ آمْرِ الْمَاءِ وَقَالَ كَا عَاصِمَ الْيَوْمَ مِنْ آمْرِ اللهِ إِلَّا مَنْ تَحِمَ \* وَ حَالَ بَيْنَهُمَا اللهِ إِلَّا مَنْ تَحِمَ \* وَ حَالَ بَيْنَهُمَا الْمُؤْرَقِيْنَ فَي الْمُؤْرِقِيْنَ فَي الْمُؤْرَقِيْنَ فَي الْمُؤْرِقِيْنَ فَي اللَّهِ اللَّهُ فَيْ اللَّهُ فَيْ اللَّهُ اللَّهُ فَيْنَ الْمُؤْرِقِيْنَ فَي اللَّهُ عَلَى اللَّهُ اللَّهُ عَلَى اللَّهُ اللَّهُ اللَّهُ اللَّالَ اللَّهُ عَلَى اللَّهُ اللَّهُ اللَّهُ اللَّهُ اللَّهُ اللَّهُ عَلَى اللَّهُ الْمُؤْرِقِيْنَ الْمُؤْرِقِيْنَ اللَّهُ اللَّهُ الْمُؤْرِقِيْنَ الْمُؤْرِقِيْنَ الْمُؤْرِقِيْنَ الْمُؤْرِقِيْنَ الْمُؤْرِقِيْنَ الْمُؤْرِقِيْنَ فِي الْمُؤْرِقِيْنَ فَي الْمُؤْرِقِيْنَ فَي الْمُؤْرِقِيْنَ فَي الْمُؤْرِقِيْنَ فَيْعِلَى الْمُؤْرِقِيْنَ فَيْعِيْنَ الْمُؤْرِقِيْنَ الْمُؤْرِقِيْنَ الْمُؤْرِقِيْنَ عَلَى الْمُؤْمِنِ فَيْعِيْنَ الْمُؤْرِقِيْنَانَ الْمُؤْمِنِيْنَ فَيْمُ الْمُؤْمِنِيْنَ عَلَى الْمُؤْمِنِ فَيْعِيْنَ الْمُؤْمِنِ فَيْ الْمُؤْمِنِ الْمُؤْمِنِ فَيْنَ الْمُؤْمِنْ فَيْعِيْمِ الْمُؤْمِنِ فَيْعِلْمُ الْمُؤْمِ وَالْمُؤْمِ وَالْمُؤْمِ وَالْمُؤْمِ وَالْمُؤْمِ وَالْمُؤْمِ وَالْمُؤْمِ وَالْمُومِ الْمُؤْمِ وَالْمُؤْمِ وَالْمُؤْمِ

وَقِيْلَ يَهَا رُضُ ابْلَدِيْ مَا يَكِ وَ يُسَمَا أُ اَقْلِدِيْ وَ غِيْضَ الْمَاءُ وَ تُضِيَ الْاَمْرُ وَ اسْتَوَتْ عَلَ الْجُوْدِيِّ وَ قِيْلَ بُعْدًا آَنَ لِلْقَوْمِ الظِّلِمِيْنَ۞

وَنَا لَى نُوْحُ رَّبَّهُ فَقَالَ رَبِّ إِنَّ ابْنِي مِنْ آهُلِيْ وَ إِنَّ وَعُمَاكَ الْمَثُّ وَٱنْتَ آهُكَمُ الْطُكِمِيْنَ

قَالَ يْنُوْحُ إِنَّهُ لَيْسَ مِنْ آهْلِكَ مِ إِنَّهُ عَمَلُ غَيْرُ صَالِمِ وَاللَّهُ عَمَلُ غَيْرُ صَالِمِ وَاللَّهُ مَالَيْسَ عَمَلُ غَيْرُ صَالِمِ وَاللَّهُ لَا تَسْتَلُونَ مَالَيْسَ لَكَ بِهِ عِلْمُ وَإِنِّيْ آعِظُ كَ آنْ تَكُوْنَ مِنَ الْجُهِلِيْنَ ﴿ وَاللَّهُ مَا الْجُهِلِيْنَ ﴾

قَالَ رَبِّ إِنِّيْ آعُوْ ذُبِكَ آنَ آسْتَلَكَ مَا لَيْسَ إِنْ بِهِ عِلْمُ وَرِالَّا تَغْفِرْكِيْ وَ تَرْحَمْنِيْ آكُنْ مِّنَ الْخُسِرِيْنَ ﴿

قِيْلَ لِنُوْمُ اهْبِطْ بِسَلْمِرِمِّنَّا وَبَرَكْتِ عَلَيْكَ وَعَلَى أُمْمِ مِّمِّنَ مُتَعَكَ ﴿ وَ أُمُمَّ سَنُمَتِّعُهُمْ ثُمَّ يَمَسُّهُمْ مِثَّا عَذَابُ الِيْمُ

تِلْكَ مِنْ آثْكِياً وِالْعَيْبِ نُوْحِيْهَا لِيُكَ مِي 50. Ago ge gamu ku mawulire ag'omunda ge tukubikkulidde. Ggwe obadde togamanyi wadde abantu bo olubereberye lwa bino. لا الله الكارية الكارية (Kale gumiikiriza, mazima enkomerero المنافعة الكارية ennungi y'abo abatya Allah.

## Ruku 5

- 51. N'eri aba 'Adi, twatumayo muganda waabwe Hūdu. Yagamba nti: Abange, musinze Allah. Temulinaayo musinzibwa *mulala* atali Ye. Mmwe temuli kirala wabula muli baguniirizi ba bulimba.
- 52. Bannange, nze sibasaba mpeera kw'ebyo bye nkola wabula empeera yange eri kw'Oyo eyantonda. Abaffe, temutegeera?
- 53. Era bannange, musabe okusonyiyibwa eri Mukama wammwe, n'oluvannyuma mubonerere gy'ali, ajja kuweereza enkuba efukumuka gye muli era abongere amaanyi ku maanyi gammwe. Naye temukyuukanga nemuba aboonoonyi.
- 54. Nebagamba nti: Owange Hūdu, ggwe totuleetedde bukakafu bwonna, era ffe tetujja kulekayo ba katonda baffe olw'okwogera kwo, era tetujja kukukkiriza.
- 55. Naye kye tugamba kiri nti okwatiddwa abamu ku balubaale baffe mu ngeri embi. N'agamba nti: Nze njuliza Allah era nammwe mujulire *nti* nze nneesambye ebyo bye mwenkanya ne Allah
- 56. *Ebiri* ebbali Kale mwenna we. munneekobere, n'oluvannyuma temumpa kaagaanya.
- 57. Nze neesiga Allah, Mukama wange era Mukama wammwe. Tewali kiramu kyonna, wabula Ye y'akikwatiridde mu kawompo ka kyo. Mazima Mukama wange y'ali ku kkubo eggolokofu.
- 58. Naye bwe muneefuula, kasita nze mmaze okubatuusaako ebyo bye natumwa nabyo gye muli. Era Mukama wange ajja kubasikiza abantu *abalala* abatali nga mmwe, era temuyinza kumulumya n'akatono. Mazima Mukama wange ye Mukuumi wa buli kimu.
- 59. Awo ekiragiro kyaffe bwe kyatuuka, twawonya Hudu n'abo abakkiriza abaali naye olw'okusaasira okuva gye tuli, era ne-

كُنْتَ تَعْلَمُهَا آنْتَ وَ لَا قَوْ مُكَ مِنْ

وَ إِلَّى عَادِ آخَاهُمْ هُوْدًا ﴿ قَالَ يُقَوْمِ اعْبُدُوا اللَّهُ مَا لَكُمْ مِينَ الْهِ عَنْدُرُ لا وإن آئتُمُ إِلَّا مُفْتَرُونَ ۞

يلقوم آ اشعَلُ كُمْ عَلَيْهِ أَجْرًا وإِنْ أَجْرِي الَّا عَلَى الَّذِي فَطَرَفِي وَأَ خَلَا تَعْقِلُونَ ۞ وَيِنْقُوْمِ اسْتَغْفِرُوْا رَتَّكُمْ ثُمَّ تُوْيُوْا بو يُرْسِلِ السَّمَاءَ عَلَيْكُمْ مِّدْ دَادًا وَ يَزِدْ كُمْ تُوَّدُ اللهِ تُوَّاتِكُمْ وَ لَا تَتَوَلَّوْا مُجَرِمِيْنَ ۞

قَالُوْا لِهُوْدُ مَا جِئْتَنَا بِبَيِّنَةٍ وَّمَا نَحْنُ بِتَارِكِيْ الْلِهَتِنَا عَنْ قَوْلِكَ وَ مَا نَحْنُ لَكَ بِمُؤْمِنِيْنَ

إِنْ نَقُولُ إِلَّا عَتَا لِكَ يَعْضُ إِلِمَتِنَا إِلَّا عَتَا لِكُتِنَا إِلَّهُ تِنَا إِلَّهُ تِنَا بسُوْءِ وَكَالَ إِنِّينَ أُشْهِدُ اللَّهَ وَاشْهَدُ وَأَنْ آنِيْ بَرِيْ ءُرِّمَةًا تُشْرِكُونَ ٥

مِنْ دُوْنِهِ فَكِيْدُوْنِيْ جَمِيْعًا ثُمَّ لَا تُنظِرُوْ بِ۞

رِائِيْ تَوَكَّلْتُ عَلَى اللهِ رَبِّيْ وَرَبِّكُمْ المَّا مِنْ ذَا تِبَةِ إِلَّا هُوَ إِخِدُ كُنِنَا صِيَتِهَا ﴿ إِنَّ رَبِّيْ عَلْى صِرَاطِ مُّسْتَ

فَإِنْ تُوَكُّوا فَ رَبِّيْ قَنْ مَّاغَيْرَكُمْءِ وَلَا تَضُ إِنَّ رَبِّيْ عَلَى كُلِّ شَيْءِ حَفِيثُطُ

وَلَمُّا عَاءًا مُهُ نَا نَكُّمُنَّا هُوْ دًا وَّا تَّذِيْنَ أمَنُوْا مَعَهُ بِرَحْمَةٍ مِثْنَاءِوَ نَجَّيُنَهُ هُ tubawonya ekibonerezo ekikakali.

- obubonero bwa Mukama waabwe mu bugenderevu era nebajeemera Ababaka be, nebagoberera ebiragiro bya buli nnalukalala, ow'emputtu.
- 61. Era baagoberezebwa ekikolimo ku nsi eno ne ku lunaku lw'okuzuukira. Mwetegereze! Mazima aba 'Adi beegaana Mukama waabwe. Mwetegereze! Okuzikirira kuli ku ba 'Ādi ab'eggwanga lya Hūdu.

- 62. N'eri aba Thamūda twatumayo muganda waabwe Swalehe, n'agamba nti: Abange, musinze Allah yekka. Temulinaayo musinzibwa mulala atali Ye. Ye y'eyabasibula هُوَا نَشَاكُمْ مِنَّ الْاَرْضِ وَاشْتَعْمَرُكُمْ الْمَاكُ مُوانْشَاكُمْ مِنْ الْمَاكُمُ مِنْ الْمُرَاثِينَ الْمُراثِينَ الْمُرْمِينَ الْمُراثِينَ الْمُراثِينِ الْمُراثِينِ الْمُعْرِينِ الْمُراثِينِ الْمُراثِينِ الْمُراثِينَ الْمُراثِينَ الْمُراثِينَ الْمُراثِينِ الْمُراثِينِ الْمُراثِينِ الْمُراثِينِ الْمُراثِينِ الْمُراثِينَ الْمُراثِينِ الْمُراثِينِ الْمُراثِينِ الْمُراثِينِ الْمُراثِينِ الْمُراثِينِ الْمُراثِينِ الْمُراثِينَ الْمُراثِينِ الْمُراثِينِ الْمُراثِينِ الْمُراثِينَ الْمُراثِينِ الْمُراثِينِ الْمُراثِينِ الْمُراثِينِ الْمُراثِينِ الْمُراثِينَ الْمُرْتُ الْمُرْتِينِ الْمُراثِينَ الْمُرْتِي nsi era n'ababeeza mu yo. Kale mumusabe okusonyiyibwa ate mubonerere gy'ali. Mazima Mukama wange ali kumpi nnyo, *era* Mwanukuzi wa kusaba.
- 63. Nebagamba nti: Owange Swālehe, mazima ggwe obadde *omu* mu ffe gwe twalinamu essuubi nga bino tebinnabaawo. Abaffe, otuziyiza okusinza ebyo bakitaffe bye baasinzanga? Era ddala ffe tulina okubuusabuusa okutawaanya kw'ebyo by'otuyitira.
- 64. N'agamba nti: Bannange, mulabye mutya singa mba nga ndi ku bukakafu obw'olwaatu obuva eri Mukama wange era ng'ampadde n'okusaasira okuva gy'ali, ddala ani anannyamba ku Allah nga mmujeemedde? Kale tewali kye munnyongera okuggyako
- 65.Era bannange, eng'amira ya Allah eno enkazi kabonero gye muli. Kale mugireke erye mu nsi ya Allah, naye temugituusangako akabi konna, si kulwa nga mukwatibwa ekibonerezo eky'okumpi.
- 66. Naye baagitemako amagulu; kale n'agamba nti: Mwesanyuseemu mu maka gammwe okumala ennaku ssatu; ekyo kisuubizo ekitalimbisibwa.
- 67. Kale ekiragiro kyaffe bwe kyatuuka, twawonya Swalehe n'abo abakkiriza abaali awamu naye olw'okusaasira okuva gye tuli, netubawonya n'obuswaavu bw'o-

مِّنْ عَذَا بِ غَلِيْظٍ ۞ وَ تِلْكَ عَادُ شَا جَحَدُوْا بِالْبِ رَبِيهِمْ Abo nno be ba 'Adi abaagaana وَتِلْكَ عَادُ شَا جَحَدُوْا بِالْبِ رَبِيهِمْ وَعَصَوْا رُسُلَهُ وَاتَّبَعُوٓا آمْرَ كُلِّ **جَبَّا رِعَنِيْدِ**۞

> وَ أَتْبِعُوا فِيْ هٰذِهِ الدُّنْيَا لَعْنَةً وَ يَوْمَ الْقِيْمَةِ ﴿ الْآ إِنَّ عَادًا كَفَرُوْا عٌ رَبُّهُ مُواكَ بُعُدُ الِّعَادِ تَوْمِ هُوْدِ ١٠

﴿ وَرِالْ ثَكُودَ آخَا هُمْ صِلِحًا مِقَالَ لِقَوْمِ اعْبُدُولِ اللهُ مَا لَكُمْ رِسْنَ إِلْهِ غَيْرُكُا فِيْهَا فَاسْتَغْفِرُوْهُ ثُمَّةً تُوْبُوْا إِلَيْهُ وَ اِنَّ رَبِّيْ قَرِيْكِ مُّجِيْبُ

قَا لُوْا لِصٰلِحُ قَدْكُنْتَ رِفِيْنَا مَوْجُوًّا قَيْلَ هٰذَاۤ ٱتَنْفِينَآ اَنْ تُعْيُدُمَا يَعْيُدُ إِيَا وُنَا وَإِنَّنَا لَكِفِي شَلِكِ يِسْمًا تَـدْ عُوْنَا آ راكيه مُريبٍ ا

قَالَ يْقَوْمِ آرَءَ يْتُمْرِانْ كُنْتُ عَلْ بَيِّنَةٍ مِّنْ رَبِّيْ وَ أَتُسِنِيْ مِنْهُ رَحْمَةً فَمَنْ يَّنْصُرُنِيْ مِنَ اللهِ إِنْ عَصَيْتُهُ مِنَ اللهِ إِنْ عَصَيْتُهُ مِنَ اللهِ إِنْ عَصَيْتُهُ مِنَ تَزِيْدُوْنَنِيْ غَيْرَ تَخْسِيْرِ۞

وَيْقَوْمِ هٰذِم نَاقَةُ اللهِ لَكُمْ أَيَةً فَذَرُوْهَا تَأْكُلُ فِيْ آرْضِ اللَّهِ وَلَا تَمَسُّوْهَ إِبِسُوْءِ فَيَا خُذَكُمْ عَذَابٌ

قَرُوْهَا فَقَالَ تَمَتَّعُوا فِي دَارِكُمْ ثَلْثَةَ آيَّامِ ﴿ ذَٰلِكَ وَعُدُّ غَيْرُ

فَلَمَّا جَأَءُ آمُرُنَا نَجَّيْنَا صَلِحًا وَّ الكذين أمتنوا معه بردهمة يمناك ومن خِزْيِ يَوْمِثُذِ داِنَّ رَبُّكَ هُوَ الْقَوِيُّ

lunaku olwo. Mazima Mukama wo ye w'Amaanyi ennyo, Luwangula.

68. Era okubwatuka kwakwata aboonoonefu, kale enkeera nebaba nga beevuunise mu maka gaabwe,

69. Nebaba nga abataagabaddemu. Mwetegereze, mazima aba Thamūda beegaana Mukama waabwe. Mwetegereze, okuzikirira kuli ku ba Thamūda.

## Ruku 7

70. Era mazima ababaka baffe bajja eri Ibrāhīmu n'amawulire ag'essanyu, nebagamba nti: Mirembe, n'addamu nti: Mirembe. Kale teyabandaala, n'aleeta *ennyama y*'ennyana enjokye.

71. Naye bwe yalaba nga emikono gyabwe tegiraga gy'eri, baamulema okutegeera, n'awulira nga abatidde. Nebagamba nti: Totya. Mazima ffe tutumiddwa eri bantu ba Lūtu.

72. Era ne mukyala we yali ayimiride, kale neyeekanga. Kale netumuwa amawulire ag'essanyu ag'okuzaala Isihāka, n'oluvannyuma lwa Isihaka, omuzzukulu Ya'qūbu.

73.Omukyala n'agamba nti: O! nga nkiguddeko! Abaffe, nnaazaala nga ndi mukadde ng'ate n'ono baze mukadde? Mazima kino kintu kya kyewuunyo nnyo.

74. Ababaka nebagamba nti: Abaffe, weewuunya ekiragiro kya Allah? Okusaasira kwa Allah n'emikisa gye giri ku mmwe ab'omu nju *eno*. Mazima Ye y'Atenderezebwa, y'Agulumizibwa.

75. Kale okutya bwe kwayamuka ku Ibrāhīmu n'atuukwako n'amawulire ag'essanyu, yatwegayirira ku lw'abantu ba Lūti.

76. Mazima Ibrāhimu yali wa kisa nnyo nga alumirwa nnyo *banne*, nga adda nnyo eri Allah.

77. Netugamba nti: Owange Ibrāhimu, bino bireke. Mazima ekiragiro kya Mukama wo kimaze okutuuka. Era ddala bajja kutuukwako ekibonerezo ekitazzibwayo.

78. Awo ababaka baffe bwe baatuuka eri Lūti, yabeeralikirira n'awotookerera ku lwaabwe. N'agamba nti: Luno lunaku lukakali!

الْعَزِيْزُ ۞

وَ آخَذَ الَّذِيْنَ ظَلَمُوا الصَّيْحَةُ فَاصْبَعُوا فِيْ دِيَا رِهِمْ جُثِمِيْنَ۞ كَانَ لَّمْ يَخْنَوَا فِيْهَا ؞ ٱلْآرِنَّ ثَكُمُوْدَٱ غُ كَفَرُوْا رَبَّهُمْ هُ الَّا بُعْدًا لِتَّنْمُوْدَ۞

وَ لَقَهُ جَآءَتُ رُسُلُنَا اِبُرْهِيْمَ بِالْبُشْرِى قَالُوا سَلْمًا ، قَالَ سَلْمُ فَلَكُمْ الْبُهُ هُمَ كَالَ سَلْمُ فَكَالَ بَهِ فَكَالَ سَلْمُ فَكَالَ بَهِ فَكَالَ بَهِ فَكَالَ بَهِ فَكَالَ بَهِ فَكَالَ بَهُ فَكَالًا وَ فَكَالُوا فَلَكُمُ الْكِيْمِ فَكَالُوا نَحْهُمُ فِيْفَقَةً ، قَالُوا نَحِرُهُمُ وَيْفَقَةً ، قَالُوا لَا تَحْهُمُ وَيْفَقَةً ، قَالُوا فَكَالُوا فَكَالُوا فَكَالُوا فَكَالُوا فَكَالُوا فَكَالُوا فَكَالُوا فَكَالُوا فَكَا اللَّهُ فَا فَكَالُوا فَكُوا فَكُولُوا فَكَالُوا فَكُولُوا فَكُولُوا فَكُولُوا فَكُولُوا فَكَالُوا فَكَالُوا فَكُولُوا فَكَالُوا فَكُولُوا فَكُولُهُمُ فَكُولُوا فَاللَّهُمُ فَكُلُوا لَا فَكُولُوا فَكُولُوا فَلَا فَالْكُولُولُوا فَاللَّهُمُ فَالْكُولُولُوا فَاللَّهُمُ فَاللَّهُمُ فَاللَّهُمُ فَاللَّهُمُ فَاللَّهُمُ فَاللَّهُمُ فَاللَّهُمُ فَاللَّهُمُ فَاللَّهُمُ فَاللَّهُ فَالْمُوا لَلْمُولُوا فَاللَّهُ فَاللَّهُ فَاللَّهُ فَاللَّهُ فَاللَل

فَكُمَّا ذَهَبَ عَن اِبْرُهِيْمَ الرَّوْءُ وَ جَمَاءَ ثُهُ الْبُشْرَى يُجَادِلُنَا فِيْ قَوْمِ لُوْطِ۞

اِنَّهُ حَمِيْدُ مَّجِيْدُ ۞

رِ ثَكَّر بَهْ وَهِيْمَ لَحَلِيْمُ أَوَّاهُ مُّنِيْبُ ﴿
يَرِابُو هِيْمُ أَعْرِضْ عَنْ لَهُ ذَاء رِتُهُ قَدْ
جَاءً آمُرُ رَبِكَ مُواتِّهُ مَا رِيْهِ مُعَذَابُ
خَاءً آمُرُ رَبِكَ مُواتِّهُ مَا رِيْهِ مُعَذَابُ
غَيْرُ مَا رُدُوْدٍ ﴿

دَ لَمَّا جَاءَتْ رُسُلُنَا لُوْطًا سِيْءَ بِهِ حَرَضَاقَ بِهِ حَذَرُعًا وَّقَالَ هٰ ذَا يَوْمُ عَصِيْبُ⊚ 79. Era abantu be baamujjirira nga beeyuna gy'ali nga baswakidde, so n'olubereberye baakolanga ebibi. Yagamba nti: Abange, bawala bange baabo *gwe musingo*; bo batukuvu nnyo gye muli. *N'olwekyo* mutye Allah era temunswaaza eri bagenyi bange. Abaffe, mu mmwe temuliimu muntumulamu?\*

80. Nebagamba nti: Mazima omanyi bulungi nti ffe tetulina kye tuvunaana bawala bo, era ddala omanyi bulungi kye twagala.

81. N'agamba nti: *Ha*! Singa mbadde mbalinako amaanyi, *mwalindabye*! Naye *kambaleke* neesigame ku mpagi ennyweevu, *Allah*.

- 82. Ababaka nebagamba nti: Owange Lūti, tofaayo. Mazima ffe tuli babaka ba Mukama wo, *abo* tebajja kukutuukako. Kale genda n'aboomu maka go mu kiseera eky'ekiro, naye tewaba n'omu mu mmwe atunula mabega, okuggyako mukazi wo; kuba ddala ye ekinaamutuukako ky'ekyo ekinaatuuka *ne* ku bali . Mu butuufu, ekiseera kyabwe ekiragaanye kya kumakya. Abaffe, amakya tegali kumpi?\*
- 83. Awo ekiragiro kyaffe bwe kyatuuka, twafuula *ekibuga* waggulu wa kyo newadda wansi wa kyo, era netukitonnyesaako amayinja g'olusennyente oluberekaganye,
- 84. Olulambiddwako okuviira ddala eri Mukama wo. Ate *ekibonerezo* ekyo tekiri wala n'aboononefu *b'omulembe guno*.
- Ruku 8
  85. N'eri ab'e Madiyani *twatumayo* muganda waabwe Shu'aibu. N'agamba nti: Abange, musinze Allah. Temulinaayo musinzibwa mulala okuggyako Ye. Era temukendeezanga ku kipimo ne minzaani.

وَجَآءَ وَ قَوْمُهُ يُهْرَعُونَ الْيُو وَمِنْ قَبُلُ كَانُوا يَعْمَلُونَ السَّيِّاتِ وَعَلَى لِنَقَوْمِ قَالَ لِنَقِوْمِ فَكَانُوا يَعْمَلُونَ السَّيِّاتِ وَقَالَ لِنَقَوْمِ هَوَّ السَّيِّاتِ وَقَالَ لَا تَعْدَرُونِ فِي ضَيْفِي وَ فَا اللَّهُ وَلَا تُخْذُونِ فِي ضَيْفِي وَ اللَّهُ وَاللَّهُ مَا نُونِ مِنْ مَنْ اللَّهُ عَنْ اللَّهُ اللَّهُ عَنْ اللَّهُ اللَّهُ عَنْ اللَّهُ اللَّهُ عَنْ اللَّهُ ا

قَالُوَّا يللُوْطُوَّا لَّا رُسُلُ رَبِّكَ لَنْ يَصِلُوَّا والَيْكَ فَا شَرِبِا هَلِكَ بِقَطْعٍ رِّنَ الَّيْلِ وَلَا يَلْتَفِثُ مِنْكُمُ اَحَدُّ الَّا اَمْرَاتَكَ وَ وَلَا يَلْتَفِيثُ مِنْكُمُ اَحَدُوالَّا اَمْرَاتَكَ وَ وَتَكُ مُصِيْبُهُا مَا اَصَابَهُمُ وَالْكَسُ الصُّبْحُ مَوْعِدَهُمُ الصَّبْحُ وَالْكِيسَ الصُّبْحُ وَالْكِيسَ الصُّبْحُ بِقُرِيبِ ﴿

فَلُمُّا جَآءَ آمْرُنَا جَعَلْنَا عَالِيَهَا سَافِلُهَا حَالِيَهَا سَافِلُهَا وَآمُطُرْنَا عَلَيْهَا حِجَارَةً رِّنْ سَافِلُهَا حِجَارَةً رِّنْ اللهِ اللهُ اللهِ اللهِ اللهِ اللهُ اللهِ اللهِ اللهِ اللهُ اللهِ اللهِ اللهِ اللهِ اللهُ اللهِ اللهُ اللهِ اللهُ اللهُ

مُّسُوَّمُةً عِنْدَ كُرِّتِكَ ﴿ وَ مَا هِيَ مِنَ الْحَيْدِ مِنَ الْحَيْدِ مِنَ الْعَلَيْدِ مِنَ الْعَلَيْدِ مِن

وَإِلَى مَدْ يَنَ آخَاهُمْ شُعَيْبًا وَالَيْقَوْمِ اعْبُدُوا اللهُ مَا لَكُمْ مِّنَ الْمِدْ فَيَرُهُ وَاعْبُدُوا اللهُ مَا لَكُمْ مِّنَ الْمِدْذَانَ وَالْمِيْزَانَ وَالْمِيْزَانَ لِنَّكُمْ الْمِكْيَالَ وَالْمِيْزَانَ لِلْكُمْ بِخَيْرٍةً إِنِّيْ آخَاتُ عَلَيْكُمْ لِنَّالُكُمْ الْمِكْيَالُ وَالْمَاتُ عَلَيْكُمْ

11:79. Abantu ba Nabbi Lūti (a.s) beesanga mu kaseera akazibu awo Lūti (a.s) bwe yagamba nti: '..... bawala bange baabo..... batukuvu gye muli'. Abantu bano olw'okuba nti baali boonoonefu, byabakalira ku mimwa kuba baakitegeera nti Nabbi Lūti (a.s) yali agezaako kubagamba nti omuze gwabwe ddala gwaali gukontana n'empisa y'obutonde. Bo kwe kwekazakaza ne baddamu mu ngeri eno kirabike nga Nabbi Lūti (a.s) eyali abawa bawala be awonye ekitiibwa ky'abagenyi be.

11:82. Okusinziira ku Aya eno, kirabika nti emboozi wakati wa Lūti (a.s) n'ababaka yali mu kifo nga abalabe be tebasobola kutuuka gye bali. Kirabika nti oluvannyuma lw'okulemwa okumutuukako omulundi ogwasooka, baali bateekateeka okudda nga beetegese okuwaguza. Olwo ababaka kwe kulabula Lūti (a.s) n'abantu be bafulume ekiro nga tebunnakya, naye mukazi we n'asigalira.

Nze mbalaba nga muli bulungi era nze mbatiisa ekibonerezo ky'olunaku lw'okuzikirira.

86. Era bannange, mutuusenga ekipimo ne minzaani mu bwenkanya era temukendeerezanga bantu bintu byabwe, era temukolanga bya mbyoone mu nsi n'okuba abatabuzitabuzi.

87. Ebyo Allah bye yaleka *nammwe* by'ebisinga obulungi gye muli, bwe muba nga ddala muli bakkiriza. Era nze siri mukuumi ku mmwe.

88. Nebagamba nti: Owange Shuʻaibu, abaffe essaala yo y'ekulagira nti tulekeyo ebyo bakitaffe bye baasinzanga era nti tuleme na kukola mu bya bugagga bwaffe nga bwe twagala? *Wamma* ggwe ddala *wefudde* alumirirwa *ffe* ennyo ate omulabufu!

89. N'agamba nti: Abange, mulabye mutya? Singa mba n'obukakafu obw'olwaatu obuva eri Mukama wange era ng'ampadde n'ebigabibwa ebirungi ebiva gy'ali, *era temukkirize*? Era nze saagala kutebulanya gye muli kw'ebyo ate bye mbaziyiza, wabula kyeng'enderera kwe kutereeza ebyo bye mba nsobodde, era nze ku lwange sirina busobozi okuggyako ku lwa Allah. Ye gwe nneesiga, era gy'ali gye neeyuna.

90. Era bannange, okuwalaggana nange kuleme kubaleetera kutuukibwako ebifaanana n'ebyo ebyatuuka ku bantu ba Nūhu oba abantu ba Hūdu oba abantu ba Swālehe. So abantu ba Lūti tebali wala nammwe.

91. Era musabe okusonyiyibwa eri Mukama wammwe; nate era mubonerere gy'ali. Mazima Mukama wange Wa kisa nnyo, Wa mukwano nnyo.

92. Ne bagamba nti: Owange Shu'aibu, bingi mu by'oyogera tetubitegeera, era ddala ffe tukulaba nga mu ffe oli munafu. Naye singa si kika kyo, mazima twalikussizza mayinja. Era ggwe wekka totusobola.

93. N'agamba nti: Abange! Ekika kyange ky'ekyamaanyi ennyo gye muli okusinga Allah gwe musudde emabega wammwe

عَذَابَ يَوْمٍ مُحِيْطٍ

وَ يَقَوْمِ أَوْفُوا الْمِكْيَالُ وَ الْمِيْرَانَ بِالْقِسْطِ وَلَا تَبْخَسُواالنَّاسَ اَشْيَاءُ هُمْ وَلَا تَعْثُوا فِي الْآرْضِ مُفْسِرِينَ ﴿ وَلَا تَعْثُوا فِي الْآرْضِ مُفْسِرِينَ ﴿ كَنْ تَعْثُوا فِي الْآرْضِ مُفْسِرِينَ ﴿ كَنْ تَعْبُدُ اللّهِ مَنْ يَعْبُدُ الْبَاؤُنَّ اَوْ اَنْ تَعْفِدُ اللّهُ وَلَكَ تَامُوكَ اللّهُ عَلَى اللّهُ وَلَكَ تَامُوكَ اللّهُ عَلَى اللّهُ اللّهُ وَلَكَ تَامُوكَ اللّهُ اللّهُ وَلَكَ تَامُوكَ اللّهُ وَلَكَ تَامُوكَ اللّهُ وَلَكَ تَامُوكَ اللّهُ اللّهُ وَلَكَ تَامُوكَ اللّهُ وَلَكَ تَامُولُكُ اللّهُ وَلَكَ تَامُوكَ اللّهُ وَلَكَ تَامُولُ اللّهُ وَلَكَ تَامُولُ اللّهُ وَلَكَ اللّهُ وَلَا اللّهُ وَلَكَ تَامُولُ لَا اللّهُ وَلَكَ اللّهُ وَلَكَ اللّهُ وَلَكَ اللّهُ وَلَكَ اللّهُ اللّهُ وَلَكَ اللّهُ وَلّهُ اللّهُ وَلَكَ اللّهُ اللّهُ وَلَا لَكُولُكُ اللّهُ وَلَا اللّهُ اللّهُ وَلَا اللّهُ اللّهُ وَلَا اللّهُ اللّهُ اللّهُ وَلَا اللّهُ الللّهُ اللّهُ الللّهُ اللّهُ ال

وَ يَقَوْمِ لَا يَجْرِمُنَّكُمْ شِقَاقِيَّ آنَ يُصِيْبَكُمْرِّمْثُلُ مَآاصَابَ قَوْمَ نُوْسِ آوْقَوْمَهُوْدِ آوْقَوْمَ صَلِيحٍ ﴿ وَمَا قَوْمُ لُوْطِ مِّنْكُمْ بِبَعِيْدِ ۞

وَاشَّتَغْفِرُوْاْ رَبِّكُمْ ثُمَّ تُوْبُوٓا لِلَيْهِ الْكِيهِ الْكَيْهِ الْكَيْهِ الْكَيْهِ الْكَيْهِ الْكَيْ إِنَّ رَبِّيْ رَحِيْمُ لَّا دُوْدُ

قَالُوْا لِشُعَيْبُ مَا نَفْقَهُ كَثِيْرًا مِّمَّا تَقُولُ وَرِقًا لَنَز لِكَ فِيْنَاضَعِيْقًاء وَلَوْ لَا رَهْطُكَ لَرَجَمْنٰكَ رَوَمَّآ اَنْتَ عَلَيْنَا بِعَزِيْزِ ﴿

قَالَ ينقُومِ أَرَهُ طِنَيْ آعَزُّ عَلَيْكُمُ مِّنَ اللهِ وَ وَاتَّخَذْ تُمُوهُ وَرَآءُكُمْ ظِهْرِيُّا لَا إِنَّ رَبِّيْ amagalabanja? Mazima bye mukola, Mukama wange abyetooloodde.

94. Era bannange, mukole *kyonna* nga bwe musobola, nange nkole. Mangu nnyo mujja kumanya ani anaatuukibwako ekibonerezo ekimuswaaza, n'oyo alimba. Era mulindirire, عَذَا بُ يُخْزِيْهِ وَ مَنْ هُوَ كَاذِب، nange ndi wamu nammwe nninda.

95. Era awo ekiragiro kyaffe bwe kyatuuka, twawonya Shu'aibu n'abo abakkiriza awamu naye olw'okusaasira okuva gye tuli; era ekibonerezo nekikwata abo abaayonoona, enkeera nebaba nga beevuunise mu maka gaabwe,

96. Ne baba nga abataagabaddenamu. Mwetegereze, Abamadiyani baazikirira nga aba Thamūda bwe baazikirira.

## Ruku 9

97. Era ddala twatuma Mūsa n'obubonero bwaffe n'obukakafu obw'olwaatu,

Farāwo n'abakungu be; naye 98. Eri nebagoberera kiragiro kya Farāwo, songa ekiragiro kya Farāwo tekyali kituufu.

يَقُدُمُ قَوْمَتُهُ يَوْمَ الْقِيْمَةِ Malikulembera abantu be ku lunaku lw'okuzuukira kale abatwale eri ekyesero ky'omuliro. Nga kibi nnyo ekyesero ekyo ekirituukibwako!

kuno ne ku lunaku lw'okuzuukira. Nga kirabo kibi nnyo ekiritonebwa!

101. Ebyo nno by'ebimu ku byafa ku bibuga ebyazikirizibwa bye tukunnyonnyodde. Mu byo mulimu ebikyakangabadde n'ebyo ebyasaanyizibwawo.

102. Naye tetwabalyazaamaanya, wabula beryazaamaanyanga bokka; era bakatonda baabwe abo be baalaajaniranga mu kifo kya Allah tebaabagasa n'akatono awo nga ekiragiro kya Mukama wo kituuse; era tebaabongera kirala okuggyako okuzikirira.

103. Era bwe lutyo olukwaata lwa Mukama wo bwe luba bw'aba akutte mu bibuga nga byonoonese. Mazima olukwaata lwe luluma nnyo *ate* lukakali nnyo.

بِمَا تَعْمَلُوْنَ مُحِيْطُ وَ يُقَوْمِ اعْمَلُوْا عَلَى مَكَا نَتِكُمْ رَانِّي مِلُ اسَوْفَ تَعْلَمُوْنَ ا مَنْ يَّأْرِيْهِ وَارْتَقِبُوۤا رِنِّي مَعَكُمْ رَقِيْبُ وَ لَمَّا جَاءَ آمُرُنَا نَقَيْنَا شُعَنْمًا وَّ الذيين أمننوا معه برحمة رمتنا ذُبِّ الَّذِيْنَ ظُلُمُوا الصَّ فَأَصْبَحُوْا فِي دِيارِ هِـمْ خِتْمِيْنَ صُ كَأَنْ لَّمْ يَغْنُوْا فِيْهَا ﴿ آلَا يُعْدُّا المَوْيَنَ كَمَا يَعِدَ ثُ ثُمُوْدُهُ

وَلَقَدْ آرْسَلْنَا مُوْسَى بِالْمِتِنَا وَسُلْطِي

الى فِيرْعَوْنَ وَمَلَاّ مِنْهِ فَاتَّبَعُوْا أَصْرً فِرْعَوْنَ مِرْمَا آمُرُ فِرْعَوْنَ بِرَشِيدٍ ١٠ فَأَوْرَدَ هُمُ النَّارَدِ وَ بِئُسَ الْوِدْدُ

وَ أَتْبِعُوا فِيْ هَٰزِهِ لَعْنَةً وَّ يَوْمَ 100. Era baagoberezebwa ekikolimo ku nsi وَ أَتْبِعُوا فِيْ الْقِيْمَةِ وبِئُسَ الرِّفْدُ الْمَرْفُودُ ﴿ ذٰلِكَ مِنْ ٱنْبَآءِ الْقُرٰى نَقُصُّهُ عَلَيْكَ مِنْهَا قَالَئِمُ وَّحَصِيْدُ ﴿

> وَمَا ظُلَمْنِهُمْ وَلَكِنْ ظُلَمُ وَا انْفُسَهُمْ فَمَآآغَنَتْ عَنْهُمْ اللَّهَتُهُمُ الَّتِيْ يَدْعُوْنَ مِنْ دُوْنِ اللهِ مِنْ شَيْءِ لَّمَّا حَاءً آمْهُ رَبِّكَ وَمَا زَادُوْ هُمْ غَيْرَ تَتْبِيْبِ وُكَذٰ لِلَّكَ ٱخْذُ رَبِّكَ إِذَا ٱخَذَ الْقُرٰى وَ هِيَظَالِمَةُ النَّ آخْذَةُ آلِيْمُ شَدِيدُ الْ

104. Ddala mw'ekyo mulimu okulabula eri oyo atya ekibonerezo ky'enkomerero. Olwo lwe lunaku olulikung'aanyirizibwako abantu, era olwo lwe lunaku olulirabibwa.

105. Era tetululwiisa bulwiisa wabula lwa kiseera *kya lwo* ekyabalirirwa.

106. Olunaku *olwo* bwe lulituuka, tewali muntu yenna alyoogera wabula olw'okukkiriza kwe (Allah). Kale mu bo mulibaamu ab'ekikwa ne bannamukisa.

107. Kale abo ab'ekikwa be b'okuba mu muliro, balibaamu n'okusinda n'okusikondoka,

108. Omwo mwe balibeera ekiseera eggulu n'ensi kye birimala, okuggyako nga Mukama wo bw'aliba ayagadde. Mazima mukama wo akola nga bw'aba ayagadde.

109. Naye abo bannamukisa, be balibeera mu Janna; omwo mwe balibeera ekiseera eggulu n'ensi kye birimala, okuggyako nga Mukama wo bw'aliba ayagadde, *anti Janna* ky'ekirabo ekitasalikako.

110. Kale tobeeramu kutankana kw'ebyo bano bye basinza. Tebasinza wabula *basinza* nga bakitaabwe bwe baasinzanga olubereberye. Era mazima tulibasasula omutemwa gwabwe mu bujjuvu awatali kukendeezaako.

## Ruku 10

111. Era mazima twawa Mūsa Ekitabo naye nekissibwamu ebitatabagana. Era singa tekyali kigambo ekyakulembera okuva eri Mukama wo, mazima singa kyasalibwawo dda wakati waabwe. Era ddala *bano* bali mu kubuusabuusa ku kyo okutawaanya.

112.Era tewali kuwannaanya, bonna tebannaba *kusasulwa*, ddala Mukama wo alibasasula mu bujjuvu ebikolwa byabwe. Mazima Ye bye bakola abitegeera bulungi.

113. Kale ba mwesimbu nga bw'olagiddwa, era n'abo ababonerera awamu naawe; naye temubuukanga nsalo. Mazima Ye bye mukola abiraba.

114. Era temwekubiranga eri abo abakyaamu, si kulwa nga *nammwe* mutuukibwako

اِنَّ فِيُ ذَٰلِكَ لَا يَدُّ لِمَنْ خَافَ عَذَابَ الْأَخِرَةِ الْلِكَ لَا يَدُهُ مَّجُمُوعُ اللَّهُ اللْلَالِمُ الللْلَالِمُولُولَ اللَّالِمُ اللْمُلْمُ اللَّهُ اللَّهُ اللَّالِمُ اللَّالِم

فَاَمَّا الَّذِيْنَ شَقُوْا فَفِي النَّارِ لَهُمْ فِيْهَا زَفِيْرُوَ شَهِيْقُ شُ

خُـلِّدِ يُنَ َ فِيْهَا مَا دَامَتِ السَّمُوٰتُ وَ اَکَ رَضُ اِلَّا مَا شَـاءَ رَبُّكَ د اِنَّ رَبَّكَ فَعَّالُ لِمَا يُوِيْدُ۞

وَ آمَّنَا الَّذِيْنَ سُعِدُوْا فَفِي الْجَنَّةِ خَلِمِ يُنَ الْجَنَّةِ خَلِمِ الْجَنَّةِ خَلِمِ الْسَلْمُوْتُ وَ خُلِمِ يُنَى فِيْهَا مَا ذَا مَتِ الْسَلْمُوتُ وَ الْأَرْضُ إِلَّامًا شَاءَ رَبُّكَ ، عَطَاءً خَيْرَ مَحْدُ وُذِهِ

فَلُا تَكُ فِي مِرْيَةٍ مِّمَّا يَعْبُدُ هَوُ كَآءِ مَ مَا يَعْبُدُ وَنَ الْاكْمَا يَعْبُدُ ابَاؤُ هُ هُ مِّنَ تَبُلُ وَرَاتًا لَكُو قُوْ هُ هُ مُنْصِيْبَهُ هُ غَيْرَ فَيْ مَنْقُوْصٍ أَنَّ

وَلَقَدْ أَتَيْنَا مُوْسَى الْكِتْبَ فَاخْتُلِفَ فِيهِ وَلَوْلَا كَلِمَةً سَبَقَتْ مِنْ رَبِّكَ لَقُضِيَ بَيْنَهُمُ وَلِأَلَّهُمْ لَفِيْ شَلِحٍ مِّنْهُ مُرِيْبِ (())

وَرَقُ كُلُّ لَمَّا لَيُوقِينَهُمْ رَبُّكَ الْمُوقِينَةُهُمْ رَبُّكَ الْمُوقِينَةُمُ رَبُّكَ الْمُعَالَمُهُمَ وَمُثَلِّكُ الْمُعَالَمُهُمُ وَيَخْمِيْرُ ﴿

فَا شَتَقِهْ كُمَآ أُمِرْتَ وَمَنْ تَابَ مَعَكَ وَلَا تَطْغَوْا مِلِ لَنَهُ بِمَا تَعْمَلُوْ نَ بَصِيْرُ ﴿

وَ لَا تَدْكُنُوْآ إِلَى الَّذِيْنَ ظَلَمُوْا فَتَمَسَّكُمُ النَّارُ وَمَا لَكُمْ مِّنْ دُوْنِ اللَّهِ

omuliro. Era temulifunayo bakuumi balala ebbali wa Allah, nate era temuliyambibwa. 115. Era jjumbiranga essaala ku njuyi z'emisana zombi, ne mu kiro nga buli kumpi okukya. Mazima ebirungi biggyawo ebibi. Kuno kwe kubuulirira eri abajjukira.

116. Era gumiikirizanga; mazima Allah tafiiriza mpeera ya bakozi ba birungi.

117. Naye lwaki tewaaliwo balina magezi mu mirembe egyabakulembera nga baziyiza okukola ebyambyoone mu nsi, okuggyako abatono ennyo mw'abo be twawonya mu bo? Naye abo abakyaamu, bo baagoberera ebyo eby'ensi bye baatebenkezebwamu, nebafuuka aboonoonefu.

118. Era Mukama wo teyaalizikirizza bibuga mu bukuusa nga ababirimu bakozi ba birungi.

kukaka, mazima yaalifudde abantu bonna ekibiina kimu; naye tebajja kulekayo kwawukanayawukanamu,

120.Okuggyako abo Mukama wo baalisaasira, n'olwekyo kye yava abatonda. Era ekigambo kya Mukama wo ddala kya kutuukirira *ekigamba nti*: Mazima nzija kujjuza Jahannamu okuva mu Majinni n'abantu abajeemu bonna.

121.Era byonna bye tukutegeeza ku byaafa ku Babaka, bye tunywezesesa omutima gwo. Era otuukiddwako amazima mu Kur'āni eno n'okubuulirira n'okujjukiza eri abakkiriza.

122. Era gamba abo abatakkiriza nti: Kale mukole kyonna kye musobola, naffe tukole,

123. Era mulindirire, naffe tulindirira.

124. Era ebyekusifu byonna ebiri mu ggulu ne mu nsi bya Allah era gy'ali ensonga zonna gye zirizzibwa. Kale Ye gw'oba osinza era weesigenga Ye yekka. Era Mukama wo si mugayaalirivu kw'ebyo bye mukola.

مِنْ أَوْلِيَا أَءِ ثُمَّ لَا تُنْصَادُون ١٠٠٠ وَآتِيمِ الصَّلُوةَ طَرَقَيِ النَّهَا رِوَ زُلَقًا مِّنَ الْنُلِولِيَّ الْحَسَنْتِ يُذْهِبُنَ السَّيَّاتِ وَذُلِكَ وَكُوٰى لِلذَّاكِرِيْنَ ١٠٠٠ وَاصْبِرْ فَإِنَّ اللَّهُ لَا يُضِيْعُ آجَہ

فَكُوْكُ كَانَ مِنَ الْقُرُوْنِ مِنْ قَبْلِكُمْ أُولُوا بَقِيَّةِ يَّنْهَوْنَ عَنِ الْفَسَادِ فِي لَا يِّمِّنُ ٱنْجَبْنَا مِنْهُمْ ج وَاتُّبَعُ الَّذِيْنَ ظُلُّمُوْا مَا أَثُر فُوْا فِيهُ

وَمَاكَا نَ رَبُّكَ لِيُهْلِكَ الْقُرٰى بِظُلْمِ

وَكُوْ شُكَاءَ رَبُّكَ كَحُعُكُ النَّاسُ أُمَّةً 119.Era singa Mukama wo yayagala

۵۲ تلگ مورد وتمتث كلمة ربك كأ مِنَ الْجِنَّةِ وَالنَّاسِ ٱجْمَعِيْنَ @

نَّقُورُ مِلْمُلِكَ مِنْ آثْمَاءِ الرَّسُلِ مَا نُثَيِّتُ بِهِ فَوَا دَكَ مِ وَجَآءَ كَ فِي هٰذِهِ الْحَقُّ وَ مَوْعِظَةً

لَ لِللَّذِينَ لَا يُؤْمِنُونَ اعْمَلُوْا عَلْ مَكَا نَتِكُمُ اللَّهُ عَمِلُوْ نَ شُ وَانْتَظُوواء إِنَّا مُنْتَظِورُونَ ﴿

غَيْبُ السَّمَٰوٰتِ وَ الْأَرْضِ وَ اِلَيْهِ يُرْجَعُ الْأَصْرُ كُلُّهُ فَاعْتُدُهُ وَ تَوَكُّلُ عَلَيْهِ ﴿ وَ مَا رَكُكَ بِغَافِلِ

حَمًّا تَعْمَلُهُ نَ شُ



# سُوَةُ لُولِكُ مَا لِيَّةً ١٢



## YÜSUF (Yakka lubereberye lwa Hijra)

- 1. Ku lw'erinnya lya Allah, Omusaasizi ennyo, Ow'ekisa ekingi.
- 2. ALif Lām Rā.\*Zino ze Aya z'Ekitabo ekitangaaza.
- 3. Mazima Ffe Kur'āni esomebwa olunye twagissa nga eri mu Luwarabu olwanjulukufu, mulyooke mutegeere.
- 4. Ffe tukunnyonnyola okunnyonnyola okusingira ddala obulungi *nga tuyita* mu kukubikkulira Kur'āni eno, newaakubadde nga olubereberye lwa yo wali mw'abo abatamanyi *bino*.
- 5. *Jjukira* nga Yūsufu bwe yagamba kitaawe nti: Ssebo kitange, mazima nnalabye *mu kirooto* emmunyeenye kkumi n'emu n'enjuba n'omwezi, nabirabye nga binvuunamira.
Okusinziira ku makulu 'ag'okubeesaawo' ge tuggye mu kigambo kino, Aya etutegeeza nti Allah yatutondera ensozi nazo zituyambe mu kufuna ebintu ebitali bimu bye twetaaga okubeerawo, okugeza nga: emmere, amazzi, n'ebirala bingi nnyo. Kimanyiddwa bulungi nti enkuba eva mu mazzi agafuumuuka mu ngeri y'omukka negagenda mu bwengula, omukka ate ne gukung'aanyizibwa, neguwola, olwo ate ne gudda ku nsi mu ngeri y'enkuba. Ensozi zizannya ekifo kya maanyi nnyo mu kuwoza empewo eno eryooke edde mu ngeri y'enkuba etonnya n'emezesa ebibala, emiti n'omuddo kwe tufuna emmere era n'ebisolo nabyo bwe bityo. Enzivunnula eno ekwatagana bulungi n'ensonga eyogerwako mu Aya eno n'endala ezigifaanana.

tonda? Abaffe, temufumiitiriza?

19. Era bwe *mugezaako* okubala ebyengera وَإِنْ تَعُدُّوْا زِعْمَةَ اللَّهِ لَا تُحْصُوْهَا دِانَّ bya Allah, temuyinza kubibala kubimalayo. Mazima Allah ye Musonyiyi ennyo, Ow'ekisa ekingi.

bye mwooleka.

21. Era abo be bawanjagira ebbali wa Allah tebatonda kintu kyonna, wabula nabo batondebwa butondebwa.

lwe balizuukizibwa.

Ruku 3

23. Omusinzibwa wammwe asinzibwa ali Omu yekka. Kale abo abatakkiriza nkomerero, emyoyo gyaabwe migwiira eri amazima era bo beekuza nnyo.

24. Tewali kuwannaanya, ddala Allah amanyi bulungi ebyo bye bakisa n'ebyo bye booleka. Mazima Ye tayagala beekuza.

25.Era bwe bagambibwa nti: *Mulowooza ki* kw'ebyo Mukama wammwe bye yassa? Bagamba nti: *Ezo* ngero z'abedda.

26. N'ekivaamu balyetikka obuzito bwabwe obujjuvu ku lunaku lw'okuzuukira, n'obumu ku buzito bw'abo be baabuza mu butamanya. Mwetegereze! Nga bibi nnyo ebyo bye beetisse.

Ruku 4

27. Ddala n'abo abaabasooka baasala enkwe, naye Allah n'ajjira ekizimbe kyabwe okuva mu misingi, kale akasolya nekabagwako nga kava waggulu waabwe; era nebatuukibwako n'ekibonerezo okuva gye bataamanya.

28. Nate ne ku lunaku lw'okuzuukira alibaswaaza era aligamba nti: Baluwa abo abenkana nange be mwasinziirangako okuwakanya Ababaka? Abo abaaweebwa okumanya baligamba nti: Olwa leero obuswaayu n'obubi biri ku batakkiriza.

آفَمَنْ يَخْلُقُ كُمَنْ ثَلَا يَخْلُقُ مِ آفَلَا -18. Abaffe, oyo atonda afaanana n'oyo ata تَذَكُّ وُنَ 🙉

الله كغفة رُرِّحِيْمُ

20. Era Allah y'amanyi ebyo bye mukisa ne ۞وَا للهُ يَعْلَمُ مَا تُسِرُّوْ نَ وَ مَا تُعْلِنُوْ نَ وَالَّذِيْنَ يَدْعُوْنَ مِنْ دُوْنِ اللَّهِ لاَّ يَخْلُقُوْنَ شَيْئًا رَّهُمْ يُخْلَقُوْنَ أَنَّ

22. Bafu, si balamu; era tebategeera na ddi اَمُوَاتُ غَيْرُ اَحْيَالِعِہِ وَمَا يَشْعُرُونَ اللهِ اللهِ اللهِ ﴿ آيَّانَ يُبْعَثُونَ ﴾

> الهُكُمُ اللَّهُ وَّاحِدُم فَالَّذِينَ إِلَّا يُؤْمِنُوْنَ بِالْأَخِرَةِ قُلُوْبُهُمْ مُّنْكِرَةً وَّ هُمْ شُسْتُكْبِرُوْنَ 😙

لَا جَرَمَ آتَ اللَّهَ يَعْلَمُ مَا يُسِرُّونَ وَمَا يُعْلِنُوْنَ ﴿ إِنَّهُ كَا يُحِبُّ الْمُسْتَكُيرِيْنَ ۞

وَإِذَا قِيْلَ لَهُمْ مَّا ذُآ ٱنْزَلَ رَبُّكُمْ قَالُوْآ اَسَاطِهُ وَالْأَوْلِهُ وَلِلْنَاهُ

لِيَحْمِلُوٓااَوْزَارَهُمْكَامِلَةً يَّوْمَالْقِيْمَةِ، وَمِنْ أَوْزَارِ اللَّهِ يُنَ يُضِلُّوْ نَهُمْ بِغَيْرِ عِ عِلْمِ وَالْاسَآءَمَا يَزِرُوْنَ أَنَ

قَدْ مَكَرَ الَّذِيْنَ مِنْ قَبْلِهِمْ فَأَنَّى اللَّهُ بُنْيَا نَهُمْ رِّنَ الْقُوَاعِدِ فَخَرَّ عَكَيْهِمُ السَّقْفُ مِنْ فَوْقِهِمْ وَ ٱلْسُهُمُ الْعَذَاكِمِنْ حَنْثُلَا يَشْعُرُونَ

ثُمَّ يَوْمَ الْقِيلِمَةِ يُخْرِيْهِمْ وَيَقُولُ آيْنَ شُرَكَآءِيَ الّذِيْنَ كُنْتُمْ تُشَاقُونَ فِيْهِمْ عَالَ الَّذِيْنَ أُوْتُوا الْعِلْمَاتَ الْخِزْيَ الْيَوْمَرُوالسُّوْءَ عَلَى الْكُورِيْنَ 🕁

- 29. Abo ba malayika be baafiisa nga beryazaamanyizza. Olwo balissaawo okweryanya *bagambe nti:* Tetwakola kibi kyonna. Nedda, mazima Allah amanyi bulungi bye mwakolanga.
- 30. Kale muyingire mu miryango gya Jahannamu mubeere omwo. Naye ddala amaka g'abeekuza mabi nnyo!
- 31. Naye abeekuumi bwe bagambibwa nti: Mulowooza ki kw'ebyo Mukama wammwe bye yassa? Baddamu nti: Birungi *nnyo*. Abo abakola ebirungi ku nsi kuno, be balifuna ebirungi. Naye amaka g'enkomerero ge gasinga obulungi. Era amaka g'abeekuumi si malungi ggero!
- 32. Balifuna ensuku ez'olubeerera ze baliyingiramu, nga zikulukutamu emigga wansi wa zo. Balifuniramu buli kye balyaagala. Bw'atyo nno Allah bw'asasula abeekuumi,
- 33. Abo ba malayika be bafiisa nga balongoofu, ba malayika bagamba nti: Emirembe gibeere ku mmwe! Muyingire mu Janna olw'ebyo bye mwakolanga.
- 34. Abaffe, balindayo *ki nate* okuggyako okujjirwa ba malayika *okubabonereza* oba ekiragiro kya Mukama wo okujja? Bwe batyo n'abaabasooka bwe baakolanga. Era Allah teyabalyazaamaanya naye beeryazaamaanya hokka.
- 35. Kale baatuukibwako akabi olw'ebyo bye baakola, era nebeetooloolwa ebyo bye baakudaaliranga.

36. Era abo abenkanya Allah n'ebirala bagamba nti: Singa Allah yayagala tuleme kusinza birala, tetwaalisinzizza kintu kyonna ebbali we—ffe wadde bakitaffe—wadde tetwandizizizza kintu kyonna ebbali we. Bwe batyo n'abaabasooka bwe baakola. Naye abaffe, Ababaka bayunaanyizibwayo ekirala okuggyako okutuusa *obubaka* akaati?

الني يْنَ تَتَوَقّْ مِهُمُ الْمَلْيُكَةُ ظَالِمِيْ ٱنْفُسِهِمْ فَٱلْقَوا السَّلَمَ مَاكُنَّا نَعْمَلُ مِنْ سُوْءِ ﴿ بَلْ إِنَّ اللَّهُ عَلِيمٌ بِمَا كُنْتُمْ تَعْمَلُوْنَ 💮

فَادْخُلُوْا اَبْوَابِ جَهَنَّمَ خُلِدِينَ فِيْهَا ، فَلَيِئُسَ مَثْوَى الْمُتَكَبِّرِيْنَ ۞

وَقِيْلَ لِلَّذِيْنَ اتَّقَوْا مَا ذَآ آنْزَلَ رَبُّكُمْ مَ قَالُوا خَيْرًا مَ لِلَّهَ إِيْنَ آهَسَنُوْا فِي هٰذِو الدُّ نُبَاحَسَنَةُ وَ لَدَارُ الْأَخِرَةِ خَبْرٌ و كَنِعْمَ دَارُ الْمُتَّقِيْنَ أَنَّ

جَنْتُ عَدْنٍ يَدْخُلُوْنَهَا تَجْرِيْ مِنْ تَحْتِهَا الْأَنْهُ رُلُهُمْ فِيْهَا مَا يَشَآءُونَ ا كَذٰلِكَ يَجْزِى اللَّهُ الْمُتَّقِيدَ اللَّهُ الْمُتَّقِيدَ اللَّهُ الْمُتَّقِيدَ

الذين تتوقُّم مُ الْمَلْئِكَةُ طَبِّبِينَ ا يَقُوْلُونَ سَلْمُ عَلَيْكُمُ الْأَخُدُ الْكَنَّةَ بِمَا كُنْتُمْ تَعْمَلُوْنَ ۞

حَلْ يَنْظُرُوْنَ إِلَّا أَنْ تَاتِيَهُمُ الْمَلْئِكَةُ أَوْ يَاْتِيَ آمُرُ رَبِّكَ ﴿ كَـ ﴿ لِكَ فَعَلَ الَّذِيْنِ مِنْ قَبْـلِهِـمْ ﴿ وَ مَا ظَلَمَهُمُ اللَّهُ وَلَكِنْ كَانُوْٓا ٱنْفُسَهُمْ يَظْلِمُوْنَ 🕾

فَأَصَا بَهُمْ سَيِّاتُ مَا عَمِلُوا رَحَاقَ ع بِهِمْمَّاكَانُوْ ابِهِ يَسْتَهْزِءُوْنَ 6

وَقَالَ الَّذِيْنَ ٱشْرَكُوا لَوْ شَلَّاءَ اللَّهُ مَا عَبَدْ نَامِنْ دُوْنِهِ مِنْ شَيْءٍ نَّحْنُ وَكَمَّ اَبَآوُ نَا وَلَا حَرَّ مُنَامِنَ دُونِهِ مِنْ شَيْءٍ \* كَذٰلِكَ فَعَلَ الَّذِيْنَ مِنْ قَبْلِهِمْ ء فَهَلْ عَلَى الرُّسُلِ إِلَّا الْبَلْعُ الْمُبِيثِينَ ۞

- 37. Era ddala buli bantu twabatumamu Omubaka *okubategeeza* nti: Musinze Allah *yekka* era mwewale omujeemu *Sitaani*. Kale mu bo mulimu Allah be yalung'amya ne mu bo mulimu abaakakatako obubuze. Kale mutambuleko mu nsi mulabe enkomerero y'abaalimbisa *Ababaka* nga bwe yali!
- 38.Obanga oyaayaanira kulung'ama kwabwe, kale ddala Allah talung'amya abo ababuza *abantu*. Era *abo* tebalina na bayambi.
- 39. Era balayira Allah mu kulayira kwabwe okw'okwekaza *nti*: Allah tagenda kuzuukiza oyo afudde. Si bwekiri, *ekyo* kisuubizo kikakafu ku Ye; naye abantu abasinga obungi tebamanyi.
- 40. *Alibazuukiza* alyooke abannyonnyole ebyo bye batakkiriziganyangamu, n'abo abatakkiriza balyooke bamanye nti ddala baali balimba,
- 41. Mazima ekigambo kyaffe ku kintu kyonna bwe tuba nga tukyagadde, kale tukigamba bugambi nti: Ba! olwo nekiba.

Ruku 6
42. Era abo abasenguka ku lwa Allah oluvannyuma lw'okukijjanyizibwa, mazima tugenda kubawa amaka amalungi ku nsi; naye ddala empeera y'enkomerero y'esinga obukulu, singa babadde bamanyi —

- 43. *Tuwe* n'abo abagumiikiriza era abeesiga Mukama waabwe.
- 44. Era tetutumanga *Mutume* yenna olubereberye lwo wabula basajja be twabikkuliranga, kale mubuuze ba nannyini Kijjukiza, mmwe bwe muba nga temumanyi.
- 45. Twatuma Ababaka n'obubonero obwetadde n'ebiwandiiko. Era twassa gy'oli Okubuulirira olyooke onnyonnyole abantu ebyo ebyassibwa gye bali era balyooke bafumiitirize.

وَلَقَدْ بَعَثْنَا فِيْ كُلِّ أُمَّةٍ رَّسُولًا آنِ اعْبُدُوا اللَّاغُوْتَ مِ اعْبُدُوا الطَّاغُوْتَ مِ فَمِنْهُمْ مَّنْ هَدَى اللهُ وَمِنْهُمْ مَّنْ حَدَى اللهُ وَمِنْهُمْ مَّنْ حَقَّتْ عَلَيْهِ الضَّلْلَةُ وَفِي فَي كُرُوا فِي الْأَرْضِ فَانْظُرُوا كَيْفَ كَانَ الْأَرْضِ فَانْظُرُوا كَيْفَ كَانَ عَانَ عَانَ الْمُكَذِينَ ﴿

اِنْ تَحْرِصْ عَلْ هُدْ مِهُمْ فَإِنَّ اللَّهَ لَا يَهْدِيْ مَنْ يُّضِلُّ وَ مَا لَهُمْ مِّنْ تُصِرِيْنَ۞

رَ اَقْسَمُوا بِاللهِ جَهْدَ اَيْمَانِهِهُ، لَا يَبْعَانِهِهُ، لَا يَبْعَثُ اللهُ مَنْ يَتُمُوْتُ ابَلُ وَعُدًا يَبْعَثُ اللهُ مَنْ يَتُمُوْتُ ابَلُ وَعُدًا عَلَيْهِ حَقًّا رَّ لَكِنَّ الْكُثَرُ النَّاسِ كَا يَعْلَمُوْنَ ﴾

لِيُبَيِّنَ لَهُمُ الَّذِيْ يَخْتَلِفُوْنَ فِيْهِ وَ لِيَعْلَمَ الَّذِيْنَ كَفَرُوْا اَتَّهُمْ كَانُوا خُذِيثِينَ

رِنَّمَا قَوْلُنَا لِشَيْءَ رِذَّاۤ اَرَدْ نَهُ اَنْ غُ تَقُوْلَ لَـهٔ كُنْ فَيَكُوْنُ۞

وَالنَّذِيْنَ هَاجَرُوْا فِي اللهِ مِنْ بَعْدِ مَا ظُلِمُوا لَنُبَوِّ ثَنَّهُمْ فِي الدُّنْيَا مَا ظُلِمُوا لَنُبَوِّ ثَنَّهُمْ فِي الدُّنْيَا فَيَا ظُلِمُوا لَنُبَوِّ مَا لَا ثَيْا مَا لَوْ مَسَنَةً وَ لَاَجْرُ الْاَضِرَةِ الْكَبُرُمِ لَوْ كَانُوا يَعْلَمُوْنَ أَنْ اللهِ عَلَمُونَ أَنْ

ا گذین صَبَرُوا وَ عَلَى رَبِّهِمْ يَتُوَكَّلُوْنَ

وَمَّاَ اَرْسَلْنَا مِنْ قَبْلِكَ اِلَّا رِجَالَا تُوْجِيَّ اللهِ اللهِ اللهِ الْمُرِجِيَّ اللهِ اللهِ اللهِ اللهِ اللهُ اللهِ اللهُ الله

بِالْبَتِنْتِ وَ الزُّبُوِ ﴿ وَ اَنْزَلْنَاۤ اِلْمُكَ اِلْمُكَ اِلْمُكَ اِلْمُكَ الْمُؤْلِّ اِلْمُكَ الْمُؤْلُ الزِّكْرَلِتُبَيِّنَ لِلنَّاسِ مَا ثُرِّلَ اِلْمُهِمْ الْمُؤْلُ اِلْمُهِمْ الْمُؤْلُونَ۞

- 46. Abaffe, abo abasala enkwe embi *balowooza nti* bali mirembe, Allah taabamizise ensi oba ekibonerezo okubatuukako okuva awantu we batamanyi?
- 47. Oba *nti* taabakwate nga bali mu kutawuka kwabwe? Kale tebayinza kulemesa *ntegeka ya Allah*.
- 48. Oba *nti* taababonereze n'okuzikirira okw'empolampola? Mazima Mukama wammwe mukwatampola, wa kisa nnyo.
- 49. Abaffe, tebalaba nti ebisiikirize bya buli kimu Allah kye yatonda bikyuukira ku ddyo ne ku kkono mu bwetoowaze eri Allah, so ng'ate bo baswaazibwa buswaazibwa?
- 50. Era byonna ebirina obulamu ebiri mu ggulu n'ebiri mu nsi bigondera Allah, ne ba malayika bwe batyo, ate bo tebeekuza.
- 51. Batya nnyo Mukama waabwe ali waggulu waabwe era bakola ebyo *byokka* ebibalagirwa.
- Ruku 7
  52. Era Allah yagamba *nti:* Temutwalanga abasinzibwa ababiri. Mazima oyo asinzibwa *omutuufu* ali Omu *yekka*. Kale mutye Nze nzekka.
- 53. Era byonna ebiri mu ggulu ne *mu* nsi bibye, *n'okusalawo* ekkubo ettuufu kukwe ddi na ddi. Abaffe, era atali Allah gwe munaatya?
- 54. Era ebyengera byonna bye mulina, kale biva eri Allah. Nate era bwe mutuukibwako obuzibu, kale gy'ali gye muwanjagira.
- 55. N'oluvannyuma bw'abaggyako obuzibu, amangu ago ng'abamu mu mmwe benkanya Mukama waabwe n'ebirala,
- 56. N'ekivaamu beegaana ebyo bye twabawa. Kale ggwe mwesanyuseemu akaseera, naye mangu nnyo mujja kumanya.
- 57. Era bateekawo emitemwa olw'ebyo bye batamanyi okuva mw'ebyo bye twabawa. Mu mazima ga Allah, ddala mulibuuzibwa kw'ebyo bye mwajingajinganga.

اَفَاكِنَ الَّذِيْنَ مَكَوُوا السَّيِّاتِ اَنْ يَخْسِفُ اللَّهُ يُولِهُمُ الْاَرْضَ اَوْ يَأْتِينُهُمُ الْاَرْضَ اَوْ يَأْتِينُهُمُ الْاَرْضَ اَوْ يَأْتِينُهُمُ الْاَكْفُ اللَّهُ عُرُونَ أَنَّى اللَّهُ عُرُونَ أَنَّى الْعَذَابُ مِنْ كَيْتُ لَا يَشْعُرُونَ أَنَّى اللَّهُ عُرُونَ أَنَّى اللَّهُ عُرُونَ أَنَّى اللَّهُ عُرُونَ أَنَّى اللَّهُ عُرُونَ أَنْ اللَّهُ عَلَى اللَّهُ عَلَيْكُ عَلَى اللَّهُ عَلَى الْعَلَى الْعُلِي الْعَلَى الْعَل

آدْ يَاخُذَهُمْ فِيْ تَقَلُّبِهِمْ نَمَا هُمْ بِمُعْجِزِيْنَ۞

ٱۉڲٲٛڂؙۮؘۿؙۿۘۼڶؾڿؖۊ۠ڣ؞ڹٳڽۧڒڔۜڲؙۿ ڵڒٷۉٮؙڗۜڿؽۄٞ۞

آوَلَمْ يَرَوْا إِلَى مَاخَلَقَ اللهُ مِنْ شَيْءِ يَتَفَيَّتُوا ظِلْلُهُ عَنِ الْيَمِيْنِ وَ الشَّمَائِلِ سُجَّدً التِّلْهِ وَهُمْ دَاخِرُوْنَ ۞ وَ لِلْهِ يَشْجُدُ مَا فِ السَّمْوٰ سِ وَ مَا فِ الْاَرْضِ مِنْ دَابَتَةٍ قَالْمَلْئِكَةُ وَهُمْلًا يَشْتَكْبِرُوْنَ ۞

يَخَافُوْنَ رَبَّهُمْ مِّنْ فَوْقِهِمْ دَ يَفْعَلُوْنَ غَ مَا يُؤْمَرُوْنَ أَنَّ

وَقَالَ اللّٰهُ لَا تَنَتَّخِذُ أَوْالِلْهَ يُمِنِ اثْنَدُيْنِ. رِنَّمَا هُوَ رِلْـهُ وَّاحِدُ ءَ فَإِيَّا يَ فَارْهَبُوْنِ۞

وَكَ مَا فِي السَّلْمُ وَتِ وَ الْاَرْضِ وَكَ لَهُ السِّمُ السَّلْمُ وَلَكُ السِّمُ اللَّهِ عَتَّقُوْنَ ﴿ اللَّ

وَمَا بِكُمْ مِنْ تِعْمَةٍ فَمِنَ اللَّهِ ثُمَّ إِذَا مَسَّكُمُ الضُّرُّ فَإِلَيْهِ تَجْتَرُوْنَ ﴿

ثُمَّ إِذَا كَشَفَ الضُّرَّ عَنْكُمْ إِذَا فَرِيْقُ مِّنْكُمْ بِرَبِّهِ مْ يُشْرِكُوْنَ فَ لِيَكْفُرُوْا بِمَا الْكَيْنَهُمُ مِ فَتَمَتَّعُوْاتِ فَسَوْفَ تَعْلَمُوْنَ الْكَيْنِهُمُ مَا فَتَمَتَّعُوْاتِ

وَ يَجْعَلُوْنَ لِمَا لَا يَعْلَمُوْنَ نَصِيْبًا مِّمَّا رَزَقْنُهُمْ مَا شُولَتُسْعَلُنَّ عَمَّا كُنْتُمْ تَفْتَرُوْنَ ۞

- 58. Era bateerawo Allah *abaana* abawala. Obutuukirivu bubwe! So nga bo balina abo be baagala.
- 59. Era omu mu bo bw'aweebwa amawulire g'omwana ow'obuwala nti gw'azadde, amaaso ge gafuuka agafumye, ng'eno afa ekiniga.
- 60. Yekweeka n'abantu olw'amawulire g'ategeezeddwa g'atwala okuba amabi ng'akubaganyamu nti amusigaze agumire obuswaavu oba amuziike mu ttaka? Muwulirize, kibi nnyo ekyo kye basalawo.
- 61. Abo abatakkiriza nkomerero be baweebwako eky'okulabirako ekisinga obubi, so ng'ate Allah aweebwako kya kulabirako ekisinga okuba ekya waggulu; anti Ye ye Luwangula, Omugezi ennyo.

- 62. Era singa Allah abonereza abantu *buli* mulundi olw'obukyaamu bwabwe, ensi tevaaligireseeko kiramu kyonna, nave abalekawo okutuusa ku kiseera ekyagerekebwa. Kale entuuko yaabwe bw'etuuka, tebayinza kwerwiisa mabega kaseera n'akamu, wadde tebasukkawo.
- 63. Era bateerawo Allah ebyo bye batayagala, n'ennimi zaabwe zoogera obulimba nti bo be balifuna ebisinga obulungi. Tewali kuwannaanya, ddala balifuna muliro, era ddala bo balisuulirirwa.
- 64. Amazima ga Allah, twatuma Ababaka eri abantu ab'olubereberye lwo, naye Sitaani n'abalungiyiza ebikolwa byabwe. Kale ye ne leero ye mukwano gwabwe, era balifuna ekibonerezo ekirumya.
- 65. Era tetwassa Kitabo ku ggwe wabula obannyonnyole ebyo batakkirizaganyaamu, era nga bwe bulung'amu n'okusaasira eri abantu abakkiriza.
- 66. Era Allah y'assa amazzi okuva mu bire n'agalamusisa ensi oluvannyuma lw'okufa kwa yo. Mazima mw'ekyo mulimu akabonero eri abantu abawulira.

وَ يَجْعَلُوْنَ بِلَّهِ الْبَنَّاتِ سُبُحْنَهُ ا وَلَهُمْ مَّا يَشْتَهُوْنَ ۞

وَ إِذَا بُشِّرَ آحَـهُ هُمْ بِالْأُنْثَى ظَلَّ وَجُهُهُ مُسُودًا وَهُو كُظِيْمُ أَنَّ

يَتُوَارَى مِنَ الْقَوْمِ مِنْ سُوْءِ مَا بُشِّرَ بِهِ ١٠ يُمْسِكُهُ عَلَى هُوْنِ آهُ يَدُشُكُ فِي التُّرَابِ ، ألَّ سَاءً مَا يَجْكُمُوْ نَ۞

لِلَّذِيْنَ لَا يُؤْمِنُوْنَ بِالْآخِرَةِ مَنْكُ السَّوْءِ وَيِلْهِ الْمَنْكُ الْأَعْلَى د عُ وَهُوَالْعَزِيْرُالْحَكِيْمُ

وَكُوْ يُوا خِذُ اللَّهُ النَّاسَ بِظُلْمِهِمْ مًّا تُرَكَ عَلَيْهَا مِنْ دَآبَّةٍ وَلَكِنْ يُّؤَخِّرُهُمُ لِلْ اَجَلِ مُّسَمَّى مِ فَإِذَا جَأْءَ آجَلُهُمْ لَا يَشْتَأْخِرُوْنَ سَاعَةً وَلَا يَسْتَقْدِ مُوْنَ۞

وَ يَجْعَلُوْنَ رِبِلُهِ مَا يَكْرَهُوْنَ وَ تَصِفُ ٱلْسِنَتُهُمُ الْكُوْبَ آنَّ كَهُمُ الْحُسْنَى ، كَا جَرَمَ أَنَّ لَهُمُ النَّارَ وَٱنَّهُمْ مُّفْرُطُوْنَ۞

تَاسِّهِ لَقَدْ ٱرْسَلْنَآ إِلَى أُمَمِرِ مِّنْ قَبْلِكَ فَزَيَّنَ لَهُمُ الشَّيْطِنُ أَعْمَالَهُمْ فَهُو وَلِيُّهُمُ الْيَوْمَرُ لَهُمْ عَذَا بُ الْمِيْمُ وَمَا اَنْزَلْنَا عَلَيْكَ الْكِتْبِ إِلَّا لِتُبَيِّنَ لَهُمُ الَّذِي اخْتَلَفُوْا فِيْهِ، وَ هُدًى وَّرَحْمَةً لِقَوْمٍ يُتُؤْمِنُوْنَ۞

وَاللَّهُ ٱنْزَلَ مِنَ السَّمَاءِ مَاءً فَاحْيَابِهِ الكَرْضَ بَعْدَ مَوْتِهَا وَقَ فِي ذَلِكَ عُ كَأَيَةً لِلْقَوْمِ يُسْمَعُونَ أَنْ

67. Era ddala mulina eky'okuyiga mu bisolo. Tubanywesa amata amatuufu agali mu mbuto za byo nga gava wakati w'obusa n'omusaayi, agawoomera abanywi.

68. Ne mu bibala by'emitende n'emizabibu mmwe bye mukolamu ebitamiiza n'ebiriibwa ebirungi. Mazima mw'ebyo mulimu akabonero akannamaddala eri abantu abakozesa amagezi.

69. Era Mukama wo yabikkulira enjuki nti: Kola enju mu nsozi ne mu miti ne kw'ebyo bye batindiira,

70. N'oluvannyuma lya ku bibala ebya buli ngeri, era yita mu makubo ga Mukama wo n'obuwulize. *Oluvannyuma* mu mbuto za zo muvaamu eky'okunywa eky'erangi ez'enjawulo ekirimu okuwonya eri abantu. Mazima mw'ebyo mulimu akabonero eri abantu abafumiitiriza.

71. Era Allah y'eyabatonda n'oluvannyuma y'abafiisa. Ne mu mmwe mulimu oyo *akaddiwa* n'azzibwayo mu bulamu obw'okukekejjana, n'ekivaamu aba takyategeera kintu kyonna oluvannyuma lw'okumanya *kwe yalina*. Mazima Allah ye Mumanyi wa byonna, Omuyinza wa byonna.

Ruku 10

72. Era Allah y'eyasukkulumya abamu mu mmwe ku balala mu bigabibwa. Naye abo abasukkulumizibwa tebaddiza ku bibaweebwa byabwe eri abo abali wansi w'emikono gyabwe egya ddyo, nabo *balyooke* basobole okwenkanankana nabo mu byo. Abaffe, ebyengera bya Allah bye beegaana mu bugenderevu?

73. Era Allah yabakolera abakyala nga bava mu mmwe era n'abakolera abaana n'abazzukulu nga bava mu bakyala bammwe era n'abagabula ku birongoofu *ebya buli ngeri*. Abaffe, ebitaliimu nsa bye bakkiriza ate ebyengera bya Allah bo nebabigaana?

وَ إِنَّ لَكُمْ فِ الْإِنْعَامِ لَعِبْرَةً الْمُنْعَامِ لَعِبْرَةً الْمُسْقِيْكُمْ مِنْ بَيْنِ الْمُلُوْنِ مِنْ بَيْنِ فَرُثِ وَيُ بُكُوْنِ مِنْ بَيْنِ فَرَثِ وَ ذَهِ لَبُنَا خَالِصًا سَآئِغًا لِمَالِعُمًا سَآئِغًا لِلشَّرِبِيْنَ ﴿

وَ مِنْ شَمَرْتِ النَّخِيْلِ وَ الْاَعْنَابِ
تَتَخِذُونَ مِنْهُ سَكَرًا وَّ إِزْقًا حَسَنًا الْتَخِيْلِ وَ الْاَعْنَاءِ
اِنَّ فِي ذَٰلِكَ لَاٰ يَدَّ لِقَوْمِ يَتَعْقِلُونَ ﴿
وَاوْلِى رَبُّكَ إِلَى النَّحْلِ اَنِ اتَّخِذِيْ
مِنَ الْحِبَالِ الْمُيُوثَّادَّ مِنَ الشَّجَرِ وَمِمَّا
يَعْرِشُونَ ﴿
وَمِمَا لَهُ مِنَا اللَّهُ مِنَ الشَّجَرِ وَمِمَّا
يَعْرِشُونَ ﴿
وَمِمَا لَهُ مِنَا اللَّهُ مِنْ الشَّجَرِ وَمِمَّا

ثُمَّ كُلِيْ مِنْ كُلِّ الثَّمَارِتِ فَاسْلُحِيْ سُبُلَ رَبِّكِ ذُلُلًا ، يَخْرُجُ مِنْ بُطُوْرِنِهَا شَرَابُ مُّخْتَلِفُ آلْوَا نُهَ فِيْهِ شِفَاءً رِلْلثَّاسِ ، لِ تَ فِيْ ذَلِكَ كَايَدَةً لِقَوْمِ تَتَفَكَّدُونَ

وُّاللهُ خَلَقَكُمْ ثُمَّ يَتُوَفَّلَكُمْ لَهُ وَ مِنْكُمْ مَّن يُّرَدُ إِلَّ اَرْذَلِ الْعُمُرِ لِكَيْ لَا يَعْلَمَ بَعْدَ عِلْمِ شَيْعًا ﴿ إِنَّ اللّٰهِ فَيْ عَلِيْمُ قَدِيْرُ۞

وَاللّٰهُ فَضَّلَ بَعْضَكُمْ عَلَى بَعْضٍ فِى الرِّزْقِ مِ فَمَا الَّـزِيْنَ فُضِّلُوْا بِرَّادِّيْ رِزْقِهِ مْ عَلَى مَا مَلَكَتْ آيْمَا نُهُ مْ فَهُمْ فِيْدِ سَوَاْءً لَا فَمِنِعْمَةِ اللهِ يَجْحَدُوْنَ ﴿

ۯٙٵٮڷ۠۠ۿڿۼۘڶۘۘٮػؙۿڗۜڽٛٲٮٛڡؙٛڛػؙۿۘٵۮٛۯٵڲؚٵ ڎۜڿۼڶٮڬڴۿڔؖڽٛٵۮٛۯٵڿڴۿڹڹؽؽ ڂڣؘۮڰٞڎٞڒۮؘڎػڴۿڔڣۜؽٵڶڟؾ۪ۜڹۻ ٵڣٙۑٵٮٛڹٵڟؚڮؽٷٛڝڹؙۉؽٷؠۣڹۼڝۜڗٵٮڷٚۅ ۿۿؽػٛۿؙۯٛؽڽؖ۠

- 74. Era basinza ebbali wa Allah ebyo ebitabalinaako buyinza ku kubawa kyonna okuva mu ggulu wadde mu nsi ate nga tebirina na kye bisobola *kukola*.
- 75. Kale temuteerawo Allah ebigerageranyizibwa *naye*. Mazima Allah y'amanyi byonna, naye mmwe temumanyi.
- 76. Allah aleeta *gye muli* eky'okulabirako ky'omuddu afugibwa, atalina buyinza ku kyonna; n'amugeza kw'oyo gwe twaawa ebigabibwa ebirungi ebiva gye tuli era ng'asaasaanya ku byo nga bwe kisaana mu kyaama ne mu lwaatu. Abaffe, bombi benkanankana? Amatendo gonna ga Allah. Naye abasinga obungi mu bo tebamanyi.
- 77. Era Allah aleeta eky'okulabirako ku bantu babiri: nga omu ku bo kasiru talina busobozi ku kintu kyonna era nga azitoowerera nnyo Mukama we; nga ne buli gy'amutuma, taleetayo kalungi n'akamu. Abaffe, oyo yenkana n'oyo akubiriza obwenkanya ate ng'ali na ku kkubo ggolokofu?

- 78. Era ebitalabika ebiri mu ggulu ne mu nsi bya Allah. Era ensonga y'Essaawa *eyalaganyizibwa* teri *wala* wabula ering'anga okutemya kw'eriiso oba yo esinga nawo okuba okumpi. Mazima Allah ye w'Obuyinza ku buli kimu.
- 79. Era Allah y'eyabaggya mu mbuto za bannyammwe nga temulina kye mumanyi, era yabakolera amatu n'amaaso n'emitima, mulyooke mwebaze.
- 80. Abaffe, tebatunulako eri ennyonyi eziri mu bbanga ly'eggulu? Tewali aziwanirira wabula Allah. Mazima mw'ekyo mulimu obubonero eri abantu abakkiriza.
- 81. Era Allah yabateekera mu mayumba gammwe obuwummuliro, era n'abakolera mu maliba g'ebisolo obuyu obubanguyira mu kiseera ky'olugendo lwammwe ne mu kiseera ky'ekiwummulo kyammwe; mu byoya bya zo

وَيَعْبُدُوْنَ مِنْ دُوْنِ اللهِ مَا لَا يَمْلِكُ لَهُمْ رِزْقًا مِّنَ السَّمْوٰتِ وَالْاَرْضِ شَيْعًا وُّلايَشتَطِيْعُوْنَ ﴾

فَلَا تَضْرِبُوْا يِلْهِ الْإَمْثَالَ وَإِنَّ اللَّهُ يَعْلَمُواَ نَعْمُ لَا تَعْلَمُوْنَ

ضَرَبَ اللهُ مَثَلًا عَبْدًا مَّمْلُوْگَا لَا مَنْلُوْگُا لَا يَقْدِرُ عَلْ شَيْءٍ وَمَنْ رَزَقْنُهُ مِثَادٍ (ثَقَّا حَسَنًا فَهُوَيُنْفِقُ مِنْهُ سِرَّا وَ جَهْرًا، حَسَنًا فَهُوَيُنْفِقُ مِنْهُ سِرَّا وَ جَهْرًا، هَلْ يَسْتُونَ مُ الْحَمْدُ بِلْهِ مَ بَلْ هَا مَنْ الْحَمْدُ بِلْهِ مَ بَلْ الْحَمْدُ وَلِهُ مَا الْحَمْدُ وَلَا اللهِ مَ بَلْ الْحَمْدُ وَلَا اللهِ مَ الْمُؤْنَ اللهِ مَ الْمُؤْنَ اللهِ مَ الْمُؤْنَ اللهِ مَ الْمُؤْنَ اللهِ مَ اللهِ مَ الْمُؤْنَ اللهِ مَ اللهِ مَ اللهِ مَ اللهِ مَا اللهُ الل

وَضَرَبَ اللهُ مَثَلًا رَّجُلَيْنِ آحَدُهُمَا آبْكَهُ لا يَقْدِرُعَلْ شَيْءٍ وَّهُوَكَلُّ عَلْ مَوْلْمُهُ ايَنْمَا يُوَجِّهُهُ لَا يَأْتِ بِخَيْرٍ \* مَوْلْمُهُ ايَنْمَا يُوَجِّهُهُ لَا يَأْتِ بِخَيْرٍ \* هَلْ يَشْتَوِيْ هُوَ "وَمَنْ يَامُرُ بِالْعَدُلِ " غُ وَهُوَ عَلْ صِرَاطٍ تُسْتَقِيْمٍ ﴿

وَيِلْهِ خَيْبُ السَّمَوْتِ وَ الْهَارُضِ وَ وَ الْهَارُضِ وَ وَ الْهَارُضِ وَ وَ الْهَارُضِ وَ وَ الْمَا السَّاعَةِ اللَّا كَلَمْمِ الْبَصِرِ اَوْ هُوَ اَقْرَبُ وَ اللَّهَ عَلَى كُلِّ شَيْءٍ فَوَ اللَّهَ عَلَى كُلِّ شَيْءٍ قَدِيْرُ

وَاللّٰهُ ٱخْرَجَكُمْ مِّنَ بُطُوْنِ ٱمَّلَا يَكُمْ لَا كُمْ اللّٰهُ الْحُكُمُ لَا كُمُ اللّٰهُ اللّٰهُ اللّٰ كَكُمُ اللّٰهَ اللّٰهَ اللّٰهَ اللّٰهُ اللّٰهُ

اَلَمْ يَرَوْالِكَ الطَّيْرِ مُسَخَّرْتِ فِي جَوِّ السَّمَاء مَا يُمْسِكُهُنَّ اللَّاسِلُهُ اللَّهُ اللَّهُ ا اِنَّ فِي ذَٰلِكَ لَا يَتِ لِقَوْمِ يُتُوْمِنُونَ ﴿ وَاللَّهُ جَعَلَ لَكُمْ مِّنْ بُيُوْرِ الْاَنْعَامِ بُيُوتًا وَجَعَلَ لَكُمْ مِّنْ جُلُودِ الْاَنْعَامِ بُيُوتًا وَجَعَلَ لَكُمْ مِّنْ جُلُودِ الْاَنْعَامِ بُيُوتًا تَسْتَخِفُّونَهَا يَوْمَ ظَعْزِكُمْ وَ يَوْمَ ne mu mboobo za zo, ne mu bwoya bwa zo *mukolamu* eby'omu maka n'ebyeyambisi-bwa okumala ekiseera.

- 82. Era Allah yabakolera ebisiikirize mw'ebyo bye yatonda era n'abakolera obwewogomo mu nsozi era n'abakolera ebyambalo ebibawonya ebbugumu, n'ebyambalo ebibawonya mu ntalo zammwe. Bw'atyo nno bw'atuukiriza ebyengera bye ku mmwe, mulyooke mujeemulukuke.
- 83. Kale bwe baneekyuusa, *totya*; mazima obuvunaanyizibwa bwo kutuusa *bubaka* mu lwaatu.
- 84. Bamanyi *bulungi* ebyengera bya Allah, naye ate nebabyegaana; era abasinga obungi mu bo tebasiima.

#### Ruku 12

- 85. Era *jjukira* olunaku lwe tulisitula omujulizi okuva mu buli bantu, n'oluvannyuma abo abeerema tebalikkirizibwa *kuwoza*, so tebalikkirizibwa kusembera.
- 86. Era aboonoonyi bwe baliraba ekibonerezo, tekiribakendeerezebwako wadde tebaliweebwa kaagaanya.
- 87. Era abo abenkanya Allah n'ebirala bwe baliraba bakatonda baabwe, baligamba nti: Mukama waffe, bano be bakatonda baffe abo be twasabanga mu kifo kyo. Olwo *bakatonda* balibakangukira nti: Mazima muli balimba.
- 88. Era ku lunaku olwo balissaawo obujeemulukufu eri Allah, n'ebyo bye baajinganga biribaabulira.
- 89. Abo abatakkiriza era nebaziyiza *abantu okugenda* mu kkubo lya Allah, tulibongera ekibonerezo ku kibonerezo olw'okubanga baatabulatabulanga.
- 90. Era *jjukira* olunaku lwe tulisitula mu buli bantu ow'okubawaako obujulizi ng'ava mu bo bennyini, era naawe tulikuleeta obe omujulizi ku bano. Era twassa gy'oli Ekitabo ekittottola buli kimu, nga bwe bulung'amu n'okusaasira era nga ge mawulire

رقامَتِكُمْ، وَمِنْ آضُوا فِهَا وَآوْبَارِهَا وَآشَا وَهَا وَاشْعَارِهَا كَاثَا قَاوَّا مَتَاعًا الله عِيْنِ ﴿ وَاللّٰهُ مَتَاعًا الله عِيْنِ ﴿ وَاللّٰهُ مَعَلَى اللّٰهِ وَاللّٰهُ وَكَمْ مِنْ الْعِبَالِ أَكْنَا نَا وَجَعَلَ جَعَلَ لَكُمْ سَرَا بِيْلَ لَكُمْ سَرَا بِيْلَ لَكُمْ سَرَا بِيْلَ لَكُمْ الْحَرَّ وَسَرَا بِيْلَ لَكُمْ سَرَا بِيْلَ لَكُمْ سَرَا بِيْلَ لَكُمْ الْحَرَّ وَسَرَا بِيْلَ لَكَ الْحَرَّ الْحَرَّ الْحَرَّ الْحَرَّ الْحَرَّ الْحَلْمُ وَلَى ﴿ وَالْحَرَا الْمَالَمُ وَلَى ﴾ وَاللَّهُ الْمُعْلَمُ وَلَى ﴿ وَاللَّهُ الْمُعْلَى الْمَلْمُ وَلَى ﴿ الْمُعْلِقُ الْمُلْمُ وَلَى ﴿ الْمُعْلَى الْمُعْلِقُ اللَّهُ الْمُعْلَى الْمُعْلِي اللَّهُ اللَّهُ الْمُعْلَى الْمُعْلَى الْمُعْلِقُ اللَّهُ الْحَمْلَ اللَّهُ الْمُعْلَى الْمُعْلَى الْمُعْلَى الْحَلَّ اللَّهُ اللَّهُ الْمُعْلِقُ اللَّهُ اللّهُ اللّ

يغرفون رغمت اللوشة يُنكِرُونها في وَاكْتُرُونها في وَاكْتُرُهُ مُدالكُفِرُون في وَاكْتُرُهُ مُدالكُفِرُون

وَيَوْ مَنَبُعَثُ مِنْ كُلِّ أَمَّةٍ شَهِيْدًا ثُمَّ لَا يُؤُذَنُ لِلَّذِيْنَ كَفَرُوْا وَلَا هُـمْ يُسْتَعْتَبُوْنَ۞

وَ يَوْمَ نَبْعَثُ فِي كُلِّ أُمَّةٍ شَهِيدًا عَلَيْهِ مَ رَّنْ أَنْفُسِهِمْ وَجِئْنَا بِكَ شَهِيْدًا عَلْ هَؤُكَاء وَ نَزَّ لْنَا عَلَيْكَ الْكِتٰبُ تِبْيَانًا لِّكُلِّ شَيْءٍ وَّهُدًى وَ ag'essanyu eri Abasiraamu.

#### Ruku 13

- 91. Mazima Allah alagira bwenkanya, n'ekisa, n'okugaba nga bw'ogabira ababo, era awera ebyambyoone n'ebitasaana n'obujeemu; ababuulirira mulyooke mufumiitirize.
- 92. Era mutuukirizenga endagaano ya Allah bwe mubanga mulagaanye era temumenyanga birayiro oluvannyuma lw'okubikakasa ng'ate Allah gwe mufudde omuyima ku mmwe. Mazima Allah amanyi bye mukola.
- 93. Era temuba ng'omukazi eyakutulakutula ewuuzi ye ebitundutundu oluvannyuma lw'okugiranga n'eguma, nga mufuula ebirayiro byammwe eky'okubuzaabuza wakati wammwe nga mutya nti wajja kubaawo ekibiina ekisinga amaanyi ku kirala. Mazima ddala Allah ebyo abagezesa bugezesa nabyo. Era ddala ku lunaku lw'okuzuukira alibannyonnyola ebyo bye mutakkirizaganyangamu.
- 94. Era singa Allah yayagala *kukaka*, ddala yaalibafudde ekibiina kimu, naye abuza oyo gw'aba asalidde era n'alung'amya oyo gw'aba asiimye. Era ddala mulibuuzibwa kw'ebyo bye mwakolanga.
- 95. Era temufuulanga birayiro byammwe *okuba* eky'okubuzaabuza wakati wammwe, si kulwa nga ekigere kiseerera oluvannyuma lw'okunyweera kwa kyo; nemulega ku kibi olw'okwekiika kwammwe mu kkubo lya Allah, olwo nemufuna ekibonerezo ekisukkirivu.
- 96. Era endagaano ya Allah temugiwaanyisangamu omuwendo omutono. Ddala ekiri eri Allah ky'ekisinga obulungi gye muli, singa mubadde mumanyi.
- 97. Ebyo bye mulina *byonna* bya kuggwa-awo, naye ebiri eri Allah by'ebyokusigalawo *olubeerera*. Era ddala abo abagumiikiriza tulibasasula empeera yaabwe okusinziira ku bisingira ddala obulungi mw'ebyo bye baakolanga.

ع رَحْمَةً وَ بُشْرَى لِلْمُشْلِمِيْنَ ﴾

اِنَّا لللهُ يَاْمُرُ بِالْعَدْلِ وَالْرَحْسَانِ وَ اِلْمَانُ خِي الْقَرْبِي وَ يَنْخَى عَنِ الْفَرْفِي وَ يَنْخَى عَنِ الْفَوْشَاءِ وَالْمُثْكُرُ وَالْبَغْيِ مِ يَعِظُكُمْ لَعَلَّمُ لَكَالَّهُ مُ تَكَكُمُ الْمُثَكِّرُ وَالْبَغْيِ مِ يَعِظُكُمْ لَعَلَّكُمْ اللهِ اللهِ اللهِ اللهُ اللهُ اللهُ اللهُ عَلَيْكُمْ كَفِيْلًا اللهُ وَلَا تَنْعَلَمُ مَا تَفْعَلُمُ اللهُ عَلَيْكُمْ كَفِيْلًا اللهِ اللهُ عَلَيْكُمْ كَفِيْلًا اللهِ اللهُ عَلَيْكُمْ كَفِيلًا اللهُ اللهُ عَلَيْكُمْ كَفِيلًا اللهِ اللهُ اللهُ عَلَيْكُمْ كَفِيلًا اللهِ اللهُ عَلَيْكُمْ كَفِيلًا اللهِ اللهُ اللهُ اللهُ عَلَيْكُمْ كَفِيلًا اللهُ الل

وَلَا تَكُونُوا كَا لَّتِيْ نَقَضَتْ غَزْلَهَا مِنْ بَعْدِقُووَةً انْكَاثُاء تَتَخِذُ وْنَ ايْمَا نَكُمْ مَعْدِقُوةً انْكَاثُاء تَتَخِذُ وْنَ ايْمَا نَكُمْ كَدُلُا بَيْنَكُمْ آنْ تَكُونَ أُمَّةً هِيَ آدَبِى مِنْ أُمَّةً هِيَ آدَبِى مِنْ أُمَّةً مِنْ يَهِدُوكُمُ اللهُ يِهِدُو لَيُبَيِّنَ لَكُمْ يَوْمَ الْقِيلِمَةِ مَا كُنْتُمْ فِيْهِ لَكُمْ يَوْمَ الْقِيلِمَةِ مَا كُنْتُمْ فِيْهِ تَخْتَلُفُونَ ﴿

وَكُوْشَآءَ اللَّهُ لَجَعَلَكُمْ اُمِّنَةً وَّاحِدَةً وَّ لَكِنْ يُضِلُّ مَنْ يَشَآءُ وَيَهْدِيْ مَنْ يَشَآءُ وَلَتُسْتَلُنَّ عَمَّا كُنْتُمْ تَعْمَلُوْنَ وَكَ تَتَّخِذُ وَالْيَمَا نَكُمْ حَخَلًا بَيْنَكُمْ وَكَ تَتَخِزَلَ قَدَمُ لَا بَعْدَ ثُبُوتِهَا وَ تَدُوتُوا السُّوْءَ بِمَا صَدَدْ تُمْ عَنْ سَبِيلِ اللَّهِ مَا وَلَكُمْ عَذَاكَ عَظِيْمُ

وَلَا تَشْتَرُوْا بِعَهْدِ اللهِ ثَمَنًا قَلِيْلًا اللهِ اللهِ ثَمَنًا قَلِيْلًا اللهِ اللهِ عَدْرً تَكُمْ لان انتَمَا عِنْدَ اللهِ هُوَ خَيْرً تَكُمْ لانَ كُنْ تُدُرِّ تَكُمْ لانَ كُنْ تُدْرَدُ تَكُمُ اللهِ عُنْ اللهِ عُ

مَاعِنْدَكُمْ يَنْفَدُ وَمَاعِنْدَا للهِ بَاقٍ ا وَلَنَجْزِيَنَّ الَّذِيْنَ صَبَرُوْا اَجْرَهُمْ بِآحْسَنِ مَا كَانُوا يَحْمَلُوْنَ۞

Juzu 14

98. Oyo akola obulungi nga musajja oba nga mukazi era nga mukkiriza, kale ddala tulimuwa obulamu obulungi; era ddala tulibasasula empeera yaabwe okusinziira ku bisingira ddala obulungi mw'ebyo bye baakolanga.

99. Era bw'obanga *ogenda* okusoma Kur'āni, kale wewogomenga eri Allah akukingirize Sitaani agobaganyizibwa.

100. Mazima ddala *Sitaani* talina buyinza kw'abo abakkiriza era abeesiga Mukama waabwe.

101. Mazima ddala obuyinza bwe buli kw'abo bokka abakwanagana naye era n'abo abamwenkanya ne Allah.

#### Ruku 14

102. Era bwe tuleeta akabonero mu kifo ky'akabonero—ng'ate Allah y'asinga okumanya *obulungi* ebyo by'aba assizza—bagamba nti: Ggwe oli mujinzijinzi. Naye abasinga obungi mu bo tebamanyi.

103. Gamba nti: Mwoyo Mutukuvu y'e-yagissa okuva eri Mukama wo n'amazima alyooke anyweeze abo abakkiriza, nga bwe bulung'amu era nga ge mawulire ag'essanyu eri Abasiraamu.

104. Era ddala tumanyi nti bo bagamba nti mazima muntu buntu y'amuyigiriza. *Naye* olulimi lw'oyo gwe babambira lugwiira, ate nga luno *lwo* lulimi Luwarabu olunnyonnyofu.

105. Mazima abo abatakkiriza bubonero bwa Allah, Allah talibalung'amya, era balifuna ekibonerezo ekirumya.

106. Mazima ddala abagunja obulimba be bo abatakkiriza bubonero bwa Allah, era abo be balimba.

107. Oyo eyeegaana Allah oluvannyuma lw'okukkiriza kwe y'alibonerezebwa—okuggyako oyo akakibwa okukaka okusukkiridde naye nga omutima gwe mumativu mu bukkiriza. Naye oyo ayanjuluza ekifuba kye eri obujeemu, kale abo be baliko obusungu obuva eri Allah era be

مَنْ عَمِلَ صَالِمًا مِّنْ ذَكِرِ آوْ أُنْثَىٰ وَ
هُوَ مُؤْمِنُ فَلَنُحْمِيَتُ الْمَلْوةُ طَيِّبَةً مِ
وَ لَنَجْزِيَنَّهُمْ آجْرَهُمْ بِآحْسَنِ مَا
كَانُوْا يَحْمَلُوْنَ ﴿

فَاذَا فَرَاْتَ الْقُرْاٰنَ فَاسْتَعِذْ بِاللهِ مِنَ الشَّيْطِي الرَّجِيْمِ ( )

اِنَّهُ لَيْسَ لَهُ سُلْطُنُ عَلَى الَّذِيْنَ الْمَنُوْاوَ عَلَى رَبِّهِمْ يَتَوَكُّلُوْنَ ﴿ الْمَنُواوَ عَلَى رَبِّهِمْ يَتَوَكُّلُوْنَ ﴿ النَّمَا سُلْطُنُهُ عَلَى الَّذِيْنَ يَتَوَلَّوْنَهُ وَ الَّذِيْنَ يَتَوَلَّوْنَهُ وَ ﴾ الَّذِيْنَ هُمْرِهُ مُشْرِكُوْنَ ﴿ الَّذِيْنَ هُمْرِهِ مُشْرِكُوْنَ ﴿ اللَّهُ الللَّا اللَّالِمُ اللَّهُ اللَّهُ اللَّهُ اللَّهُ ا

وَاذَا بَدَّلْنَا اليَّةَ مِّكَانَ اليَّةِ وَّاللَّهُ الْكَالُمُ اليَّمَا اليَّهُ اللَّهُ الْكَالُوْ التَّمَا الْكَالُوْ التَّمَا الْكَالُوْ التَّمَا الْكَالُو اللَّهُ الْكَالُو اللَّهُ الْكَالُمُ وَلَا يَعْلَمُونَ اللَّهُ اللَّلْمُ اللَّهُ اللْمُنْ اللَّهُ اللَّهُ اللَّهُ اللَّهُ اللَّهُ الْمُنْ اللَّهُ اللَّهُ اللَّهُ اللَّهُ اللَّهُ الْمُنْ الْ

راقُ الَّذِيْنَ لَا يُؤْمِنُوْنَ بِالْبِ اللهِ اللهُ اللهِ اللهُ اللهُ اللهُ اللهُ اللهُ اللهُ اللهُ اللهُ اللهِ اللهُ اللهُ

مَنْ كَفَرَبِاللهِ مِنْ بَعْدِ إِيْمَانِهَ إِلَّا مَنْ أَكْدِهَ وَقُلْبُهُ مُطْمَئِنَّ إِلَا كُدِيْمَانِ أَكْرِهُ وَقُلْبُهُ مُطْمَئِنًّ إِلَاكُوْرِ مَنْ أَلَا يُحَالِكُ فَرِ مَنْ رَاّ اللهِ مَنْ مَنْ شَرَح بِالْكُفْرِ صَدْرًا فَتَلَيْمِ مُغَضَبِ مِنْ اللهِ مَ وَلَهُمْ

balifuna ekibonerezo ekisukkirivu.

108. Ekyo lwa kubanga basinga kwagala bulamu bwa nsi okusinga obw'oluvannyuma, era ddala Allah talung'amya bantu beeremye.

109. Abo be bo Allah be yassaako envumbo ku mitima gyaabwe ne ku matu gaabwe ne ku maaso gaabwe, era abo be balagajjavu.

110. Tewali kubuusabuusa, ddala abo ku nkomerero be b'okufaafaaganirwa.

111. Nate ddala Mukama wo eri abo abasenguka nga bamaze okubonyabonyezebwa, nate nebanyiikira era nebagumiikiriza, mazima Mukama wo oluvannyuma lw'ebyo Musaasizi nnyo, Wa kisa nnyo.

Ruku 15

112. Era jjukira olunaku buli muntu lw'alijja okwewozaako yekka, era buli muntu alisasulwa mu bujjuvu olw'ebyo bye yakola, era tebaliryazaamaanyizibwa.

113.Era Allah aleeta eky'okulabirako ky'ekibuga ekyaali emirembe nga kitebenkevu, nga kituukwako okugabulwa kwa kyo mu bungi okuva buli wamu; naye bwe kiteebaza byengera bya Allah, olwo Allah yakiroza ku kubuutikirwa enjala n'ensisi olw'ebyo bye baakolanga.

114. Era ddala bajjirwa Omubaka ava mu bo naye nebamulimbisa, olwo ekibonerezo nekibakwaata nga boonoonese.

ebyakkirizibwa, ebirongoofu era mwebaze ebyengera bya Allah, bwe muba nga Ye gwe musinza.

116. Mazima ddala yabaziyiza *okulya* kalannamye, n'omusaayi, n'ennyama y'embizzi, n'ekyo ekiraamiriziddwako atali Allah. Naye oyo awalirizibwa nga si mujeemu era nga tasusse kigero, amanye nti mazima

عَذَاكُ عَظِيْهُ

ذلك بِآتَهُمُ اسْتَعَبُّوا الْعَلُوةَ المُ نُيكاً عَلَى الأخِرَةِ ، وَ أَنَّ اللَّهَ لَا يَهْدِى الْقَوْمَ الْكُفِرِيْنَ

أُولِيُكَ الَّذِيْنَ طَبَعَ اللَّهُ عَلَى قُلُوْيِهِمْ وَ سَمْحِهِمْ وَ آبْصَارِهِمْ وَ وَ أُولَيْكَ هُمُ الْخِفِلُهُ نَ ١٠

لَاجَرَةَ ٱنَّـهُمْ فِي الْآخِرَةِ هُـمُ الْخْسِرُ وْنَ

ثُمَّاكَ رَبَّكَ لِللَّذِيْنَ هَاجَرُوْا مِنْ بَعْدِ مَا فُيَنُوا ثُمَّ كِيا هَدُوْا وَصَبَرُوْا وَ غُ إِنَّ رَبُّكَ مِنْ بَعْدِهَا لَغَفُوْرُرَّحِيْمُ شَ

يَوْمَ تَانِيْ كُلُّ نَفْسٍ تُجَادِلُ عَنْ تَّفْسِهَا وَتُوَقِّى كُلُّ نَفْسٍ مَّا عَمِلَتْ وَهُمْ لَا يُظْلَمُونَ ١٠٠

وَضَرَبَ اللهُ مَثَلًا قَرْيَةً كَانَتُ امنة مُطْمَئِنَّةً يَّاتِيْهَا رِزْقُهَا رَغَدًا مِّنْ كُلِّ مَكَانٍ فَكَفَرَتْ بِٱنْعُمِ اللَّهِ فَآذَاتَهَا اللَّهُ لِبَّاسَ الْجُوْعِ وَ الْغَوْفِ بِمَا كَانُوْا تشتعه نس

رَ لَقَدْ جَاءَهُمْ رَسُولُ مِنْهُمْ فَكَذَّ بُوْهُ فَأَخَذَهُمُ الْعَذَابُ وَهُمْ ظلمُوْنَ

فَكُنُوْ امِمَّا رَزَّقَكُمُ اللَّهُ حَلْلًا طَيَّبًا لَم 115.Kale mulye kw'ebyo Allah by'abagabula وَّاشْكُرُوْا نِعْمَتَ اللهِ إِنْ كُنْتُمْ رايًا اللهُ تَعْنُدُ وَ نَ ١٠٠

> اتَّمَا حَدَّمَ عَلَيْكُمُ الْمَثْتَةَ وَالدُّمْوَ كَمْمَ الْخِينْزِيْرِوَمَا أَهِلَّ لِغَيْرِ اللَّهِ بِهِ ، فَمَنِ اضْطُرَّغَ يُرَ بَاغِرَّ لَاعَادٍ

Allah Musonyiyi nnyo, Musaasizi nnyo.

117. Era temwogeranga kw'ebyo ennimi zammwe bye zoogera eby'obulimba nti: Kino kyakkirizibwa ate kino kyaziyizibwa, nga mukonjera Allah eby'obulimba . Mazima abo abakonjera Allah obulimba tebaganyulwa.

118. Bafuna okuganyulwa okutonotono, naye oluvannyuma balifuna ekibonerezo ekirumya.

119. Ne kw'abo Abayudaaya, olubereberye twabaziyiza ebyo bye tukutegeezezzaako, naye tetwabalyazaamaanya, wabula beeryazaamaanya bokka.

120. Nate mazima Mukama wo — eri abo abakola ebibi olw'obutamanya n'oluvannyuma lwa byo nebabonerera ate nebatereerera ddala — mazima Mukama wo oluvannyuma lwa byo Musonyiyi nnyo, Musaasizi nnyo.

#### Ruku 16

- 121. Mazima Ibrahimu yaling'anga eggwanga eddamba\*, nga muwulize eri Allah, nga mwesimbu gy'ali, era teyabeerako mw'abo abenkanya Allah n'ebirala,
- 122. Nga musiimi wa byengera bye. *Allah* yamulonda n'amulung'amya eri ekkubo eggolokofu.
- 123. Era twamuwa ebirungi ku nsi, ne ku nkomerero ddala aliba mu batuukirivu.
- 124. Nate tukubikkulidde nti goberera eddiini ya Ibrāhīmu *eyali* omwesimbu era teyali mw'abo abenkanya ebirala ne Allah.
- 125. Mazima *ekiragiro* kya Sabbiiti kyateekebwa kw'abo *bokka* abaayawukana ku ye (Ibrāhimu n'eddiini ye). Era ddala Mukama wo aliramula wakati waabwe ku lunaku

فَإِنَّ اللَّهَ غَفُوْزُ رَّحِيْمُ

وَلَا تَقُولُوا لِمَا تَصِفُ ٱلْسِنَتُكُمُ الْكَذِبَ هٰذَا حَلْلُ وَ هٰذَا حَرَامً لِتَفْتَرُوا عَلَى اللهِ الْكَذِبَ الْكَ الَّذِيْنَ يَفْتَرُونَ عَلَى اللهِ الْكَذِبَ لَا يُفْلِمُونَ اللهِ

مَتَاعُ قَلِيْلُ وَلَهُمْ عَذَابُ لَلِيْمُ اللهِ مَتَاعُ قَلِيْكُ وَلَهُمْ عَذَابُ لَلِيْمُ اللهِ وَمَنَا مَا دُوْا حَرَّمْنَا مَا تَصَصْنَا عَلَيْكَ مِنْ قَبْلُ مِ وَمَا ظَلَمْ نُهُمُ وَمَا ظَلَمْ نُهُمُ وَلَكِنْ كَانُوْا انْفُسَهُمْ عَلَيْهُوْ انْفُسَهُمْ يُظْلِمُوْنَ اللهِ عَلَيْهُمُ وَلَا اللهِ عَلَيْمُونَ اللهُ اللهُ عَلَيْمُونَ اللهِ عَلَيْمُونَ اللهِ عَلَيْمُونَ اللهِ عَلَيْمُونَ اللهُ اللهُ

شُرِّرِانَّ رَبَّلَتَ لِلَّذِيْنَ حَمِلُوا السُّوْءَ بِجَهَالَةٍ شُرِّمَ تَا بُوامِنَ بَعْدِ ذٰلِكُ رَاصَلَكُوْالاتَ رَبَّكَ مِنْ بَعْدِ هَالغَفُوْرُرَّحِيْمُشُ

رِانَّ رَابُرُهِ مُنَمَّ كَانَ أُمَّـةً قَانِتُا يِتِلْهِ حَنِيْفًا ، وَ لَمْ يَكُ مِنَ الْمُشْرِكِيْنَ أُ

شَاكِرًا لِّآنَعُمِهِ ﴿إِجْتَلِمُهُ وَهَا مِدُالًى اللَّهِ الْمُدَالِلُ اللَّهِ اللَّهِ اللَّهِ اللَّهِ اللَّه

وَأَتَيْنُهُ فِي الدُّنْيَا حَسَنَةً ، وَإِنَّهُ فِي الْمُنْ الصَّلِحِيْنَ أَنَّهُ وَالْنَّهُ فِي الْمُلْحِيْنَ أَلَى السَّلِحِيْنَ أَلَى التَّبِعُ الْمُلَّدِ الْمُلْكَ أَنِ التَّبِعُ الْمُلْكَ الْمُلْكَ الْمُلْكَ الْمُلْكَ الْمُلْكَ الْمُلْكَ الْمُلْكِ اللَّهِ الْمُلْكَ الْمُلْكِ اللَّهِ الْمُلْكُ الْمُلْكِ الْمُلْكَ الْمُلْكِ اللَّهُ الْمُلْكِ اللّهُ الْمُلْكِ الْمُلْكِ الْمُلْكِ الْمُلْكِ اللّهُ الْمُلْكِ اللّهُ اللّهُ الْمُلْكِ اللّهُ الْمُلْكِ اللّهُ اللّهُ الْمُلْكِ اللّهُ اللّهُ الْمُلْكِ اللّهُ اللّ

تَمَّ اوْهَيْنَ الْيُكُ انِ اتْبِعَ مِلَّةَ اِبْرُهِيْمَ حَنِيْفًا وَ مَا كَانَ مِنَ الْمُشْرِكِيْنَ

اِنَّمَا جُعِلَ السَّبْتُ عَلَى الَّذِيْنَ اخْتَلَفُوْافِيهِ ﴿ وَإِنَّ رَبَّكَ لَيَحْكُمُ بَيْنَهُمْ يَوْمَ الْقِيْمَةِ فِيْمَا كَانُوْا lw'okuzuukira mw'ebyo bye baayawukanangamu.\*

126. Koowoola *abantu* eri ekkubo lya Mukama wo na magezi,n'embuulirira ennungi.Era *b'obuulira* kubaganya nabo ebirowoozo mu ngeri esinga obulungi. Mazima Mukama wo y'asinga okumanya oyo abuze ku kkubo lye era y'asinga okumanya abalung'amu.

127. Era bwe mubanga mubonereza *olw'o-kwesasuza*, kale mubonerezenga kyenkanyi nga bwe mwabonerezebwa. Naye bwe mugumiikiriza, ddala ekyo ky'ekisingira ddala obulungi eri abagumiikiriza

128. Era gumiikiriza, anti okugumiikiriza kwo tekubaawo wabula lwa buyambi bwa Allah. Era tonakuwala ku lwaabwe wadde tobaamu kukeng'entererwa olw'ebyo bye beekobamu.

129. Mazima Allah ali wamu n'abo abamutya era *ali wamu* n'abo abakola ebirungi.

ونى ويغتلفون

أَدْعُ إِلَى سَمِيْلِ رَبِّكَ بِالْحِكْمَةِ وَ الْمَوْعِظَةِالْحَسَنَةِ وَجَادِلُهُمْ بِالْكِيْ فِي آحْسَنُ الْآرَبَّكَ هُوَآعْلَمُ بِمَنْ ضَلَّ عَنْ سَمِيْلِهِ وَهُوَ آعْلَمُ بِمَنْ بِالْمُهْتَدِيْنَ

وَ إِنْ عَا قَبَتُمْ فَعَاقِبُوْا بِمِثْلِ مَا عُوْقِهِ مَا عُوْقِهِ مَا عُوْقِهُ مَا عُوْقِهُ مَا عُوْقِهُ مُ عُوْقِبُتُمْ بِمِءُ وَ لَئِنْ صَبَرْتُمْ لَهُوَ خَيْرُلِّلصَّبِرِيْنَ۞

وَاصْبِرْوَمَا صَـبُرُكَ إِلَّا بِاللَّهِ وَلَا تَحْزَنُ عَلَيْهِمْ وَلَا تَكُ فِيْ ضَيْقٍ يِّمَّا يَمْكُرُونَ

اِنَّ اللَّهَ مَعَ الَّذِيْنَ التَّقَوْا وَّالَّذِيْنَ فِي هُمْمُحْسِنُوْنَ أَهُ

<sup>16:125.</sup> Wano ayogerwaako ye Nabbi Ibrāhīmu (a.s), obwesimbu bwe ku bwannamunigina bwa Allah n'enjawukana mu ba Isirairi ku bimufaako. Bangi mu ba Isirairi baayingirirwa obusamize. Kale mu kwagala okufuna ekyekwaso, kisoboka okuba nti baagezaako okubipaatiika ku Ibrāhīmu(a.s). Wano Sabath kirabika lwaali lunaku lwa kuwummula, kwetukuza awamu n'okwetangirira.

### سُورَةُ بَنِي إِسْرَاءِيُل مَكِيَّةَ ١٧





#### BANĪ ISRĀ'ĪL

(Yakka lubereberye lwa Hijra)

1. Ku lw'erinnya lya Allah, Omusaasizi ennyo, Ow'ekisa ekingi.

#### Juzu 15

- 2. Omutukuvu y'Oyo eyatwaala Omuweereza we ekiro okuva eri Omuzigiti Omutukuvu okulaga eri Omuzigiti Ogw'ewala ogwo ebigwetoolodde bye twawa omukisa, tulyooke tumulage obumu ku bubonero bwaffe. Mazima Ye y'Awulira byonna, y'Alaba byonna.
- 3. Era twawa Mūsa Ekitabo era netukifuula obulung'amu eri abaana ba Isirairi *netubagamba* nti: Temutwalanga omulabirizi *yenna* okuggyako Nze.
- 4. Abange mmwe ezzadde ly'abo be twasaabaza mu kyombo ne Nūhu, ddala ye yali muweereza eyeebaza.
- 5. Era twannyonnyola eri abaana ba Isirairi mu Kitabo nti: Ddala mulitabulatabula mu nsi emirundi ebiri, era ddala mulijagalala okujagalala okusuffu.
- 6. Kale awo ekisuubizo ekisooka ku byombi bwe kyaatuuka, twabasindikira abaweereza baffe abalwaanyi kasiggu, nebeevumbira ddala amaka *gaabwe* era kyaali kisuubizo ekyaali kiteekwa okutuukirizibwa.
- 7. N'oluvannyuma mmwe twabaddiza amaanyi ku bo, era netubongera eby'obugagga n'abaana era netubafuula abantu enkuyanja.
- 8. Kale bwe mweyisa obulungi, mugasa myoyo gyammwe. Ate bwe mweyisa obubi, mukosa gyo. Naye ekiseera ky'ekisuubizo ky'oluvannyuma bwe kirituuka, *tulibateera abalabe* balyooke babayise bubi era bayingire mu Muzigiti nga bwe baaguyingira omulundi ogwasooka, era bazikirize n'ebyo bye bawangudde oluzikiriza.
- 9. Ob'olyawo *kati* Mukama wammwe anaabasaasira. Naye bwe muliddira *okujagalala*, naffe tuliddira *okubonereza*. Era

بِشمِ اللهِ الرَّحْمٰنِ الرَّحِيْمِ ()

ذُرِّيَّةَ مَنْ مَمَلْنَامَعَ نُوْجِ النَّهَ كَانَ عَبْدًا شَكُورًا ۞

وَقَضَيْنَاۤ إِلَى بَنِیۤ إِسْرَاۤءِ بِیکَ فِ الْکِتٰبِ لَتُفْسِدُنَّ فِ الْاَّرْضِ مَرَّ تَیْنِ وَلَتَعْلُنَّ عُلُوًّا حَبِیْرًا⊙

فَاذَا جَآءَ وَهُدُ أُولْمُهُمَّا بَعَثْنَا مَلَيْكُمْ عِبَادًا لِنَّنَ أُولِي بَاسٍ شَدِيدٍ فَجَاسُوا خِلْلَ الدِّيَّارِ وَكَانَ وَهُدًّا مَّفْحُوكًا ۞ خُلَّ رَدَدُنَ لَكُمُ الْكَرَّةَ عَلَيْهِمْ وَ اَهْدَدُنْكُمْ بِآمُوالٍ وَبَنِيْنَ وَجَعَلْنُكُمْ آكْتُرَبَّفِيْرًا ۞

إِنْ آحَسَنْتُمْ آحَسَنْتُمْ لِاَ نَفُسِكُمْ تَ وَ لِنْ آسَاتُمْ فَلَهَا ﴿ فَإِذَا جَاءَ وَعَدُ الْاخِرَةِ لِيَسُوْءُا وُجُوْهَكُمْ وَلِيَدْخُلُوا الْمَشْجِدَ كُمَا دَخَلُوهُ آوَّلَ مَرَّةٍ وَّ لِيُتَبِّرُوْا مَا عَلَوْا تَتْبِيْرًا ﴿

عَسٰى رَبُّكُمْ آن يَّرْحَمَّكُمْ بِهَ إِنْ عُدْتُّمْ ﴿ عُدْنَا مِوْجَعَلْنَا جَهَنَّمَ لِلْكُفِرِيْنَ حَصِيْرًا ۞ twafuula Jahannamu okuba ekkomera ly'abeeerema.

- 10. Mazima Kur'āni eno y'erung'amya eri ekyo ekisinga okuba ekyesimbu era y'ewa amawulire ag'essanyu eri abakkiriza abo abakola ebikolwa ebirungi nti ddala balifuna empeera nnene.
- 11. Era *erabula* nti ddala abo abatakkiriza nkomerero, twabategekera ekibonerezo ekirumya.

Ruku 2

- 12. Era omuntu asaba ekibi nga bwe yandisabye ekirungi; era omuntu mupapi.
- 13. Era twakola ekiro n'emisana okuba obubonero obubiri. Kale tusangulawo akabonero k'ekiro netuleetawo emisana, netufuula akabonero k'emisana okuba ekitangaala, mulyooke munoonye emikisa egiva eri Mukama wammwe, era mulyooke mumanye omuwendo gw'emyaka, mufune n'amagezi g'okubala. Era buli kimu twakittottola oluttottola.
- 14. Era buli muntu twamusiba mu bulago bwe obulambe bw'ebikolwa bye. Era ku lunaku lw'okuzuukira tulimuggyirayo ekitabo ky'alisanga nga kibikkuddwa.
- 15. *Tulimugamba nti:* Soma ekitabo kyo. Olwa leero omwoyo gwo gumala okuba omubalirizi ku ggwe.
- 16. Oyo alung'ama, kale ddala alung'ama lwa *kugasa* mwoyo gwe; n'oyo awaba, ddala awaba lwa kufiiriza gwo. Era teri mwetissi alyetikka buzito bwa mulala. Era tetubonereza *bantu* okutuusa nga tumaze kutuma Mubaka.
- 17. Era bwe tuba twagadde okuzikiriza ekibuga, *tuleka* bannaggagga ba kyo *nebeeyisa nga bwe balaba*. Kale bwe bakijeemeramu, olwo ensala ekikakatako, netulyooka tukizikiriza oluzikiriza.
- 18. Ye emirembe emeka gye twazikiriza oluvannyuma lwa Nūhu! Era Mukama wo amala okuba Omumanyi, *era amala okuba* Omulabi w'ebyonoono by'abaweereza be.
- 19. Oyo ayagala obulamu bw'ensi eno, tumwanguyiza mu yo bye tuba twagadde —eri

اِنَّ هٰذَا الْقُرُانَ يَهْدِيْ لِلَّتِيْ هِيَ آقْوَمُ وَ لِيَّةِ مُنْ الْفُوْمُ وَ لِيَّةِ مِنْ الْفُوْمُ وَ لِيَسْتِهُ الْمُؤْمِنِيْنَ الَّذِيْنَ يَعْمَلُوْنَ السَّلِهُ الْمُؤْمِنِيْنَ الْمُؤْمِنِيْنَ الْمُؤْمِنِيَّ الْمُؤْمِنِيِّ الْمُؤْمِنِيِيْنَ الْمُؤْمِنِيِّ الْمُؤْمِينِي الْمُؤْمِنِيِّ الْمُؤْمِنِي الْمُؤْمِنِي الْمُؤْمِنِيِّ لِلْمُؤْمِنِيِّ الْمُؤْمِنِيِّ لِلْمُؤْمِنِيِّ لِلْمُؤْمِنِيِّ الْمُؤْمِنِيِّ الْمُؤْمِنِيِّ لِلْمُؤْمِنِيِّ الْمُؤْمِنِيِّ لِلْمُؤْمِنِي الْمُومِي مِنْ الْمُؤْمِنِيِّ لِلْمُؤْمِنِي الْمُؤْمِنِيِّ لِلْمُؤْمِي الْمُؤْمِنِيِّ لِلْمُؤْمِنِيِّ لِلْمُؤْمِنِيِّ لِلْمُؤْمِنِيِّ لِلْمُؤْمِنِيِّ لِلْمُؤْمِنِي لِلْمُؤْمِنِيِّ لِلْمُؤْمِنِيِّ لِلْمُؤْمِنِي لِلْمُؤْمِنِي لِلْمُؤْمِي لِلْمُومِي مِنْ لِلْمُؤْمِي لِلْمُومِي مِنْفُومِ وَالْمُؤْمِي لِلْلْمُومِ وَالْمُعِلِي لِل

وَّ آنَّ الَّـٰذِيْنَ لَا يُؤْمِنُوْنَ بِالْلَٰخِرَةِ ﴿ آعْتَهُ ثَالَهُمْ عَذَابًا ٱلِيْمًا ۚ

وَ يَدْعُ الْاِنْسَانُ بِالشَّرِ دُعَاءَةُ مِالْفَيْرِ دُعَاءَةً مِالْفَيْرِ دُعَاءَةً مِالْفَيْرِ دُعَاقَ الْاِنْسَانُ عَجُولًا وَ وَجَعَلْنَا الْيَهَا وَالنَّهَا وَالنَّهَا وَالنَّهَا وَالنَّهَا وَالنَّهَا وَالنَّهَا وَمُبُومِرَةً اللَّهَا وِمُبُومِرَةً لِيَعْدَدُوا فَيْ النَّهَا وِمُبُومِرَةً لِيَعْدَدُوا فَيْ النَّهَا وَمُبُومِرَةً لِيَعْدَدُوا فَيْ اللَّهِ مِنْ الْمِسَابَ وَ كُلِّ شَيْءً عَدَدَ السِّينِيْنَ وَالْحِسَابَ وَ كُلِّ شَيْءً فَيْ الْمُعْلَمُوا فَصَدْدُا لَهِ اللَّهُ اللَّهُ اللَّهُ الْمُوا فَيْ الْمُعْلَمُوا فَيْ الْمُعْلَمُونَا فَيْ اللَّهُ الْمُعْلِي اللَّهُ الْمُعْلِي الْمُعْلِي الْمُعْلِي اللَّهُ الْمُعْلِي الْمُعْلِي الْمُعْلِي الْمُعْلِي الْمُعْلِي الْمُعْلِمُ الْمُعْلِي الْمُعْلِمُ الْمُعْلِمُ اللَّهُ الْمُعْلِمُ الْمُعْلِمُ اللْمُعْلِمُ الْمُعْلِمُ الْمُعْلَمُ الْمُعْلِمُ الْمُعْلِمُ الْمُعْلِمُ الْمُعْلِمُ الْمُعْلَمُ الْمُلْمُ الْمُعْلَمُ الْمُعْلِمُ الْمُعْلَمُ اللَّهُ الْمُعْلِمُ الْمُعْلَمُ الْمُعْلَمُ الْمُعْلَمُ الْمُعْلَمُ الْمُعْلَمُ اللْمُعْ

وَحُلَّ إِنْسَانٍ اَلْزَمْنٰهُ طَيْرَةُ فِي عُنُقِهِ ﴿
وَكُثَّ إِنْسَانٍ اَلْزَمْنٰهُ طَيْرَةُ فِي عُنُقِهِ ﴿
وَنُشُورُ الْفَالِمَةَ كِلْسَاتَ لَلْفُسِهُ مَنْشُورً الْفَاسَةُ مَنْشُورً الْ

إِقْرَاْ جِعْبَكَ ، كَفِي بِنَفْسِكَ الْيَوْمَ عَلَيْكَ حَسِيْنَالُ

مَنِ اهْتَدَى فَإِنَّمَا يَهْتَدِيْ لِنَفْسِهِ ، وَ مَنْ ضَلَّ فَإِنَّمَا يَضِلُّ عَلَيْهَا ، وَكَا تَزِرُ وَازِرَةً وِّزْرَ أُخْدَى ، وَمَا كُنَّا مُعَذِّبِ يُنَ حَتَّى نَبْعَتَ رَسُؤلًا (()

وَكَمْ آهْلَكُنَا مِنَ الْقُرُونِ مِنْ بَعْدِ نُوْجِ وَ كَالَهُ الْفُرُونِ مِنْ بَعْدِ نُوْجِ وَ كَالَمُ الْفُر كَفْي بِرَبِّكَ بِندُ نُوْبِ عِبَادِهِ خَبِيرًا اللهِ بَعْدِيرًا اللهِ مِنْ اللهِ اللهِ اللهِ اللهِ اللهِ الله

مَنْ كَانَ يُسِيدُ الْعَاجِلَةَ عَجَّلْنَا لَهُ

oyo gwe tuba twagadde — n'oluvannyuma tumuteerawo Jahannamu gw'alyokerwamu ng'anenyezebwa, ng'agobaganyizibwa.

- 20. N'oyo ayagala enkomerero era n'agifuubaanira mu nfuubana ya yo *entuufu* era nga mukkiriza, kale abo okulafuubana kwabwe kwe kulisiimibwa *Allah*.
- 21. *Kyokka* bonna tubayamba—bano na bali—*nga tubagabira* ku bigabibwa bya Mukama wo. Era ebigabibwa bya Mukama wo tebikugirwa.
- 22. Kale laba engeri gye tusukkulumyamu abamu ku balala *mu bulamu bw'ensi*. Naye ddala ate yo enkomerero erisukkirira mu madaala era eriyitirira mu kusukkulumya.
- 23. Kale tossangawo musinzibwa mulala awamu ne Allah, si kulwa nga otuula nga okomerezebwa, nga olekeddwa awo nnagalaale.

Ruku 3

- 24. Era Mukama wo yalagira nti: Temusinzanga omulala okuggyako Ye yekka, n'abazadde bombiriri bayisibwenga bulungi. Naye omu ku bo bw'atuukanga mu bukadde nga w'oli oba bombiriri, kale tobeekaanyanga era tobakangukiranga; wabula oyogeranga nabo mu njogera ebaweesa ekitiibwa.
- 25. Era bagonderenga *era* obabudebudenga n'obusaasizi. Era gambanga nti: Mukama wange, basaasire nga bwe bandera mu buto.
- 26. Mukama wammwe y'asinga okumanya ebyo ebiri mu myoyo gyammwe. Bwe muba abakozi b'ebirungi, ddala Ye ye Musonyiyi eri abo abadding'ana gy'ali.
- 27. Era wa owuwo ekituukana naye, n'omunkuseere, n'omutambuze, naye todiibuudanga budiibuuzi.
- 28. Mazima abadiibuuzi baganda ba Sitaani, ate Sitaani teyeebaliza ddala Mukama we.
- 29. Era bw'obalekanga *nga tobawadde* nga okyanoonya okusaasira kw'osuubira okuva eri Mukama wo, kale *era* oyogeranga nabo enjogera ey'eggonjebwa.

كَ جَهَنَّمَ مَ يَصْلُهَا مَذْمُوْهًا مَّذُمُوْهًا مَّدُمُوْهًا مَّ مُوْهًا مَا مُوْمًا مَا مُوْمًا مَا مُوْمًا

وَمَنْ آرَادَ الْمَاخِيرَةَ وَسَلَى لَهَا سَعْيَهَا وَ هُوَ مُؤْمِنَ فَأُولَيُّكَ كَانَ سَعْيُهُمْ مَّشْهُوْرًانَ

كُلَّا تُيدُكُمَوُلَاء وَهَوُلَاء مِن عَطَاء وَيِكَ . وَمَا كَانَ عَطَاء وَيِكَ . وَمَا كَانَ عَطَاء وَيِكَ .

أَنْظُوْ كَيْفَ فَضَّلْنَا بَعْضَهُمْ عَلَى بَعْضٍ ، وَلَلْاعِمَةُ أَكْبَرُتَفْضِيْلًا ﴿

لَا تَجْعَلُ مَعَ اللهِ إِلْهَا أَخَرَ فَتَقَعُهُ ﴾ خَدْمُومًا مِّحْدُوكًا أَنْ

وَ قَطٰى رَبُّكَ الَّا تَعْبُدُوۤا إِلَّاۤ إِيَّاهُ وَ بِالْوَالِدَيْنِ اِحْسَاتًا وَامَّا يَبْلُغَنَّ عِنْدَكَ الْكِبَرَ اَحَدُّهُمَّا اَوْكِلُهُمَا فَلَا عَثْلُ لَّهُمَّا أُنِّ وَلَاتَنْهَرْهُمَا وَقُلْ لَّهُمَا قَوْلًا كُرِيمًا ۞

وَا غَوْضُ لَهُمَا جَنَا مَ الذُّلِّ مِنَ الرَّعُمَةِ وَ الْخُوضُ لَهُمَا جَنَا مَ الذُّلِّ مِنَ الرَّعُمَةِ وَ فَكُرَّتِ ارْحَمْهُ مَا كُمَا رَبَّيْلِنِيْ صَغِيرًا ۞ رَبُّكُمْ الْحَمْرُ اللَّهُ مِمَا فِي نُفُوسِكُمْ اللَّهُ الللَّهُ اللَّهُ الْمُلْمُ الللْمُلْمُ اللَّهُ الْمُلْمُ الْمُلْمُ اللَّهُ اللَّهُ الللْمُلْمُ اللَّهُ اللَّهُ الْمُلْمُولُولُ الْمُلْمُ الْمُلْمُ ا

وَ أَتِ ذَا الْقُرْلِى حَقَّلَهُ وَالْمِسْكِيْنَ وَابْنَ السَّبِيْلِ وَلَا تُبَيِّرْتَبْذِيرًا

إِنَّ الْمُبَرِّرِيْنَ كَا نُوْآ إِنْحَوَانَ الشَّيْطِيْنِ عَ وَكَانَ الشَّيْرِطِنُ لِرَبَّهِ كَفُوْرًا ((()

وَامَّا تُعْرِضَنَّ عَنْهُمُ ابْتِغَا ءَ رَحْمَةِ مِّنْ رَبِّكَ تَرْجُوهَا فَقُلْ لَّهُمْ قَوْلًا مَّيْسُورًا (اللهِ

- 30. Era toddiranga omukono gwo n'oguzingira mu bulago bwo *n'okodowala*, wadde togwanjuluzanga okwanjuluza kwonna *n'oyiwaayiwa*, si kulwa nga otuula ng'onenyezebwa, ng'oweddemu ensa.
- 31. Mazima Mukama wo y'ayanjululiza ebigabibwa oyo gw'aba ayagadde era y'abikendeeza. Mazima Ye ategeera bulungi *era* alaba bulungi ebifa ku baweereza be.

#### Ruku, 4

- 32. Era temuttanga abaana bammwe olw'okutya obwaavu. Bo Ffe tubagabirira era nammwe. Mazima okubatta kibi kinene nnyo.
- 33. Era temusembereranga obwenzi; ddala bwo kya buwemu era kkubo bbi nnyo.
- 34. Era temuttanga omuntu oyo Allah gwe yaziyiza *okutta*, wabula mu butongole. Era oyo alittibwa mu butali butuufu, kale ddala twaawa omusika we obuyinza *okusaba okwesasuza*; naye mu kutta, tasukkanga ekigero *kye battamu owuwe*. Mazima ddala *mu tteeka* waakuyambibwa.
- 35. Era temusembereranga ebintu bya mulekwa, wabula mu *ngeri* eyo esinga obulungi, okutuusa lw'alituuka mu kuvubuka kwe, era mutuukirizenga endagaano. Mazima endagaano yaakubuuzibwa.
- 36. Era bwe mubanga mupima, mutuukirizenga ebipimo era mupimenga n'ebipimisibwa ebitereevu; ekyo ky'ekirungi ennyo era ky'ekisinga mu kumaliriza *obulungi ensonga*.
- 37. Era togobereranga ekyo ky'otolina ky'okimanyiiko. Mazima amatu, n'amaaso, n'omutima ebyo byonna bya kubuuzibwa ku kyo.
- 38. Era totambulanga mu nsi nga weejaabaata,ddala ggwe toyinza kuyuza nsi wadde toyinza kutuuka ku buwanvu bwa nsozi.
- 39. Ebyo byonna obubi bwa byo bukyayibwa nnyo mu maaso ga Mukama wo.
- 40. Ebyo by'ebimu ku by'amagezi Mukama wo by'akubikkulidde. Kale tossangawo

وَلَا تَجْعَلْ يَهَ كَ مَغْلُوْكَةً إِلَى عُنُقِكَ وَكَا تَبُسُطُهَا كُلَّ الْبَسْطِ فَتَقْعُدَ مَلُوْمًا مَّحْسُوْدًان

اِنَّ رَبَّكَ يَبْسُطُ الرِّزْقَ لِمَنْ يَشَاءُ وَ يَقْدِرُ ﴿ إِنَّهُ كَانَ بِعِبَادِمْ خَبِيْرُا غَ بَصِيْرًا ۞

وَلَا تَقْتُلُوْا آوُلَادَكُمْ خَشْيَةً إِصْلَاقٍ ا نَحْنُ نَوْزُقُهُمْ وَ إِيَّاكُمْ الِنَّ قَتْلَهُمْ كَانَ خِطْأُكِيثِرًا ﴿

وَلَا تَقْرَبُوا الرِّنَّ لِلَّهُ كَانَ فَاحِشَةً ، وَ سَاءَ سَبِيلًا ﴿

وَلَا تَقْتُلُوا النَّفْسَ الَّتِيْ حَرَّمَ اللَّهُ إِلَّا بِالْحَقِّ وَمَنْ اللَّهُ إِلَّا بِالْحَقِّ وَمَنْ قُتِلَ مَظْلُوْمًا فَقَدْ جَعَلْنَا لِوَلِيَّهُ الْفَدْلِ اللَّهُ إِلَّا لَهُ الْفَدْلِ اللَّهُ الْفَدْلِ اللَّهُ الْفَدْلِ اللَّهُ الْفَدْلِ اللَّهُ الْفَدْلِ اللَّهُ الْفَدْلِ اللَّهُ اللَّلُمُ اللَّهُ الللَّهُ اللَّهُ اللَّهُ اللَّهُ اللللْمُ الللِّلْ اللللْمُوالِمُ اللللْمُ اللَّهُ الللِّلْمُ الللْمُلْمُ الللْمُلِمُ الللللِّلْمُ اللَّهُ اللَّهُ اللَّهُ اللَّهُ الللِّلْمُ اللَّلْمُ اللَّا اللَّهُ اللَّهُ الللْمُوالِمُ اللَّلْمُ الللِّلْمُ ا

وَكُوْ تَقْرَبُوْاصَالَ الْيَهِيْمِ إِلَّا بِالَّتِيْ هِيَ آحْسَنُ حَتَّى يَبْلُغَ آشُدَّهُ ﴿ وَ آوْفُوْا بِالْتَهْدِمِ إِنَّ الْعَهْدَكَانَ مَشْفُوْلًا۞

وَ آوْفُوا الْكَيْلَ إِذَا كِلْتُمْ وَزِنُوْا بِالْقِسْطَاسِ الْمُسْتَقِيْمِهُ ذٰلِكَ خَيْرًوَّ آحْسَنُ تَاْدِيدُّ

وَلَا تَقْفُ مَا لَيْسَ لَكَ بِهِ عِلْمُ الْآَ السَّمْعَ وَالْتَكَانَ السَّمْعَ وَالْبَصَرَوَالْفُوَّادَ كُلُّ اُولِئِكَ كَانَ عَنْهُ مَسْفُولًا ﴿ اللَّهُ مَا اللَّهُ مَسْفُولًا ﴿ اللَّهُ مَا اللَّهُ مَسْفُولًا ﴿ اللَّهُ مَا اللَّهُ مَا اللَّهُ اللَّهُ مَا اللَّهُ مَا اللَّهُ اللَّ

وَ لَا تَشْشِ فِي الْأَرْضِ مَرَعًا مِ إِنَّكَ لَنْ تَشْرِقَ الْأَرْضَ وَلَنْ تَبْلُغُ الْجِبَالَ طُوْلًا۞

كُلُّ ذٰلِكَ كَانَ سَيِّعُهُ عِنْدَ رَبِّكَ مَنْدُ رَبِّكَ مَنْدُوهُمُّا ۞

ذُلِكَ مِثَمَّاً آوْلَى اليَكَ رَبُّكَ مِنَ

musinzibwa mulala awamu ne Allah, si kulwa nga osuulibwa mu Jahannamu nga onenyezebwa, nga ogobaganyizibwa.

41. Abaffe, Mukama wammwe mmwe beyalondera abaana ab'obulenzi, Ye n'atwala ab'obuwala okuva mu ba malayika? Mazima ddala kye mwogera kigambo kisukkirivu *mu bubi!* 

Ruku 5

- 42. Era ddala twannyonnyola *eby'amagezi* mu ngeri ezitali zimu mu Kur'āni eno balyooke bafumiitirize, naye tekirina kye kibongerako okuggyako obukyayi.
- 43. Gamba nti: Singa *ddala* waaliwo bakatonda *abalala* awamu naye, nga bwe bagamba, era nabo baalinoonyezza ekkubo ely'okubatuusa ku Nannyini Nnamulondo.
- 44. Obutuukirivu bubwe era yagulumira olugulumira olusuffu kw'ebyo bye boogera.
- 45. Emigigi gy'eggulu omusanvu gimugulumiza, n'ensi, n'ebigirimu. Era tewali kintu kyonna wabula kimutendereza n'amatendo ge, naye mmwe temutegeera ntendereza ya byo. Mazima Ye y'Alumirwa ennyo abaweereza be, Omusonyiyi ennyo.
- 46. Era bw'oba ng'osoma Kur'āni, tussa olutimbe olutalabika wakati wo n'abo abatakkiriza nkomerero.
- 47. Era twassa ebibikka ku mitima gyaabwe baleme kugitegeera, ne mu matu gaabwe twassaamu obuggavu. Era bw'oyogera ku Mukama wo mu Kur'āni nga bw'ali Omu yekka, bakyuukira mabega waabwe olw'obukyaayi.
- 48. Ffe tumanyi bulungi ebyo bye bawuliriza bwe baba ng'abakuwuliriza, ne bwe baba mu kafubo awo nga aboonoonyi bagamba nti: Temugoberera mulala wabula *mugoberera* muntu eyalogebwa.
- 49. Kale laba engeri gye bakugeraageranyaamu! Bwe kityo nno babulidde ddala, tebakyayinza *kulaba* kkubo.

الْ وَكُمْةِ وَلَا تَجْعَلُ مَعَ اللّهِ الْهَا أَخَرَ فَتُلْقَى فِي جَهَنَّمَ مَلُومًا مَّدْ حُودًا ۞ آفَاصَفْ كُمْرَ بُكُمْ بِالْبَنِيْنَ وَاتَّخَذَمِنَ الْمَلْئِكَةِ إِنَّا ثًا واتَّكُمْ لَتَقُولُونَ عُ قَوْلًا عَظِيْمًا ﴾

وَ لَقَدْ صَرَّفَنَا فِيْ لَمَذَا الْقُرْانِ لِيَذَّ الْقُرْانِ لِيَدَّكُّرُوا وَمَا يَزِيدُهُ مُورَّا كُفُورًا اللهُ

قُلُ لَّوْكَانَ مَعَةَ اللهَةُ كَمَايَقُولُونَ إِذًّا كَابَتَغَوْا إِلَى ذِي الْعَرْشِ سَبِيلًا ﴿

سُبُحْنَهُ وَ تَعْلَى مَمَّا يَقُولُونَ عُلُوًّا كَبِيْرًا

تُسَيِّحُ لَهُ السَّمْوْتُ السَّبْعُ وَالْأَرْضُ وَ مَنْ فِيْهِ لِلَّا يُسَيِّحُ مَنْ فِيْءِ إِلَّا يُسَيِّحُ مَنْ فِيْءِ إِلَّا يُسَيِّحُ مِنْ فَيْءٍ إِلَّا يُسَيِّحُ مِنْ فَيْءٍ إِلَّا يُسَيِّحُ مَنْ فَيْهِ اللَّهُ هُوْنَ لَكِنَ كَلِيْمًا غَفُوْرًا ﴿ لَكُنْ كَلِيْمًا غَفُورًا ﴿ لَكُنْ كَلِيْمًا غَفُورًا ﴿ لَكُنْ اللَّهُ الْمُلْمُ اللَّ

وَّ جَعَلْنَا عَلَى قُلُوْيِهِمْ آكِنَّةً آنَ يَفْقَهُوهُ وَلَيْ قَلُوْيِهِمْ آكِنَّةً آنَ يَفْقَهُوهُ وَلَيْ أَذَانِهِمْ وَقُرَّا وَ اِذَا ذَكَرَتَ وَقُرَّا وَ اِذَا ذَكَرَتَ وَقُرَّا وَ لَكُواعَلَى وَحُدَهُ وَلَّوْاعَلَى الْقُراٰنِ وَحُدَهُ وَلَّوْاعَلَى الْمُثَارِهِمْ نُفُوْرًا اللهُ اللهُ

تَحْنُ آعَلَمُ بِمَا يَشتَمِعُونَ بِهَ إِذْ يَصَعَوْنَ بِهَ إِذْ يَصَعَوْنَ بِهَ إِذْ يَصَعَوْنَ إِنْ يَشتَمِعُونَ إِنْ يَشتَمِعُونَ إِنَّا رَجُلًا يَعُونَ إِنَّا رَجُلًا يَعُونَ إِنَّا رَجُلًا تَسْعُونَ إِنَّا رَجُلًا تَسْعُونَ إِنَّا رَجُلًا تَسْعُورًا (٤)

ٱنْظُرْ كَيْفَ ضَرَبُوا لَكَ الْاَمْثَالَ نَصَلُوا هَ فَلَا يَسْتَطِيْعُوْنَ سَبِيْلًا۞

- 50. Era bagamba nti: Abaffe, bwe tulifuuka amagumba era nga tusegenyuse, ddala era tulizuukizibwa nga *tuli* bitonde bipya?
- 51. Gamba nti: Ka mubeere mayinja oba kyuuma,
- 52. Oba ekitonde *ekirala* kyonna mw'ebyo *ebirabika* nga bikakanyavu nnyo mu ndowooza yammwe, *era mulizuukizibwa*. Kale bajja kuddamu nti: Ng'ani nno atuzzaawo? Gamba nti: Oyo eyabatonda omulundi ogwasooka. Olwo bajja kukunyenyeza mitwe gyaabwe era bagambe nti: Ye ekyo kya ddi? Gamba nti: Kyandiba n'okumpi ennyo,
- 53. Ku lunaku lw'alibakoowoola, olwo mulyanukula ng'eno bwe mumutendereza n'amatendo ge, nga mulowooza nti muwangadde akaseera mpa wekazira.

- 54. Era gamba abaweereza bange boogerenga ebyo ebisinga obulungi. Mazima Sitaani y'atabulatabula wakati waabwe. Mazima Sitaani mulabe wa lwaatu eri omuntu.
- 55. Mukama wammwe y'asinga okubamanya obulungi *mwenna*. Bw'aliba ayagadde alibasaasira, oba bw'aliba nga asazeewo, alibabonereza. Era ggwe tetwakutuma kuba mulabirizi ku bo.
- 56. Era Mukama wo y'asinga okumanya obulungi abo abali mu ggulu ne mu nsi. Era ddala twasukkulumya ba Nabbi abamu ku balala era netuwa Dāūdi Zabuli.
- 57. Gamba nti: Kale mulaajanire abo be mutwaala *nti be ba katonda* ebbali we; naye nno tebalina buyinza kubaggyako bizibu wadde okubiwugula.
- 58. Abo be balaajanira, nabo *bennyini* banoonya kusembera eri Mukama waabwe *Allah ka babe* abo abasinga okuba okumpi *ne Allah* era basuubira busuubizi okusaasira kwe, era batya ekibonerezo kye.Mazima ekibonerezo kya Mukama wo kya ntiisa.
- 59. Era tewali kibuga nakimu *kirisigala-wo*, wabula tugenda kukizikiriza nga olunaku lw'okuzuukira telunnatuuka, oba okukibonereza n'ekibonerezo ekikakali. Ekyo kyawandiikibwa mu Kitabo.

وَ قَالُوْا ءَ إِذَا كُنَّا عِظَامًا وَّ رُفَاتًا ءَ إِنَّا لَمَبْعُوثُوْنَ خَلْقًا جَدِيْدًا۞ قُلْكُونُوْاجِجَارَةً اَوْ حَدِيْدًا۞

آؤ خَلْقًا بِهِمَّا يَكُبُرُ فِي صُدُوْدِكُهُ بَ فَضَدُوْدِكُهُ بَ فَسَيَقُوْلُوْنَ مَنْ يُعِينَدُنَا وَقُلِ الَّذِي فَسَيَعُوْنُونَ الَّذِي فَطَرَكُمُ اللَّذِي فَطَرَكُمُ اللَّذِي فَطَرَكُمُ اللَّذِي اللَّذِي وَطَرَكُمُ اللَّهُ اللَّ

ڽۜۉػڽۮڠۉڴۿۏؘؾۺؾٙۻ۪ؽؠؙۉؽڔۣڝۧۿۅ؋ ۿ۪۠ٷؾڟؙڹؙۨٛۉؽٳڽٛڷۜؠؚڣٛؾؙۯٳڷۜٲۊٙڸؿڰؖ۞ٛ

وَقُلُ رِبِّعِبَادِيْ يَتَقُوْلُوا الَّتِيْ هِيَ آهَسَنُ اللَّهِ الْمَسَنُ اللَّهِ اللَّهِ عِنْ الْمَسْنُ اللَّ الشَّيْطُنَ يَنْ اللَّهُ عَلَى اللَّهُ الْمُوالِمُ اللَّهُ الْمُنْ الْمُنْ الْمُنْ الْمُعْلِمُ اللَّهُ الْمُلْمُ اللَّهُ اللَّهُ اللَّهُ اللَّهُ اللَّهُ اللَّهُ الْمُنْ الْمُنَالِمُ الْمُنْ الْمُنْ الْمُنْ الْمُنْ الْمُنْ الْمُنْ الْمُنَ

وَرَبُّكَ اَعْلَمُ بِمَنْ فِى السَّمَا وَتِ وَالْهَ رَضُ وَ لَقَدْ فَضَّلْنَا بَعْضَ النَّبِبِّنَ عَلَ بَعْضِ وَ إِنَّيْنَا دَاوَدَ زَيِبُورُان

وَ الْمُعُوا الَّذِيُّ الْمُ الْمُعَمَّدُهُ مِّن دُونِهِ فَلِ الْمُعُوا الَّذِيْبَ الْمُثَرِّ عَنْكُهُ وَلَا فَلَا يَمُلِكُونَ كَشْفَ الشَّرِّ عَنْكُهُ وَلَا تَهُو يُلَّهُ الشَّرِّ عَنْكُهُ وَلَا تَهُو يُلَّهُ الْمُ

اُولَيْكَ الَّذِيْنَ يَهُ عُوْنَ يَبْتَعُوْنَ إِلَى رَبِيهِ عُوْنَ إِلَى رَبِيهِ عُوْنَ إِلَى رَبِيهِ عُوْنَ إِلَى رَبِيهِ عُوْنَ الْمَائِقَةُ وَيَهُمُ الْوَسِيلَةَ النَّهُ عُلَابَتَهُ مَلَا اللَّهُ عَذَا بَنَهُ مَلِيَّةً وَرَابَ اللَّهُ عَذَا بَنَهُ مَلِيَّةً وَرَّانَ مَحْدُ وُرًانَ

وَ إِنْ مِتِنْ تَقَرَيَةٍ إِلَّا نَحْنُ مُهْلِكُوْهَا قَبْلَ يَوْمِ الْقِيْمَةِ آوْمُعَذِّ بُوْهَا عَذَابًا شَدِيْدًا مَكَانَ ذٰلِكَ فِي الْكِتْبِ مَسْطُورًا ۞

- 60. Era tekyandituziyizza kuweereza bubonero olw'okuba nti abaasooka baabulimbisa. Era twawa aba Thamūda eng'amira enkazi nga ke kabonero akeetadde, naye nebagiyisa bubi. Era tetuweereza bubonero wabula lwa kulabula.
- 61. Era *jjukira* nga bwe twakugamba nti: Mazima Mukama wo yeetoolodde abantu. Era tetwassaawo kulabikirwa kwe twakulaga, n'omuti ogwakolimirwa mu Kur'āni, wabula lwa kugezesa eri abantu. Era tubalabula, naye tekirina kye kibongerako okuggyako obujeemu obusukkirivu.

- 62. Era *jjukira* nga bwe twagamba ba malayika nti: Mugondere Adamu, kale baamugondera, okuggyako Ibilisi. Yagamba nti: Abaffe, ng'ondere oyo gwe watonda mu budongo?
- 63. N'agamba nti: Gwe olabye otya? Ono gw'owadde ekitiibwa okusinga ku nze? Singa onompa ekiseera okutuusa ku lunaku lw'okuzuukira, mazima ng'enda kwefuga ezzadde lye, okuggyako ab'omuswaaba.
- 64. Allah n'agamba nti: Vaawo! Kale buli alikugoberera mu bo, mazima Jahannamu y'empeera yammwe, empeera enzijuvu.
- 65. Era sendasenda abo b'onosobola mu bo n'eddoboozi lyo, era obakung'aanyize *amaje* go ag'abeffalaasi n'abebigere era obeere bumu nabo mu by'obugagga n'abaana era obasuubize. Naye nno Sitaani tabasuubiza *kirala* okuggyako okubuzaabuza.
- 66. *Naye* mazima abaweereza bange *abatuufu* tojja kuba na buyinza ku bo. Era Mukama wo amala okuba omulabirizi *ku bo*.
- 67.Mukama wammwe y'Oyo abatambuliza ebyombo ku nnyanja, mulyooke munoonye ku mikisa gye. Mazima Ye ye Musaasizi ennyo gye muli.
- 68. Era bwe mutuukibwako obuzibu nga muli mu nnyanja, abo be mulaajanira ebbali we bonna babaabulira, okuggyako Ye yekka. Naye bw'amala okubawonya n'abatuusa ku lukalu, olwo nga mwekyuusa. Naye omuntu muteebaza nnyo!

وَمَا مَنَعَنَا آن تُرُسِلَ بِالْأَيْتِ إِلَّا آنَ كَذَّتِ بِهَا الْهَ وَّلُونَ ﴿ وَ الْتَيْنَا شَمُوهُ وَ النَّا قَدَة مُبْصِرةً فَظَلَمُوا بِهَا ﴿ وَ مَا نُرْسِلُ بِالْأَيْتِ إِلَّا تَصْوِيْفًا ۞ مَا نُرْسِلُ بِالْأَيْتِ الَّاتَّيْقِ الْمَلْكُولِ النَّاسِ وَ وَمَا جَعَلْنَا الرُّوْيَا الَّيْقِيَ ارْيُنْكُ الْمَلْكُونَة فِ وَمَا جَعَلْنَا الرُّوْيَا الْيَقِيَ ارْيُنْكُ الْمَلْكُونَة فِ وَمَا جَعَلْنَا الرُّوْيَا النَّيْقِ الْمَلْكُونَة فِ الْقُرْانِ ﴿ وَ الشَّجَرَةُ الْمَلْكُونَة فِ الْقُرْانِ ﴿ وَ الشَّجَرَةُ الْمَلْكُونَةُ فِي الْمَلْكُونَةُ فِي الْمَلْكُونَة فِي الْمَلْكُونَة فِي الْمُلْكُونَة فِي النَّاسِ وَ الشَّجَرَةُ الْمُلْمُونَة فِي الْمُلْكُونَة فَي الْمُلْكُونَة فِي النَّاسِ وَ الشَّجَرَةُ الْمُلْكُونَة وَالْمُلْكُونَة الْمُلْكُونَة فِي الْكُونِ الْمُلْكُونَة الْمُلْكُونَة الْمُلْكُونَة الْمُلْكُونَة فِي الْمُلْكُونَة الْمُلْكُونَة الْمُلْكُونَة الْمُلْكُونَة الْمُلْكُونَة الْمُلْكُونَة الْمُلْكُونَة الْمُلْكُونَة الْمُونَة فِي الْمُلْكُونَة اللّهُ الْمُلْكُونَة الْمُلْكُونَةُ الْمُلْكُونَةُ الْمُلْكُونَة الْمُعْلَالُونَةُ الْمُلْكُونِةُ الْمُلْكُونَةُ الْمُلْكُونَةُ الْمُلْكُونَةُ الْمُلْكُونَةُ الْمُلْكُونَة الْمُلْكُونَة الْمُلْكُونَة الْمُلْكُونِة الْمُلْكُونَةُ الْمُلْكُونِةُ الْمُلْكُونَالِقُونَالِهُ الْمُلْكُونِةُ الْمُلْكُونِةُ الْمُلْكُونِةُ الْمُلْكُونَالِقُونَالِهُ الْمُلْكُونَالُونَالِكُونَالُونُ الْمُلْكُونَالُونَالِهُ الْمُلْكُونُ الْمُلْكُونَالُونَالُونَالُونَالُونَالُونُ الْمُلْكُونِيَالُونُ الْمُلْكُونَالُونُ الْمُلْكُونِ الْمُلْكُونِي الْمُلْكُونِ الْمُلْكُونِ الْمُلْكُونُ الْمُلْكُونُ الْمُلْكُ

وَإِذْ قُلْنَا لِلْمَلْئِكَةِ اسْجُدُوْا لِأَدْمَ فَسَجَدُوْا إِلَّا إِبْلِيْسَ وْقَالَ ءَ آشِجُدُ لِمَنْ خَلَقْتَ طِيْنَاشُ

قَالَ اَرَءَ يُتَكَ لَحُذَا الَّذِيْ كُرَّمْتَ عَلَيَّ رَ كَيُنُ اَخَّرْتَنِ إِلَى يَوْمِ الْقِيلَمَةِ لَاَحْتَنِكُنَّ ذُرِّيَّتَ فَالَّا قَلِيدًا ﴿

قَالَ اذْهَبُ فَمَنْ تَبِعَكَ مِنْهُمْ فَإِنَّ جَهَنَّمَ مِنْهُمْ فَإِنَّ جَهَنَّمَ جَدَرًاءً مَّوْ فُوْرًا ﴿ جَهَنَّمَ جَزَّا وُكُمْ جَزَّاءً مَّوْ فُوْرًا ﴿ وَاسْتَفْزِ (مَنِ اسْتَطَعْتَ مِنْهُمْ بِصَوْتِكَ وَ الْجَلِبُ عَلَيْهِمْ بِخَيْلِكَ وَ رَجِلِكَ وَ شَارِكُهُمْ فِ الْاَمُوَالِ وَالْاَوْلَادِ وَعِدْهُمْ وَ وَ مَا يَعِدُ هُمُ الشَّيْطُنُ إِلَّا خُرُورًا ﴿

اِنَّ عِبَادِيْ لَيْسَ لَكَ عَلَيْهِمْ سُلْطُنُّ وَ كَفْي بِرَبِّكَ وَحِيدًا ﴿

وَ إِذَا مَسَّكُمُ الطُّرُ فِ الْبَهْرِ صَلَّ مَنْ تَدُعُونَ إِلَّا أُو الْبَهْرِ صَلَّ مَنْ تَدُعُونَ إِلَّا أَيْ اللَّهُ الللَّهُ اللَّهُ اللَّهُ اللَّهُ اللَّهُ اللَّهُ اللَّهُ اللَّهُ الللَّهُ اللللْمُلِمُ اللللْمُلِمُ الللْمُلِمُ الللْمُلِمُ الللْمُلِمُ اللَّلْمُ الللْمُلِمُ اللْمُلِمُ الللْمُلِمُ اللَّهُ اللَّهُ اللْمُلِمُ الللَّهُ اللَّهُ اللْمُلْمُ اللَّهُ اللْمُلِمُ اللْمُلْمُل

- 69. Abaffe, mulowooza nti muli mirembe *nnyo* taabasaanyizeewo *eyo* ebbali ku lukalu *gye muli* oba taabasindikire kibuyaga w'omusenyu ow'akabi? Nate olwo temuyinza kufunayo mulabirizi ku lwammwe.
- 70. Nandiki, mulowooza nti muli mirembe *nnyo* talibazza nate mu *nnyanja* omwo omulundi omulala, olwo n'abasindikira omuyaga ogw'akabi, kale n'abasaanyaawo olw'obutakkiriza bwammwe? Nate olwo temulifunayo muyambi yenna ku Ffe.
- 71. Era mazima twawa abaana ba Ādamu ekitiibwa, era netubasitula ku lukalu ne ku nnyanja, era netubagabula mu birongoofu, era netubasukkulumya okusinga ku bingi mw'ebyo bye twatonda olusukkulumya.

- 72. Mwetegekere olunaku lwe tulikowoola buli bantu n'omukulembeze waabwe. Kale oyo aliweebwa ekitabo kye mu ddyo we, kale abo be balisoma ekitabo kyaabwe n'essanyu era tebaliryazaamaanyizibwa wadde akasirikitu.
- 73. Era oyo aliba muzibe wano ku nsi, kale ye ne ku nkomerero *era* aliba muzibe, era y'alisinga okuwaba ku kkubo.
- 74. Era ddala kaabula kata bakusaanyeewo nga bakubonyabonya mbu bakuggye kw'ebyo bye twakubikkulira, nga baagala otupaatiikeko ebirala ebitali byo, era olwo ddala lwe baalikututte ng'owomukwano ennyo.
- 75. Era singa tetwakugumya *ne Kur'āni eno*, osanga walyekubiddeko gye bali akatonotono.
- 76. Olwo nno ddala naawe twalikulozezza ku kibonerezo ekisuffu mu bulamu bw'oku nsi, n'ekibonerezo ekisuffu mu kufa, n'oluvannyuma tewaalifunyeeyo muyambi yenna ku Ffe.
- 77. Era ddala baali kumpi okukukijjanya mu nsi balyooke bagikugobemu; naye era nabo tebaaligibaddemu oluvannyuma lwo, okuggyako akatono ennyo.
- 78. Y'empisa gye twayisaamu n'abo be twatuma olubereberye lwo mu Babaka baffe, era tojja kusangawo nkyuukakyuuka yonna ku mpisa yaffe.

آفَآمِنْ تُمْآنَ يَخْسِفَ بِكُمْ جَانِبَ الْبَرِّآوُ يُرْسِلَ عَلَيْكُمْ حَاصِبًا ثُمَّ لَا تَجِدُوْ الكُمْ وَكِيلًا أُنْ

آهُ آمِنْتُمْآنَ يُعِيْدَكُمْ فِيْهِ تَادَةً أَخُرَى فَيُرْسِلَ عَلَيْكُمْ قَاصِفًا مِّنَ الرِّيْحِ فَيُغْرِقَكُمْ بِمَا كَفَرْتُمْ الثُمَّ لَا تَجِدُوْا لَكُمْ عَلَيْنَا بِهِ تَينِيْعًا ۞

وَلَقَدْكُرَّمْنَا بَنِيَ اٰدَمَ وَ حَمَلُنْهُمْ فِي الْبَرِّ وَ الْبَحْرِ وَ رَزَّقْنُهُمْ رَبِّنَ الطَّيِّبُتِ وَ فَضَّلْنُهُمْ عَلْ كَثِيْرٍ رِبِّمَّنَ خَلَقْنَا غِ تَفْضِيدُلَّاثُ

يَوْمَ نَـدُعُوْا كُلَّ أَنَاسُ بِإِمَّامِهِمْ مَ فَمَنْ أُوْتِي كِتْبَهُ بِيَمِيْنِهِ فَأُولَٰ لِيُكَ يَقْرَءُونَ كِتْبَهُمْ وَلَا يُظْلَمُونَ فَتِيْلًا ﴿

وَمَنْ كَانَ فِيْ هٰذِهَ آعُمٰى فَهُوَفِ الْأَخِرَةِ آعُمٰى وَآضَتُ سَبِيْلًا ﴿

وَ إِنْ كَادُوْا لَيَفْتِنُوْنَكَ حَنِ الَّذِيَّ الَّذِيَّ الَّذِيَّ الَّذِيَّ الَّذِيَّ الَّذِيَّ الَّذِيَّ الْأَنْ الْأَلْأَلِيلِيْلِلْ الْأَلْأَلْ الْأَلْأَلْ الْأَلْأَلْ الْأَلْمُ الْأَلْأَلْ الْأَلْمُ لِلْأَلْمُ الْأَلْأَلْمُ الْأَلْمُ الْأَلْمُ لِلْأَلْمُ الْأَلْمُ الْأَلْمُ لِلْأَلْمُ الْأَلْمُ لِلْلْمُلْلُلْمُ الْأَلْمُ الْأَلْمُ لِلْلْلُلْمُ الْمُلْلِلْمُ لِلْلْلُلْمُ لِلْلْلُلْمُ لِلْلْمُ لِلْلْلْمُ لِلْلْلِلْلُلْمُ لِلْلْلِلْمُ لِلْلْلِلْ

وَلَوْكَاآنَ ثَبَّتُنْكَ لَقَدْ كِدْتَّ تَرْكَنُ اللَّهِ مُ

إِذًا لَكَ قَنْكَ ضِعْفَ الْحَلُوةِ وَضِعْفَ الْمَمَاتِ ثُمَّلَاتَجِدُلَكَ عَلَيْنَا نَصِيْرًا

وَ اِنْ كَادُوْا لَيَسْتَفِرُّوْنَكَ مِنَ الْاَرْضِ لِيُخْرِجُوْكَ مِنْهَا وَ إِذًّا لَّا يَلْبَثُوْنَ خِلْفَكَ الَّاقَلِيْلًا۞

سُنَّةَ مَنْ قَدْ آرْسَلْنَا قَبْلَكَ مِنْ رُّسُلِنَا وَ ﴿ كَاتَجِدُلِسُنَّتِنَا تَحْوِيْلاً۞

- 79. Kale ssa omwoyo ku ssaala nga enjuba etandise okukkirira okutuusa nga enzikiza y'ekiro ekutte, ne ku kusoma Kur'āni nga bukya. Mazima okusoma Kur'āni nga bukya kukkirizibwa nnyo *eri Allah*.
- 80. Ne mu kiro gigolokokerenga *ogisome*, nga kwe kusinza okw'ennyongeza gy'oli, ob'olyawo Mukama wo n'akugulumiza mu kifo ekitenderezebwa ennyo.
- 81. Era gamba nti: Mukama wange, nnyingiza okuyingiza okulungi era onfulumye okufulumya okulungi era ompe obuyinza obuyamba okuva gy'oli.
- 82. Era gamba nti: Amazima gazze era obulimba busaanyeewo. Mazima obulimba bwe buteekwa okusaanawo.
- 83. Era tussa mu Kur'āni ekyo ekiwonya era nga kwe kusaasira eri abakkiriza; naye aboononyi tekibongera kirala okuggyako okufiirwa.
- 84. Era awo bwe tuwa omuntu ebyengera, akyuuka neyeerattira; naye bw'atuukibwako akabi, nga essuubi limuggwamu.
- 85. Gamba nti: Buli omu akolera ku ngeri ye, naye Mukama wammwe y'asinga okumanya oyo asinga okuba omulung'amu mu kkubo.

# Ruku 10

- 86. Era bakubuuza ebifa ku mwoyo. Gamba nti: Omwoyo gubaawo lwa kiragiro kya Mukama wange; naye temwaweebwa kumanya *bigufaako*, okuggyako okutono *ennyo*.
- 87. Era singa twayagala, ddala twaliggyeewo ebyo bye twakubikkulira, n'oluvannyuma lwa byo tewaalifunyeewo mulabirizi ku Ffe,
- 88. Okuggyako *nga ofunye* okusaasira okuva eri Mukama wo. Mazima emikisa gye ku ggwe minene nnyo.
- 89. Gamba nti: Abantu n'Amajinni ne bwe bekung'aanya awamu nti baleeteyo *ekitabo* ekifaanana ne Kur'ani eno, tebasobola

اَقِدِ الصَّلُوةَ لِدُلُوْكِ الشَّمْسِ اللَّ عَسَقِ الْيُلِ وَ قُوْلُ الْفَجْدِ، إِنَّ قُوْلُ الْفَجْدِ كَانَ مَشْهُوْدًا

وَ مِنَ الَّيْلِ فَتَهَجَّدُ بِهِ نَا فِلَةً لَّكَ اللَّهِ لَكَ اللَّهُ لَّكَ اللَّهُ اللَّ

وَ قُلُ رَّبِّ آذْ خِلْنِيْ مُذْخَلَ صِدْقِ وَّ آخْرِجْنِيْ مُخْرَبِّ صِدْقِ وَّاجْعَلْ لِيُمِنْ لَّدُنْكَ سُلَطْنَّا نَّصِيْرًا((()

وَقُلْ جَآءَالْحَقُّ وَزَهَى قَ اثْبَا طِلُ الْ الْبَاطِلَ كَانَ زَهُوثًا ۞

وَ نُنَزِّلُ مِنَ الْقُرَاٰنِ مَا هُوَ شِفَاءً وَ رَحْمَةً لِلْمُؤْمِنِيْنَ ﴿ وَ لَا يَزِيْدُ الظّلِمِيْنَ إِلَّهِ خَسَارًا ﴿

وَ إِذْ آ اَنْتَمْنَا عَلَى اللهُ نُسَانِ آعُرَضَ وَنَا بِجَانِيهِ مَ وَلَاذَا مَسَّدُ الشَّرُّكَ انَ يَعُوْسًا ()

قُلُ كُلُّ يَّتَمَلُ عَلْ شَاكِلَتِهِ ﴿ فَرَبُّكُمْ لَا اللَّهُ الْمُلَاثُ اللَّهِ اللَّهُ الللَّهُ اللَّهُ اللَّهُ الللَّهُ اللَّهُ اللَّهُ اللَّهُل

دَ لَئِن شِئْنَ لَنَهْ هَبَنَ بِاللَّذِيْ
 اَوْ حَيْنَا إِلَيْكَ ثُمَّ لَا تَجِدُ لَكَ بِهِ
 عَلَيْنَا وَحِيْلًا إِلَٰ

اِلَّا رَحْمَةً قِنْ رَّبِكَ اللهِ فَصْلَهُ كَانَ عَلَيْكَ كَبِيْرًا⊚

قُلُ لَّـٰ يَٰنِ اجْتَمَحَتِ اكْلَرْنُسُ وَ الْجِنُّ عَلَى آنَ يَّـٰاتُنُوا بِمِثْلِ لَهٰذَا الْقُرْأَنِ bayambagana bokka na bokka.

- 90. Era ddala twannyonnyola mu ngeri ezitali zimu eri abantu eby'okulabirako ebya buli ngeri mu Kur'āni eno, naye abantu abasinga obungi baagaana ebigirimu, okuggyako *okugoberera* obutakkiriza.
- 91. Era baagamba nti: Tetujja kukukkiriza okutuusa lw'onotutiiriisiza ensulo okuva mu ttaka.
- 92. Oba obeere n'essamba y'emitende n'emizabibu; kale ofukumule emigga wakati wa zo olufukumula,
- 93. Oba otusuuleko eggulu mu bitundutundu nga bwe wagamba oba oleete Allah ne ba malayika tubalabe obuling'aana,
- 94. Oba obeere n'enju eya zaabu oba olinnye mu ggulu. Naye era tetujja kukkiriza kulinnya kwo, okutuusa lw'onootussiza ekitabo netukisoma. Gamba nti: Omutuukirivu ye Mukama wange, naye nze siri kirala wabula ndi muntu buntu eyatumwa nga Omubaka

#### Ruku 11

- 95. Era tewali kiziyiza bantu kukkiriza awo nga bajjiddwa obulung'amu, wabula okugambanga nti: Abaffe, omuntu obuntu Allah gw'atumye ng'Omubaka?
- 96. Gamba nti: Singa ku nsi kwaliko ba malayika abatambula nga bakkalivu, ddala nabo twalibatumidde malayika okuva mu ggulu nga ye mubaka gye bali.
- 97. Gamba nti: Allah amala okuba omujulizi wakati wange nammwe. Ddala Ye y'ategeera obulungi era y'alaba obulungi abaweereza be.
- 98. Era oyo Allah gw'alung'amya, y'aba alung'amidde ddala. Naye abo b'aleka, kale ggwe toyinza kubazuulirayo bayambi balala ebbali we. Era tulibakung'aanya ku lunaku lw'okuzuukira nga beevuunise ku bwenyi bwabwe nga bamuzibe, nga bakasiru, nga bakiggala. N'obutuulo bwabwe muliro. Buli

kuleetayo kitabo kigifaanana, ne bwe كَا يَاتُونَ بِمِثْلِهِ وَلَوْ كَانَ بَعْضُهُمْ لِبَعْضِ ظَهِهِيْرًا 🕙

> وَكَقَدْ صَرَّ فَنَا لِلنَّاسِ فِي هٰذَاالْقُوْانِ مِنْ كُلِّ مَثَلِ رَفَاكِنَ آخُثُرُ النَّاسِ ا تَكَ كُفُوْرًا ۞

وَقَا لُوْا لَنْ نُمُؤْمِنَ لَكَ حَتَّى تَفْجُرَ كَنَامِنَ اكْ رُضِ يَنْكُبُوْعًا اللهُ

ٱۯٮٛڰؙۉڽٙڵػٙۼۜؾٞڎٞڡۣٞڽٛ ؾٚڿؽڸۣڎٙڝڹۜۑ فَتُفَجِّرَا ثَا نَهْرَ خِلْلَهَا تَفْجِيْرًا ثُوا أَنْ آدْ تُشقط السَّمّاء كمّا زّعَمْت عَلَيْنَا كِسَفًا آوْ تَاتِي باللهِ وَ الْمَلْمُكَةِ

قىيئلَارُّ اَوْ يَكُوْنَ لَكَ بَيْتُ مِّنْ زُخْرُنِ اَ وْ تَوْقِّى فِي السَّمَاءِ وَ كَن نُبُؤمِنَ لِرُقِيِّكَ مَثَّى تُنَزِّلَ عَلَيْنَا كِتُبًا نَّقْرَوُّهُ مَ قُلُ سُبُحًا تَ رَبِّي هَلُ كُنْتُ عُ رِاتُهُ بَشَرًا رَّسُوْكُ اللهُ

وَمَا مَنعَ النَّاسَ آنْ يُرُومِنُوْ الِهُ جَاءَ هُمُوا لَهُذَى إِنَّ أَنْ قَالُوْا آبِعَثَ اللَّهُ يَشْرًا رَّسُولًا 9

قُلُ لَّوْ كَانَ فِي الْإَرْضِ مَلْئِكَةُ يَّهُشُوْنَ مُطْمَئِنِّيْنَ لَنَزَّلْنَا حَلَيْهِ هُرِيِّنَ السَّمَاءِ مَلَكًا رَّسُولًا

قُلْ كَفَى بِاللَّهِ شَهِيْدًا ابْيُنِيْ وَبَيْنَكُمْ إنَّهُ كَانَ بِعِبَادِهِ خَبِيْرًا بَصِيْرًا اللهِ

وَمَنْ يَتَهْدِ اللَّهُ فَهُوَ الْمُهْتَدِج وَ مَنْ يُّصْلِلُ فَكَنْ تَجِدُ لَهُمْ أَوْلِيَّا أَرِّمِنْ دُونِهِ وَ وَ نَحْشُرُهُمْ يَوْمَ الْقِيْمَةِ عَلَى وُجُوْ هِ هِمْ مُ مُيًّا وَّ بُكْمًا وَّ صُمًّا، مَاْوْ سُهُمْ جَهَنَّمُ و كُلَّمَا خَيَثَ زِدْ نَهُمْ

lwe guliggwereranga, tulibongeranga omuliro ogubumbujja.

99. Okwo kwe kusasulwa kwabwe olw'okuba baagaana obubonero bwaffe nebagamba nti: Abaffe, bwe tulifuuka amagumba nga tusegenyuse, abaffe era tulizuukizibwa nga tuli bitonde bipya?

100. Abaffe, tebalaba nti ddala Allah Oyo eyatonda eggulu n'ensi alina obuyinza okutondayo abalinga bo? Era yabategekera entuuko etabuusibwabuusibwamu. Naye aboonoonyi buli baagaana okuggyako obutakkiriza.

ku mawanika g'okusaasira kwa Mukama بَيْنَ إِذًا كَا مُسَكْتُمُ خَشْيَةَ الْرِنْفَاقِ، wange, olwo nno ddala mwalikwatiridde رَبِّنَ إِذًا كَا مُسَكْتُمُ خَشْيَةَ الْرِنْفَاقِ، olw'okutya okuggweesa, kubanga omuntu mukodo nnyo.

Ruku 12

102. Era mazima twawa Musa obubonero mwenda obwenkukunala. Kale buuza abaana ba Isirairi awo bwe yajja gye bali, Farāwo n'amugamba nti: Owange Mūsa, nze nkakasa nti oli muloge.

103. Mūsa n'agamba nti: Mazima otegedde bulungi nti tewali yassa bubonero buno wabula Mukama w'eggulu n'ensi nga bwe bukakafu gye muli, era ggwe Farāwo nze nkubala nti ozikiridde.

104. Kale *Farāwo* n'amalirira okubagoba mu nsi; naye netumusaanyawo ne be vali nabo bonna.

105. N'oluvannyuma lwe twagamba abaana ba Isirairi nti: Mutuule mu nsi eyabalagaanyizibwa. Kale ekiseera ky'ekisuubizo eky'oluvannyuma bwe kirituuka, mwenna tulibaleeta nemuba wamu nate.

106. Era Kur'āni twagissa mu mazima era yakka lwa mazima gokka. Era ggwe tetwakutuma wabula lwa kuba muwi w'amawulire ag'essanyu era Omulabuzi.

ebitundu olyooke ogisomere abantu nga ogoberera ebiwummulo era twagissa mu bitundutundu.

الله سُعِيْرًا ۞

ذٰلِكَ جَيْزًا أُو هُمْ بِأَنَّهُمْ كَفَرُوْا باليتنا و قَالُوْاءَ إِذَا كُنَّا عِظَامًا وَّ رُفَاتًا ءَ إِنَّا لَمَيْحُوثُونَ

آوَكُمْ يَرَوْا آنَّ اللهُ اللهُ خَلَقَ لموت و الكارض قادر على أن لُقَ مِثْلَهُمْ وَ جَعَلَ لَهُمْ آجَلًا مِثْلَهُمْ لَا رَيْبَ فِيْهِ الْمَاكِنِ الظُّلِمُونَ إِلَّا كُفُوْرًا()

قُلْ لَوْ ٱنْتُمْ تَمْلِكُوْنَ خَزَا رَئِنَ رَحْمَةِ 101.Gamba nti: Singa mmwe mulina obuyinza عُ وَكَانَ اكْرِنْسَانُ قَتُورًا ﴿

> وَلَقَدُ التَيْنَا مُؤسى تِسْعَ الْسِيَ بَيِّنْتِ فَسْعَلْ بَنِيْ إِسْرَآءِيلَ إِذْ يَاء هُـه فَقَالَ لَهَ فِرْعَوْنُ إِنِّنُ لَا ظُنُّكَ يلمه لمي متشيحة راس

> قَالَ لَقَدْ عَلِمْتَ مَا آنْزَلَ هَوُلًا مِ اللهُ رَبُّ السَّمْوٰ بِ وَاثَهُ رُضِ بَصَّا مِبْرَةِ وَإِنِّيْ كَ ظُنُّكَ لِيفِرْ صَوْنُ مَغْبُورًا ﴿ فَأَرَادَ أَنْ يَشْتَفِزُّهُمْ مِينَ الْأَرْضِ فَأَغْرَ قُنْهُ وَمَنْ مَّعَهُ جَمِيْعًا أَ

وَّ قُلْنَا مِنْ بَعْدِ ﴿ لِبَنِيْ إِسْرَاءِ يُلَ اشكننوا الأرض فإذا بجاء وعدا كانهرة جئنا بكم تفيفان

وَ بِالْحَقِّ ٱنْزَلْنْهُ وَبِالْحَقِّي نَزَلَ ، وَمَا إِنَّ ارْسَلْنُكَ إِنَّا مُكِشِّرًا وَّنَيْزِيرًاكُ

وَ قُدُانًا فَوَ قُنْهُ لِتَقْدَاكُمْ عَلَى التَّاسِ 107. Era Kur'āni twagyawulayawulamu عَلِ مُكُثِ وَّ نَزَّلْنٰهُ تَـنْزِيلًا ﴿

108. Gamba nti: Mugikkirize oba mugigaane, mazima abo abaaweebwa okumanya olubereberye lwa yo bw'ebasomerwa, bo bagwa wansi ku bwenyi bwabwe nebavuunama.

Allah ye Mukama waffe. Mazima ekisuubizo kya Mukama waffe kiteekwa okutuukirira.

110. Era bagwa wansi ku bwenyi bwabwe nga bwe bakaaba, nekibongera obwetoowaze.

mukoowoole 'Rahmān', buli ttendo lye mumukoowoola nalyo aliwulira. Y'alina amannya agasingira ddala obulungi. Era toleekaaniranga mu ssaala yo wadde togimuumuunyanga, wabula okwatanga ekkubo eliri wakati w'ebyo byombi.

112. Era gamba nti: Amatendo gonna ga Allah Oyo ateefunira mwana era atalina yenkana naye mu bwakabaka era atalina muyambi olw'obuteesobola. Era tendereza- وَلَـهْ يَكُنْ لِنَّ مِنَ الْمَدُّلِي وَمِنَ الْمَدُّلِي وَكَالِي مِنَ الْمَدُّلِي وَكَالِي مِنَ الْمُدُّلِي وَمِنَ الْمُدُّلِي وَمِنَا الْمُدُولِي وَمِنَا اللهِ اللهُ اللهِ اللهُ اللهِ اللهُ اللهِ اللهِي nga obukulu bwe olutendereza.

قُلُ أَمِنُوا بِهُ أَوْ لَا تُؤْمِنُوْا وَإِنَّا أَلَذٍ يُنَ أُوْتُوا الْعِلْمَ مِنْ قَبْلِهُ إِذَا يُتُلِّى عَكَيْهِمْ رَخِرُّوْنَ لِلْأَذْ قَانِ سُجِّدًا اللهِ رُبِّنَا لَمَفْعُولًا 🕥

لِلْاَذْقَانِ يَبْكُونَ وَ

أَلِي اذْ عُوا اللَّهُ أَوِ اذْعُوا الرَّحُمٰنَ م oba فَلِي اذْ عُوا اللَّهِ أَوِ اذْعُوا الرَّحُمٰنَ م أتَّامَّا تَدْعُوا فَلَهُ الْأَسْمَاءُ الْجُسْلَى مِ وَلَا تَكْفِهُ وَ بِصَلَاتِكَ وَكَا تُخَافِث بِهَا وَابْتَعْ بَسُيْنَ ذٰلِكَ سَ

> وَقُلِ الْحَمْدُ لِلْهِ الَّذِي كَمْ يَتَّخِذَ وَلَدًا وَ لَمْ يَكُنْ لَّنَّهُ شَرِيْكٌ فِي الْمُثلِثِ ع تَكْبِيْرًا ﴿

# سُوَيَّةُ الْكُهُفِ مَلِّيَةً ١٨



#### AL-KAHF

(Yakka lubereberye lwa Hijra)

- 1. Ku lw'erinnya lya Allah, Omusaasizi ennyo, Ow'ekisa ekingi.
- 2. Amatendo gonna ga Allah Oyo eyassa Ekitabo ku Muweereza we, n'atakissaamu\* (naye n'atamussaamu) bukyaamu bwonna .
- 3. Nga ky'ekirabirizi, kiryooke kirabule abantu ku kibonerezo ekikakali ekiva gy'ali era kiwe amawulire ag'essanyu eri abakkiriza abo abakola ebikolwa ebirungi nti ddala balifuna empeera amakula,
- 4. Omwo mwe balibeera olubeerera;
- 5. Era kirabule n'abo abagamba nti Allah yeefunira omwana.
- 6. Tebalina kye bakimanyiiko wadde bakitaabwe. Nga kigambo kinene nnyo ekiva mu bumwa bwabwe! Teboogera kirala wabula bulimba.
- 7. Kale ob'olyawo newessa ennaku olw'okubalumirwa singa tebakkirize kigambo kino.
- 8. Mazima ebiri mu nsi byonna twabifuula majolobera ga yo, tulyooke tubagezese *tumanyise* ani mu bo asinga okukola obulungi.
- 9. Era ddala Ffe tujja okufuula ebyo ebigiriko ettaka ejjereere.
- 10. Abaffe, olowooza nti abantu b'omu mpuku n'ebiwandiiko byaali mu bubonero bwaffe obw'ekyewuunyo ennyo?
- 11. Awo abavubuka bwe baabudama eri empuku nebagamba nti: Mukama waffe, tuwe okusaasira okuva gy'oli era tuwe

بِسْوِاللَّوالرَّحْمْنِ الرَّحِيْوِ() ٱلْعَمْدُ بِلَٰهِ الَّذِيَّ ٱنْزَلَ عَلْ عَبْدِهِ الْحِثْبَ وَلَمْ يَجْعَلْ لَهُ عِوْجًا()

قَيِّمًّا لِيُنْذِ رَبَّا سَّاشَدِ يُدَّامِّنْ لَّهُ نُهُ وَ يُبَيِّرِ الْمُؤْمِنِيْنَ الَّذِيْنَ يَعْمَلُوْنَ الصَّلِحْتِ آتَ لَهُمْ اَجْرًا حَسَنًّا ﴾

مَّاكِشِيْنَ فِيهِ آبَدُانُ

وَّ يُنْذِرُ الَّذِيْنَ قَالُواا تَّهَذَا اللَّهُ وَلَدَّانُ فَا لَهُمْ اللَّهُ وَلَدَّانُ مَا لَهُمْ اللَّهُ وَلَدَّانُ مِهْ اللَّهُمْ بِهِ مِنْ عِلْمٍ وَّ لَا رَهُ اللَّهُمُ مِنْ الْفُواهِ فِهْ مُ كَبُرَتُ مَنْ اَفُواهِ فِهْ مُ النَّ اللَّهُ مُنْ النَّوَ الْهِ فَهُ مُ النَّهُ اللَّهُ مَنْ النَّالُ اللَّهُ مَنْ النَّهُ اللَّهُ مَنْ النَّهُ النَّهُ مَنْ النَّهُ مَنْ النَّهُ مَنْ النَّهُ مَنْ النَّهُ مَنْ النَّهُ النَّهُ النَّهُ مَنْ النَّهُ مِنْ النَّهُ مَنْ النَّهُ مِنْ النَّهُ مَنْ النَّالُ اللَّهُ مَنْ النَّهُ مَنْ النَّهُ مَنْ النَّهُ مَنْ النَّهُ مَنْ اللَّهُ مَنْ النَّهُ مَنْ النَّهُ مَنْ النَّهُ مَنْ النَّهُ مَنْ النَّهُ مَنْ اللَّهُ مَنْ النَّهُ مُنْ النَّهُ مَنْ اللَّهُ مَنْ النَّهُ مَنْ النَّهُ مُنْ اللَّهُ مُنْ اللَّهُ مُنْ اللَّهُ مُنْ النَّهُ مُنْ اللَّهُ مُنْ اللَّهُ مُنْ اللَّهُ مُنْ النَّالُ اللَّهُ مُنْ اللْحُلْمُ اللَّهُ مُنْ اللَّهُ مُنْ اللْمُنْ الْمُنْ الْمُنْ اللَّهُ مُنْ اللَّهُ الْمُنْ الْمُنَالِمُ الللّهُ مُنْ اللّهُ اللّهُ اللّهُ اللّهُ اللّهُ اللّهُ ا

فَلَعَلَّكَ بَاخِعٌ تَفْسَكَ عَلَى اَثَارِهِمْ اِنْ كَمْ يُؤْمِنُوْ الْهِمْ اَلْكَدِيْثِ اَسَفًا ﴿ إِنَّا جَعَلْنَا مَا عَلَى الْاَرْضِ زِيْنَةً لَّهَا لِنَبْلُوهُمْ اَيُّهُمُ آحْسَنُ عَمَلًا ﴿

وَاِتًا لَجَاعِلُوْنَ مَا عَلَيْهَا صَعِيْدًا جُرُزًانُ

آفر حَسِبْتَ آنَّ آصَلِتِ الْكَهْفِ وَ النَّرِيْنَ عَجَبًا ۞ النَّرِيْنِ عَجَبًا ۞

إِذْ آوَى الْفِتْدَةُ إِلَى الْكَهْفِ فَقَالُوْا رَبِّنَا إِنْ الْكَهْفِ فَقَالُوْا رَبِّنَا إِنْ الْكَهْفِ فَقَالُوْا

<sup>18:2.</sup> Pronoun 'hu' ( s ) mu kigambo 'lahu' ( s ) egwa ku njuyi zombi i.e. ku Mubaka Muhammad (s.a.w.) ne ku Kitabo ( Kur'ani). Olw'okuba nti wano kizibu mu Luganda okukozesa pronoun emu okugatta Omubaka n'Ekitabo — so nga ate ekyo kyennyini ky'ekigendererwa ky'ekigambo 'lahu' mu Luwarabu — mu kuvvuunula tuwaliriziddwa okuteekawo ebigambo byombi (Omubaka n'Ekitabo) butereevu olw'okutuukiriza ekigendererwa kya Aya eno.

obulung'amu mu nsonga yaffe.

- 12. Kale twakonera amatu gaabwe nga bali فَضَرَبْنَا عَلَى أَذَانِهِمْ فِي الْكَهْفِ الْكَهْفِ الْكَهْفِ mu mpuku *ne batamanya bifa bweru* okumala emyaka emibalirire.
- 13. N'oluvannyuma twabagolokosa tulyooke tumanyise kibiina ki ku byombi ekyaali kisinga okubalirira ekiseera kye bamaze.

#### Ruku 2

- 14. Ffe tukunnyonnyola ekyafaayo kyabwe mu butuufu. Abo be bavubuka abakkiririza mu Mukama waabwe era netubongera obulung'amu.
- 15. Era twanyweeza emitima gyabwe, awo bwe baayimuka nebagamba nti: Mukama waffe ye Mukama w'eggulu n'ensi. Tetulikoowoola musinzibwa mulala yenna ebbali we; bwe tulikikola, mazima tuliba twogedde obulimba obusingira ddala.
- 16. Bannaffe bano be baatwala abasinzibwa abalala ebbali we. Naye lwaki tebabaleetako bukakafu bwa lwaatu? Kale ani asinga obwonoonefu kw'oyo apaatiika ku Allah obulimba?
- 17. Kale nga bwe mumaze okubeebengulako n'ebyo bye basinza ebitali Allah, kale mubudame eri empuku; Mukama wammwe ajja kubanjululiza okusaasira kwe era abategekere obwangu mu nsonga yammwe.

18. Era ng'olaba enjuba bw'eyita ewala n'empuku yaabwe ku ludda olwa ddyo awo ng'evaayo, era nga bw'eba egwa, ebayita ku ludda olwa kkono, naye nga bali wagazi. Kano ke kamu ku bwa Allah. Oyo bubonero gw'alung'amya, ye mulung'amu owa ddala; n'oyo gw'alekulira, ggwe toyinza kumuzuulirayo muyambi, omulung'amya.

Ruku 3

19. Era ng'obaloowooza nti bagolokose, so nga beebase; era tulibakyuusiza ku ludda olwa ddyo ne ku ludda olwa kkono, n'embwa yaabwe ng'egolodde emikono gya yo ku mulyango. Singa wabatunulako,

لَنَا مِنْ آمْرِنَا رَشَدًا اللهِ

سِنین عَددًا الله

ثُمَّ بَعَثْنُهُمْ لِنَعْلَمَ آيُّ الْحِزْبَيْنِ عَ الْعُطْى لِمَا لَبِثُوْا أَمَدُالَ

نَحْنُ نَقُشُ عَلَيْكَ نَبَا هُمْ بِالْحَقِّ ا إنهُمُ فِتْيَةُ أَمَنُوا بِرَبِّهِمْ وَذِذْ نُهُمْ

وَّ رَبَطْنَا عَلْ قُلُوْمِهِمْ إِذْ قَامُوْا فَقًا لُوْارَبُّنَّارَبُّ السَّمَٰوٰتِ وَالْاَرْضِ كَنْ تَدْعُواْ مِنْ دُوْنِهَ إِلْهًا تَقَدْ عُلْنَا إِذًا شَطَعًا ١٠

هَوُكُو يَهُ مُنَا اتَّخَذُوا مِن دُونِهَ الِهَةً ، لَوْ لَا يَاتُونَ عَلَيْهِمْ بِسُلْطَنِ بَيِّتِ ﴿ فَمَنْ ٱظْلَمُ مِمَّنِ افْتَرَى عَلَىٰ اللوكز بگان

وَ لِذِ اعْتَزَلْتُمُوْ هُـهْ وَ مَا يَعْبُدُوْنَ إِلَّا الله فَأُوَّا إِلَى الْكَهْفِي يَنْشُوْلَكُمْ رَبُّكُمْ يِّنْ تَحْمَتِهِ وَيُهَيِّعُ لَكُمْ يِّنْ آمُر كُمْ

مِّرْفَقًاٰٰٰ وَ تَرَى الشَّمْسَ إِذَا طَلَعَتْ تَّـزَاوَرُ حَنْ كَهْفِهِهُ ذَاتَ الْيَحِيْنِ وَإِذَا غَرَبَتُ تَقْرِضُهُمْ ذَاتَ الشِّمَالِ وَهُمْ فِي فَجْوَةٍ قِنْهُ وَلِكَ مِنْ أَيْتِ اللَّهِ وَمَنْ يَّهُدِ اللَّهُ فَهُوَ الْمُهْتَدِمُ وَمَنْ يُصْلِلْ فَكَنْ غ تجة لَك وَلِيًّا مُّوشِدًا ۞

وَ تَحْسَبُهُمْ آيْقَاظًا وَّهُمْ دُتُودً اللَّهِ وَّ نُقَلِّبُهُمْ ذَاتَ الْيَمِيْنِ وَ ذَاتَ الشِّمَالِ فِي وَ كَلْبُهُمْ بَاسِطُّ وَرَاعَيْهِ بالوصيددلواطكت عكيهمكو ليت مِنْهُمْ فِرَارًا وَّلَمُلِئْتَ مِنْهُمْ رُعْبًا اللهِ waalibakubye amabega n'odduka era ddala المِنْهُمْ رُعْبًا waalijjudde ensisi ku lwabwe.

Essuula 18

Era bwe kityo twabagolokosa balyooke beebuuzaganye bokka na bokka. Omwogezi omu mu bo yagamba nti: Mumaze bbanga ki? Nebagamba nti: Tumaze lunaku oba kitundu kya lunaku. Abalala nebagamba nti: Mukama wammwe y'asinga okumanya ekiseera kye mumaze. Kale mutume omu ku mmwe n'essente zammwe zino mu kibuga, kale alabe mmere y'ani mu kyo esinga okuba ennungi, kale abaleetere ku yo eky'okulya. Naye abeere mwegendereza era aleme kubamanyisa eri omuntu yenna.

21. Kuba ddala bwe banaabawangula, bajja kubakuba amayinja oba bajja kubazzaayo mu nzikiriza yaabwe era olwo temuliddayo kuganyulwa ddi na ddi.

22. Era bwe kityo *oluvannyuma* twabamanyisa eri abantu balyooke bamanye nti ddala ekisuubizo kya Allah kya mazima era nti ddala Essaawa *eyalagaanyizibwa* teriimu kubuusabuusa. *Jjukira* awo *abantu* bwe baakaayana bokka na bokka ku nsonga yaabwe, kale nebagamba nti: Mubazimbeko ekizimbe.\* Mukama waabwe y'asinga okubamanya. Abo abaawangula ku nsonga yaabwe baagamba nti: Ddala kubazimbako essinzizo.

23. Bajja kugamba nti: Baali basatu, owokuna ku bo y'embwa yaabwe. Era abalala bagambe nti: Bataano, ow'omukaaga ku bo y'embwa yaabwe, mu kute-ebereza okw'ekimpumpu. Era *abalala bagambe nti:* Baali musanvu, ow'omunaana ku bo y'embwa yaabwe. Gamba nti: Mukama wange y'asinga okumanya omuwendo gwabwe. Tewali abamanyi, okuggyako abatono ennyo. Kale ggwe towakana ku bibafaako wabula mu mpakana eyeetadde era tobuulirizanga bibafaako eri *omuntu* yenna mu bo.

Ruku 4

24. Era toyogeranga ku kintu kyonna nti: Mazima ekyo nzija kukikola enkya,

وكذلك بتعشنهم ليتتساء لوابينتهو قَالَ قَائِلُ مِنْهُ هُ كَمْ لَبِثْتُمُ وَقَالُوْا لَبِثْنَا بَوْمًا أَوْ بَعْضَ يَوْمِ الْكَالُوْا رَبُّكُمْ آعْلَمُ بِمَا لَبِثْتُمْ افَابْعَثُوْآ آحد كُمْ بِوَرِقِكُمْ هٰذِ ﴾ [لى الْمَدِيْنَةِ فَلْيَتْنظُوْاَ يُنْهَا اَزْكُ طَعَا مَّا فَلْيَارِ كُمْ رِزْقِ مِنْهُ وَلَيْتَلُطُّفُو لَا يُشْعِرَتَ

ا تَهُ هَان يَتَظْهَرُوْا عَلَيْكُمْ يَرْجُمُوْكُمْ ٱۉۑؙڿؽڋۉڴۿۏ<u>ؽ</u>ڝڷۜؾۿۿؚۅٙڷڽ ؾؙۿۑڮڰٛۄٙ إذًا آبدًان

وَكَذٰلِكَ إَعْثَرِنَا عَلَيْهِمْ لِيَعْلَمُوْا آتَ وَعُمَا اللَّهِ مَنُّ وَّ أَنَّ السَّاعَةَ لَا رَيْبَ رِفِيْهَا يُزَاذُ يَتَنَازَعُوْنَ بَيْنَهُمْ آَمْرَهُمْ فَقَالُوا ابْنُوْا عَلَيْهِمْ بُنْيَانًا ﴿ رَبُّهُمْ آَهُلَمُ بِهِمْ ، قَالَ الَّذِيْنَ خَلَبُوا عَلْيَ آشرهم كنت فيذن عليهم مشجدا

سَيَقُوْلُوْنَ ثَلْثَةً رَّابِعُهُمْ كَلْبُهُمْ وَيَقُوْلُونَ خَمْسَةً سَادِسُهُمْ كَلْبُهُمْ رَجْمًا بِالْغَيْبِ ﴿ وَ يَقُوْلُونَ سَبْعَةً وَّ ثَامِنُهُمْ كَلْبُهُمْ م قُلْ رَّبِيْ آعْلَمُ بِعِدَّتِهِمْ مَّا يَعْلَمُهُمْ إِلَّا قِلْيُلُ بِنِفَلَا تُمَادِ وَيُهِمْ إِلَّا مِرْآءً ظَاهِرًا مِ وَكَا غُ تَشْتَفْتِ فِيْهِمْ مِّنْهُمْ آمَدُانُ

وَلَا تَقُوْلَتَ لِشَا يُ إِلِينَ فَأَعِلُ ذَٰلِكَ

اِكُمْ آنْ يَشَاءَ اللَّهُ وَاذْ كُورَ رَبِّكَ إِذَا Allah اِنْكُ آنْ يَشَاءَ اللَّهُ وَاذْ كُورَ رَّبِّكَ إِذَا

ayagadde'. Era ojjukiranga Mukama wo nga weerabidde *ekintu kyonna* era ogambanga nti: Ob'olyawo Mukama wange n'annung'amya eri ekisinga okuba okumpi ku kino mu bulung'amu.

26. Era baamala mu mpuku yaabwe emyaka ebikumi bisatu, ate nebongerako mwenda.

27. Gamba nti: Allah yekka y'amanyi obulungi ekiseera kye baamala. Ebyaama by'omu ggulu ne mu nsi bibye. Nga alaba era nga awulira! Tebalinaayo wa mukwano mulala ebbali we era tewali gw'aganya kuba bumu naye mu buyinza bwe.

28. Era soma ebyo ebikubikkulirwa mu Kitabo kya Mukama wo. Tewali ayinza kukyuusa bigambo bye era tojja kuzuulayo buddukiro bulala ebbali we.

29. Naye beera bumu n'abo abasaba Mukama waabwe ku makya n'eggulo nga banoonya okusiima kwe era tobabuusanga maaso go ng'onoonya amajolobera g'obulamu bw'ensi; era togonderanga oyo omwoyo gwe gwe twalagajjaza okutujjukira n'agoberera kwagala kwe, n'ensonga ye n'esukka ekigero.

30. Era gamba nti: Amazima gavudde eri Mukama wammwe. Kale oyo ayagala, akkirize; n'oyo ayagala, kale agaane. Mazima twategekera aboononyi omuliro,ekidaala kya gwo kiribeetooloola. Era bwe banaawanjaganga, banadduukirirwanga n'amazzi agali ng'ekikomo ekisaanuuse agalyokya obwenyi. *Ekyo* nga kya kunywa kibi nnyo, era *omuliro* nga kiwummulo kibi nnyo!

31. Mazima abo abakkiriza era nebakola ebikolwa ebirungi, mazima Ffe tetufiiriza mpeera y'oyo akola ebikolwa ebirungi.

32. Abo nno be balifuna ensuku ez'olubeerera nga emigga gikulukuta wansi waabwe. Baliwundirwamu n'ebikomo ebya zaabu, era balyambala engoye za kiragala eza liiri ow'oluwewere ne liiri omuzito, nga bagalaamiridde mu zo (ensuku) ku ntebe ez'emitto empunde. *Eyo* si mpeera ggero era si kiwummulo makula!

نَسِيْتَ وَقُلْ عَسَى آنْ يَنَهُدِيَنِ رَيِّيُ كَا قُرَبَ مِنْ لَمُذَارَشُدًا۞

وَكَبِثُوْا فِيْ كَهُفِهِمْ ثَلْثَ مِا ثَيةٍ سِنِيْنَ وَازْدَادُوْا تِسْعًانَ

قُلِ اللهُ اَعْلَمُ بِمَا لَبِثُوْاء لَهُ خَيْبُ السَّمُواءِ لَهُ خَيْبُ السَّمُواءِ لَهُ خَيْبُ السَّمُوتِ وَالْآرُضِ الْمُصِرْبِهِ وَآشِمِعُ السَّمُواتِ وَلَا يُشْرِكُ مَا لَهُمْ مِثَنَّ وَلَا يُشْرِكُ فَي حُكْمِةً آحَدًا ()

وَاثِلُ مِّنَا أُوْحِيَ إِلَيْكَ مِنْ كِتْبِ رَبِّكَ لِمُ مُبَرِّلَ لِكَلِمْتِهِ ﴿ وَكَنْ تَجِدَ مِنْ دُوْنِهِ مُلْتَحَدًّا۞

وَاصْبِرْ نَفْسَكَ مَمَ الَّذِيْنَ يَدْعُوْنَ رَبَّهُمْ بِالْغَدْوةِ وَالْعَثِيِّ يُرِيدُوْنَ وَجُهَهُ وَكُمْ تَعْدُ عَيْنَكَ عَنْهُمْ عَنْكَ عَنْهُمْ عَنْكَ عَنْكَ عَنْهُمْ عَنْكَ عَنْكَ عَنْكَ عَنْهُمْ عَنْدَكَ عَنْكَ عَنْ ذَكْرِنَا وَ التَّبَعَ مَنْ ذَكْرِنَا وَ التَّبَعَ مَنْ ذَكْرِنَا وَ التَّبَعَ عَنْ ذَكُونَا وَ التَّبَعَ عَنْ ذَكُونَا وَ الْكُونَا وَالْكُونَا وَالْمُؤْلِنَا وَالْمُنْتُولَا الْمُعَلِيْنَا وَالْمُنْتَالَا الْكُونَالَالَالَالْمُ الْكُونَا وَالْمُنْ الْمُنْعُونَا الْمُعْلَالَ الْمُنْتَالَ وَالْمُنْ و

وَ قُلِ الْحَقُّ مِنْ رَّتِكُمْ سَ فَمَنْ شَآءَ فَلَيَكُفُو الْآ قَلْيُؤُمِنْ قَ مَنْ شَآءً فَلْيَكُفُو الْآلَا اَعْتَدْنَا لِلظّلِمِيْنَ نَارًا الْحَاطَ بِهِمْ سُرَادِقُهَا وَ إِنْ يَشْوِى الْوُجُولَا يُعْاَثُوا بِمَاءٍ كَالْمُهُلِ يَشْوِى الْوُجُولَا يُو بِمُنَا الشَّرَابُ وَسَآءَتُ مُرْتَفَقًا اللَّيْدِينَ الْمُنُوا وَسَمِلُوا الصَّلِلْتِ إِنَّا لِنَّ الْمُنْوَا وَسَمِلُوا الصَّلِلْتِ إِنَّا لَا نُضِيْعُ آجَرَمَنَ آحَسَنَ عَمَلًا أَنْ

33. Era baleetere eky'okulabirako eky'abantu ababiri: Omu ku bo twamuwa essamba bbiri ez'emizabibu era netuzebunguluza emitende era netuteeka wakati wa zo ebirime eby'empeke.

- 34. Buli emu ku ssamba zombiriri nga ebaza ebibala bya yo mu bungi era nga tezikendeeza ku byo n'akatono. Era nga tufukumula omugga wakati wa zombi.
- 35. Era nga alina ebibala *mu bungi*. Kale n'agamba munne ng'amuduulira nti: Nze nkusinza eby'obugagga era nze w'amaanyi ennyo olw'abantu bennina.
- 36. Olwo n'ayingira mu ssamba ye nga yeeryazaamaanyizza yekka. N'agamba nti: Sirowooza nti bino birizikirira ddi na ddi,
- 37. Era sirowooza nti ekiseera *ekyasuubizi*bwa kirituuka. Era ne bwe ndizzibwayo eri Mukama wange, mazima ndisangayo obuddo obusinga ne ku buno obulungi.
- 38. Munne n'amugamba ng'ayogeraganya naye nti: Abaffe, weegaana Oyo eyakutonda mu ttaka n'oluvannyuma mu mani, n'oluvannyuma n'akwenkanyankanya n'oba omuntu?
- 39. Naye nze nzikiriza nti ye Allah ye Mukama wange era senkanyankanya Mukama wange ne yenna.
- 40. Naye lwaki bwe wayingidde mu ssamba yo tewagambye nti: Ekyo Allah ky'aba ayagadde ky'ekibaawo. Tewali maanyi walala okuggyako eri Allah. Newaakubadde nga ondaba nti nze nnina eby'obugagga bitono nnyo ku ggwe n'abaana,
- 41. Naye ob'olyawo Mukama wange n'ampa ekirungi ekisinga essamba yo, essamba eyiyo n'agisindikira ekibonerezo okuva mu ggulu, kale n'efuuka ettaka ejjereere esseerevu,
- n'otosobola kugazuula nate.

غُ الثَّوَابُ وَ مَسُنَتُ مُرْتَفَقًا اللَّ

وَ اضْرِبُ لَهُمْ مَّثَلًا تَجُلَيْنِ جَعَلْنَا لِآحَدِهِمَا جَنَّتَيْنِ مِنْ آعْنَابِ وَّ حَفَفْنُهُمَا بِنَخْلِ وَ جَعَلْنَا بَيْنَهُمَا

كِلْتَا الْجَنَّتَيْنِ أَتَتْ أُكُلِّهَا وَلَمْ تَظْلِمْ مِّنْهُ شَيْعًا ﴿ وَخَجَّرْنَا خِلْلَهُمَا نَهَرَّاكُمُ

و كَانَ لَهُ فَمَرُ م فَقَالَ الصَاحِبِهِ وَ هُوَ يُحَادِرُكَمْ آنَا آحُثَرُ مِثْكَ مَاكًا وَّآحَـزُّ نَفُرًا 💬

وَ دَخَلَ جَنَّتَهُ وَهُوَ ظَالِمٌ لِّنَفْسِهِ ، قَالَ مَا آظُنُ آن تَبِيدَ هٰذِ وَآبَدُانُ وَّ مَّا اَظُنُّ السَّاعَةَ قَائِمَةً " وَ لَيْن رُّدِهْ تُ إِلَى رَبِّيْ لَآجِهَ تَ خَيْرًا مِبْنَهَا مُنْقَلِّنَا

قَالِ لَهُ صَاحِبُهُ وَهُوَ يُعَادِرُهُ ۚ ٱكَفَرْتَ بِالَّذِيْ خَلَقَكَ مِنْ تُرَابِ نُمَّ مِنْ تُوَابِ نُمَّ مِنْ تُطَفَّةٍ ثُمَّ مِنْ تُطُفَّةٍ ثُمَّ مِنْ أَنْ

لْكِتَّا هُوَاللَّهُ رَبِّي وَ لَّا أَشْرِكُ بِرَبِّيٓ آخدًا

وَلَوْ لِآلِا ﴿ دَخَلْتَ حَنَّتَكَ قُلْتَ مَا شَآءِ اللهُ اللهُ قُوَّةَ إِلَّا بِاللهِ عِلْ تَرَنِ آنَا آقَلَّ مِنْكَ مَالَّا وَ وَلَدُانَ

فَعَسٰى رَبِّي آن يُؤْتِيَكِ خَيْرًا رِّتْ جَنَّتِكَ وَيُرْسِلَ عَلَيْهَا حُشبَانًا مِّنَ السَّمَاء فَتُصْبِحَ صَعِيْدًا زَلَقًا أَن

اَوْ يُصْبِحَ مَا وَ عَوْرًا فَلَنْ تَسْتَطِيْعَ لَـ هُ . Oba amazzi ga yo n'agafuula agakalidde, طَلَيًا۞

- 43. Kale ebibala bye byazikirizibwa, olwo n'aba nga ayanjala ngalo ze olw'ebyo bye yasaasaanya ku yo era nga yonna yeeyaze wansi w'ebitindiiro bya yo. N'agamba nti: Woowe! Singa kale senkanya Mukama wange ne yenna.
- Allah, wadde teyasobola kwerwanako.
- هُنَا لِكَ الْوَكَايَةُ بِلّٰهِ الْحَقّ مِ هُوَ خَيْدً buva عُنَا لِكَ الْوَكَايَةُ بِلّٰهِ الْحَقّ مِ هُوَ خَيْدً eri Allah, Ow'amazima. Ye mulungi ennyo mu kugaba empeera era y'asinga mu kwoleka ebisembayo.

- 46. Era baleetere eky'okulabirako ky'obulamu bw'ensi: Bufaanana ng'amazzi ge tussa okuva mu bire, kale negeetabika n'ebimera by'oku nsi, n'oluvannyuma nebikala nebifuuka ebikutusekutuse empewo by'efuumuula. Era Allah ye w'Obuyinza ku buli kimu.
- 47. Eby'obugagga n'abaana majolobera ga bulamu bwa nsi. Naye ebikolwa ebirungi ebisigalawo by'ebisinga obulungi mu kusasulwa okw'obuliwo eri mukama wo era by'ebisinga obulungi mu kusuubira *okw'oluvannyuma*.
- 48. Era olunaku lwe tuliggyawo ensozi, kale oliraba ensi bwe zirumbagana zinnaazo era tulibakung'aanya wamu, era tetulirekayo n'omu.
- 49. Era balireetebwa mu maaso ga Mukama wo mu nnyiriri bagambibwe nti: Ddala muzze gye tuli nga bwe twabatonda bwe twabatonda omulundi ogwasooka, anti mwalowoozanga nti tetulibateerawo kiseera kya kutuukiriza kisuubizo.
- 50. Era ekitabo ky'ebikolwa byabwe kiriteekebwawo,olwo oliraba aboonoonyi bwe bakankana olw'ebyo ebikirimu nga bagamba nti: Zitusanze! Ye kino kitabo kya ngeri ki ekitalekayo kitono wadde ekinene, wabula nakyo kikibala?.Era byonna bye baakola balibisangawo. Era Mukama wo talyazaamanya muntu yenna.

Ruku 7 51. Era *jjukira nga* bwe twagamba ba malayika nti: Mugondere Ādamu, kale baamugondera, okuggyako Ibilisi. Yali omu mu Majinni; kale yajeemera ekiragiro kya Mukama we. Abaffe, ate mmwe ye

وَ أُحِيْطَ بِثَمَرِم فَاصْبَحَ يُقَلِّبُ كَفَّيْهِ عَلْ مَّاً ٱنْفَقَ نِنْيَهَا وَ هِيَ نَمَاوِيَـٰةً عَلَىٰ عُرُوْشِهَا وَيَقُولُ لِلَيْتَنِيْ لُمْ أُشْرِكُ برَبِّنَ آخَدُانَ

44. Naye teyalina kibiina kyamuyamba ku وَلَهْ تَكُنْ لَّـ مَا فِئَةً يَّنْصُرُوْ نَـ هُ مِنْ دُوْكِ الله وماكات مُنتصرًاه

عٌ نَوَابًا وَّخَيْرُ هُقْبًا ۞

وَا ضَرِبُ لَهُ هُرِ مُّثَلِّ الْحَيْوِةِ الدُّنْيَا حَمَّاءٍ ٱنْزَلْنٰهُ مِنَ السَّمَّاءِ فَاخْتَلَطَ بِهِ نَبَاتُ الْأَرْضِ فَآصْبَحَ هَشِيْمًا تَذْرُوْهُ الرِّيعُ وكانَ اللهُ عَلَى كُلِّ شَيْءٍ مُّ فَنَدِ رَّا ١٠

ٱلْمَالُ وَالْبَنُوْنَ زِيْنَةُ الْمَلِوةِ الدُّنْيَاء وَ الْلِقِيْتُ الصِّلِحْتُ خَيْرٌ عِنْدَ رَبِّكَ ثَوَابِيَا وَخِيْرًا مَدَدُ

وَ يَهُوْمَ نُسَيِّرُ الْجِبَالَ وَ تَرَى الْأَرْضَ بَادِزَةً ۗ وَكَشَرُ نُهُمْ فَكَمْ نُغَا ﴿ رُمِنْهُمْ آخذاه

وَعُرِضُواعَلِ رَبِّكَ صَفًّا ، لَقَدْ جِئْتُمُونَا كَمَا خَلَقْنْكُمْ آوَّلَ مَرَّقِير بَلْ زَعَمْتُمْ آتَّنْ تَجْعَلَ لَكُوْمِّهُ عِدَّانَ

وَوُضِعَ الْكِتْبُ فَتَرَى الْمُجْرِمِيْنَ مُشْفِقِيْنَ مِمَّا فِيْدِ وَ يَقُولُونَ يُويْلَتَنَّا مَالِ هُذَا الْكِتْبِ كَا يُغَادِرُ صَغِيْرَةً وَلَا كَبِيْرَةً إِلَّا آخصيها ، وَوَجَدُوا مَا عَمِلُوا حَاضِرًا ، عُ وَلا يَظْلِمُ رَبُّكَ آحَدًا ۞

وَإِذْ قُلْنَا لِلْمَلْئِكَةِ اسْجُدُوْا يَادَمَ فَسَجَدُ وَالِلَّ (بَلِيْسَ اكَانَ مِنَ الْجِنِّ فَفَسَقَ عَنْ آهُرِ رَبِّهِ ﴿ آفَتَ تَكْفِدُ وُنَّهُ وَ ذُرِّيًّا تُكَ

Juzu 15

n'ezzadde lye be mutwala nga ab'emikwano ebbali wange so nga be balabe bammwe? Okuwaanyisa kw'aboonoonyi nga kubi nnyo!

- 52. Nze sibafuulangako bajulizi ku kutondebwa kw'eggulu n'ensi wadde ku kutondebwa kwabwe bennyini, era sibangako atwaala abawabya *abantu* nti be bayambi.
- 53. Era *jjukira* olunaku lw'aligamba nti: Mukoowoole abo be mwabalanga nti benkana nange. Kale balibakoowoola naye tebalibaanukula era tuliteeka wakati waabwe olukomera.
- 54. Era aboonoonyi oluliraba omuliro, balitegeera nti ddala bagenda kugugwamu; naye tebalizuulayo buwonero ku gwo.

#### Ruku 8

- 55. Era ddala tunnyonnyodde eri abantu mu Kur'āni eno eby okulabirako ebya buli ngeri, naye omuntu y'asinga ebintu byonna okuwakana.
- 56. Era tewali kiziyiza bantu kukkiriza n'okusaba okusonyiyibwa eri Mukama waabwe nga batuukiddwako obulung'amu, wabula baba balinda kutuukibwako empisa eyayisibwamu abantu abaabasooka oba batuukibweko ekibonerezo obuling'aana.
- 57. Era tetutuma Babaka wabula lwa kuba bawi ba mawulire ag'essanyu era abalabuzi. Naye abo abatakkiriza bavuganyisa obulimba mbu balyooke babusanguzisewo amazima. Era obubonero bwange n'ebyo bye balabulwako babitwala nga eky'okubalaata.
- 58. Naye ani asinga obwononefu kw'oyo ajjukizibwa Aya za Mukama we naye n'azikuba amabega, neyeerabira ebyo emikono gye bye gyakulembeza? Mazima twassa ebisaanikira ku mitima gyabwe baleme kugitegeera, ne mu matu gaabwe mulimu obuggavu. Era bw'obayita eri obulung'amu, tebafaayo; kale abo si baakulung'ama ddi na ddi.
- Nannyini kusaasira. Singa yali wa kubabonererezaawo olw'ebyo bye bakola تَهُمْ مَّوْعِدٌ لَّنْ يَجِدُوا مِنْ دُوْنِهِ كُونِهِ Naye balina ekiseera ekyasuubizibwa kye buli mulundi, yaalibanguyirizza ekibonerezo.

آوليكاء مِن دُونِية هُمْ لَكُمْ هَدُوًّ عِينَسَ لِلظُّلِمِيْنَ يَدَوُّهِ

مَّا ٱشْهَدْتُنْهُمْ خَلْقَ الشَّمْوٰتِ وَالْاَرْضِ وَلَا خَلْقَ ٱنْقُسِهِمْ ﴿ وَمَا كُنْتُ مُتَّخِذَ الْمُضِدِّينَ عَضْدًا ١٩

وَ يَوْمَ يَقُولُ نَادُوا شُرَكَّاءِي الَّذِينَ زَعَمْتُهُ فَدَعَوْهُمْ فَلَهْ يَسْتَحِيْبُوا لَهُمْ وَ جَعَلْنَا بَيْنَهُمْ مَّوْبِقًا ۞

وَ رَا الْمُجْرِمُونَ النَّارَ فَظَنُّواۤ اَنَّهُمْ عٌ مُّوَاقِعُوْهَا وَلَهْ يَجِدُوْا عَنْهَا مَصْرِقًا أَنَ

وَلَقَدْصَرَّفْنَا فِي هٰذَاالْقُوانِ لِلتَّأْسِمِنَ حُلِّ مَثَلِ ، وَكَانَ الْارْنْسَانُ أَكْنَرَ شَيْءٍ حَدَلًا۞

وَمَا مَنْعَ النَّاسَ آنَ يُسؤُمِنُوْا إِذْ كَمَاءَ هُمُ الْهُدِي وَيَسْتَغُفِرُوْا رَتَّهُمْ المَّكَ آنْ تَنَاتِيَهُمْ سُنَّتُهُ اكْآوَلِيْنَ آوْ يَارْتِيَهُمُ الْعَذَابُ قُبُلان

وَ مَا نُرُسِلُ الْمُرْسَلِيْنَ إِلَّا مُبَشِّرِيْنَ وَ مُنْذِرِيْنَ مِ وَ يُجَادِلُ الَّذِيْنَ كَفَرُوْا بِالْبَاطِلِ لِيُدْحِضُوْا بِدِالْحَقَّ وَاتَّخَذُ ۖ وَا ايتي ومَا أند رُواهُ رُواهُ رُواه

وَمَنْ اَظْلَمُ مِمَّنْ ذُكِّرَ بِأَيْتِ رَبِّهِ فَآعْرُضَ عَنْهَا وَنَسِيَ مَا قَدَّ مَثْ يَهِ لا وُولِ تَا يَعَعَلْنَا عَلْ قُلُوْبِهِمْ ٱلْكِنَّةُ آنْ يَتَفْقَهُوْهُ وَفِيٓ اذَا يَهِمْ وَقُرَّاء وَإِنْ تَدْ عُهُ حُراكَى الْهُدٰى فَكَنْ يَّهُتُدُوْالِاذًا السَّرَانِ

وَرَ بُئُكَ الْغَفُوْرُذُوالرَّحْمَةُ لَوْيُوَالِحِدُهُمْ . 59. Era Mukama wo ye Musonyiyi ennyo بِمَا حَسَبُوا لَعَجَّلَ لَهُمُ الْعَذَاتِ و بَلْ batayinza kuzuulako buddukiro *bulala* ebbali we.

60. Era ebibuga ebyo twabizikiriza nga boonoonese. Era twassangawo ekiseera ekigereke eky'okuzikirizibwa kwabwe.

#### Ruku 9

- 61. Era *jjukira nga* Mūsa bwe yagamba omuvubuka we nti: Sijja kulekayo *kutambula* okutuusa lwe nnaatuuka ennyanja ebbiri we zisisinkanira, waakiri nnaatambula emyaka n'emyaka.
- 62. Kale bombi bwe baatuuka *ennyanja* zombi we zisisinkanira, nebeerabira eky'ennyanja kyabwe, olwo nekikwata ekkubo lya kyo mu nnyanja ku bwangu.
- 63. Kale bwe beeyongerayo, *Mūsa* n'agamba omuvubuka we nti: Tuwe eky'enkya kyaffe. Mazima tufunye nnyo obukoowu mu lugendo lwaffe luno.
- 64. N'agamba nti: Olabye! Awo bwe twawummudde ku lwaazi, kale eky'ennyanja nenkyerabira, naye tewali yakinneerabizza okukyogerako *gy'oli* wabula Sitaani era kyakutte ekkubo lya kyo mu nnyanja mu ngeri ey'ekyewuunyo.
- 65. Mūsa n'agamba nti: Ekyo kye twabadde tunoonya. Kale bombi nebaddayo nga bagoba obuwufu bwabwe.
- 66. Kale nebasanga omuweereza omu mu bawereeza baffe gwe twawa okusaasira okuva gye tuli era netumuyigiriza n'amagezi okuva gye tuli.
- 67. Mūsa n'amugamba nti: Abaffe, nkugoberere olw'okunjigiriza ku bulung'amu bwe wayigirizibwa?
- 68. N'agamba nti: Mazima ggwe tosobola kugumiikiriza ng'oli nange.
- 69. Ye oyinza otya okugumiikiriza kw'ebyo by'oteetooloola kumanya kwa byo?
- 70. N'agamba nti: Allah bw'anaaba ayagadde, ojja kusanga nga ndi mugumiikiriza era sijja kukujeemera mu kiragiro kyonna.
- 71. N'agamba nti: Bw'onooba ongoberedde, kale tombuuza ebifa ku kintu kyonna okutuusa lwe ndisookereza nze kennyini

مَوْيُسلاً

وَتِلْكَ الْقُرْنَ آهَلَكُنْهُمْ لَمَّا ظَلَمُوْاوَ عُ جَعَلْنَالِمَهْلِكِهِمْتَّوْعِدًّاثُ

وَإِذْ قَالَ مُوْسَى لِقَتْسِهُ لَآ آبْرَحُ حَتَّى آبَلُغَ مَجْمَعَ الْبَحْرَيْنِ آوْآمْضِي مُقْبًا ۞

فَلَمَّا بَلَغَا مَجْمَعَ بَيْنِهِمَا نَسِيَا حُوْتَهُمَا فَاتَّخَذَسَبِيْلَهُ فِي الْبَحْرِ سَرَبًا ﴿

فَلَمَّا جَاوَزًا قَالَ لِفَتْسهُ أَتِنَا خَدَّاءَنَا: لَقَدْ لَقِيْسَنَامِنْ سَفَرِنَا لَهٰذَا نَصَبَّا

قَالَ اَرَءَيْتَ إِذْ اَوَيُنَا إِلَى الصَّحْرَةِ فَانِيْ نَسِيْتُ الْصُوْتَ زِوَ مَنَا آنسُنِيهُ الَّا الشَّيْطُنُ آنَ آذْكُرَةً \* وَاتَّخَدَ سَمِسِيْلَهُ فِي الْبَهْرِيُ عَجَبَيًا ۞

قَالَ ذٰلِكَ مَا كُنَّا نَبْغِ اللَّهُ فَارْتَدَّا عَلَى اقارِهِمَاقَصَصًا اللهِ

فَوَجَدَا عَبْدًا مِّنْ عِبَادِنَا الْتَيْنَهُ رَحْمَةً مِّنْ عِبْدِنَا وَعَلَمَا اللهِ عَلْمَا اللهِ عَلْمَا

قَالَ لَهُ مُوْسَى هَلَ آتَّبِعُكَ عَلَى آنَ تُعَلِّمَنِ مِمَّا عُلِمْتَ رُشُدًا۞

قَالَ إِنَّكَ لَنْ تَسْتَطِيْمَ مَعِيَ صَبْرًا

وَكَيْفَ تَصْبِرُعَلْ مَالَمْ يُعِطْ بِهِخُبْرًا

قَالَ سَتَجِدُنَيْ إِنْ شَآءَ اللّٰهُ صَابِرًا وَّ لَآ آعْصِيْ لَكَ آهُرًا۞

قَالَ فَانِ التَّبَعْتَنِيْ فَلَا تَسْتَلْنِيْ عَنْ شَيْءٍ ﴿ حَتَّى ٱخْدِ ثَ لَكَ مِنْهُ ذِكْرًا ۞ okukyogerako gy'oli.

Ruku 10

72. Kale bombi baagenda, okutuusa lwe baasaabala mu kyombo, *oli* n'akiwummula. *Mūsa* n'agamba nti: Okiwummudde olyooke osaanyeewo abakirimu? Mazima okoze ekintu kibi nnyo.

73. N'agamba nti: Abaffe, saagambye nti ddala ggwe toyinza kugumiikiriza nga oli

74. N'agamba nti: Tonvunaana olw'ebyo bye nneerabidde era tonkaluubiriza olw'akasonga kange.

75. Olwo bombi baagenda, okutuusa lwe baasanga omulenzi, oli n'amutta. Mūsa n'agamba nti: Osse omuntu atalina musango awatali na muntu gw'asse? Mazima okoze ekintu kibi nnyo.

Juzu 16

mazima ggwe toosobole kugumiikiriza nga oli nange?

تَالَ إِنْ سَالَتُكَ عَنْ شَيْءٍ يَعْدَهَا Tr. Mūsa N'agamba nti: Bwe nnaakubuuza قَالَ إِنْ سَالَتُكَ عَنْ شَيْءٍ يَعْدَهَا ekintu kyonna oluvannyuma lwa kino, فَلَا تُصْحِبْنِ م قَدْ بَلَغْتَ مِنْ تَدُنِّي Killo, مِنْ تَدُنِّي toddayo okuyita nange kuba onooba onfunyeeko ensonga ezimala.

baatuuka ku bantu b'omu kibuga nebasaba إِسْتَطْحَمَا اَهْلَهَا فَأَبَوْااَنْ يُضَيِّفُوْهُمَا emmere eri abatuuze baamu, naye nebagaana okubagenyiwaza. Nebasangamu ekisenge nga نَوَجَدَا فِيْهَا جِدَارًا يُبُرِيدُ آنْ يَتْنَقَضَّ kyagala kugwa, olwo oli n'akitereeza. Mūsa n'agamba nti: Singa oyagadde, walikitutteko عَلَيْهِ عَلَيْهِ عَلَيْهِ أَقَالَ لَهُ شِئْتَ لَتَّخَذُتَ عَلَيْهِ empeera.

تَالَ لَمُذَا اِفْرَاقُ بَيْنِيْ وَبَيْنِكُ مُسَانَبَّتُكُ مَا أَنْبَتُكُ عَلَى P9. Oli n'agamba nti: Eno y'enjawukana wakati wange naawe. Kati ng'enda kukutegeeza amakulu g'ebyo by'otaasobodde ابتأويل ما كَدْتَشْتَطِعْ عَلَيْهِ صَبْرًا اللهِ kugumiikirizaako:

80. Kyo ekyombo kyabadde kya bankuseere okukiteekako akamogo kubanga emabega فِالْبَحْرِفَارَدْتُ اَنْ آعِيْبَهَا وَكُورَاءَهُمْ waabwe yabaddeyo kabaka nga atwala buli kyombo na maanyi.

1. Ku lw'erinnya lya Allah, Omusaasizi ennyo, Ow'ekisa ekingi.

2. Tā Sin Mim\*

بشيرا لله الرَّحْمُن الرَّحِيْمِ () في طسمة

3. Zino ze Aya z'Ekitabo ekitangaaza.

رِيلُكَ أَيْثُ الْكِتْبِ الْمُبِيْنِ

- 4. Ob'olyawo newessa ennaku olw'o- وَيَنْكُونُوْ الْمُؤْمِنِيْنَ وَالْمُؤْمِنِيْنَ وَالْمُؤْمِنِيْنَ kubanga tebafuuse bakkiriza.
- 5. Bwe tuba nga twagadde, tussa gye bali akabonero okuva mu ggulu, kale n'ensingo zaabwe nezisigala nga zeekotese ku lwa ko.
- 6. Era tebatuukibwako Kubuulirira kwonna okupya okuva eri Omusaasizi ennyo, wabula bakukuba mabega.
- 7. Kale ddala *yo* bagilimbisizza, naye mangu nnyo bajja kutuukibwako amawulire agafa kw'ebyo bye baali bajerega.
- 8. Abaffe, tebatunulako eri ensi, bimeka bye twameza ku yo ebya buli ngeri amakula?
- 9. Mazima mw'ebyo mulimu akabonero; naye abasinga obungi mu bo tebakkiriza.
- 10. Era ddala Mukama wo ye Luwangula, Ow'ekisa ekingi.

- 11. Era *Jjukira* nga Mukama wo bwe yakoowoola Mūsa nti: Genda eri abantu aboonoonyi—
- Farāwo. Abaffe, era 12. Abantu ba tebaatye Allah?
- 13. N'agamba nti: Mukama wange, mazima ntya nti bajja kunnimbisa.
- 14. Era nkeng'entererwa mu kifuba kyange, n'olulimi lwange si lubalangufu; naye tumako n'eri Haruna.
- ntya nti bajja kunzita.

إِنْ تُشَا نُنَزِّلُ عَلَيْهِمْ مِّنَ السَّمَاءِ أَيَدًّ فَظَلُّتُ آعْنَا قُهُمْ لَهَا خَاضِمِيْنَ ۞

وَمَا يَاْتِيْهِ مْ رِّنْ ذِكْرٍ رِّنَ الرَّحَمٰنِ مُحْدَثِ إِلَّا كَانُواعَنْهُ مُعْرِضِيْنَ ﴿

فَقَدْكُذَّ بُوا فَسَيَا تِيهِمْ آثَلِكُوا مَا كَانُوا بِهِ يشتهزءُون⊙

أَوْ لَهُ يَرُوا إِلَى الْأَرْضِ كَمْ أَثْبَتْنَا فِيهَا مِنْ كُلِّ زَوْجِ كُرِيْمٍ ﴿

إِنَّ فِي ذَٰلِكَ لَا يَدُّهُ وَمَا كَانَ آعُثُرُهُمْ مُّؤُ مِنْيُنَ ﴿

المَّ وَإِنَّ رَبِّكَ لَهُوالْعَزِيْزُ الرَّحِيْمُ الْ

وَإِذْ نَا لَا يُ رَبُّكُ مُوْسَى أَنِ اثْبَ الْقَوْمَ الظّلِمِيْنَ أَمّ

قَوْمَ فِرْعَوْنَ الْرِيَتُقُونَ ١٠ وَوَمَ

قَالَ رَبِّ إِنِّيَ آخَافُ أَن يُكُونِ اللهُ

وَ يَضِيْقُ صَدْرِيْ وَ لَا يَنْطَلِقُ لِسَانِيْ فَأَرْسِلْ إِلَى هُرُوْنَ

15. Ate balina ne kye banvunaana, kale ۞ كَانُكُ فَا كَا كُنْكُ فَا كُنْكُ فَا كُنْكُ فَا كُنْ اللَّهُ عَلَى كَ

- 16. Allah n'agamba nti: Tekisoboka! Kale mugende mwembi n'obubonero bwaffe, naffe tuli wamu nammwe tuwuliriza.
- mugambe nti: Ddala tuli Babaka ba Mukama w'ebitonde byonna,
- 18. Kale leka abaana ba Isirairi bagende naffe.
- 19. Farāwo n'agamba Mūsa Tetwakulerera mu ffe nga oli muto, n'omala mu ffe emyaka mingi mu bulamu bwo?
- 20. Era n'okola n'ekikolwa kyo ekyo kye wakola? Wamma ddala oli mw'abo abatasiima.
- 21. Mūsa n'agamba nti: Wewaawo nakikola, bwe kityo nange nnali mw'abo abaasobya.
- 22. Kale nabadduka nga mbatidde, naye Mukama wange nampa obuyinza n'amagezi era n'anfuula *omu* mu Babaka.
- kyakufuuza abaana ba Isirairi abaddu?
- Parāwo n'agamba nti: Kazzi Mukama w'ensi yonna y'ani?
- gy'eggulu n'ensi, n'ebiri wakati wa byombi, bwe muba nga mukakasa.
- 26. Farāwo n'agamba abaali bamwetooloodde nti: Abaffe, temuwulira?
- 27. Mūsa n'agamba nti: Ye Mukama wammwe era ye Mukama wa bakitamwe ab'edda.
- 28. Farāwo n'agamba nti: Mazima omubaka wammwe eyabatumirwa, ddala mugwi wa ddalu.
- 29. Mūsa n'agamba nti: Ye Mukama w'ebuvanjuba n'ebugwanjuba, n'ebiri wakati wa byombi, bwe muba nga mukozesa amagezi.
- 30. Farāwo n'agamba nti: Bw'onootwalayo omusinzibwa omulala atali nze, mazima nzija kukussa mu basibe.
- 31. Mūsa n'agamba nti: Abaffe, ne bwe nnaakuleetera ekintu ekirabikira ddala?

قَالَ كُلُّاء فَاذْهَبَا بِالْبِتِنَآ إِنَّا مَعَكُمْ شُشتَمِحُونَ 🕥

المَّارِيكَا فِوْرَعُوْنَ فَقُوْكُ إِنَّا رَسُوْلُ رَبِّ Palala tuli Babala ha Malamua وَأَرْتِيكَا فِوْرَعُوْنَ فَقُوْكُ إِنَّا رَسُوْلُ رَبِّ الغلمين

آن أَدْسِلْ مَعَنَا بَنِيْ إِشْرَاءِيلَ اللهِ

قَالَ ٱلمَ نُرَبِّكَ فِينَا وَلِيمًا وَ لِيثَتَ nti: قَالَ ٱلمَ نُرَبِّكَ فِينَا وَلِيمًا وَ لَيثَت وِينَا مِن عُمُرِكَ سِنِيْنَ أَنَّ

> وَ فَعَلْتَ فَعُلَتُكُ الَّذِي فَعَلْتَ وَ أَنْتَ مِنَ الكفرين ٠

قَالَ فَعَلْتُهُ آلِذًا وَّ أَنَا مِنَ الضَّا لِتَهْنَ أَنَّ

فَفَا رَبُّ مِنْكُمْ لَمَّا خِفْتُكُمْ فَوَهَبَ لِيْ رَبِّيُ عُكُمًا وَجَعَلَنِي مِنَ الْمُرْسَلِيْنَ ﴿ 23. Abaffe, ekisa ekyo ky'onkomereza, ky'e- عَبَدْتَ وَتِلْكَ نِعْمَةً تَمُثُّهَا عَلَى آنَ عَبَدْتَ بَيْنَ لِسُرَاءِ يُلَ

قَالَ فِرْعَوْنُ وَمَا رَبُّ الْعٰلَمِدُن أَن

قَالَ رَبُّ السَّمَوْتِ وَالْأَرْضِ وَمَا مُتنفُهُما مِ 25. N'agamba nti: Ye Mukama w'emigigi اِنْ كُنْتُمْ مُّوْقِنِيْنَ ﴿

قال لِمَنْ حَوْلَةَ آكَا تَسْتَمِعُونَ ﴿

قَالَ رَبُّكُمْ وَ رَبُّ أَبَّا مِكُمُ الْأَوَّلِيْنَ ۞

قَالَ إِنَّ رَسُوْلَكُمُ الَّذِينَ أُرْسِلَ إِلَيْكُمُ لَمَجْنُونَ۞

قَالَ رَبُّ الْمَشْرِقِ وَ الْمَغْرِبِ وَ مَا كِيْنَهُمَا و إِنْ كُنْتُمْ تَحْقِلُونَ ﴿

قَالَ لَئِنِ اتَّكَفَدْتَ إِلْهَاغَيْرِيْ لَآهِعَلَنَّكَ مِنَ الْمَشْجُونِينَ ٢

قَالَ أَوَ لَوْجِئْتُكَ بِشَيْءٍ مُّبِيْنِ ﴿

- 32. Farāwo n'agamba nti: Kale kireete, obanga oli mw'abo aboogera amazima.
- 33. Olwo *Mūsa* kwe kusuula wansi omuggo gwe, okwejjuukiriza nga gwe musota ogulabikira ddala.
- 34. Ate bwe yaggyayo omukono gwe, okwejjuukiriza nga mweru tukutuku eri

- 35. Farāwo n'agamba abakungu abaali bamwetooloodde nti: Mazima ono mulogo mukugu.
- 36. Ayagala kubagoba mu nsi yammwe n'eddogo lye, naye kati mmwe muwa magezi
- 37. Nebagamba nti: Ogira omuleka ye ne muganda we, kale otume mu bibuga abalaalisi,
  - 38. Bakuleetere buli mulogo omukugu.
- نَجُوعَ السَّحَرَةُ لِمِيْقَاتِ يَوْمِ مَّعْلُوْمِ شَيْ الْسَحَرَةُ لِمِيْقَاتِ يَوْمِ مَّعْلُوْمِ شَيْ السَّ kiseera ekyalagaanyizibwa n'olunaku olwategekebwa.
- nammwe munaakung'aana,
- banaaba nga be bawanguzi?
- 42. Kale abalogo bwe Farāwo nti: Abaffe, tunaafuna empeera bwe tunaaba nga ffe bawanguzi?
- 43. Farāwo n'agamba nti: Yee! Era mujja المُقَرَّبِيْنَ الْمُقَرَّبِيْنَ الْمُقَرِّبِيْنَ ﴿ Era mujja nakuba mu b'oku lusegere.
- 44. Mūsa n'abagamba nti: Musuulewo ebyo bye munaasuulawo.
- 45. Kale nebasuulawo emiguwa gyabwe n'emiggo gyabwe, nebagamba nti: Ku lw'ekitiibwa kya Farāwo, tewali kuwannaanya, ffe bawanguzi.
- 46. Olwo ne Mūsa yasuulawo omuggo gwe, okwejjuukiriza nga gumize byonna bye bajinzejinze!
- 47. Olwo abalogo baawalirizibwa okweyala nebayuunama.

قَالَ فَأْتِ بِهِ إِنْ كُنْتُ مِنَ الصّد قين

فَٱلْقَى عَصَاهُ فَإِذَا هِيَ ثُعْبَا نُ مُّبِيْنُ أَثُّم

وُّ نَزُعَ يَهُ فَإِذًا هِيَ بَيْضَاءُ عُ لِلنَّظِرِيْنَ أَنَّ لِلنَّظِرِيْنَ أَنَّ

قَالَ لِلْمَلَا حَوْلَةَ إِنَّ هٰذَا لَسْجِرُ

يُّرِيْدُ أَنْ يُّخْرِجَكُمْ مِّنْ أَرْضِكُمْ بِسِحْرِم ﷺ فَمَا ذَا تَاْمُرُوْنَ 🕾

قَالُوٓا ٱرْجِهُ وَ آخَاهُ وَ ابْعَثْ فِي الْمَدُ أَرْضِ لَمْ يَسْرِيْنَ اللهُ

يَاتُوْكَ بِكُلِّ سَحَّارٍ عَلِيْمٍ ۞

40. Era n'abantu nebagambibwa nti: Abaffe, وُرِقِيْلَ لِلنَّاسِ هَلَ ٱنْتُومُّ مُجْتَمِعُونَ فَي 40.

كَعُلَّنَا نَتَّبِعُ السَّحَرَةَ إِنْ كَانُوا هُمْ السَّحَرَةَ إِنْ كَانُوا هُمْ 41.Tulyooke tugoberere abalogo bwe

فَلَقًا كَأَءَالسَّكِرَةُ قَالُوالِفِرْعَوْنَ آئِنَ bajja, baagamba فَلَقًا كَأَءَالسَّكِرَةُ قَالُوالِفِرْعَوْنَ آئِنَ لَنَا لَاكِمُرًا إِنْ كُنًّا نَحْنُ الْغُلِبِيْنَ ﴿

قَالَ لَهُمْ مُّهُ فِي آلْقُوْا مَآا أَنْ يُكُمْ مُّلْقُونَ

فألقؤا حِبَالَهُمْ وَعِصِيَّهُمْ وَعُلُوا بِعِزَّةٍ فِرْعَوْنَ إِنَّا لَنَحْنُ الْغَلِبُونَ ۞

فَأَ لَقَى مُوْسَى عَصاً لا فَإِذَا هِي تَلْقَفُ مَايَاْفِكُوْنَ

فَأُلْقِي السَّحَرَّةُ سُجِدِينَ ١

- 49. Mukama wa Mūsa ne Hārūna.
- 50. Farāwo n'agamba nti: Abaffe, mumukkirizza nga sinnaba nakubakkiriza? Mazima ye ye mukulu wammwe ovo eyabayigiriza obulogo, naye mangu nnyo mujja kumanya. Ddala nzija kubatemako emikono gyammwe n'amagulu gammwe mu mpulinkanya, era ddala mwenna nzija kubattira ku musaalaba.
- tunadda eri Mukama waffe.
- kutusonyiwa ebibi byaffe kuba ffe tusoose okuba abakkiriza.

- 53. Era twabikkulira Mūsa nti: Twala abaweereza bange ekiro, naye ddala mujja kuwonderwa.
- 54. Olwo Farawo kwe kutuma abalaalisi mu bibuga.
- 55. Nebagamba nti: Mazima bano kabiina katono nnyo.
- 56. Ate ddala batunyiizizza na nnyo.
- 57. Era ddala ffe kibiina ekiri obulindaala.
- 58. Bwe tutyo *abaajeema* twabaggya mu nsuku n'ensulo.
- 59. N'amawanika n'ebifo eby'ekitiibwa.
- 60. Bwe tutyo netubisikiza abaana ba كَذْلِكَ وْوَارْشْنْهَا بَنِيْ اِسْرَاءِ يُدَلُّ أَنْ Isirairi.
- 61. Kale baabawondera nebabatuukako nga enjuba evaayo.
- 62. Awo ebibiina byombi bwe byalabagana, abantu ba Mūsa nebagamba nti: Mazima tukwatiddwa.
- 63. Mūsa n'agamba nti: Tekiyinzika! Mazima Mukama wange ali wamu nange, ajja kunnung'amya eri eky'okukola.
- 64. Olwo twabikkulira Mūsa nti: Kuba omuggo gwo ku nnyanja. Kale ennyanja yeeyawulamu, buli ludda ne luba ng'olusozi olusukkirivu.

قَالُوْ الْمُنَّا بِرَبِّ الْعُلَمِيْنَ أَنَّ

رَبِ مُوْسَى وَهُرُونَ 🕦

قَالَ امَنْتُمْ لَهُ قَبْلَ آنَ أَذَنَ لَكُمْم إِنَّهُ لَكُبِيْرُكُمُ الَّذِي عَلَّمَكُمُ السِّحْرَمِ فَكُسُوفَ تَعْلَمُونَ لَمْ كَا ْ قَطِّعَتَ آيْدٍ يَكُمْ وَ ارْجُلَكُمْ مِّنْ خِلَافِ وَّلَاُو صَلَّبَنَّكُمْ أَحْمَعِهُ نَ أَن

قَالُوْالَاضَيْرَزِ إِنَّآ إِلَى رَبِّنَا مُنْقَلِبُوْنَ ۞ 51. Nebagamba nti: Tewali kabi, kasita

اِتًا نَطْمَعُ أَنْ تَخْفِرُ لِنَا رَبُّنَا خُطْلِنَا آنَ أَنْ أَخُولُ كَا رَبُّنَا خُطْلِنَا آنَ أَن عَ كُنَّا آوَّلَ الْمُؤْمِنِيْنَ اللهُ

> وَ أَوْ حَيْنَا إِلَى مُوْسَى آنْ آسْرِ بِعِبَا دِيْ ا تَكُمْ مُّتَنَعُهُ نَصَ

فَارْسَلَ فِرْعَوْنُ فِي الْمَدَائِنِ خَشِرِيْنَ 6 رِاتَ هَوُ لَاءِ لَشِرْدِ مَدُّ قَلِيلُونَ هُ

> وَإِنَّهُمْ لِنَالِغَآلِيْظُوْنَ ٥ وَإِنَّا لَجِمِيْعُ خِذِرُوْنَ ٥

فَٱخْرَجْنْهُمْ مِّنْ جَنْتٍ وَّعُيُوْنٍ ﴿

ٷۜڪؙڹٛۉ*ۮۣ*ۊۜٙڡؘڤٵٙڡۭػڔؽۄؚۣ؈ؖ

فَأَتْبَعُوْهُمْ مُشْرِقِيْنَ اللهِ

فَكُمَّا تَكُوْآءَ الْجَمْعُنِ قَالَ أَصْحُبُ مُهُسَى إِنَّا لَمُدْرَكُونَ ١٠

قَالَ كَلَّاء إِنَّ مَعِيَ رَبِّيْ سَيَهُدِيْنِ ﴿

فَاوْ كَيْنَا إِلَى مُوسَى آنِ اضْرِبُ يْعَصَاكَ الْبَحْرَ وَفَانْفَلَقَ فَكَانَ كُلُّ فِرْقِ كَالطَّوْدِ الْعَظِيْمِ أَنَّ

- 65. Nate abalala abaawondera nabo netubasembeza awo.
- bonna.
- 67. N'oluvannyuma netusaanyaawo bali abalala.
- اتَّ فِيْ ذَٰلِكَ كَا يَدَةً مُوَمَا كَانَ ٱكْتُرُهُمْ وَمَا كَانَ ٱكْتُرُهُمْ وَمَا كَانَ ٱكْتُرُهُمُ وَمَا كان naye abasinga obungi mu bo tebaali bakkiriza.
- 69. Era ddala Mukama wo ye Luwangula, Ow'ekisa ekingi.

- 70. Era basomere ebvafa ku Ibrāhimu.
- 71. Awo bwe yagamba kitaawe n'abantu be nti: Biki *ebyo* bye musinza?
- tujja kusigala nga tunyweredde ku go.
- 73. N'agamba nti: Ye nno gabawulira bwe mugakoowoola.
- 74. Nandiki, gabagasa oba gabakosa?
- 75. Nebagamba nti: *Nedda*, naye twasanga nga ne bakitaffe bwe batyo bwe bakola.
- 76. N'agamba nti: Mulabye mutya kw'ebyo bye musinza —
- 77. Mmwe ne bakitammwe ab'edda?
- 78. Mazima ebyo *byonna* balabe gyendi, okuggyako Mukama w'ensi yonna,
- 79. Oyo eyantonda, kale era Ye y'annung'amya.
- 80. Era y'Oyo andiisa era y'annyweesa.
- 81. Era bwe ndwaala, y'anzisuusa.
- 82. Era y'Oyo alinfiisa, n'oluvannyuma y'alinzuukiza.
- ebibi byange ku lunaku lw'okulamulirwako.
- هُكُمًا وَ ٱلْحِقْنِيُ 84. Mukama wange, mpa amagezi era onnyunge ku batuukirivu,

وَ ٱزْلَفْنَا ثُمَّ الْأَخْرِيْنَ أَنَّ

وَا نَجَيْنَا مُوْسَى وَ مَنْ مَّعَدَّ آجُمُعِيْنَ أَنْ 66. Era ne tuwonya Mūsa n'abaali naye

ثُمَّ آغُرَ قَنَا الْأَخُرِيْنَ أَن

﴿ وَإِنَّ رَبُّكَ لَهُوالْعَزِيْزُالِرَّحِيْمُ ﴿

﴿ وَاثِلُ عَكَيْهِمْ نَبَا لِبُوهِيْمُ

إِذْ قَالَ لِا بِيهِ وَقَوْمِهِ مَا تَعْبُدُ وْنَ ١٠

تَّا لُوْا نَعْبُدُ اَصْنَامًا فَنَظَّلُ لَهَا عُكِفِيْنَ ۞ 72. Nebagamba nti: Tusinza masanamu, era

قَالَ هَلْ يَشْمَعُوْ نَكُمْ إِذْ نَدْعُوْنَ أَنَّ

اَوْ يَنْفَعُوْ نَكُوْ اَوْ يَضُرُّوْنَ · اَوْ يَضُرُّوْنَ · اَوْ يَضُرُّوْنَ · اِنْ الْمُوْتُونَ · الْمُ

قَالُوْا بُلُ رَجُوْنَا أَيّاءَنَا كَذَٰلِكَ يَفْحَلُوْنَ۞

قَالَ أَ فَرَءَ يُتُمْ مَّا كُنْتُمْ تَعْبُدُوْنَ أَن آئتُمْوَ ابَا وُكُمُ الْآثَدَمُونَ أَمَ

فَإِنَّهُمْ عَدُوًّ لِنَّ إِلَّا رَبِّ الْحُكُوبُينَ ٥ الَّذِيْ خَلَقَنِيْ فَهُوَ يَهْدِينِ أَبُّ

وَالَّذِيْ هُوَيُطْعِمُنِي وَيَسْقِبُن إِي

وَلِإِذَا مَرِضْتُ فَهُوَ يَشْفِينِ شُ

وَالَّذِيْ يُمِيْتُنِيْ شُمَّ يُحْيِيْنِ<sup>®</sup>

83. Era y'Oyo gwe nsuubira okunsonyiwa وَالَّذِ ثَى ٱطْمَعُ أَنْ يَتَغُوفُرُكُ خُطِيْعَتِي يَوْمَرِ

85. Era ompe ettuttumu mub'oluvannyuma,

86. Era onfuule omu mw'abo abalisikira Janna ey'essanyu erijjuvu.

mw'abo ababuze.

88. Era tonswaazanga ku lunaku lwe balizuukizibwa —

89. Olunaku eby'obugagga lwe bitaligasa, wadde abaana:

90. Okuggyako oyo alijja eri Allah n'omwoyo omujeemulukufu.

91. N'e Janna lw'erisembezebwa eri abatya Allah

92. N'omuliro negwolesebwa eri abaabula.

93. Era baligambibwa nti: Baluwa abo be mwasinzanga

94. Ebbali wa Allah? Abaffe, basobola okubayamba oba bo bennyini okweyamba?

95. Kale be baasinzanga balisuulibwa mu gwo nga basulikiddwa, bo n'abo abaawaba,

96. N'ab'amagye ga Ibilisi bonna.

97. Balyogera nga bali mu gwo nga batotoogana nti:

98. Amazima ga Allah, ddala twaali mu bubuze bwa lwaatu!

99. Mmwe bwe twabenkanya ne Mukama w'ebitonde byonna;

100. Naye teri yatubuza wabula aboonoonyi.

101. Naye tetulinaayo bawolereza,

102. Wadde ow'omukwano enfiirabulago!

103. Kale singa tusobola okuddayo ku nsi, olwo twalibadde mu bakkiriza.

اِنَّ فِيْ ذَٰلِكَ لَاٰ يَتُوْءُ مَا كَانَ ٱكْتُرُهُمْ مَا كَانَ ٱكْتُرُهُمْ مَا كَانَ ٱكْتُرُهُمْ مَا عَانَ ٱكْتُرُهُمْ مَا لَعَانَ الْكَانَةُ وَمَا كَانَ ٱكْتُرُهُمُ مَا عَلَى اللّهُ اللّه bakkiriza.

105. Era ddala Mukama wo ye Luwangula, Ow'ekisa ekingi.

وَاهْعَلْ لِنَّ لِسَانَ صِدْقِ فِي الْأَخِرِ بُنَّ فَ وَاجْعَلْنِي مِنْ وَّرَثَةِ كِنَّةِ النَّعِيْمِ اللَّهِ

87. Era sonyiwa kitange; kuba ddala ali وَ اغْفِرْ لِأَبِثَ إِنَّكَ كَانَ مِنَ الظُّـالِّتُنَكُّ

وَلَا تُخْزِفِي يَوْمَ يُبْعَثُوْنَ ٥

يَوْ مَلَا يَنْفَعُ مَالُ وَّلَا يَنُوْنَ إِنِّ

إِلَّا مَنْ أَنَّ اللَّهُ بِقَلْبٍ سَلِيْمٍ أَنَّ

وَأُرْلِفَتِ الْجَنَّةُ لِلْمُتَّقِيْنَ أَنَّ

وَبُرِّزَتِ الْجَحِيْمُ لِلْغُويْنَ الْ وَقِعْلَ لَهُمْ آيْنَمَا كُنْتُهُ تَعْبُدُونَ اللَّهِ

مِنْ دُوْكِ اللهِ مَكُلُ يَنْصُرُوْنَكُمْ اَوْ يَنْتَصِرُونَ أَنَّ

فَكُثِكِبُوْا فِيْهَاهُمْ وَالْغَاوُنَ الْمُ

وَجُنُودُ اِبْلِيْسَ آجْمَعُوْ نَ ﴿

قَالُوْا وَهُمْ رِفِيْهَا يَخْتَصِمُوْنَ ﴿

تَا سُّهِ إِنْ كُنَّا لَفِيْ ضَلْلٍ مُّبِيْنٍ ﴿

إِذْ نُسَوِّيْكُمْ بِرَبِّ الْعُلَمِيْنَ ﴿

وَمَّا أَضَلَّنا إِلَّا الْمُجْرِمُون ن

فَمَا لَنَامِنْ شَافِعِيْنَ اللهِ وَلَا**صَدِيْقِ حَمِيْمِ**۞

فَلَهُ أَنَّ لَنَا كَدَّةً فَنَكُهُ نَ

مُّؤُمِندُن ﴿

106. Abantu ba Nūhu *nabo* baalimbisa Abatume.

yabagamba nti: Abaffe, temuutye Allah?

108. Mazima nze ndi Mubaka gye muli, omwesigwa.

109. Kale mutye Allah era mumpulire.

nkola, kuba empeera yange eri ku Mukama w'ensi yonna.

111. Kale mutye Allah era mumpulire.

ng'ate abakugoberera be basinga n'obunyoomoofu?

113. N'agamba nti: Nze mmanyi ki kw'ebyo bye baakolanga?

mulala wabula ku Mukama wange, singa mubadde mutegeera.

115. Era nze siri wa kugobaganya bakkiriza.

116. Anti nze siri kirala, wabula ndi Mulabuzi ow'olwaatu.

117. Nebagamba nti: Bwotekomeko ggwe Nūhu, mazima ojja kuba mw'abo ab'okukubibwa amayinja.

118. Nūhu n'agamba nti: Mukama wange, mazima abantu bange bannimbisizza.

كَا فْتَحْ بَيْنِيْ وَ بَيْنَهُمْ فَتَحَاقَ نَجِّنِيْ وَ nabo وَيَجِنِيْ وَ 119. Kale lamula wakati wange nabo olulamula era omponye wamu n'abo abali nange abakkiriza.

mu kyombo ekijjuzibbwa.

121. N'oluvannvuma twasaanyaawo abaasigalira.

122. Mazima mw'ekyo mulimu akabonero, naye abasinga obungi mu bo tebaali bakkiriza

123. Era ddala Mukama wo ye Luwangula, Ow'ekisa ekingi.

### Ruku 7

124. N'aba 'Ādi baalimbisa Ababaka,

كَذَّبَتْ قَوْمُ نُوْحِ إِلْمُرْسَلِيْنَ ﴿

الْهُ قَالَ لَهُ هُا تُحُوْهُمُ مُنُوْحٌ ٱلاَ تَتَّقُوْنَ ﴿ Nuhu bwe الْهُ قَالَ لَهُ هُا تُحُوْهُ هُ هُ نُوْحٌ الاَ تَتَّقُونَ ﴿ 107. Awo muganda waabwe Nuhu bwe رِانِّيْ لَكُمْرَسُوْلُ آمِيْنُ اللهِ

فَاتَّقُهِ ١١ مِلْهُ وَأَطِيْعُوْنِ ﴿

110. Era nze sibasaba mpeera kw'ebyo bye وَمَا اَشْعَلُكُمْ عَلَيْهِ مِنْ اَجْرِجَ إِنْ اَجْرِيَ إِلَّا عَلَى رَبِّ الْعُلَمِينَ ﴿

فَاتَّقُوا اللَّهَ وَ ٱطِيْحُونِ شُ

112. Nebagamba nti: Abaffe, tukukkirize أَكُونَا اللَّهُ مِنْ لَكَ وَا تَنْبَعَكَ الْأَرْدَلُونَ اللَّهِ اللّ

قَالَ وَمَا عِلْمِيْ بِمَاكَانُوْا يَعْمَلُوْنَ شَ

اِنْ حِسَابُهُمْ اِلْاَعَلَىٰ رَبِّيْ لَوْتَشْعُرُوْنَ ﴿ 114. Anti okubalibwa kwabwe tekuli ku

وَمَا أَنَا بِطَارِدِ الْمُؤْمِنِينَ أَنَ ران آقا رالاً نَذِيرُ مُّبِينُ أَنْ

قَالُوا لَئِنْ لَّمْ تَنْتَهِ يِنُوْمُ لَتَكُوْنَنَّ مِنَ الْمَرْجُوْمِيْنَ۞

الله قَالَ رَبِّانَ قَوْمِيْ كَذَّ بُونِ فَهُ

مَنْ مَّعِي مِنَ الْمُؤْمِنِينَ ١٠٠

اَكُوَيُنِهُ وَ مَنْ مَّعَهُ فِي الْفُلْكِ 120. Kale twamuwonya wamu n'abaali naye الْمَشْحُوْنِ۞

تُمَّاعُكُ قَناكبَعُدُ الْبِقِيْنَ أَن

اتَّ فِي ذَٰلِكَ لَأَيْتًا ، وَمَا كَانَ ٱكْثَرُهُمْ مُّهُ مِنْ بُنَ (۱۲)

كَذَّبَتْ عَادُ إِلْمُرْسَلِيْنَ ﴿



125. Awo muganda waabwe Hūdu bwe yabagamba nti: Abaffe, temuutye Allah?

126. Mazima nze ndi Mubaka gye muli, omwesigwa.

127. Kale mutye Allah era mumpulire.

empeera yange eri ku Mukama w'ensi yonna.

129. Abaffe, muzze mu kuzimba bijjukizo ku buli kifo ekigulumiyu nga munoonya ekitiibwa ekitaliimu nsa,

nno mulyooke mubeere ab'olubeerera?

131. Era buli lwe mukwata *omuntu* yenna, mumukwata mu ngeri ya baliisamaanyi.

132. Kale mutye Allah era mumpulire.

bye mumanyi.

134. Yabayamba n'abawa ebisolo. n'abaana.

135. N'ensuku, n'ensulo.

136. Mazima nze mbatiisa ekibonerezo ky'olunaku olw'ekitalo.

137. Baddamu nti: Ky'ekimu bw'obuulirira oba bw'otoba mw'abo ababuulirira.

138. Bino si birala wabula y'empisa y'abo abaatusooka.

139. Era ffe tetuli ba kubonerezebwa.

tubazikiriza. Mazima mw'ekyo mulimu akabonero, naye abasinga obungi mu bo tebaali bakkiriza.

141. Era ddala Mukama wo ye Luwangula, Ow'ekisa ekingi.

Ruku 8

142. N'aba Thamūda baalimbisa Ababaka.

إِذْ قَالَ لَهُمْ آخُوْ هُمْ هُوْدٌ آلَا تَتَّقُوْنَ شَ ان تُكُمْرُسُولُ آمِيْنُ اللهُ

فَاتَّقُوا اللهَ وَ أَطِيْعُوْنِ شَ

128. Era nze sibasaba mpeera ku byo, anti وَمَا اَشْعَالُكُمْ عَلَيْهِ وَنْ آجْرِم إِنْ آجْرِي الاعلى رَبِّ الْعٰلَمِيْنَ ﴿

ٱتَبْنُوْنَ بِكُلِّ رِيْعِ أَيْدً تَعْبَثُوْنَ اللهُ

رُ تَتَّخِذُ وْنَ مَصَارِنِعُ لَعَلَّكُوْمَ تَعْلُدُوْنَ شَى 130. Era muzimba embiri n'amakolero olwo وَإِذَا بَطَشْتُمْ بَطَشْتُمْ جَبّاً رِيْنَ أَ

فَاتَّقُهُ اللَّهُ وَأَطِيْعُونِ شَ

رَاتَّقُوا الَّذِي آَمَةً كُمْ بِمَا تَعْلَمُوْنَ ﴿ 133. Era mutye Oyo eyabayamba kw'ebyo

أَمَدُّكُمْ بِأَنْعَامِ وَ بَنِيْنَ أَنَّ

**ۯؘؘۘۘ**ۻؾ۠ٚڿؚڗٞۼؙؽؙۉ؈ۣٛٙ

الِنَّ ٱخَافُ عَلَيْكُمْ عَذَابَ يَوْمِ عَظِيْمِ الْ قَالُوْاسَوَآءُ عَلَيْنَآ اُوَعَظْتَ آمْلَمْ تَكُنْ gye tuli وَتُكُنْ اَمْ عَظْتَ آمْلَمْ تَكُنْ الْ مِّنَ الْوَاعِظِيْنَ ﴿

إِنْ هُذَا إِلَّا خُلُقُ الْأَوْلِينَ إِلَّا خُلُقُ الْأَوْلِينَ إِلَّا خُلُقُ الْأَوْلِينَ إِلَّا

وَمَا نَحْنُ بِمُعَذَّبِيْنَ ﴿

الْكُذَّ بُوعُ فَأَهْلَكُنْهُمْ مَا إِنَّ فِي ذَٰلِكَ عَامِهُمُ مَا اللَّهُ عَاهُمُ اللَّهُ عَامُهُمُ مَا اللّ لايدةً ورَمّا كَانَ آكَثُرُهُمْ مُّوْمِنِيْنَ ١٠

﴿ وَإِنَّ رَبُّكَ لَهُوَ الْعَزِيزُ الرَّحِيمُ ﴿

كَذَّ بَتْ ثَمُوْدُ الْمُوْسَلِيْنَ أَنَّ

رِذْقَالَ لَهُمْ اَخُوْهُمْ صَلِحُ ٱلرَّتَةَقُونَ ﴿ Awo muganda waabwe Swālehe bwe yabagamba nti: Abaffe, temuutye Allah?

144. Mazima nze ndi Mubaka gye muli, omwesigwa.

145. Kale mutye Allah era mumpulire.

146. Era sibasaba mpeera ku kyo, wabula وَمَا اَشْعَلُكُمْ عَلَيْهِ مِنْ اَجْرِ جِرانَ empeera yange eri ku Mukama w'ensi yonna.

147. Abaffe, *mulowooza nti* munaalekebwa ku biri wano *ku nsi* nga muli mirembe,

148. Mu nsuku n'ensulo,

149. N'ennimiro, n'emitende okubala kwa gyo okujula okugiwogola?

150. Era nga muwookoola mu nsozi amayu بُيُوتًا n'obukugu?

151. Kale mutye Allah era mumpulire.

152. Era temugondera biragiro by'abo abasukiridde obubi.

التَّذِيْنَ يُفْسِدُوْنَ فِي الْأَرْضِ وَ لَا 153. Abo abatabulatabula mu nsi era التَّذِيْنَ يُفْسِدُوْنَ فِي الْأَرْضِ وَ لَا abatalongoosa.

154. Baagamba nti: Mazima ggwe oli mw'abo abaloge;

155. Ggwe toli kirala wabula oli muntu nga ffe. Kale leetayo akabonero, obanga oli mw'abo aboogera amazima.

قَالَ هٰذِهِ نَاقَةً لَّهَا شِدْتِ وَ لَكُمْ وَالْعُومِ 156. N'agamba nti: Eng'amira enkazi yiiyo, erina oluwalo lwa yo olw'okunywa, nammwe mulina oluwalo lwammwe olw'okunywa ku lunaku olumanyiddwa.

embi, si kulwa nga mukwatibwa ekibonerezo ky'olunaku olw'entiisa.

158. Kale bo baagitemako amagulu; olwo nebafuuka abejjusa.

mw'ekyo mulimu akabonero, era abasinga obungi mu bo tebaali bakkiriza.

160. Era ddala Mukama wo ye Luwangula, Ow'ekisa ekingi.

رِزِّيْ لَكُمْرَسُوْلُ آمِيْنُ اللهُ

فَاتَّقُوااللَّهُ وَ ٱطِيْعُونِ ١٠

ٱڿڔۣڲٳ؆ؖػڶۯتؚٵڷۼڷڝؽڹؖڰ

رَ تُتْرَكُونَ فِي مَا هُمُنَا أَمِنِيْنَ أَصُ نِيْ جَثْتِ وَّعُيُونِ ﴿

وَّزُرُوْءٍ وَ نَخْلِ طَلْعُهَا هَضِيْمُ شَ

وَ تَنْجِتُونَ مِنَ الْجِبَالِ فرهين ١

فَاتَّقُوا لِللهَ وَ ٱطِيْعُونِ

مُصْلِحُوْنَ ا

وَ لَا تُطِيْعُوااً مْرَ الْمُشرِفِيْنَ الْ

قَالُوْ النَّمَا آئت مِنَ الْمُسَحِّرِينَ 6

مَا آنْتَ إِلَّا بَشَرُ مِّثْلُنَا ﴾ فَأْتِ بِأَيَّةٍ ران كُنْتَ مِنَ الصَّدِقِيْنَ

شِرْبُ يَوْ مِر مَّعْلُوْ مِرْ أَيْ

157. Kale temugikwatangako mu ngeri كَلَ تَمَسُّوْهَا بِسُوْعٍ فَيَاكُذُكُمْ عَذَابُ يَوْ مِرْ عَظِيْمِ ﴿

فَعَقَرُوْهَا فَأَصْبَعُوا نَدٍ مِدِنَ

فَأَخَذُهُمُ الْعَذَاكِ اللَّهِ إِنَّ فِي ذَٰ لِكَ لَا يَدَّاءُ Nebakwatibwa ekibonerezo. Mazima المُعَدِّد المُعارِق فِي ذَٰ لِكَ لَا يَدَّاءُ اللَّهُ الْمُعَدِّد اللَّهُ اللَّ وَمَا كَانَ آكَتُرُهُمْ مُّؤُمِنِينَ ا

عُ وَإِنَّ رَبُّكَ لَهُوَالْعَزِيزُ الرَّحِيمُ اللَّهِ الرَّحِيمُ اللَّهُ

161. N'abantu ba Lūti baalimbisa Abatume.

كَذَّبَتْ قَوْمُلُوطِ إِلْمُرْ سَلِيْنَ أَهُ

رانِیْ لَکُورَسُولُ آمِدُنُ اللهِ

اِذْقَالَ لَهُمْ آخُوْهُمُ لُوْطُ ٱلْاَتَتَقُوْنَ شَي 162. Awo muganda waabwe Lūti bwe yabagamba nti: Abaffe, temuutye Allah?

163. Mazima nze ndi Mubaka gye muli, omwesigwa.

164. Kale mutye Allah era mumpulire.

أَمَا آشَكَانُكُمْ عَلَيْهِ مِنْ آجْرِ ء إِنْ آجْرِي kyo, وَمَا آشَكَانُكُمْ عَلَيْهِ مِنْ آجْرِ ء ال wabula empeera yange eri ku Mukama w'ebitonde byonna.

166. Abaffe, mu bantu bonna, mmwe mugenda eri basajja bannammwe!

Mukama wammwe be yabatondera? Mazima muli bantu abaasukka ekigero.

komeko, mazima ojja kuba mw'abo abanaawang'angusibwa.

169. N'agamba nti: Mazima nze ndi mw'abo abakyayira ddala ekikolwa kyammwe.

170. Mukama wange, mponya n'aboomu nju yange ebyo bye bakola.

171. Kale twamuwonya n'abewuwe bonna,

172. Okuggyako omukazi omukadde y'eyali mw'abo abaasigalira.

173. Ate abalala twabazikiriza.

enkuba y'abaalabulwa nga yali mbi nnyo!

naye abasinga obungi mu bo tebaali bakkiriza.

176. Era ddala Mukama wo ye Luwangula, Ow'ekisa ekingi.

Ruku 10

177. N'abantu b'omu kibira baalimbisa Abatume.

178. Awo Shu'aibu bwe yabagamba nti: Abaffe, temuutye Allah?

179. Mazima nze ndi Mubaka gye muli, omwesigwa.

فَاتَقُوااللَّهُ وَ أَطِيْعُونِ ١٠٠ الأعلى رَبّ الْعُلَمِيْنَ شَ

أَتَأْتُوْنَ الذُّحْرَانَ مِنَ الْعُلَمِيْنَ إِلَّ

كَ تَذَرُونَ مَا خَلَقَ لَكُمْ رَبُّكُمْ رِصِّنَ 167. Nemulekawo bakyala bammwe abo ٱڒٛۯٳڿڬؙۿ؞ؠڷٲٮٛؾؙۿۊۜۄٛۿؙۼۮۏڽ۞

قَالُوْا لَئِنْ لَّمْ تَنْتَهِ يِلُوْطُ لَتَكُوْ نَتَ مِنَ -Jos. Nebagamba nti: Gwe Lūti bw'otee المُخْرَجِيْنَ 🕾

قَالَ إِنِّي لِعَمَلِحُمْ مِّنَ الْقَالِيْنَ الْسَالِينَ الْمُعَالِيْنَ

رَبِّ نَجِّنِيْ وَ آهُلِيْ مِمَّا يَحْمَلُوْنَ ₪ فَنَجَّيْنُهُ وَ اهْلُهُ آجْمَعِيْنَ أَسَ رِ لَكَ عَجُوزًا فِي الْغِيرِينَ الْ ثُمَّدَمَّوْنَا الْهَاخَدِيْنَ الْ

وَ اَهْطُونَا عَلَيْهِهْ مَّطُوًا مِ فَسَاءً مَطُرُ Pra netubatonnyesereza enkuba; naye مُطَوّنا عَلَيْهِهُ مَط المُنْذَرِيْنَ

اِنَّ فِيْ ذَٰلِكَ لَأَيَةً مَوْمًا كَانَ ٱكْنَارُهُمْ , 175. Mazima mw'ekyo mulimu okulabula

عَ وَإِنَّ رَبُّكَ لَهُوَ الْعَزِيْزُ الرَّحِيْمُ أَهُ

كَذَّب آصْحَبُ لَكَيْكَةِ الْمُرْسَلِيْنَ أَهُ رِدْقَالَ لَهُمْ شُعَيْثُ ٱلْاتَتَقَوْنَ هُ النُّ لَكُمْ رَسُولُ آمِينَ اللَّهِ

180. Kale mutye Allah era mumpulire.

181. Era nze sibasaba mpeera ku kyo, زُمَا اَهُومِ عَلَيْهِ مِنْ اَجْوِمُ إِنْ اَجْوَمُ اللّهِ اللّهِ اللّهُ الللّهُ اللّهُ اللّهُ اللّهُ اللّهُ اللّهُ اللّهُ اللّهُ اللّهُ اللّ إِلَّا عَلَى رَبِّ الْعُكَوِيْنَ ١ w'ensi yonna.

182. Kale mutuukirize ebipimo era temuba هُنُوا الْكُيْلُ وَلَا تَكُوْ نُوْا مِنَ الْمُخْسِرِ يْنَ شَ mw'abo abaseera.

183. Era mupimenga ne minzaani entuufu.

bya bantu, era temukolanga ebyambyoone mu nsi n'okutabulatabula.

رُ اتَّقُوا الَّذِيْ خَلَقَكُمْ وَ الْجِبِلَّةُ 185. Era mutye Oyo eyatonda mmwe n'ebitonde eby'olubereberye.

186. Baagamba nti: Mazima ggwe oli mw'abo abaloge.

nga ffe era tukakasa nti ddala oli mu balimba.

كَا شَقِطْ عَلَيْنَا كِسَفًا مِّنَ السَّمَاءِ إِنْ كُنْتَ Male tusuuleko ebibajjo okuva mu فَأَشْقِطُ عَلَيْنَا كِسَفًا مِّنَ السَّمَاءِ إِنْ كُنْتَ ggulu, obanga oli mw'abo aboogera amazima.

189. N'agamba nti: Mukama wange y'asinga okumanya ebyo bye mukola.

190. Kale baamulimbisa, bakwatibwa ekibonerezo ky'olunaku lw'ekikome. Mazima ekyo ky'ekyaali ekibonerezo ky'olunaku olw'entiisa.

191. Mazima mw'ekyo mulimu akabonero, naye abasinga obungi mu bo tebaali bakkiriza.

192. Era ddala Mukama wo ye Luwangula, Ow'ekisa ekingi.

### Ruku 11

mazima yo Kur'āni kwe 193. Era kubikkulirwa kw'Omulezi w'ebitonde byonna.

194. Mwoyo Mwesigwa y'eyakka nayo

195. Ku mutima gwo, olyooke obeere mu Balabuzi.

196. Nga eri mu lulimi Oluwarabu olunnyonnyofu.

197. Era ddala yo eri ne mu biwandiiko eby'abaabasooka.

وَذِنُوا بِا لَقِسُطَاسِ الْمُسْتَقِيْمِ شُ وَلَا تَبْغَسُوا النَّاسَ اشْيَاءَهُمْ وَلَا تَعْنُوا 184. Era temukendeezanga muwendo gwa

فَاتُّقُوااللُّهُ وَأَطِيْعُونِ أَمَّ

في الأرض مُفْسِد يْنَ شَ

قَالُوْا إِنَّكُمَا ٱنْتَ مِنَ الْمُسَحِّرِينَ اللَّهِ

187. Era ggwe toli kirala wabula oli muntu وَمَمَا اَنْتَ اِلَّا بَشَرٌ مِّقْلُنَا وَإِنْ تَطُنُّكَ لَمِنَ

مِنَ الصِّدِيْثِينَ ١

قَالَ رَبِّنَ آعْلَمُ بِمَا تَعْمَلُوْنَ ۞

فَكَذَّ بُوْهُ فَأَخَذَ هُمْ عَذَا بُ يَوْمِ الظُّلَّةِ ، olwo ne انككاك عَذَابَ يَوْمٍ عَظِيْمٍ ۞

راتٌ فِي ذٰلِكَ لَا يَدُّورُ مَا كَانَ ٱكْثَرُهُ مِهُ

عُ وَإِنَّارَبُّكَ لَهُوَالْعَزِيْ

وَإِنَّهُ لَتَنْزِيْلُ رَبِّ الْعُكَمِ

نَزُلُ بِهِ الرُّوْحُ الْأَمِيْنِ اللَّهُ عَلَى قَلْبِكَ لِتَكُوْنَ مِنَ الْمُنْذِرِيْنَ اللَّهِ بِلِسَانٍ عَرَبِيٌّ مُّبِيْنٍ اللهُ

وَ رانَّكُ كَفِي زُبُيرِ الْإَوَّ لِـ يُنَ



198. Abaffe, ako si kabonero gye bali الْحُرِيْكُ مِنْ لَكُمْ إِلَيْهُ إِلَيْهُ مِنْ كُمُونَ لَكُمْ اللَّهُ ال okulaba nti n'abakugu b'abaana ba Isirairi bagimanyi?

199. Era singa twagissa ku yenna atali Muwarabu

200. N'agibasomera, tebaaligikkirizza.

201. Bwe kityo nno twakiyingiza mu myoyo gy'abakozi b'ebibi.

كَا يُوْمِنُوْنَ بِهِ حَتَّى يَرُوُاالْحَذَابِ الْرَلِيْمِ أَسُ 202. Nti tebayinza kugikkiriza okutuusa lwe baliraba ekibonerezo ekirumya.

203. Kale kiribatuukako kibwatukira nga tebategedde.

204. Olwo baligamba nti: Abaffe, tunaaweebwayo ku kaagaanya?

205. Abaffe, ekibonerezo kyaffe kye bawujjirira?

206. Abaffe, okiraba otya singa tubeeyagazaamu okumala emyaka?

207. N'oluvannyuma nebatuukibwako ekibonerezo ekyo kye balabulwako.

208. *Ddala* tebiribagasa bye ebyo beeyagazibwamu.

رُمَا اَهْلَكُنَا مِنْ قَرْيَةِ إِلَّا لَهَا 209. Era tetuzikirizanga kibuga kyonna وَمَا اَهْلَكُنَا مِنْ قَرْيَةِ إِلَّا لَهَا wabula nga kimaze kufuna Balabuzi.

210. Kuno kubuulirira; era ffe tetuli balyazaamaanyi.

211. Era *Kur'āni* ba Sitaani si be bakka nayo.

212. Yo tebasaanira, ate nabo tebasobola.

213. Mazima baaziyizibwa okuwulira.

214. Kale tolaajaniranga musinzibwa mulala awamu ne Allah, si kulwa nga obeera mw'abo ab'okubonerezebwa.

215. Era labula ab'olulyo lwo ab'oku lusegere.

ogw'obusaasizi ku bakkiriza abakugoberera.

عَصُوكَ فَقُلُ رَبِّي بَرِيْ إِي قِمًا Maye bwe bakujeemeranga, kale gamba وَإِنْ عَصُوكَ فَقُلُ رَبِيْ بَرِيْ nti: Nze nejjeeredde kw'ebyo bye mukola.

بَنِيْ إِسْرَاءِ يُلَهُ وَكَهُ نَزَّ لَنْهُ عَلَى بَعْضِ الْأَعْجَمِيْنَ اللهُ فَقَرَاهُ عَلَيْهِمْ مَّاكًا نُوْابِهِ مُؤْمِنِيْنَ أَن كَذْلِكَ سَلَكُنْهُ فِي قُلُوْبِ الْمُجْرِمِيْنَ أَن فَيَاتِيهُمْ بَغْتَةً وَّهُـهُ لا يَشْحُرُونَ اللهُ

فَتَقُوْلُوْا هَلْ نَحْنُ مُنْظُرُوْنَ أَن اَفَبِعَذَا بِنَا يَشتَعْجِلُونَ

آفَرَءُ ثِبَ إِنْ مُتَعَيْنُهُمْ سِنِيْنَ ﴿

نُمَرِّجًاءَ هُمْ مَثَّاكًا نُوْا يُوْ عَدُوْنَ اللهِ

مَّ آغْنَى عَنْهُمْ مَّا كَانُوا يُمَتَّعُوْنَ أَنَّ

الله مُنْذِرُونَ اللهُ

خِكُرِى شُورَمَا كُنَّا ظِلمِهُ نَ

وَمَا تَنَزُّلُتُ بِهِ الشَّلِطِينُ ﴿ وَمَا يَثْلُمُونَ لَهُمْ وَمَا يَشْتَطِيْعُونَ أَنْ

إِنَّهُمْ عَنِ السَّمْعِ لَمَعْزُ وْلُونَ السَّمْعِ لَمَعْزُ وْلُونَ السَّمْعِ

فَلَا تَدْءُ مَعَ اللهِ إِلْهًا أَخَرَ فَتَكُونَ مِنَ

216. Era kkakkanyanga omukono gwo وَاخْفِضْ جَنَّا هَكَ لِمَنِ اتَّبَعَكَ مِنَ

218. Era ssa obwesige *bwo* mu Luwangula, Ow'ekisa ekingi.

219. Oyo akulaba awo nga oyimiridde mu ssaala.

220. Ne mu kutawuka kwo *nga oli* mw'abo abavuunama.

221. Mazima Ye y'Awulira byonna, ye Mumanyi wa byonna.

ba Sitaani?

223. Bakkira ku buli mulimba lukulwe, omwonoonyi.

abasinga obungi mu bo balimba.

225. Era abayiiya b'ebitontome bagobererwa abo abaawaba.

226. Abaffe, tolaba nga bwe babulubuuta mu buli kawonvu?

227. Era nga ddala boogera ne bye batakola.

abakkiriza 228. Okuggyako abo nebakola ebikolwa ebirungi era nebatendereza nnvo Allah era nebeerwanako luvannyuma lwa kujoogebwa. Era mangu nnyo abo abajoozi bajja kumanya buddo ki bwe baliddamu.

رَ تُوكُّلُ عَلَى الْعَزِيْزِ الرَّحِيْمِ اللَّهِ

الَّذِي يَراكَ حِيْنَ تَقُوْمُ إِسْ

وَتَقَلُّبُكُ فِي الشَّجِدِ يُنَ ٣

الله هُوَالسَّمِيْعُ الْعَلِيْمُ

مَكُ أُنَيِّئُكُمْ عَلَىٰ مَنْ تَنَزَّلُ الشَّيْطِيْنُ أَصْ Abaffe, mbategeeze oyo akkirwako

تَنَزَّلُ عَلْ كُلِّ ٱفَّاكِ ٱشِيْمٍ

224. Beefuula abawuliriza ennyo so nga المَنْهُ عُلْمُ الْمُعْدَى السَّمْعَ وَالْمُعْدَى السَّمْعَ وَالْمُعْدَى السَّمْعَ وَالْمُعْدَى السَّمْعَ وَالسَّمْعَ وَالسَّمْعَ وَالسَّمْعَ وَالسَّاءِ وَالسَّمْعَ وَالسَّاءِ وَلَّا السَّاءِ وَالسَّاءِ وَالسّاءِ وَالسَّاءِ وَالسَّاءِ

وَالشُّعَوَّاءُ يَتَّبِعُهُمُ الْغَاوَنَ أَمْ

المُتَرَائَهُمْ فِي كُلِّ دَاجٍ يَلِهِيمُونَ اللهِ

وَٱنَّهُمْ يَقُوْلُونَ مَا لَا يَفْعَلُونَ اللَّهِ

الاً الذي يَنَ أَمَنُوا وَ عَمِلُوا الصَّلِمْتِ وَ era ذَكُرُوا اللَّهَ كَين إِزَّا وَّا نُتَصَرُوا مِنْ بَعْدِ مَا ظُلِمُوا ﴿ وَسَيَعْلَمُ الَّذِينَ ظَلَمُوا أَيَّ ع مُنْقَلَبِ يَنْقَلِبُونَ أَنْ



# AL-NAML

(Yakka lubereberye lwa Hijra)

- l. Ku lw'erinnya lya Allah, Omusaasizi ennyo Ow'ekisa ekingi.
- 2. Tā Sin .\* Zino ze Aya za Kur'āni era طِسَ تَن تِلْكَ الْيْتُ الْقُرْانِ وَ كِتَابٍ ky'Ekitabo ekitangaaza,
- 3. Bwe bulung'amu era ge mawulire ag'essanvu eri abakkiriza.
- 4. Abo abajjumbira essaala era nebatoola zaka, era ngabo n'enkomerero bagikakasa.
- 5. Mazima abo abatakkiririza munkomerero twabalungiyiza ebikolwa byabwe, kale bali mu kuwunaawuna.
- 6. Abo nno be balifuna ekibonerezo ekibi ennyo, era abo ne ku nkomerero be balisinga okufaafaaganirwa.
- nga eviira ddala eri Oyo Omugezi ennyo, Omumanyi wa byonna.
- ab'omu maka ge nti: Mazima nnengedde omuliro. Nzija kubaleetera eggulire okuva ku gwo, oba mbaleetere ekitawuliro, mulyooke mwoote.
- 9. Kale bwe yagutuukako, yakoowoolwa nti: Aweereddwa omukisa oyo ali mu muliro n'abo abali ebbali wa gwo; era Omutukuvu ye Allah, Mukama w'ebitonde byonna.
- 10. Owange ggwe Mūsa, mazima nze Allah Luwangula, Omugezi ennyo.
- 11. Kale suula wansi omuggo gwo. Kalebwe yagulaba nga gwetogoonyola nga gulinga akasota, n'akyuuka n'adduka era teyatunula na mabega. Allah n'agamba nti: Owange Musa, totya. Mazima Ababaka tebatya nga bali mu maaso gange.

بشمرا لله الرَّحْمُنِ الرَّحِيْمِ

هُدًى وَ يُشْرَى لِلْمُؤْمِنِيْنَ أَ

الْكِزِيْنَ يُقِيْمُوْنَ الصَّلُولَةَ وَ يُؤْتُونَ الزُّكُوةَ وَهُمْ بِالْأَخِرَةِ هُمْ يُوقِنُونَ رِكَ اللَّذِينَ لَا يُؤْمِنُونَ بِالْأَخِرَةِ زَيُّنَّالَهُمْ أَعْمَالَهُمْ فَهُمْ يَعْمَهُ وْنَ٥ اُولِيَّكَ الَّذِيْنَ لَهُمْ سُوْءً الْحَذَابِ وَهُمْ فِ الْأَخِرَةِ هُمُ الْأَخْسَرُونَ ۞

7. Era ddala ggwe oweereddwa Kur'āni وَمَانَكُ لَتُكُونُ الْقُوْانَ مِنْ لَكُنْ الله مُويْمِ عَلِيْمٍ ﴿

اِذْ قَالَ مُوْسَى لِآهَلِهٖ إِنِّيٓ أَنَسَتُ نَارًا هِ Mūsa bwe yagamba إِذْ قَالَ مُوْسَى لِآهَلِهٖ إِنِّيٓ سَاتِيكُمْ مِّنْهَا بِخَبْرِادُ اٰتِيكُمْ بِشِهَابٍ قَبَسِ لَعَلَّكُمْ تَصْطَلُونَ ﴿

> فَلَمَّا جَاءُهَا نُوْدِي أَنْ بُورِكَ مَنْ فِي النَّارِ وَ مَنْ حَوْلَهَا وَسُبَحْنَ اللَّهِ رَبِّ العلمين

> يْمُوْسَى إِنَّهُ آنَا اللهُ الْعَزِيْرُ الْحَكِيْمُ اللهُ

وَ ٱلْنِي عَصَاكَ مِ فَلَمَّا رَاٰهَا تَهْتُرُّ كَأَنَّهَا جَانَّةُ وَلَٰ مُدْبِرًا وَ لَمْ يُعَقِّبُ ا يُمُوْسَى لَا تَخَفْسُ إِنِّي لَا يَخَافُ لَدَيَّ ٵڷڡؙۯڛؘڶۉؽؗۺؖ n'akyuusaamu ebikolwa ebirungi oluvannyuma lw'ebibi, kale ddala Nze Musonyiyi ennyo, Owekisa ekingi.

kikondoolo kyo, gujja kuvaamu nga mweru tukutuku, obutali bulwadde; nga ke kamu لِلْ فِرْعَوْنَ وَقَوْمِهِ النَّهُمْ كَانُوْا تَوْمًا eri إِلْى فِرْعَوْنَ وَقَوْمِهِ النَّهُمْ كَانُوْا قَوْمًا Farāwo n'abantu be; mazima bo bantu bajeemu.

- 14. Kale bwe baatuukibwako obubonero bwaffe obunnyonnyofu, baagamba nti: Buno bulogo bwa lwaatu.
- 15. Era baabugaana mu bugenderevu olw'emputtu n'okwekulumbaza, so nga emyoyo gyabwe gyabumatira. Kale laba enkomerero y'abakozi b'ebyambyoone nga bwe yali.

Ruku 2

- 16. Era ddala twawa Dāūdi ne Sulaimāni okumanya. Era beebaza nga bagamba nti: Allah, Oyo Amatendo gonna ga eyatusukkulumya okusinga abangi mu baweereza be abakkiriza.
- 17. Era Sulaimāni yasikira Dāūdi, n'agamba nti: Abange mmwe abantu, twayigirizibwa enjogera y'ennyonyi era netuweebwa ne مِنْ كُلِّي شَيْءٍ اللَّهُ اللَّهُ وَ الْفَصْلُ Mazima gino gy'emikisa مِنْ كُلِّي شَيْءٍ اللَّهِ الْفَوْ الْفَصْلُ egv'olwaatu.
- 18. Era amagye ga Sulaimāni gaamukung'aanyizibwa okuva mu Majinni n'abantu n'ennyonyi nga bateereddwa mu bibinja.
- 19. Okutuusa lwe baatuuka ku kiwonvu ky'e Namuli, omukyala omuNamuli n'agamba nti: Abange mmwe aba Namuli, muyingire mu bisulo byammwe, Sulaimāni n'amagye ge baleme kubabetenta nga tebategedde.
- 20. Kale *Sulaimāni* kwe kumwenyamu n'aseka olw'ebigambo bye, n'agamba nti: اَوْزِعْنِيْ آنَ اَشْكُرُ نِعْمَتَكَ الَّتِيْ اَنْعَهْتَ الْتَقَى الْتَعْمَةُ الْتَعْمَةُ الْتَعْمَةُ الْتَعْمَةُ الْتَعْمَةُ الْتُعْمَةُ الْتُعْمَةُ الْتُعْمَةُ الْتُعْمَةُ الْتُعْمَةُ الْتُعْمَةُ الْتُعْمَةُ الْتُعْمَةُ اللَّهُ اللّ Mukama wange, nsobozesa okukwebaza ebyengera byo bye wampa, nze n'abazadde عَلَىٰ وَالْدِي وَ اَنْ اَعْمَلُ صَالِعًا bange, era nkolenga ebikolwa ebirungi by'osiima era nnyingiza, olw'okusaasira kwo, mu baweereza bo abatuukirivu.

الْرَ مَنْ ظَلَمَ ثُمَّ بَدُّلَ مُشِنًّا بَعْدَ شُوَّعٍ Pra n'oyo akola ebisobyo n'oluvannyuma الرَّ مَنْ ظَلَمَ ثُمَّ بَدُّلَ مُشِنًّا بَعْدَ شُوَّعٍ فَإِنَّ عَفُوْ رُرِّحِ يُمُ۞

بَيْضَاءَ مِنْ عَيْرِ سُوْءِ سَافِي تِشْعِ أَيْتِ

فَلَمَّا جَآءَ تُهُمْ ايتُنَا مُبْصِرَةً قَالُوْا

وَ حَحَدُوا بِهَا وَاسْتَنْقَنَتْهَا ٱنْفُسُهُمْ ظُلْمًا وَّ عُلُوًّا ﴿ فَا نَظُرْ كَيْفَ كَانَ عَاقِبَتُ في المُفْسِدِينَ ١٠

وَلَقَدُ التَّنْنَا دَاؤَدَ وَسُلَعْمِنَ عِلْمَاءِ وَقَالَا الْحَمْدُ يِلْهِ الَّذِيْ فَضَّلَنَا عَلَى كَثِيْرٍ مِّنْ عِبَادِهِ الْمُؤْمِنِيْنَ 🕦

رَوَرِتَ سُلَيْمُنُ حَاوُدَ وَ قَالَ لِيَا يُهَا النَّاسُ عُلَّمْنًا مَنْطِقَ الطَّيْرِ وَ أُوْتِيْنَا

وَحُشِرَ لِسُلَيْمُنَ جُنُودُهُ مِنَ الْجِنِّ وَ الْدِنْسِ وَالطَّيْرِ فَهُمْ يُوزُعُونَ

ا إِذَّا أَتَوا عَلَى وَاهِ النَّمْلِ " قَالَتْ نَهْلَةُ يَّاكَيُّهَا النَّهْلُ ادْخُلُوْا مَسْكِنَكُوْم مَنَّكُمْ سُلَيْمِنُ وَجُنُوْدُهُ ﴿ وَهُمْ

سَمُ ضَاحِگًا مِّنْ قَوْلِهَا وَ قَالَ رَبِّ تَرْضُمهُ وَ ٱدْخِلْنِي بِرَحْمَتِكَ فِي عِبَادِكَ

- 21. Naye bwe yeetegereza mu nnyonyi, n'agamba nti: Mbadde ki? Nga siraba Hudihudi, nandiki ali mw'abo abataliiwo?
- 22. Mazima nzija kumubonereza ekibonerezo ekikakali, oba ddala nzija kumusala; oba si kyo, anandeetera ensonga etegeerekeka emubuzizzaawo.
- 23. Waayitawo akaseera katono, *Hudihudi* n'atuuka. N'agamba nti: Ntegedde ggwe by'otannategeera era nzize gy'oli n'amawulire amakakafu okuva e Saba'.
- 24. Ddala nasanze *abaayo* nga bafugibwa mukazi era nga yaweebwa buli kimu era nga alina nnamulondo ensuffu.
- 25. Namusanze ye n'abantu be nga basinza njuba mu kifo kya Allah era nga Sitaani yabalungiyiza ebikolwa byabwe, kale n'abaziyiza eri ekkubo ettuufu; bwe batyo si balung'amu.
- 26. Era yababuza baleme kuvuunamira Allah Oyo akwekula ebikwekeddwa mu ggulu ne السَّمَا فِينَ وَالْأَرْضِ وَ يَعْلَمُ مَا تُنْفَفُونَ وَ وَيُونَا أَنْ السَّمَا فِينَ وَالْأَرْضِ وَ يَعْلَمُ مَا تُنْفَفُونَ وَ وَيُونِ وَالْمَا أَنْ فَعُلُونَ وَ وَيُونِ وَالْمَا مُنْفَعُونَ وَ وَقُونُ وَ وَالْمُعَالِمُ اللَّهُ عَلَيْهِ اللَّهُ عَلَيْهِ اللَّهُ عَلَيْهِ اللَّهُ عَلَيْهِ اللَّهُ عَلَيْهِ عَلَيْهِ اللَّهُ عَلَيْهِ عَلَيْهِ عَلَيْهِ اللَّهُ عَلَيْهِ ع mwoleka.
- Ye, Nannyini nnamulondo ensukkirivu.
- 28. Sulaimāni n'agamba nti: Tujja kwetegereza tulabe obanga oyogera mazima oba oli mu balimba.
- 29. Kale genda n'ebbaluwa yange eno ogisse maaso gaabwe, n'oluvannyuma obasegulire, olwo olabe kye banaddamu.
- 30. *Nnaabakyala* yagamba nti: Abange mmwe abakungu, mazima ndeeteddwa ebbaluwa ey'ekitiibwa.
- 31. Ddala yo evudde wa Sulaimāni era yo etandika bw'eti: Ku lw'erinnya lya Allah, Omusaasizi ennyo, Ow'ekisa ekingi.
- 32. Egamba nti: Temunneekulumbalizako, naye mujje gyendi nga muli bajeemulukufu.
- abakungu, mumpe amagezi ku nsonga

وَ تَفَقَّدُ الطَّيْرُ فَقَالَ مَا لِيَ إِلَّا ارْى الهُدْهُدَ اللهُ آمْ كَانَ مِنَ الْغَافِيدِينَ ٠٠٠ لَاُعَذِّبَتَّهُ عَذَاتًا شَدِيدًا أَوْكُمْ ٱذْبَحَتُّهُ آوْ لَيَا تِيَـنِّيْ بِسُلْطْنِ تُبِيْنٍ ·

فَمَكَثَ غَيْرَ بَعِيْدٍ فَقَالَ آحَطْتُ بِمَا كَمْ تُحِطْ بِهِ وَ جِئْتُكَ مِنْ سَبَياً بِنَبَا

إِنِّ وَجَدْتُ اصْرَاةً تَصْلِحُهُمْ وَ أُوْتِيَتْ مِنْ كُلِّ شَيْءٍ وَّلَهَا عَنْوَشُّ عَظِيمُ وَجَدْ تُهَاوَ قَوْمَهَا يَسْجُدُوْنَ لِلشَّمْسِ مِنْ دُوْنِ اللَّهِ وَ زَيَّنَ لَهُمُ الشَّيْطُنُ ٱڠمَاكَهُمْ فَصَدُّهُمْ عَنِ السَّبِيلِ فَهُمْ لَا كَفْتُدُ وْنَ

ٱلَّا يَسْجُدُ وُالِلَّهِ الَّذِي يُخْرِجُ الْخَبْءَ فِي مَا تُعْلِينُونَ ۞

عَدِّرَ اَلْتُهُ كَرِّالُهُ وَكُ الْعَرْشِ الْعَظِيْمِ فَيَ الْعَرْشِ الْعَظِيْمِ فَي 27. Allah, teri musinzibwa mulala okuggyako

قَالَ سَنَنْظُرُ آصَدَقْتَ آمْ كُنْتَ مِنَ الكذبين

إِذْهَبْ تِكِتْبِي هٰذَا فَأَلْقِهُ إِلَيْهِمْ ثُمَّ تَوَلَّ عَنْهُمْ فَانْظُرْمَاذَا يَرْجِعُونَ 🕾

قَالَتْ يَايُّهَا الْمَلَؤُارِيِّنَّ ٱلْقِيَ إِلَّيَّ كِتْبُ كَرِيْمُ⊙

رِاتُكُ مِنْ سُلَيْمُنَ وَإِنَّكُ بِشِيمِ اللَّهِ الرَّحْمْنِ الرَّحِيْمِ ال

﴿ الَّا تَعْلُوا عَلَىَّ وَأَتُونِي مُسْلِمِيْنَ ا

33. Nnaabakyala yagamba nti: Abange mmwe عَالَتْ يَا يُتُهَا الْمُلُوُّا اَفْتُونِي فِي آمْرِي مِ

yange eno kuba nze sisalawo nsonga yonna كَاكُنْتُ قَاطِعَةً ٱمْرًاحَتَّى تَشْهَدُونِ وَالْعَالَى الْعَالِمَةِ الْمُرَاحَةُ الْمُرَاحَةُ الْمُرَاحِةُ وَالْعَالِمُ الْعَلَيْدِ الْعَلَيْدِ الْعَلَيْدِ الْعَلَيْدِ الْعَلَيْدِ الْعَلَيْدِ الْعَلَيْدِ الْعَلِيْدِ الْعَلَيْدِ الْعَلِيْدِ الْعَلَيْدِ الْعَلِيْدِ الْعَلَيْدِ الْعَلَيْدِ الْعَلَيْدِ الْعَلَيْدِ الْعَلَيْدِ الْعَلَيْدِ الْعَلَيْدِ الْعَلَيْدُ اللَّهِ الْعَلَيْدِ الْعَلِيْدِ الْعَلِيْدِ الْعَلِيْدِ الْعَلِيْدِ الْعَلِيْدِ اللَّهِ الْعَلِيْدِ اللَّهِ الْعَلِيْدِ اللَّهِ الْعَلِيْدِ الْعَلِيْدِ الْعَلِيْدِ الْعَلِيْدِ اللَّهِ الْعَلَيْدِ اللَّهِ الْعَلَيْدِ الْعَلِيْدِ اللَّهُ اللَّهُ الْعَلِيْدِ اللَّهُ الْعَلَيْدِ اللَّهُ وَلَا الْعَلَيْدُ اللَّهُ اللَّهُ الْعَلِيْدِ الْعَلَيْدِ الْعَلِيْدِ اللَّهُ اللَّهُ اللَّهُ اللَّهُ اللَّهُ اللَّهُ اللَّهُ اللَّهُ اللَّهُ الْعَلَيْدِ اللَّهُ الْعَلَيْدِيلِيْنِ اللَّهُ الْعَلِيْدِي اللَّهِ الْعَلَيْدِ اللَّهِ الْعَلَيْمِ اللَّهِ اللَّهِ اللَّهِ الْعَلَيْمِ اللَّهِ اللَّهِ اللَّهِي اللَّهِ اللَّهِ اللَّهِ اللَّهِ اللَّهِ اللَّهِ اللَّهِ اللَّهِ اللَّهُ اللَّهِ اللَّهِ اللَّهِ اللَّهُ اللَّهِ اللَّهِ اللَّهِ اللَّهُ الْعَلَيْمِ اللَّهُ اللَّهُ اللَّهُ اللَّهِ اللَّهُ اللَّهُ اللَّهُ الْعِلْمِ اللَّهُ الْعِلْمِي اللَّهِ الْعِلْمِي اللَّهِ الْعِلْمُ okutuusa nga muli nange.

34. Baagamba nti: Ffe tuli ba maanyi nnyo era tuli balwanyi kasiggu, naye okulagira kuli gy'oli; kale weetegereze olabe ky'onoolagira.

- 35. Nnaabakyala n'agamba nti: Mazima عَالَتْ الْمُلُوْكَ إِذَا ذَخَلُوْا قَرْيَةً bakabaka bwe bayingira ensi, bagittattana era bafuula ab'ebitiibwa abagirimu ne baba ba wansi. Era ddala bwe batyo bwe bakola.
- 36. Naye nze nzija kubaweereza ekirabo, kale nninde ebyo ababaka bye banazza.
- Sulaimāni, yagamba nti: Abaffe, mmwe مَمَا اللّٰهُ عَيْرٌ مِمَّا اللّٰهِ عَلَيْ اللّٰهُ عَيْرٌ مِمَّا اللّٰهِ عَلَيْهُ مِنْ اللّٰهُ عَيْرٌ مِمَّا اللّٰهِ عَلَيْهُ مِنْ اللّٰهُ عَيْرٌ مِمَّا اللّٰهِ عَلَيْهُ اللّٰهُ عَلَيْهُ مِنْ عَلَّهُ مِنْ اللّٰهُ عَلَيْهُ مِنْ مِنْ اللّٰهُ عَلَيْهُ مِنْ مِنْ اللّٰهُ عَلَيْهُ مِنْ اللّٰهُ عَلَيْ اللّٰهُ عَلَيْهُ مِنْ مِنْ اللّٰهُ عَلَيْكُمْ مِنْ اللّٰهُ عَلَيْهُ مِنْ اللّٰهُ عَلَيْهُ مِنْ اللّٰهُ عَلَيْهُ عَلَيْهُ مِنْ اللّٰهُ عَلَيْهُ عَلَيْهُ مِنْ اللّٰهُ عَلَيْكُمْ مِنْ اللّٰهُ عَلَيْهُ مِنْ اللّٰهُ عَلَيْهُ مِنْ اللّٰهُ عَلَيْهُ مِنْ عَلَيْكُمْ عَلَيْكُمْ عَلَيْكُمْ عَلَيْكُمُ مِنْ عَلَيْكُمُ مِنْ عَلِي مُعْلِمُ عَلِي مِنْ مِنْ عَلِي Allah bye yampa bisingira wala ebyo bye yabawa. Mazima mmwe mwewulira lwa kirabo kyammwe k*ino*.
- batayinza kwang'anga, era ddala tujja kubafuumuula mu yo nga banyoomoofu era nga beetoowaze.
- 39. *Sulaimani* n'agamba nti: Abange mmwe abakungu, ani mu mmwe anandeetera nnamulondo ye nga tebannaba kujja gyendi nga bajeemulukufu?\*
- عَالَ عِفْرِيْتُ مِنَ الْجِنِّ آنَا أَرِيْكَ بِهِ قَبْلَ Majinni n'agamba عَالَ عِفْرِيْتُ مِنَ الْجِنِّ آنَا أَرِيْكَ بِهِ قَبْلَ na mu kifo kyo, mazima nze kw'ekyo ndi عكيه وَ إِنْ عَكيه عَلَيْهِ عَلَيْهِ عَلَيْهِ عَلَيْهِ عَلَيْهِ عَلَيْهِ wa maanyi nnyo, eyeesigibwa.

قَالُوْا نَحْنُ أُولُوْا قُوَّةٍ وَّ أُولُوْا بَأْسٍ شَرِيْدٍ الْأَوْرُ الْكَيْكِ فَانْظُرِيْ مَاذُا تُأْمُرِيْنَ

آفسدُ وْهَا وَ جَعَلُوٓا آعِزَّةَ آهَلِهَاۤ آذِلَّةً م وَكَذَٰ لِكَ يَفْعَلُوْنَ ۞ وَ إِنِّي مُوسِلَةً إِلَيْهِمْ بِهَدِيَّةٍ فَنْظِرَةً إِسمَ يَسْرَجِعُ الْمُرْسَلُوْنَ 🕤

فَلَمَّا جَاءَ سُلَيْهُ مَنَ قَالَ آتُو مُ وَنَنِ مِمَالِ وَ 37. Kale ababaka bwe baaguuka eri ٱنْتُمْ بِهَدِيَّتِكُمْ تَفْرَحُوْنَ ۞

38. Ggwe omubaka ddayo gye bali, kale اِلْيُهِمْ فَلَنَارِيَنَّهُمْ بِجُنُو فِي الْمُعْمِمُ الْيُهِمْ فَلَنَارِيَّةُمْ بِجُنُو فِي الْمُعْمِمُ اللهِمْ اللهُ اللهُ اللهُ اللهُ عَلَى اللهُ الله لَّارِقِبَلَ لَهُمْ بِهَا وَ لَنُخْرِجَنَّهُمْ مِّنْهَا آذِلَةً وَّهُمْ صَاغِرُونَ @

> قَالَ آياتُهُا الْمَلَوُّا ٱيُّكُمْ يَأْتِينِي بِعَرْشِهَا قَبْلُ أَنْ يَأْتُونِي مُسْلِمِيْنَ 🕜

> لَقُويُّ آمِيْنُ ٠

<sup>27:39.</sup> Okusinziira ku bigambo ebiri wano, kirabika nti Sulaimāni(a.s) yali tayagala nti nnamulondo ya Nnabakyala wa Saba' y'eba ereetebwa, wabula yali ayagala nnamulondo endala egifaananira ddala y'eba eteekebwa w'ali nga Nnabakyala oyo tannakyalira lubiri lwe, olwo bw'ajja yeewuunye nnyo. Okusinziira ku Aya eziddirira, waaliwo okuvuganya wakati w'abakugu nga baagala bamanye ani mu bo ayinza okukola nnamulondo efaananira ddala n'eyo eya Nnabakyala w'e Saba', aggwemu okwemanya nti ye yekka y'alina nnamulondo amakula. Ebigambo 'nakkiruu laha 'arshaha'([تيجُوُّوا لَهَا عَرَفَهَا) (mumufuulirefuulire nnamulondo ye) bisemba ennyinnyonnyola eno era biraga nti Nnabakyala bw'anaalaba nnamulondo efaananira ddala n'eyiye, ajja kumanya nti eyiye si ye yokka ey'ekitalo. Ekigambo 'nakkiruu' ( كَجُرُةُ ) wano kiwa amakulu g'okufuulafuula nnamulondo ebeere ya bulijjo oba nga ya jjenjeero. Okusinziira ku bigambo bya Kur'ani Entukuvu, Nnabakyala w'e Saba' bwe yajja n'agiraba, teyeeyisa nga omuntu azudde ekintu kye ekyamubbibwako ne kifuulibwafuulibwa aleme kukitegeera, wabula yali ng'oyo alabye ekintu ekifaananira ddala n'ekikye.

41. Oyo alina obumannyi obwava mu kitabo n'agamba nti: Nze ng'enda kugikutuusaako nga tonnatemya liiso lyo. Awo Sulaimani bwe yagiraba ng'eteredde mu maaso ge, n'agamba nti: Gino gy'egimu ku mikisa gya Mukama wange gye yampa angezese alabe obanga neebaza oba seebaza. Era oyo eyeebaza, yeebaza lwa kugasa mwoyo gwe, n'oyo ateebaza amanye nti ddala Mukama wange Yeemala, ye Lugaba.

42. Sulaimani n'agamba nti: Mumufuulirefuulire nnamulondo ye efuuke ya jjenjeero, tulabe obanga anaalung'ama oba anaaba mw'abo abataalung'ame.

43. Awo *Nnaabakyala* bwe yajja, kyayogerwa nti: Abaffe, ne nnamulondo yo eri bw'eti? N'agamba nti: Eringa'nga yo. Naye ffe twafunyisibbwa okumanya olubereberye lwa bino era netujeemulukuka.

44. Era ebyo bye yasinzanga ebbali wa Allah byaali byamuziyiza *okukkiriza;* kuba ddala yali ava mu bantu abatakkiriza.

45. Olwo yagambibwa nti: Yingira mu lubiri. Naye bwe yalulaba, n'alowooza nti kyererezi kya mazzi, n'abikkula entumbwe ze. Sulaimāni n'agamba nti: Si mazzi, wabula lwo lubiri olwatandaazibwa n'obujjo bw'endabirwamu. *Nnaabakyala* nagamba nti: Mukama wange, neeryazaamaanya, naye njeemulukukidde wamu ne Sulaimani eri Ällah, Omulezi w'ebitonde byonna.\*

### Ruku 4

46. Era ddala twatuma eri aba Thamūda muganda waabwe Swalehe, *n'agamba* nti: Musinze Allah, naye okwejjuukiriza nga beeyawuddemu ebibiina bibiri ebikuubagana.

47. N'agamba nti: Abange, lwaki mweyuna nnyo ebibi mu kifo ky'ebirungi? Ye lwaki لَ الْحَسَنَةِ مِ لَوْ كَا تَسْتَغُفُونَ اللَّهُ temusaba kusonyiyibwa eri Allah musobole okusaasirwa.

قَالَ الَّذِي عِنْدَةُ عِلْمُ مِّنَ الْجِتْب آنا ارتيك به قبل آن يَرْتَدُّ اليُكَ طَرْفُكَ وَلَكًا رَاهُ مُسْتَقِرًا عِنْدَهُ قَالَ لَمْذَامِنْ فَضْلِ رَبِّيْ تَتَّ رِلِيَبْلُورِنِيَّ ءَ ٱشْكُرُ آهُ ٱكْفُرُ د وَ مَنْ شَكَرَ فَإِنَّهَا يَشْكُرُ لِنَفْسِهِ ، وَ مَنْ كَفَرَ فَإِنَّ رَبِّن عَنِيُّ كَرِيْمُ۞

قَالَ نَجُّووا لَهَا عَرْشَهَا تَنْظُنْ ٱتَهْتَدِينَ آهُرتَكُونَ مِنَ الَّذِينَ لا يهتدون

فَلَمَّا جَآءَ ثَ قِيْلَ آهٰكُذَا عَرْشُكِ وَالَث كَأَنَّكَ هُوَءِ وَأُوْتِيْنَا الْعِلْمَ مِنْ تَبَلِهَا وَكُنَّا مُشلِمِينَ ٠

وَصَدَّهَا مَا كَانَتْ تَعْبُدُ مِنْ دُوْنِ اللَّهِ مَ إِنَّهَا كَانَتْ مِنْ تَوْمِرُ لُفِرِيْنَ ﴿

قِيْلَ لَهَا ادْغُلِي الصَّرْحَ ۽ فَلَمَّا رَآثَهُ مَسِبَتُهُ لُجَّةً و كَشَفَتْ عَنْ سَاقِيْهَا ، قَالَ إِنَّهُ صَوْحٌ مُّمَرَّدُ مِّن قَوَادِيرَهُ قَالَتْ رَبِّ إِنِّيْ طَلَمْتُ نَفْسِيْ وَٱسْلَمْتُ ﴿ مَعَ سُلَيْمُنَ يِلْهِ رَبِّ الْعُلَمِيْنَ ١٠٠٠

وَكَقَدْ أَرْسُلْنَا إِلَى ثُمُودَ أَخَاهُمْ صَلِعًا آنِ اعْبُدُوا اللَّهُ فَإِذًا هُمْ فَرِيْقُنِ

قَالَ يٰقَوْمِ لِـمَرَّتُشْتَعْجِلُوْنَ بِالسَّيِّئَةِ لَعَلِّهُمْ ثُوْحَمُونَ ۞

<sup>27:45.</sup> Obujjo bw'endabirwamu ez'omuwendo obutangaala obulungi bwe bugattibwa obulungi mu ngeri y'ekikugu, buyinza okulabisa ekifo okuba nga ekyererezi ky'amazzi. Ekyagendererwa mw'ekyo, kwe kulaga Nnabakyala w'e Saba' eyali omukazi omugezi nti ebiseera ebimu, ebintu ebimu biyinza okufaanana ebintu ebirala; si nnakindi nebiraga ekyo kye bitali. Era nti ebintu nga enjuba, amaanyi n'ekitiibwa bye byoleka si bya yo, wabula bya Mutonzi wa yo.

عَالُوا اطَّيَّرُنَا بِكَ وَ بِمَنْ مَّعَكَ وَ عَالَ Baagamba nti: Mazima tufunye nnyo ekikwa ku lulwo ne ku lw'abo b'oli nabo. طَرِّرُكُمْ عِنْدَ اللهِ بَلْ آنْتُمْ قَوْمُ اللهِ بَلْ آنْتُمْ قَوْمُ اللهِ بَلْ آنْتُمْ قَوْمُ N'agamba nti: Ekikwa kyammwe kiva eri Allah, wabula muli bantu abagezesebwa.

49. Era mu kibuga mwalimu abantu mwenda وَ كَانَ فِي الْمَوِيْنَةِ تِشْعَةُ رَهْطٍ abaakolanga ebyambyoone mu nsi, era nga tebatereera.

Allah nti ddala tujja kumuzinda ekiro n'aboomu maka ge, n'oluvannyuma كَمُ لِنَا مُهُلِكُ مَا شَهِدُ نَا مَهُلِكُ اللَّهُ اللَّالَّا اللَّهُ اللَّهُ اللَّهُ اللَّا اللَّهُ اللَّهُ اللَّهُ kuzikirira kwa b'omu maka ge, era ddala twogera mazima.

koba olw'ekoba nga bo tebategeera.

52. Naye laba enkomerero y'okwekoba kwabwe nga bwe yali; Mazima twabazikiriza ne bannaabwe bonna.

olw'okwonoona kwabwe. Mazima mw'ekyo mulimu akabonero eri abantu abamanyi.

54. Naye twawonya abo abakkiriza era اَعُنُوا وَ كَانُوا وَ كَانُوا وَ كَانُوا وَ كَانُوا وَ كَانُوا abaali abeekuumi.

55. Ne Lūti bwe yagamba abantu be nti: Abaffe, mukola eby'obuwemu nga mulaba?

56. Abaffe, ddala mmwe mugenda eri basajja bannammwe olw'amaddu ky'abakazi? Nedda, mmwe muli bantu abeesiruwaza.

kirala, wabula baagamba nti: Mugobe abantu ا كَوْرِجُوْالًا لُوْطِ مِّنْ قَرْبَتِكُمْ النَّهُمُ اللهِ اللهُ اللهِ bantu ba kwetukuzatukuza.

خَا زَجَينُهُ وَا هُلَهَ إِلَّا امْرَاتَهُ نَعَ رَّانِهَا be, فَأَنْهَا \$58. Kale twamuwonya n'abantu be, فَأَنْ هَا يُعَينُهُ وَآهُ لَهُ إِلَّا امْرَاتَهُ نَعَ اللَّهُ ال okujjako mukazi we gwe twagerekera mw'abo abaasigalira.

enkuba y'abaalabulwa nga yali mbi nnyo!

@نفتنون

يُّفْسِدُ دُنَ فِي الْأَرْضِ وَ لَا يُصْلِحُوْنَ ﴿ قَالُوْا تَقَاسَمُوْا بِاللَّهِ لَنُبَيِّتَنَّهُ وَآهُلَهُ سَاءً عَلَيْهِ اللَّهِ لَنُبَيِّتَنَّهُ وَآهُلَهُ سَ آهله واتاكسد قون

51. Era beekoba olwekoba, naffe ne twe- وَمَكُرُوا مَكُرُا وَ مُكُرُا وَ مُكُرُا وَ مُكُرُا وَ مُكُرُا وَ مُك لا يَشْعُرُونَ

فَانْظُرْ كَيْفَ كَانَ عَاقِبَةُ مُكْرِهِمْ آتًا دَمَّرْنُهُمْ وَقَوْمَهُمْ آجْمَعِيْنَ فَتُلْكَ بُيُوْتُهُمْ خَاوِيَةً بِمَاظَلُمُوْاواتَ 53. N'ezo enju zaabwe zeegonnomola wansi

فِي ذٰلِكَ لَا يَتُ لِتَقَوْمِ يَعْلَمُونَ

يَتَّقُوْ كَ۞

وَ لُوْطًا إِذْ قَالَ لِقَوْمِهُ آتَاتُوْنَ الْفَاحِشَةُ وَ ٱنْتُمْ تُبْصِرُونَ

اَئِنَّكُمْ لَتَاتُونَ الرِّجَالَ شَهُوَةً مِّن دُوْنِ النِّسَآءِ مِبُلُ أَنْتُمْ قَوْمُ تَجْهَلُوْنَ۞

فَمَا كَانَ جَوَابَ قَوْمِهَ إِنَّ كَانَ قَالُوا 57. Naye okuddamu kw'abantu be tekwali آن قَالُوا ا أناسُ يُتطَهِّرُونَ

مِنَ الْغِيبِرِينَ

59. Era netubatonnyesereza enkuba. Naye مُطَرَّا مُطَرِّا مُطَرِّا مُطَرِّا مُطَرِّا مُطَرِّا مُطَرِّ عُ المُنْذَرِينَ 6

60. Gamba nti: Amatendo gonna ga Allah, n'emirembe gibeere ku bawereeza be abo be yalondamu. Abaffe, Allah y'asinga oba abo be benkanya naye?

# Juzu 20

- 61. Ye *ddala* ani eyatonda emigigi gy'eggulu n'ensi era n'abassiza amazzi okuva mu bire, olwo netugamezesa ennimiro amakula. so nga mmwe temwalisobodde kumeza miti gya zo? كُمْرَانَ تُنْبِتُوْا شَجَرَهَا مُعَالِمُ مَعَ وَلَدُ مُعَالِمُ مُعَالِمُ اللَّهِ عَلَى Abaffe, era waliwo omusinzibwa omulala كُكُمْرَانَ تُنْبِتُوْا شَجَرَهَا مِعَالِمُ عَلَى اللَّهِ عَلَيْهِ عَلَى اللَّهِ عَلَيْهِ عَلَيْهُ عَلَيْهِ عَلَيْهُ عَلَيْهِ عَلَيْهِ عَلَيْهِ عَلِي عَلَيْهِ عَلِيهِ عَلَيْهِ awamu ne Allah? Nedda, aboogera ekyo be bantu abaawaba.
- 62. Ye ani eyakola ensi okuba ekiwummulo, n'assa n'emigga wakati wa yo, era n'agissaako ensozi ennyweevu, era n'assa ekiziyiza wakati w'ennyanja ebbiri? Abaffe, era waliwo omusinzibwa omulala awamu ne Allah? Nedda, wabula abasinga obungi صَّعَ اللّهِ وَبَلْ ٱكْتُرُهُمْ هُ لَا يَعْلَمُوْنَ شُ mu bo tebamanyi.
- nga amulaajanidde era n'aggyawo n'obuzibu, era ani eyabafuula abasika mu nsi? Abaffe, era waliwo omusinzibwa omulala awamu ne Allah? Naye mufumiitiriza katono nnyo!
- 64. Oba ani abalung'amya mu kizikiza ekikwafu ku lukalu ne ku nnyanja, era ani aweereza empewo ewa amawulire ag'essanyu agakulembera okusaasira kwe? Abaffe, era waliwo asinzibwa omulala awamu ne Allah? Omugulumivu ye Allah, ali waggulu ennyo kw'ebyo bye bamwenkanya nabyo.
- 65. Abaffe, *ddala* ani atandikira ddala ekitonde n'oluvannyuma n'akiddamu, era ani abagabira okuva mu ggulu ne mu nsi? Abaffe, era waliwo omulala asinzibwa awamu ne Allah? Gamba nti: Kale muleete obukakafu bwammwe, obanga mwogera mazima.
- n'ensi tebamanyi bya nkiso, okuggyako Allah yekka; era tebamanyi ddi lwe balizuukizibwa.
51. Era ekiragiro kyaffe kiba ekigambo وَمَا آَمُرُنَا إِلَّا وَاحِدَةٌ كُلَمْ عِلَى إِلْبَصَ وِهِ الْبَصَ وَا

52. Era ddala abaali bafaanana nga mmwe وَ لَقَدْ آهْلَكُنَا آشْيَاعَكُمْ فَهَلْ مِنْ twabazikiriza. Abaffe, waliwo ku yenna afumiitiriza?

53. Era buli kimu kye baakola kiri mu Bitabo.

54. Era buli kitono n'ekinene kiwandiikibwa.

55. Mazima abatya Allah be baliba mu Janna n'emigga,

56. Mu butuulo obw'amazima awali هُ فِيْ مَقْعَدِ صِـدْ قِ عِنْدَ مَلِيْكِ مُّقْتَدِ رِهُ كَاللهُ اللهُ اللهُ كُلُوكُ مُّقْتَدِ وَهُمُ اللهُ ال

ٷػؙڷ۠ۺؘۜؽۦۣٷػڶۉٷڣؚاڶڗ۠ٛؠؙۅ۞ ٷػؙڷؙڞۼؽٛڔۣٷٙػؠؽڔۣۺؙۺؾٙڟٙڒٛ؈ ٳڽٞٵٮٛڡؙؾٞۊؽؽۏڣۣؽجڹٚؾؚٷٙٮؘۿڕۣۥ



# AL-RAHMAN

## (Yakka lubereberye lwa Hijra)

- 1. Ku lw'erinnya lya Allah, Omusaasizi ennyo, Ow'ekisa ekingi.
  - 2. Allah, Omusaasizi ennyo
  - 3. Y'eyayigiriza Kur'ani.
- Yatonda omuntu.
- 5. N'amuyigiriza ennyinyonnyola ennambulukufu.
- 6. Enjuba n'omwezi bitambulira ku kubalirira.
- 7. Era ebimera n'emiti biwulize gy'ali.
- 8. N'eggulu y'eyaliwanika era n'assaawo ekipima buli kimu.
- 9. Kale temukyamyanga mu kupima.
- 10. Era mutereezenga okupima mu bwenkanya ate temukendeezanga ku kipimo.
- 11. Era n'ensi y'eyagissaawo olw'ebitonde byonna;
- n'emitende egirina eng'o,
- 13. N'ebimera eby'empeke eziriko ebikuta n'ebyakawoowo.
- 14. Kale mwembi, abantu n'Amajinni, kiki kye munaagaana ku byengera bya Mukama wammwe?
- 15. Yatonda omuntu mu budongo obukalu أَكُدُ نُسَانَ مِنْ صَلْصَا لِ كَا لَفَخَّا رِضَا اللهِ عَلَى الْكُورُ وَ اللهِ عَلَى اللهُ عَلَى اللهِ عَلَى اللهُ عَلَى اللهِ عَلَى اللهِ عَلَى اللهِ عَلَى اللهِ عَلَى ا ekyookye.
- 16. Era n'atonda Amajinni mu nnimi z'omuliro.
- 17. Kale mwembi kiki kye munaagaana ku byengera bya Mukama wammwe?
- 18. Mukama w'ebuvanjuba wombi era Mukama w'ebugwanjuba wombi.
- 19. Kale mwembi kiki kye munaagaana ku byengera bya Mukama wammwe?
- 20. Y'akulukusa ennyanja ebbiri, *lumu* ezirisisinkana.

هِ اللهِ الرَّحْمُنِ الرَّحِيْمِ ()

عَلَّمَ الْقُرُ إِنَّ صُ خَكَقَ الْإِنْسَانَ لُ

عَلَّمَهُ الْبِيَّاكِ آنَ

ٱلشَّمْسُ وَالْقَمَرُ بِحُسْبَا يِنَ

وَّالنَّحُمُ وَالشَّحَّا يَشَكُدُ نِ ﴿

وَالسَّمَاءَ رَفَعَهَا وَوَضَعَ الْمِيْزَانَ ٥

ٱلَّا تَطْغَوا فِي الْمِيْزَانِ ۞

وَ أَقِيْمُوا الْوَزْنَ بِالْقِسْطِ وَ لَا تُخْسِرُوا الميزان ٠

وَالْأَرْضَ وَضَعَهَا لِلْاَ نَامِلُ

فِيْهَا فَاكِهَةً صُورًا لنَّهُ لُ ذَاتُ أَاتُ مُا يَّا عُرِيرًا عُمَا وَالنَّهُ لُ ذَاتُ اللهُ 12. Ng'erimu ebibala ebya buli ngeri الأحْمَامِ اللهُ

وَالْحَبُّ ذُوالْعَصْفِ وَالرَّيْحَانُ شَ

فَبِاَيِّ اللَّهِ رَبِّكُمَا تُكَذِّبِي ١

وَخَلَقَ الْجَانَةَ مِنْ مَّا رِجٍ مِّنْ تُنَارِجُ فَبِهَ إِنَّ الْآءِ رَبُّكُمَّا تُكَذِّبُنِ

رَبُّ الْمَشْرِقَيْنِ وَرَبُّ الْمَغْرِيَيْنِ ﴿

فَيِمَا يِيَّ الْآءِ رَبِّكُمَا تُكَذِّبُنِ

مَرَبَحُ الْبَكْرَيْنِ يَلْتَقِيْنِ اللَّهِ لَيْنِ اللَّهِ لَيْنِ اللَّهِ لَيْنِ اللَّهِ لَيْنِ اللَّهِ

21. Kati wakati wa zombi waliwo ekiziyiza kye zitayinza kubuuka.

22. Kale mwembi kiki kye munaagaana ku byengera bya Mukama wammwe?

23. Mu nnyanja ezo zombi muvaamu luulu ne marijaani.

24. Kale mwembi kiki kye munaagaana ku byengera bya Mukama wammwe?

25. N'ebyombo ebigulumidde ku nnyanja الْبَحْرِ ng'agasozi bibye.

26. Kale mwembi kiki kye munaagaana ku byengera bya Mukama wammwe? Ruku 2

27. Buli ekiri ku yo (ensi) kya kuggwawo.

28. Olwo wasigalewo Mukama wo yekka 5 Kabwejungira Ow'entiisa n'Ekitiibwa.

29. Kale mwembi kiki kye munaagaana mu byengera bya Mukama wammwe?

30. Ebiri mu ggulu ne *mu* nsi bisaba Ye *yekka*. Buli kiseera Ye aba ku ttendo lya njawulo.

31. Kale mwembi kiki kye munaagaana ku byengera bya Mukama wammwe?

32. Mangu tujja kuboolekera, abange mmwe ba kirimaanyi ababiri.

33. Kale mwembi kiki kye munaagaana ku byengera bya Mukama wammwe?

لِمَعْشَرَ الْجِنِّ وَالْدِنْسِ إِنِ اسْتَطَعْتُمْ Abange mmwe ebibiina by'Amajinni لِمَعْشَرَ الْجِنِّ وَالْدنْسِ إِنِ اسْتَطَعْتُمْ n'abantu, obanga musobola okuyisa ensalo n momina, obanga musobola okuyisa ensalo زَوْا مِنْ أَقْطَارِ السَّمَوْتِ وَ z'eggulu n'ensi, kale muyitewo. Naye temuyinza kuyitawo wabula lwa buyinza bwe.

35. Kale mwembi kiki kye munaagaana byengera bya Mukama wammwe?

z'omuliro ezitaleeta mukka, n'ekikomo ekisaanuuse, ate temujja kuyambagana.

37. Kale mwembi kiki kye munaagaana ku byengera bya Mukama wammwe?

limyuufu ng'eddiba erimyuufu.

بَيْنَهُمَا بَرْزَخُ لَّا يَبْغِيٰنِ ١٠ فَبِآيِّ الْآءِ رَبِّكُمّا تُكَذِّبُون يَخْرُجُ مِنْهُمَا اللُّؤُلُؤُ وَالْمَرْجَانُ أَنَّ نَبِاً يُ الْأُورَ بِتَكُمّا تُكَوِّبُنِ وَ لَهُ الْجَوَارِ الْمُنْشَئْتُ فِي الكَالْأَعْلَامِهُ الْمُعْلَامِهُ ع فَبِآيّ الآءِ رَبِّكُمّا تُكَوِّبٰنِ ٥

Juzu 27

وَّ يَبْغَى وَجْهُ أَرْبِتُكَ ذُوالْجَلْلِ الْدَكْرَامِنَ

فَبِآيٌ الآءِ رَبِّكُمَّا تُكَذِّبٰنِ يَسْعَلُهُ مَنْ فِي السَّمُونِ وَالْأَرْضِ اكُلَّ byonna يَشْعَلُهُ مَنْ فِي السَّمُونِ وَالْأَرْضِ اكُلَّ يَـوْمِ هُوَ فِيْ شَـاْ بِن ﴿ فَيِا يِّ الْآءِ رَبِّكُمَا تُكَدِّبُنِ سَنَفُرُغُ لَكُمْ أَيُّكَ الثُّقَلْنِ شَ فَبِاً يِيَّ الْآءَ رَبِّكُمَّا تُكَذِّبُنِ ﴿

> الْاَرْضِ فَانْفُدُوْا مِ لَا تَنْفُذُوْنَ إِلَّا بِسُلْطُنِ أَنَّ

فَبِأَيِّ اللَّهِ رَبِّكُمَّا تُكَدِّبُنِ يُرْسَلُ عَلَيْكُمَا شُوَاظً مِّنْ نَّارِهُ وَ اللهِ عَلَيْكُمَا شُوَاظً مِّنْ نَّارِهُ وَ 36. Mwembi mujja kuweerezebwa ennimi نُحَاسٌ فَلَا تَنْتَصِرُنِ أَنْ فَيِايٍّ الْأَءِ رَبِّكُمًا تُكَذِّ لِنِض فَإِذَا انْشَقَّتِ السَّمَاءُ فَكَانَتْ رَرْدَةٌ 38. Kale eggulu bwe liryabika, olwo liriba

كالدِّهَانِشَ

39. Kale mwembi kiki kye munaagaana ku byengera bya Mukama wammwe?

tewaliba abuuzibwa ku kibi kye.

41. Kale mwembi kiki kye munaagaana ku byengera bya Mukama wammwe?

lambe bwabwe, kale balikwatibwa mu nviiri zoomu kawompo ne ku bigere.

43. Kale mwembi kiki kye munaagaana ku byegera bya Mukama wammwe?

gwe baalimbisanga.

wakati w'olweje olwesera.

46. Kale mwembi kiki kye munaagaana ku byengera bya Mukama wammwe?

Ruku 3 47. Naye oyo atya embuga ya Mukama we alifuna e Janna bbiri.

48. Kale mwembi kiki kye munaagaana mu byengera bya Mukama wammwe?

49. Nga zombi zirimu emiti gy'amatabi amangi.

50. Kale mwembi kiki kye munaagaana ku byengera bya Mukama wammwe?

51. Nga mu zombi mulimu ensulo bbiri ezikulukuta.

52. Kale mwembi kiki kye munaagaana ku byengera bya Mukama wammwe?

53. Mu zombi nga mulimu buli kibala nga kya ngeri bbiri bbiri.

54. Kale mwembi kiki kye munaagaana ku byengera bya Mukama wammwe?

55. Nga bagalaamiridde ku biwempe nga munda wa byo mulimu liiri omuzito, n'ebibala eby'e Janna zombi nga biri kumpi nnyo.

56. Kale mwembi kiki kye munaagaana ku byengera bya Mukama wammwe?

فِيْهِنَّ قُصِرْتُ الطَّرْفِ الكَمْ يَطْمِثْهُنَّ - 57. Nga mu zombi mulimu abakazi abakka kkamu b'amaaso, abatakoonebwangako olubereberye lwabwe muntu yenna wadde ejjinni.

فَيِاتِيَّ الْآرِهِ رَبِّكُمًا تُكَذِّبُنِ 🕝

40. Kale kw'olwo omuntu wadde ejjinni وَنُيْهَ إِنْكُ وَ الْكُومَةِ إِلَّا يُشْعَلُ عَنْ ذَنْيِهَ إِنْكُ وَ ا

فَبِآيِّ الْآءِ رَبِّكُمَّا تُكَذِّبُنِ

يُعْرَفُ الْمُجْرِمُوْنَ بِسِيمُ هُ مَ فَيُؤَخَّذُ 42. Aboonoonyi balimanyibwa olw'obu- يُعْرَفُ الْمُجْرِمُوْنَ بِسِيمُ هُ مَ فَيُؤْخَذُ بِالنَّوَا مِيْ وَ الْاَقْدَامِ شَ

فَيِاً يُّ اللَّهُ رَبِّكُمَا تُكَذِّ لِنِ ﴿

المَّذِةِ جَهَنَّمُ الَّتِيْ يُكَذِّبُ بِهَا 44. Guno gwe muliro ogwo aboonoonyi المُجْرِمُوْنَ الْمُجْرِمُوْنَ

كِمُوْفُوْنَ بَيْنَهَا وَبَيْنَ حَمِيْمِ أَنِي اللهِ 45. Balyetooloolera wakati wa gwo ne يَطُوْفُوْنَ بَيْنَ مَا وَبَيْنَ حَمِيْمٍ أَنِي أَنِي

عُ فَبِاَيِّ الْآءِ رَبِّكُمَا تُكَوِّ بْنِ أَن

وَلِمَنْ خَافَ مَقَامَرَتِهِ جَنَّتْنِ ١٠٠٠ فَبِاَيِّ اللَّهِ رَبِّكُمَا تُكَذِّبُنِ ۗ ذَوَا تُآ ٱفْنَانِينَ

فَيِاكِيِّ اللّاءِ رَبِّكُمَّا تُكَذِّبٰنِ⊙ فِيْهِمَا عَيْنُنِ يَجْرِيْنِ أَ

فَيِاً يَّ الْآءِ رَبِّكُمَا تُكَذِّبُنِ ؈ وِيْهِمَا مِنْ كُلِّ فَاكِهَةٍ زَوْجُنِ ﴿

فَبِاَيّ اللّه ِ رَبِّكُمَّا تُكَذِّبٰنِ ۞ مُتَّكِوَيْنَ عَلَى فُرُشِ بَطَآمِنُهَا اشتَبْرَقِ وَجَنَا الْجَنَّتَيْنِ دَانِ ٥

فَبِآيِّ الْآرِ رَبِّكُمَا تُكَوِّبُنِ⊙

انسُ قَبْلَهُمْ وَلَا كَانَّ هُ

58. Kale mwembi kiki kye munaagaana ku byengera bya Mukama wammwe?

59. Abaling'anga yaakuuti ne marijaani.

60. Kale mwembi kiki kye munaagaana ku byengera bya Mukama wammwe?

okuba ekirala okuggyako obulungi?

62. Kale mwembi kiki kye munaagaana ku byengera bya Mukama wammwe?

63. Era n'ebbali w'e Janna zombi nga eriyo Janna endala bbiri.

64. Kale mwembi kiki kye munaagaana ku byengera bya Mukama wammwe?

65. Zombi nga zirimu ebikoola kiragala omukwaafu.

66. Kale mwembi kiki kye munaagaana ku byengera bya Mukama wammwe?

67. Mu zombi nga mulimu ensulo bbiri ezitiiriika ennyo.

68. Kale mwembi kiki kye munaagaana ku byengera bya Mukama wammwe?

69. Mu zombi nga mulimu ebibala ebya buli ngeri, n'entende n'enkomamawanga.

70. Kale mwembi kiki kye munaagaana ku byengera bya Mukama wammwe?

71. Mu zombi nga mulimu abakazi ba nnalulungi ab'empisa ennungi —

72. Kale mwembi kiki kye munaagaana ku byengera bya Mukama wammwe?

73. Abakazi amakula abalabiririrwa mu weema —

74. Kale mwembi kiki kye munaagaana ku byengera bya Mukama wammwe?

75. Abatakoonebwangako muntu yenna olubereberye lwabwe wadde ejjinni —

76. Kale mwembi kiki kye munaagaana ku byengera bya Mukama wammwe?

kiragala n'ebiwempe amakula.

78. Kale mwembi kiki kye munaagaana ku byengera bya Mukama wammwe?

عِيْ تَابِرَكَ اشْدُرَبِكَ ذِى الْجَلْلِ وَالْرِكْوَامِنَ 79. Lya mikisa nnyo elinnya lya Mukama wo ow'Entiisa n'Ekitiibwa.

فَبِآيِّ اللَّهِ رَبِّكُمَا تُكَذِّبُنِ ۗ كَأَنَّهُنَّ الْيَاقُوتُ وَالْمَرْجَانُ 6 فَيِهَا يُ اللهِ رَبِّكُمَا تُكَدِّبُنِ هَلْ جَزَّآءُ الْدِحْسَانِ اللَّا الْدِحْسَانُ اللَّهِ الللَّهِ اللَّهِ اللَّهُ اللَّا اللَّالِي الللَّهُ اللَّهُ اللللَّالِي اللَّهُ اللَّهُ اللَّالِي اللَّهُ اللَّهُ اللَّهُ الل فَبِا يِ اللهِ رَبِّكُمَا تُحَدِّبُنِ رَمِنْ دُونِهِما جَنَّتٰنِ شَ فَبِاَيِّ اللَّهِ رَبِّكُمَّا تُكَذِّبْنِ أَ مُدْهَامَّتٰنِ۞ فَبِاَيِّ الَّاءِ رَبِّكُمَا تُكَذِّبْنِ 📆 فِيْهِمَاعَيْنُ نَضَّاخَتُنِ ۞ فَبِاَيِّ الَّاءِ رَبِّكُمَا تُكَذِّبٰنِ۞ فِيْهِمَا فَاكِهَةً وَّ نَخْلُ وَّ رُمَّانَ ١٠٠ فَبِاَيِّ الْآءِ رَبِّكُمَا تُكَذِّبْنِ۞ فِيْهِنَّ خَيْرِتُ حِسَانٌ ﴿ فَبِاَيِّ الْآءِ رَبِّكُمَّا تُكَذِّبْنِ ﴿ حُوْرٌ مَّقْصُوْرْتُ فِي الْخِيَّامِنَ فَيِاكِيَّ الْآءِ رَبِّكُمَّا تُكَذِّبْنِ 6 لَمْ يَطْمِثْهُنَّ إِنْسٌ قَبْلَهُمْ وَلَا جَأَنَّ ﴿ فَيِاَيِّ الَّاءِ رَبِّكُمَّا تُكَذِّبنِ 6 مُتَّكِوْيْنَ عَلَى رَفْرَفٍ خُضْرٍ وَ عَبْ قَرِيٍّ ragala n'ahiyama مَتَّكُونِيْنَ عَلَى رَفْرَفٍ خُضْرٍ وَ عَبْ قَرِيٍّ

Juzu 27

فَبِاَيّ اللَّهُ رَبِّكُمَّا تُكَذِّبْنِ





# AL-WAOI'ĀH

(Yakka lubereberye lwa Hijra)

1. Ku lw'erinnya lya Allah, Omusaasizi ennyo, Ow'ekisa ekingi.

2. Awo eky'okugwawo bwe kirigwawo —

3. Tewali ayinza kulimbisa kugwawo kwa kyo —

4. Abamu kiribassa wansi n'abalala

kiribagulumiza.

5. Awo ensi bw'erikankanyizibwa oluka-

6. N'ensozi nezimulungulwa olumulungulwa,

7. Kale zirifuuka fufugge erifuumuuka,

8. Era muliba mu bibinja bisatu:

9. Kale abantu b'oku ddyo abantu b'oku ddyo ate be baliba batya!

10. Era abantu b'oku kkono — abaffe, شَمَا الْصَهْمَةِ لَمْ مَا الْصَهْمَةِ الْمُعْمَةِ لِمُ مَا الْمُعْمَةِ ال abantu b'oku kkono ate be baliba batya!

11. Era abaakulembera be balikulembera.

12. Abo nno be b'oku lusegere lwa Allah.

13. Abaliba mu Janna ez'essanyu erijjuvu —

14. Nga ekitundu ekinene kiva mu baasooka okukkiriza Obusiraamu,

15. N'abatonotono nga baya mu b'oluvannyuma,

16. Nga bali ku ntebe empunde ne zaabu ne luulu.

17. Nga bagalaamiridde ku zo, nga batunuuliganye.

18. Nga beetooloolwamu abavubuka abatava mu kigero.

n'ebikompe ebirimu eby'okunywa ebiva mu nsulo ezitiiriika.

بشوامته الرَّحْمٰنِ الرَّحِيْمِ () إِذَا وَقَعَتِ الْوَاقِعَةُ أَنَّ اللهُ لَيْسَ لِوَ ثُعَيْهَا كَاذِيَةُ ﴿ خَافِضَةً رَّافِعَةً ﴾ اذَارُجَّت الْأَرْضُ رَجَّالً وَّ بُسَّتِ الْجِبَالُ بُسَّالُ فَكَانَتْ هَنَاءً مُّنْنَنًّا اللهِ و كُنْتُمْ آزُواجًا ثَلْثَةً ٨

فَأَصْحُبُ الْمَيْمَنَةِ لَا مَآ أَصْحُبُ abaffe, وَعُلْمُ مَا أَصْحُبُ

وَالسِّيقُونَ السِّيقُونَ السُّيقُونَ أَنَّ

اُولِيَّكَ الْمُقَرِّبُونَ ﴿

في جَنَّتِ النَّحِيْمِ (١)

ثُلِّهَ قِينَ الْإِوَّلِيثِينَ

وَ قَلِيْلُ مِّنَ الْأَخِيرِيْنَ أَنَ

عَلْى سُرُرِ مُنُوضُونَةِ أَنْ

مُّ تَكِيكِيْنَ عَلَيْهَا مُتَقْبِلِيْنَ ﴿

يَطُوْفُ عَلَيْهِمْ وِلْدَانُ مُّغَلَّدُونَ إِلَى اللهِ

بِٱكْوَابِ رُّ ٱبَارِيْقَ مُّ وَكَأْسِ مِّنْ 19. Nga babaweereza eggiraasi n'ebbinika

لَّا يُصَـدَّ عُـوْنَ عَنْهَا وَ لَمْ يُــنْزِنُوْنَ فَيْ 20. Tebiribalumya mitwe wadde tebalitamiira.

AL-WAQI'ĀH Essuula 56 وَ فَاكِهَةٍ مِّمَّا يُتَغَيَّرُونَ أَ 21. Baliweebwa n'ebibala mw'ebyo bye balyeroboza, وَ لَحْمِ طَيْرٍ مِّمَّا يَشْتَهُوْنَ أَنَّ 22. N'ennyama y'ennyonyi mw'eyo gye balyagala. وَحُوْرٌ عِينَ ﴿ 23. N'abakyala amakula ab'amaaso ag'endege, كَامْثَالِ اللُّو لُوءِ الْمَكْنُونِ ﴿ 24. Abaling'anga luulu omukusike. جَذَاءً بِمَا كَانُوا يَعْمَلُونَ ١ 25. Nga y'empeera olw'ebyo bye baakolanga. كَا يَهُمَعُونَ فِيْهَا كَفُوًا وَّ لَا تَا يَعْمُعُونَ فِيْهَا كَفُوًا وَّ لَا تَا يَعْمُعُونَ فِيْهَا كَفُوا ebibi. الأقثلاً سَلْمًا سَلْمًا صَلْمًا 27. Okuggyako ekigambo ky'okulamusa nti: Mirembe, mirembe, 28. Era abantu ab'oku ddyo — Ye ate الْيَمِيْنِ لَمُ مَا اَصْحُبُ الْيَمِيْنِ لِمُ مَا الْيَمِيْنِ لِمُ الْيَمِيْنِ لِي الْمَا الْيَمِيْنِ الْمَا الْمَالِي الْمَا الْمَالِي الْمَا الْمَالِي الْمَا الْمَالِي الْمَالِي الْمَالِي الْمَالِي الْمَالِي الْمَالْمِينِ الْمَالِي الْمُلْمِينِي الْمَالِي الْمَالِي الْمِنْ الْمَالِي الْمَالِي الْمَالِي الْمَالِي الْمِنْ الْمِنْ الْمِنْ الْمِنْ الْمِنْ الْمِنْ الْمَالِي الْمَالِي الْمَالِي الْمَالِي الْمَالِي الْمَالِي الْمَالِي الْمَالِي الْمِنْ الْمَالِي الْمَالِي الْمِنْ الْمِنْ الْمِنْ الْمُلْمِيلِي الْمِنْ الْمِنْ الْمِنْ الْمِنْ الْمِنْ الْمِنْ الْمِنْ الْمِنْ الْمِنْ الْمُلْمِينِي الْمُعْلِي الْمِنْ الْمِنْ الْمُلْمِي abantu b'oku ddyo be baliba batya! في سِدُرِمَّخْضُوْدِ 🖱 29. Balibeera mu *miti gya* sidiri egitaliiko maggwa, وَّ طَلْحِ مَّنْضُوْدِ ﴿ 30. N'ebitooke ebissizza, 31. N'ebisiikirize ebigaziyizibbwa, وَّمَاءَ مُسْكُوْبِ اللهُ 32. N'amazzi agafukumulwa, 33. N'ebibala enfaafa. 34. Ebitasalikako era ebitaziyizibwa, وَّ فُرُشِ مَّ رُفُوعَةِ أَ 35. N'abakyala aba waggulu ennyo — رِاكُمُّ آنشَا نَهُنَّ رِنْشَاءُ اللهُ 36. Ddala twabatonda olutonda, وَ مَعَلَنْهُ مَا اللَّهُ 37. Kale twabakola nga mbeerera, عُدُكًا آثَانًا اللهُ 38. Nga baagalwa nnyo, ba myaka egyenkanankana لِأَصْحُبِ الْيَمِيْنِ ﴿ 39. Nga ba bantu b'oku ddyo. ثُلَّةً مِّنَ الْأَوْلِينَ 40. Nga ekitundu ekinene kiva mu bantu abaasooka okukkiriza Obusiraamu, 41. N'ekitundu ekinene ekirala nga kiya mu b'oluvannyuma. خت الشّمال لا 42. Era abantu b'oku kkono — Ye ate abantu b'oku kkono be baliba batya!

43. Balibeera mu mpewo eyokya, n'olweje,

44. N'ekisiikirize ky'erikka eriddugavu,

45. Ekitaliimu bunnyogovu wadde akalungi konna!

ڷۣڝۜٙڽٛؾۜۘۘٛڠڡؙۉڡؚ لاباردة لاكريم

46. Ddala olubereberye lwa bino bo baalinga mu bulamu obw'eddembe n'ebyobugagga.

47. Era ekisukkirivu.

وَكَانُوْا يَقُوْلُوْنَ لَا آئِذَا مِثْنَا وَكُنَّا وَكُنَّا مِثْنَا وَكُنَّا 48. Era baagambanga nti: Abaffe, bwe tulifa netufuuka ettaka era nga tuli magumba, abaffe era tulizuukizibwa,

49. Era ne bakitaffe ab'edda?

50. Gamba nti: Mazima ab'olubereberye n'aboluvannyuma,

51. Ddala balikung'aanyizibwa ku kiseera يَوْ هِرِ ekyategekebwa eky'olunaku olumanyiddwa.

الطَّنَّا لُّن 52. N'oluvannyuma nammwe abaabula, الطَّنَّا لُثُنَ abaalimbisa amazima,

53. Ddala mulirya ku muti gwa Zaqqūmi,

54. Kale mugujjuze embuto *zammwe*,

55. N'oluvannyuma mugunywereko ama-

zzi olweje, 56. Kale nga munywa ennywa ering'anga

ey'eng'amira etawona nnyonta.

57. Okwo nga kwe kusembezebwa kwabwe ku lunaku lw'okusasulirwako.

kasa bye tugamba?

59. Kale mulowooza mutya ku 'mani' ge muyiwa?

batonzi?

era Ffe tetulemwa,

ababafaanana, mmwe netubakola mu ngeri endala gye mutamanyi.

evasooka. Kale lwaki temufumiitiriza?

64. Abaffe, mulaba mutya ebyo bye mulima?

مَ اَنْتُمْ تَزْرَعُوْنَهَ اَهْ نَهْنُ 65. Abaffe, mmwe mubimeza oba Ffe bameza ba byo? الزُّارِعُوْنَ۞

راتَّهُمْ كَانُوْا قَبْلَ ذُرِكَ مُ تُرَفِيْنَ أَنَّ

nga bagugubira nnyo ku kibi وَ كَا نُوْا يُصِرُّونَ عَلَى الْحِنْثِ

تُرَاعًا وَعِظَامًا ءَ إِنَّا لَمَبْعُوثُونَ ٥٠ آوَ أَكَا وُكَ الْأَوْلَ الْأَوْلُونَ ١٠

قُلُ إِنَّ الْأَوَّلِيْنَ وَ الْأَخِرِيْنَ ٥

لَمَجُمُوْعُوْنَ لا إِلَى مِيْقَاتِ مَّعْنُوْ مِ۞

مِّرُ لِأَنْكُمْ آيُّهَا الْمُكَدِّ بُوْنَ ﴿

كَا كِلُوْنَ مِنْ شَجَرٍ مِّنْ زَقُوْمٍ ﴿

فَمَالِئُونَ مِنْهَا الْبُطُونَ 6

فَشَارِ بُوْنَ عَلَيْهِ مِنَ الْحَمِيْمِ ٥

فَشَارِبُونَ شُرْبَ الْهِيْمِ

هٰذَا نُزُلُهُمْ يَوْمَ الدِّيْنِ

عَدُنُ خَلَقُنْكُمْ فَلَوْكَا تُصَدِّ قُوْنَ۞ -58. Ffe twabatonda. Naye lwaki temuka

أَفَرَءَ يُدُومُ مِنَّا تُمُنُونُ فَأَنَّ أَنَّا تُمُنُونُ فَأَنَّ أَنَّا لَكُونُ فَأَنَّ فَأَنَّا فَ

60. Abaffe, mmwe mugatonda oba Ffe وَاَنْتُكُونَا هَا الْمُعَالِمُ الْهَالِقُونَا وَالْمَا الْمُعَالِمُ وَالْمَا الْمُعَالِمُ الْمُعَالِمُ الْمُعَالِمُ الْمُعَالِمُ وَالْمُعَالِمُ وَالْمُعَالُونُ وَالْمُعَالِمُ وَالْمُعِلِّمُ وَالْمُعَالِمُ وَالْمُعَالِمُ وَالْمُعَالِمُ وَالْمُعَالُونُ وَالْمُعَالِمُ وَالْمُعَالِمُ وَالْمُعَالِمُ وَالْمُعِلِمُ وَلَمُ وَالْمُعُلُمُ وَالْمُعُلِمُ وَالْمُعِلِمُ والْمُعِلِمُ وَالْمُعِلِمُ وَالْمُ

61. Ffe twagereka okufa wakati wammwe, آهُنُ قَدَّ رُنَا بَيْنَكُمُ الْمَوْتَ وَ مَا تَحْنُ بِمَشْبُوقِيْنَ ﴿

مَكِي آنَ نُبُرِّلَ آمْثَالَكُمْ وَنُنْشِئُكُمْ مَاكُمْ مَانُشِينَكُمْ مَاكُمْ مَاكُمْ وَنُنْشِئُكُمْ مُعَامِلً فِيْ مَالَا تَعْلَمُهُ نَ 💮

63. Era ddala mumanyi bulungi entonda كَ لَقَدْ عَلِمْتُمُ النَّشْآةَ الْأُولَى فَلَوْكَ عَلَى اللَّهُ اللَّالِي اللَّهُ الللَّهُ اللَّهُ الللَّهُ اللَّهُ اللَّهُ الللَّهُ اللَّهُ اللَّلْمُ اللَّهُ اللَّا اللَّهُ تَذَكِّرُونَ⊕

آفَدَءَ يُتُمْ مَّا تَحْدُ ثُوْنَ ١٠

nsebufu nemusigala nga mwesaasaabaga,

67. Nti: Ddala tufiirizibbwa,

68. Ddala ffe tummiddwa!

69. Abaffe, mulaba mutya amazzi ago ge munywa?

مَ اَنْتُمُ اَنْزَلْتُمُوْهُ مِنَ الْمُزْنِ آهِ مَا Do Abaffe, mmwe mugassa okuva mu bire مَ انْتُمُوْهُ مِنَ الْمُزْنِ آهِ oba Ffe bassi ba go?

71. Bwe tuba twagadde, tugafuula agakaawa. Kale lwaki temwebaza?

72. Abaffe, mulaba mutya omuliro gwe mukuma?

gwo oba Ffe batonzi?

74. Ffe twagufuula ekijjukizo era eky'o- النَّاعَا قَ مَتَاعًا mugaso eri abatambuze.

75. Kale tendereza erinnya lya Mukama wo, Omukulu ennyo.

Ruku 3 76. Nedda, njuliza okugwa kw'emmunyeenye —

77. Era ddala ekyo kirayiro kikulu nnyo, singa mubadde mumanyi —

78. Nti ddala eno ye Kur'āni ey'Ekitiibwa,

79. Eri mu Kitabo ekyekusifu,

80. Ennono ya yo tetuukibwako, okuggyako abo abatukuzibbwa.

81. Kwe kubikkulirwa okwaviira ddala eri Omutonzi w'ebitonde byonna.

82. Abaffe, ekigambo kino mmwe kye mwekkiriranyamu?

83. Ddala okukirimbisa mmwe kwe mufudde ekkubo ly'okufunamu eky'okulya kyammwe?

84. Kale lwaki awo nga omwoyo gw'oyo afa gutuuse mu ddookooli,

85. Mu kiseera ekyo mutunula butunuzi,

okusinga mmwe, naye mmwe lwa butalaba.

كُوْ نَشَاءُ وَجَعَلُنْهُ خُطَامًا فَظَلْتُمْ وَفَادَاءُ وَخَطَامًا فَظَلْتُمْ وَ66. Bwe tuba twagadde,ddala tubifuula ebise-تَفَكُّهُوْ نَ۞

انَّا لَمُغْرَمُونَ ١٠٠٠

بَلْ نَحْنُ مَحْرُوْمُوْنَ۞

اَ فَرَءَيْتُمُ الْمَاءَ الَّذِيْ تَشْرَبُوْنَ أَنَّ

تَحْنُ الْمُنْزِلُونَ ۞

لَا نَشَأَءُ مُعَلَّدُهُ أَمَّا لِمَّا لَكُو لَا

آفَرَءَ يُتُمُ النَّارَ الَّتِي تُورُونَ أَن

73. Abaffe, mwe mwatonda omuti ku lwa وَآنْشُأْتُمْ شَجَرَتُهَا آَمْرَتُهُ فَ عَلَيْهِ اللَّهِ عَلَيْهِ اللَّهُ

لِّلْمُقُونِينَ۞

لَيْنِ عَ فَسَيِّعُ بِاشْدِ رَبِّكَ الْعَظِيْدِ ﴿

فَلَّا أُقْسِمُ بِمَوْقِعِ النَّجُوْمِ (٢)

وَإِنَّكَ لَقَسَمُ لَّوْ تَعْلَمُوْنَ عَظَيْمُ اللَّهِ

اِنَّهُ لَقُرُانَ كَرِيْمٌ ۞ فِيْ كِتْبِ مِّكْنُوْنِ أَنْ

لا يَمَسُّكُ إِلَّا الْمُطَقَّةُ وْنَ أَمْ

تَنْزِيلُ مِّنْ رَّبِّ الْعٰلَمِينَ ۞

ا فَبِهٰذَا الْحَدِيْثِ آنْتُو مُّدُهِنُونَ اللهُ

وَتَجْعَلُونَ رِزْقَكُمْ ٱنَّكُمْ تُكُمْ تُكَذِّبُونَ ١٠

فَلُوْ لُا رَاذًا بَلَغَتِ الْحُلْقُوْمَ الْ

و آنتُمْ حِينَيْدِ تَنْظُرُونَ ٥

86. Era Ffe tuba okumpi ennyo naye كَ نَحْنُ آقْرَبُ إِلَيْدِ مِنْكُمْ وَ لَكِنْ لَّا اللَّهِ مِنْكُمْ وَ لَكِنْ لَّا تُبْصِرُوْنَ۞

87. Kale obanga ddala temuli ba kulamulwa.

88. Lwaki temugukomyawo, obanga mwogera mazima?

89. Naye omufu bw'aba ng'ali mw'abo ab'oku lusegere lwa Allah.

90. Olwo liba ddembe n'ebyakaloosa n'e Janna ey'essanyu erijjuvu.

91. Ate *omufu* bw'aba nga ali mu bantu b'oku ddyo,

92. Kale agambibwa nti: Emirembe gibeere ku ggwe, owange gwe ali mu bantu b'oku ddyo.

abaalimbisa amazima, abaabula,

94. Olwo okusembezebwa kwe kuliba kwa mazzi olweje,

95. N'okwokebwa mu muliro.

96. Ddala gano ge mazima amakakafu.

97. Kale tendereza n'erinnya lya Mukama wo Omusukkirivu.

فَلَهُ لَآرِانَ كُنْتُمْ غَيْرَ مَدِيْنِينَ أَ ترْجِعُونَهَآران كُنْتُمْ صدِقِيْنَ ص فَاكَتُا لَانْ حَانَ مِنَ الْمُقَرِّبِيْنَ أَنَّ فَرَوْحُ وَريكانَ اللهِ وَجَنَّتُ نَعِيْمِ ١٠ وَالمُّ آاِن كَانَ مِنْ أَصْلِبِ الْيَمِيْنِ اللَّهِ الْيَمِيْنِ اللَّهِ الْيَمِيْنِ فَسَلْمٌ لَّكَ مِنْ اَصْحْبِ الْيَمِيْنِ أَنَّ وَ آمَّاً إِنْ كَانَ مِنَ الْمُحَذِّبِيْنَ 93. Naye omufu bw'aba ng'ali mw'abo

> وَّ تَصْلِيَةُ يَحِيْمِ ۞ إِنَّ هٰذَا لَهُوَ حَقُّ الْيَقِيْنِ ﴿ ﴿ فَسَيِّحْ بِالْمِرِرَبِّكَ الْعَظِيْمِ ﴿ إِنَّاكُ الْعَظِيْمِ ﴿



# AL-ḤADĪD

(Yakka luvannyuma lwa Hijra)

- 1. Ku lw'erinnya lya Allah, Omusaasizi ennyo, Ow'ekisa ekingi.
- bitendereza Allah era ye Luwangula, Omugezi ennyo.
- 3. Obwakabaka bw'eggulu n'ensi bubwe. Y'awa obulamu era y'afiisa era ye w'Obuyinza ku buli kimu.
- 4. Ye ye w'Olubereberye era ye w'Oluvannyuma, era ye w'Olwaatu era ye Mwekusifu, era y'Amanyi obulungi buli kimu.
- 5. Ye y'eyatonda eggulu n'ensi mu biseera omukaaga, n'oluvannyuma n'atebenkera ku Nnamulondo. Y'amanyi ebiyingira mu nsi n'ebigifulumamu, n'ebyo ebikka okuva mu ggulu n'ebyambuka mu lyo. Era Ye abeera nammwe wonna we mubeera. Era byonna مِنْهَا وَمَا يَنْزِلُ مِنَ السَّمَاءِ وَمَا يَعْرُجُ bye mukola, Allah abiraba.
- 6. Ye nannyini bwakabaka bw'eggulu n'ensi era eri Allah ensonga zonna gye zizzibwa.
- 7. Y'ayingiza ekiro mu misana, era y'ayingiza emisana mu kiro era y'amanyi obulungi ebiri mu bifuba.
- 8. Mukkirize Allah ne Mutume we era mutoole okuva mw'ebyo bye yabasikiza. Kale abo abakkiriza mu mmwe nebatoola mu kkubo lya Allah balifuna empeera nnene nnyo.
- 9. Ye mubadde ki obutakkiriza Allah ng'ate Omubaka abakoowoola mulyooke mukkirize Mukama wammwe, ate nga Ye yamala okutwala endagaano yammwe, obanga ddala muli bakkiriza?

بِشمِ اللهِ الرَّحَمٰنِ الرَّحِيْمِ () 2. Ebiri mu ggulu n'ebiri mu nsi byonna تَبَيَّحَ رِبْلُهِ مَا فِي السَّمُوٰتِ وَالْاَرْضِ مِوْ هُوَ الْعَزِيْزُ الْعَكِيْمُ

> كَ مُلْكُ السَّمْوٰتِ وَالْأَرْضِ مِيْحِي وَ يُويْتُ ء وَ هُوَ عَلْ كُلِّ شَيْءٍ قَدِيْرُ هُوَ الْآوَّلُ وَالْأَخِهُ وَالظَّاهِرُ وَالْبَاطِنُ م وَهُوَ بِكُلِّ شَيْءٍ عَلِيثُمْ ()

> هُوَ الَّذِيْ خَلَقَ السَّمُوٰتِ وَالْأَرْضَ فِيْ سِنَّةِ آيَّاهِم نُدَّر اسْتَوٰى عَلَى الْعَرْشِ مَ يَعْلَمُ مَا يَلِجُ فِي الْأَرْضِ وَ مَا يَخُرُجُ فِيْهَا وَهُوَ مَعَكُمْ اَيْنَ مَا كُنْتُمْ وَاللَّهُ بِمَا تَعْمَلُونَ بَصِيْرُ

> كَ مُلْكُ السَّمَوْتِ وَالْاَرْضِ وَ إِلَى اللهِ تُرْجِعُ الْأُمُورُن

> يُوْلِجُ الَّيْلَ فِي النَّهَارِ وَ يُوْلِجُ النَّهَارُ فِي الَّيْهِلِ وَهُوَ عَلِيثُمُّ بِذَاتِ الصُّدُ وْرِ۞

> أُمِنُوا بِاللَّهِ وَ رَسُولِهِ وَ آنْفِقُوا مِمَّا حَعَلَكُمْ مُسْتَخْلَفِيْنَ فِيْهِ مَ فَالَّذِيْنَ أَمِّنُوْا مِنْكُمْ وَ آنْفَقُوْا لَهُمْ آجُرُّ ڪبيُڙ⊙

> وَمَّا لَكُمْ لَا تُؤْمِنُونَ بِاللَّهِ مِوَالرَّسُولُ يَدْعُوْكُمْ لِتُؤْمِنُوا بِرَبِّكُمْ وَقَدْاَ خَذَ مِينًا قَكُمْ إِنْ كُنْتُمْ شُؤْمِنِينَ ٠

ez'olwaatu, alyooke abaggye mu kizikiza abalaze eri obutangaavu. Era ddala Allah كِيَّنْتِ لِّيُفْرِجَكُمْ مِّنَ الظُّلُمْتِ إِلَى الظُّلُمْتِ إِلَى

bwa Allah? Abo mu mmwe abatoola era وَيِلْهِ مِيْرَاتُ السَّمَوٰتِ وَ الْأَرْضِ، lya Allah, so nga obusika bw'eggulu n'ensi nebalwana nga obuwanguzi tebunnabaawo, كَرْ يَشْتُويْ مِنْكُمْ مِّنْ آنْفَقَ مِنْ قَبْلِ tebenkanankana n'abo abatoola era ne-الْفَتْحِ وَقَاتَلَ الْوَلْبِكَ آعْظَمُ دَرَجَةً مِّنَ Bali الْفَتْحِ وَقَاتَلَ الْوَلْبِكَ آعْظَمُ دَرَجَةً مِّنَ babasingira wala nnyo mu madaala. Naye bonna Allah yabasuubiza ebirungi. Era bye mukola byonna Allah abimanyi bulungi.

### Ruku 2

- okulungi, kale akumukubisizeemu enfunda nnyingi era okuwola okwo akufunemu n'empeera ey'ekitiibwa?
- n'abakkiriza abakazi nga obutangaavu bwabwe bumyansa mu maaso gaabwe ne ku ddyo waabwe, baligambibwa nti: Olwa leero mawulire malungi gye muli! Ensuku ezikulukutamu emigga wansi wa zo, omwo mwe mugenda okubeera. Obwo nno bwe buwanguzi obusuffu.
- 14. Kw'olwo bannanfuusi abasajja ne bannanfuusi abakazi baligamba abo abakkiriza nti: Mutugumiikirizeeko tufune ku butangaavu bwammwe. Kirigambibwa nti: Muddeyo emabega wammwe munoonye obutangaavu obanga musobola. Olwo wakati waabwe walissibwawo ekyawula nga kiriko oluggi, nga munda wa lwo y'eri okusaasira, ate ebweeru wa lwo lwolekedde nga y'eri ekibonerezo.
- 15. Bannanfuusi balibakoowoola nti: Abaffe, tetwalinga wamu nammwe? Baliddamu nti: Yee, naye mmwe mweteeka mwekka mu kigezo era nemufuuka malindirizi era nemubuusabuusa era nemubuzibwabuzibwa okwagala kwammwe, n'omulimba n'ababuzaabuza ku Allah, كَتَى جَاءَ آَصْرُالِدُ وَ غَـرَّكُمْ بِاللَّهِ okutuusa ekiragiro kya Allah lwe kizze.

10. Ye y'Oyo assa ku Muweereza we Aya أيْنِ الْمِيْ عَلَى عَبْوِهَ أَيْنِ اللَّهِ اللَّذِي يُنَزِّلُ عَلَى عَبْوِهَ أَيْنِ اللَّهِ اللَّهِ اللَّهِ عَنْ اللَّهِ اللَّهُ اللّهُ اللَّهُ اللَّاللَّهُ اللَّهُ ا النُّوْدِدوَ إِنَّ اللَّهَ بِكُهْ لَرَءُوْ فُ رَّيْدِيمُ اللَّهُ وَدِوْ إِنَّ اللَّهَ بِكُهْ لَرَءُوْ فُ رَّيديمُ 11. Ye mubadde ki obutatoola mu kkubo وَمَا لَكُمْ الَّهُ تُنْفِقُوا فِيْ سَبِيْلِ اللهِ الَّذِيْنَ ٱنْفَقُوا مِنْ بَعْدُ وَقَاتَلُوْا وَكُلُّا وَّعَدَ اللَّهُ الْحُسْنَى وَاللَّهُ بِمَا تَعْمَلُونَ

مَنْ ذَا الَّذِيْ يُقْرِضُ اللَّهَ قَرْضًا حَسَنًا 12. Ani oyo anaawola Allah okuwola حَسْنًا فَيُضْعِفَهُ لَهُ وَلَهُ أَجْرُ كُرِيهُ رَا اللهُ اللهُ وَلَهُ أَجْرُ كُرِيهُ مُنْ

13. Kw'olwo oliraba abakkiriza abasajja يَوْهَ تَرَى الْمُؤْمِنِيْنَ وَ الْمُؤْمِنِيْنَ يَسْلَى نُوْرُهُمْ بَيْنَ آيْدِيْهِمْ وَ بِأَيْمَانِهِمْ بُشْرِٰكُمُ الْيَوْمَ جَلْتُ تَجْرِيْ مِنْ تَحْتِهَا الْأَ ثَهُرُ خُلِدِيْنَ فِيْهَا وَذَٰ لِكَ هُوَالْفَوْزُالْعَظِيمُ شَ

> يَوْمَ يَقُولُ الْمُنْفِقُونَ وَالْمُنْفِقْتُ لِلَّذِيْنَ أَمَنُوا انْظُرُوْنَا نَقْتَبِسْ مِنْ نُّوْرِكُمْ وَيْدَلَ ا رْجِعُوا وَرَاءَ كُمْ فَا لْتَوْسُوا نُوْرًا الْفَضُرِبَ بَيْنَهُمْ بِسُورِ لَّهُ بَابَد بَا طِنُهُ فِيْدِ الرَّحْمَةُ وَظَاهِرُهُ مِنْ قِيَلِهِ الْعَذَابُ

> يُنَادُونَهُمْ اَكُمْ نَكُن مَّعَكُمْ دِ قَالُوْا بَلْ وَلٰكِنَّكُمْ فَتَنْتُمْ آنْفُسَكُمْ وَ تَرَبَّصْ تُمْ وَا (تَبْتُمْ وَغَرَّ شُكُمُ الْاَمَانِيُّ الْغَدُورُ ١٠

abatakkiriza. Amaka gammwe muliro, gwo الَّذِيْنَ كَفَارُوا مَا أُو سَكُمُ النَّا رُوهِيَ ye mukwano gwammwe. Ye nga buddo bubi nnyo!

اكُمْ يَأْنِ لِلَّذِيْنَ الْمُنْوَا آنْ تَخْشَعَ gyabwe وَاللَّهُ مَا اللَّهُ مَا اللَّهُ مَا اللَّهُ اللّ teginnatuuka kwetoowaza na kujjukira Allah n'ebyamazima ebyakka gye bali, era baleme na kuba ng'abo abaaweebwa Ekitabo olubereberye nebawanyuyizibwa ekiseera ky'emirembe, naye ate emitima gyabwe negikakanyala bukakanyazi? Era bangi mu bo boonoonefu.

- ensi oluvannyuma lw'okufa kwa yo. Mazima tubannyonnyola okulabula, مَوْتِهَا مُقَدْ بَيَّنَّا لَكُمُ الْأَيْتِ لَعَلَّكُمْ اللَّايْتِ لَعَلَّكُمْ mulyooke mukozese amagezi.
- n'abakazi abawa saddaaka era nebawola الله قَرْضًا حَسَنًا يُضْعَفُ لَهُمْ وَ Allah okuwola okulungi—alibakubisizaamu era balifuna empeera emirundi mingi ey'ekitiibwa.
- 20. Era abo abakkiriza Allah n'Abatume be, abo nno be b'Amazima era be Bajulizi eri Mukama waabwe. Balifuna empeera yaabwe n'obutangaavu bwabwe. Naye abo abatakkiriza era nebalimbisa Aya zaffe, abo be bantu b'omuliro.

### Ruku 3

- 21. Mumanye nti ddala obulamu bw'ensi muzannyo, na kwegayaaza, na bya majolobera, n'okwewulirira ku bannammwe, n'okuvuganya mu kwaza eby'obugagga Okufaanana ng'enkuba n'abaana. bw'esanyusa abalimi olw'ebimera bya yo, naye oluvannyuma nebiwotoka, olwo n'obiraba nga bifuuse bya kyenvu; فَتَرْبُ مُصْفَدَّ اثُمَّ يَكُونُ مُطَامًا اللهِ اللهِ عَلَى اللهُ اللهُ عَا n'oluvannyuma nebifuuka ebikutufukutufu. Naye ku nkomerero eriyo ekibonerezo ekikakali, n'okusonyiwa, n'okusiima okuva Allah. Naye obulamu bw'ensi si kirala wabula ge masanyu agabuzaabuza.
- 22. Muvuganye mu kunoonya okusonyiyibwa okuva eri Mukama wammwe n'e عَرْضُهَا كَعَرْضِ السَّمَاءِ وَ الْأَرْضِ السَّمَاءِ وَ الْأَرْضِ Janna eyo obugazi bwa yo obwenkanankana

النه مَلَا يُؤْخَذُ مِنكُمْ فِدْيَةٌ وَّلَامِنَ 16. Kale olwaleero mmwe temuggyibweko مَوْلْكُمْ وَبِئْسَ الْمَصِيْرُ الْ

> قُلُوبُهُمْ لِإِكْرِ اللهِ وَمَا نَزَلَ مِنَ الْحَقّ اوَلَا يَكُوْ نُوْاكَا لَّذِيْنَ أُوْتُواالْكِينَتُ مِنْ قَيْلُ فَطَالَ عَلَيْهِمُ اكْا صَدُ فَقَسَتْ قُلُوْبُهُمْ و كَثِيْرٌ مِتنهُمْ فْسِقُوْنَ

اعْكُمُوْا آنَّ اللهِ يُحْيِ الْأَرْضَ بَعْدَ Mumanye nti ddala Allah y'alamusa اعْكُمُوْا آنَّ اللهِ يُحْيِي تَعْقِلُوْنَ 🕜

اِنَّ الْمُصَّدِّ قِيْنَ وَالْمُصَّدِّ فْتِ وَ آقْرَضُوا ,19. Mazima abasajja abawa saddaaka لَهُمْ آجُرُ كُرِيْمُ ۞

> وَالَّذِيْنَ الْمَنُوالِاللَّهِ وَرُسُلِهُ ٱولَّهُكَ هُ مُ الصِّدِّيْقُوْنَ ﷺ وَالشُّهَدَاءُ عِنْدَ رَبِّهِمْ لَهُمْ أَجُرُهُمْ وَ نُوْرُهُمُ لِ وَ الَّذِيْنَ كَفَرُوْا وَكُذَّ بُوْا بِالْلِيِّذَ عُ أُولَٰعُكَ آصْحٰبُ الْجَحِيْمِ أَنَ

اِعْلَمُ آاتُّمَا الْحَيْدِةُ الدُّنْيَا لَعِبُ وَّلَهُهُ وَّ زِيْنَةُ وَّ تَفَاخُوا بِيَنِكُمْ وَ تَكَاثُرُ فِي اكْمَوَالِ وَ الْأَوْلَادِ مُحَمَّقُلُ غَيْثِ آعَجَتِ الْكُفَّارَ نَبَا نُهُ ثُمَّ يَهِيْجُ وَفِي الْأَخِرَةِ عَذَابٌ شَدِيدٌ ا وَ مَغْفِرَةُ مِّنَ اللهِ وَ رِضْوَانُ م وَ مَا الْحَيْدِةُ الدُّنْيَآ إِلَّا مَنَّاءُ الْغُرُورِ

سَابِقُوْ ا إِلَى مَغْفِرَةٍ مِّنْ رَّبِّكُمْ وَجَنَّةٍ

23. Tewali kabenje konna kagwawo mu nsi wadde ku mmwe bennyini, wabula kaba lubereberye Kitabo kuva nga tetunnakabeezaawo. Allah kyangu nnyo.

24. Kiri bwe kityo, mulyooke muleme olw'ekyo kye muba musubiddwa, era muleme na kuduula olw'ebyo by'aba abawadde. Era Allah tayagala buli eyeeragaalaga, eyeewulira.

25. Be bo abakodowala era nebalagira okukodowala. Naye oyo n'abantu eyeekyuusa, kale amanye nti ddala Allah y'Eyeemala, y'Atenderezebwa ennyo.

26. Mazima twatuma Ababaka baffe n'obubonero obw'olwaatu era netussa awamu nabo Ekitabo n'ekipima, abantu رليَقُوْمَ النَّاسُ بِالْقِسْطِءِ وَ ٱنْدَرْلْنَا balyooke batuukirize obwenkanya; era رليَقُوْمَ النَّاسُ بِالْقِسْطِءِ وَ ٱنْدَرُلْنَا twassa n'ekyuuma ekirimu amaanyi kasiggu n'emigaso eri abantu, era Allah alyooke amanyise oyo amuyamba n'Abatume benewaakubadde nga Ye talabika. Mazima Allah ye w'Amaanyi ennyo, Luwangula.

Ruku 4

27. Era ddala twatuma Nühu ne Ibrāhimu, era netussa mu zzadde lyabwe obwa Nabbi n'Ekitabo. Kale abamu mu bo baali balung'amu, naye bangi mu bo baali bajeemu.

28. N'oluvannyuma twagobereza mu buwufu bwabwe Ababaka baffe; era netugobereza 'Isa Mutabani wa Maryamu netumuwa Enjiri, era netussa mu mitima gy'abo abaamugoberera ekisa n'okusaasira. Naye obusoosolooti be baabwegunjirawo bokka, Ffe tetububalagiranga, wabula baabussaawo mbu lwa kunoonya kusiima kwa Allah, naye ate tebaabukuuma mu nkuuma ya bwo entuufu. Kale twawa abo

أعدَّث لِلَّذِيْنَ الْمَنُوا بِاللَّهِ وَرُسُلِهِ م خٰلِكَ نَصْلُ اللهِ يُؤْتِيهِ مَن يَشَاءُ ا وَاللَّهُ ذُوالْفَضْلِ الْعَظِيْمِ

مَّ آصَابَ مِنْ مُصِيْبَةٍ فِي الْأَرْضِ وَلَّا إِنَّ ٱنْفُسِكُمْ إِلَّا فِي كِتْبِ مِّنْ قَبْلِ آنِ سَّعْرَاهَا وَلِكَ عَلَى اللهِ يَسِيرُ أَهُمَا وَلِكَ عَلَى اللهِ يَسِيرُ أَهُمُ Mazima ekyo eri

> لِّكَيْلًا تَأْسُوا عَلَى مَا فَاتَكُمْ وَلَا تَفْرَحُوْا بِمَآ أَتْكُهُ وَاللَّهُ لَا يُحِبُّ كُلُّ مُخْتَا لِي نَخُورِ اللهُ

> اِ لَّذِيْنَ يَبْخَلُوْنَ وَ يَاْمُرُوْنَ التَّاسَ بِالْبُخْلِ و مَنْ يَتَتَوَلَّ فَإِنَّ اللَّهُ هُوَ الْغَنِيُّ الْحَمِيدُ

لَقَذُ ٱرْسَلْنَا رُسُلَنَا بِالْبَيِّنْتِ وَ آنْزَنْنَا مَعَهُمُ الْكِتْبَ وَ الْمِيْزَانَ الْجَدِيْدَ فِيهِ بَأْسُ شَدِيدٌ وَ مَنَافِعُ لِلنَّاسِ وَلِيَحْلَمُ اللَّهُ مَنْ يَّنْصُرُهُ وَ عِ رُسُلَهُ بِالْغَيْبِ النَّاسَلَةُ قِويُّ عَزِيْزُهُ

وَ لَقَدْ آرْسَلْنَا نُوعًا وَ لِبُرْهِيْمَ وَ جَعَلْنَا فِي ذُرِّيَّتِهِمَا النُّبُوَّةَ الْكِتْبُ فَمِنْهُمْ مُنْهَدِم وَ كَثِيْرً مِّنْهُمْ فْسِقُونَ

ثُمَّ قَقَّدُنَا عَلَى أَثَارِهِمْ بِرُسُلِنًا وَ قَفَّدْنَا بِعِيْسَى ابْنِ مَرْبَرَرَ أَتَيْنُهُ الدنجييل لا وَجَعَلْنَا فِيْ قُلُوْبِ الَّذِيْنَ اتَّبَعُوهُ وَأَفَةً وَّ رَحْمَةً و وَكُمْ اللَّهِ اللَّهِ اللَّهُ اللَّا اللَّا اللَّاللَّا الللَّا اللَّهُ اللَّهُ اللَّهُ اللَّهُ اللَّهُ اللَّهُ اللَّهُ ا إِبْتَدَعُوْهَا مَاكَتَبْنُهَا عَلَيْهِمْ الَّا اثنتخاء رضوان الله فما رتقوها

عَقَّ رِعَا يَتِهَاء فَا تَيْنَا الَّذِيْنَ الْمَنْوُا abakkiriza mu bo empeera yaabwe, naye bangi nnyo mu bo bajeemu.

مِنْهُمْ آجُرَهُمْ وَ كَثِيْرٌ مِنْهُمْ

فْسقُوْنَ 🕜

29. Abange mmwe abakkiriza, Mutyenga nnyo Allah era mukkirize Omubaka we; olwo Allah ajja kubawa emigabo ebiri mu kusaasira kwe era n'obutangaavu mwe mulitambulira, era abasonyiwe. Era Allah ye Musonyiyi ennyo, Omusaasizi ennyo —

يَّتَكَلَّا يَتَعْلَمَ آهْلُ الْكِتْبِ ٱلَّا يَقْدِرُونَ 30. Abantu b'Ekitabo balyooke bave ku ndowooza egamba nti bo (Abasiraamu) tebalina kyonna kye basobola kukola nebafuna ku mikisa gya Allah, era bamanye nti emikisa gyonna giri mu mikono gya عَ يَتَشَاءُ وَاللَّهُ ذُوالْفَضْلِ الْعَظِيْمِ اللَّهِ اللَّهُ اللَّهُ عَلَى الْعَظِيْمِ اللَّهُ الله المُعَظِيمِ Allah; agiwa oyo gw'aba ayagadde. Era Allah ye Nannyini mikisa emisuffu.

يَـا يَشُهَا الَّذِيْنَ أَمِّنُوا اتَّقُوا اللَّهُ وَ رَّحْمَتِهِ وَيَحْعَلُ آَكُمْ نُوْرًا تَمْشُونَ abassizeewo



(Yakka luvannyuma lwa Hijra)

1. Ku lw'erinnya lya Allah, Omusaasizi ennyo, Ow'ekisa ekingi.

Juzu 28

- 2. Mazima Allah amaze okuwulira okwogera kw'omukazi atotoogana naawe ku nsonga za bba, era awanjaze n'eri Allah. Ne Allah awulidde okwogeraganya kwammwe mwembi. Mazima Allah ye Muwulizi wa byonna, Omulabi wa byonna.
- 3. Abo mu mmwe abazira bakyala baabwe nga babayita bannyaabwe — ddala tebafuuka bannyaabwe; bannyaabwe si balala wabula be bo abaabazaalira ddala. Era ddala abo bye boogera bigambo bibi nnyo era bya صِّنَ الْقَوْلِ وَزُورًا مُورِانَ اللهُ لَعَفُهُ مَّغَفُهُ رُّحِينَ الْقَوْلِ وَزُورًا مُورِانَ اللهُ لَعَفُهُ عَفُهُ وَمِينَ الْقَوْلِ وَزُورًا مُورِانَ اللهِ لَعَفُهُ عَفُهُ وَمِينَ الْقَوْلِ وَزُورًا مُورِانَ اللهِ لَعَفُهُ عَفُهُ وَمِينَ اللهِ اللهُ اللهِ اللهُ اللهِ اللهُ اللهِ اللهِ اللهِ اللهِ اللهُ اللهِ اللهِ اللهِ اللهُ اللهِ اللهِ اللهُ اللهِ اللهُ ال w'ebibi, Omusonyiyi ennyo.
- 4. Era abo abayita bakyala baabwe bannyaabwe *olw'okubeeyawulako*, **n**'oluvannyuma nebeefukulula kw'ebyo bye baayogera, kale bateekwa okuwa omuddu eddembe nga bombi tebannatuukaganako. Bwe mutyo nno bwe mubuuliriddwa ku kyo. Era byonna bye mukola Allah abitegeera.
- 5. Naye oyo atalifuna muddu, kale asiibe فَمَن لِّهُ يَجِهُ فَصِيّا مُ شَهْرَيْنِ emyezi ebiri egiddiring'ana, nga bombi tebannatuukaganako. Naye oyo atasobola, تَّمْ يَسْتَطِعْ فَاطْعًا مُسِتَّيْنَ مِسْكِنْنًا لا kale aliise abanaku nkaaga. Kiri bwe kityo mulyooke mukkirize Allah n'Omubaka we. Era zino z'ensalo za Allah. Era abatakkiriza balifuna ekibonerezo ekirumya.
- abaabasooka bwe baanyoomoolwa; era مُوَاحَمَا كُبِتَ الَّذِيْنَ مِنْ قَبْلِهِمْ ddala twamala okussa Aya ez'olwaatu. Era abatakkiriza balifuna ekibonerezo ekiswaaza.
- 7. Olunaku Allah lw'alibazuukiza bonna, kale alibategeeza ebyo bye baakolanga. Allah yabibalirira mu kitabo, naye bo ne babyerabira. Era Allah ye Mujulizi ku buli kimu.

﴿ سَمِعَ اللَّهُ تَوْلَ الَّتِيْ تُجَادِ لُكَ فِي زَوْجِهَا وَتَشْتَكِنَ إِلَى اللَّهِ اللَّهِ وَاللَّهُ يَسْمَعُ تَكَاوُرَكُمَا مْإِنَّ اللَّهَ

مَّا هُنَّ أُمَّا لَمْ لَهُ لِيهِ مُرَّا إِنْ أُمَّا لَهُ لُهُ لُهُ الجَّث وَكَدْنَهُ هُو وَإِنَّهُمْ لَيَقُوْلُونَ مُنْكَرًا وَالَّذِيْنَ يُظْهِرُوْنَ مِنْ نِسَارِئِهِمْ ثُمَّ

يَعُوْدُوْنَ لِمَا قَالُوْا فَتَكَثرِيْرُ رَقَبَةٍ رَبَّنْ قَبْلِ أَنْ يُتَعَمَّأَشًا و ذِلِكُمْ تُوْعَظُونَ بهم والله بما تعملون خبير

ذَلِكَ لِتُؤْمِنُوا بِاللهِ وَرَسُولِهِ وَيَلْكَ حُدُودُاللّهِ وَلِلْكُفِرِينَ عَذَابُ اَلِيمُ انًا الَّذِينَ يُعَاّدُونَ اللّهَ وَ رَسُولَـاهُ -6. Mazima abo abawakanya Allah n'O وَقَدْ ٱنْزَلْنَا الْيِكَ بَيِّنْتِ وَلِلْكُفِرِينَ

> بِمَا حَمِلُوا ﴿ آحَطْمَهُ اللَّهُ وَ نَسُوْهُ ﴿ ﴾ وَاللَّهُ عَلَى كُلِّ شَيْءٍ شَهِيدُ

### Ruku 2

8. Abaffe, tolaba nti Allah y'amanyi ebiri وَالسَّمُوٰ وَالسَّمُونِ وَالسَّمُوٰ وَالسَّمُوٰ وَالسَّمُوٰ وَالسَّمُوٰ وَالسَّمُوٰ وَالسَّمُوٰ وَالسَّمُونِ وَالسَّمُ وَالسَّالِقُولُ وَالسَّمُ وَالسَّالِقُولِ وَالسَّمُ وَالسَّمُ وَالسَّمُ وَالسَّمُ وَالسَّمُ وَالسَّمِ وَالسَّمُ وَالْمُعِلِّ وَالسَّمُ وَالسَّمِ وَالسَّمُ وَالسَّمُ وَالسَّمُ وَالسَّمُ وَالسَّمُ وَالسَّم mu ggulu n'ebiri mu nsi? Tewali kafubo konna kabaamu basatu, wabula Ye y'aba ow'okuna ku bo; oba abataano, wabula Ye y'aba ow'omukaaga ku bo; wadde abatenkana awo oba abasingawo, wabula nabo wonna we baba. aba N'oluvannyuma ku lunaku lw'okuzuukira, alibategeeza ebyo bye baakola. Mazima Allah y'amanyi obulungi buli kimu.

9. Abaffe, tewalaba abo abaaziyizibwa okuteesa mu nkukutu ate era nebaddira ekyo ekyabaziyizibwa, era nebateeseza mu nkukutu olw'okukola ebibi, n'ebyobulabe, n'okujeemera Omubaka? Era bwe bajja gy'oli, bakulamusa n'e kiramuso Allah ky'ataakulamusa na kyo, neboogera ne mu Lwaki gyabwe nti: myoyo tatubonereza olw'ebvo bye twogera? Omuliro gwe balyokebwamu gulibamala. Naye obwo nga buddo bubi nnyo!

10. Abange mmwe abakkiriza, bwe muteesezanga mu kyaama, temuteesanga lwa kukola kibi, n'obulabe, n'okujeemera Omubaka, wabula muteesenga mu kyaama lwa kukola birungi na kutya Allah. Era mutye nnyo Allah Oyo gy'ali gye mulikung'aanyirizibwa.

11. Mazima okuteesa kyaama mu olw'ebibi kikolwa kya Sitaani, akikola alyooke anakuwaze abo abakkiriza; naye tayinza kubalumya mu kyonna, mpozzi nga Allah akkirizza. Era abakkiriza beesigenga Allah yekka.

12. Abange mmwe abakkiriza, mugambibwanga mu nkung'aana nti: Muwe ekyaanya, kale muwanga ekyaanya, ne Allah alibawa ekyaanya. Ate bwe mugambibwanga nti: Musituke, kale musitukanga; Allah alisitula mu madaala abo abakkiriza mu mmwe n'abo abaaweebwa okumanya. Era bye mukola byonna Allah abitegeera.

مَا فِي الْأَرْضِ مِنْ يَكُونُ مِنْ نَجُولِي ثُلُثُةِ هُ وَ لَا آهِ فِي مِنْ خَلِكَ وَ كَا مًا عَمِلُوا يَوْمَ الْقِيْمَةِ ا اتَّ اللَّهُ سِكُلِّ شَيْءٍ عَ

لَى الَّذِيْنَ نُهُواعَنِ النَّجُواي ثُكَّ دُوْنَ لِمَا نُهُوْا عَنْهُ وَيَتَنْجُوْنَ هِ وَ الْعُدُوانِ وَ مَعْمَ لِذَا حَآءُوكَ حَتَّوْكَ مِ بُهُمُ جَهَنَّمُ ج يَصْلُونَهَاج

هَا الَّذِيْنَ أَمَنُوْآ لِذَا تَنَا كَثُنُّمْ فَكُا وَالتَّقُوٰى م وَاتَّقُوا اللَّهُ الَّذِي إِلَيْهِ

إذن اللهووعل الله فكئه

يَذِيْنَ أَمَنُوْا إِذَا يِعْلَ لَكُمْ د ين امّنو امنكوروالدين لْمَ دُرَجْتِ وَ اللَّهُ بِمَا مَّ لُوْنَ خَبِيْرُ۞ mukulembezenga saddaaka olubereberye الرَّسُولَ فَقَدِّمُوا بَيْنَ يَدَيْ نَجُوٰ كُمْ lw'akafubo kammwe. Ekyo ky'ekisinga obulungi gye muli era ky'ekisinga n'obulongoofu. Naye bwe mutafunanga kye mutoola, kale ddala Allah ye Musonyiyi ennyo, Omusaasizi ennyo.

14. Abaffe, mutya okukulembeza saddaaka olubereberye lw'okwebuuza kwammwe ku Mutume mu kyaama? Kale ekyo bwe mutaasobole kukikola — Allah abaddiremu - kale nno mujjumbire nnyo essaala era mutoole zaka era mugondere nnyo Allah n'Omubaka we. Era byonna bye mukola, Allah abitegeera.

Ruku 3

15. Abaffe, tewalaba abo abaakwanagana n'abantu Allah be yasunguwalira? tebali mu mmwe wadde tebali mu bo, era balayira ne ku by'obulimba nga ddala bamanyi.

16. Allah yabategekera ekibonerezo ekikakali. Ddala bibi nnyo ebyo bye baakolanga.

- 17. Baatwala okulayira kwabwe nga engabo, kale nebeekiika mu kkubo lya Allah, n'olwekyo balifuna ekibonerezo ekiswaaza.
- 18. Eby'obugagga bwaabwe wadde abaana baabwe tebijja kubagasa wadde akatono ku Allah. Abo be bantu b'omuliro, bo mu gwo mwe balibeera.
- 19. Olunaku Allah lw'alibazuukiza bonna awamu, kale balimulayirira nga bwe babalayirira, nga balowooza nti balina kye baliko. Mwetegereze! Ddala bo be balimba.
- 20. Sitaani yabeefuga, kale n'abeerabiza okujjukira Allah. Abo ekibiina Sitaani. Mwetegereze! Mazima ekibiina kya Sitaani be b'okufaafaaganirwa.

آيَيُّهَا الَّذِيْنَ اصَنُوْا إِذَا نَاجَيْتُمُ bwe مُعَالِبًا اللَّهِ اللَّهِ اللَّهُ اللَّالِي اللَّهُ الللَّهُ اللَّهُ اللَّلْمُ اللَّهُ اللَّهُ اللَّالِلَّا اللَّهُ اللَّهُ اللَّهُ اللَّهُ اللَّهُ اللَّهُ اللَّهُ اللّ صَدَ قَدُّ الْمِلْكَ خَيْرٌ لَّكُمْ وَآهُمُو الْمَهُرُ وَإِنْ لَّمْ تَجِدُ وَا فَإِنَّ اللَّهَ غَفُوْرٌ رَّحِيمٌ ١٠

> ءَ ٱشْفَقْتُمْ آنْ تُقَدِّمُوا بَسِيْنَ يَسدَيْ تَجُوٰ حُمْ صَدَ قَيْ اللَّهِ الْمَادُلُمُ تَفْعَلُوْا وَ تَابَ اللهُ عَلَيْكُمْ فَأَقِيْمُوا الصَّلُوةَ وَأْتُوا الزَّحُوةَ وَآطِيْعُوا اللَّهَ وَرَسُولَكُ ﴿ وَاللَّهُ خَبِيثُ إِمَّا تَعْمَلُوْنَ ﴿

آكم تَرَ إِلَى الَّـذِيْنَ تُولُّوا قَوْمًا غَضِبَ اللَّهُ عَلَيْهِمْ اللَّهُ عَلَيْهِمْ مَا هُمْ مِّنْكُمْ وَ لَامِنْهُمُ وركي يَهْلِفُونَ عَلَى الْكَذِبِ وَهُـهُ يَعْلَمُوْ نَ۞

آعَدُّ اللهُ لَهُمْ عَذَابًا شَرِيدًا وإنَّهُمْ سَاءَمَاكَا نُوايَعْمَلُونَ

إِنَّكُذُ أَوْا آيْمَا نَهُمْ جُنَّةً فَصَدُّوا عَنْ سَبِيْلِ اللَّهِ فَلَهُمْ عَذَابٌ مُّهِيْنُ لَنْ تُغْنِيَ عَنْهُمْ آمْوَالُهُمْ وَ لَّآ آوكا دُهُ مُ مَرضً ا ملَّتِ شَيْعًا و أُولَيُّكَ آصحب النَّارِه هُــ هُ وَيْهَا لَحَلِدُ وْنَ ١٠ يَوْمَ يَبْعَنْهُمُ اللَّهُ جَمِيْعًا فَيَحْلِفُوْنَ لَكَ كَمَا يَعْلِفُوْنَ لَكُمْ وَيَحْسَبُوْنَ ٱنَّهُمْ عَلَىٰ شَيْءٍ وَالَّا إِنَّهُمْ هُمُ الْكُذِ بُوْنَ ١٠ استَحْوَدَ عَلَيْهِمُ الشَّيْطُنُ فَأَنْسُمُهُمْ ذِ كُرَ ا ملَّهِ م أُولَيُّكَ حِزْبُ الشَّيْطِي م آگآ راناً حِزْبَ الشَّيْطِينِ هُمُ الْخُسِرُونَ ۞

n'Omubaka we, abo be bali mu banyoomoofu ennyo.

22. Allah yalangirira *dda* nti: Mazima Nze nnaawangulanga *bulijjo*, Nze n'Ababaka bange. Mazima Allah ye w'Amaanyi ennyo, Luwangula.

23. Tojja kusanga bantu bakkiriza Allah n'olunaku lw'enkomerero nga baagalana n'abo abawakanya Allah n'Omubaka we, ne bwe baba nga be bakitaabwe, oba nga baana baabwe, oba baganda baabwe, oba ab'eng'anda zaabwe. Abo nno Allah be yawandiika ku mitima gyabwe obukkiriza era n'abawagira n'omwoyo oguva gy'ali. Era alibayingiza mu nsuku ezikulukutamu emigga wansi wa zo. Omwo mwe balibeera, nga Allah musanyufu gye bali, nabo nga basanyufu gy'ali. Abo nno be b'ekibinja kya Allah. Mwetegereze! Ddala ab'ekibinja kya Allah be b'okuganyulwa.

وَاتَّ الَّذِيْنَ يُكَادُّوْنَ اللَّهُ وَ رَسُوْلَـا اللهُ وَ رَسُوْلَـا 11. Mazima abo abawakanya Allah أولئك في الأذلَّذي الأولان

> كَتَت اللهُ كَاغْلِبَتَ آنًا وَ رُسُلِنَ وَإِنَّ الله قَوِيُّ عَزِيزٌ

لَا تَهِدُ قَوْمًا يُتُؤْمِنُونَ بِاللَّهِ وَالْيَوْمِ اكُلْخِيرِ يُوَادِّيُونَ مَنْ كَالَةً عَنْهُ و أُولَئِكَ حِزْبُ اللهِ و آكَمَ إِنَّ زَبَ اللّهِ هُمُ الْمُ





(Yakka luvannyuma lwa Hijra)

- 1. Ku lw'erinnya lya Allah, Omusaasizi ennyo, Ow'ekisa ekingi.
- 2. Ebiri mu ggulu n'ebiri mu nsi byonna bitendereza Allah; era ye Luwangula, Omugezi ennyo.
- 3. Ye y'eyafulumya abo abatakkiriza mu bantu b'Ekitabo okuva mu maka gaabwe mu kuwang'angusa okwasooka. Mmwe temwalowooza nti balivaamu era nabo ebigo byabwe bijja baalowooza nti kubawonya Allah. Naye nno Allah yabajjira mu ngeri gye bataalowoozaako, n'assa ensisi mu mitima gyabwe, nebazikiriza ennyumba zaabwe n'emikono gyabwe wamu n'emikono gy'abakkiriza. بُيُوتَهُمْ بِآيْدِيْهِمْ رَ آيْدِي Kale mmwe abalina amaaso, ekyo mukitwale ng'ekyokulabula.
- kuwang'angusibwa, mazima yaalibabonerezza mu nsi muno. Ate ne ku nkomererero, balina ekibonerezo ky'omuliro.
- n'Omubaka we. Era oyo awakanya Allah, kale ddala Allah mukakali nnyo mu kubonereza.
- 6. Omutende gwonna gwe mwatema oba gwe mwalekawo nga guyimiridde ku mirandira gya gwo, kale kyali lwa kukkiriza kwa Allah, era alyooke aswaaze aboononefu.
- 7. Era omunyago gwonna Allah gwe yawa Omubaka we okuva gye bali, mmwe temwaguddusizaako mbalaasi wadde eng'amira zammwe, naye Allah y'awa Ababaka be obuyinza kw'oyo gw'aba ayagadde. Era Allah ye w'Obuyinza ku buli kimu.

بشما متوالرَّعُمْنِ الرَّحِيْمِن سَبَّحَ يِلْهِ مَا فِي السَّمَوٰتِ وَ مَا فِي الْأَرْضِ م وَ هُوَ الْعَهِ يْسُزُ الْعَكِيْمُ ﴿

هُوَ الَّذِينَ آخُرَبَ الَّذِينَ كَفَرُوا مِنْ آهُلِ إِنَّ الْكِتْبِ مِنْ ﴿ يَا رِحِهُ لِا وَّلِ الْحَشْرِةَ مَا ظُنَّ نَتُمْ آنَ يَخْرُجُوْا وَ ظَنُّوْا آنَّهُمْ مًّا نِعَتُهُمْ حُصُوْنُهُمْ مِّنَ اللَّهِ فَاتَّلِيهُمُ اللهُ مِنْ حَيْثُ لَمْ يَحْتَسِبُوْا ت وَ قَذَفَ فِي قُلُوْ بِهِمُ الرُّعْبَ يُخْرِبُوْنَ الْمُؤْمِنِيْنَ تَ فَاعْتَبِرُوْا ا كا يُصَارِج

4. Era singa tekyali nti Allah yabasalira كَلَوْ لَرَ آنْ خَتَبَ اللَّهُ عَلَيْهِمُ الْجَلَّاءَ لَعَذَّ بَهُمْ فِي الدُّنْيَا ، وَلَهُمْ فِي الْهَٰخِرَةِ عَذَابُ النَّارِن

خَالِكَ بِمَا نَّـهُمْ شَا تُوااللهُ وَرَسُولَهُ \* 5. Ekyo lwa kubanga baawakanya Allah وَ مَنْ يُشَاقِ اللَّهَ فَإِنَّ اللَّهَ شَدِيمُ العِقابِ

> مًا قَطَعْتُمْ مِنْ لِيَّمْنَةٍ أَوْ تَرَكْتُمُوْهَا قَالِيْمَةً عَلَى أَصُوْلِهَا فَبِواذْنِ اللَّهِ وَ لِيُخْزِيَ الْفْسِقِيْنَ

> وَ مَا آفَاءَ الله عَلْ رَسُولِهِ مِنْهُ مُ فَمَا آوْ جَفْتُمْ عَلَيْدِ مِنْ خَيْلٍ وَ لَا دِكَابٍ وَّ لَحِنَّ اللهَ يُسَلِّطُ رُسُلَهُ عَلَى مَنْ يَّشَاءُ و واللهُ عَلْ كُلِّ شَيْءٍ قَدِيرُ ﴿

8. Eby'omunyago byonna Allah by'aba awadde Omubaka we okuva mu bantu b'omu bibuga, kale biba bya Allah, n'Omubaka, n'ababe, ne bamulekwa, n'abankuseere, n'abatambuze; olwo *eby'obugagga* biryooke bireme kwetooloorera mu bagagga bokka mu mmwe. Era ekyo kyonna Omubaka ky'abanga abawadde, kale mukitwalenga; ate ekyo kyonna ky'abanga abagaanye, kale mukirekenga. Era mutye nnyo Allah. Mazima Allah mukakali mu kubonereza.

9. Era omunyago gwa banaku Abasenguse abo abaagobebwa mu maka gaabwe ne ku by'obugagga bwabwe nga banoonya emikisa egiva eri Allah n'okusiima kwe, era nebayamba Allah n'Omubaka we. Abo nno be b'amazima.

10. Era n'abo abaategeka amaka *e Madina* nebakkiriza olubereberye lwabwe, baagalana n'abo abaasengukira gye bali, era tebawulira nkenyera yonna mu mitima gyabwe kw'ebyo ebiba biweereddwa *Abasenguse*, era bakulembeza *Abasenguse* okusinga ne ku bo bennyini, newankubadde nga bo bennyini bali mu bwavu. Era oyo awonyezebwa okululunkana kw'omwoyo gwe, kale abo be baliganyulwa.

11. Era n'abo abajja oluvannyuma lwabwe bagamba nti: Mukama waffe, tusonyiwe era ne baganda baffe abo abaatukulembera mu kukkiriza, era tossa gyaffe kw'abo ffutwa mu mitima abakkiriza. Mukama waffe. mazima Ggwe Musaasizi ennyo, Ow'ekisa ekingi. Ruku 2

12. Abaffe, tewalaba abo abaafuuka bannanfuusi? Baagamba baganda baabwe abo abatakkiriza mu bantu b'Ekitabo nti: Singa ddala munaagobebwa *mu Madina*, mazima naffe tujja kugenda nammwe, era tetugenda kugondera yenna ku bikwata ku mmwe ddi na ddi; era bwe mulirwanyisibwa, mazima tulibayamba. Naye Allah akakasa nti ddala bo balimba.

مَاآفَآءَاللَّهُ عَلَى رَسُولِهِ مِنْ آهْلِ الْقُرْى فَيِلْهِ وَلِلرَّسُولِ وَلِذِى الْقُرْلِى وَالْيَتْمَى وَالْمَسْكِيْنِ وَابْنِ السَّبِيْلِ الْكَيْكَ لَا يَحُونَ دُولَةً بَيْنَ الْاَ غَنِيْلًا مِنْكُمْ وَمَا اللَّكُمُ الرَّسُولُ فَخُذُولُا نَو مَا نَلْمُكُمْ عَنْهُ فَالْتَهُوْلَ وَاتَّقُوا اللَّهَ اللَّهُ الْقَالَ لَيْ اللَّهُ الْعِقَابِ ﴾

لِلْفُقَرَّاءِ الْمُلْحِرِيْنَ الَّذِيْنَ أُخْرِجُوْا مِنْ حِيَارِهِمْ وَ آمُوَالِهِمْ يَبْتَغُوْنَ فَضْلًا يَّنَ اللهِ وَ رِضْوَانَّا وَّ يَنْصُرُوْنَ اللهَ وَرَسُوْلَ لَاءاُولَيْكَ هُمُ الصَّحِدُ قُوْنَ آنَ

وَالَّذِيْنَ تَبَوَّ وُّالدَّارَوَا لَا يَمَانَ مِنْ قَبَلِهِمْ وَلَا يَمِنَ تَبَوَّ وُالدَّارَوَا لَا يَمَانَ مِنْ قَبَلِهِمْ وَلَا يَجِهُ وَنَ مَنْ هَاجَرَ النَّهِمْ وَلَا يَجِهُ وَنَ فَي مَنْ هَاجَرَ النَّهِمْ وَلَا يَجِهُ وَنَ فَي الْأَنْ فُسِهِمْ وَلَوْ كَوْتُونَ عَلَى الْفُسُهِمْ وَلَوْ كَانَ يَهِمْ خَصَاصِةً اللَّهُ مَنْ يُوْقَ كَلُهُ مَنْ يَنْ فَي بِهِمْ خَصَاصِةً اللَّهُ مَنْ يُوْقَ شَعْمَ لَا يُعْلِقُ مَنْ يُوْقَ هُمُ الْمُفْلِحُوْنَ فَي اللَّهُ الْمُفْلِحُونَ فَي اللَّهُ الْمُفْلِحُونَ فَي اللَّهُ اللَّهُ الْمُفْلِحُونَ فَي اللَّهُ الْمُفْلِحُونَ فَي اللَّهُ اللَّهُ الْمُفْلِحُونَ فَي اللَّهُ الْمُفْلِحُونَ فَي اللَّهُ اللَّهُ اللَّهُ اللَّهُ اللَّهُ الْمُفْلِحُونَ فَي اللَّهُ الْمُفْلِحُونَ فَي اللَّهُ الْمُعْلَى اللَّهُ اللَّهُ اللَّهُ الْمُعْلِمُ اللَّهُ الْمُعْلِمُ اللَّهُ الْمُنْ الْمُنْ الْمُنْ اللَّهُ الْمُنْ اللَّهُ الْمُنْ اللَّهُ الْمُنْ اللَّهُ الْمُنْ اللَّهُ اللَّهُ الْمُنْ الْمُنْ الْمُنْ اللَّهُ اللَّهُ الْمُنْ الْمُلْمُ اللَّهُ الْمُنْ الْمُنْ الْمُنْ اللَّهُ الْمُنْ الْمُنْ الْمُنْ اللَّهُ الْمُنْ الْمُنْ اللَّهُ الْمُنْ الْم

وَالَّذِيْنَ جَآءُوْمِنْ بَعْدِهِمْ يَتُعُولُوْنَ رَبَّنَا اغْفِرْلَنَا وَلِاغْوَانِنَا الَّذِيْنَ سَبَقُوْنَا بِالْارِيْمَا فِ وَلَا تَجْعَلْ فِيْ قُلُوْبِنَا غِلَّا رِبَّنَا الْمَنُوْا رَبَّنَا النَّلَكَ رَءُوْفُ رَبِّنَا النَّلَكَ رَءُوْفُ الْهَالِمُ رَّحِيْمُهُ

المُ الله المَّذِينَ تَافَقُوا يَقُولُونَ لِا خُوارِنَ الْمَلِ لِا خُوارِنِهِ مُالَّذِينَ كَفَرُوْامِنَ آهُلِ الْمَخْوَرِ الْمِنَ آهُلِ الْكِتْبِ لَكِنْ الْخُورِ جُتُمْ لَنَخْرُ بَكَّ الْمَلِيمُ فِيْكُمْ لَنَخْرُ بَكَدًا اللهُ الْمَدُّ اللهُ الل

- 13. Bwe baligobebwa, tebaligenda nabo, era ne bwe balirwanyisibwa, tebalibayamba. Ate ne bwe balibayamba, ddala balikubayo enkoona; n'oluvannyuma abannanfuusi آَصَا وُهُمْ لَيُو لَّنَيَّ الْأَدْيَارَ لِمَا يُحَمِّلُ الْمُعَالِينَ الْ tebaliyambibwa.
- 14. Ddala mmwe be batya ennyo mu mitima gyabwe n'okusinga Allah; ekyo lwa kubanga be bantu abatategeera.
- كَا يُقَاتِلُوْنَكُمْ جَمِيْكًا إِلَّا فِي قُرَّى Fals. Tebayinza kulwana nammwe bonna كَا يُقَاتِلُوْنَكُمْ جَمِيْكًا إِلَّا فِي قُرَّى lumu, mpozzi nga bali mu bibuga ebiriko ebigo oba nga bali mabega wa bisenge. So nno okulwanagana kwabwe bokka na bokka kukakali. Ggwe obalowoozanti bali bumu, naye emitima gyabwe myawufu. Ekyo lwa kubanga be bantu abatakozesa magezi.
- 16. Bafaanana n'abo abaabakulembera emabegako katono abaaloza ku bubi bw'ebikolwa byabwe. Ate nno balinayo n'ekibonerezo ekirumya ennyo.
- omuntu nti: Weereme! Naye bwe yeerema, اَحْفُرُ مِ فِلُمَّا حَفْرُ مِ فِلُمَّا جَفَالَ إِنَّنِ بَرِيْءٍ بَرِيْء مِنْكَ إِنِّيَ آخَافُ اللهُ وَرَبِّ الْعُلَمِينَ اللهُ ddala nze ntya nnyo Allah, Omutonzi الْعُلَمِينَ w'ebitonde byonna.
- التّارِ 18. Kale enkomerero ya bombi n'eba nti ddala bombi ba mu muliro, omwo mwe balibeera. Anti eyo y'empeera y'abakozi b'ebibi.

Ruku 3

- oyo abuze ku kkubo lye, era y'asinga okumanya abalung'amu.
- 9. Kale togondera abo abalimbisa *amazima*.
- 10. Baagala *mbu* ogonzeemu *eddiini yo* olwo nabo balyooke bagonzeemu gy'oli.
- 11 Naye togondera buli alayiralayira, omunyoomoofu,
- 12. Omuwaayirizi, omutambuza w'olugambo,
- 13. Omuziyizi w'ebirungi, omubuusi w'ensalo, omwonoonyi,
- 14. Ow'empisa embi, ng'ate awamu n'ekyo n'obuzaale bwe bubuusibwabuusibwa.
- 15. Tomugondera wadde ng'alina eby'obugagga n'abaana.
- Ngero z'abedda!
  - 17. Tujja kumulamba ku nnyindo.
- gezesa ba nnyini nnimiro awo bwe ليَصْرِمُنَّهَا baalayira nti ddala ebibala baali bateekwa okubikungula ku makya,

بِشمِاللهِ الرَّحْمٰنِ الرَّحِيْمِن ن وَالْقَلْمِ وَمَا يُشْطُرُونَ اللهِ

مَآانْتَ بِنِعْمَةِ رَبِّكَ بِمَجْنُوْنِ ﴿

كَانَّ لَكَ لَاجْرًا غَيْرَ مَمْنُونِ أَ وَإِنَّكَ لَعُلَّى خُلُقٍ عَظِيْمٍ

فَسَتُبُورُ وَ يُبْصِرُونَ أَن

بِاَسِيِّكُمُ الْمَفْتُونُ۞

اِنَّ رَبَّكَ هُوَ أَعْلَمُ بِمَنْ ضَلَّ عَنْ A. Mazima Mukama wo y'asinga okumanya فَ صَلَّ عَنْ المَالِيَةِ سَبِيْلِهِ م وَهُوَ آعْلَمُ بِالْمُهْتَدِيْنَ ۞

فَلَا تُطِعِ الْمُكَذِّبِينَ

وَدُّوْدا لَوْ تُدْهِنُ فَيُدْهِنُونَ ۞

وَلَا تُطِعْ كُلَّ عَلَّا فِي تَمْهِيْنِ أَنَّ

هَمَّازِ مَّشَّاغٍ بِنَمِيْمٍ ﴿

مُّنَّاعِ لِلْخَيْرِمُحْتَدٍ آثِيْمٍ اللَّهِ

عُتُلِّ بَعْدَ ذٰلِكَ زَنِيْمِ اللهُ

أَنْ كَانَ ذَا مَالِ وَ بَنِيْنَ ٥

ا كَا تُعْلَى عَلَيْهِ الْمِثْنَا قَالَ آسَاطِيْرُ 16. Bw'asomerwa Aya zaffe, agamba nti: ا ا كى قىلىنىن

سَنَسِمُهُ عَلَى الْخُرْطُوْمِ

اتًا بكَوْنُهُمْ كُمَا بَكُوْنَا أَصْخِبَ -18. Mazima tujja kubagezesa nga bwe twa أقسمه

19. Naye ne batajuliza nti: Allah bw'anaaba ayagadde.

20. Kale akabi okuva eri Mukama wo فَطَافَ عَلَيْهَا طَآئِفٌ رَّنْ رَّبِّكَ وَهُمْ وَمِنْ الْعِبْكَ وَهُمْ كَارِيمُون 🛈

21. Olwo nebugikeerera nga ering'anga

فَأَصْبَحَتْ كَالصَّرِيْمِنُ

وَ لَا يَشْتَثْنُوْنَ ۞

esaayiddwa. 22. Kale baayiting'ana nga bukya,

keetooloola ennimiro nga beebase.

فَتَنَادُوا مُصْبِحِيْنَ اللهُ

mmwe, obanga muli ba kukungula.

كَانِ اغْدُوْا عَلَى حَرْشِكُمْ إِنْ كُنْتُمْ عِنْ اللَّهِ عَلَى حَرْشِكُمْ إِنْ كُنْتُمْ عِنْ اللَّهِ 23. Nti: Mukeere nnyo mu nnimiro za-صارمين ا

24. Kale baagenda bakubagana obwaama.

فَانْطَلَقُوا وَهُمْ مَيْتَخَافَتُونَ أَنَّ

25. Nti: Olwa leero temuganya munkuseere yenna kubayingirira mu yo.

آن لا يَدْخُلَنُّهَا الْيَوْمَ عَلَيْكُمْ مِّسْكِيْنُ شُ

26. Era baakeera nnawankya n'amaanyi ag'ekitalo.

وَّغَدَوْا عَلْ حَرْجٍ قَادِرِيْنَ 🕾

27. Naye baagamba nti: Mazima tubuze bubuzi!

ennimiro bwe baagiraba, الْمُوَالِقَا لَكُمَا وَالْمُوالِقَا لَكُمَا اللَّهُ اللَّ

28. Nedda, wabula tummiddwa okufuna.

يَلُ نَحْنُ مَحْرُوْ مُوْنَ

nti: Abaffe, saabagambye nti: Lwaki temutendereza Allah?

29. Eyali abasingamu obulungi y'eyagamba لَوْ مَا اللَّهُ مُ اللَّهُ اللَّ تُسَبِّحُوْنَ۞

30. Olwo nebalyooka bagamba nti: Obutuukirivu bwa Mukama waffe. Mazima tubadde bakyaamu.

قَالُوْاسُبُحْنَ رَبِّنَآ إِنَّا كُنَّا ظِيمِيْنَ ۞

غَا قَبُلُ بَعْضُهُمْ عَلَى بَحْضِ يَتَكَرَّ وَمُوْنَ @ 31. Olwo baayolekagana bokka na bokka nga banenyagana.

32. Nebagamba nti: Zitusanze! Mazima tubadde bajeemu.

قَالُوا يُويِكُنَآ إِنَّا كُنَّا طَغِيْنَ ۞

33. Ob'olyawo Mukama waffe anatukyuusizaamu ennimiro esinga obulungi kw'eno; mazima kati twolekedde eri Mukama waffe.

عَسى رَبُّنَا آن يُّبُولِنَا خَيْرًا رِمِّنْهَا لِنَّا إِلَى رَيِّنَا رَاغِبُوْنَ۞

34. Bwe kityo nno ekibonerezo bwe kiba. Naye ddala ekibonerezo ky'enkomerero ky'ekisinga obunene, singa babadde bamanyi. Ruku 2

كَذٰلِكَ الْعَذَابُ ﴿ وَكَعَذَابُ الْاٰخِـرَةِ إلى اكْبَرُم لَوْ كَانُوْا يَعْلَمُوْنَ اللَّهُ

waabwe Janna ez'amasanvu amajjuvu.

اِنَّ لِلْمُتَّقِيْنَ وِنْكَرَبِّهِمْ جَنْتِ النَّعِيْمِ اللَّهِ عِيْمِ اللَّهِ عِيْمَ اللَّهِ عِيْمَ اللَّهِ ع

- 36. Abaffe, tuyise abajeemulukufu ng'abakozi b'ebibi?
- 37. Mubadde mutya? Mulamula mutya!
- 38. Abaffe, mulinayo ekitabo kye musomamu.
- 39. Nti ddala mulikifunamu buli kve mweroboza?
- tuli ekitusiba okutuusiza ddala ku lunaku lw'okuzuukira, nti ddala mulifuna buli kye musalawo?
- 41. Babuuze, ani mu bo akyetantala?
- 42. Oba balinayo bakatonda abalala, kale baleete bakatonda baabwe, obanga boogera mazima.
- 43. Olunaku amazima lwe galibikkulwa, kale balikoowolwa eri okuvuunama, naye nno nga tebakyasobola;
- 44. Nga bakotese amaaso gaabwe, nga مَانُوْا يُدْعَوْنَ إِلَى السُّجُوْدِ وَهُمْ مَسَالِمُوْنَ @ owoolwanga eri okuvuunama nga bakyali mu ddembe, nebatafaayo.
- فَذَرْنِي وَمَنْ يُتُكِدِّبُ بِهٰذَا الْحَرِيْثِ لَا عَالَى الْحَرِيثِ لَا عَالَى الْحَدِيثِ لَا عَالَى الْحَد ekigambo kino ekya Kur'āni. Mpolampola tujja kubawalulira *eri okuzikirira* okuva we batamanyi.
- 46. Era mbawa akaaganya, *kuba* ddala entegeka yange nnyweevu.
- toowererwa bbanja?
- 48. Nandiki, balinayo eby'enkiso bye bawandiika?
- Mukama wo era toba nga Ow'ekyennyanja bwe yalaajanira Mukama we ng'afa ennaku.
- 50. Singa okusaasira okwava Mukama we tekwamutuukako, mazima yaalikasukiddwa mu kyererezi ng'eno bw'anenyezebwa.

أَفَنَجْعَلُ الْمُشْلِمِيْنَ كَالْمُجْرِمِيْنَ أَن مَا لَكُمْ رَند كَيْفَ تَكْمُونَ أَن آهْ لَكُمْ كِنْكِ فِيْدِ تَدْرُسُوْنَ اللهُ

إِنَّ لَكُمْ فِيْهِ لَمَّا تَخَيَّرُوْنَ شَ

اَهُ لَكُمْ اَيْمَانٌ عَلَيْنًا بَالِغَةً إِلَى يَوْمِ 40. Nandiki, mulina ekirayiro okuva gye الْقِيْمَةِ وَإِنَّ لَكُمْ لَمَا تَحْكُمُ وَنَ أَنَّ

المُ سَلَهُمْ اللهُمْ اللهُمْ إِذَٰ لِكَ زَعِيْمُ أَنَّهُمْ إِذَٰ لِكَ زَعِيْمُ أَنَّهُمْ

آهُ لَهُمْ شُرِّكُاءُ \* فَلْيَاتُوابِشُرَكَا يَعِهُ لِك كانوا طدقين

يَوْمُ يُكْشَفُ عَنْ سَاقٍ وَّ يُهْدَعَـوْنَ إِلَّى السُّجُوْدِ فَلَا يَسْتَطِيْحُونَ السُّجُوْدِ فَلَا يَسْتَطِيْحُونَ

خَاشِعَةً ٱبْصَارُهُمْ تَرْهَقُهُمْ ذِلَّةً وَتَهُ

سَنَشَتَهُ رِجُهُمْ مِنْ حَنْثُ لَا يَعْلَمُونَ أَن

وَ أَمْلِنَ لَهُمْ وَإِنَّ كَيْدِيْ مَتِيْنُ ١٠

اَمْ تَسْعَلُهُ مْ اَجْعَرًا فَهُمْ مِّنْ مُتْفَرَمٍ -47. Abaffe, obasabye mpeera nti bazi مُّثُقُلُهُ نَ

آهُ مِنْدُ هُمُ الْغَنْثُ فَهُمْ يَكُثُمُ مِنْ اللَّهِ مِنْدُ هُمْ يَنْدُ هُمْ الْغَنْدُ اللَّهِ مَا

49. Kale ggwe lindirira kusalawo kwa فَأَصْبِرْ لِحُكُمِ رَبِّكَ وَلَا تَكُنْ كُصَاحِبِ ﴿ الْمُوْتِ مِلِدْ نَادِي وَهُوَ مَحْظُوهُ وَهُ

> لَوْكُمْ آنْ تَلْرُكُكَ نِعْمَةً مِّنْ رَّبِّهِ لَنُبِذَ بالْعَرِّآءِ وَهُوَمَذْ مُوْمُ

51. Naye Mukama we yamulonda n'amufuula omu mu batuukirivu.

52. Era abo abatakkiriza baali na kumpi kugezaako okukuseereza *mbu bakuggye ku* kitiibwa kyo n'entunula yaabwe ey'obusungu bwe baawulira Ekijjukiza (Kur'āni); era baagamba nti: Oyo ddala mulalu!

53. Naye yo Kur'āni si kirala wabula ky'Ekijjukiza eri ensi yonna.

فَاهْتَلِمُهُ رَبُّكُ فَجَعَلَكُ مِنَ الصَّلِحِيْنَ ﴿ وَإِنْ يَكَادُ الَّذِينَ كَفَرُوا لَيُزْلِقُونَكَ بِأَبْصَارِهِمْ لَمَّا سَمِعُوا الذِّكْرَ وَ ﴿ يَقُوْلُونَ إِنَّهُ لَمَجْنُونُ ۞ أَرْبَيْ فَوَمَّا هُوَرِاتُهُ ذِكُرٌ لِّلْعُلَمِيْنَ أَنَّ الْعُلَمِيْنَ أَنَّ اللَّهُ الْمُؤْنِّ أَن





# AL-HÃOOAH

(Yakka lubereberye lwa Hijra)

- 1. Ku lw'erinnya lya Allah, Omusaasizi ennyo, Ow'ekisa ekingi.
  - 2. Ekiteekwa okubaawo!
  - 3. Kiki *ekyo* ekiteekwa okubaawo?
- 4. Era ki ekinaakumanyisa *ekyo* ekiteekwa okubaawo kye ki?
- 5. Aba Thamūda n'aba 'Ādi baalimbisa ekibonerezo ekiggunda.\*
- kabenje ak'akabi.
- 7. Ate aba 'Adi n'omuyaga oguwuluguma, ogw'essungu,
- musanvu n'emisana munaana obutasalako, nga kale ng'olaba mu gwo abantu bagudde wansi nga balinga ebikolo by'emitende ebyeyaze wansi.
- 9. Abaffe, olabawo ekyasigalawo ku bo?
- n'abebibuga ebyavuunikibwa baakolanga nnyo ebibi.

ٱلْمَا قُلْهُ أَنَّهُ

مَاالْجَافَيُّةُ أَنَّ

وَهَا آوْرُ لِكَ مَا الْهَا تُحَوِّي

كَذَّبَتْ تَمُوْدُوعَادٌ بِالْقَارِعَةِ ۞

- 6. Kale aba Thamuda baazikirizibwa na الطَّاغِيَةِ وَا بِالطَّاغِيَةِ فَا مَّنَا تَسُوْدُ فَأُهْدِكُوا بِالطَّاغِيَةِ فَ
  - nebazikirizibwa مِرْصَرٍ مَادُ فَأَهْلِكُوْا بِرِيْحٍ صَرْصَرٍ
- 8. Gwe yabakunsizako okumala ebiro سَخَّرَهَا عَلَيْهِهْ سَبْعَ لَيَالِ وَّعُمْنِيَةً آيًا مِرِهِ الع حُسُوْمًا ﴿ فَتَرَى الْقَوْمَ فِيْهَا صَرْعَى ﴿ ا كَا تُهُمْ آهْمَازُ نَخْيِلِ خَادِيَةٍ ٥

فَهَلْ تَرْى لَهُمْ يِنْ بَارِقِيتِةٍ ۞

وَجَأَءَ فِيزَعَدُونُ وَمَنْ قَسُلَهُ وَإِلْمُعُ تَعَلَيْنُ 10. Era Farāwo n'abo abaamukulembera بالْغَاطِئةِ أَن

69:5. Amakulu gano gava mu Kur'āni yennyini w'egambira nti (اَلْقَارِمَةِ) 'al-qaari'ah' ekinnyonnyolwa nti:(101:5-6), 'lwe Lunaku abantu lwe baliba ng'ebiwojjolo ebisaasaanye. N'ensozi ziriba ng'ebyoya by'endiga ebisunsule'. Okuggunda okwogerwako wano si kwa bulijjo, wabula kufaananako n'okwo okwa Hydrogen bomb ne Neutron bomb, n'ebirala. Amaanyi g'okubwatuka okwogerwako wano gayinza n'okumerengula ensozi.

- Omubaka wa فَعَصَوْا رَسُوْلَ رَبِّهِمْ فَاخَذَهُمْ آخُذَةً اللهُ Omubaka wa فَعَصَوْا رَسُوْلَ رَبِّهِمْ فَاخَذَهُمْ آخُذَةً 11. Kale baajeemera Mukama waabwe, n'abakwatamu olukwata olunyiga.
- اِنَّاكُمَّاطَّغَاالْكَأْءُ مَمَلْنُكُوفِ الْجَارِيةِ شِي 12. Mazima amazzi bwe gaatumbiira, وإنَّاكمَّاطَّغَا twabasitulira mu kyombo,
- era kikuumibwe okutu okukuuma.
- olufuuwa lumu.
- ntebwa olubetenta lumu,
- 16. Kale kw'olwo ekiteekwa okubaawo lwe kirigwaawo.
- liriba liyenjebufu.
- Ku lunaku olwo waggulu waabwe eribaayo ba malayika munaana nga bawaniridde Nnamulondo ya Mukama wo.
- يَوْمَئِذِ تُعْرَضُوْنَ لَا تَجْفَى مِنْكُمْ خَافِتةً ﴿ 19. Kw'olwo lwe mulireetebwa eri Allah; ﴿ وَمُعْلِدُ اللهِ عَلَيْهُ اللهِ عَلَيْهُ اللهِ عَلَيْهُ اللهِ عَلَيْهُ اللهِ عَلَيْهُ اللهُ عَلَيْهُ اللهُ عَلَيْهُ اللهُ عَلَيْهُ اللهُ عَلَيْهُ اللهُ عَلَيْهُ عَلَيْهُ اللهُ عَلَيْهُ عَلَيْهُ اللهُ عَلَيْهُ اللهُ عَلَيْهُ عَلَيْهُ عَلَيْهُ اللهُ عَلَيْهُ عَلِيهُ عَلَيْهُ عَلَيْكُمُ عَلَيْهُ عَلَيْهِ عَلَيْهُ عَلَيْهُ عَلَيْهِ عَلَيْهُ عَلَيْهِ tewaliba kyaama kyammwe kyonna kiryekisa.
- فَأَمَّا مَنْ أُوْتِي كِتْبُكَ بِيمِيْنِهِ فَيَقُولُ على 20. Kale oyo aliweebwa ekitabo kye mu فَأَمَّا مَنْ أُوْتِي كِتْبُكَ بِيمِيْنِهِ فَيَقُولُ ddyo we, aligamba nti: Mujje musome ku kitabo kyange!
- 21. Mazima nze nali nkakasa nti ddala ndisisinkana n'okubalwa kwange.
- 22. Kale oyo y'aliba mu bulamu obwesiimisa.
- 23. Mu Janna eya waggulu ennyo,
- 24. Ebirimba by'ebibala bya yo biriba kumpi nnyo.
- mwenyweere n'essanyu olw'ebirungi ebyo bye mwakola mu nnaku azaayita.
- kkono we, kale aligamba nti: Nga ndabye! Kale singa siweereddwa kitabo kyange!
- 27. Ne simanya na kubalwa kwange!

فَإِذَا نُفِخَ فِي الصُّنُودِ تَفْخَةً وَّاحِدَةً اللهِ السُّنُودِ تَفْخَةً وَّاحِدَةً اللهِ اللهِ 14. Kale eng'ombe bw'erifuuyibwamu

رِّ حُمِلَتِ الْاَرْضُ وَ الْهِبَالُ فَدُحَّتَا كُلَّةً 15. N'ensi n'ensozi nebisitulwa nebibete-وَّاحِدَةً ۞

فَيَوْمَئِذِ وَّقَعَتِ الْدَاقِعَةُ أَنَّ

17. N'eggulu liryabikayabika, era kw'olwo انْشَقَّتِ السَّمَاءُ فَهِيَ يَوْمَتِيْ وَاهِيَتُ الْسَاءِ السَّمَاءُ 18. Era ba malayika baliba ebbali wa Iyo. وَالْمَلَكُ عَلْىَ ٱرْجَائِهَا وَيُهْمِلُ عَرْشَ رَبِكَ فَوْقَهُمْ يَهُ مَيُذٍ ثَمْنِيةً ١

هَا وُهُ اقْرَءُوا كِتْبِيدَهُ

إِنَّ ظُنَنْتُ آنِّي مُلِقِ حِسَابِيَهُ أَنَّ فَهُو فِي عِيْشَةِ رَّاضِيَةِ ﴿

فِي جَنَّةٍ عَالِيَةٍ أَن

تُطُوْفُهَا دَانِيةُ اللهُ

كُلُوْا وَاشْرَبُوْا هَنِيْتُنَا بِمَا آسْلَفْتُمْ فِي 25. Baligambibwa nti: Mweriire era كُلُوْا وَاشْرَبُوْا هَنِيْتَا بِمَا آسْلَفْتُمْ فِي الأتام الخالية

وَ آمّاً مَنْ أُوْتِي كِتْبَطْ بِشِمَالِهِ لَا فَيَقُولُ بِهِ اللهِ عَلَيْهُ وَلَى كُوْتِي كِتْبَطُ بِشِمَالِهِ لَا فَيَقُولُ بِهِ Ala aligamba nii Nasa del يْلَيْتَرِيْ لَمْ أُوْتَ كِنْبِيدَهُ

وُلَمْ آدْرِ مَا حِسَا بِيَّهُ أَنَّ

28. Kale singa okwo okufa kwe nnafa kwe kwali okw'enkomerero, ne ssizuukira!

29. Obugagga bwange tebungasizza n'akatono.

- 30. Obuyinza bwange nabwo bumpweddeko.
- 31. Kirigambibwa nti: Mumukwate mumusibe mu njegere,
- 32. N'oluvannyuma mumusuule mu muliro.
- عُدَّرُ فِي سِلْسِلَةٍ ذَرْعُهَا سَبُعُوْنَ ذِرَاهًا ,33. N'oluvannyuma mumusse mu lujegere ثُدُّةً فِي سِلْسِلَةٍ ذَرْعُهَا سَبُعُوْنَ ذِرَاهًا ,obuwanvu bwa lwo yaadi nsanvu.
- 34. Mazima yali takkiriza Allah, Omusukkirivu.
- 35. Era nga takubiriza na kuliisa munkuseere,
- 36. Kale olwa leero, wano tajja kuba na wa mukwano;
- 37. Wadde emmere, okuggyako amazzi aganaazibbwamu amabwa.
- 38. Agataliibwa *mulala yenna* okuggyako aboonoonyi.

### Ruku 2

- 39. Si kyo, njuliza ebyo byonna bye mulabako,
- 40. N'ebyo bye mutalabako,
- 41. Nti mazima yo Kur'āni ddala ky'ekigambo ekyassibwa ku Mubaka Ow'ekitiibwa.
- 42. Era yo si kigambo kya muyiiya wa bitontome; naye mukkiriza katono nnyo!
- 43. Ate si kigambo kya mulaguzi; naye mufumiitiriza katono nnyo!
- 44. *Yo* kwe kubikkulirwa okwava eri Omulezi w'ebitonde byonna.
- 45. Era singa (Nabbi) yatupaatiikako ebigambo eby'engeri yonna,
- 46. Mazima twalimukutte *olukwata* ne ddyo,
- 47. N'oluvannyuma twalimukutuddemu omusuwa gw'obulamu,
- 48. Era tewaalibaddewo na yenna mu mmwe eyaalituziyizza ku ye.

يلَيْتَهَا كَانَتِ الْقَاضِية ﴿
مَا اَغْنَى عَنِيْ مَا لِيَهُ ﴿
مَا اَغْنَى عَنِيْ مَا لِيهِ ﴿
هَلَكَ عَنِيْ سُلْطٰنِيهُ ﴿
خُذُوْكُ فَغُلُّوْكُ ﴿
خُدُوْكُ فَغُلُّوكُ ﴿
ثُمَّةَ إِنِي سِلْسِلَةٍ ذَرْعُهَا سَبْعُوْنَ ذِرَا اَلَّهُ اللَّهُ كُونُ ﴿
وَلَا يَحُضُّ عَلَى طَعَامِ الْمِسْكِيْنِ ﴿

الله الله الله المناطئون الله المناطئون

وَّلَاطَعًا مُر إِلَّامِنْ خِسْلِيْنٍ ﴿

فَكَّ أَفْسِمُ بِمَا تُبْصِرُونَ ۞ وَمَا لَا تُبْصِرُونَ ۞ إِنَّهُ لَقَوْلُ رَسُوْلٍ كَرِيْمٍ ۞ وَمَا هُوَ بِقَوْلِ شَاحِرٍ ، قَلِيدًلَّا مَّا تُؤْمِنُونَ ۞ وَلَا بِقَوْلِ كَاهِنٍ ، قَلِيدًلَّا مَّا تَذَكَّرُونَ ۞ تَنْزِيلُ مِّنْ رَبِّ الْعَلَمِيْنَ ۞ وَلَوْ تَقَوِّلَ عَلَيْنَا بَعْضَ الْاَقَادِيْلِ ۞ لَا خَذْنَا مِنْهُ بِالْيَمِيْنِ ۞ شُمِّ لَقَطَعْنَا مِنْهُ الْوَتِيْنَ ۞ شُمَّ لَقَطَعْنَا مِنْهُ الْوَتِيْنَ ۞

فَمَا مِنْكُمْ مِنْ آمَدٍ عَنْهُ مَاجِزِيْنَ @

AL-MA'ĀRIJ

Juzu 29

49. Era mazima Kur'āni eno kwe kujjukiza eri abatya Allah.

50. Era mazima tumanyi nti ddala mu mmwe mulimu abalimbisa Kur'āni.

51. Naye ddala ekyo kiriba kya kwejjusa eri abatakkiriza.

52. Era ddala yo ge mazima amakakafu.

53. Kale tendereza n'erinnya lya Mukama wo Omusukkirivu.

وَإِنَّهُ لِتَذَكِهُ لِللَّهُ تَلَمُتَّقَدُونَ ١ وَإِنَّا لَنَعْلَمُ آنَّ مِنْكُمْ مُّكَذِّبِيْنَ ۞ وَإِنَّهُ لَحَسْرَةً عَلَى الْكُفِرِيْنَ ۞ وَاتُّهُ لَحَقُّ الْيَقِيْنِ ﴿ ﴿ فَسَبِّحْ بِالشَّرِرُبِّكُ الْعَظِيْمِ ﴿ فَا لَهُ عَظِيْمِ ﴿





# AL-MA'ĀRIJ

(Yakka lubereberye lwa Hijra)

- 1. Ku lw'erinnya lya Allah, Omusaasizi ennyo, Ow'ekisa ekingi.
- 2. Omubuuzi yabuuza ku kibonerezo ekigenda okugwa
- 3. Ku batakkiriza, ekitalibaako aziyiza,
- 4. Ekiriva eri Allah, Nannyini madaala aga waggulu.
- 5. Ba malayika ne Mwoyo balinnya gy'ali mu lunaku olugeraageranyizibwa n'emyaka emitwalo etaano.
- 6. Kale gumiikiriza okugumiikiriza okulungi.
- 7. Mazima bo bakiraba ng'ekiri ewala,
- 8. Naye Ffe tukiraba nga kiri kumpi.
- Olunaku eggulu lwe liriba ng'ekikomo ekisaanuuse.
- 10. N'ensozi lwe ziriba ng'ebvova by'endiga,
- 11. N'owomukwano talibuuza bifa ku mukwano gwe.
- bwa, omwonoonyi alyegomba nti singa yeenunuzza abaana be ku kibonerezo ky'olunaku olwo,
  - 13. Ne mukyala we ne muganda we,

بشيرانك الرحمي الرجيم سَأَلَ سَأَرُكُ بِعَذَابِ رَّادِينٍ ﴿

> لِّلْكُفِيرِيْنَ لَيْسَ لَهُ دَافِعُ ﴿ مِّنَ اللهِ ذِي الْمَعَادِجِ أَ

تَعْرُجُ الْمَلْئِكَةُ وَالرُّوْحُ إِلَيْهِ فِي يَوْمِ كَانَ مِقْدَارُهُ خَمْسِيْنَ ٱلْفَ سَنَةِ ٥ فَاصْبِرْ صَبْرًا جَمِيْلًا ۞

> اللَّهُمْ يَرُونَهُ يَعِيدُانُ وَّنَرْمهُ تَرِيْبًا۞ يَوْمَ تَكُوْنُ السِّمَاءُ كَالْمُهْلِ أَ

وَ تَكُوْنُ الْحِبَالُ كَالْعِهْدِ اللهِ

وكايشك كميثة كمنماآ

يُّبَصَّرُوْ نَهُمْ ﴿ يَوَدُّالْمُجْرِمُ لَوْ يَفْتَدِيْ 12. Newaakubadde nga balitunuuliganyizi مِنْ عَذَابِ يَوْمِئِزُ بِبَنِيْدِ ﴿

و صَاحِبَتِهِ وَ آخِيْهِ اللهِ

- 14. N'owekika kye eyamuwanga obubudamu,
- 15. N'abali mu nsi bonna, n'oluvannyuma ye yeewonye ekibonerezo.
  - 16. Nedda, ddala kyo nnimi za muliro,
  - Ogulibambula oluliba lwonna.
- 18. Gulikoowoola buli eyakubayo amabega neyekyuusa
- 19. N'atuuma eby'obugagga, n'abikwatirira.
- 20. Mazima omuntu yatondwa nga mupapi, ate nga mukodo.
- 21. Bw'atuukibwako obuzibu, ng'ayazi-
- 22. Ate bw'atuukwako ebirungi, akodowala.
- 23. Okuggyako abasaaze.
- 24. Abo abasaala essaala zaabwe olubeerera.
- 25. N'abo abalina *omutemwa* omutuufu mu by'obugagga bwabwe,
- 26. Ogw'oyo asaba obuyambi n'ovo atesobola, atasaba.
- 27. N'abo abakakasa olunaku lw'okulamulirwako.
- 28. N'abo abatya ekibonerezo kya Mukama waabwe —
- 29. Mazima ekibonerezo kya Mukama waabwe tekitaliza mwonoonyi —
- 30. N'abo abakuuma ennyo obweereere bwabwe.
- إِلَّا عَلَى آزْوَاجِهِمْ أَوْمَا مَلكَتْ آيْمَا نُهُمْ مِهُ 31. Okuggyako eri bakyala baabwe oba abawambe abali mu mikono gyabwe egya ddyo, kale ddala abo tebanenyezebwa.
- عَمِنِ ابْتَنِي وَرَّاءَ ذَلِكَ فَأُولِيَّكَ هُمُ Saye abo abanoonya ebiri ebbali هُمَنِ ابْتَنِي وَرَّاءً ذَلِكَ فَأُولِيَّكَ هُمُ اللهِ w'ebyo, kale abo be babuusi b'ensalo. الغدونش
- وَاتَّزِيْنَ هُمْ لِآمُنْيَةِ مِهْ وَعَهْدِ هِمْ رَاعُوْنَ صُّى 33. N'abo abalabirira ebibasigiddwa, n'endagaano zaabwe,

وَ فَصِيْلَتِهِ الَّـتِيْ تُنُويْدِهِ الْ وَمَنْ فِي الْآرُضِ جَمِيْكًا " ثُسَمَّ يُنْجِبُ كَلَّا مِلِنَّهَا لَظِي أَنَّ

نَزَّاعَةً لِّلشُّوى أَمُّ تَدْعُوامَنْ آدْيَدُ وَتَوَلَّىٰ اللَّهِ

وَجَمَعَ فَأَوْغِي ١

إِنَّ الْانْسَانَ خُلِقَ هَلُوْعًا أَمُّ

إِذَا مُسَّدُ الشُّرُّ جَزُوْعًا اللَّهِ

وَّاذَامَسَّهُ الْخَيْرُمَنُوْ عَالَٰ اللهُ الْمُصَلِّيْنَ ﴿

الَّذِيْنَ هُ هُرَعَلَ صَلَارِتِهِ هُرَكَا يُعُوْنَ ٢

وَالَّذِيْنَ فِنْ آهُوَالِهِمْ حَقُّ مَّعْلُوْمُرُّ

لِّلسَّا أَيْلِ وَالْمَحْدُوْمِ شُ

وَالَّذِيْنَ يُصَدِّ تُوْنَ بِيَوْمِ الدِّيْنِ اللَّهِ

وَ الَّذِيْنَ هُمْ رَقَنْ عَذَابِ رَبِّهِمْ شُشْفِقُونَ ﴿

إِنَّ عَذَابَ رَبِّهِمْ غَيْرُ مَأْمُونِ ﴿

وَالنَّذِيْنَ هُمْ لِفُرُوْجِهِمْ خَفِظُوْنَ أَى

فَانَّهُمْ غَيْرُمَلُهُ مِبْنَ ﴿

34. N'abo abeesimbu mu bujulizi bwabwe,

35. N'abo abakuuma obutiribiri essaala zaabwe.

36. Abo nno be baliba mu Janna nga baweebwa ebitiibwa.

#### Ruku 2

- 37. Ye babadde ki abo abatakkiriza abajja gy'oli ku mbiranye,
- 38. Okuva ku ddyo ne ku kkono mu bibinja eby'enjawulo?
- wa kuyingizibwa mu Janna ey'essanyu erijjuvu?
- 40. Nedda! Mazima Ffe twabatonda mw'ekyo kye bamanyi.
- فَكُو أَقْسِمُ بِرَبِ الْمَشْرِقِ وَ الْمَغْرِبِ إِنَّا -41. Kale ddala njuliza Mukama w'ebuva njuba n'ebugwanjuba, mazima ddala tulina obuyinza
- عِلْ آنْ تُبَرِّلَ خَيْرًا رِسِّنْهُ مْرِ وَ مَا نَحْنُ 42. Okubakyuusaamu abalala ababasinga obulungi, ate Ffe tetulemesebwa. بمشبؤوقين
- نَذَرُهُمْ يَخُوْضُوا وَ يَلْحَبُوا مَتَى يُلْقُوا عَلَيْ لِيلْعَبُوا مَتَى يُلْقُوا وَ يَلْحَبُوا مَتَى يُلْقُوا bazannye okutuusa lwe balisisinkana n'olunaku lwabwe olwo lwe basuubizibwa.
- يَوْمَ يَخْرُجُوْنَ مِنَ الْأَجْدَاتِ سِرَاعًا 44. Olunaku lwe balifubutuka okuva mu ntaana nga baling'anga abaddukira eri ekiruubirirwa.

era nga basaanikiddwa obuswaavu. Olwo فَيْ عَدُونَ فَي كَا نُوا يُوْ عَدُونَ فَي وَالْكَ الْيَوْمُ الَّذِي كَا نُوا يُوْعَدُونَ فَي وَالْكُوا يُنْ الْمُعَالِقِينَ الْمُعَالِقِينَ الْمُعَالِينَ الْمُعَالِقِينَ الْمُعَالِقِينَ اللَّهِ اللَّهُ اللَّهِ اللَّهُ الللَّهُ اللَّهُ اللَّهُ اللَّهُ اللَّهُ اللَّهُ اللَّهُ الل nno lwe lunaku lwe basuubizibwa.

وَالَّذِيْنَ هُمْ بِشَهْدُ رِبِهِمْ قَالِمُوْنَ اللَّهِ وَالَّذِيْنَ هُمْ عَلْ صَلَّاتِهِمْ يُحَافِظُوْنَ أَنَّ عُ ٱولَيْكَ فِيْ جَنْتٍ مُكْرَمُونَ اللهِ

فَمَالِ الَّذِيْنَ كَفَرُوْا قِبَلَكَ مُهْطِعِيْنَ ﴿

عَنِ الْيَمِيْنِ وَعَنِ الشِّمَالِ عِزينَ

آ يَكُمْ مَعُ كُلُّ اهْرِئٌ مِتْنَهُمْ آنْ يُتُوْخَلَ جَنَّةً 39. Abaffe, buli omu mu bo asuubira nti

كُلَّا مِانَّا خَلَقْنُهُمْ مِتَّكَا يَعْلَمُونَ


كظدرُوْنَ۞

مَدْمَهُمُ الَّذِي يُوْعَدُونَ أَنَّ

كَأَنَّهُمْ إِلَىٰ نُصُبِ يُّوْ فِضُوْنَ ١٠٠٠

خَاشِعَدًا ٱبْصَارُهُمْ مْ تَرْهَقُهُمْ ذِلَّةً ما 45. Nga amaaso gaabwe gatunudde wansi





# NŬH

# (Yakka lubereberye lwa Hijra)

- 1. Ku lw'erinnya lya Allah, Omusaasizi ennyo, Ow'ekisa ekingi.
- 2. Mazima twatuma Nūhu eri abantu be nti: Labula abantu bo nga tebannatuukibwako kibonerezo ekirumya.

بشما مله الرَّحْمٰن الرَّحِيْمِن اتَّا أَرْسَلْنَا نُوهًا إِلَى قَوْمِهَ آنَ آثِذِرُ قَوْمَكَ مِنْ قَبْلِ أَنْ يُأْتِيَهُمْ عَذَابُ

آلِنهُ آ

3. N'agamba nti: Abange, mazima nze ndi Mulabuzi gye muli ow'olwaatu,

4. Kale musinze Allah era mumutye, era mung'ondere.

5. Ajja kubasonyiwa ebyonono byammwe era abawe akaagaanya okumala ekiseera ekigere. Mazima entuuko ya Allah bw'etuuka teziyizibwa, singa mubadde mumanyi.

6. N'agamba nti: Mukama wange, mazima nkoowodde bannange ekiro n'emisana,

7. Naye okukoowoola kwange tekulina kye kubongedde, okuggyako okudduka.

8. Era buli lwe nnabakoowola olyooke obasonyiwe,bassanga ennwe zaabwe mu matu gaabwe, nebeebikka n'engoye zaabwe era nebaguguba, nebeekuluntaza olwekuluntaza.

9. Nate era nnabakoowola eri ekkubo lyo mu lwaatu.

10. N'oluvannyuma nababuulira mu lujjudde era nenjogera nabo mu kafubo ssemafubo.

11. Neng'amba nti: Musabe okusonyiyibwa eri Mukama wammwe. Mazima Ye ye Musonyiyi ow'ensusso.

12. Ajja kubaweereza ebire by'enkuba ennyingi,

13. Era abongere eby'obugagga n'abaana, era abateerewo ensuku, era abateerewo n'emigga.

14. Mubadde ki? Lwaki ye Allah temumusuubiramu biweesa kitiibwa?

15. So nga ddala y'eyabatonda mu mitendera.

16. Abaffe, temulaba nga Allah bwe yatonda *emigigi* gy'eggulu omusanvu nga giberekaganye?

17. Era n'assa mu gyo omwezi nga bwe butangaavu, n'akola enjuba nga y'ettaala?

18. Era Allah y'eyabasibula olusibula okuva mu nsi ng'ebimera.

قَالَ يْقَوْمِ إِنِّي لَكُمْ نَوْ يُرُّ شُّمِينَكُ ۗ

آنِ اعْبُدُوا الله وَاتَّقُوهُ وَاطِيْعُونِ فَ يَغْفِرْ لَكُمْ رِّنْ ذُنُوبِكُمْ وَيُؤَخِّرْ كُمْ إِلَىٰ آجَلَ مُّسَمَّى وَلِنَّ آجَلَ اللهِ إِذَا جَاءَ لَا إِذٍ يُؤَكِّمُ وُمِلَوْكُنْ تُمْ تَعْلَمُوْنَ ۞

قَالَ رَبِّ إِنِّيْ دَعَوْتُ قَوْمِيْ لَيْلًا وَ نَهَا رًا أَنْ

فَلَمْ يَنْ إِذْ هُمْرُدُ عَآءٍ يَ إِلَّا فِرَادًا (﴾

وَانِّ كُلَّمَا دَعَوْتُهُمْ لِتَخْفِرَ لَهُمْ جَعَلُوٓا آصَا بِحَهُمْ فِيَ اٰذَا نِهِمْ وَ اسْتَخْشُوْا شِيَا بَهُمْ وَ آصَـرُّوْا وَ اسْتَحْبَرُوا اسْتِكْبَارًا ﴾

نُـمَّرانِّ دَعَوْتُهُمْ جِهَارًا أَنْ

نُـمَّ رانِّيَّ اَعْكَنْتُ كَهُمْ وَ اَسْرَرْتُ لَهُمْ ا إِسْرَارًا ۗ

ڬڠؙڷٮؙٛٳۺؾؘۼٛڣؚۯؙۉٳڒؾۜڴۿ؞ٳؾٞڬڰٳؽۼڣۜۧٵۯٳ<u>ؖ</u>۠

يُّ رُسِلِ السَّمَآءَ عَلَيْكُمْ رِِّهُ دَرَارًا اللَّهُ مَآءَ عَلَيْكُمْ رِِّهُ دَرَارًا اللَّهُ مَآءَ عَلَيْكُمْ رِّهُ دَرَارًا اللَّهُ وَ يَجْعَلُ لَكُمْ اَنْهُ رَّالُهُ رَّالُهُ وَ يَجْعَلُ لَكُمْ اَنْهُ رَّالُهُ رَّالُهُ وَ اللَّهُ وَقَادًا اللَّهُ وَقَادًا اللَّهُ وَقَادًا اللَّهُ اللَّهُ وَقَادًا اللَّهُ وَاللَّهُ اللَّهُ وَاللَّهُ اللَّهُ وَاللَّهُ اللَّهُ اللَّهُ وَاللَّهُ اللَّهُ اللَّهُ اللَّهُ اللَّهُ اللَّهُ اللَّهُ وَاللَّهُ اللَّهُ اللْهُ اللَّهُ اللَّهُ اللْهُ اللَّهُ اللْهُ الْمُنْ الْمُنْ الْمُنْ الْمُنْ الْمُنْ الْمُنْ الْمُنْ الْمُنْ الْمُنْ اللَّهُ اللْمُنْ الْمُنْ الْمُنْ الْمُنْ الْمُنْ الْمُنْ اللِهُ الْمُنْ الْمُنْ الْمُنْ الْمُنْ الْمُنْ الْمُنْ الْمُنْ الْ

وَقَدْ خَلَقَكُمْ ٱطْوَارًا ۞

آكَمْ تَكَرُوْاكَيْفَ خَلَقَ اللهُ سَبْعَ سَمُوْتِ طِبَاقًا اللهُ سَبْعَ سَمُوْتِ طِبَاقًا اللهِ اللهُ اللهِ اللهِي اللهِ اله

وَّ جَعَلَ الْقَمَرَ فِيْهِنَّ نُوْرًا وَّ جَعَلَ الشَّمْسَ سِرَاجًا۞ الشَّمْسَ سِرَاجًا۞

وَاللَّهُ ٱثْبَتَكُمْ مِّنَ الْأَرْضِ نَبَاتًا ١

أُمَّرٌ يُعِيْدُكُ كُوْ فِيْهَا وَيُخْرِجُكُوْ إِخْرَاجًا ۞ N'oluvannyuma y'alibazza mu yo, nate ﴿ الْخُرَاجًا y'alibaggya mu yo oluggya olw'enjawulo.

20. Era Allah y'eyabakolera ensi nga ky'ekyaliiro.

21. Mulyooke mutambulire ku yo mu makubo ageetadde.

Ruku 2

mazima nze banjeemedde, nebagoberera oyo مَنْ لَمْ يَبْزِذُهُ مَا لُهُ وَوَلِكُوْ يَا لِآخِسَارًا اللهِ obugagga bwe n'abaana be ebitalina kye bimwongeddeko okuggyako okuzikirira.

عَالَ نُوْحُ رَّبِّ إِنَّهُمْ عَصَوْنِيْ وَاتَّبَعُوا ,22. Nūhu n'agamba nti: Mukama wange

وَاللَّهُ جَعَلَ لَكُمُ الْأَرْضَ بِسَاطًا اللَّهُ

﴿ لِّتَسْلُحُوا مِنْهَا سُبُلًّا فِجَاجًا أَنَّ

23. Era beekobye olwekoba kasiggu.

وَمَكُرُوا مَكْرًا كُيًّا رُّبًّا رَّاقَ

24. Era bagamba nti: Temwabulira ba وَقَالُوا لَا تَذَرُقَ اللَّهَ الْمُعَكُمُ وَلَا تَذَرُقَ وَجًا katonda bammwe, era temuva ku Wadda\* wadde Suwā'\* wadde Yaghūtha \* wadde الكَّارُكُوْتُ وَيَعُوْقُ وَ نَشَرًا اللهُ المَّالِيَّ wadde Suwā' wadde المُواعَالُ وَلَا يَعُوْتُ وَيَعُوْقُ وَ نَشَرًا Ya'ūqa \* wadde Nasra \*.

25. Era ddala babuzizza bangi; kale وَقَدْاَضَلُّوْاكَثِيْرًا أَوْرَكُمْ تَرْدِ الظُّلِمِيْنَ toyongera aboononyi, okuggyako okufiirwa.

26. Olw'ebyonono byabwe baasaanyizibwawo n'amazzi ne bayingizibwa mu muliro era tebaafunayo bayambi ku Allah.

مِمَّا خَطِيْطُتِهِمْ أُغْرِتُوا فَأَدْخِلُوا نَارًا أَ فَكَمْ يَجِدُ وَالْهُمْ مِنْ دُوْنِ اللهِ أَنْصَارًا

وَقَالَ نُوْحُ رَّبُّ لَا تَذَرُ عَلَى الْأَرْضِ مِنَ Era Nühu yagamba nti: Mukama وَقَالَ نُوْحُ رَّبُّ لَا تَذَرُ عَلَى الْأَرْضِ مِنَ wange, toleka ku nsi mutuuze yenna mu batakkiriza *bano*.

الْكُفِرِينَ دَيًّارًا

رِيَّكَ اِنْ تَذَرْهُمْ يُضِنُّوْا عِبَادَكَ وَلَا Sa. Kuba ddala bw'onoobaleka, bajja kubuza bubuza baddu bo era tebajja kuzaala okuggyako aboononefu, abatakkiriza.

يَلِهُ وَالِلَّا فَاجِرًا كَفَّارًا ١٠

bange, n'oyo yenna anaayingira mu nju عَنْ مُؤْمِنًا وَ اللَّمُ وَمِنِيْنَ وَ pange nga mukkiriza, n'abakkiriza abasajja n'abakkiriza abakazi; era toyongera أَنَّ الْمُؤْمِنْتِ وَكُرَّ تَزِدِ الظَّلِمِيْنَ الْآتَبَارَانُ aboononyi, okuggyako okuzikirira.

29. Mukama wange, nsonyiwa n'abazadde رَبِّ اغْفِرْكِيْ وَلِوَالِدَيُّ وَلِمَنْ حَخَلَ

<sup>71:24.</sup> Gano gaali masanamu ga Bawarabu.



# (Yakka lubereberye lwa Hijra)

- Ku lw'erinnya lya Allah, Omusaasizi ennyo, Ow'ekisa ekingi.
- 2. Gamba nti: Mbikkuliddwa nti ddala ekibiina ky'Amajinni kyawuliriza Kur'āni, nebagamba nti: Mazima tuwulidde Kur'ani, ﴿ الْجِنِّ فَقَا لُوْالِ النَّاسَمِعْنَا قُوْالًا عَجَبًا كُا اللَّهِ اللَّهُ اللَّاللَّهُ اللَّهُ اللَّ nga ya kyewuunyo nnyo,
- 3. Erung'amya eri ekkubo ettuufu; kale tugikkirizza, era tetukyazzeeyo kwenkanyankanya Mukama waffe ne yenna.
- kya Mukama waffe kigulumivu nnyo. Tatwalanga mukyala wadde omwana.
- ku Allah eby'obulimba obusukkirivu.
- ntu n'Amajinni tebayinza kwogera ku Allah bya bulimba.
- 7. Era ddala waaliwo abamu mu bantu aba bulijjo abaanoonyanga obukuumi mu bantu b'omu Majinni, kale nebabongera okujagalala;
- 8. Era ddala nabo baalowooza, nga mmwe bwe mulowooza, nti ddala Allah talituma nate Mubaka venna.
- 9. Era ddala *twagezaako* okutuuka ku netulisanga nga lijjudde ggulu, kale abakuumi ab'amaanyi ennyo kibonoomu.
- 10. Era ddala twatuulanga mu lyo ku bituulwako olw'okuwuliriza. Naye kati buli awuliriza, asanga nga kibonoomu amuteeze.
- 11. Era ddala ffe tetumanyi oba abali mu nsi baagalizibwa bibi oba Mukama waabwe abaagaliza bulung'amu.
- 12. Era ddala mu ffe *mulimu* abakozi b'ebirungi ne mu ffe *mulimu* abatali batyo; bibiina ebigoberera endowooza ez'enjawulo.

بسيرادالي الرَّحُمٰنِ الرَّحِيْمِن

قُلْ أُوْجِيَ إِلَيَّ آنَّكُ اسْتَمَعَ نَفَرٌ مِّنَ

يَّهُ و يَهُ إِلَى الرُّشُدِ فَأَمَنَّا بِهِ وَكَنْ تُشْرِكَ برَبِّنَا ٱحَدُّالُ

4. Era tukkiriza nti mu mazima, ekitiibwa وَاتَدُوْتُ عَلَى جَدُّرُ بِّنَا مَا اتَّخَذُ صَاحِبَةً

5. Era ddala omusiru mu ffe yayogeranga عَلَى اللهِ عَلَى اللهِ عَلَى اللهِ عَلَى اللهِ عَلَى اللهِ عَلَى اللهِ شططاك

6. Era ddala ffe twalowoozanga nti aba- وَ ٱكَّا ظَنَنَّاۤ ٱنْ لَّنْ تَقُوْلَ الْإِنْسُ وَ الْجِنُّ عَلَى اللهِ كَذِيَّالُّ

> وَّاتَّهُ كَانَ رِجَالُ مِّنَ الْرِنْسِ يَعُوْذُوْنَ بِبِجَالِ مِّنَ الْجِنِّ فَزَادُوْهُمْرَرَهَقًاكُ

> وَّٱتَّهُمْ ظَنُّواكُمَا ظَنَنْتُمْ آن تَن يَّبْعَثَ اللهُ أَحَدًا أَنَّ

وَّٱتَّاكَمَسْنَا السَّمَّآءَ فَوَجَدْنُهَا مُلِئَث حَرَسًا شَدِيدًا وَ شُهُنَّالُ

وَّٱنَّاكُنَّا نَقْعُدُ مِنْهَا مَقَاعِدَ لِلسَّمْعِ وَ فَمَن يَّسَتَوِج الْأَن يَجِدْ لَهُ شِهَا بَارَّصَدًا اللهُ وَآتًا لَا نَدْرِينَ آشَرُّ أُرِيدَ بِمَنْ فِي الْأَرْضِ آهُ آرَادَ بِهِمْ رَبُّهُمْ رَشَدًالً وَّ آتًا مِنَّا الصَّلِحُونَ وَمِنَّا دُوْنَ ذَلِكَ م كُنَّا طُرَائِقَ قِدَدًا اللهُ

- 13. Era ddala ffe tukakasa nti tetuyinza kufufuggaza ntegeka ya Allah ku nsi era tetuyinza kumulemesa olw'okudduka.
- twabukkiriza. Kale oyo akkiririza mu Mukama يُوْمِنْ بِرَيِّهِ فَلَا يَخَافُ بَغْسًا وُّلَا يَخَافُ بَخْسًا وُّلَ anyizibwa.
- 15. Era ddala mu ffe mulimu abajeemulukufu *eri Allah* ne mu ffe mulimu abaawaba. abaajeemulukuka, kale be Naye abo baanoonya ekkubo ettuufu.
- z'omuliro.
- ettuufu, mazima twalibanywesezza amazzi mu bungi,
- akuba amabega okujjukira Mukama we, alimugobera mu kibonerezo ekikakanyavu.
- Kale temusabiranga mu gyo omulala atali Allah.
- 20. Era mazima Omuweereza wa Allah وُ آتُكَ لَمَّا قَامَ عَبْدُ اللَّهِ يَدْعُوْهُ اللَّهِ عَنْهُ اللَّهِ يَدْعُوْهُ bw'ayimirira okumusaba, bamugwiira kumpi bamutuge.

#### Ruku 2

- Mukama wange yekka era simwenkanya ne yenna.
- 22. Gamba nti: Nze sirina buyinza ku mmwe ku bubi wadde ku bulungi.
- 23. Gamba nti: Mazima tewali yenna ayinza kunkuuma ku Allah era siyinza kuzuulayo buddukiro bulala ebbali we.
- 24. Wabula obuvunaanyizibwa bwange kutuusa kubuulirira okuva eri Allah, n'obubaka bwe. Era oyo ajeemera Allah n'Omubaka we, kale ddala alifuna omuliro gwa Jahannamu, omwo mw'alibeera ebbanga eggwanvu ennyo.
- lwe baliraba ekyo kye baalagaanyizibwa

وَّٱتَّاظَنَتَّاآنَ لَنَ تُنْجَجِزَا لِللَّهَ فِي الْأَرْضِ وَ كَنْ تُعْجِزُهُ هَرَبًا أَنَّ

14. Era mazima bwe twawulira obulung'amu, وَإَنَّا لَمُّا مِعْنَا الْهُدَّى الْمَنَّا يِهِ فَمَنْ

وَّ آتًا مِنَّا الْمُشلِمُونَ وَ مِنَّا الْقَاسِطُونَ • فَمَنْ آسْلَمَ فَأُولِيْكَ تَحَدَّدُوْ ارْشَدُانَ

16. Naye abo abaawaba, kale abo z'enku كَاتَنَا الْقَاسِطُوْنَ فَكَانُوْا لِجَهَنَّمَ حَطِيًا أَن

أَنْ لَوِ اسْتَقَامُوْا عَلَى الطَّرِيْقَةِ 17. So singa baanywerera ku kkubo سْقَيْنُهُمْ مِنَاءً غَدَقًا اللهُ

18. Tulyooke tubagezese na go. Era yenna كِنَفْتِنَهُمْ فِيْهِ وَمَنْ يُحْرِفْ عَنْ ذِكْرِ رَبِّهِ يَسْلُكُهُ عَذَايًا صَعَدًا اللَّهُ

19. Era ddala emizigiti gyonna gya Allah. وَأَنَّ الْمُسْجِدَ بِيلِّهِ فَكُلَّ تَدْعُوْا مَعَ اللهِ

ع كادُوا يَكُونُونَ عَلَيْهِ لِبَدَّاثُ

عُلْ اِتَّمَا آدْعُوا رَبِّي وَ لاَّ أَشْرِكَ بِهَ مَعُوا رَبِّي وَ لاَّ أَشْرِكَ بِهَ al. Gamba nti: Mazima nze nsaba

قُلْ إِنَّ لَا آهُلِكُ لَكُمْ ضَرًّا وَّلَا رَشَدًا اللَّهِ

قُلُ إِنِّي كَن يُبْجِيْرَ فِي مِنَ اللَّهِ آحَدُ الْ وَكُن آجد مِن دُونِهِ مُلْتَحَدّالُ

الدِّ بَلْغُارِّتَ اللهِ وَرِسْلَتِهِ ، وَ مَنْ يَحْصِ الله ورسولة فاق له تاريه تمخلدين فِيْفَا آكِدُانُ

كَتَّى لِذَا رَآوًا مَا يُوْ عَدُوْنَ فَسَيَعْلَمُوْنَ Balyeyongera obutakkiriza okutuusa كَتَّى لِذَا رَآوًا مَا يُوْ عَدُوْنَ فَسَيَعْلَمُوْنَ

olwo lwe balimanya omuyenjebufu ennyo mu bayambi, n'owomunaganwa muwendo.

Nze simanyi obanga 26. Gamba nti: ekyabalagaanyisibwa kiri kumpi oba nga Mukama wange yakigerekera ekiseera kya wala.

27. Anti ye Mumanyi w'ebyenkiso. Era tewali n'omu gw'awa buyinza ku kumanya bya nkiso bye,

28. Okuggyako oyo gw'aba alonze okuba Omubaka. Kale ddala oyo amuwerekeza ba malayika mu maaso ge n'emabega we ng'abakuumi.

29. Alyooke amanyise nga Ababaka be bwe bamaze okutuusa obubaka bwa Mukama waabwe. Era yeetooloola byonna bye bali na byo, ate n'abalirira buli kimu olubalirira.

مَنْ آضْعَفُ نَاصِرًا وَّ آفَلُ عَدَدًا @

قُلْ إِنْ آدْرِينَ ٱقَرِيْبُ مَّا تُوْعَدُونَ آهُ يَجْعَلُ لَكَارَبِينَ آمَدًا ۞

عْلِمُ الْغَيْبِ فَلَا يُظْهِرُ عَلَى غَيْبِمَ آحَدًا اللهُ

إِلَّا مَنِ ارْتَضَى مِنْ رَّسُوْلِ فَإِنَّهُ يَشَلُكُ مِنْ بَيْنِ يَدَيْدِ وَمِنْ خَلْفِهِ رَصَدًا اللهُ

لِيَعْكَمَ آنَ قَدْ أَبْلَغُوا رِسْلْتِ رَبِّهِمْ وَ آهَاطَ بِمَا لَدَيْهِمْ وَآهُطِي كُلُّ شَيْءٍ عُ عَدَدًاڻَ



### AL-MUZZAMMIL

## (Yakka lubereberye lwa Hijra)

- 1. Ku lw'erinnya lya Allah, Omusaasizi ennyo, Ow'ekisa ekingi.
- Owange ggwe eyeebikkiridde essuuka!
- 3. Golokoka ekiro *osaale*, wabula *lekayo* ekitundu kitono —
- 4. Saala kitundu kya kiro oba kikendeezeeko katono
- 5. Oba kyongereko era soma Kur'ani mpola ng'ogyetegereza.
- 6. Mazima mangu nnyo tujja kukusuulako ekigambo ekizito.
- y'engeri esinga okuba ey'amaanyi mu kugonza omwoyo, n'ebyogerwa biba byesimbu nnyo.
- 8. Mazima emisana oba n'ebyokukolako nkumu.
- 9. Era jjukiranga nnyo erinnya lya Mukama wo, era weeweereyo ddala wenna gy'ali olwewa.

بشيرا مثها لرتهمن الرجيون يَا يُهَا الْمُزِّيِّلُ ﴾

تُمِوالَّيْلَ إِلَّا قَلِيلًا ۞

يِّصْفَةَ آوِ انْقُصْ مِنْهُ قَلِيثِلًا ﴾

آوُ زِدْ عَكَيْهِ وَ رَتِّلِ الْقُواٰنَ تَوْتِيلًا ٥

رِبُّ السِّنُلُقِيْ عَلَيْكَ قَوْلًا ثُقِيلًا ۞

اِتَّ تَاشِئَةَ الَّيْلِ هِيَ آشَدُّ وَطُلُّ وَ ٱقْوَمُ Mazima okugolokoka ekiro okusaala إِنَّ تَاشِئَةً

اِتَّ لَكَ فِي النَّهَا رِسَبْعًا طَوِيلًا ﴿

وَاذْكُرِ اسْمَر ربيك وَ تَبَتُّلْ إِلَيْهِ تَبَيْدُونَ

- 10. Ye Mukama w'ebuvanjuba n'ebugwanjuba. Teri musinzibwa mulala mutuufu okuggyako Ye; kale mutwale nga ye Mulabirizi.
- era beeyawuleko ennneyawula ennungi.
- 12. Era ndekera abo abalimbisa *amazima*, ba nannyini bya bugagga abali emirembe era bawe akaagaanya katono.
- 13. Mazima tulina empingu n'omuliro oguwuluguma,
- 14. N'emmere etuga, n'ekibonerezo ekirumya —
- era ensozi ziriba ng'entuumu z'omusenyu omumulungufu.
- 16. Mazima muli twatuma gye Omubaka, nga ye mujulizi ku mmwe, nga era bwe twatuma Omubaka eri Farawo.
- netumubonereza olubonereza olw'akabi.
- uma mutya olunaku olwo olulifuula abaana okuba abakadde ab'envi?
- السَّمَاءُ مُنْفَطِرٌ بِم مكانَ وَعُدُهُ 19. N'eggulu liryabikayabika kw'olwo, era ekisuubizo kye kiteekwa buteekwa okutuukirira.
- 20. Mazima kuno kwe kujjukiza. Kale oyo ayagala, akwate ekkubo eliraga eri Mukama we.

#### Ruku 2

21. Mazima Mukama wo amanyi nti oyimirira okusaala kumpi bibiri bya kusatu eby'ekiro n'oluusi kitundu kya kyo, ate الَّذِيْنَ مَعَكَ دَوَاللَّهُ يُقَدِّرُ الَّيْلَ وَ oluusi n'oyimirira kimu kya kusatu kya kyo, الَّذِيْنَ مَعَكَ دَوَاللَّهُ يُقَدِّرُ الَّيْلَ وَ n'ekibiina ky'abo abali awamu naawe. Era Allah y'agereka ekipimo ky'ekiro n'emisana. Amanyi nti mmwe ekiseera temusobola kukibalirira, kale abaddiddemu. Kale musomenga ekiba kisobose okuva mu Kur'ani. Amanyi nti mu mmwe mujja kubaamu abalwadde, n'abalala abatambula

رَبُّ الْمَشْرِقِ وَالْمَغْرِبِ لَآ إِلٰهَ إِلَّا هُوَ فَاتَّخِذُهُ وَكِيْلًا ۞

11. Era gumiikiriza kw'ebyo bye boogera وَاصْبِرْعَلَى مَا يَقُوْلُوْنَ وَاهْجُرْهُمْ هَجُرًا

وَذَرْنِيْ وَالْمُكَذِّبِيْنَ أُولِي النَّعْمَةِ وَ مَهِلْهُ مُ قَلِيْلًا ۞

اِنَّ لَدَيْنَا ٱنْكَالًا وَّجَجِيْمًا اللهُ

وَّطَعَا مًا ذَا غُصَّةٍ وَّعَذَابًا ٱليْمَّانُّ

15. Olunaku ensi n'ensozi lwe birikanka- يَوْهَ تَرْجُفُ الْآرْضُ وَ الْجِبَالُ وَكَانَتِ الْجِبَالُ كَثِيبًا مِّهِيلًا

> رِاتًا ٱرْسَلْنَا ٓ الِيُكُفْرَسُولًا اللَّهُ اللَّهُ اعْلَيْكُمْ كُمَّا ٱرْسَلْنَآ إِلَى فِرْعَوْنَ رُسُوْ لَا أَن

17. Naye Farāwo n'ajeemera Omubaka, kale كَعَطَى فِرْعَوْنُ الرَّسُوْلَ فَاخَذْنْهُ آخُدُا وَيبُلُا

نَكَيْفَ تَتَّقُوْنَ إِنْ كُفَرْتُمْ يَوْمًا -la. Kale olwo bwe muneerema, mulyeku يَّجْعَلُ الْوِلْدَانَ شِيْبَالْ

مَفْحُوْلًا ١٠

إِنَّ هٰذِهِ تَدْكِرَةً جَفَمَنْ شَآءَ اتَّخَذَ إِلَى غ رَبِّه سَبِيْلًا ﴿

اِتَّ رَبَّكَ يَعْلَمُ اَنَّكَ تَقُوْمُ اَذَنْ مِنْ ثُلُثَي الَّيْلِ وَنِصْفَهُ وَثُلُثَهُ وَطَائِفَةً مِّنَ النَّهَارَ عَلِمَ آن لَّنْ يُحْصُوهُ فَتَابَ عَكَيْكُمْ فَا قُرَّءُ وَامَا تَيَشَّرَ مِنَ الْقُرْانِ و عَلِمَ آنْ سَيَكُونُ مِثْكُمْ مَّرْضَى رَ رَ أَخَرُوْنَ يَضْرِبُوْنَ فِي الْأَرْضِ يَسْتَغُوْنَ

mu nsi nga banoonya emikisa gya Allah, n'abandi abalwana mu kkubo lya Allah. Kale musomenga ekiba ekyangu gye muli okuva mu yo era mujjumbirenga nnyo essaala, mutoole zaka, era muwole Allah okuwola okulungi. Era ekirungi kyonna kye تُقَدِّمُ وَا mukulembeza olw'emyoyo gyammwe, mulikisanga eri Allah nga kyeyongedde فَنْرًا وَ آعْظُمُ آهُرًا وَ اسْتَغْفِرُوا اللّهِ مِن Obulungi era nga kisukkirivu mu mpeera. Era musabenga Allah okubasonyiwa. Mazima Allah ye Musonyiyi ennyo, Ow'ekisa ekingi.

مِنْ فَضْلِ اللهِ اوَ أَخَدُونَ يُقَاتِنلُونَ فِي سَيِيْلِ اللَّهِ مِنْ فَاقْرَءُوْا مَا تَيَسَّرَ مِنْهُ الَّهِ آقِيْمُوا الصَّلُوقَ وَأَتُوا الزَّكُوةَ وَأَقُولُوا غُ اللَّهُ عَفُورٌ رَّحِيْمٌ أَن

مِ اللّهِ الرَّحُمُ فِي الرَّحِيمِ ۞





#### AL-MUDDATHTHIR

(Yakka lubereberye lwa Hijra)

- 1. Ku lw'erinnya lya Allah, Omusaasizi ennyo, Ow'ekisa ekingi.
- 2. Owange ggwe eyebikiridde!
- 3. Situka olabule.
- 4. Era gulumiza Mukama wo.
- 5. N'engoye\* zo zitukuze,
- 6. Era weewale eby'ekko,
- 7. Era tokolanga ekisa ng'oluubirira kufuna bingi,
- 8. Era gumiikirizanga ku lwa Mukama wo.
- 9. Kale eng'ombe bw'erifuuyibwamu,
- 10. Kale olwo luliba lunaku lukakanyavu.
- 11. Eri abatakkiriza, teruliba lwangu.
- 12. Nze ndeka n'oyo gwe nnatonda obw'omu,

تُسْمَ فَانْسِذِرْجُ وَ يُنِيَاكِكُ فَطَمَّهُ ثُمُّ وَالرَّجْزَ فَاهْجُدُنُّ وكاتمنن تشتك بثرك ولرتك فاشبره فَإِذَا نُبِقِرَ فِي النَّكَاقُ دُنُّ فَذٰلِكَ يَوْمَئِذِ يَّوْمُحِسِيْرُ ﴿ عَلَى الْكُفِرِيْنَ غَيْدُرُيِّسِيْرِ ﴿ ذَرْفِ وَ مَنْ خَلَقْتُ وَحِيْدًا اللهُ

<sup>74:5.</sup> Ekigamboʻthiyaabaka' (شِيَّاتِك) bwe kiba kikozesebbwa mu lugero, kiyinza okutegeeza omutima. Ekizibu kiri nti wano ekigamboʻthiyaabaka' (إلا ) kija bulungi mu makulu ag'engoye oba ebyambalo, ag'omutima tegajja butereevu era si ge gokka agayinza okukozesebwa. Wano 'thiyaabaka' kiyinza n'okutegeeza ba Swahabah ba Nabbi (s.a.w). Eyo y'ensonga lwaki 'thiyaabaka' (شَكَاكُ )tukireseeyo mu makulu ga kyo agasooka, omusomi yennyini yeggyiremu g'alaba nti wano ge gasaana.

وَّحَعَلْتُ لَهُ مَا لَا مِّمُدُودًا اللهُ

- 13. Nemmuwa eby'obugagga enfaafa,
- 14. N'abaana abali awo,
- 15. Era nemmutegekera olutegeka.
- 16. Nate era nga ayagala mbu mmwongere.
- 17. Nedda! Mazima yali mulabe wa bubonero bwaffe.
- 18. Mangu nnyo nzija kumussaako *ekibo-nerezo* ekikakanyavu.
- 19. Mazima yafumiitiriza era n'ageraageranya!
- 20. Kale azikirire! Abaffe, ageraageranya atya?
- 21. Nate azikirire! Abaffe, ageraageranya atya?
- 22. Oluvannyuma yeetegereza,
- 23. Nate yaleeta emitaafu, n'akalala,
- 24. N'oluvannyuma yakubayo amabega neyeekuza,
- 25. N'agamba nti: Kino si kirala, wabula bulogo bukopperere;
- 26. Kino si kirala, wabula bigambo bya muntu.
- 27. Mangu nnyo nzija kumuyingiza mu Saqar.
- 28. Naye kiki ekinaakumanyisa nti Saqar kye ki?
- 29. *Gwe muliro* ogutataliza era ogutaleka-awo *kantu*.
- 30. Ogubabula oluliba.
- 31. Guliko bamalayika kkumi na mwenda.
- 32. Era tetwassaawo balabirizi ba muliro wabula ba malayika. Era tetwassaawo muwendo gwabwe wabula ng'ekigezo eri abo abatakkiriza, abo abaaweebwa Ekitabo balyooke bakakase, n'abakkiriza beeyongere okukkiriza, era abo abaaweebwa Ekitabo n'abakkiriza baleme kubuusabuusa. Ate abo abalina obulwadde mu mitima gyabwe n'abatakkiriza balyooke bagambe nti: Allah

نىئىن شۇھۇ گاڭ ومقدت له تمهيدًا الله فُمَّ يَطْمَعُ آنَ أَذِيدَ ﴿ كَلَّامًا تُمَّا كَانَ لِأَيْتِنَا عَنِيدُالً سَأْرُهِ قُلُهُ صَعُوْدًا اللهُ اتَّهُ وَكَّ وَقَدَّرُهُمْ فَقُتِلَ كَنْفَ قَدْرَكُ ثُمَّ قُتِلَكَيْفَ قَدَّرَا اللهُ ثُمَّةً آذَبَرَ وَاسْتَكُنَّهُ فَقَالَ إِنْ هَٰذُٓ ٱلِّلَّاسِحْرُ يُّوْتُرُهُ رِانْ هٰذُ آراكَ قَوْلُ الْبَشَرِهُ سَأُصْلِيْهِ سَقَرَ ٠٠ وَمُآادُرْكَ مَا سَقَرُهُ لَا تُبْقِقُ وَلَا تَدْرُهُ عَلَيْهَا تِسْعَةً عَشَرَهُ وَمَا يَعَلْنَا آصْ لِمِتِ النَّارِ الَّا مَلْدُكُ قُورٌ مَا جَعَلْنَاعِدَّ تَهُمْ لِآلًا فِعْنَدَةً لِللَّذِيْنَ

Bwe kityo Allah abuza oyo gw'aba asalidde era n'alung'amya oyo gw'aba asiimye. Era اللَّهُ مَن يَشَاءُ وَيَهْدِيْ مَن يُشَاءُءُ وَمَ يَشَاءُ مُن يَشَاءُ مُن يَشَاءُ وَيَهْدِيْ مَن يُشَاءُ مُ وَمَا okuggyako Ye yennyini. Era kino si kirala wabula kwe Kujjukiza eri abantu.

agenderedde ki mu ky'okulabirako kino? النَّذِيْنَ فِي قُلُوْ بِهِمْ مَّرَضٌ وَّالْكُهْرُونَ مًا ذَا آزَادَ اللَّهُ بِهٰذَا مَثَلًا وَكُذٰلِكَ يُضِ يَعْكُمُ جُنُوْدَ رَبِّكَ إِلَّا هُوَ وَمَا هِيَ إِنَّهُ عَ ذِكْرِي لِلْبُشِرِجُ

Ruku 2

33. Nedda, njuliza omwezi,

- 34. N'ekiro awo nga kikubayo amabega,
- 35. Ne ku makya awo nga busaasaana,
- 36. Mazima ekyo ky'ekimu ku bikangabwa ebinene.
- 37. Kuno kwe kulabula eri omuntu.
- mu maaso oba okusigala emabega.
- 39. Buli mwoyo gwe guliba omusingo kw'ebyo bye gwakola;
- 40. Okuggyako abantu b'oku ddyo,
- 41. Abaliba mu Janna nga beebuuzaganya,
- 42. Ku boonoonyi,
- 43. Nti: Kiki ekibaleesezza mu muliro olubabu?
- 44. Baliddamu nti: Lwa kubanga tetwali mw'abo abaasaalanga,
- 45. Era tetwaliisanga banaku,
- 46. Era twalinga mu kubalaata awamu n'abo abaabalaatanga.
- 47 Era twalimbisanga olunaku lw'okulamulirwako.
- 48. Okutuusa okufa lwe kwatutuukako.
- 49. Kale okuwolereza kw'abawolereza tekulibagasa.
- 50. Abaffe, babadde ki okukuba Okubuulirira amabega?
  - 51. Nebaba ng'endogoyi ezikangiddwa,

كلاوالقت وَالْثَيْلِ إِذْ أَدْبُونِ وَالصُّبْعِ إِذْاً السُفَرَاجُ انَّهَا كَارِحْدَى الْكُدَرُكُ نَذِيرًا لِلْبُشَرِيُ

لِمَنْ شَاءَمِنْكُمْ اَنْ يَتَقَدَّمَ اَدْيَتَا خُرَرُهُ ( Sa. Oyo mu mmwe aba ayagala okugenda المَن شَاءَمِنْكُمْ اَنْ يَتَقَدَّمَ اَدْيَتَا خُرَرُهُ

اللا كشخت اليمين

الم فِي جَنَّتِ اللَّهُ يَتُسَاءَلُونَ أَنَّ

عَن الْمُجْرِمِيْنَ الْمُ

مَاسَلَكُكُمْ فِي سَقَرَ اللهِ

قَالُوْ المَرْنَكُ مِنَ الْمُصَلِّيْنَ أَنَّ

وَلَمْ نَكُ نُطْعِمُ الْمِسْكِيْنَ أَن

وَكُنَّا نَخُوضُ مَعَ الْفَآرِيضِينَ أَن

وَكُتَّا نُكَذِّبُ بِيَوْمِ الدِّيْنِ ﴿

حَتُّى ٱللَّهَ الْيَقِيْنُ أَنُّ

فَمَا تَنْفَعُهُمْ شَفَا عَدُّ الشَّافِعِينَ أَن

فَمَا لَهُ هُ عَنِ التَّذْكِرَةِ مُعْرِضِيْنَ ٥٠

كَانَّهُمْ حُمُّ مُّسْتَنْفَاقًا اللَّهِ

52. Ezidduka empologoma?

فَرَّتُ مِنْ قَسْوَرَةٍ ﴿

تَكُ يُرِيدُ كُِلُّ اهْرِي مُّ مِّنْهُ هُوْآنَ يُّوُقْ فَي 33. Mbu buli omu mu bo ayagala aweebwe by'okubikkulirwa ebiwandiiko صُحُفًا مُّنَشِّرَةً ﴿ ebyanjuluzibbwa.

54. Nedda, mazima tebatya nkomerero.

كُلَّاء بَلُ لَّا يَخَافُونَ الْأَخِرَةَ ١٠

55. Nedda, mazima Kur'āni eno kwe kubuulirira.

كَلَّا اِنَّهُ تَذْكِرَةً ۞

56. Kale oyo ayagala, agijjukire.

فَمَن شَاء ذَكر كُونَ

nga Allah ayagadde. Ye ye nannyini kutiibwa era ye nannyini kusonyiwa.

57. Naye tebayinza kujjukira okuggyako وَمَا يَنْذُكُرُوْنَ إِنَّا آنْ يَشَاءَ اللَّهُ مُمُو المنفورة ﴿ اللَّهُ وَاهْلُ الْمَغْفِرَةِ ﴿ الْمَخْفِرَةِ ﴿





## AL-OIYĀMAH

## (Yakka lubereberye lwa Hijra)

1. Ku lw'erinnya lya Allah, Omusaasizi ennyo, Ow'ekisa ekingi.

3. Era njuliza omwoyo ogwenenya entakera.

2. Nedda! Njuliza olunaku olw'okuzuukira.

4. Abaffe, omuntu alowooza nti tetulikung'aanya magumba ge?

5. Ddala tusobola *okumuzzaawo* ne twenkanyankanya n'obusanso bw'engalo ze.

mbeza ebikolwa ebibi mu maaso ge.

7. Nga bw'abuuza nti: Lwo olunaku lw'okuzuukira lwa ddi?

8. Naye awo eriiso bwe liritangaalirira,

9. N'omwezi negukwatibwa,

10. N'enjuba n'omwezi nebigattibwa awamu,

nti: 11. Kw'olwo omuntu aligamba Obuddukiro buli ludda wa?

بشيرانلوا لرَّحُمُن الرَّحِيْمِن

لا أقسم بيوم القيمة

وَلَّا أُقْسِمُ بِالنَّفْسِ اللَّوَّامَةِ أَنَّ

آتحسَبُ الْانْسَانُ آلَّنَ عظامه

بَىلْ قَادِرِيْنَ عَلْ آنْ تُسَوِّيَ بَنَا نَهُ وَ

6. Naye omuntu ky'ayagala kwe kukule- ﴿ مَا مَدَا كُونُكَ الْكُونُكَ اللَّهُ الْمُونُكُ اللَّهُ الْمُعَالَمُهُ اللَّهُ اللَّا اللَّهُ اللّ

يَسْئِلُ أَيَّانَ يَوْمُ الْقِيْمَةِ ﴿

فَإِذَا بَرِقَ الْبَصَرُ

وَخَسَفَ الْقَمَرُ اللهِ

وَجُمِعَ الشَّمْسُ وَالْقَمَرُ اللَّهِ

يَقُوْلُ الْدِنْسَانُ يَوْمَئِذِ آيْنَ الْمَفَرُقُ

كَلَّا لَا وَزَرَهُ

12. Nedda! Tewakyali buwonero!

13. Eri Mukama wo yokka kw'olwo y'eriba ekiwummulo.

يُنَبَّوُ الْهُرِنْسَانُ يَـوْ مَيُنِزٍ بِمَا قَـدٌ مَر 14. Omuntu kw'olwo alitegeezebwa bye يُنَبَّوُ الْهُرن yakulembeza ne bye yaleka.

15. Ddala omuntu amanyira ddala *ekituufu* ekiri mu mwoyo gwe,

16. Newaakubadde nga assaawo ebyekwaso bye *nkumu*.

17. Ggwe Mutume tonycenyanyeenya ﴿ لَا تُكَرِّكُ بِهِ لِسَا لَكَ لِتَعْجَلَ بِهِ لِسَا لَكَ لِتَعْجَلَ بِهِ lulimi lwo ku yo (Kur'āni) nga ogibuguutanira okugikwata.

18. Mazima okugikung'aanya n'ensoma ya yo biri ku Ffe.

19. Kale bwe tugisomanga, ggwe gobereranga nsoma ya yo.

20. N'oluvannyuma okuginnyonnyola kuli ku Ffe.

21. Nedda! Mwagala nnyo obulamu bw'ensi *eno*;

22. Ne musuulirira obw'oluvannyuma.

23. Ebyenyi ebimu kw'olwo biriba bimegerevu,

24. Nga byolekedde eri Mukama wa byo;

25. Ate ebyenyi ebirala kw'olwo biriba byekabye,

26. Nga birowooza ku kikutulamigongo ekigenda okubikolwako.

27. Muwulirize! Awo *omwoyo gw'oyo* afa bwe gutuuka mu mumiro,

28. Nekigambibwa nti: Ani mulogo amutaase?

29. Naye ng'olwo naye akakasiza ddala nti eyo y'enjawukana ye *n'ensi*;

30. N'entumbwe nga zikuubagana;

31. Eri Mukama wo yokka kw'olwo y'erigoberwa *abantu*.

ينبوا المرسان يومييو بما در والمقرق والمقرق والمقرق المرنسان على نفسه بصير بما در والمقرق المرائسان على نفسه بصيرة أن المؤتل مكاذيرة أن المكان المقرق المكان المؤتر المؤت

اِلْ رَبِّكَ يَوْمَئِذِ اِلْمُسْتَقَرُّشُ

تَطُنُّ أَنْ يُّفْحَلَ بِهَا فَاقِرَةً ﴿ كُلَّ إِذَا بَكَغَتِ التَّكَاذِي ﴿ وَقِيْلَ مَنْ عَدَرَاقٍ ﴿

وَوُجُوْهُ لِيَوْ مَئِدٍ كِاسِرَةً ۞

وَّظَنَّ ٱتَّـهُ الْفِرَاقُ أَنَّ

إلى رَبِّهَا نَاظِرَةُ شَ

وَالْتَفَّتِ السَّاقُ بِالسَّاقِ اللَّاقِ اللَّاقِ اللَّاقِ اللَّاقِ اللَّاقِ اللَّاقِ اللَّاقِ اللَّاقِ اللَّ ﴿ الْيُ رَبِّكَ يَوْمَئِذِ إِلْمُسَاقُ اللَّهِ اللَّهِ اللَّهِ اللَّهِ اللَّهِ اللَّهِ اللَّهِ اللَّهِ اللَّهُ

فَلَاصَدُّقَ وَلَاصَلُّهُ

وَلٰكِنْ كَذَّبُ وَتُولُّ اللَّهِ

ئُمَّ أَوْلَى لَكَ فَأَوْلِي شُ

آوْلَى لَكَ فَأَوْلَى اللَّهِ

ثُمَّذَ هَبَ إِلَى ٱهْلِهِ يَتَمَطَّى أَ

## Ruku 2

32. Kale teyakkiriza mazima, era teyasaalanga;

33. Wabula yalimbisa *amazima* n'akubayo amabega;

34. N'oluvannyuma n'agenda ab'ewaabwe nga yeejabaata.

Zikusanze! Kale ddala zikusanze!

36. Nate era zikusanze! Era ddala zikusanze!

آييخسَبُ الْانْسَانُ اَنْ يُحْتَرُكَ alowooza nti ajja يُحْسَبُ الْانْسَانُ اَنْ يُحْتَرُكَ kulekwa awo ng'alya butaala?

38. Ddala teyali ttondo lya mazzi agazaala eryatonnyesebwa?

39. N'oluvannyuma n'afuuka ekitole ky'omusaayi, olwo *Allah* n'amutonda n'amutereeza?


40. N'oluvannyuma n'aggya mu ye abafumbiriganwa ababiri, omusajja n'omukazi?

فَجَعَلَ مِنْهُ الزُّوْجَيْنِ الذَّكرَ

ٱلَمْ يَكُ نُطْفَةً مِّنْ مَّنِيٍّ يُتُمْنَى اللَّهِ

شُمِّكَانَ عَلَقَةً فَخَلَقَ فَسَوْعِي

y'atasobola يُحْيِي يَ أَنْ يُبْحِي يَ Oyo 41. Abaffe, era kuzuukiza bafu? غ الْمَوْتُنَ





## AL-DAHR

(Yakka lubereberye lwa Hijra)

1. Ku lw'erinnya lya Allah, Omusaasizi ennyo, Ow'ekisa ekingi.

2. Ddala waaliwo ekiseera ekyatuuka ku هَلْ آتَٰ عَلَى الْدِنْسَاكِ حِيْنٌ مِّنَ الدَّهْرِ muntu we yabeerera ekintuntu ekitayogereka nako.

ly'amazzi agazaala eritabuddwaamu ebintu المشارِح الله تَبْتَكِيْدِ فَجَعَلْنَهُ سَوِيْعًا ebitali bimu nga tugenda tumugezesa; kale netumufuula awulira era alaba.

بِشهِ اللهِ الرَّحْمٰنِ الرَّحِيْمِ ()

لَمْ يَكُنْ شَيْعًا مَّذْكُورًا ۞

رِتًا خَلَقْنَا الْرِنْسَانَ مِنْ تُطْفَةِ Mazima twatonda omuntu mu ttondo

4. Mazima Ffe twamulaga ekkubo, k'abe إِنَّا هَذَيْنُهُ السَّبِيْلَ إِمَّا شَاكِرًا وَّإِمَّا كَالِمَا nga asiima oba atasiima.

- مِ إِنْ اَعْتَدْنَا لِلْكُوْرِيْنَ سَلْسِلا وَ اَعْلَلاً عَالْوَالْ Mazima twategekera abeerema enjegere إِنْ اعْتَدْنَا لِلْكُوْرِيْنَ سَلْسِلا وَ اعْلَلْهُ عَالِمُ اللَّهِ عَلَيْهِ عَلَيْهِ اللَّهِ عَلَيْهِ عَلَيْهِ عَلَيْهِ عَلَيْهِ اللَّهِ عَلَيْهِ عَلَّهُ عَلَيْهِ عَلَيْهِ عَلَيْهِ عَلَيْهِ عَلَيْهِ عَلَيْهِ عِلْهُ عَلَيْهِ عَلَيْهِ عَلِيْهِ عَلَيْهِ عَلْهِ عَلَيْهِ n'ebikoligo n'omuliro ogubumbujja.
- وَلَى الْهَا بُكِرَارَ يَشْرَبُونَ مِنْ كَأْسِ كَانَ Mazima abatuukirivu be balinywa ku أَيْسِ كَانَ kikopo ekiritabulwamu kaafuur — مِنَاجُهَا كَافُوْرًانُ
- مَيْنَا يَشْرُبُ بِهَا عِبَادُ اللّهِ يُفَجِّرُوْنَهَا Nga y'ensulo erinywebwamu abawe عَيْنًا يَشْرُبُ بِهَا عِبَادُ اللّهِ يُفَجِّرُوْنَهَا ereza ba Allah gye balitiiriisa olutiiriisa.
- 8. Nga y'abo abatuukiriza okwetema يُوْفُونَ بِالنَّذْرِ وَ يَخَافُونَ يَوْمًا كَانَ kwabwe, era nga batya olunaku obubi bwa lwo obulibuna wonna.
- 9. Era mulekwa, n'omusibe, lwa kwagala Allah.
- lwa kusanyusa Allah. Tetwagala mpeera yonna okuva gye muli wadde okwebaza.
- Mukama waffe oluliba olw'okusala emitaafu n'okuluma obugigi.
- olwo, era alibawa eddembe bw'olunaku n'essanyu.
- liiri olw'okugumiikiriza kwabwe.
- empunde; tebaliwuliriramu bbugumu lisusse wadde obutiti.
- waggulu waabwe, n'ebirimba by'ebibala bya mu birissibwa wansi olussa.
- ebya ffeeza, n'ebikopo eby'endabirwamu,
- 17. Nga bya ndabirwamu eza ffeeza zebaagera olugera.
- ekitabuddwamu entangawuzi,
- 19. Mulibaamu n'ensulo eyitibwa Salsabil.

تَفْجيْرًا⊙

شَرُّهُ مُسْتَطِيْرًا ﴿

baliisa omunaku emmere ne وَيُطْحِمُوْنَ الطَّعَا مَ عَلَى حُبِّهِ مِشْكِيْنًا و يَتِيمًا و آسِيرًا ٠

اِنَّمَا نُطْحِمُكُمْ لِوَجْدِ اللَّهِ كَا نُرِيْدُ Mazima tubaliisa إِنَّمَا نُطْحِمُكُمْ لِوَجْدِ اللَّهِ كا نُرِيْدُ مِنْكُمْ جَزَاءً وَّلَاشُكُورُانَ

اِنَّا يَخَافُ مِنْ رَّبِّنَا يَوْمًا عَبُوْسًا !11. Mazima ffe tutya olunaku okuva eri قَمْطَرِيْرًا ۞

الْكُوْمِ وَ 12. Kale abo Allah alibawonya obubi الْكُوْمِ وَ 12. Kale abo Allah alibawonya لَقْنَهُمْ نَضْرَةً وَّ سُرُورًا أَنَّ

14. Baliba bagalaamiridde ku ntebe ﴿ مَا يُتُكُونِكُ فِيهَا عَلَى الْأَرْآئِكِ مِنْ الْمُعَالِقِينَ فِيهَا عَلَى الْأَرْآئِكِ مِنْ اللَّهِ عَلَى الْمُعَالِقِينَ فِيهَا عَلَى الْأَرْآئِكِ مِنْ اللَّهُ عَلَى الْمُعَالِقِينَ فِيهَا عَلَى الْأَرْآئِكِ مِنْ اللَّهُ عَلَى الْمُعَالِقِينَ فِيهَا عَلَى الْأَرْآئِكِ مِنْ اللَّهُ عَلَى الْعَلَى اللَّهُ عَلَى اللّهُ عَلَى اللَّهُ عَلَى اللَّهُ عَلَى اللَّهُ عَلَى اللَّهُ عَلَى يَرُونَ فِيهَا شَمْسًا وَ لَا زَمْهَ رِيلًا أَنَّ

15. Era ebisiikirize byamu biriba kumpi nnyo ذُرِّلَتُ وَ ذُرِّلَتُ عَلَيْهِمْ ظِلْلُهَا وَ ذُرِّلِكَثُ قُطُهُ فُهَا تَذْلِبُ لا ۞

16. Era balyetooloozwamu ebikozesebwa وَيُطَانُ عَلَيْهِمْ بِأَنِيَةٍ مِّنْ فِضَّةٍ وَّ ٱكْوَابِ كَانَتْ قَوَارِيْرَٱنُ

قَوَارِيْرُ أَمِنْ فِضَّةٍ قَدُّرُوْهَا تَقْدِيْرُا

18. Era balinyweserezebwamu ekikopo (مِزَائِهُمَا كَانَ مِزَائِهُمَا كَانَ مِزَائِهُمَا عَالَيْ مِزَائِهُمَا
- 12. Era eby'obugagga bwe tebigenda kumugasa ng'azikirira.
  - 13. Mazima okulung'amya kuli ku Ffe,
- 14. Era ddala *obulamu* bw'enkomerero n'obwolubereberye bwaffe.
  - 15. Kale mbalabula ku muliro ogubumbujja.
- 16. Teri aliguyingiramu okuggyako oyo ow'ekikwa ennyo,
  - 17. Oyo eyalimbisa n'akubayo amabega.
- 18. Naye gulyewazibwa oyo eyeekuuma ennyo,
- 19. Oyo atoola eby'obugagga bwe olw'o-kunoonya obutukuvu.
- 20. Era nga ku lulwe tewali yenna gw'a-kolera kisa kyonna nti asasulwe,

بِشَهِ الدَّهُ الرَّهُ مُنِ الرَّهِ الرَّهُ اللَّهُ اللْلِهُ اللَّهُ اللْمُنْ اللْمُلْمُ اللَّهُ الْمُلْمُ اللْمُلْمُ اللللْمُ اللْمُلْمُ اللْمُ اللَّهُ اللْمُلْمُ اللْمُلْمُ اللَّه

فَسَنْيُسِّرُهُ لِلْعُشرَى ﴿ وَمَا يُعْزِيْ عَنْهُ مَا لُهَ إِذَا تَرَدُّى ﴿

> رِقَ عَلَيْنَا لَلْهُدِى أَنَّ وَرِقَ لَنَا لَلْإِخِرَةَ وَالْأُولِي وَرِقَ لَنَا لَلْإِخِرَةَ وَالْأُولِي فَا نَدْ ذَرْ تُكُمُ نَا رًا تَلَظَّى أَنَّ لَا يَصْلَمْهَا إِلَّا الْاَشْقَى أَنَّ الَّذِيْ كُذَّ بَوَ تَوَلَّى أَنْ وَسَكُمَنَتُكُمُ الْاَثْقَى أَنْ

الَّذِيْ يُؤْتِيْ مَاكَهُ يَتَزَكُّ أَنَّ

وَمَا لِآحَدِ عِنْدَةُ مِنْ زِنْعُمَةٍ تُجْزَى أَ

21. Wabula *akikola* lwa kunoonya kusiima kwa Mukama we, Omugulumivu.

22. Era mangu nnyo Allah ajja kusiima by'akola.

الاً اينغاء وهدرته الأعلى أ في وَكَسَوْفَ يَرْضَى اللهِ





# AL-DUHĀ (Yakka lubereberye lwa Hijra)

- 1. Ku lw'erinnya lya Allah, Omusaasizi ennyo, Ow'ekisa ekingi.
- 2. Njuliza akasana k'oku makya,
- 3. N'ekiro awo nga kibunye wonna,
- 4. Mukama wo takwabuliranga wadde tanyiiganga *ku lulwo*.
- 5. Mazima *ekiseera kyo* eky'oluvannyuma ky'ekisinga obulungi gy'oli ku ky'olubereberye.
- kuwa osiime.
- 7. Abaffe, teyakusanga nga oli mulekwa, n'akuwa obubudamo?
- 8. Era yakusanga obulubuuta, n'akwoleka ekkubo.
- 9. Era yakusanga nga oli mu bwetaavu, n'akugaggawaza.
- 10. Kale mulekwa, tomutuntuzanga,
- 11. N'asaba, tomuboggoleranga,
- 12. Era ebyengera bya Mukama bibuulirengako abalala.

<u> جرابته الرَّحُمٰن الرَّحِيْمِ ()</u> وَالضَّخِيلُ وَالَّيْدِلِ إِذَا سَجِي اللَّهِ اللَّهِ اللَّهِ اللَّهِ اللَّهِ اللَّهِ اللَّهِ اللَّهِ اللَّهِ الله مَا وَدَّ عَكَ رَبُّكَ وَمَا قَلْيُ

وَكَلَاخِورَةُ خَيْرُ لِلَّكِ مِنَ الْكُولِي ٥

6. Era mangu nnyo Mukama wo ajja ku- أَكُنُ فَ تَكُرُ ضَى أَنْ اللَّهُ فَ يُعْطِيْكَ رَبُّكَ فَ تَكُرُ ضَى أَ ٱكَمْ يَجِمْ كَ يَتِيْمُا فَأَوْى ﴿

وَوَجَدَكَ ضَالًّا نَهَدى ١

وَوَحَدُكَ عَامِلًا فَأَغُنَّى أَنْ

فَأَمَّا الْيَرِيْمَ فَلَا تَقْهَرُهُ

وَامِّا السُّائِكِ فَلَا تَنْهَرُهُ

ا وَأَمَّا بِنِعْمَةِ رَبِّكَ فَحَدِّثُ





# AL-INSHIRĀH

(Yakka lubereberye lwa Hijra)

- 1. Ku lw'erinnya lya Allah, Omusaasizi ennyo, Ow'ekisa ekingi.
  - 2. Abaffe, tetwakwanjululiza ekifuba kyo,
  - 3. Era netukutikkulako obuzito bwo
- شمِ اللهِ الرَّحْمٰنِ الرِّحِيْمِ () اَكُهُ نَشْرَحُ لَكَ صَدْرَكُ ﴿
  - وَوَضَعْنَا عَنْكَ وِزْرَكَ ٢٠٠٥



4. Obwali *bunaatera* okumenya omugongo gwo,

5. Era netututumula elinnya lyo?

6. Kale ddala wabaawo obwangu oluvannyuma lw'obuzibu.

7. Era ddala wabaawo obwangu oluvannyuma lw'obuzibu.

8. Kale buli lw'ofunanga akaagaanya, ofubanga nnyo,

9. Era eri Mukama wo gy'obanga osinga okwemalira.

الَّذِي ٱنْقَضَ ظَهْرَكُ ﴾ وَرَفَعْنَا لَكَ ذِكْرَكُ فَإِنَّ مَعَ الْحُسْرِيُسُرًّا أَنَّ إِنَّ مَعَ الْحُشرِيُسُرًّا ۞ فَإِذَا فَرَغْتَ فَا نُصَبْ الله كَرِينَ وَيِلْكُ فَارْغَبُ أَنْ





# AL-TĪN

# (Yakka lubereberye lwa Hijra)

1. Ku lw'erinnya lya Allah, Omusaasizi ennyo, Ow'ekisa ekingi.

2. Njuliza Omutiini n'Omuzayituuni,

3. N'olusozi Sinaayi,

esingira ddala obulungi;

4. N'ekibuga kino eky'emirembe.

6. N'oluvannyuma bw'ayonoona, tumuzzaayo mu ba wansi abasemberayo ddala,

7. Okuggyako abo abakkiriza era nebakola ebikolwa ebirungi; kale abo be balifuna empeera etaliiko kkomo.

8. Kale ate kiki oluvannyuma *lwa kino* ekinaakulimbisa ku ky'okulamula?

9. Abaffe, Allah si y'asinga abalamuzi bonna?

بشمِ اللهِ الرَّحُمٰنِ الرَّحِيْمِ

وَالسِّيْنِ وَالرَّيْتُونِ ﴾

وَ طُوْرِ سِيْنِيْنَ ﴿

وَهٰذَا الْتِلَدِ الْاَمِيْنِ أَنْ

لَقَدْ خَلَقْنَا الْرِنْسَانَ فِيْ آحْسَنِ 5. Mazima twatonda omuntu mu ngeri تَقُويُونُ

ثُمَّرَدَد نهُ أَشْفَلَ سَا فِلِينَنَ أَنْ

إِلَّا الَّذِيْنَ أَمَنُوا وَعَمِلُوا الصَّلِحْتِ فَلَهُمْ أَجْرُ غَيْرُ مَمْنُونِ۞

فَمَا يُكُذِّ بُكَ بَعْدُ بِالْدِينِ أَنْ

عُ ٱلَيْسَ اللَّهُ بِٱحْكَمِر الْحُكِمِيْنَ أَن



# **AL-'ALAQ**

# (Yakka lubereberye lwa Hijra)

- 1. Ku lw'erinnya lya Allah, Omusaasizi ennyo, Ow'ekisa ekingi.
- 2. Soma ku lw'erinnya lya Mukama wo Oyo eyatonda,
- 3. Eyatonda omuntu okuva mu kitole *ky'omusaayi* ekikwaafu.
- 4. Soma! Anti Mukama wo ye Ssaabati-ibwa,
- 5. Oyo eyayigiriza *okuwandiika* n'ekkalaamu.
- 6. Yayigiriza omuntu bye yali tamanyi.
- 7. Nedda, mazima omuntu ajeema nnyo,
- 8. Olw'okweraba nti yeemala.
- 9. Mazima eri Mukama wo y'eri obuddo.
- 10. Abaffe, omulabye oyo aziyiza
- 11. Omuweereza waffe ng'asaala?
- 12. Kiba kitya, singa aba nga ali ku bulung'amu?
  - 13. Oba ng'akubiriza okutya Allah?
- 14. Okiraba otya, singa alimbisa *amazima* n'akubayo amabega,
- 15. Abaffe, tamanyi nti ddala Allah alaba?
- 16. Nedda, singa teyeekomeko, ddala tujja kumuwalula *nga tukutte* mu nviiri z'omu kawompo,
- 17. Mu nviiri z'omu kawompo ak'obulimba, ak'onoonyi.
  - 18. Kale k'akoowoole banne,
  - 19. Naffe tukoowoole abambowa baffe.
- 20. Nedda, *oyo* tomugonderanga, wabula vuunama era osemberere *Allah*.

يشررا لله الرَّحَمْنِ الرَّحِيْمِ اِقْرَاْ بِاشْدِرَبِكَ الَّذِي خَلَقَ ﴿ خَلَقَ اكْر نْسَأَنَ مِنْ عَلَقِي ﴿ اِقْرَاْوَرَبُّكَ الْأَكْرَوُلُ الَّذِيْ عَلَّمَ بِالْقَلَمِ فَ عَلَّمُ الْدِنْسَانَ مَاكَهُ يَعْلَهُ أَنَّ كُلُّانًا الْانْسَانَ لَيَطْخَيْ اللَّهُ أَنْ رَّأَهُ السَّنَّغُنِّي أَنَّ إِنَّ إِلَىٰ رَبِّكَ الرُّجُعٰي أَ أرَءَيْتَ الَّذِي يَنْهِي إِنْ عَبْدًا إِذَا صَلَّى أَ آرَءَ ثِبْتَ إِنْ كَانَ عَلَى الْهُدِّي ﴿ أَوْ آمَرَ بِالتَّقُوٰى شَ آرَءَ يُتَ إِنْ كَذَّبَ وَتُولِّي أَنَّ اَكُمْ يَعْلَمْ بِأَنَّ ( للَّهُ يَدْي أَنَّ لَّمْ يَنْتَهِ كنشفكا بالنَّاصِيَةِ أَنَّ

آ ﴾ كَلَّاء لَا تُطِعْهُ وَاشْجُهُ وَاقْتَرِبُ أَنَّ اللَّهِ

نَاصِيَةِ كَاذِبَةٍ خَاطِئَةٍ أَن

فَلْيَدْءُ نَادِيَهُ ۞

سَنَدْءُ الزَّيَانِيَةُ أَنَّ





# AL-OADR

# (Yakka lubereberye lwa Hijra)

- 1. Ku lw'erinnya lya Allah, Omusaasizi ennyo, Ow'ekisa ekingi.
- 2. Mazima Kur'āni twagissa mu kiro eky'okugera.
- 3. Naye kiki ekinaakumanyisa ekiro eky'okugera nga bwe kiri?
- 4. Ekiro eky'okugera kirungi n'okusinga emyezi olukumi.
- kyo ku buli nsonga olw'ekiragiro kya Mukama waabwe.
- 6. Emirembe gy'ekiro ekyo gituusiza ddala ku kusala kwa mmambya.

بشوابله الرَّحُمٰن الرَّحِيْمِ رِكُمَا ٱنْزَلْنُهُ فِي لَيْكَةِ الْقَدْرِجُ وَمَا اَدْ رَبِكَ مَا لَعْلَةُ الْقَدْرِثُ

إِلَّ لَيْكَةُ الْقَدْرِ الْمَخْيَرُ مِّنْ ٱلْفِ شَهْرِ أَنْ

تَنَوَّلُ الْمَلَئِكَةُ وَالرُّوْمُ فِيْهَا بِإِذْنِ 5. Ba malayika ne Mwoyo bakkira nnyo mu الله دَيهِ مِن عُلِ اَمْرِقُ

إلى الْمُ الله عِي مَتَّى مَطْلَعِ الْفَجْرِ الْ الْمُحْرِثُ





# AL-BAYYINAH

# (Yakka luvannyuma lwa Hijra)

- 1. Ku lw'erinnya lya Allah, Omusaasizi ennyo, Ow'ekisa ekingi.
- 2. Abo abatakkiriza mu bantu b'Ekitabo n'abo abenkanya Allah n'ebirala tebajja kulekayo butakkiriza bwaabwe okutuusa nga batuukiddwako obukakafu obw'olwaatu —
- 3. Nga buleetebwa Omubaka ava eri Allah asoma ebiwandiiko ebyatukuzibwa,
- Ebirimu enjigiriza ey'enkalakkalira.
- 5. Era abo abaaweebwa Ekitabo tebaayawukanamu wabula luvannyuma nga bamaze kutuukwako bukakafu obw'olwaatu.
- 6. Era tebaalagirwa kirala okuggyako okusinza Allah yekka, nga bamalirivu mu buwulize gy'ali, nga beesimbu, era nga bajjumbira essaala era nga batoola zaka. Era eyo y'eddiini ennesimbu.

بشيما ملوالرَّحُمْن الرَّحِيْمِ ()

كَمْ يَكُن الَّذِيْنَ كَفَرُوْا مِنْ آهَلِ الْكِتْبِ وَالْمُشْرِكِيْنَ مُنْفَكِّيْنَ حَتَّى تَأْتِيَهُمُ الْبَيِّنَةُ ﴾

رَسُولُ مِنَ اللهِ يَشْلُوا صُحُفًا مُّطُهُرَةً ﴿ وَالسَّحُفًا مُّطُهُرَةً ﴿ وَالسَّالِ اللَّهِ مِنْ

فِيْهَا كُتُبُ قَيْمَةً ٥

وَمَا تَفَرِّقَ الَّذِينَ أَوْتُوا الْكِتْبَ إِلَّا مِنْ بَعْدِمَا جَآءَ تُهُمُ الْبَيِّنَةُ ٥

وَمَا أُمِرُونَا إِلَّالِيَعْمُدُوا اللَّهَ مُخْلِصِنَ لَهُ الدِّيْنَ لِمُ كُنَفَاءَ وَيُقِيْمُوا الصَّلْوةَ وَ يُؤْتُواالزَّكُوةَ وَذٰلِكَ دِيْنُ الْقَيِّمَةِ ٥

- 7. Mazima abo abatakkiriza mu bantu b'Ekitabo n'abenkanya Allah n'ebirala be baliba mu muliro gwa Jahannamu, omwo mwe balibeera. Abo nno be basinga obubi mu bitonde byonna.
- 8. Mazima abo abakkiriza era nebakola ebikolwa ebirungi — abo be basinga obulungi mu bitonde byonna.
- 9. Empeera yaabwe eri eri Mukama waabwe — ensuku ez'olubeerera ezikulukutamu emigga wansi wa zo, omwo mwe balibeera olubeerera. Allah aliba musanyufu gye bali, nabo nga basanyufu gy'ali. Ebyo by'oyo atya Mukama we.

إِنَّ الَّذِيْنَ كَفَرُوا مِنْ آهَلِ الْكِتْبِ وَ الْمُشْرِكِيْنَ فِي نَارِجَهَنَّمَ خُلِدِيْنَ فِيْهَا م اُولَيْكَ هُمْ شَرُّ الْبَرِيَّةِ فَى

إِنَّ الَّذِيْنَ أَمَنُوا وَ عَمِلُوا الصَّلِحْتِ ا أُولِئُكَ هُم خَيْرُ الْبَرِيَّةِ ٥

جَزَّا وُهُمْ عِنْدَ رَبِّهِمْ جَنّْتُ عَدْنِ تَجْرِيْ مِنْ تَحْتِهَا الْأَنْهُرُ خُلِدِيْنَ فِيثُهَا ٱبَدَّاء رَضِيَ اللَّهُ عَنْهُمْ وَ رَضُوا عَنْهُ الْلِكَ في لِمَنْ خَشِيَ رَبُّكُونَ





# AL-ZILZĀL

(Yakka lubereberye lwa Hijra)

- 1. Ku lw'erinnya lya Allah, Omusaasizi ennyo, Ow'ekisa ekingi.
- ensi bw'erikankanyizibwa olukankana lwa yo,
- 3. Era ensi n'eggyayo ebizito bya yo,
- 4. N'omuntu n'agamba nti: Abaffe, ebadde etya?
- 5. Kw'olwo eryoogera ebigifaako.
- 6. Olw'okubanga Mukama wo aliba agibikkulidde ebigifaako.
- رَوْمَثِذِ يَتَصْدُرُ النَّاسُ آشَتَاتًا لَّا لِّهِ يُرَوْا Mu lunaku olwo abantu balijjira mu المُتَاتًا لل المُتَاسُ آشَتَاتًا لل المُتَاسِّةِ اللهُ الل bibinja eby'enjawulo balyooke balagibwe ebikolwa byabwe.
- 8. Kale oyo akola akalungi akazitowa أَمَنْ يَتْحَمَلُ مِثْقَالَ ذَرَّةٍ خَيْرًا يَّرَهُ فَيَرَا يَّرَهُ فَيَ ng'akabu, alikalaba.
- 9. N'oyo akola akabi akazitowa ng'aka- ﴿ وَمَنْ يَعْمَلُ مِثْقًا لَ ذَرَّةٍ شَرًّا يَبْرَهُ ﴾ bu, alikalaba.

- بِشعِرا مِثْنِهِ الرَّحْمُنِ الرَّحِيْمِنَ
- إِذَا زُلْزِلَتِ الْإَرْ ضُ زِلْزَاكُهَا ۗ

وَ آخِرَجَتِ الْأَرْضُ ٱثْقًا لَعَالُمُ وَقَالَ الْدِنْسَانُ مَا لَهَاثُ

يَوْ مَئِزٍ تُحَدِّثُ ٱخْبَارَهَا ۗ

بِاَتَّ رَبِّكَ ٱوْخَى لَهَا أَنْ





(Yakka lubereberye lwa Hijra)

- 1. Ku lw'erinnya lya Allah, Omusaasizi ennyo, Ow'ekisa ekingi.
- 2. Njuliza embalaasi eziwejjawejja.
- Kale nezimansula ensasi z'omuliro,
- N'abazinda mu matulutulu,
- Kale nebazifuumuuza enfuufu,
- 6. Olwo nebesonseka nazo wakati w'eggye ly'omulabe.
- 7. Mazima omuntu si mwebazi eri Mukama we,
- 8. Era ddala naye mujulizi kw'ekyo.
- 9. Era mazima mu kwagala eby'obugagga yeekansa.
- 10. Abaffe, tamanyi nti awo abali mu ntaana bwe balizuukizibwa,
- 11. N'ebiri mu bifuba nebiggyibwayo,
- 12. Mazima Mukama waabwe kw'olwo ddala aliba amanyi bulungi ebibafaako?

وَالْعُدِيْتِ ضَيْحًا أُنَّ فَالْمُوْرِيْتِ قَدْمًا أَنَّ فَالْمُغِثْرُتِ صُيْحًانُ فَأَثَرُنَ بِمِ نَقْعًا اللهِ فَوَسَطْنَ بِهِ جَمْعًا أَنَّ إِنَّ الْانْسَانَ لِرَبِّهِ لَكُنُودُنُّ

بِسْمِ اللهِ الرَّحْمٰنِ الرَّحِيْمِ ()

وَإِنَّهُ عَلْ ذَٰلِكَ لَشَهِيْدٌ ٥ وَإِنَّهُ لِحُبِّ الْخَيْرِ لَشَدِيدٌ أَنْ آفَلَا يَعْلَمُ إِذَا يُعْتِرُ مَا فِي الْقُبُورِ اللهِ

وَكُمِتِ لَ مَا فِي الصُّدُورِ اللهِ ﴿ رَتَّهُمْ بِهِمْ يَوْمَئِذٍ لَّخَبِيْرُ ۗ





# **AL-OARI'AH**

(Yakka lubereberye lwa Hijra)

- 1. Ku lw'erinnya lya Allah, Omusaasizi enyo, Ow'ekisa ekingi.
- 2. Akabi akaggunda!
- 3. Akabi akaggunda kye ki?
- 4. Era kiki ekinaakumanyisa nti akabi akaggunda kye ki?
- 5. Lwe lunaku abantu lwe baliba ng'e- گالْفَرَاشِ biwojjolo ebisaasaanye,

بشم الله الرَّحْمُن الرَّحِيْمِن اَلْقَارِعَةُ أَنَّ

مَا الْقَارِعَةُ أَن

وَمُآآدُر لِكَ مَا الْقَارِعَةُ أَن

يَوْمَ يَكُوْنُ النَّاسُ الْمَثَثُونُ فَيُ

وَتَكُوْنُ الْجِبَالُ كَالْعِهْنِ الْمَنْفُوشِ أَنْ 6. N'ensozi ziriba ng'ebyoya by'endiga ebisunsule.

7. Kale oyo ebipimibwa bye ebirizitowa,

8. Kale oyo y'aliba mu bulamu obwesiimisa.

9. Naye oyo ebipimibwa bye ebiriwewuka,

10. Kale Hāwiya y'aliba nnyina.

11. Naye kiki ekinaakumanyisa nti *Hāwiya* kye ki?

12. Gwe muliro olubabu.

فَامَّا مَنْ ثَقْلَتْ مَوَا زِيْنُكُنُ فَهُوَ فِيْ عِيْشَةٍ رَّا ضِيَةٍ ۞ وَامَّا مَنْ خَفَّتْ مَوَا زِيْنُكُنُ فَأُشُّهُ هَا وِيَـةً۞ وَمَآدَدْ لِكَ مَا هِيَهُ۞ ﴾ نَارُ هَا مِينَةُ۞



# سُوَةُ التَّكَاثُرِ مَلِّيَّةُ ١٠٢



# AL-TAKATHUR

(Yakka lubereberye lwa Hijra)

- 1. Ku lw'erinnya lya Allah, Omusaasizi ennyo, Ow'ekisa ekingi.
- 2. Okuvuganya mu kuyingiwaza eby'obugagga kubalagajjazza,
- 3. Okutuusa lwe mulituuka mu ntaana.
- 4. Nedda, mangu nnyo mujja kumanya,
- 5. Nate nedda, mujja kumanya ku bwangu.
- 6. Si kyo, singa ddala mumanyi okumanya okukakafu.
- 7. Mazima mwalirabye omuliro wano ku nsi.
- 8. N'oluvannyuma ddala muligulaba n'eriiso ekkakafu.
- 9. Nate era ddala kw'olwo mulibuuzibwa ebikwaata ku byengera *bye mwaweebwa ku nsi.*

بِشرِ اللهِ الرَّحْلَيِ الرَّحِيْرِ () اَلْهَمُكُمُ التَّكَاثُرُ ()

> حَتَّى زُرْتُمُ الْمَقَابِرُ ۞ كَلَّاسَوْكَ تَعْلَمُوْنَ ۞

ثُمَّكَلَّا سَوْفَ تَعْلَمُوْنَ۞

كَلَّا لَوْ تَعْلَمُوْنَ عِلْمَ الْيَقِيْنِ أَنَّ لَتَرُونَ الْجَحِيْمَ أُنِ

ثُمَّ لَتُرَوُنَّهَا عَيْنَ الْيَقِيْنِ

إ ثُمَّ لَتُسْعَلُنَّ يَوْمَئِذٍ عَنِ النَّحِيْمِ أَ



# سُوَرَةُ الْعَصْرِ مَلِّيَةُ ١٠٣



# AL-'AŞR

# (Yakka lubereberye lwa Hijra)

- 1. Ku lw'erinnya lya Allah, Omusaasizi ennyo, Ow'ekisa ekingi.
  - 2. Njuliza omulembe,
- 3. Mazima omuntu ali mu kufiirwa bufiirwa,

بِشمِانلُوالرَّحُمْنِ الرَّحِيْمِنَ الْعَصْدِيُّ

وَالْعَصْرِيِّ إِنَّ الْاِنْسَانَ لَيْنِي مُمْشَرِيِّ



4. Okuggyako abo abakkiriza era nebakola ebikolwa ebirungi, nebakuutiragana ku mazima era nebakuutiragana ku kugumiikiriza.

إلَّا اتَّذِيْنَ أَمَّنُوا وَ عَمِلُوا الصَّلِحْتِ ع وَتُواصَوْا بِالْحَقِّ الْوَتُواصُوْا بِالصَّيْرِ ﴾





# AL-HUMAZAH

# (Yakka lubereberye lwa Hijra)

- Ku lw'erinnya lya Allah, Omusaasizi ennyo, Ow'ekisa ekingi.
- 2. Zimusanze buli mugeyi, omuwaayirizi,
- 3. Oyo atuuma eby'obugagga n'abibalirira,
- 4. Ng'alowooza nti eby'obugagga bwe bijja kumufuula wa lubeerera.
- 5. Nedda, mazima agenda kusuulibwa mu Hutwamah.
- 6. Naye kiki ekinaakumanyisa nti Hutwamah kye ki?
- 7. Gwe muliro gwa Allah omukumire ddala.
- 8. Ogwo ogubuubuukira ku mitima.
- 9. Ddala gwo gulibazingako
- 10. Mu mpagi empanyu.

بشيرا مته الرَّحْمٰن الرَّحِيْمِن رَيْلُ لِكُلِّ هُمَزَةٍ لُّمَزَةٍ لُمَزَةٍ أَن

الَّذِيْ جَمَعَ مَالَّا وَّعَدَّدُهُ أَنَّ

رَحْسَتُ أَنَّ مَا لَكَ آخُلُدُهُ أَنْ


كُلَّا لَيُنْبُذَنَّ فِي الْحُطَمَةِ ﴿

وَمَآادُ لِيكَ مَا الْخُطْمَةُ أَنَّ

تَارُاللهِ الْمُوْقَدَةُ ﴾ الَّتِي تَطُّلُعُ عَلَى الْأَفْعِدَةِ ٨ اِنَّهَا عَلَيْهِمْ مُّؤْصَدَةً ﴾

عُ فِيْ عَمَدٍ مُّمَدَّدُةٍ ﴿





### AL-FÏL

# (Yakka lubereberye lwa Hijra)

- 1. Ku lw'erinnya lya Allah, Omusaasizi ennyo, Ow'ekisa ekingi.
- ba nnannyini njovu\*?
- 3. Abaffe, okwekoba kwabwe teyakufuula okufaafaaganye?
- 4. N'abasindikira ennyonyi mu bibinja,
- 5. Ezaabalya nga zibakoonakoona ku mayinja g'ensibo.

ماىڭەالرَّحْمٰنالرَّحِ

2. Abaffe, tolaba Mukama wo kye yakola بِأَصْلُو بِأَصْلُو اللَّهِ عَدْ كَيْفُ فَعَلَ رَبُّكَ بِأَصْلُوبِ

وَ آوْ سَلَ عَلَيْهِمْ طَيْرًا آبَا بِيْلُنُ تَرْمِيْهِمْ بِحِجَارَةِ مِّنْ سِجِيْلِ ﴿

105:2. Eggye lino ely'Abakulisitayo lyakulemberwa Abraha eyali gavana wa kabaka wa Abyssinia (Ethiopia) mu nsi y'e Yemen.

6. Kale nezibafuula ng'omuddo omukalu, omugaayeemu.

فَحَعَلَهُمْ كَعَصْفِ مَّا كُوْلِي ﴿





# AL-OURAISH

# (Yakka lubereberye lwa Hijra)

- 1. Ku lw'erinnya lya Allah, Omusaasizi ennyo, Ow'ekisa ekingi.
- Ku lw'okugatta aba Quraishi mu kwagalana —
- 3. Twabaagazisa eng'endo z'omu butiti ne mu kyeya.
- 4. Kale basaanye basinze Mukama w'Ennyumba eno (Ka'bah),
- 5. Oyo eyabaliisa mu njala era n'abawonya okutya.

بشمرامله الرَّحمٰن الرَّحِيْمِن

لِإِيْلُفِ قُرَيْشٍ أَ

الفهم رخكة الشِّتّاء والصَّيفِجُ

فَلْمَعْيُدُوْا رُبِّ هِذَا الْبَيْتِ أَ

الَّذِينَ ٱطْحَمَهُ مُ مِّنْ جُوْعِ الرَّا مَنَهُمْ غ مِّنْ خَوْدٍ <u>قُ</u>





# AL-MĀ'ŪN

# (Yakka lubereberye lwa Hijra)

- Ku lw'erinnya lya Allah, Omusaasizi ennyo, Ow'ekisa ekingi.
- 2. Abaffe, omulabye oyo alimbisa eddiini?
- 3. Kale y'oyo agobaganya mulekwa.
- Era n'atakubiriza na kuliisa bankuseere.
- Kale zibasanze abo abasaala,
- beefiirayo.
- 7. Abo abanoonya okulabwa obulabwa abantu.
- 8. Era nebalemesa n'abantu okufuna ebikozesebwa ebya bulijjo.

بِشمِرا مثُّو الرَّحْمٰنِ الرَّحِيْمِن

ٱڒءؘؽڬٵڷڿؽڲػڐؚٙؼؠٵڶڐؚؽڽۣڽؖ

فَذَٰ لِكَ الَّذِي يَدُعُ الْيَتِيْمَ الْ

وَلَا يَحُشُّ عَلَى طَعَا مِ الْمِسْكِيْنِ أَ

فَوَيْلُ لِلْمُصَلِّيْنَ أَنَّ

6. Abo ababa mu ssaala zaabwe nga te- أَكُذِ يُنَ هُمْ عَنْ صَلَاتِهِمْ سَأَهُوْنَ وَ أَنْ

اللَّذِيْنَ هُمْ يُرَاءُونَ أُنَّ

في وَيَمْنَعُونَ الْمَاعُونَ۞





# AL-KAUTHAR

# (Yakka lubereberye lwa Hijra)

- 1. Ku lw'erinnya lya Allah, Omusaasizi ennyo, Ow'ekisa ekingi.
  - Mazima Ffe twakuwa obutitimbe.
- 3. Kale saba nnyo Mukama wo saddaaka.
- 4. Mazima omulabe wo y'atalina baana balenzi.

بسيرا بلو الرَّحَمْنِ الرَّحِيْمِن

اِئُلَا اَعْطَيْنْكَ الْكَوْثُرَنُ

فَصَيِّ لِكِبِّكَ وَانْحَرْجُ

عُ إِنَّ شَانِئَكَ هُوَالْاَبُتُرُنُ





# AL-KĀFIRŪNA

# (Yakka lubereberye lwa Hijra)

- 1. Ku lw'erinnya lya Allah, Omusaasizi ennyo, Ow'ekisa ekingi.
- 2. Gambanti: Abange mmwe abatakkiriza!
- 3. Nze sisinza mmwe bye musinza;
- Era nammwe temusinza nze gwe nsinza.
- 5. Era nze sijja kusinza ebyo bye musinza,
- Era nammwe temusinza Oyo gwe nsinza.
- 7. Mmwe mubeere n'enzikiriza yammwe, nange mbeere n'enzikiriza yange.

بشمرا بلوالرتهمين الرجيم قُلْ يَا يُهَاالْحُفِرُونَ أَن اللهُ عَلَا وَنَ أَن اللهُ عَلَا وَنَ أَن اللهُ عَلَا وَنَ أَنْ اللهُ

الآاعبُدُ مَا تَعْبُدُونَ أَنَ

وَكُمْ أَنْتُمْ غِيدُوْنَ مِمَّا أَعْبُدُنَّ وَلَّا اَنَا عَالِمٌ مَّا عَبَدْتُهُ

وَلا ٱنْتُمْ عِبِدُونَ مَّا ٱعْبُدُنَ

عُ لَكُمْ دِينُكُمْ وَلِيَ دِينِ ﴾





# AL-NASR

# (Yakka luvannyuma lwa Hijra)

- 1. Ku lw'erinnya lya Allah, Omusaasizi ennyo, Ow'ekisa ekingi.
- 2. Awo obuyambi bwa Allah bwe bulijja, n'obuwanguzi,
- mu ddiini ya Allah mu bibinja,
- بشمِ اللهِ الرَّحْمٰنِ الرَّحِيْمِ () إِذَا جَاءَ نَصْرُ اللهِ وَالْفَتْحُ رُ

وَرَأَيْتَ النَّاسَ يَدْخُلُونَ فِي دِيْنِ اللهِ 3. Era n'olaba abantu bwe bayingira آفَةُ الحَّالُ



4. Kale otenderezanga nnyo n'amatendo ga Mukama wo era omusabanga okusonyiwa. Mazima Ye y'Adding'ana okusonyiwa olw'ekisa.

هُ فَسَبِّحْ بِحَمْدِ رَبِّكَ وَاسْتَغْفِرُهُ مَا لِنَّهُ هُ كَانَ تَوَّابًانُ



# سُورَةُ اللَّهَبِ مَلِّيَّةُ ١١١



### **AL-LAHAB**

# (Yakka lubereberye lwa Hijra)

- 1. Ku lw'erinnya lya Allah, Omusaasizi ennyo, Ow'ekisa ekingi.
- 2. Emikono gya Abū Lahabu\* gyombi gizikirire naye *yennyini* azikirire.
- 3. Obugagga bwe tebumugasizza wadde ebyo bye yafuna.
- 4. Mangu nnyo ajja kuyingira mu muliro ogulina ennimi;
  - 5. Ne mukazi we, omwetissi w'enku.
- 6. Nga mu nsingo ye mulimu omuguwa omulange ogw'omunazi.

بِشمِ اللهِ الرَّحْمٰقِ الرَّحِيْمِ () تَبَّتُ يَبَدُّ آ إِنْ لَهَبٍ وَّ تَبَّنُ مَّ آ غَنْ عَنْهُ مَا لُهُ وَمَا كَسَبُ () سَيَصْلُ نَا رًا ذَا تَ لَهَبٍ أَنَّ

> وَّا مُرَاكُنُهُ الْمُمَّالَةُ الْمَطَبِ ۞ ﴿ فِي حِيدِهَا حَبْلُ وَنْ مُسَدِثُ



# سُوَةُ الْإِخْلاصِ مَكِّيَةُ ١١٢



# AL-IKHLĀS


# (Yakka lubereberye lwa Hijra)

- 1. Ku lw'erinnya lya Allah, Omusaasizi ennyo, Ow'ekisa ekingi.
- 2. Gamba nti: Ye Allah ali bwa nnamunigina;
- 3. Allah, Ateetaaga, Eyeetaagwako.
- 4. Tazaala era teyazaalibwa;
- 5. Era teri n'omu amufaanana.
- بِسْمِ اللهِ الرَّهُمُنِ الرَّمِيْمِ () قُلْ هُوَ اللهُ اَحَدُنُ اَللهُ الصَّمَدُثُ لَمْ يَلِدُ الْوَلَمُ يُولَدُنُ

ع وَكَمْ يَكُنْ لَّكَ كُفُوًا آمَدُنُ

<sup>111:2.</sup> Abu Lahabu kitegeeza 'taata w'ennimi z'omuliro'. Kino kyogerwa ku muntu ow'olukaalikaali, ow'olusunguyira ate nga atera n'okunyiiza abalala.





# **AL-FALAO**

# (Yakka luvannyuma lwa Hijra)

- 1. Ku lw'erinnya lya Allah, Omusaasizi ennyo, Ow'ekisa ekingi.
- 2. Gambanti: Nzirukira eri Mukama w'emmambya,
- Okuva eri akabi k'ebyo bye yatonda,
- 4. N'okuva eri akabi k'enzikiza awo nga ebunye wonna,
- 5. N'okuva eri akabi k'abafuuyirira ebifundikiddwa babisumulule,
- 6. N'okuva eri akabi k'owensaalwa awo nga akola ensaalwa.

بِسْمِ اللهِ الرَّحْمٰنِ الرَّحِيْمِ () قُلْ أَعُوْذُ بِرَبِّ الْفَكِقِ أَ مِنْ شَرِّ مَا خَلَقَ اللهِ وَمِنْ شُرِّ غَاسِقِ إِذَا وَقَبُّ وَمِنْ شَرِّ النَّقْتُنِ فِي الْعُقَدِيُ عُ وَمِنْ شَرِّحاً سِدٍ إِذَا حَسَدَثُ





# AL-NĀS

# (Yakka luvannyuma lwa Hijra)

- Ku lw'erinnya lya Allah, Omusaasizi ennyo, Ow'ekisa ekingi.
- 2. Gamba nti: Nzirukira eri Mukama w'abantu.
- 3. Kabaka w'abantu,
- 4. Omusinzibwa w'abantu,
- 5. Okuva eri akabi k'omufukuutirizi afukuutirira mu nkukutu.
- ntu,
  - 7. Okuva mu Majinni ne mu bantu.

بِشهِاللهِ الرَّحْمٰنِ الرَّحِيْمِن قُلْ اَعُوْدُ بِرَبِ النَّاسِ ﴿ مَلِكُ النَّاسِ أَن

المنه التَّأسِ اللَّهُ اللَّهُ

مِنْ شَرِّ الْوَسْوَاسِ الْمَنْكَاسِ مِنْ

6. Oyo afukuutirira mu mitima gy'aba- الكَّذِيْ يُوَسُونُ فِيْ صُدُوْدِ النَّاسِ لُ

ع مِنَ الْجِنَّةِ وَالنَّاسِ ﴾

# DUWA GY'OSOMA NGA OMAZEEKO KUR'ĀNI ENTUKUVU

اَللّٰهُ مَّ ارُحَ مُنِى بِالْقُرُانِ الْعَظِيمِ وَاجُعَلْهُ لِى اِمَامًا وَّنُورًا وَّهُدًى وَّرَحُمَةً اَللّٰهُ مَّ ذَكِّرُنِى مِنْهُ مَا نَسِيتُ وَعَلِّمُنِى مِنْهُ مَاجَهِلْتُ وَارُزُقُنِى تِلاوَتَهُ انَاءَ اللَّيْلِ وَالنَّهَارِ وَاجُعَلُهُ لِى حُجَّةً يَّا رَبَّ الْعَالَمِيْنَ

Ayi Allah Omulezi wange, nkusaba onsaasire ku lwa Kur'āni Ey'ekitiibwa era ogifuule mukulembeze wange era ebeere kitangaala gyendi era onnung'amyenga na yo era ondagenga ekisa ku lwa yo. Ayi Allah Omulezi wange, nkusaba onzijukizenga ebyo bye nnaabanga neerabidde mu yo era onjigirizenga ebyo bye nnaabanga simanyi mu yo era ompe ekyengera ky'okugisomanga mu biseera by'ekiro n'emisana. Ayi Allah Omulezi w'ebitonde byonna, era nkusaba ogifuule bujulizi obulinnunula. Āmiin.

# AMAKULU G'EBIMU KU BIGAMBO BY'OLUWARABU

Abū Lahab: Elinnya lye lyennyini lyali 'Abdul-'Uzza era yali kojja wa Mutume (s.a.w).

Al-Jūdī: Lwe lumu ku nsozi ezaawula amaserengeta ga Armenia okuva ku Mesopotamia (Iraq) n'ekitundu kya Assyria (Syria) omubeera aba Kurdi ekyaviirako n'olusozi olubaliraanye okuyitibwa Cardu oba Gardu, oluvannyuma Abayonaani lwe baakyuusaamu ne baluyita Gardyaei. Ebisigalira by'ekyombo kya Nūhu (a.s) byalabibwanga ku nsozi z'e Gardyaei. Kigambibwa nti Ssekabaka Heraclius bwe yali ava mu kibuga ky'e Thamanin yalinnya ku nsozi zino okulaba ekifo ky'ekyombo. Waliwo n'ekiseera ku nsozi zino we kwabeererako ekijjukizo ekyayitibwanga Monastery of The Ark.

Allah: Ly'erinnya Iya Katonda ettongole.

Al-Swafa wal Marwa: Buno bwe busozi obubiri obuliraanye Ka'bah mu kibuga Makka. Ebyaafaayo bya Buwarabu n'Obusiraamu bikwataganya obusozi buno n'ebyafaayo bya Hājarah nnyina wa Isimaili. Ibrāhimu (a.s) yabaleka mu ddungu okumpi n'obusozi buno. Bwafuuka kijjukizo ky'ekyafaayo kya Hājarah bwe yadduka emirundi omusanvu wakati wa bwo nga anoonyeza omwaana Isimaili amazzi. Okuddukira wakati w'obusozi buno bwombi mpagi nkulu nnyo mu mikolo gya Hijja.

'Arafāt: Ekibangirizi oba ekiwonvu ekiri okumpi n'e Makka abalamazi mwe bakolera emikolo mu kitundu ky'olunaku eky'okubiri nga 9 Dhul-Hijja. Ekifo kino kiri mailo mwenda okuva e Makka. Abalamazi okubeera mu kibangirizi kino nga 9 Dhul-Hijja y'emu ku mpagi za Hijja ezisinga obukulu.

Badr: Kitegeeza omwezi omujjuvu (full moon), naye nga linnya lya kifo ekiri wakati wa Makka ne Madina. Olutalo olwasooka wakati w'Abasiraamu n'Aba Quraishi b'e Makka we lwaali. Mu lutalo luno amaanyi g'Aba Quraish gaasalika nnyo.

Bahira: Ly'erinnya abasamize lye baayitanga eng'amira enkazi (awalala kigambibwa nti lyali lya ndiga oba embuzi enkazi). Baagitanga n'erya butaala oluvannyuma lw'okulyebula amatu ga yo, nga ke kabonero akalaga nti eweereddwayo eri omu ku ba lubaale baabwe. Ensolo eno teyakamwanga era teyebagalwanga.

**Ba'l:** Lyali linnya ly'omu ku ba lubaale b'Abawarabu abasamize; ob'olyawo y'eyali katondanjuba

Bacca: Linnya lya kiwonvu kya Makka. Abamanyi abamu bagamba nti 'Bacca' ne Makka by'ebimu, era nti 'ba' y'eyakyuusibwa n'efuuka 'ma' mu kigambo 'Makka'.

Dhūl-Nūn oba Swāhibul-Hūt: Ye Nabbi Yūnus (a.s).

Dhul-Qarnain: Dhu'l-Qarnain ayogerwako mu Kur'ani ye Ssekabaka w'obwakabaka bwa Medo-Persia eyasookera ddala amanyiddwa nga Ssekabaka Cyrus. Buno bwe bwakabaka obwatuukiriza ekirooto kya Danieri eky'amayembe g'endiga abiri. (Danieri 8:4,20,21)

Hajj: Okulamaga olugendo lw'e Makka.

Hām oba Hāmi: Lyali linnya lya ng'amira Abawarabu abasamize gye baatwaalanga nga ey'omuzizo okugyebagala wadde okutikka obuzito. Teyakozesebwanga mu mulimu gwonna era teyasalibwangako byooya era nga erya butaala.

**Hunain:** Ky'ekifo awaali olutalo olw'amaanyi ennyo wakati wa Mutume (s.a.w) n'amawanga agamu ag'Abawarabu mu mwaka 8 .A.H . Ekifo kino kiri mailo 15 okuva e Makka mu maserengeta.

Iblis: Ky'ekitonde ekiba nga mu butonde bwa kyo mulimu ebirungi bitono nnyo ate nga ebitasaana n'ebyekivve byo bingi ddala. Era obujeemu bwa kyo bukiviiramu okuggwebwamu essuubi ku kusaasira kwa Allah, bwe kityo nekifaafaaganirwa. Ibilis kiyinza n'okutegeeza omwoyo ogwekubira ennyo eri ebibi n'ebitasaana, ate nga gwewala nnyo ebirungi n'ebisaana.

*Idris*: Ye Enoch mu Baibuli.

Jālūt: Ye Goliath mu Baibuli (1.Sam.17:4). Elinnya lino liwa amakulu g'okudduka, okufufuggaza emyoyo emibi; oba 'omukulembeze' oba 'nnamige'.

Jinn: Mu Kur'āni Entukuvu ekigambo kino kikozesebwa kuwa makulu gano:

(a) Abantu ababi abasendasenda emitima gy'abantu okukola ebibi nga babapikiriza.

- (b) Abasinzibwa abagunjirire abantu abatakkiririza mu Allah be baafuula abasinzibwa mu kifo kya Allah.
- (c) Abatuuze b'omu nsozi z'omu mambuka ga Bulaaya abaatwaalibwanga ng'abatali bantu ba bulijjo olw'obweru n'obumyuufu bwabwe. Abantu bano baali beesudde nnyo ku bantu abalala era baali bakyaali mabega nnyo mu by'obugunjufu ku bantu b'omu Asia, naye ate nga oluvannyuma be baali bagenda okukulaakulana ennyo mu by'ensi bakulembere n'eggye elyaali ligenda okulwanyisa eddiini.
- (d) Abantu abagwiira, nga bagundiivu, nga n'enzikiriza yaabwe ya njawulo.
- (e) Abantu eb'emirembe egy'edda ennyo nga omuntu akyasula mu mpuku, nga tannagunjuka mu mpisa n'amateeka g'eddiini, era nga atambulira ku bwetaavu bwa butonde bwe.
- (f) Abantu abakukunavu abateetaba mu bantu ba bulijjo era nga tebalabikalabika.
- (g) Abatuuze b'omu nsozi, mu biwonvu ne mu ddungu (kubanga ebiseera ebisinga, babeera mu bifo ebyesudde ku bifo abantu abalala mwe babeera).

*Ka'bah*: Ennyumba ey'emizizo eri e Makka Abasiraamu gye boolekeza obwanga nga basaala. *Manna*: Kitegeeza:

- (i) Kisa.
- (ii) Ekintu kyonna ekifunibwa awatali kutakabana.
- (iii) Omubisi gw'enjuki oba kalenge.

Mash'arul-Ḥarām: Ke kasozi akatono akasangibwa ku mailo mukaaga okuva e Makka, mu Muzdalifah ekiri wakati wa Makka ne 'Arafāt. Wano abalamazi basulawo bwe baba bava mu 'Arafāt mu kawungeezi k'ennaku z'omwezi nga 9 Zul-Hijja.

Qibla: Kitegeeza oludda Abakkiriza gye boolekeza obwanga nga basaala, i.e. Ka'bah esangibwa e Makka.

Quraish:Limu ku mawanga g'Abawarabu Mutume (s.a.w) mwe yali ava.

**Rā 'inā:** Kitegeeza 'Tutunuulire'. Naye singa enjogera ya kyo ekyuusibwamu katono, olwo ekigambo ekyo kitegeeza omuntu omusiru oba ow'emputtu eyeeragaalaga.

Sa'ibah: Eng'amira eno Abawarabu abasamize baagitanga oluvannyuma lw'okugiwaayo nga saddaaka eri balubaale baabwe era yalyanga butaala. Kino kyakolebwanga eng'amira bwe yazaalanga ennyana kkumi, olwo yateebwanga n'erya butaala, nga teyebagalwa ate nga tekamwa; okuggyako okuyonsa abaana ba yo.

Sal-wā: Kika kya kinyonyi ekyeru ekyefaananyirizaako ennyange ekisangibwa mu bitundu ebimu ebya Buwarabu n'ensi eziriraanyewo. Ekigambo kino kirimu amakulu gano:

(i) Ekintu kyonna ekireetera omuntu essanyu.

(ii) Omubisi gw'enjuki.

Shahr-ul- Ramadhan: Omwezi gw'okusiiba mu Busiraamu.

Tālūt: Ye Saulo mu Baibuli (1 Sam. 10:23)

**Tuwā:** Ly'erinnya ly'ekiwonvu Allah we yeeyolekera Mūsa (a.s) omulundi ogwasooka.

'Umra: Kwe kulamaga okufunze okutazingiramu mikolo egimu egibeera mu kulamaga okujjuvu (Hijja).

Undhurnā: Ekigambo kino kitegeeza nti 'tufeeko' (have regard for us).

Wādī-al-Naml: Ly'erinnya ly'ekiwonvu ekisangibwa wakati wa Jibrun ne Asqalaan. Namlah linnya lya ggwanga.

Waṣilah: Eng'amira enkazi eyateebwanga Abawarabu mu linnya lya katonda waabwe n'erya butaala. Oluvannyuma lw'okuzaala ennyana musanvu ez'omuddiring'anwa, singa ku luzaalo olw'omusanvu yazaalanga nnongo akalume n'akayana, ezo zombiriri nazo zaateebwanga ne zirya butaala.

**Zaid:** Yali muddu, Mutume (s.a.w) n'amuwa eddembe lye. Yawasa Zainab – muwala wa senga wa Mutume (s.a.w), naye oluvannyuma yamuwa talaka ne baawukana.

Zakāt: Kitegeeza kuyingiwaza na kutukuza. Kiwa amakulu g'okutoola mu by'obugagga okwalaalikibwa ku bakkiriza.

**Zaqqūm:** Muti ogw'obukoola obutono obwekulungirivu obutaliiko maggwa. Amasanda ga gwo gawunya bubi ate gakaawa nnyo. Gwefaananyirizaako omukuukuulu. Ekigambo kino kiyinza okutegeeza ekika ky'emmere yonna ey'akabi.

# ENDAGIRIRO YA ĀYA ZA KUR'ĀNI

# ABAKKIRIZA (MU'MINŪN)

Agamu ku matendo gaabwe 23:2-10.

### AB'EKITABO

Nabbi(s.a.w) ye yekka asobola okubaddaabulula. 5:16,20.

Abayudaaya n'Abakulisitaayo basaba olw'okulemesa. 4:154, 172.

- bakoowoolwa okutongoza obwa nnamunigina bwa Allah. 3:65.
- balikkiriza nti Yesu teyafiira ku musaalaba. 4:160.

# ABŪ LAHAB

— ne mukyala we. 111:2-6.

#### ĀDAM

— ye Nabbi eyasooka. 2:31.

Malayika zeewuunya nnyo Ādam okufuulibwa Khalifa; 2:31.

— yayigirizibwa amannya g'ebintu n'amatendo ga Allah. 2:32.

Malayika zaalagirwa okumuweereza. 2:35; 7:12; 15:30;17:62;18:51;20:117,118.

- yalagirwa okwewala Shajarah (omuti). 2:36;7:20.
- yeetungirirako amakoola (yalongoosa n'ebirungi). 7:23.

teyasobya mu bugenderevu. 20:116.

Allah yamutonda n<sup>7</sup>emikono gye (i.e.yamuwa ekikula n'obusobozi obw'obutonde n'obwomwoyo). 38:76.

- yagunjulwa mu by'obulamu. 20:119-120.
- yali mu lusuku. 2:36.
- yalagirwa asenguke. 2:37,39.
- yatondebwa mu budongo. 3:60.
- yalina abaana babiri. 5:28.

#### AHLUL-BAIT

- nga kitegeeza ab'enju ya Ibrāhimu n'abagoberezi be. 11:74.
- nga kitegeeza ab'enju ya Nabbi Omutukuvu n'abagoberezi be. 3:122; 33:34.

#### AL-A'RĀF

Aba Al-A'rāf be bakkiriza abatuufu; 7:47. *ALLAH* 

Okubaawo kwe. 2:56;42:12;57:4.

Obwa nnamunigina bwe. 2:164;4:172;5:74;6:20; 9:31; 13:17;14:49;16:23;22:35;37:5;112:2.

Ye Katonda yekka. 2:117; 2:164; 2:256; 3:3; 3:19.

— ky'ekitangaala ky'eggulu n'ensi. 24:36. Tewali ali nga Ye. 42:12; 112:5.

— Ali wonna. 6:4;43:85.

Amaaso g'omuntu tegamulaba 6:104.

— alung'amya abaweereza be gy'ali. 29:70. Okunyiikira okumunoonya kyetaagisa. 84:7. Buli kimu kimwetaaga. 112:3.

— amanyi buli kimu. 2:256; 10:62.

— ali kumpi nnyo n'omuntu okusinga obulamu bwe. 50:17.

— Yekka y'amanyi ebitamanyiddwa byonna. 27:66;39:47;49:19;59:23;62:9;72:27.

amanyi eby'olwatu n'ebyenkiso. 3:30.

—asobola okutuukiriza ekyo ky'ayagala mu bujjuvu. 2:21;3:48;19:36;65:4.

— alonda ababaka okuva mu bantu ne malayika. 22:76.

Ye n'ababaka be bulijjo be bawangula. 58:22.

- asindika ba malayika okugumya abakkiriza abesimbu.41:31-32.
- talina bamwenkana. 2:23;6:164;17:112;25:3; 42:12.
- talina bunafu. 2:33.
- tazaala. 2:117; 4:172; 6:101; 18:5-6.
- teyawasa era tazaala. 6:102; 72:4.
- tazaala era teyazaalibwa. 112:4
- talina gwe yegatta naye mu kulamula kwe. 9:31:18:27.
- ali waggulu w'ebyo bye bamwenkanya na byo. 6:101;17:44;39:68.
- teyebaka era tasumagira. 2:256.
- bye yatonda tebimukooya. 2:256;50:39.
- teyerabira era tawubwa 19:65; 20:53.
- takotoggera era tayiikiriza. 3:183;9:70;10:45.
- y'Asooka, y'Asembayo, ye w'olwatu era ye mwekusifu. 57:4.
- talagira kukola bibi. 7:29;16:91.
- taliisibwa era talabirirwa. 6:15;51:58;20:133.
- tabonereza nga talabudde. 17:16;26:209;28:60.

Buli kimu kimugondera. 3:84;13:16;41:12.

Enkola ye tekyuuka. 33:63;35:44;48:24.

- amanyi eby'emabega n'ebyomu maaso. 2:256; 20:111;21:29.
- toggweebwaamu ssuubi ku kusaasira kwa Allah. 12:88;15:57; 39:54.
- yekka y'awa obulamu. 2:29;3:157;7:159;9:116; 10:57; 15:24; 36:13,79;40:69;44:9;45:27;50:44.
- akola nga bw'aba ayagadde. 22:15; 22:19; 85:17.

- muwanguzi ku nsonga ye 12:22.
- amanyi buli kasirikitu. 31:17.
- ayingiwaliza abo abatoola mu kkubo lye. 2:262,266;30:40.
- ayamba abakkiriza. 30:48; 40:52.

Nnamulondo ye eri ku mazzi. 11:8.

Amupaatiikako eby'obulimba taganyulwa. 6:22; 10:18:11:19:61:8.

— alibonereza abannanfuusi olw'okuguyaaguya kwabwe. 2:16;9:79;21:42.

Obutonde bw'omuntu bukakasa okubaawo kwa Allah. 7:173,174;30:31.

- ye mutonzi w'eggulu n'ensi. 2:165; 14:33,34; 29:62; 45:5; 50:7-12; 67:4,5.
- ayanukula okusaba kw'abaddu be. 2:187;27:63. Enkomerero y'abalimbisa obubaka bwe eba mbi. 3:138;6:121;12;110;27:70.
- agabirira buli kimu. 11:7; 29:61.

Eri Allah y'eri obutebenkevu bw'ebirowoozo. 43:37;57:17;72:18;89:28-30.

Amatendo gonna amalungi gage 7:181; 59:23-25. Amatendo ge makula. 7:181; 59:25.

# ALLAH, OKUMWENKANYA N'EBIRALA (AL-SHIRK BILLAH)

—ky'ekibi ekisingayo obunene. 4:49,117;5:73; 18:111;22:27,32;29:9;31:14,16;39:66.

Tebalina bukakafu kw'ebyo bye benkanya ne Allah. 23:118; 30:36; 41:48.

— Kwaziyizibwa. 4:49; 22:32.

Allah tasonyiwa kumwenkanya na kirala kyonna. 4:49;4:117.

Togondera bazadde mu by'okwenkanya Allah n'ebirala. 29:9;31:16.

Singa waaliwo bakatonda abalala ebbali wa Allah, ebiriwo byonna byandifaafaaganye. 21:23; 23:92.

Abenkanya Allah n'ebirala babuze. 39:4.

Ekitonde okukifuula Katonda kibi nnyo. 12:41; 4:49;31:14.

Okufaananyiriza ekirala ku Allah tekikkirizibwa.42:12;112:5.

Okusabira abenkanya Allah n'ebirala okusonyiyibwa tekikkirizibwa. 9:113.

Ensonga lwaaki okwenkanya Allah n'ebirala tekusaana. 27:60-66.

Abatwala abalala ebbali wa Allah balowooza nti y'ensibuko y'amaanyi gaabwe. 19:82.

Obuyenjebufu bw'abo abatwala abalala ebbali wa Allah. 21:24,25.

Okuwakanya okwenkanya ebirala ne Allah. 10:69; 13:34; 16:53; 17:43,44.

Abasinzibwa ebbali wa Allah tebatonda wabula nabo baatondebwa butondebwa. 16:21.

Abasinzibwa ebbali wa Allah bafu, si balamu. 16:22.

Obutonde bw'omuntu bulaga nti Allah ye yekka, tewali musinzibwa mulala. 16:54.

# ALLAH, AMATENDO GE

Ye Mufeebya (Al-Mudhillu). 2:27.

Ategeera byonna (Al-Khabir).4:36; 22:64; 64:9; 66:4; 67:15.

Awulira byonna (Al-samī') 4:59; 22:62; 24:61; 40:21.

Amanyi byonna (Al-'alīm). 4:36,71; 22:60; 34:27; 59:23; 64:12.

Alaba byonna.(Al-Baswir). 4:59; 22:76; 40:21,57; 60:4.

Ayanukula okusaba (Al-Mujib) 11:62 Asiima ennyo (Al-Shākir). 35:35.

Musitufu mu madaala (Rafii-'ud-darajāt).40:16. Nannyini kwesasuza(Al-Muntaqim).39:38.

Ye Mulungi (Al-Barru). 52:29.

Ateetaaga, Eyeetaagwako; (Al-Swamad) 112:3 Lugaba (Al-Wahhāb). 3:9;38:10;38:36.

Awa ebyengera (Al-Mun'im). 1:7; 3:104; 4:70; 5:4; 21,24; 16:19; 35:4.

Y'awa ekitiibwa (Al-Mu'izz). 3:27.

Y'awa emirembe (Al-Mu'min). 59:24.

Nannyini kugaba mu bungi (Dhut-Twauli). 40:4. Y'agaziya (Wāsi'u). 4:131; 24:33.

Wa kisa nnyo (Al-Rauf). 3:31; 24:21.

Omutonzi (Al-Khāliq). 4:2; 6:103; 13:17; 15:29; 49:14; 59:25.

Y'asinga abatonzi bonna (Ahsanul-Khaaliqiin). 23:15.

Y'afiisa (Al-Mumit) 40:69; 50:44; 57:3.

Y'awa obutegeevu (Al-Rashid). 18:11,25.

Ye Muyima Ömulungi (Al-Wakil). 3:174; 4:82; 4:133; 6:103; 11:13; 12:67; 73:10.

Musanguzi w'ebibi (Al-'Afuwwu). 4:44; 4:100; 4:150; 22:61; 58:3.

Y'ayanjuluza ebigabibwa (Al-Bāsit). 2:246; 13:27; 17:31; 28:83; 29:63; 30:38; 34:37,40; 39:53; 42:13. Mugulumivu (Al-Mutakabbir). 59:24.

Asitula mu madaala (Al-Rāfi 'u).2:254;3:56; 4:159; 6:84,166;12:77;19:58;40:16;43:33;58:12; 94:5.

Y'awa enfaanana (Al-Muswawwir). 3:7; 7:12; 40:65;59:25;64:4;82:9.

Ye w'Olubereberye (Al-Awwal). 57:4.

Y'alumirwa ennyo abaddu be (Al-Ḥaliim). 2:226,236,264;3:156;4:13;5:102;9:114;11:76,88;

17:45;22:60;33:52;35:42;64:18.

Ye Ssabasonyiyi (Al-Ghaffaar).20:83;38:67; 39:6; 40:43; 71:11.

Ye Musonyiyi w'ebibi (Ghāfir ud-Dhanbi) 40:4 Ye Nannyini kusonyiwa okugazi; (Wāsi'ul-Maghfirah) 53:33.

Musonyiyi; (Ghafūr) 2:174; 2:226; 3:32; 4:26; 5:4; 6:55; 7:154; 8:70; 9:5; 12:54;

Ye Musonyiyi ennyo; (Al-Ghafūr) 10:108; 12:99; 28:17; 34:3; 39:54; 46:9; 67:3.

Ye Mukuumi; (Al-Waliyyu). 4:46; 4:174; 6:15; 9:116; 13:38; 29:23; 42:9,29,32,45.

Ye W'omukwano (Al-Waliyyu). 2:258; 3:69; 4:76,90,120,124; 45:20.

Ye Mukung'aanya; (Al-Jāmi') 3:10; 4:141; 34:27. Ye Nannyini kitiibwa; (Al-Majīd) 85:16.

Musaasizi nnyo; (Al-Rahmān)1:1;36:12,16,53;

41:3; 43:18; 55:2; 67:4; 78:39. Ye Musukkirivu ennyo (Al-'Adhim) 2:256; 42:5; 56:97; 69:34,53.

Ye Munene ennyo; Omukulu ennyo; (Al-Kabir); 13:10; 22:63; 31:31; 34:24; 40:13.

Ye Mulabirizi; Mukuumi (Al-Hafidh) 11:58; 42:7.

Ye Mulabirizi; (Muyima) (Al-Wakiil) 3:174; 4:172; 4:82; 6:103; 11:13; 17:66; 28:29; 73:10. Ye Mulung'amya; (Al-Hādi) 22:55; 25:32.

Y'awonya; (Al-Shāfi) 9:14; 26:81.

Ye Muyambi; (Al-Nāswir) 4:46; 9:116; 22:79; 25:32;30:48; 61:14; 110:2; 3:14; 8:63;

Ye w'Enkiso; (Al-Batwin). 57:4.

Wa waggulu; (Al-'Aliyyu) 2:256; 4:35; 22:63; 31:31; 34:24; 40:13; 42:5,52.

Mugulumivu; wa waggulu; (Al-Muta'āli); 13:10; Ye Mutukuvu; (Al-Quddūs) 59:24; 62:2.

Mwekusifu; wa kisa; (Al-Latwif) 6:104; 12:101; 22:64; 31:17; 42:20; 67:15; 33:35.

Ye Musanguzi w'ebibi; (Al-'Afuwwu). 4:44,100,150; 22:61; 58:3;

Ye Musika, Ye w'Okusigalawo (Al-Wārith). 15:24; 21:90; 28:59.

Ye Ssabalamuzi (Al-Fattāhu) 7:90;26:119;34:27. Ye y'Asinga abalamuzi (Khairul-Hākimīn) 7:88; 10:110; 11:46; 12:81; 95:9.

Ye Mugezi ennyo (Al-Hakim) 2:33; 3:63; 4:27; 5:39; 6:74; 8:50;

Ye Kabaka w'abantu (Malik-al-Nās) 20:115; 23:117; 59:24; 62:2; 114:3.

Ye Mumanyi w'ebitalabika n'ebirabika ('Alimul-

Ghaibi wa al-shahāda) 6:74; 9:94,105; 13:9; 23:93; 32:7;34:4; 35:39; 39:47; 59:23; 62:9; 64:19; 72:27. Ye w'Oluvannyuma (Al-Ākhiru) 57:4.

Y'awa obulamu (Al-Muhyi) 2:74,259; 3:157; 7:159; 9:116; 10:57; 22:7,67; 30:20,41; 36:80; 40:69; 46:34; 75:41.

Ye Butangaavu (Al-Nūr) 24:36.

Ye Mulamu (Al-Hayyu) 2:256; 3:3; 20:112; 25: 59; 40:66.

Ye Mukama, Omulezi w'ebitonde byonna (Al-Rabbu). 1:2; 6:165; 13:17; 20:71; 21:23; 28:87; 26:29; 55:18; 114:2.

Ye Nannyini madaala aga waggulu (Dhul-Ma'arij) 70:4.

Ye Nannyini kitiibwa, Agulumizibwa (Al-Majid) 11:74; 85:16.

Ye w'Entiisa (Dhul-Jālal) 55:28,79.

Ye Mufuzi w'Obwakabaka (Malik al-Mulk) 3:27.

Ye Nannyini Nnamulondo (Dhul-'Arsh). 17:43; 40:16; 85:16.

Ye Nannyini kwesasuza, Nannyini kubonereza (Dhul-Intiqaam). 3:5; 5:96; 14:48; 39:38.

Ye Mwagazi w'abaddu be (Al-Wadūd) 19:97; 85:15.

Ye Mutandisi wa buli kimu (Al-Bāriu).2:118; 6:102;10:5;29:21.

Ye w'Amazima agategeerekeka (Al-Haqqul-Mubin). 24:26.

Ye w'Olwaatu (Al-Dhwāhir) 57:4.

Ye Mukama w'Olunaku lw'Okulamulirwako. (Malik Yaumid-Din) 1:4.

Si Mulungi Ggero (Ni'mal-Maula) 8:41; 22:79. Ye W'ekisa ekingi (Al-Rahim) 1:3; 3:130; 4:26; 5:40; 6:146;

Ye Luwangula (Al-'Aziz) 2:210; 3:7,63; 4:57; 5:96; 6:97; 59:24.

Y'ali okumpi ennyo (Al-Qarib) 2:187; 11:62; 34:51.

Mugabi nnyo, wa kitiibwa (Al-Karim) 27:41; 82:7.

Y'addiramu abaweereza be (Al-Tawwāb) 2:38,55,129,161; 4:17,65; 9:104, 118; 24:11; 49:13.

Ye w'Obuyinza (Al-Muqtadir) 18:46; 54:43,56. Ali Omu yekka (Al-Wāḥid) 2:164; 4:172; 5:74; 6:20; 12:40; 13:17; 14:49; 16:23; 21:109; 22:35; 29:47; 37:5; 41:7.

Ye Ssabalamuzi, Ssabawanguzi, Yaggulawo emilyango gy'ebyengera (Al-Fattāh) 5:53; 6:45,60; 7:90,97; 8:20; 26:119; 34:27; 35:3; 48:2.

Ye Mutandisi w'Okutonda (Al-Badī'u) 2:118; 6:102; 30:28; 85:14.

Y'awa emirembe (Al-Salām) 59:24.

Y'ayinza byonna (Al-Qadir) 2:21,107; 3:30; 5:18; 6:18; 8:42; 16:78; 22:40; 29:21;41:40; 42:30; 59:7; 67:2.

Ye w'Amaanyi (Al-Qawiyyu) 8:53; 11:67; 22:41,75; 33:26; 40:23; 42:20; 57:26; 58:22. Y'atenderezebwa (Al-Hamid) 4:132; 11:74; 14:2, 9; 22:65; 31:13, 27; 34:7; 35:16; 41:43; 42:29;

57:25; 64:7; 85:9. Ye Nannyini busobozi ku buli kimu (Al-Muqit)

Ye Mukuumi (Al-Muhaimin) 59:24.

4:86.

Y'asinga abagabi bonna (Khairur-Rāziqīn) 5:115; 22:59; 23:73; 34:40; 62:12.

Ye Mukakali mu kubonereza (Shadidul-'Iqāb) 2:197,212; 3:12; 5:3,99; 8:14,26,49,53; 13:7; 40:4,23; 59:5,8.

Ye Mubalirizi (Al-Hāsib) 4:7,87; 6:63; 13:41; 21:48.

Mwangu nnyo mu kubala (Sarī 'ul-Hisāb) 2:203; 3:200; 13:42; 14:52; 24:40; 40:18.

Y'adda mu kutonda (Al-Mu'ēd) 10:5,35; 17:52,70; 20:22,56; 21:105; 27:65; 29:20; 30:12,28; 71:19; 85:14.

Y'akkiriza okwenenya (Qābilut-Taubi) 2:128; 5:28; 14:41; 40:4; 46:17.

Y'eyeebeezaawo yekka, y'Abeezaawo buli kimu (Al-Qayyūm). 2:256; 3:3; 20:112.

Y'eyemala (Al-Ghaniyyu) 2:264,268; 3:98; 6:134; 10:69; 14:9; 22:65; 27:41; 29:7; 31:13; 35:16; 60:7.

Ye Kabaka (Al-Malik) 20:115; 23:117; 59:24; 62:2; 114:3.

Ye Mugumu, Atanyeenyezebwa (Al-Matin) 51:59. Ye Muddaabiriza (Al-Jabbar). 59:24.

Y'amalira ddala (Al-Kafi)2:138;4:7;33:26; 39:37.

Ye Mukasi (Al-Qahhār) 12:40; 38:66; 39:5.

Ye Lugaba (Al-Razzaq) 22:59; 51:59; 62:12.

Ye w'Amazima (Al-Haqq) 10:33; 20:115.

Ali bwannamunigina (Al-Ahād) 112:2. Ye Mulabirizi (Al-Raqib) 4:2; 5:118;33:53.

Ye Mugezi ennyo (Al-Hakim) 2:33; 3:7; 4:27;

5:119; 6:129; 9:97; 11:2; 12:101; 15:26; 16:61.

Ye Mujulizi (Al-Shahid) 3:99; 4:80,167; 5:118; 6:20;10:30,47;13:44; 22:18; 34:48; 41:54; 85:10.

# OBWENKANYA BWA ALLAH

(i) Allah ayagala obwenkanya 2:283; 3:19; 4:128,136; 5:9; 6:153; 7:30; 10:5,48,55; 17:36; 21:48; 26:183; 55:10; 57:26.

(ii) Allah ayagala abenkanya. 2:283; 5:43; 11:86; 49:10; 60:9.

# (iii) EBYENGERA BYA ALLAH

- tebibalika. 14:35, 16:19.

— wa kisa nnyo eri abantu. 27:74.

# (iv) WA MUKWANO

Ayagala abawulize. 45:20.

eri Abakkiriza. 2:258.

Nga ow'omukwano amala. 4:46.

# (v) OKUGULUMIZA N'OKUTENDEREZA ALLAH

Buli kimu kimutendereza. 17:45; 24:42; 59:2; 62:2.

Alagira okumutendereza. 33:43; 40:56; 87:2. Mumutendereze:

- ku makya n'eggulo. 50:40,41; 76:26,27.
- emmunyenye wezigwiira. 52:50.
- ekitundu ky'ekiro ekisinga obuwanvu. 76:27. Malayika zimutendereza. 2:31; 40:8;.

Laddu emutendereza 13:14.

Ennyonyi (i.e abantu abatuukirivu) n'ensozi (i.e abantu ab'ebitiibwa) nabo bamutendereza. 38:19,20.

Ensozi n'ebinyonyi (i.e abantu ab'ebitiibwa n'abatuukirivu) baamutendereza awamu ne Dāūd. 21:80; 34:11.

#### (vi) OKUMANYA KWA ALLAH

kwabuna eggulu n'ensi. 2:256.

Amanyi ebipikiriza omwoyo gw'omuntu. 50:17. Y'alina okumanya kw'Essawa n'ebiri mu mbuto. 41:48.

Amanyi ebyaama n'ebikukuliddwa. 20:8.

Amanyi bye mukisa ne bye mwoleka. 6:4.

Buli kakoola akagwa akamanyi. 6:60.

Amanyi ebifa mu buli kafubo. 58:8.

# (vii) OKWAGALA KWA ALLAH

— kufunyisa emikisa. 27:9.

Allah ayagala nnyo:

- abamwesiga. 3:160.
- abadding'ana gy'ali. 2:223.
- abagumiikiriza. 3:147.
- abeekuumi. 3:77; 9:4,7.
- abenkanya. 5:43.
- abakola obulungi. 2:196; 3:135,149.
- abatakabana ku lulwe. 29:70.

### (viii). OKUSISINKANA ALLAH

Abagaana Allah baba bekuluntaze. 16:23; 25:22. Ebya Allah bimala mu muntu omululu gw'ebyensi. 26:46-52.

### (ix) OKUSAASIRA KWA ALLAH

Aboonoonyi baleme kuggwebwamu ssuubi. 39:54.

- kwabuna wonna. 6:148; 7:157; 40:8.
- tekuliiko kkomo. 6:148; 40:8

Yekakasaako obusaasizi. 6:13,55.

Toggwebwamu ssuubi ku kusaasira kwe. 12:88; 39:54.

Yabatonda alyooke abalage okusaasisira. 11:120. Asaasira abamusaba okusonyiyibwa. 4:111.

# (x) OKUJJUKIRA ALLAH

Kuleeta obutebenkevu mu mitima. 13:29 Kwongera obuvumu n'obukkiriza. 8:46.

Kuleeta okuganyulwa. 62:11.

# (xi) OKWEYOLEKA KWA ALLAH ERI ABANTU

Ayita mu baddu be abalondemu. 4:164-166. Yeyoleka eri buli ggwanga ng'ayita mu Babaka. 10:48.

Buli bantu baatumwamu Omubaka. 35:25 Yeyolekera mu kubikkulirwa okutali kumu. 42:52,53.

Oluusi n'abatakkiriza abalaga ebirooto ebituufu. 12:37,44.

# (xii) OKUSABA ALLAH OKUSONYIYIBWA

Kuleeta ebyengera,kwongera amaanyi.11:53; 71:11-13.

Kusikiriza ekisa kya Allah. 4:65.

Kukingiriza ekibonerezo kya Allah. 8:34.

# (xiii) OBUBONERO BWA ALLAH

— kitegeeza biragiro bye. 2:242.

Wewale abajerega obubonero bwa Allah. 4:141. (xiv) OKUTOOLA MU KKUBO LYA ALLAH

—tteeka. 2:4,196,255,262,263,268,275; 3:135; 8:4; 9:35,54; 22:36; 25:68; 28:55; 32:17; 35:30; 42:39; 57:8; 63:11; 64:17.

Mutoole ebisinga obulungi. 2:268; 3:93.

Emigaso egiri mu kutoola. 2:246,262; 5:13; 57:12,19; 64:18; 73:21.

Abatoola olubereberye lw'obuwanguzi basinga ab'oluvannyuma. 57:11.

Toola naye tokomereza. 2:263,265.

Abatoola, Allah abayingiwaliza. 2:246,262.

Abasaana okuyambibwa. 2:274; 9:60.

Abatoola ba kuganyulwa. 2:4-6.

Okutoola tekukendeeza mmaali. 2:273.

# ANSWĀR.(ABAYAMBI B'ABASENGUSE)

Allah yabasanyukira. 9:100.

Allah yabaddiramu. 9:117.

# ASABA OBUYAMBI N'ATASABA

— okubalabirira buvunaanyibwa bwa bakkiriza. 2:178; 51:20; 70:25-26; 93:11.

Allah anyiigira nnyo abo abataliisa bankuseere. 107:2-4.

# AYYŪBU, NABBI

- ayogerwako mu Kur'āni. 4:164; 6:85; 21:84,85; 38:42-45.
- yabonyabonyezebwa abalabe be. 21:84; 38:42.
- yalagirwa okusenguka 38:43.
- yasisinkana abomu maka ge oluvannyuma lw'okusenguka. 21:85; 38:44.

# BA KKONDO N'ABABBI

Ekibonerezo kyabwe. 5:34,39.

# BA SWAḤĀBA BA MUTUME

Abasenguse n'Abayambi n'okutakabana kwabwe mu kkubo lya Allah. 9:117.

Omukwano Abayambi gwe baalina eri Abasenguse. 59:10.

Omukwano ogwaliwo wakati wa ba Swahāba. 48:30.

Allah yasiima Abasenguse n'Abayambi. 9:100. Allah yasiima abakkiriza awo nga bawera eri Mutume. 48:19.

Omutindo gwa ba Swahaba. 9:117; 24:38, 39; 26:220; 77:2-6; 79:2-6.

—baalumirwanga nnyo abalala. 59:10.

Tobuusa ba Swahāba maaso 18:29.

Nabbi yasaba okuweebwa abayambi (ba Swahāba). 17:81.

— baatakabanira Obusiraamu. 37:2-4; 79:2-6; 100:2-6.

— bajjumbiranga nnyo Swala. 26:220.

# BAANA BA ISIRAIRI(BANĪ-ISRĀĪL)

Isirairi ly'elyali elinnya lya Yakobo. 3:94; 19:59. — baasukkuluma ku mawanga amalala mu kiseera ekyo. 2:48,123; 7:141.

Ebyengera bya Allah bye yabawa. 2:41,48,123; 5:21; 14:7.

Ebibonyobonyo bya Farāwo ku bo. 2:50; 7:142; 5:21.

Mūsa yatumwa Allah abanunule.7:105,106; 20:48; 26:18.

Mūsa yasaba Farāwo abawe eddembe lyabwe. 7:106; 20:48; 26:18.

Obukwakkulizo bwa Farawo n'okwefuula kwe. 7:135,136; 43:50,51.

Mūsa yalagirwa Allah abatwale. 20:78; 26:53; 44:24.

— baasomoka ennyanja, Farāwo n'abantu be baazikirira. 2:51; 7:137,139; 8:55; 10:91; 17:104;20:78,79; 26:64-67; 44:25.

Obungi bwabwe webaasengukira. 2:244.

Ebire byabasiikiriza mu ddungu lye Sinai. 2:58; 7:161.

— beegomba okuddira shirk oluvannyuma lw'okununulwa.7:139.

- basaba Mūsa amazzi, 2:61; 7:161.
- bassizibwa Manna ne Saluwa. 2:58; 7:161.
- baasinza ennyana nga Mūsa avuddewo. 2:52,55,93; 4:154; 7:149,153; 20:89.

Mūsa yabanenya olwa shirk. 2:55.

Mūsa yayokya ekibumbe ky'ennyana. 20:98.

Allah yabalagira okusala ente. 2:68-70.

- baayagala enva endiirwa mu kifo kya Manna ne Saluwa. 2:62.
- baakola endagaano wansi w'olusozi. 2:64, 94; 4:115; 7:172.

Abakulembeze baabwe baakwatibwa musisi. 7:156.

- baasaba Mūsa abalage Allah. 2:56; 4:154.
- baagaana okulwana. 5:22,23,25.
- baagananga obubonero bwa Allah, era baage zangako okutta ba Nabbi. 2:62,88; 3:22,113,184;5:71.
- beesukkulumya ku kiragiro kya Sabbiiti. 2:66, 4:48,155,156; 7:164; 16:125.

Okubonerezebwa kw'Abayudaaya. 3:113; 5:14,65,79; 17:6-8,61,105; 59:3-6.

- baasaba obwakabaka, 2:247-250,252.
- baasitulwamu abakulembeze kkumi na babiri. 2:61; 5:13; 7:161.

Ekyengera ky'obwa Nabbi n'obwakabaka mu bo 5:21,71; 45:17.

— baakolimirwa Dāūd ne 'Isa. 4:48; 5:79. Abayudaaya bakyuusakyuusa ebigambo. 2:76,80; 4:47; 5:14,42.

# BAANA

— tebasaanye kwerabiza muntu kujjukira Allah. 8:29; 63:10; 64:16.

Okubatta, obutabagunjula n'obutabakuza bulungi olw'okutya obwavu kyaziyizibwa. 6:152; 17:32. Abaana ab'obuwala si kisiraani. 16:59,60; 42:50-51.

Yigiriza abaana bo eby'eddiini. 19:56; 20:133. Abazadde bayisibwe bulungi. 17:24,25; 19:33; 46:16.18.

# **BAAVU**

Ebikwata ku kubalabirira. 69:35; 90:12-17; 107:2-4.

### BABAKA OBA BATUME

Abatakkiriza babayita balogo oba balalu. 10:3; 38:5; 40:25; 43:50; 51:40,53.

Kiba kikyaamu okusosola mu Babaka. 2:137,286; 3:85; 4:151,153.

Okulimbisa Omubaka wa Allah omu kitegeeza kulimbisa Babaka ba Allah bonna. 26:106,124,142,161,177.

— balibeera bajulizi ku bagoberezi baabwe. 4:42; 16:85,90; 33:46.

Allah ababikkulira ebimu ku byama bye. 3:180; 72:27,28.

Rasūl ne Nabbi ky'ekimu. 19:52-55.

